

**THE INTERNATIONAL INSTITUTE OF
ISLAMIC THOUGHT**

(ETTENDEKERO ERY'ENJIGIRIZA Y'OBUSIRAAMU ERY'ENSI YONNA)



ENKULAAKULANA Y'OMUNTU EKITUNDU 1


ENDAGIRIRO EGOBERERWA

MU

**KUTENDEKA ABALI MU
MULIMU GW'OKUSAASAANYA
OBUSIRAAMU**

Hisham Altalib

**Kyavvuunulwa
Umar Juma Nserekö**



Ebikwata ku muwandiisi

- **Dr. Hisham Yahya Altalib** yazaalibwa Mosul, Mu Iraq, mu mwaka 1360AH / 1940 AC. Ng'amalirizza emisomo gye mu ssiniya mu ggwanga lya Iraq, yafuna Diguli ya Sayansi mu kukanika ebyamasannyalaze okuva mu ssettendekero wa Liverpool mu Bungereza mu 1382/1962.
- Yakolako nga yinginiya w'ebyamasannyalaze mu kampuni y'amafuta mu Iraq (1382-1388/1962-1968).
- Yeeyongerayo n'emisomo gye mu by'amasannyalaze mu ssettendekero wa Cincinnati, mu ssaza lya Ohio mu Amerika wamu ne ssettendekero amanyiddwa nga Purdue mu Lafayette, Indiana, gye yafunira diguli eyookubiri n'eyokusatu (Ph.D) mu byamasannyalaze (1394/1974).
- Abadde musaale nnyo mu ddimu ly'okusaasaanya Obusiraamu mu Amerika eyoomumambuka, era nga ye yali akulira ekitongole ky'okute-ndeka mu kibiina ky'abayizi Abasiraamu mu Amerika ne Canada (MSA) okuva mu 1395-1397 / 1975-1977. Yategeka emisomo mingi mu Amerika ne wabweru waayo. Abadde mu bifo bingi mu bibiina by'Abasiraamu, okugeza yabeerako Ssaabawandiisi w'ekibiina ekigatta abayizi Abasiraamu mu nsi yonna (International Islamic Federation of Student Organisations - IIFSO) mu (1396/1976).
- Dr. Altalib Yali omu ku baatandika era addukanya ekibiina SAAR (1403-1415/1983-1995). Era y'omu ku baatandika International Institute of Islamic Thought (ettendekero ery'enjigiriza y'Obusiraamu ery'ensi yonna - (IIIT) mu 1401/1981 era nga kati ye mumyuka wa Pulezidenti wa Child Development Foundation (ekibiina ekirabirira abaana).
- Ekitabo kye "Endagiriro Egobererwa Mu Kutendeka Abasaasaanya Obusiraamu" kyakavvuunulwa mu nnimi eziwera amakumiabiri.

اللَّهُمَّ إِنِّي أَعُوذُ بِكَ مِنْ شَرِّ
مَا أَنَا بِهِ شَاهِدٌ وَمَا
أَنَا بِهِ مُؤْمِنٌ
وَلَا أَنَا بِهِ مُحْسِنٌ فَلَا تُحْمِلْنِي
شَرًّا مَّا لَمْ أَعْمَلْ

Mu Linnya Lya Allah, Omusaasizi Ennyo, Omusaasizi Olubeerera.
Amatendo Amajuou Gonna Ga Allah, Alabitira Ebitonde
Byonna. Okusaasira Kwa Allah N'Emirembe Bibere Ku
Nnabi Era Omubaka Owenkomerero.

Oyo eyatonda okufa n'obulamu alyoke abagezese (ayolese) ani mummwe asinga okukola emirimu emirungi. Era Ye Waamaanyi atalemwa, Omusonyiyi ennyo. (67:2).

Abange mmwe Abakkiriza! Mutye Katonda era bulijo mwogere ebigambo ebyamazima. (33:70)

Tayatula kigambo kyonna wabula nga waliwo malayika amulondoola (okukiwandiika) ng'ali naye wonna w'aba ali. (50:18)

٦٣ ﴿الَّذِي خَلَقَ الْمَوْتَ وَالْحَيَاةَ لِبَلَوْكُمْ
أَيْكُفُ أَحَسَنُ عَمَلًا وَهُوَ الْعَزِيزُ الْغَفُورُ﴾ (الملك)

٦٤ ﴿يَأَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذْ قَوَّمُ اللَّهَ
وَقُولُوا قُولًا سَدِيدًا﴾ (الأحزاب)

٦٥ ﴿مَا يَلْفِظُ مِنْ قَوْلٍ إِلَّا لَدَيْهِ رَقِيبٌ عَتِيدٌ﴾ (ق)

«إِنَّمَا النَّاسُ كَيْبِلُ مَائَةً، لَا يُوجَدُ فِيهَا رَاحِلَةً»

Abantu balinga ejnamiya; mu kikumi oyinza obutafunamu n'emu gy'oyinza kwebagala. (Sahiihi Bukhaari ne Sahiihi Muslimu).

«مَنْ اسْتَوَى يَوْمًا هُوَ مَغْبُونٌ»

Omuntu ennaku ze ebbiri ezenkana (mu by'aba akoze) ddala abeera mu kufiirwa.
(Sunan al Daylami)

«مَنْ لَمْ يَشْكُرِ النَّاسَ لَمْ يَشْكُرِ اللَّهَ»

Omuntu ateebaza balala tayinza kwebaza Allah
(Sunan Abi Dawuda, Al Tirmidhi ne Ahmad ibn Hanbali)

«الْخَلْقُ عِيَالُ اللَّهِ، أَحَبُّهُمْ إِلَيْهِ أَنْفَعُهُمْ لِعِيَالِهِ»

Abantu bayimiriddewo ku Allah; abasinga okubeera okumpi naye y'oyo abasinga okubeera owoomugaso eri abo abamuyimiriddeko.
(Sahiihi Muslimu).

**Endagiriro Egobererwa mu Kutendeka
Abali Mu Mulimu gw'Okusaasaanya Obusiraamu**

Okwebaza

Abamanyi bangi wamu n'abakulembeze b'Obusiraamu abakoze ekyamaanyi mu kutuusa *Endagiriro* eno w'eri. Ababiri ku bo, Eltigani AbuGideiri ne Isma'il al Faruqi, baafa; omukama asaasire emyoyo gyabwe. Tusaba Allah abateeke mu bantu abookufuna empeera ze, nga bali mw'abo abalese okumanya okugasa emirembe n'emirembe gy'abantu, oluvannyuma lwabwe okufa.

Tumenya amannya amalala nga bwegaddirinjana, nga tukimanyi nti, tebaba kuteekamu kye baateekamu, omulimu guno tegwandiobose mu ngeri gye gulabikamu n'ekinyusi ekigulimu.

AbdulHamid Abu Sulayman, Ilham Altalib, Anis Ahmad, Taha al'Alwani, Jamal Barzinji, Anwar Ibrahim, Omar Kasule, Yaqub Mirza, Mustafa Othman, Mahmoud Rashdan, Ahmadullah Siddiui, Dilnawaz Siddiqui, Sayyid Syeed, Mustafa Tahan, ne Ahmad Totonji.

Era tutendereza obuyambi obwettendo obw'abo abaa-tereza omulimu guno ne bagusomamu era ne baddamu okuguyitamu. Mu bano mwe muli:

Ali Abuzaakook, Zaynab Alawiya, Anas Ali, Muhyiddin Atiyya, Suhaib Barzanji, Yusuf Delorenzo, Michele Messaoudi, Muhammad Totonji, ne Jay Willoughby.

Omulimu guno oboolyawo tegwandiwedde awatali kulfuubana kwa Iqbal Unus, eyawaayo ebikozesebwa ebyasooka, n'abaga n'ennambika yaagwo, era ebyali mu bubage n'abiggyamu ekitabo.

Amatendo gonna amajjuvu ga Allah! Tusaba akkirize omulimu gwaffe guno gwe tukoze ku lulwe Yekka.

ENDAGIRIRO EGOBERERWA

MU

**KUTENDEKA ABALI MU MULIMU
GW'OKUSAASAANYA OBUSIRAAMU**

Hisham Altalib

Kyavvuunulwa

Umar Juma Nsereko

The International Institute of
Islamic Thought

Herndon, Virginia, USA
1421/2001

Enkulaakulanya y'Omuntu Ekitundu 1

First Edition 2015

Copyright©1435 AH /2015 AC by:

**The International Institute of Islamic Thought
P.O. Box 669
Herndon, Virginia 20172-0669, U.S.A.
ISBN 978-1-56564-487-8**

Altalib, Hisham, 1940-

**Endagiriro Egobererwa mu Kutendeka Abali ku Mulimu Gw'okusaasaanya Obusiraamu Hisham Altalib
Kyavvuunulwa: Umar Juma Nserekö**


EKIRUUBIRIRWA KYAFFE

Kwe kutendeka abakulembeze b'Obusiraamu abakozi abajjumbize abanaakulemberamu okukyusa embeera z'abantu nga bayita mu kunoonya okumanya n'amagezi agalengera ewala, n'okukola *da'wah* nga bamanyi kye bakola wamu n'okukoza olulimi olulungi olumatiza era oluyamba okutuukiriza ekigendererwa.

AMAKUBO GE TUKOZESE-ZZA

Okutuukiriza ekigendererwa kino, entekateeka ey'okutendeka eno ewa omukisa ogw'ettendo, ogwongera amaanyi mu kwe-waayo kw'ababa batendekebwa, ebayigiriza era n'ezimbira ku bukugu bwe balina mu ngeri gye bategezaamu abalala kye baagala, ne mu ntambuza y'emirimu wamu n'okutegeka bye bakola. Okwongereza kw'ebyo, entekateeka yettanira okwongera amaanyi mu busobozi obw'omubiri n'obw'ekikugu, okukulaakulanya endowooza eyaawamu ennunyjamu, okutumbula okukulaakulana kwabwe mu by'omwoyo, wamu n'okuwagira enkola ey'okugezangako okugonjoola ebizibu ebiba biguddewo. Entekateeka eno era egezaako okujjulula obumanyirivu bw'abasseruganda abakulu mu myaka oku-gizza mu booluganda abato mu ngeri enfunze ennyo. Tulina essuubi nti abatendekewa banaatandikira awo abaabakulemberamu we baakoma, nti era bajja kwewala ensobi abakulu ze baakola era batandikewo amakubo amapya okusinga okumala gatambilira ku makadde. Okutwalira awamu, entekateeka y'okutendeka egezaako okuyamba okwola omugigi omuggya ogumanyi okussa mu masa ebintu nga bwe biddinjana mu bukulu bwabyo era ogugenda okubeera ekitundu ku kugonjoola ebizibu mu kifo kyagwo ate okubeera nga ky'ekizibu.

Okwogera Katono Ku Nkozesa y'Ebigambo by'Ekiyisiraamu



Ebigambo bingi eby'ekiyisiramu byafuuka kitundu ku bigambo ebikozese Abasiraamu, mu nnimi ezenjawulo ze boogera oba ze basoma. Kino kiri ng'era bwe kyandibadde.

Okufananako n'ennimi endala, Abasiraamu aboogera n'okusoma Olungereza bwe bakozesa ebigambo eby'Ekiyisiraamu bino, olulimi olwo lugenda lugaziwa. Wadde nga kino kyattendo, naye era kikulu okulaba ng'ebigambo by'Ekiyisiraamu n'amannya byatulwa mu ngeri entuufu. Okugezaako okuyamba abasomi kino okukituukiriza, we kyetaagisizza, ebigambo by'ekiyisiraamu tubitadde mu nnukuta ezenjawulo (ezeewese) okuggyako ebyo ebisanngibwa ne mu nkuluze z'Olulimi Oluzungu ezaabulijjo, era ebigambo ebibyenkana mu Luwalabu tubiwandiise awali "Endagiriro" n'omuko okuli ebigambo ebyenjawulo ku nkomerero y'ekitabo. Tubakubiriza buli abaamu n'okutankana mu ngeri y'okwatula ekigambo entuufu, okutunula ku muko ogwo okulaba ebigambo ebyo nga bwe byatulwa mu Luwalabu.

Okuseeseetuka Eri Oludda Olutuufu

Wadde ng'omugendo gw'Obusiraamu gukola ensirika n'emisomo egy'okutendeka, wabula oludda olw'okukulaakulanya abantu n'okubatendeka mu by'obukulembeze bibadde tebissibwako maanyi mu ngeri esaanidde; mu butuufu bino byetaagisa okusomesebwa mu ngeri enteeketeke obulungi era bifuulibwe bitongole mu bitabo wamu n'okuteekebwa mu bisomesebwa. Tetumanyiiyo kitabo kyonna wadde akatabo akalagirira ebyali bifulumiziddwa na guno gujwa nga byogera mu ngeri ematiza ku nsongna eno enkulu bw'eti.

Okuba nga guno gwe mulundi ogusoose ekitabo bwe kiti okufuluma, kiraga okusereba kwa Ummah yaffe mu mbeera nga bw'efaanana. Singa Ummah y'ewa obujulizi ku bibiina by'abantu ebirala, nga Kulaane bwe yali egayagala, wandibaddewo ebikumi n'ebikumi by'ebitabo nga kino mu matundiro.

Endagiriro egobererwa mu kutendeka abali mu mulimu gw'okusaasaanya Obusiraamu kkubo ddaala ettono eriri mu kkubo ettufu. Wabula, mu kiseera kino, kisubirwa, nga Allah ayagadde, nti ekkubo lino lija kukola ng'omusingi okujja okuzimbirwa okulongoosa mu ngeri gye kifaananamu n'ebikirimu; kino kyakuzzaamu balala maanyi okufulumyayo ebirala.

Ebiri mu *Ndagiriro* eno tebiyinza kumatiza buli muntu. Tuwandiikidde basomi ab'amawanga agenjawulo, naye ng'ekiyrinza okuba nga kikola ku ggwanga erigoberera enfuga emu kiyinza obutakola mu ggwanga erigoberera enfuga endala. Buli kitundu mu nsi kyefaanana kyokka era kirina bingi ebikyawula ku bitundu ebirala. Awatali kubuuusabuussa, wajja kubaawo ebintu ebitakwatagana oba n'oluusi okuba nga bikontana n'ebintu abantu oba ebitundu bye bizze biyitamu. Ebitabo ebifaanana bwe biti n'endagiriro birina okuwandiikibwa mu buli kitundu okuyamba mu kukola ku bwetaavu bwabyo obwenjawulo.

Wadde ng'obumanyirivu bwaffe buva mu bitundu ebyenjawulo, naye tetuyinza kugamba nti tunnyonnyodde buli mbeera. Eno y'ensonga efudde ekigendererwa ky'ekitabo kyaffe okuba endagiriro. Bwe kityo, kiteekeddwa kukozesebwa na magezi. Mu butuufu, okuganyulwa mu *Ndagiriro* eno, kujja kusinziira ku bukugu bw'abateesiteesi abaddukanya okutendeka mu kulondoola n'okulabirira pulogulaamu z'okutendeka. Ekitabo kyokka ekituukiridde ye Kulaane. Tuwaayo omulimu guno ng'entandikwa era nga tusaba abakikozesa okutuwa amagezi ku ngeri yonna eyinza okukitumbulamu eyinza okukolebwa nga tuddamu okukifulumya mu biseera eby'omu maaso, *in Sha'a Allah*.

Tukimanyi bulungi nti okukulaakulanya omuntu n'okumutendeka kweyongera okukula enkyo n'eggulo ku misinde egya yiriyiri. Tusabirira nti ebitongole bingi bijja

kutondebwawo okusobola okutumbula abanaakola emirimu, n'okusingira ddala abavubuka baffe.

Omulumu ogw'okufulumya ebikozesebwa mu kubangula teguyinza kukolebwa bantu abatalina bumanyirivu ne bannakyewa abatali bankalakkalira. Wabula wateekeddwa okubaawo amaanyi agateekebwa mu nkola ey'ekikugu n'obumanyi n'obutendeke obwenjawulo omulumu ogwo okusobola okuvaamu ebibala. Omugendo gw'Obusiraamu guba gujja kukola bulungi nnyo nga guwaddeyo ekitundu ekisinga obukulu mu byobugagga byabwo okukola ku nsongha eno enku, kubanga ekigendererwa bwe kititekikyasobola kutuukirizibwa na bannakyewa abaabulijjo abali mu mulimu gwa *Dawaah*. Wadde nga abatali Basiraamu balafubanye nnyo mu kisaawe kino, bye bakoze bisaanye okukunyaaanyizibwa, bisengejjebwe, byekenneenyezebwe n'obwegeendereza era bissibwe ku musingi ogw'Obusiraamu nga tebinnateekebwa mu nkola. Kuno nno kusomooza kwamaanyi okulina okusoosoowazibwa.

Endagiriro eno erina okukozesebwa wamu n'ekitabo *Tawhid*: Its Implications for Thought and Life (Tawhiidi: By'eyogera ku ndowooza n'obulamu), ekyafulumizibwa International Institute of Islamic Thought (IIIT) n'oluvannyuma Islamic Federation of Students Organisation (IIFSO), nga kyawandiikibwa omugenzi, Pulofeesa Isma'il Raji al Faruki, Allah asaasire omwoyo gwe. Wabula Endagiriro eno yo essira erisimba ku makubo g'okusaasaanya obubaka n'okuteekateeka abatendekebwa, sso ng'ekitabo *Tawhid* kyo kikola ku kutegeera obulungi ebigambo ebiri mu bubaka bwennyini: Obusiraamu.

Okukuma obunene bw'ekitabo nga bwebwo obusaanira, emiramwa gye tutadde-mu tuzze tugirondamu bulonzi. Tulina essuubi nti ebikozesebwa mu kitongole ekikola ku kukutumbula omutindo gw'abantu mu IIIT (Department of Human Development), nga mw'otwalidde n'etterekero ly'ebitabo, bijja kwongerereza ku Ndagiriro eno nga biyita mu kuwa ebikozesebwa mu miramwa emirala n'okwanukulwa ebyebuuzibwa okuva mu bakozi abali mu nsiike ya da'awah.

Ebintu bingi mu miko gino byogeddwako naye mu ngeri y'okuzibula abasomi amaso oba okujukiza. Abaagala okusoma Endagiriro tebateekeddwa kukoma ku birimu byokka, wabula balina okunoonya ebisomebwa ebirala basobole okugenda ewala mu kutegeera. Kino kitundu ekikula emisana n'ekiro, ekisuubirwa okwongerwako n'okugaziyizibwa olw'okunoonyereza okugenda kukolebwa. Tulowooza nti okukwatagana lubeerera n'ebifulumizibwa n'enkuunyaaana ezitegekebwa ku miramwa egoy bijja kuyamba kinene abatendesi bona n'abatendekebwa abakozesa ekitabo kino.

Amatendo amajjuvu gonna ga Allah, Oyo atusobozesezza okukola omulumu guno. Ayi Allah! Tuluñjamye eri ekkubo eggolokofu, *al sirat al mustaqim!*

Dhu al Hijjah 1411 AH, Hisham Altalib
June 1991 AC Ekitongole ekikola ku kukulaakulanya abantu
The International Institute of Islamic Thought

Gye Tuvudde Okutuuka We Tuli

I. Olugendo Lwaffe mu Kutendeka

Byonna byatandika mu mwezi gwa November omwaka 1973 e Gary, mu ssaza ly'e Indiana (mu Amerika). Twebuuza nga tuli mu lukiiko olw'akakiiko akafuzi ak'ekibiina ekigatta abayizi aba America ne Canada (Muslim Association of the US and Canada – MSA) nti: "Kiki kye tugenderera mu bino byonna? Kiki kye tufuna mu nkiiko z'ekibiina ezikooya ze tutuula mwezi ku mwezi, mwaka ku mwaka?"

Twakizuula, ng'oggyeeko okuddukanya ekibiina, abakiise ku kakiiko akafuzi baalina okufuna obuyivu, obukugu, wamu n'okutumbulwa mu by'omwoyo mu kiseera kye bamala ku bukulu. Bwe tutyo twasalawo olunaku olusooka ku buli lukiiko oluddako okuluwaayo mu kutendekebwa mu by'obukulembeze. Ebibala ebyava mu kusalawo kuno byali bisuffu! Omuntu tayinza kwerabira "eddakiika essatu ezaaweebwa buli muttu okwelianjula" buli mukiise mwe yayogereranga by'azze ayitamu n'ebimukwatako. Kwali kuvumbula kwamaanyi buli omu okumanya munne.

Obukulembeze bwa MSA bwakizuula nti kye kyali ekiseera okusuulawo enkola egoberera, "okukola kye tusobola okukola" okudda ku nkola egoberera, "okukola ekisaanidde okukolebwa!" Okutuukiriza kino, MSA yatondawo akakiiko akateesiteesi n'okutegeka ekibiina.

Teri ayinza kujjukira kintu kyamugaso mu mulimu gwaffe ogw'okutumbula Obusiraamu ogwasinga ebyakolebwa akakiiko kano. Nga bamaze okwekenneenyia Omugendo we gwali gutuuse, baatunula ku byetaagisa mu mulimu gwa *da'awah* n'okutandika okutambuza enteekateeka y'ebiseera eby'omumaaso. Kisaana kitegeerekeke nti ekigambo "mugendo" tukikozesezza mu nkozesza eyaabulijjo, era kizingiramu buli kibiina kyonna ekikkiririza mu Busiraamu bwonna, ekibussa mu nkola, era ekifuba okulaba nga buyimirizibwawo mu bulamu bwaffe ne mu bitundu mwe tuwangaalira. Okusobola okugaziya omulimu gw'omugendo, kyali kyetaagisa abakugu abalala. Bwe kityo, enteekateeka ez'okutendeka ezaamangu zaalina okukolebwa. Okugunjawo ekitongole oky'okutendeka nga kirina omukungu eyeetongodde kyafuuka kikulu nnyo. Akakiiko era kaaleeta ekirowoozo watandikibwewo eggwandisizo eryenkalakkalira eryali ery'okubeeramu ekitongole ky'ebjenjigiriza n'amawulire, ekitongole ekikwata ku kuddukanya emirimu, n'ekitongole ky'ebjensimbi. Enkola y'Obusiraamu eya *Da'iyyah* Owenkalakkalira kyasengejjebwa era ne kissibwa mu nkola; era egenda mu maaso n'okukungula ebibala ebiwera.

Ekirooto ky'akakiiko ak'okuteekateeka n'okutegeka kyatuukirira mu 1394/1975 oluvannyuma lw'eggwandisizo ery'enkalakkalira okutandikibwawo mu Indianapolis, mu ssazza ly'e Indiana. Nga wayise omwaka gumu, eggwandiisizo lyasenguka ne lidda mu bizimbe ebya Islamic Center of North America mu kitundu ky'e Plainfield, mu nkingizzi z'ekibuga Indianapolis.

II. Ekitongole Ky'okutendeka ku kitebe kya MSA

Nga kimaze okutondebwawo mu 1395/1975, ensonga enkulu gye kyalina okwanjanga-nга yali: "Abantu Batendekebwe mu ki?"

Eky'okuddamu ekitera okukozebwawa nti: "Kutendeka mu Busiraamu," tekiyamba kinene kubanga Obusiraamu bugazi nnyo ekifuula okuddamu okwo okutalina makulu. Wadde ng'obusiraamu bugya mu buli mbeera na buli kifo, tebukakaatika buli kantu ku nteekateeka ezeeyawulidde ebitundu ebyenjawulo. N'ebitabo ebirungi bye tulina, byali tebimala kuwa kyakukola kubanga ebitabo ebituukana n'embeera bitono tebimala. Olw'ensonga eyo, ekitongole kyasalawo okuwandiikira abamanyi Abasiraamu abatutumufu kinaana mumukaaga (86) okuva mu bitundu by'ensi ebyenjawulo. Abamanyi bano baasabibwa okuwandiika mu bufunze ku bintu bye baalinamu obukugu ku miko egitasukka kkumi, nga biri ku mulamwa, nga bituukana n'ekigendererwa era nga tebyekoo-looby.

Ebyava mu kino byali bimalamu amaanyi mu ngeri bbiri. Esooka, abamanyi ebitundu 10 ku 100 bokka be baddamu. Ekyokubiri, ebyaddibwamu ebisinga obungi byali bibulamu mu ngeri gye byawandiikibwamu ne mu byawandiikibwa byennyini, era byali si byangu kukozesa mu mbeera y'okukola mu Bamerika. Bwe kityo ekitongole kyasalawo okukozeba ebiwandiike ebingi mu Amerika, naddala mu kisaawe ky'ebeympuliziganya, enzirukanya y'emirimu, n'obukugu obutuukana ne da'awah. Ebintu bibiri ebyagezebwako mu kiseera ky'ekimu: okusiramula embeera y'Ekkimerika n'oku-fuula ebyawandiikibwa mu Busiraamu ebitambulira ku mulembe. Ekisooka kyali kyan-guko, olw'ensonga nti buli kintu ekyamakulu kyali kyayogerwako aayah oba hadiisi.

Emyaka wakati wa 1975 ne 1977 kyali kiseera ekyasookera ddala mu mulimu gw'Obusiraamu oguteekeddwateekeddwa'obulungi. Kiri mu bwino mu katabo "Report and Review" aka Swafar 1396/ January 1976. Alipoota, eyogera ku kutendeka okwa MSA okwasooka, esangibwa ku kitebe kya Islamic Society of North America (ISNA). Emigaso gy'enteekateeka eno, tegyakoma ku Amerika ey'amambuka yokka, wabula gyeyongerayo ne mu Africa, Asia ne Bulaaya.

Emiramwa emikulu ena mu kutendeka *da'iyyah* gye gyanokolwayo:

1. Okusitula eby'omwoyo
2. Okumanya n'okutegeera obulungi Obusiraamu
3. Okumanya endowooza eziriwo kati n'amadiini agaliwo okumala okutambuli-zaako emirimu.
4. Obukugu n'amakubo ga *da'awah*.

Omusomo ogw'okutendeka kwa MSA ogwasooka gwakulungula essaawa 103 era nga gwategekebwaa mu bifo bina mu kiseera ky'ekimu. Okusomesa kwalimu ebiwandiikkidwa ku Busiraamu, endowooza eziriwo n'obukugu mu kisaawe kya *da'awah* nga byonna byawerera ddala nkaagamumunaana (68). Omusomo guno gwatendeka abayizi 120, nga mubo abakyala baali 27. Omwaka 1970 we gwaggweerako, ekirowoozo ky'okubangula abantu mu by'obukulembeze kyeyambisibwa ebibiina bingi eby'Obusiraamu mu Amerika n'ebweru waayo. Okusingira ddala IIFSO ne World Assembly of Muslim Youth (WAMY) byayamba kinene mu kuyimirizaawo emisomo gino n'oku-

kuba mu byapa ebyasomesebwanga. Muslim World League (MWL) nayo yassa ensimbi mu kutegeka emisomo egiwera. Tusaba Allah asasule baganda baffe bonna mu bibiina ebyatwala, ne bikulaakulanya ne bikuza ekirowoozo ky'okutendeka mu bukulembeze bw'Obusiraamu okuvira ddala ku ntandikwa.

Ekyasa eky'ekkumineebitaano ekya hijri we kyatuukira, IIIT we yatonderwawo mu mwaka 1401/1981, kyali kimaze okweyoleka nti enkola ya *da'awah* empya yali yaakusangibwa mu "kutendeka mu by'obukulembeze". Ebyava mu misomo emingi mu ggwanga n'ebweru egiategekebwa WAMY ne IIFSO byayongerako okulengera ewala, okukyusakyusa n'obunnyikivu ku byali bimanyiddwa ku ntandikwa. Ekyava mw'ekyo, mu luttuula lw'Eggwandiisizo lya IIFSO mu mwezi gwa Lamanzaane omwaka 1409 / April/1989, kyasalirwawo wamu n'akakiiko akaddukanya IIIT okutikka Dr. Hisham Altalib obuvunaanyizibwa obw'okuwandiika Endagiriro y'Okutendeka Abakozi Ab'emirimu gy'Obusiraamu. Era eno Endagiriro kwe kulafuubana okuko-leddwa ISNA, IIFSO, WAMY, MWL ne IIIT. Tusaba Allah abalujjamye bulungi.

Tusaba Allah nate afuule *Endagiriro* eno ensibuko y'emigaso eri obugunjufu bw'Obusiraamu obugenda okweyerula mu kyasa eky'ekkumineebitaano ekya Hijri.

III. Ebikulu ebizze bigwawo: Ebibiina n'Abantu

Okuyita mw'ebyo ebyogeddwa waggulu, waliwo ebibiina bingi n'abantu abakoze ekinene mu bintu ebtali bimu. Tugenda kuboogerako mu bufunze wammanga.

A. Ekibiina Ekigatta Abayizi Abasiraamu mu Amerika ne Canada (MSA)

Ekibiina Ekigatta Abayizi Abasiraamu mu Amerika ne Canada kyatondebwawo nga 1 January 1963. Abasiraamu aboomuswaba, nga bonna bayizi mu zi ssetendekero n'amatendekero agenjawulo, baakunjaana olw'ekigendererwa kino mu Champaign-Urbana mu Illinois. Okumala emyaka amakumiabiri, MSA yagenda mu maaso okuko-zesa omwoyo gw'Obusiraamu ogwali mu Basiraamu mu Amerika, abaali munda n'ebweru w'ebisulo by'amatendekero, n'okukunga abayizi Abasiraamu n'abantu mu bitundu ebyenjawulo, n'okukola ng'ensibuko y'okumanyisa okubeerawo kw'Obusiraamu mu Amerika owoomumambuka.

Nga bakuleembeddwamu abakulembeze bannakyewa abalonde era nga bayambibwako eggwandisizo eryenkalakkira (eryatandikibwawo mu 1395/1975), MSA yategeka enkuunjaana ttabamiruka eza buli mwaka wamu n'enkuunjaana ez'ebitundu, yafulumya akatabo k'amawulire aka buli mwezi, wamu n'akatabo akalala buli luvannyuma lwa myezi ena, era yategeka pulogulaamu ez'okutendeka, n'eteekateeka emisomo era n'ewa Abasiraamu n'abatali Basiraamu bye baagala okumanya ku Busiraamu. Nga bayita mu bitongole ebyenjawulo okugeza North American Islamic Trust (NAIT), ne Islamic Teaching Center (ITC), MSA yagenda mu maaso n'okukola emirimu gy'Obusiraamu egya *da'awah*. Okugeza, yafulumya n'egaba ebitabo by'Obusiraamu, n'ekuuma ekitiibwa ky'ebifo by'Obusiraamu n'emizikiti bye yassa wansi w'obulabirizi bwayo, n'eraga Abasiraamu n'Abatali Basiraamu ko n'Abasiraamu abapya ensomesa y'Obusiraamu. Ku ddaala ly'ensi yonna, ISNA nayo mmemba mu Islamic Federation of Students Organisations.

Oluvannyuma lw'emyaka amakumiabiri egy'okulafuibana, obukulembeze bwa MSA bwakulemberamu eddimu ly'okunoonya omusingi omupya ogusobozesa okwanjanga ebyetaago by'Abasiraamu mu bitundu ebyenjawulo. Ekyava mu kino ye MSA essira okulissa ku ssematendekero n'amatendekero agaawaggulu amalala mu Amerika ey'omumambuka. Ku ludda luno, okusoomozebwa wamu n'emikisa byesigama ku bumalirivu obw'okukolerera Obusiraamu mu ngeri esingayo obulungi mu nsi eno. Kino kyafuuka kitundu ku kibiina ekipyia ekya Islamic Society of North America ekyatandikibwaho mu mwaka 1403/1983.

1. Akakiiko ka MSA Akavunaanyizibwa ku Kuteekateeka n'Okutegeka

Akakiiko kano kaatekebwaho era omugenzi Eltigani AbuGideiri ye yali ssentebwaako eyasookera ddala. Akakiiko kaakola okunoonyereza, ne keekenneenya enteeka-teeka y'ebifo era okutwalira awamu ne kakebera n'okusengejja ensonda zonna ez'eki-biina kasobole okuleeta alipoota ezigenda ewala nga mw'otwalidde n'ezo ezaayamba mu kussaawo eggwandisizo ekkulu wamu ne Islamic Teaching Center (ITC). Kiba kyabwenkanya okugamba nti omulimu ogwakolebwa akakiiko kano yali emu ku nsonga ezaali ensaale mu byatuukibwako MSA n'amaanyi amapya Obusiraamu ge bwafuna mu Amerika ey'omumambuka.

2. Ekitongole Ekvunaanyizibwa ku Kutendeka (Training Department)

Emyaka bwe gyegenda gyekulungula, MSA yakizuula nti ebiseera byayo ebyomumaaso byali biyimiridde ku kubeerawo kw'abakozi abatendeke obulungi. Eggwandisizo eryenkalakkalira bwe lyateekebwaho mu mwaka 1315/1975, yakyusa akakiiko akaali kakola ku by'okutendeka abantu n'ekafuula kitongole kiramba ne kikulirwa Dr. Hisham Altalib. Ekitongole Ekitendeka kyatandika omulimu era ne kikunnyaanya ebiwandiikkidwa ne kitegekera n'emisomo egy'okutendeka abakulu abatuula ku kakiiko akafuzi aka MSA, abakulembeze ab'ebitundu, n'abakiirkira ebitundu. Ekitongole kyalambika enteekateeka enzijuvi ne kisengejja amakubo age-njawulo ag'okutendeka ag'emirimu gy'Obusiraamu mu Amerika ow'omumambuka mu alipoota enzijuvi esangibwa ku ggwandisizo ekkulu.

Dr. Anis Ahmad yaddira Dr. Hisham Altalib mu bigere mu mwaka gwa 1398 / 1978 n'oluvannyuma Dr. Abdul Hadi Omer n'addako mu kuddukanya eby'entendeka, nga mu biseera ebitonotono kyagattibwanga n'Ekitongole ky'Ebyenjigiriza. Mu kiseera ekyo, Ekitongole Ekitendesi kyabanga n'akakiiko akakiwa amagezi.

B. Islamic Society of North America (ASNA)

MSA we yasajjakulira, yatandika okwetegekera obuvunaanyizibwa obulala mu kuweereza Obusiraamu. Yayita olukiiko olw'ebafaayo abaweereza b'Obusiraamu a Plainfield mu Indiana, ku ntandikwa ya 1397/1977. Olukiiko luno Iwatondawo akakiiko akenjawulo akaali ak'okuleeta ebirowoozo ku ntegeka y'ekibiina eyali esobola okwanjanga okusomooza okwali kugenda kulabika mu Basiraamu b'omu Amerika y'omumambuka abaali beeyongera. Akakiiko kano akenjawulo kaakivu-

mbula nti embeera empya eno yali esobola kugonjoolwa na kutondawo ekibiina ekinene ekyawamu nga kiyitibwa Islamic Society of North America (ISNA). Kino kyatuukirizibwa mu Rabil al Awwal 1403/ January/1983.

MSA, ekibiina ekipya ekiyitibwa Muslim Community Association of the US and Canada (MCA), Islamic Medical Association (IMA), Association of Muslim Scientists and Engineers (AMSE), ne Association of Muslim Social Scientists (AMSS), bye byafuuka ebibiina ebyegattira mu kibiina ekipya. MCA yo tekyakola, ate ISNA kati yafuuka kibiina ekigatta ebibiina by'abantu nga kw'ogasse okubeera ekibiina kya Basiraamu bona. Ebisatu ku bibiina ebikiriikiriza bye North American Islamic Trust (NAIT), Islamic Teaching Center, ne Canadian Islamic Trust Foundation (CITF).

Amaanyi ga ISNA gasibuka mu kuba nga kigatta abantu abamawanga agenjawulo n'ebitundu by'ensi ebyenjawulo. Essira kisinga kulsimba ku bumu bw'Abasiraamu, okusomesa abaana Abasiraamu, ne *da'awah* ku batali Basiraamu. *Majlis al Shura* (akakiiko akeebuuzibwako) ke kakiiko ak'okuntikko akayisa ebiteeso, akakiiko aka-fuzi lwe lukiiko olufuzi ate eggwandisizo ekkulu lye essiga eritambuza emirimu nya ISNA. Mu kussa mu nkola entegeka zaakyo, ekibiina kiyambibwako ebibiina ebiweereza – okugeza NAIT ne ITC – wamu n'obukiiko obukola emirimu egyenjawulo.

Emirimu nya MSA emikulu ku lukalu lw'America n'egy'omu bitundu gyatwalibwa ISNA. Bwe kityo omulimu gwa ISNA gwa kutwala mu maaso omulimu gw'Obusiraamu mu Amerika ey'omu mambuka. Akatabo *Islamic Horizons*, olukungaana olwa buli mwaka, wamu n'entegeka ezikolebwa abantu b'ebitundu ebyenjawulo, zeeyongedde nnyo wansi wa ISNA, kyokka yo MSA etunuulidde nnyo ssematendekero n'amatende-keru amakulu amalala.

ISNA ky'ekimu ku bibiina by'Abasiraamu ebisinga obunene mu Amerika ey'omu mambuka. Ebibiina eby'omunda ebisukka mu bikumi ebisatu, emizikiti, n'ebibiina by'Abasiraamu ebyenjawulo byonna bitwalibwa kibiina ekyo. Ebimu ku bibiina ebiri wansi waakyo bye: Muslim Arab Youth Association (MAYA), Malaysian Islamic Study Group (MISG), ne Muslim Youth of North America (MYNA). MYNA lye essuubi ly'okutumbuka kw'Obusiraamu mu Amerika kubanga kirimu emijiji egyenjawulo egy'abavubuka abazaaliddwa mu America ne bakuzibwa nga balina omutima gw'Obusiraamu. Bammemba baakyo bakunjaanya empisa z'Abasiraamu abaase-nukira mu Amerika wamu n'emikisa egy'abannansangwa mu kukola *da'awah*.

C. International Islamic Federation of Students Organizations (IIFSO)

International Islamic Federation of Students Organizations kikuñjaniramu ebibii-na by'abayizi Abasiraamu mu nsi yonna. Kyatandikibwawo mu 1389/1969, ekibiina kino kibadde kisaale mu kuwandiika n'okufulunya ebitabo n'ebiwandiike ebirala eby'Obusiraamu mu nnimi ezoogerwa Abasiraamu. Kituza enkungaana za bona wamu n'enkuñjaana ez'okutendeka mu nsi ezenjawulo okuyamba mu kukulaakulanya emirimu gy'Obusiraamu. IIFSO efulumizza ebitabo byayo n'ebivvuunuddwa ku mitwe ebikumi bitaano mu nnimi eziwerera ddala kinaana ng'ekubye ebitabo ebisukka mu bukadde

ekkumi. Dr.Ahmad Totonji ye eyali Ssabawandiisi waakyo eyasooka. Ono yagobererwa **Dr. Hisham Altalib, Dr. Sayyid Syeed, Br. Mustafa Tahan, Dr. Mustafa Othman, Dr. Syed Abdullah Tahir**, wamu ne **Br. Omar Farouq**.

D. The World Assembly of Muslim Youth (WAMY)

The World Assembly of Muslim Youth kyatandikibwaho mu 1392/1972 mu kibuga Riyadh, mu Saudi Arabia, mu lukunjaana ttabamawanga olw'abaweereza b'Obusiraamu abo abeenyigira mu mirimu gy'abavubuka wamu n'abo abakiikirira ebibiina by'abavubuka. Lubadde lusaale mu kutegeka emisomo gy'abavubuka wamu n'ebibiina by'abayizi mu nsi yonna okutuukiriza ebigendererwa byabwe. Lutuza enkuunjaana zaalwo kumpi buli bbanga lya myaka esatu, era ne lufulumya ebyo ebiba bituukiddwako.

Ekitebe kya WAMY kiri mu kibuga Riyadh. Ssaabawandiisi waakyo eyasooka, eyalondebwa mu 1383/1973, yali Dr. Abdulhamid Abusulayman. Ono yagobererwa Dr. Ahmad Bahafzallah, Dr. Twafi al Kusayyer, nga ne Ssaabawandiisi aliko kati ye Dr. Maneh al Johani.

E. Muslim World League (MWL)

Muslim World League kibiina ekirina ekitebe kyakyo ekikulu mu Makka nga kirina Badu'at abenkalakkalira n'ebitebe mu mawanga mangi. MWL yeenyigira mu mirimu egy'okulongoosa embeera y'Abasiraamu, naddala mu mawanga Abasiraamu mwe bali abatono. Etuuza enkuunjaana ez'amawanga gonna ate eyamba okuzimba emizikiti mu nsi yonna. Ssaabawandiisi waakyo aliko kati ye Dr. Abdullah Naseef.

F. The International Institute of Islamic Thought (IIIT)

The International Institute of Islamic Thought, ekiri mu America, kibiina kya byanjigiriza, ekyemalidde ku mulimu gw'okunoonyereza ku bikwata ku Busiraamu. Kyatandikibwaho mu 1401/1981 ne Dr. Ismail al Faruqi, Dr. Abdulhamid Abusulyman, Dr. Taha al Alwani, Dr. Jamal Barzinji, ne Br. Anwar Ibrahim, okuzza obuggyga n'okutwala mu maaso endowooza y'Obusiraamu wamu n'okusiramula eby'okuyiga eby'embeera z'abantu eby'akakyo kano. Era kinoonyereza ku ngeri esoboka ey'okusiba awamu okumanya naddala mu masomo ag'Obusiraamu agaggyibwa mu Tawhiidi ne *Shari'ah*.

Ekigendererwa ky'emirimu gya IIIT kwe kukola ku bizibu by'obuntu ebikwata ku Basiraamu nga kiyita mu misingi, ebirowoozo, n'empisa eby'Obusiraamu. Okutuukiriza ebigendererwa byakyo, IIIT etegeka emisomo egyenjawulo n'enkuunjaana, n'esasulira okunoonyereza okukolebwa mu matendekero agaawaggulu, era eyamba mu kuwandiika ebitabo ebyesigamiziddwa ku Busiraamu, era n'efulumya ebyo eby'ekikugu ebiba biwandikiddwa abamanyi mu Luwarabu, Olungereza wamu n'ennimi endala okuva mu bamanyi okwetooloola ensi yonna. Okwongera kw'ekyo, IIIT yeewaayo okufulumya ebyo ebiyamba mu nteekateeka z'abavubuka.

Endagiriro Eno Yaakuyamba Ani era Erina Kukozesebwa Etya?

I. Okunnyonnyola amakulu g'ebigambo Okutendeka, Enkulaakulana, n'Ebyenjigiriza

Mu bakugu b'ebyenkulaakulana y'abantu, okutendeka n'okukulaakulana ebiseera ebimu bikozesebwa mu ng'ebitegeeza ekintu ekimu, okusookera ddala, okutegeeza okwongera okulongoosa obusobozi bw'omuntu okutuukiriza ekimusuubirwamu okukola n'okusingawo. Mu ngeri eyenjawulo, ebigambo ebyo ebisatu biyinza okunnyonnyolwa mu ngeri eno wammanga:

- **Okutendeka** y'enteekateeka yonna awamu (nga mw'otwalidde n'okussa mu nkola) ekwata ku kuyiga n'okwongera ku bukugu oba obusobozi bw'omuntu asobole okukola nga bwe kisuubirwa.
- **Enkulaakulana** ye enteekateeka yonna awamu ekwatagana n'okukuza oba okuwagala obukugu obw'okusengejja n'obukulembeze n'okufuna okumanya okulondoola n'enziirkanya y'emirimu.
- **Ebyenjigiriza**, ku ludda olulala, kwe kufuna okumanya okuyinza okukozesebwa okulongoosa obusobozi bw'omuntu, enneeyisa ye, n'obukugu bwe nga tuyita mu kutendeka n'okukulaakulanya.

Mu batendesi mu bukulembeze obw'Obusiraamu, ekigambo "kutendeka" kikozesebwa mu ngeri ngazi ddala okutegeeza ebyo ebikolebwa okuyigiriza n'okuzzaamu amaanyi abatendekebw, okubagaggawaza n'okubasitula mu by'omwoyo, n'okulongoosa obukugu bwabwe mu bukulembeze ne mu kukola *da'awah*.

Enteekateeka z'okutendeka okw'Obusiraamu zitwala eddaala eritandikirwako ery'okwewaayo, okutegeera, n'okumanya munda, oluvannyuma zinoonya okuzimbira kw'ekyo. Ekkubo lyazo lyesigamidde ku kukwanaganya ebigendererwa ebizuuliddwa n'okubituukiriza ku nkwatagana y'obuntu ne Omuronzi we, Allah. Ebikozesebwa mu kuyigiriza mu nteekateeka z'okutendeka zino n'okutuusa leerao, essira birissa ku kwongera amaanyi okutegeera Obusiraamu wamu n'okwongera abatendekebw okwe-waayo eri Obusiraamu.

II. Endagiriro eno Ekozesebwa Ani?

Endagiriro eno tenoonya kulaba ng'esiramula Basiraamu bapya. Ekitwala nti abasomi baayo balina kye bakola mu Busiraamu era nga beeteggef u okubussa mu nkola.

abantu Endagiriro eno beesinga okwettanira be bayizi mu Yunivasite, abatannafuna diguli n'abaazifuna. Ku ky'emyaka, yettanira bavubuka abakyali mu myaka wakati w'abiri n'asatu, wadde nga bw'eba erongooseddwamu ekyayinza okuba eyoomugaso ku abo ab'emyaka emirala. Endagiriro eno eruubirira kutendeka bantu abakyasobola okubeera abakulembeze n'abaweeereza mu da'awah ey'Obusiraamu mu bitundu, mu ggwanga ne ku ddaala ery'ensi yonna okutwalira awamu. Esobola okweyambisibwa abantu ssekinnoomu okwetendeka era eyinza okweyambisibwa okutendeka abalala mu bibinja.

Ng'ogasseeko ebirala ebyandisomeddwa, Endagiriro yawandiikibwa okuganyula naddala abo abalina obumanyirivu mu mirimu gy'Obusiraamu abakola omulimu gw'okutendeka omugigi gw'abakulembeze b'Obusiraamu oguddako. Ka twogere wano ku miteeko ebiri egy'abantu abayinza okutendekebwa:

- A. **Abavubuka abalenzi:** Abavubuka Abasiraamu bali mu bifo eby'obuvunaanyizibwa n'obuyinza mu bitongole bingi eby'Oobusiraamu ebirimu bammemba abasajja n'abakazi. Abavubuka abo bayinza okuba abakulembeze b'ebibiina by'abavubuka, oba nga bali ku pulogulaamu z'abavubuka, oba ebibiina by'abantu b'omubitundu ebyenjawulo. Mu mbeera yonna, batera okuba nga baakatandika okukulemberako era nga bamanyi obwetaavu okufuna obukugu obuyinza okubayamba okuddukanya emirimu gyabwe obulungi.
- B. **Abawala abavubuka:** Abawala abavubuka Abasiraamu batandise okutwala ebifo byabwe eby'obuvunaanyizibwa mu Da'awah y'Obusiraamu nga baddukanya pulojekiti n'emirimu emirala mu bibiina by'abavubuka ne pulogulaamu ne mu bibiina by'abantu b'omubitundu. Abawala abavubuka batwala ebifo oby'obukulembeze mu bibiina by'abakyala, nga n'obusobozi bwabwe mu kukulemberamu okulafuubana kw'Abasiraamu kukulu nnyo mu kukulaakulana kw'Abasiraamu.

Tukimanyi nti tewali nteekateeka emu bw'eti egya mu bibiina byonna, amawanga gonna n'embeera zonna. N'olw'ekyo, wadde ng'ebintu ebimu biyinza okuba nga tebituukana nnyo na bifo bimu, biyinza okuba nga bituukana nnyo n'ebifo ebirala. Embeera ezifaanana bwe zityo ziyinza okugonjoolwa mu kussa mu nkola pulogulaamu zennyini mu kutendeka okwenjawulo. Era tuteekeddwa okukkaatiriza nti wadde ng'endagiriro eno ebiseera ebisinga ekozesezza lulimi lwa kisaja, naye ebintu ebirimu bikwata ne ku bakyala.

III. Endagiriro Eno Egenda Kukozesebwa Etya?

Endagiriro eno eyawuddwamu ebitundu bitaano, okwo kw'ogatta ekitundu ekiggulawo. Omusingi gwayo kwe kizimbirwa gusobola kunnyonnyolwa mu ngeri ya: "Lwaki, kiki ne butya" mu kutendeka:

- LWAKI: Okwogera mu bufunze ku mugendo gw'Obusiramu n'obwetaavu bw'okutendeka by'eboyerwako mu kitundu ekisooka.
- KIKI: Ebintu ebikulu mu bukulembeze n'obukugu obwetaagisa obw'omuntu ssekinnoomu n'obw'abangi byoyerwako mu kitundu ekyokubiri n'ekyokusatu.
- BUTYA: Butya abatendesi bwe batendeka abalala obulungi byoyerwako mu kitundu ekyokuna, ate ekitundu ekyokutaano essira ne kiriteeka ku kuteekateeka wamu n'okuddukanya ebifo by'okutendeka abavubuka ng'ekkubo ekkulu ery'okutendeka.

Ebikolebwa ebimu n'ebeyeyambisibwa mu kuyiga nabyo biteereddwa mu miko egitali gimu. Emiko egisinga obungi gitandika na "Ebigendererwa mu Kuyiga" ne gikomekkerezebwa ne "Ebibuuzo Eby'okukubaganyaako Ebirowoozo" wamu ne "Okwegezaamu Okuyamba Okutegeera" okusobola okwongera amaanyi mu kutendeka okw'abantu abangi n'okw'omuntu okwesomesa yekka. Okukwatagana kw'emitwe egimu kwogerwako bwe kiba nga kinaayamba okwongera ku bisomebwa. Awali eby'okukola ebyenjawulo, ebijjukiza, n'emboozi ennyimpimpi, nabyo byongeddwa mu bisomesebwa okusobozesa okussa essira n'okwongera amaanyi mu nkozesza y'ebintu ebikulu ebiri mu kitabo.

A. Ngeri Ki Esinga Obulungi Okukozesaamu Endagiriro Eno?

Endagiriro eno ekoleddwa olw'okwanguiza omusomi n'okwebalangamu buli kaseera. Engeri esinga obulungi mu kugikozesa ssuula ku ssuula. Bw'omala ekyo, soma buli ssuula yokka buli lwe wabaawo obwetaavu. Ebirimu bikozese nnyo mu kusomesa ne mu kwetegekera ebiseera ebitali bimu.

Kyamugaso ku bantu abangi n'ekibiina, okusoma Endagiriro yonna okuva ku ddiba okutuuka ku ddala mu musomo ogwa wiiki emu. Omuntu omukulu alina obumanyirivu y'alina okuddukanya pulogulaamu eno.

B. Tugikozesa ddi?

Oluvanyuma lw'okusoma omulundi ogusooka, ddamu okwekkaanya Endagiriro buli lwe weesanga ng'oyolekedde emu ku mbeera eyoyerwaako mu Ndagiriro eno. Okugeza, gikozese bw'oba ng'osabiddwa okwogera eri abantu, okubaako n'omukolo gw'otegeka, okubaako ne ky'osalawo, okukubiriza olukiiko, oba okwetaba obwetabi mu musomo.

Bw'obeera nga ggwe oli mu mitambo gy'ekintu ekigenda mu maaso oba nga ggwe okulira ekibinja ky'abawereza b'Obusiraamu, oyinza okwetaaga okukola kkopi eziwera ez'emiko egyptenjawulo n'okuzigabira abazeetaaga. Kino tekikoma ku kuzza obugya obukugu bw'abeetabyemu, wabula ate era kibayamba okuteekawo engeri emu gye baddukanyaamu emirimu gy'obukulembeze.

Ng'okozesa Endagiriro eno mu mbeera ezenjawulo, gezaako okugattako ebirala ng'owandiika ebiwandiikibwa ku mbeera ezimu, ebiva mu batendekebwa, okupima abasomesa, n'ebirala ebifaanana ebyo. Ng'okozesa ekitabo kino, gezaako okusoma n'okusomesa okutuukaganya n'ekigendererwa ekiriwo.

C. Butya bw'ogyongerezaako?

Endagiriro eno egenderera kwogera ku miramwa gyonna emikulu egikwata ku kutendeka abavubuka mu bukulembeze obw'Obusiraamu. Kyokka teri Ndagiriro eyinza okuba ekiwandiiko eky'enkomeredde. Okugezaako okunyweza ebyo by'oyinza okuyigamu, n'okwonderako, ebitendeka bingi ebifuniddwa okusobola okukuwa ebiwandiike ku bintu ebiwera ebitateereddwa mu kitabo kino. Ebiwandiike okuva mu bino ebikunjaanyiziddwa bijja kuweerezebwa eri abantu abakozesa Endagiriro eno abateekeddwa ku lukalala mu buli kaseera basobole okubisoma n'okuzza amawulire.

EBIRI MUNDA

Ebikulembera:	Okuseeseetuka nga Twolekera Oludda Olutuufu	1
Ebisookerwako:	Olugendo Iwaffe mu kutendeka	3
Ebyanjula:	Endagiriro Eno Yaakuyamba Ani Era Erina Kukozesebwa Etya?	7

EKITUNDU EKISOOKA: EBIKWATA KU KUTENDEKA

Essuula 1.	Da'aiyah, Embeera y'Ekifo, n'Abantu	17
Essuula 2.	Omugendo Mu Kyasa Eky'ekkumineebina Ekya Hijiri	25
Essuula 3.	Ebigendererwa Byaffe	45

EKITUNDU EKYOKUBIRI: EMIRIMU GY'OBUKULEMBEZE

Essuula 4.	Obukulembeze Mu Busiraamu	53
Essuula 5.	Butya Bwe Tuyinza Okumanya Abasobola Okuba Abakulembeze	67
Essuula 6.	Ebikulu Mu Kumalawo Obuzibu	81
Essuula 7.	Ebikwata Ku Kusalawo	87
Essuula 8.	Okusalawo n'Okussa Mu Nkola	103
Essuula 9.	Ebikulu Mu Kuteekateeka	113
Essuula10.	Ebikulu Mu Kupima Ebikoleddwa	131
Essuula11.	Okukola Ttiimu n'Ebirungi Ebiva Mu Kukolera Awamu	147

EKITUNDU EKYOKUSATU: OKUTUMBULA OBUKUGU N'OKWEKULAAKULANYA

Essuula 12.	Ebifa Ku Kwogera Eri Abantu	163
Essuula 13.	Amakubo g'okuwandiika obulungi	181
Essuula 14.	Naswiiha (Okubuulirira)	187
Essuula 15.	Ebikwata Ku Byempuliziganya	195
Essuula 16.	Enkozesa y'Ebiseera Byo	205
Essuula 17.	Ekitone ky'Okuwuliriza	215
Essuula 18.	Engeri y'Okutandikawo Akakiiko	221
Essuula 19.	Engeri y'Okukubirizaamu Entuula z'Akakiiko	227
Essuula 20.	Enteekateeka y'Olukiiko	233
Essuula 21.	Butya Olukiiko Bwe Lukubirizibwa	245
Essuula 22.	Engeri y'Okukozaamu Ebyuma Eby'amaloboozi	261
Essuula 23.	Okwogera eri Bannamawuire	269
Essuula 24.	Engeri y'Okutandikamu Ekibiina Mu Kitundu	273
Essuula 25.	Endowooza Eyamba Omuntu Okukula N'okukulaaku-lana	285

EKITUNDU EKYOKUNA: OKUTENDEKA ABATENDESI

Essuula 26.	Okwekenneanya Obwetaavu Obuliwo n'Okubusunsula	301
Essuula 27.	Ebintu Ebibeera Mu Pulogulaamu z'Okutendeka Ennungi	309
Essuula 28.	Engeri z'Okutendekamu	315
Essuula 29.	Ebitundu bya Pulogulaamu z'Okutendeka	321
Essuula 30.	Obukodyo bw'Okutendeka	327
Essuula 31.	Oteekateeka Otya Pulogulaamu y'Okutendeka era Ogissa Otya mu Nkola	343

EKITUNDU EKYOKUTAANO: KKAMPU Y'ABAVUBUKA MU BIROWOOZO N'EBIKOLWA

Essuula 32:	Ekigendererwa Mu Kkampu y'Abavubuka	351
Essuula 33:	Okwetegekera Kkampu– Entegeka y'Ekifo	357
Essuula 34:	Endabika Ya Pulogulaamu – Ebirina Okutunuulirwa Okutwalira Awamu	363
Essuula 35:	Ekitone ky'Okwenyigira Mu Bikolebwa.	375
Essuula 36:	Empisa z'Obusiraamu	381
Essuula 37:	Okupima Ebituukiddwako Mu Kkampu.	391
Okuwumbawumba		397
Ebitabo Ebirondeddwamu		399
Awasangibwa Bino:		401
Awasangibwa <i>Aaya</i>		402
Awasangibwa Hadiisi		413

Ekitundu Ekisooka

Ebikwata ku Kutendeka

Bwe twogera ku "kutendeka" kikulu nnyo okussa by'olabirako mu kifo kya kwo ekituufu. Bino wammanga biteekeddwa okulambikibwa obulungi okusobola okwewala okwogerera mu bbang:

1. Omulimu gw'obuntu n'enkolagana yaabwo n'ebibwetoolodde.
2. Embeera y'Obusiraamu mu kyasa eky'ekkumineena Hijri. (Byonna bwe biba bitambula bulungi, tewaba kisiskiriza kutendeka bantu kukyusa mbeera eriwo).

Okutuusa nga tumaze okukkiriziganya ku bintu bino ebibiri lwe tusobola okufuna ebiruubirirwa n'ebigendererwa ebirungi eby'enteekateeka z'okutendeka. Bwe tuba tetusobola kuyita ku ddaala lino erisooka, tujja kuba tulemesebwa ebibuuzo: Lwaki? Kyaki? Ne Butya? Okugonjoola ensonga zino enkulu, tudda eri Kulaane:

Mazima twatonda omuntu mu kifaananyi ekisinga obulungi. Oluvannyuma ne tumenzaayo okuba nga y'asinga okubeera owaawansi mu baawansi. Okuggyako Abakkiriza ne bakola n'emirimu emirungi. Abo bajja kufuna empeera ezitalikutukawo. (95:4-6).

١ لَقَدْ خَلَقْنَا الْأَنْسَنَ فِي أَحْسَنِ تَقْوِيمٍ
٢ ثُمَّ رَدَدْنَاهُ أَسْفَلَ سَطْلَيْنَ ٣ إِلَّا أَلَّا إِنِّي مَا مَنَّوْا
وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فَلَهُمْ أَجْرٌ عِظِيمٌ (سورة العنكبوت)

Nnabbi, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, atujjukiza nti:

إِنَّ اللَّهَ كَتَبَ الْإِخْسَانَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ، فَإِذَا قَتَلْتُمْ فَأَخْسِنُوا الْقِتْلَةَ، وَإِذَا ذَبَحْتُمْ فَأَخْسِنُوا الذَّبْحَةَ،
وَلَيُحِدَّ أَحَدُكُمْ شَفْرَةً، وَلَيُثْرِخَ ذَبِحَتَهُ.

Allah yalagira okuyisa obulungi buli kintu. Bwe muba musse mutte bulungi. Bwe muba musaze (ekisolo) musale bulungi. Omuntu mu mmwe awagale ky'agenda okusazisa, era ky'agenda okusala akiwummuze bulungi.

Nga tugoferera amateeka ago, abawereza b'Obusiraamu wamu n'omugendo gw'Obusiraamu bakakatibwaako okutuukiriza obuvunanyizibwa mu ngeri entuufu era ennungi. Kino okutendeka okw'Obusiraamu kwe kwetoololera.

Mu kitundu ky'Endagiriro kino, tulaga ekifaananyi ky'entambuza y'emirimu gy'Obusiraamu n'embeera nga bw'eri ebiseera bino okutwalira awamu. Mu mbeera eyo, tunoonya okulunjajamizibwa okuva mu Kulaane okusobola okunnyonnyola ebigendererwa by'okutendeka.

EKITUNDU EKISOOKA: EBIKWATA KU KUTENDEKA

Essuula 1.	Da'aiyah, Embeera y'ekifo, n'abantu	17
Essuula 2.	Omugendo Mu Kyasa Eky'ekkumineebina Ekya Hijiri	25
Essuula 3.	Ebigendererwa Byaffe	45



Da’aiyah, Embeera y’Ekifo, n’Abantu

-
- I. Ebigendererwa n’amakubo omuyitibwa
 - II. Okutendeka n’Okuvumbula mu Kulaane
 - A. Ebitalabwa
 - B. Ebibuna wonna
 - C. Ebigatta amawanga
 - D. Eby’omu kitundu
 - III. Obukulembeze obuyita mu Kuwerezza
 - IV. Emitendera omuyitwa okukola
 - A. Omuntu ssekinnoomu
 - B. Ekitundu
 - C. Eky’eggwanga lyonna.
-

I. Ebigendererwa n’Amakubo

Omusiraamu si y’oyo alwanyisa Sitaane n’ekitala n’akasukibwa mu Jjana, wabula y’oyo awangaalira mu mbeera emwetoolodde okusobola okuleetawo enjawulo:

Era nti: “Omuntu aija kubalibwako byokka
bye yateganira.” Era nti: “Okutegana kwe
kugenda kulabwa, oluvannyuma akusasu-
lwemu empeera ezisinga okutuukirira.”
(53:39-41)

وَأَنْ لَيْسَ لِلْإِنْسَنِ إِلَّا مَا سَعَىٰ ﴿٤١﴾ وَأَنَّ سَعْيَهُ
سُوفَ يُرَىٰ ﴿٤٢﴾ ثُمَّ يَبْرَأُهُ الْجَنَّةُ إِلَّا لَوْفَ (سورة النجم)

Ebikolwa byaffe tebirabibwa Allah yekka ne Omubaka we wabula n'abalala. Bw'atyo omuntu tawangaalira mu bbanga; bulijjo akola era n'akolagana n'ebimwe-toolodde. Kiki ekimufuula Omusiraamu asingako? Okusinziira ku hadiisi eno:

الخَلْقُ عِبَادُ اللَّهِ، أَجْبُوهُمْ إِلَيْهِ أَنْفَعُهُمْ لِعِبَادِهِ

Abantu bayimiridde ku Allah, asinga okubeera okumpi gy'ali y'asinga
okubeera ow'omugaso eri abantu.¹

Bwe kityo, ekifuula omuntu Omusiraamu omulungi si sswala, kusiiba, dhikr, ne tasbih; wabula mugaso omuntu gw'alina eri abalala! Mu ngeri eno, etteeka lino lirina okutuwaawaaza amatu: "Oyo yenna ate afaayo ku bikwata ku Basiraamu si omu ku bo".

Omulimu gwa Jama'ah (ekinja) ky'Abasiraamu si kwekolerera; mulimu gwakyo kuweereza balala! Ekinja si ky'ekigendererwa. Mu butuufu eryo kkubo omuyitibwa okutuuka ku kigendererwa. Ekirubirirwa ky'ekibiina kirina okuba nga kifugibwa kiuubirirwa kya Ummah n'abantu abali ebweru.

Omubaka wa Allah atulagira nti:

إِذْ حَمَوْا مَنْ فِي الْأَرْضِ يَرْحَمُكُمْ مَنْ فِي السَّمَاوَاءِ

Musaasire abali ku nsi, Oyo ali mu ggulu nammwe abasaasire.²

Ebibiina by'Abasiraamu ebikoma ku bammemba baabyo bokka balemererwa okulaba ebigendererwa byabwe ne bafuuka abeefaa bokka. Mu butuufu entegeka zonna n'okutendeka bammemba b'ekibiina birina kuba nga byolekezedwa kuweereza ggwanga. Okuteekawo ekibiina olw'ekibiina obubiina kuba nga kuzimba nnyumba ku lw'okuzimba obuzimbi.

Embeera n'abantu da'aiyah mwa'ali n'ekitundu ly'ekkubo lyokka mw'ayinza okukolera. Bye ebifo mw'akolera byokka Allah omwo mw'amugezeseza mu bulamu bwe.

II. Ekirowoozo Ky'okutambula N'okuvumbula mu Kulaane

Tetwatuma mubaka yenna mu baakusooka, okuggyako (twatuma) basajja (sso si Bamalayika) okuva mu bantu boomubibuga (si mu byalo) nga tubawa obubaka. Abaffe tebatambula mu nsi ne balaba enkomerero y'abo abaabasooka bwe yali? Ddala ennyumba y'enkomerero y'ennungi eri abo abaty Katonda. Abaffe temutegeera? (12:109).

﴿ وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ إِلَّا رِجَالًا نُوحِي إِلَيْهِمْ مِنْ أَهْلِ الْقُرْآنِ أَفَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَسْتَأْذِنُوا كَيْفَ كَانَ عَيْبَةً الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَلَدَاهُمْ الْآخِرَةُ خَيْرٌ لِلَّذِينَ آتَقْنَا أَفَلَا لَا تَقْرِئُونَ ﴾ (سورة يوسف)

Da'aiyah atendekeddwa atekeddwa okubeera n'amadaala amaawufu agagenda gabeerawo ag'okumanya. Erisooka limanyiddwa nga alami al ghayb, ensi eyebyeku-

¹ Sahih Muslim

² Sunan al Tirmidhi

sifu; ebisatu ebirala bye alam al shahadah, ensi ey'ebirabika, nga bwe kiragiddwa wansi:

A. Ebitalabika	Okumanya bino kwa Basiraamu bonna; bisobola okuyitibwa "ebibuna" abantu bonna mu mirembe gyonna.
D. Eby'ekitundu	Okumanya kino kya bantu bonna era nga kikyuka okusinziira ku nsi n'abantu abalimu.

A. Ebitalabika

Ebitalabika binyonyolwa mu Kulaane ne Sunnah ng'okukkiriza Allah, bama-layika be, ebitabo bye, ababaka be, n'Olunaku lw'okulamula, n'okusalawo okutukuvu (okugera). Okukkiriza Ebitalabika kuyamba okukuuma ebirowoozo byaffe obutallowoo-lereza mu bintu ebiri ewala n'okutegeera kwaffe. Okukkiriza kuno tekwawukana okusinziira mu kiseera oba ekifo Omusiraamu w'aba ali; tekikyuka lwa kiseera oba ebifo.

B. Ebyabonna

Da'aayah ateekeddwa okumanya nti ekiseera n'ebifo bitonde bya Allah era nti ensi yatonderwa kukozesebwu mutu n'okugiganyulwamu:

Abaffe temulaba nti Katonda yabagondeza ebyo byonna ebiri mu ggulu zonna n'ebiri mu nsi, era n'abajjuliza ebyengera bye ebirabika n'ebiyewse? Ne mu bantu mulimu abo abakaayana ku bikwata ku Katonda nga tebalina kumanya wadde obulujjamu wadde Ekitabo ekiwa ekitangaala! (31:20)

﴿أَلَّا ترَوْ إِنَّ اللَّهَ سَخَّرَ لَكُم مِّنْ أَنْسَابِكُمْ وَمِنْ الْأَرْضِ
وَأَسْبَغَ عَلَيْكُمْ نِعَمَهُ ظَاهِرَةً وَبِإِطْمَانٍ وَمِنَ النَّاسِ مَنْ يُجَدِّلُ
فِي اللَّهِ بِغَيْرِ عِلْمٍ وَلَا هُدُوْنَ وَلَا كَثِيرٌ شَرِيفٌ﴾ (سورة لعنون)

Era kino kimanyiddwa Abasiraamu bonna nga tekikyuka olw'ekifo ky'omuntu.

C. Ekibuna amawanga

Buli da'aayah ateekeddwa okuba ng'alina eddaala ly'atuuseeko mu kumanya abantu abalala n'amawanga. Alina okuba ng'atunuulira emirimu gy'okutambuza Obusiraamu ng'egy'ensi yonna ogutaliiko nsalo za bitundu zigukugira. Alina baganda be ne bannyina okwetoloola ensi yonna. Ummah gy'alimu erimu Abasiraamu, si mu nsi ezo zokka mwe basinga obungi, naye ne mu mawanga mwe bali abatono. Ateekeddwa okulwanirira amazima n'okulwanyisa obukyamu buli wamu. Obuvunanyizibwa bwe kwe kunnyonnyola obubaka bw'Obusiraamu eri abantu bonna. Mu butuufu, ensi yonna ebalibwa nga kifo ky'omuntu atendekebwu eky'okukoleramu n'okusinzizaamu, ng'Omubaka wa Allah bw'annyonnyola:

﴿جَعَلْتُ لِي الْأَرْضَ مَسْجِدًا وَطَهُورًا﴾

Ensi yonna yanfuulirwa muzikiti na kkubo lya kwetukuza.³

D. Ekitundu.

Embeera y'ekitundu we wantu obuvunanyizibwa bw'omuntu atendekebwa obusookera ddala gye bubeera, era eyo gy'atekeddwa okutuukiririza obuvunaanyizibwa buno wammanga:

Obusooka: Atekeddwa okumanya n'okutegeera nga bw'asobola embeera nga bw'eri mu nsi mw'awangaalira n'abantu baamu. Asaanye ayige enkula yaayo, ebyafaayo, abantu, na buli kyamugaso ekisobola okumuyamba mu mulimu gwe. Ebimu ku byo bye bino: Byabugagga ki ebiri mu kitundu? Abantu bali bameka okusinziira ku nzikiriza zaabwe, *amadhaahibu*, amawanga gaabwe munda, abasajja n'abakazi benkana wa, n'ebirala? Ebyenfuna byayo bifaanana bitya, ebyamaguzi ebiyingira, ebifuluma, amakolero, eby'obulimi, n'ebifaanana bwe bityo?

Atekeddwa okumanya ekiwanvu ku by'obufuzi by'ensi eyo: ebibiina by'obufuzi ebirimu, amawulire, abawagizi, engeri ebintu gye bisalibwamu, ne "ani," "kiki," era butya eby'ebyobufuzi bwe bitambula. Mpapula z'amawulire ki na butabo ki ebiganzi? B'ani abawulirizibwa na bamanyi ki ab'amaanyi, abawandiisi, bannasayansi, ne ba *Ulama?* *Da'aiyah* tayinza kutegeera bantu ba mu ggwanga okuggyako ng'amanyi ekimala ku byafaayo byabwe wamu n'enkolagana yaabwe n'amawanga amalala naddala agabeetoolodde. Mu bufunze, da'aiyah atekeddwa okuba ng'amanyi ekimala ku mbeera z'abantu, ebyenfuna, ebyenjigiriza, eby'obufuzi n'embeera y'enzikiriza ku ggwanga mw'awangaalira ne mw'akolera.

Obwokubiri: *Da'aiyah* atekeddwa okuba ng'akwatibwako ebizibu by'abantu mu kitundu mw'awangaalira. Tatekeddwa kuba na ndowooza nkyamu nti ebizibu ebyo tebimukwatako kubigonjoola kubanga Obusiraamu si bwe bwabireetawo. Enneeyisa ye erina kuba ng'ey'omusawo akitwala ng'okusoomooza n'obuvunaanyizibwa okujjanjaba obulwadde bw'abalwadde be wadde nga talina ky'aba akoze mu kuleeta obulwadde obubaluma. Ne bw'aba nga talina kyakukolera mulwadde waakiri afaayo okukendeeza ku bulumi n'okuweweza ku bulumi bw'omulwadde. Tetuwulira musawo mulungi ng'abalwadde be avuma bavume n'okubayombesa. Bulijo agezaako okutereeza embeera yaabwe, mu mwoyo gwa *ihsaan* (okuyisa obulungi). Mu butuufu, atendekeddwa atekeddwa okwessa mu ngatto z'omukulembeze w'eggwanga lye n'akozesa amaanyi g'okutegeera kwe mu kugonjoola ebizibu. Atekeddwa okubinoonya n'okubisengejja olwo n'afuna engeri y'okubigonjoolamu ey'ekisiraamu. Kyangu nnyo okubeera ku ludda oluvuganya mu by'obufuzi n'owakanya ekibiina ekiri mu buyinza mu ngeri eteri yaabuvunanyizibwa. Omusiraamu alina ebirowoozo ebizimba atekeddwa okuwaayo okuwabula okwesimbu, okw'obuvunaanyizibwa,

³ Sahih Muslim, Sunna Abu Dawood, Sunan al Tirmidhi, Sunan al Nasa'i, Sunan al-Darimi, ne Musnad ibin Hanbal.

okuva ku kumanya, nga naye bwe bukya nga yali mu mitambo, enteekateeka ze n'ebirowoozo bye biba bijja kukola n'okulaga ebibala mu bulamu obwabulijjo. Okumala googera ebigambo eby'okuteebereza, ebissika mu nkola, eby'ebirooto biba birowoozo bya kusuubira busuubizi. Bw'aba tasobola byayogera kubituukiriza na kubissa mu nkola, abantu kiba tekija kubatwalira kissera kiwanvu obutamutwala n'ekibinja kye ng'abasaaga obusaazi.

Abamu balowooza nti Obusiraamu nnimiro ya bimuli esobola okusimbibwa buli muntu omuntu w'asanze. Ekyo tekiri bwe kityo mu bulamu obwaddala. Obusiraamu buyinza okwefananyirizaako ebisalaganda by'ebimuli ebirungi ebyenjawulo, ebiyinza okulondebwamu buli muntu n'aweebwa ebimuli ebyenjawulo. Buli ttaka n'embeera y'obudde erina ebimuli ebyenjawulo ebikuliramu. Buli kimuli kirina ekirungo kyakyo ekikisobozesa okuba nga kimera mu ggwanga eryo. Obulungi n'okwtetabula kw'ama-wanga kye ekifuula Ummah okuba ng'esanyusa, nga ngagga, era ng'esikiriza. Naye wadde nga da'aiyah ayolesa ebitendo by'Obusiraamu ebimu ebifunibwa okuva mu bitalabwa, ebibuna, n'eb'y'amawanga gonna, alina okulaga ebintu ebyenjawulo ebikwata ku mpisa ez'ekitundu, abantu bye baagala, ennyambala, talanta, n'eb'yobuwangwa mu nsi mw'awangaalira. Mu kiseera kino tulina okugwa olubege okwamaanyi mu kumanya kwaffe Obusiraamu. Tusinga kwettanira bintu ebitassika mu nkola mu bulamu bw'abantu, bwe tutyo ne tufuuka bakendeevu mu kutegeera ebyetaago byabwe ebibeeyawulidde n'eb'y'omu bitundu mwe bawangaalira.

Kirabika bulabisi nti, *da'aiyah ateekeddwa okugatta okutuufu ensonga zino zonna ng'atambilira mu Busiraamu*. Naye omugaso gwe tegulina kukoma ku kukoppa ebyayita olwo n'abikakaatika ku buli mbeera oba buli kitundu; ekyo kiba si kya kukola. Kyakola kirina okubeera ng'emmere essowaane okuli emmere eyenjawulo mu nsi z'Obusiraamu; zonna ziyanza okubeera ezenjawulo, naye nga zonna ziri halaali.

III. Obukulembeze Obuyita Mu Kuweereza

Ogumu ku misingi Omubaka (SAW) gye yatuyigiriza gwe musingi ogw'obukulembeze obuyita mu kuweereza:

سَيِّدُ الْقَوْمِ خَادِمُهُمْ

Omukulembeze w'abantu ye muweereza waabwe.⁴

Eno ye engeri da'aiyah gy'alina okukolamu: weereza abantu b'omu kitundu obawe n'obuyambi. Abali ku nsonga z'Obusiraamu mu kitundu bwe beeteeka mu kifo ky'abantu abaweereza era nga be balina amakubo agasingako agayinza okugonjoola ebizibu by'omukitundu, abantu baba bajja kubeesiga babafuule abakulembeze baabwe. Baba tebajja kukoma ku kya kuwa abali ku nsonga z'Obusiraamu emitima gyabwe kyokka, wabula baba bajja kubawa n'obululu bwabwe mu kulonda kwa bona.

⁴ Sunan al Daylami ne Sunan al Tabaraani.

IV. Engeri y'Okukola

Tuwa amagezi okukola ku mitendera esatu: omuntu omu, ekitundu, n'eggwanga.

A. Eddaala Ly'omuntu Ssekinnoomu

Omutendera gw'omuntu omu, akola eby'Obusiraamu ateekeddwa okweyigiriza ebikwata ku kitundu mw'ali n'ebikwata ku nsi yonna ng'ayita mu kusoma amawulire n'obutabo n'okuwuliriza ebiweerezebwa ku mpewo z'amawulire buli lunaku. Alina okukifluula embeera okukukubaganya ebirowoozo ku bibadde mu mawulire n'abantu b'asisinkana n'agezaako okuganyulwa mu birowoozo byabwe. Buli *da'aiyah* okufuna okumanya ekisaanidde kw'ebyo ebimwetolodde.

B. Eddaala Ly'Ekitundu

Ku mutendera gw'ekitundu, *da'aiyah* alina okwetaba mu nkiiko ezitera okutuula mu kitundu ez'abantu ekkumi oba obutawera. Enkiiko ez'ekika ekyo, ezitera okuyitiba *Halaqah* oba *Usrah*, zitera kwemalira ku byanjigiriza n'okusitula omutindo gw'ebiomwoyo. Kino tekimala. Engeri enkiiko zino gye zituulamu nayo yeetaaga okwongera okulongoosebwa kimukyakubiri eky'ebiseera byazo kikozesebwre mu kukubaganya ebirowoozo ku nteekateeka ezikwata ku nsonge z'ekitundu wamu n'enkola ya *da'awah* esoboka. Ku ludda luno, omugendo guli mu mbeera mbi nnyo! Abagoberezi essira basinga kulissa ku bikwate eby'omu kibiina ekiyigirwamu n'ebintu ebitasoboka byokka. Bammemba ebitundu bitaano ku kikumi bokka be bakola olwo emirimu ne gibeetuumako, wabula nga 95 ku 100 babeera batunula butunuzi; balaba bulabi ne bawakanya ebikoleddwa!

Enkola y'omugendo efaanana n'omuzimbo nsonda ssatu oguvuunikiddwa ng'abantu ebitundu 5 ku 100 be b'omugaso ate nga 95 migugu. N'omuzimbo ogufaanana gutyo, ekibiina kyesanga kyesibye mu kugonjoola ebizibu byakyo eby'omunda, mu kifo ky'okukola ku nsonge ezikwatagana n'ebiruubirirwa wamu n'ebigendererwa byakyo. Ebikugira bingi sso ng'obuyambi butono ddala. Okwogera amazima, ebikolebwa ekibiina ng'ekyo byandiyinzizza okweyongerako ebitundu bitaano singa ebitundu e 95 ku kikumi ebya bammemba abatakola baali bawagizi buwagizi ab'ebweru mu kifo ky'okubeera bammemba ab'omunda. Mu mbeera eyo, ekibiina kyandibadde tekibamalirako biseera, nga kiwulira omugugu ogw'obuvunaanyizibwa ogw'okulaba nga babeera bulungi.

Okugonjoola obuzibu bw'obuteefirayo buno, buli memba ateekeddwa okuweebwa obuvunaanyizibwa obwenjawulo. Ayinza okubeera mmemba ku kakiiko akatono oba ayinza okufuuka "mmemba yekka ow'akakiiko ak'omuntu omu" ng'avunaanyizibwa mu biseera ebyenjawulo eri amukulira ku by'aba akoze.

Ekibinja kiteekeddwa okuwa abantu (oba obukiiko) emirimu egitegeerekeka obulungi era kirina okukigoberera okulaba nga gikolebwa. Emirimu egyo mingi,

kubanga waliwo bingi ebiba birina okukolebwa mu kitundu ebingi ennyo okusinga okukwata obukwasi *aaya* oba hadiisi emu.

Omugendo teguyinza kubeeramu bulamu bwe gutafuuka nga muzinga gwa njuki oba obwakabaka bw'enkuyege obujjudde obuvumu n'okukola n'amaanyi, nga zikola emirimu egiriko ekigendererwa mu kitundu kyazo.

C. Eddaala Ly'Eggwanga

Wadde nga ku ddaala eryobuntu tuba twagala omuntu okuba ng'alina okumanya n'okutegeera okumala, tulina okuba nga tusuubira obukiiko obwenjawulo obulina obukugu n'eddaala eryawaggulu, okuba nga bwe bukola ku ddaala ery'ensi. Wateekeddwa okubaawo akakiiko akalina ebisaanyizo ebyawaggulu akakola ku buli nsonga eba eyolekedde eggwanga. Obukiiko buno obuwi bw'amagezi oba obulina okubaako ne kye bukola ku nsonga bwe bulowoleza ekibiina. Ekigendererwa kyabwo kwe kukola okunoonyereza ku nsonga n'okuwa amakubo amalala agasoboka era agasobola okugonjoola ensonga buli kamu mu bintu bye kalinamu obukugu n'obumanyirivu. Wadde ng'abagoberezi bayinza okubeera abamativu n'ebintu ebyabulijjo n'okuyisibwa mu ngeri ey'okungulu, obukiiko buno buteekeddwa okugenda ewala mu nsonga ezo. Babanguka mu bintu eby'omulembe mu bye bakola basobole okufunira abalala ebirowoozo, okugabanya ebi-kozesebwa, n'enteekateeka enessibwa mu nkola mu bintu bye balinamu obukugu. Balina okuba n'obusobozi okulaga nti mu ngeri ematiza nti Obusiraamu bwe bulina ebirowoozo ebisobola okugonjoola ensonga mu ngeri yonna. Singa obukiiko buno buddukanya bulungi omulimu gwabwo, eggwanga teriba na kulonzalonza okuggyako okubukwasa obukulembeze okusinziira ku kubanguka mu buyivu obwekika ekyowaggulu n'okuba ng'ensonga zibali mu mikono. Olwo omugendo gw'Obusiraamu gufuuka ogulina ebisaanyizo okubeera n'obwesige obwobwebange ku gwanga.

Oludda Olutangaala Olwadaawah!

OKUVA MU BITASOBOKA OKUDDA KU BISOBOKA

Waliwo Sseeka omukugu omu eyatendeka abayizi okukola da'awah - emyezi mukaaga yagimala mu kubasomesa ate emyezi esatu nga balina kugimala mu kisaawe nga bassa mu nkola bye basomye. Omuyizi omu eyali teyeetya olwamala ebimusomesebwa yawulira muli nga yali asobola okubyessiza mu nkola nga tewali amukutte ku mukono. Sseeka yagezaako okumulabula ku ndowooza ye naye omuyizi n'atamuwaliriza. Bw'atyo yagenda mu kyalo ekyesudde okussa mu nkola *da'awah*. Olwokutaano olwasooka, Imaamu ataalina bisaanyizo yasoma kutuba eyali ejju-dde okulimbirira Allah ne Omubaka we. Omuyizi yasituka n'aleekaana nti: "Imaamu ono mulimba! By'ayogera Allah ne Omubaka (SAW) we tekuli yabyogera". Imaamu yaddamu nti: "Omuvubuka ono mukaafiri eyeetaaga okubonerezebwa." Abawuliriza abaali mu muzikiti bakkakkana ku muyizi ne bamukuba bubi nnyo. Omuyizi yaddayo ewa Sseeka we ng'asibiddwa bandegi nga yenna awenyera! Sseeka yamugamba nti: "Njagala kukulagako ku ngeri emu *da'awah* bw'essibwa mu nkola." Olwokutaano olwaddako baddayo ku muzikiti Imaamu y'omu mwe yasomera *kutuba* ng'eri yennyini gye yasoma olwasooka. Ng'amaze okuwuliriza kutuba, Sseeka yayimirira n'langirira bw'ati: "Imaamu wammwe ono muntu wa mu Jjana. Omuntu yenna mu mmwe anaawtuala olwoya okuva ku kirevu kye aija kuba yewangulide Ejjana." Abantu bunnambiro baayiikira Imaamu ne batandika okukuunyuula obwoya bw'ekirevu kye, ne yeesanga nga takyalina kirevu ali wansi atonnya musaayi. Oluvannyma Sseeka yakuba Imaamu akaama nti: "Ogenda kulekera awo okulimbirira Allah ne Omubaka we weeyise bulungi, oba okyayagala kibonerezo kirala?" Imaamu yakkiriza ensobi ze era ne yeenenya. Omuyizi yamanya ensobi ye era ne yeegayirira Sseeka amukkirize amaleyo emyezi gye esatu mu kutendekebwa mu kisaawe kya *da'awah* mu bikolwa! Kale waliwo enjawulo yaamaanyi wakati w'ebisomesebwa mu bigambo ne mu bikolwa.

YIMIRIRA!

Soma (ng'otandika) n'Erinnya lya Katonda wo; Oyo eyatonda (ebitonde byonna) - eyatonda omuntu, ng'amuggya mu kitole ky'omusaayi: Soma! Era Katonda wo ye Mugabi asinga - Oyo eyayigiriza okuwandiisa ekkalaamu, - yayigiriza omuntu bye yali tamanyi (96:1-5)

﴿۱﴾ أَقْرَأَ بِاسْمِ رَبِّكَ الَّذِي حَنَّقَ

﴿۲﴾ حَنَّقَ الْإِنْسَنَ مِنْ عَلَيْهِ ﴿۳﴾ أَقْرَأَ بِرَبِّكَ الْأَكْرَمَ

﴿۴﴾ الَّذِي عَلَّمَ بِالْقُلُوبِ ﴿۵﴾ عَلَّمَ إِنْسَنَ مَا لَوْيَعْلَمَ
(سورة العلق)

- Singa ekibiina ky'Obusiraamu kye ekisinga okusoma, kijja kukulembera mu bugunjufu bw'abantu.
- Singa ba du'at beeyongerako okusoma, bajja kukulembera **Ummah y'Obusiraamu**.
- Olwaleero: Abazungu be basinga okusoma, Abasiraamu be basembayo okusoma! N'ekirala ffe tuyiga kusoma, sso nga bo basoma kuyiga.
- Ekiteekeddwa okukolebwaa: Abasaasaanya Obusiraamu bateekeddwa okukulemberamu kawefube w'okusangulawo obutasoma mu Basiraamu.

Ennyongereza: Abasiraamu bona bajja kutunuulira badu'at ng'essuubi lyabwe, be beegomba okutuuka, era abagenda okubataasa. Etteeka liri nti abo abagonjoola ebizibu by'abantu be bafuuka abakulembeze baabwe!

Mugende!

Muteekereteekere abalabe amaanyi gonna ge muba musobodde n'embaalaasi ezelolutalo, nga mubikozesa okutiisa omulababe wa Katonda era omulabe wammwe, n'abalala abatali abo be mutamanyi, nave Katonda abamanyi... (8:60).

﴿۶﴾ وَأَعِدُّوا لَهُمْ مَا أَسْتَطَعْنَا

﴿۷﴾ مِنْ قُوَّةٍ وَمِنْ رِبَاطِ الْجَنَّلِ

﴿۸﴾ تَرْهِبُونَ بِهِ عَدُوَّ اللَّهِ وَعَدُوُّكُمْ

﴿۹﴾ وَآخَرِينَ مِنْ دُونِهِمْ لَا يَنْلَمُونَهُمْ

﴿۱۰﴾ اللَّهُ يَعْلَمُهُمْ ... (سورة الأنفال)



Omugendo mu Kyasa Ekyekkumineebina *Hijri*

I. Ebizze Bibaawo

- A. Okwekubamu Ttooki
- B. Ebituukiddwako ng'Obigeraageranya n'Emiziziko
- C. Ebyobufuzi n'Okubyajnjanga
- D. Okusigala Emabega
- E. Twandisobodde Okukola Obulungi Okusingako Awo?
- F. Olutalo lw'obutasaanawo

II. Okumanya Awaali Wetaaga Okutereezaamu

- A. *Shura* esobozesa abantu okwetaba mu nsonga (Okwebuzaganya).
- B. Omwoyo gwa ttiumu
- C. Abakyala n'Abaana
- D. *Omukulembeze Sseeka*
- E. Ebibiina Obutabaawo
- F. Enkola ey'ebitundu n'ey'eggwanga
- G. Obutabaawo Nteekateeka
- H. Enkola y'Ejisiraamu Esobola Okusikira Eriwo
- I. Ebigendererwa n'Amakubo Omuyitibwa
- J. Ebizibu by'Endowooza
- K. Obutoogeraganya
- L. Okulagajjalira Ebyempuliziganya
- M. Abagoberezi n'Abakulembeze Obutannyonnyola
- N. Okusengeka Ebisoosowaziddwa
- O. Ebibiina Okusannyalala
- P. Okukolera Mu Nkukutu ng'Okuge-raageranyizza N'Okukolera Mu Lujjudde
- Q. Kulaane ne *Sultan* (Omufuzi)
- R. Obutabaawo Makubo Matuufu Ag'okutegeeramu Ebiva mu Bikolebwaa
- S. Ensonga Ezaawulayawula
- T. *Adab al Ikhtilaf* – Empisa Z'Obutakkiriziganya
- U. Ebigenda Okukolebwako Mu Biseera Ebiwanvu

III. Okutunula Emabega

IV. Ebibuuzo Ebyebuuzibwa

- A. Okulwana Obwezingirire
- B. Embeera Eziriwo: Mbi nnyo oba Nnungi nnyo?
- C. Okwewaayo Kube Eri Allah oba Eri Obufunze?

I. Ebisigaddewo ...

I. Ebizze Bibaawo

Tukozesa ekigambo “Omugendo” mu ngeri eyaabulijjo. Kizingiramu buli kibinja ekisoma eddiini y’Obusiraamu ne kigissa mu nkola, ne kikolerera Obusiraamu okusimba amakanda. Okwongera kw’ebyo, tutwala “ekifaananyi ekyamangu” okutunula n’okwekebejja ebivuddemu mu ngeri ey’awamu mu kiseera ekiriwo. Olw’okwagala okubeera abenkanya n’obuteekubiira, tuteekeddwa okutereka mu mutwe ensonga zonna ezoogeddwako wansi bwe tuba tulandulula ensonga. Kuno si kwebalamu oba okupima ebyo ebituukiddwako, kubanga tutunula butunuzi ku nsongezimu mwe tusuubira okufuna ebyokuyiga.

A. Okwekubamu Ttooki

Bwe twogera ku bikwata ku mugendo, tuba tweyogerako ffe ffennyini munda. Tuba tetuwakanya okuva bweru. Mu ngeri eyo, tuba twewa birowoozo munda ebizimba n’ekigendererwa eky’okuzuula awali obunafu tugezeeko okwetereeza munda. Okuggyako nga tuli beesimbu eri emyoyo gyaffe, okutendeka kwaffe n’okulafuubana okuddako tebijja kuba na mugaso.

B. Ebituukiddwako ng’Obigeraageranya n’Emiziziko

Newankubadde nga twetaaga okuzuula obunafu bwaffe, tetugenderera bugende-rezi okuggyayo ekifaananyi ekibi eky’omugendo. Waliwo ebibi n’ebirungi. Mu butuufu, okukuma *da’awah* y’Obusiraamu n’okuzuukuka kw’omugendo bujulizi obulaga obuwangazi obutuukiddwako omugendo. Okuba nga twogera ku bitubulamu kiviira ddala ku bumalirivu bwe tulina obugenda ewala okulafuubana nga tugenda mu maaso mu kkubo ettuufu. Ffe ffenyini tuli bibala ebyava mugendo guno.

C. Ebyobufuzi n’Okubyanjanga

Obulumbaganyi bw’Amawanga g’e Bulaaya ku mawanga g’Abasiraamu bwatwaliramu okugawamba mu byobufuzi n’ebi’emmudu. Ekyalina okubaawo kwe kuba nga n’Obusiraamu n’amawanga agaawambibwa gaayanukuza enkola y’emu. Kino kinnyonnyola ensonga eviirako ebibiina by’okwenumula emirundi egisinga okweyisa mu ngeri ey’ebobufuzi n’ey’okulwanyisa abafuzi b’amatwale abaabanyigiriza n’abo abaabaddira mu bigere. Ekiva mw’ekyo, kwe kuba ng’ebibiina bino byawa kifo kyakubiri mu bukulu embeera z’abantu, ebyenfuna, n’ebyenjigiriza. Amawanga gano bwe gaafuna obwetwaze okuva ku bafuzi b’amatwale abagenyi, obwetwaze bwali kiguumaaza. Abakulembeze baabwe (abapya) baali tebamanyi kyakukola mu bwetwaze bwabwe obw’ebobufuzi. Kino kinnyonnyola lwaki obunyuunyuusi mu byenfuna, embeera z’abantu, eby’obuwangwa wamu n’ebyenjigiriza ebyaliwo mu biseera by’obufuzi bw’amatwaale byagenderera okumala ebbanga eggwanvu mu bunnyikivu nga bwe bwali, oba n’okusingawo.

D. Okusigala Emabega

Era tuteekeddwa okukimanya nti ensi y'Obusiraamu ebadde mu mbeera yaakudda nnyo emabega okumalira ddala ebyasa ebiwera. Embeera eno embi esaasaanira mu ndowooza, emirimu, n'ebikolebwa, si bya bantu baabulijo bokka naye n'ebibiina ebigezaako okutereeza. Obusobozi bwaffe okwekenneenya, okukebera, n'okunoga eddagala bukendeezebwaa nnyo obunafu bwaffe. Okuba nti tuli bakkiriza kikola kitono nnyo ku ngeri gye tuddukanyaamu ensonga ezikwata ku mulimo gwaffe. Ekintu kino eky'okudda emabega, ekijja kirabika, nakyo kirina kinene kye kikola ku bibiina ebyobufuzi ebiri ku musingi gw'eddiini, bimwoyogwaggwanga, n'ebayannakalyakaani. Kikosa abantu abenjawulo mu ggwanga – abakulembeze, bannabyanjigiriza, abasawo, bayinginiya, abakozi ba gavumenti, boofiisa b'amagye, abasirikale, abalimi, abasajja, abakazi, abaavu n'abagagga. Okudda emabega bulwadde obukwata buli omu.

E. Twandisobodde Okukola Obulungi Okusingako Awo?

Tuyinza okugamba nti omugendo gukoze kyonna ekisoboka, naye obuwanguzi buva eri Allah Yekka. Kituufu ddala tetwali batuukirivu mu ngeri gye twakolangamu n'endowooza, era waaliwo bingi ebyali bisoboka okulongoosebwa. Empeera za Allah eri abo abalafuubana mu Kkubo lye zija kuba nnyingi.

Naye enkyukakyuka eyaddala mu mbeera ya Ummah nga bw'eri, tulaba okugenda mu maaso kutono. Okusobola okugenda mu maaso tuteekeddwa okukkiriza ensobi zaffe olwo tusobole okubaako n'eky'omugaso kye tusobola okuzikolako. Olw'okuba ng'omuntu awakanya omugendo tekimufuula kuba nti ali waggulu waagwo. Wadde eky'okumussa mu balabe b'omugendo. Teri muntu ali waggulu wa munne; Allah Yekka y'agaba empeera. Obusukkulumu bwaffe buli mu bubaka ne mu ndowooza, naye si mu bantu abali mu kintu.

F. Olutalo Lw'obutasaanawo

Omugendo, nga guli mu kattu k'emiziziko egitagusobozesa kwetaaya, gubadde guli mu kulwana lutalo lwa butasaanawo kufa buli lukedde. Bwe gutyo tegubadde na kakisa kuweweeramu, kwetunulamu, na kulowooza ku kye gugenda kuzzaako kukola. Okukola ekyo kubadde kwejalabya okutayinza kufunika. Embeera bw'etyo eyinza okuvaamu bammemba bannalukalala, abakolera mu kyama, abakolera mu nkukutu, abatali balambulukufu, abalowooleza mu bitasoboka, abatalina bumanyirivu, na kyo ekiyinza okukotoggera n'okutereeza kwonna. N'olwekyo, obuvunanyizibwa obukulu okusobola okutereeza embeera yaffe buli ku abo abawangaalira mu mawanga abantu mwe basobola okweyalira mu kirabo ky'eddembe lyabwe. Ekibeetaagibwamu kinene. Tebalina kwegeraageranya n'abo abawangaalira mu mawanga agalimu obufuzi mwe batulugunyizibwa bannaakyemalira, kubangaabeeyalira mu ddembe baba n'emikisa mingi sso nga bannaabwe basobola kugyeyagaliza.

Eno okuva lw'ebadde nga y'embeera ya Ummah mu kyasa kino, tuyinza okutegeera embeera y'olutalo omugendo mwe guli ne tutandika okumanya awo ewasoboka okutereezeka.

Al hamdu li Allah, omugendo gusobodde okuyita mu kunyigirizibwa kwonna n'obulabe okuva mu mawanga g'Abasiraamu ne wabweru. Ekyo ku bwakyo kusaasira kwamaanyi. Bingi ebiganyuddwa mu latalo luno, naye ebisingako obulungi biyinza okufunika. Ekyetaagisa kati gwe mugendo okwongera okutereeza mu bintu ebijja wammanga:

II. Okumanya Awo We bitambudde Obulungi

Tugezaako okutegeeza abavubuka ku bino wammanga n'essuubi nti bajja kukola bulungiko okusinga bwe tukoze, *in sha'a Allah!*

A. Shura Eyeetabwamu Bonna (Okuwañjana Amagezi)

Omugendo tegwasobola kussa Shura mu nkola mu bulambirira. Gwasinga kutunuulira nkola ndala esingako okugwanguyira eya “*al sam'u wa twa'a*” – wuliliza ogondere ekikugambiddwa. Obukulembeze bwafalaasiranga kya *shura* mu bigambo, naye nga tebwagitwalanga ng'enkola wadde okugizimbira ddala mu bitongole byayo. Okukubaganya ebirowoozo kungi kwagenda mu maaso ku ky'okuba nga *shura mu 'limah* (emanyisa bumanyisa) oba *Mulzimah* (ekakasa) ku *Amir* (okukola ekisaliddwawo). Buli ludda lwasembesanga obujulizi okuva mu bikolo by'Obusiraamu okugezaako okuwagira endaba yaalwo. Naye okuva ensonga eno bw'eri eya *Ijtihad* (okunoonyereza), tesobola kusalibwawo nga kuyita mu *fatwa* (kusalawo kw'abamanyi). Olwaleero twetaaga enkola ya *shura* ekola ku bekikwatako, ennambulukufu, ekoze-sebwa, era ezimbiddwa mu nkola y'emirimu. Omuwendo ogumala ogwa bammemba gulina okwenyigira mu kusalawo ebigenda okukolebwa n'okubiteeka mu nkola. Emigaso gy'enkola ya kulaane eno eya *shura* gyeraga bwerazi naddala ku mulembe guno.

B. Omwoyo Gw'okukolera awamu nga Ttiimu

Omugendo gwasobola okufulumya abantu abalungi ennyo nga guyita mu nkola ya Tarbiyah (okutendeka). Obuzibu bwabalukawo abantu bano bwe baasabibwa okukolera awamu. Omugendo okusinga gwaddukanyizibwa bantu baalubatu, mu kifo ky'ebibinja bammemba abangi, nga tebakimanyi nti okukolera awamu kireeta okukola obulungi ddala okusinga omuntu okukola obwomu. Enkola eno yawa ekifaanananyi eky'embeera eri eyaakaddannyuma we twalabira enkola “ey'okuddukanya emirimu okw'omuntu omu” nga y'esinga okusaasaana mu mbeera z'obulamu ezenjawulo. Mu maka, taata y'abuutikira wonna. Era bwe kiti bwe kifaanana mu masomero, gavumenti, amagye, n'ebibiina by'obufuzi byonna. Enkola eno, nga kabonero akalaga okuggwaamu amaanyi, ezinjamya ebitongole byaffe ebisinga obungi. Bwe twetegereza ebifa ku nsi, tukisanga nga Bulaaya yeeyasookera ddala okwogera ku ddembe era n'etondawo amawanga ageetongodde. Amerika yayita ku Bulaaya bwe

yassa mu nkola ekirowooza eky'entamu esaanuusa amawanga agenjawulo ng'okwo kw'otadde n'okukola ennyo. Japan, ku ludda olulala, yayisa Amerika bwe yagattako omwoyo gw'obumu n'okwesiba ku by'obuwangwa byabwe ne bye bakkiririzaamu. Lowooza ku mirimu gy'Obusiraamu nga tiimu y'omupiira. Singa okunyanya abazannyi abalungi bokka mu ttiiyu naye nga tebalina mwoyo gwa ttiiyu, baba bajja kuwngulwa ekitiimuttiimu ekirina omwoyo gwa tiimu.

C. Abakazi N'abaana

Obutafuna buwanguzi kweylekera mu bakyala nabaana. Wadde nga twafuna obuwanguzi obw'ekibogwe ku ludda lw'abasajja, tetwabufuna ku ludda lw'abakazi. Tetusobodde kuyigiriza, kukunga wamu n'okussaawo omugendo gw'abakyala Abasiraamu. Ng'oggyeeko abatono, abakyala Abasiraamu tebannasobola kwekumaakuma wadde okuzzaamu abalala amaanyi. Abasinga obungi tebasobola kubuulira bulungi balala wadde okukubaganya ebirowoozo ku nsongezikwata ku bantu. Wadde ng'ebibiina by'obufuzi bimwoyogwaggwanga n'ebya bannaakalyakaani byanyuunytanga kinene abakazi nga bwe kisoboka olw'okwagala okubafunamu mu ngeri ey'eb'y'obufuzi, ffe tetwasobola kuga-nyulwa mu busobozi bwa bannyinaffe abo obwamaanyi. Okuggyako mu ngeri entono, bakyali abateefirayo, abatalina kyamaanyi kye bakola era abatasobola kuyamba ku mugendo. Wadde nga twagala era nga tugamba nti be bakuza abakulembeze ba Ummah, naye tetutwala bувunaanyizibwa okulaba nga tubawa emirimu, tubatendeka oba okubayamba. Kino kisigala nga kizibu mu mugendo. Mu butuufu, tetusobola kuwangula lutalo nga 50 ku kikumi eky'abalwanyi bateekeddwa wabbali era nga tebaweeddwa mukisa kulwenyigiramu.

Mu ngeri ye emu, amaanyi matono agaateekebwa mu kukulaakulanya abaana. Okugeza eby'Ejisiraamu ebiwandiikkidwa ku lw'abaana tebiweza 5 ku 100. Tubasubbira kusoma bya bakulu bakkirize obutuufu obubirimu. Ebyenjigiriza eby'abavubuka n'abaana byeyawudde era byetaaga bitabo byabwe ebyeyawudde. Omugendo gufirwa kinene bwe gugayaalirira oludda luno.

D. Omukulembeze Eyeefaanaanyirizaako Sseeka (Omukulu W'ekika)

Ebiseera ebimu, omugendo gubadde gugoberera nkola y'omukulembeze eyeefaananyirizaako eya Sseeka. Gunonya muntu ali nga malayika, akola eby'obuzira, amanyi byonna ate ng'akola buli kintu. Y'aba alina okukulembera ekibiina okutuusa lw'alifa. Bw'ajja mu buyinza taggyibwako, era omugendo guba tegulina kyakumukolera ne bw'akola ki. Ne bw'abeera ebweru w'eggwanga okumala akaseera akawera, era asigala y'alabirira ekibiina eyo gy'ali. Bw'abeerawo mu lukiiko abuutikira buli kigenda mu maaso; ayogerera w'aba ayagalidde okumala ekiseera ky'aba ayagadde. Ensonga eba eri mu ddiiro temukwatako kubanga teyeetegeka, tawandiika, wadde okubaako n'obuntu bw'awandiika ku lw'olukiiko. Asobola okwogera ennyo ku nsongya yonna. Alina okussibwamu ekitiibwa n'okutwalibwa nga namba emu mu buli kintu awatali kufa ku bumanyirivu bwetaagisa mu kifo ekyo.

Akakuunizo ku layini eddako mu bukulembeze ke k'ani ayinza okumuddira mu bigere? Buli mmemba ku bamwetoolodde yeerwooza nga nnakalanga kubanga obulamu bwe bwonna akuze ateekebwateekebwa kulowooza bw'atyo. Kitwalibwa bwe kityo ng'akakwakkulizo akakulu ak'obwetoowaze mu Busiraamu. Tatendekwangako mu bukulembeze ng'ayita mu kwenyigira mu kusalawo okwawamu okuyita mu nkola ya *shura*. Ekitiibwa ky'awa Seeka tekimukkiriza kumusoomooza oba kumubuuza kunnyonnyola, wadde okubaako ne ky'amubuuza. Atuukiriza enjogera y'abasuufi egamba nti: "omugoberezi mu maaso ga Seeka we ali ng'omufu ng'ali mu mikono gy'omuntu amunaaza." Ebiseera ebimu, okusalawo okwetaagisa ennyo okuva ewa Sseeka ate kufuukamu ngeri ya du'a! Okusinziira kw'ebyo waggulu, n'ebizze bigwa mu nsi biraga nti ekisanja ekyandibadde kiweebwa wofisi y'obukulembeze kyandibadde kya myaka wakati w'ena n'omukaaga (4-6), nga kisobola okuzzibwa obuja omulundi gumu gwokka. Kino kiwa omukulembeze okufugira ebbanga aritasukka myaka kkumineebiri. Ekiseera kye bwe kiggwaako, aba asobola bulungi okuweereza ku bukiiko obwejawulo era eyeebuuzibwako ow'omugasoo ennyo obukulembeze obupya. Tetuteebereza bakulembeze bona kuba nga bagoberera nkola eno gye twogeddeko, naye ebiseera bingi tusanga waakiri ebimu ku bitendo bino mu bakulembeze abawera.

E. Okubulawo kw'enteekateeka y'ebeitongole

Omugendo gwasigamidde nnyo ku bantu okusobola okutambuza emirimu egitali gimu. Emirimu nagyo gyesigamidde nnyo ku bantu kinnoomu, ekivuddemu okutaataaganya wamu n'enkyukakyuka mu ngeri gye gitambulamu. Tewali nkola ey'ebitongole. Ne mu bitongole ebitono ebyateekewawo, tewali kuteekateeka, omwoyo ogw'okukolera awamu nga ttiimu, wamu n'entegeeka entuufu. Omugendo tegwasobola kumanya misigi gyagwo wadde ebigendererwa mu bitongole ebyo. Ebimu ku byo byafuuka migugu mu kifo ky'okubeera ebiyamba. Wadde nga bammemba bangi baawangula mu mirimu gyabwe egyenjawulo, naye bwe kyatuuka ku mirimu egyptamu baalemwa. Omugendo tegunnaba kukwata ku bwetaavu obwa "fiqhi omuggya ow'ebitongole" oyo atekeddwa mu bigambo ebyogerwa leero n'endowooza. Omulimu gwa da'awa gusigala kwogerwako mu bigambo okutuusa omuntu ng'asonze ku bitongole by'Abasiraamu ebya bona mu ggwanga. Wateekeddwa okubaawo ebitongole ebinene waakiri kkumi mu buli gwanga nga tetunnatuusa kugamba nti oboolyawo tutandise ku lugendo lw'okuba nga tussaawo ebitongole.

F. Enkola Ey'ebitundu n'Eyeggwanga

Mu by'okwogera obwogezi, omugendo mumativu ku kwegatta kwa Ummah n'okuba ng'ebuna wonna. Wabula, mu bikolwa bino tebinnateekebwa mu nkola mu bujuvu. Twolesa okulowooleza mu bitundu ne mu mawanga mu nneeyisa zaffe. Akabonero akenkukunala keeyolekera mu nkunjaana zaffe eyo baganda baffe ne bannyinaffe gye beeyawulira buli bamu ne babeera bokka ne mikwano gyabwe ab'amawanga gaabwe. Tebatera kwetabika nabalala. Ku ludda lw'obukulembeze tetunnabaawo na nkunjaana za biseera ez'ebitundu n'ensi yonna ez'abakulembeze b'omugendo okuva mu nsi ezenjawulo. Newankubadde ng'ebiva mu nkunjaana

ez'endowooza bwe zityo tebiba bya kukakaatika ku buli muntu, naye nkulu nnyo mu kuwanyisiganya amawulire, okwebuuza, okuteekawo entegeka ez'ebiseera ebiwanvu, n'okukwanaganya emirimu.

Wadde nga tukkiriza nti abalabe baffe batulwanyisa nga bayita mu ntegeka eyaawamu, naye tulemwa okubenjanga nga tuyita mu ntegeka y'emu ey'okwegatta. Tuzze tubeera tugwa mu bitimba eby'enjombo enkyamu egamba nti: "Bannamakka be basinga okumanya ebiwonvu ebirimu." Olwareero omukugu omugwira akyayinza okumanya ensi yaffe okutusinga. Mu ngeri ye emu, baganda baffe abamu bakyayinza okuwa ebirowoozo ebyomugaso eri bannabwe okuva mu mawanga amalala ebiyinza okubagasa mu kulafubana okw'ebitundu byabwe. Ensi eyongera kufunda buli lukya, n'ekirowoozo eky'ensi okuba ekyalo ekimu kigenda kituukirira. Obusiraamu buzze bulwanirira enkola ebuna okuva lwe bwajja, naye ate omugendo gukyatambuliza ensonga zaagwo mu ndowooza ey'ebitundu era n'okuyisa buli kitundu ng'ekyesambye kinnaakyo.

G. Okubulawo Kw'enteekateeka

Bulijjo omugendo gukeesa lukya, nga gulwana lutalo oluliwo okusobola okusigalawo. Enteekateeka ey'ekiseera eky'emyaka etaano oba ekkumi tezitera kulowoozebwako. Emirimu gyagwo giddukanyizibwa mu ngeri ya bwerinde, ng'egya enkola y'emirimu ey'embeera eyaabulijjo efuuka ng'ey'obunkenke. Obuteeteekerateekerawo kuvuddemu ebigendererwa ebitali birambike bulungi, okukozesa obubi ebintu, obutasoosowaza bulungi bintu, n'obutamanya bulungi kiki kisaanidde kuba nga kiddako. Buli kiseera tuba tetumanyi tuyimiridde tutya, tubuzaayo ki okutuuka ku bigendererwa byaffe, oba butya bwe tuyinza okwebalamu mu mirimu gyaffe. Bwe tutyo tugenda mu maaso n'okukola bye tukola nga tetumanyi migaso gibirimu wadde muwendo ki gwe tuwaayo. Ekiseera kituuse tudde ku ntegeka entuufu tuve ku nkola y'okukola bye tusobola tudde ku y'okukola bye tuteekeddwa okukola!

H. Enkola Y'Ekiyisiraamu Esingako

Okutuusiza ddala mu myaka gy'ataano, omugendo gwali gutawaana na kulaga nti Obusiraamu bulungi. Bwegwava awo ne gugenda mu maaso n'okugamba nti Obusiraamu bukira enkola zonna. Kyokka gwasigala ku nkola zino ez'okutwalira awamu ne gutasajjakula kusukka awo. Okugeza tetunnateekawo nkola esingako ng'eri mu ngeri y'ekitabo ekisomesewa ku musingi gw'ettendekero eryawaggulu. Kino kyetaagisa mu buli ssomo erikwata ku mbeera z'abantu.

Guno si mulimu gwa kyeyagalire ogutali gwa nkalakkalira ogukolebwa munnakibiina omwesimbu ayagala ennyo ky'akola; wabula bувunaanyizibwa bwa bamanyi abakola enkalakkalira abaakuguka mu bintu ebyenjawulo. Omugendo gulina okuteekawo amatendekero ag'omutindo ogwawaggulu okukola ku nsonga zino eza *ijtihad*. Omulimu guno tegukyaweebwa ba *ulama* ba "byonna mbimanyi" ba kika kimu. Guteekeddwa kuba nga gwa kukolera wamu. Mulimu muzibu, gukooya, gutwala obudde,

gwa buseere, tegusosola, gugenda mu maaso okuba omuzibu. Kyokka gulina okukolebwa Ummah bw'eba ey'okuddabululwa. Bwe gutakolebwa, obusukkulumu bw'enkola z'Ekiyisiraamu bujja kusigala mu kukkiriza okutaliiko bujulizi. Wetagisizza okubaawo ekyokulabirako ekitangaaze obulungi okusobola okusikiriza Abeebugwanjuba (Bannabulaaya) n'Abbebuwanjuba eri obugunjufu bw'Obusiraamu. Kino kinnyonnyola Iwaki bayinginiya, abasawo, ne banassayansi b'obutonde beeyongera okusikirizibwa eri omugendo n'obukulembeze bwagwo okusinga abakugu mu by'embeera z'abantu. Enkola ey'okutwalira awamu ebamatiza okutegeerekeka n'obulungi bwabwo. Wabula omukugu mu by'embeera z'abantu alina kumatizibwa na kawonvu na kagga. Ebantu ebitono tebimala kuba nga bibasikiriza okujja eri Obusiraamu. Embeera eriwo kati si yaabulijjo. Bwe tunaatandika okulaba ng'abakulembeze abasinga obungi mu mugendo bava mu bakugu ba mbeera z'abantu, tujja kuba tusobola okulaba obubonero obw'okudda obujja okw'obugunjufu bw'Obusiraamu.

I. Ebigendererwa N'amakubo Omuyitwa

Waliwo okutabolwa mu bannakibiina abamu wakati w'ebigendererwa n'amakubo omuyitwa. Ebiseera bingi ebintu ebigasa ekibiina bitwalibwa nga by'ebikulu okupimirwa ebigenda okukolebwa, wadde nga mu butuufu ekibiina kiriwo ng'ekkubo ery'okutukiriza ekigendererwa eky'okusiramula abantu. Kino kifudde omugendo okuba nga gufa nnyo ku bigukwatako okusinga abantu b'ekitundu be gunoonya okukyusa. Okubalaabalamu okwangu ku butya ebiseera, sente, n'amaanyi bwe bikozesebwaa kulaga nti ebitundu nga 70 ku kikumi bikozesebwaa ku nsonga ez'omugendo ezoomunda ate oboolyawo 30 ku kikumi ne bikozesebwaa ku bantu ab'ebweru. Enkola entuufu yandibadde kyennyume kya kino.

Ekibiina kyokka kifuuse muzizo nga kiri nga nti kyateekebwawo ku lwakyo. Kibalibwa kumpi ng'ekibiina ky'emizannyo oba ekibiina ky'obwegassi ekitonde-bwawo okuweereza abantu baakyo bokka. Ekifaananyi eky'ekibiina ekiragibwa ky'eky'akabinja akenjawulo akaliwo okukolerera bammemba baako bokka era ng'ebifa mu bantu bona okutwalira awamu tebibakwatako. Eno y'ensonga Iwaki bwe katandika okutulugunyizibwa okw'ebiyobufuzi abantu nabo baba tebeefiirayo. Ekizibu kino kyeyolekera ne mu birungi ebiba bikoleddwa Abasiraamu ebyandibatenderezessa bwe bigenda eri abo abatagendera ku Busiraamu olw'okubulawo enkolagana mu bibiina by'Abasiraamu ebyenjawulo ebinene n'obubiina obutonotono. Enteekateeka yaabyo mu ngeri gye biddukanyaamu emirimu ebigaana okuba nga bisobola okutuuka ku bigendererwa byabyo. Tewali ngeri gye kiyinza kunnyonnyolwamu mu ngeri emala nti omugendo kigukakatako okutwala ebizibu bya Ummah ng'okusoomooza gye guli era ne gwtikka obuvunaanyizibwa bw'okubugonjoola. Okulafuubana kw'omugendo okusinga kuteekeddwa okukozesebwaa ku nsonga zino, olwo Ummah ebeere ng'ekkiririza mu mugendo nga be bayima ku nsonga zaayo. Ummah erina okusobola okwebaka obulungi ng'emanyi nti omuyima eyeesigika, ekibiina ky'Obusiraamu kigirabirira bulungi.

J. Ebizibu mu Ndowooza

Okutwalira awamu, omugendo tegwafuna bumu wadde okwegatta mu ndowooza mu bannakibiina, kubanga gwasiba ku bintu ebibuna. Ekyasinga okutwaliriza omugendo byali bikolebwaa okusinga endowooza n'ebyenjigiriza. Okwongereza ku kino, ekibiina bwe kitaalaganga we kiyimiridde ku nsonga emu enkulu mu butongole, bannakibiina baalwaniriranga endaba ezenjawulo ekyayongeranga ku kizibu ky'obutabeera na ndowooza emu. Omuwaatwa ogwalekebwanga awo gwazibibwanga ebibiina by'obufuzi oba endowooza ez'obulabe.

K. Obutabaawo Kwogeraganya

Omugendo gulabika nga tegukkiriza kwogeraganya ku by'eddiini ku mitendera esatu – munda mu bammemba, n'ebibiina by'Abasiraamu, n'ebibiina by'abatali Basiraamu – eby'eddiini oba ebitali bya ddiini. Kino kyavaako okubeera nebirowoozo ebitasobola kukola n'okuteekewa mu nkola mu bannakibiina abamu. Ebirowoozo by'ekituukirivu byasigala nga tebigezeseddwa okulaba oba bikola. Obutabaawo kwogeraganya kwavaamu embeera y'obutava mu kifo ey'okwesiba obwongo etaasobola kuwa kuliikiriza kumala okusobola okuleeta enkola ey'ekisajjakikulu eyeetaagisa mu mugendo munda. Embeera eno etava mu kifo yaleta obutabaawo kutegeeragana mu bibinja ebimu ekyavaako obutesiganjana n'obulabe mu bukundi obwenjawulo mu bantu mu kitundu ekimu.

L. Obutafa ku Byampuliziganya

Omugendo gulina engeri gye gutaafa ku ludda lw'okuwuliziganya n'abo abali wabweru w'ekibiina. Tegwatwala mutawaana kulunjjamya bammemba baagwo kuijuza muwaatwa guno ng'obudde bukyali. Bwe gutyo, kye gwakola ku bantu ne kibeera kitono okusinziira nga bwe kyandibadde. Mu kiseera kye ekimu ekyo, abaguvuganya be baali bafuga emikutu gy'ebypuliziganya olwo ne bagusiiga ekifaananyi ekikyamu. Omugendo gwetaaga okulunjjamya bannakibiina baagwo okuba nga bakenkuka mu byempuliziganya. Kino kyalabika naddala omugendo bwe gwavuganya mu by'okulonda mu mawanga agawera. Omutindo gw'ookukuba kampeyini mu bitundu ebimu gwali gwa kibogwe. Ebyogera ku Busiraamu ebikubibwa mu byapa ebiseera bingi biba tebisikiriza ate ebiseera ebimu nga bibugobako bantu. Bannakibiina bokka abeewaayo be basobola okufuna obugumiikiriza okubiyitaayitamu n'obulumi bw'okubisoma. Abatali bammemba beewala ebiwandiike ebifulumiziddwa omugendo. Kino kyeyolekera mu nsaasaana entono ey'obutabo bwaffe obufuluma buli kiseera.

Omugendo era gwagayaalirira obukulu bw'okulunjjamya abayizi baagwo abagenda okwesogga amatendekero agaawaggulu ku masomo agasinga okwetaagisa okugeza agakwata ku mbeera z'abantu, eby'amawulire n'empuliziganya, ebyenjigiriza, egy'okukola mu bitongole bya gavumenti, n'ebitongole bya poliisi n'ebitongole

ebikwasisa amateeka ebirala. Obutabaawo ntekateeka bw'eti kulina kinene kye kukosezza omugendo.

M. Okunnyonnyola Okw'abagoberezi n'Abakulembeze

Ekibalibwa ng'ekituufu mu mugendo kibadde kya bannakibiina okuba nga be balina okunnyonnyola abakulembeze nga bwe batambuzza obuvunaanyizibwa bwabwe. Omukulembeze ayagala kugonderwa okutaliiko kakwakkulizo konna mu biseera eby'essanyu n'ebiyakazigizigi. Wabula obwetaavu bw'abakulembeze okunnyonnyola ku buvunaanyizibwa bwabwe kubadde tekufiibwako mu ngeri ematiza, era nga buli wala nnyo n'okuba nga bulambikiddwa, buteekeddwa mu nkola erina okugo-bererwa, era obuteekebwa mu nkola. Buli bakulembeze lwe baba balina okutegeeza bannakibiina okunnyonnyola kubeera tekunnyonnyola, okugeza bagamba bugambi nti, "Buli kimu kiri bulungi," "da'awah yeeyongera kugenda mu maaso," "ebiseera by'Obusiraamu eby'omu maaso bitangaavu," "okutaasa kwa Allah kuli kumpi," "muteekeddwa okunyweza *imaani* yammwe," "mwongere okwewaayo," "mubeere bagumikiriza," n'ebirala ebyefaanaanyirizaako bwe bityo.

Tewatera kubeera muwendo kusinziirwa, tewabeera kumanya bintu nga bwe bigenda, tewali kwekenneenyaa okw'omutindo n'omuwendo gwa bannakibiina, tewaba bitabo bifulumizibwa, byansimbi, kufuna birowoozo bya bantu, kwekennenya bitongole ebiddukanya emirimu, oba okweyazaamu okutuufu mu ngeri emirimu gye gitambulamu. Bwe watyo tewali musingi gвесигамвако kusobola kunnyonnyola.

Ebiseera ebimu abakulembeze bagaana okwanukula ebibuzzo nga beekwasa nti ekibabuuziddwa kya kyama. Omugendo teguba mulamu okuggyako nga gulina entegeka y'abakulembeze, mu biseera ebyenjawulo, okunnyonnyola ebintu bwe bitambula. Abakulembeze balina okwolekera okusoomooza okutuufu era ne bassibwa ku nninga okwongera amaanyi mu mpeereza yaabwe. Mu mateeka, okunnyonnyola eby'ensaasaanya y'ensimbi kikulu nnyo. Omugendo kigukakatako okwekenneenyaa ebiwandiiko ebikwata ku nnyingiza n'ensaasaanya yaagwo buli kiseera ekigere.

N. Okusoosowaza Ebigenda Okukolebwa

"Okukola ebintu obulungi" kututwala ku kukola bintu mu ngeri entuufu, sso nga "okusoosowaza" kututwala ku kukola ebintu ebituufu. Waliwo enjawulo nnene wakati w'ebintu byombi, naye nga byombi byetaagisa. Tuyinza okuba nga tukola bulungi nnyo ebintu naye nga tukola bintu kikyamu. N'olw'ekyo "okulondamu ebisinga" kwe kulina okusooka okuloozebwako ensonga ne bw'ebeera nga ya kuba ng'ebirina okukolebwa nga bingi okusinga ebigenda okukozebwak. N'olw'ekyo, okusoosowaza kukulu nnyo, era kino kivaamu okuwa ebintu ebituufu obudde bwo n'ebikozesebwak ebyomuwendo. Ng'ebiyaafayo bwe bigenda mu maaso, ebintu biziuka mangu olwo obwetaavu bw'okubisoosowaza ne kubeera nga kukulu nnyo. Tekimala okukola ebintu ebikulu; naye tuteekeddwa okusookera ku kukola ebyo ebisinga obukulu.

O. Enteekateeka y'Ekibiina Okwesiba

Waliwo ekizuuiddwa nti kasita enteekateeka y'enziukanya y'emirimu gy'omugendo etekebwawo, esigala y'eyo tekyuka okumala ekiseera kiwanvu ekibiina ne bwe kyeyongera okukula, ensonga ezikolebwako ne zikyuka, ebirina okukolebwako ne biddamu okusoosowazibwa. Wabula, okutuukiriza ekigendererwa, enzimba y'ebifo entongole mu kibiina erina okulaga emirimu gyakyo gye kikola. Kirina okukyusibwa kisobole okutwaliramu enkulakulana eriwo mu kibiina. Ensengeka y'ebitongole ebitambuza emirimu erina kubeera kkubo erituusa ku kutuukiriza ekigendererwa era tesobola kutwalibwa ng'entukuvu eteyinza kukyusibwa. Ng'etteeka eribuna, enkyukakyuka mu nzimba y'ekibiina yeetaagisa okubaawo buli myaka etaano.

P. Okukola Mu Nkukutu oba Mu Lukale

Ebiseera bingi ebyononedwa mu kukubaganya ebirowoozo ku nsonga ey'okuba ng'omugendo gukolera mu lukale oba mu nkukutu. Waliwo okusalawo ku nsonga eno lwe kwatwalibwanga ng'ekitundu ku bukkiriza bw'omuntu. Buli ludda lwaleetanga ebyokulabirako okuva mu nkola ya Omubaka (SAW) wamu ne byalekebwawo lusobole okuwagira endaba yaalwo. Eno nsonga ya ngeri ekibiina gye kiba kizimbindwaamu era endaba zombi za mu Busiraamu. Ekyetaagisa kwe kwekenneenya embeera z'ekitundu eziriwo mu kiseera ekyo okusobola okusalawo nkola ki esinga okuba ey'omugaso eri omugendo ng'otunuulidde ekiseera ekiwanvu. Ebiseera ebimu waba tewali kyakukola; embeera mu ggwangya y'esalawo ekyokukola. Embeera eriwo bw'eba ekikkiriza, omugendo gulina okubeera nga gukolera mu lwatu. Tewali kalungi kafunibwa mu gukolera mu nkukutu nga tuweebwa ebbeetu okukolera mu lwatu.

Q. Kulaane ne Sultan (Omufuzi)

Okusinziira ku byafaayo by'obufuzi bw'amatwale eby'ekyasa eky'amakumiabiri, Omugendo gubadde mu mbeera ya kulwanagana na bafuzi abali mu buyinza. Endowooza bw'eti ebiseera bingi etegeerekeka, naye terina kukkirizibwa nti bw'erina okubeera ebiseera byonna. Erina okukyusibwa. Omugendo gulina okulwana okukyusa embeera nga gugezaako okugendera ku bintu nga bwe biri. Ku ludda olulala, abali mu buyinza mu nsi balina okumatizibwa nti omugendo tegulina bigendererwa bibi era nti eggwanga n'abafuzi gubaagaliza birungi. Eggwanga ly'erifiirwa bwe wabaawo embeera y'obutesiganjana. Omugendo guliwo kuzimba, kwewaayo, kugunjula, kukolerera na kulunjajmya eri ekisingako obulungi. Tegulina kutegeerwa ng'ogutakanira okutwala obuyinza bwe kityo ne guba nga gunoonya kuggyawo bafuzi. Okufuga si ky'ekigendererwa ky'omugendo; wabula kkubo bukubo. Singa ekigendererwa kino bwe kiba tekiyinza kutuukirizibwa mu bujuvu nga kiyita mu buyinza bwa gavumenti, olwo waakiri kiyinza okutuukirizibwa nga kiyita mu bantu bona kye bayinza okukola nga bayita mu mbeera eya demokulaasiya ow'ekimmemmette. Omugendo gulina okufuba okukyusa ekifaananyi eky'okuba ogulwanyisa okukifuala eky'okukolagana n'abalala. Okulwanyisa buli kintu temuli kalungi: nga Nnabbi (SAW) bwe yatusomesa, ebirungi biri mu nkolagana ennyangu, egonzeddwa,

eterimu kukaluubirirwa. Wadde ng'amaanyi ag'ebweru gayinza okugezaako okusindiikiriza okubeerawo obulabe wakati w'Abasiraamu ne gavumenti zaabwe, Abasiraamu ababugumyeko balina kino okukirabuukirira ne bagezaako okukigoba wonna we kiba kisobokedde. Omugendo gulina okuyiga agali mu njogera egamba nti: "Tolwana lutalo lw'omanyi nti ogenda kuwangulwa." Tulina okwewala okuteekebwa mu mbeera ey'okulwana nga tetunnaba kwetegeeka.

R. Obutabaawo Mpuliziganya ku Bibaddewo

Engeri gye tutambuzaamu ebintu eri ng'empeta eteegatta nga tewali kugezaako kufuna mawulire agakwata ku biba bitegeezeddwa abantu wadde okugakozesa okusobola okutereeza awakyamye. Ekigendererwa kya bannakibiina abamu kwe kutuusa obubaka nga tebafuldeeyo kulaba kye babadde baagala bukole. Endowooza egamba nti Omusiraamu ajja kufuna empeera eri Allah ku Lunaku lw'enkomelerero, bw'aba tazifunye ku nsi, etabulwa n'okukomya okulafuubana okunoonya ebibala ebiva mu bintu by'aba akoze. Endowooza eriwo y'egamba nti okukola buvunanyizibwa bwaffe naye ebivaamu ebyo biri mu mikono gya Allah. Endowooza eno ekozeseddwa bubi era ereesewo obunafu mu kukola wamu n'ebibala ebikuvaamu. Enjombo yaffe ebadde kukola n'obutafa ku bibala ebikuvaamu.

Kino kyefaanaanyirizaako omugoba w'emmeeri atuusa abasabaze ku lukalu – nga baafudde dda. Nga teyagezezzaako kuteekawo mpuliziganya nabo. Ekiseera kituuse omugendo gukoze abakugu baagwo mu bikwata ku mwoyo, embeera z'obuntu, empuliziganya, okukunga abantu, ebyobufuzi, n'enkolagana y'abantu, okusobola okwenkenneena omulimu gwaffe n'ekyegusobodde okukola ku bantu. Bagukozesa batya? Olwo kye baggyayo kiteekeddwa okukozesebwa okutereeza n'okulongoosa engeri gye tukolamu n'engeri gye tukolaganamu n'abantu. Tulina okumanya nti "kye tugamba" kiyinza obutabeera bantu "kye bategeera". Waliwo enjawulo wakati wa kyetutegeeza n'ekyo abantu kye bategeera. Enjawulo eno eteekeddwa okugenda ng'ekendeezebwaa ddala; gy'ekoma okubeera entono, gye tuba tukoma okuba nga tutuusizza bulungi obubaka bwaffe, nga kino bwe kiyinza okulagibwa mu kibalo kino:

(Ekyogeddwa – Abantu kye bafunyeemu) = Ensobi

OBA (Ekyogeddwa – Ensobi) = Abantu kye bafunyeemu

S. Ensonga Ereetawo Okwawukana

Ebiseera ebisinga, engeri bannakibiina gye bajja batambuzibwamu mu mugendo yeesigamidde ku ngeri gye baawukanamu naye si ku musingi gwa nsongaa. Munnakibiina yeekubiira eri ekibiina okusinga okwekuubiira ku kituufu. Atera obutassaamu magezi ekituufu n'atandika okukiramulira ku bantu mu kifo ky'abantu okubalamula ng'asinziira ku kituufu. Mu ngeri y'okwogera, tayigirizibwa kwero-wooleza; wabula ali mu njegere ez'endaba ezirimu kyekubiira. Kino kikifuula kizibu okukolagana n'abalala mu bwanjulukufu, naddala abo abatali mu mugendo. Abeera

n'obuzibu okwogera n'abamanyi kuba aba teyatendekebwa kwekkaanya nsongwa awatali kyekubiira. Era alina obuzibu bwe bumu okukwatagana n'abo abalina endowooza ezitali za kisiraamu. Omugendo tegutera kuwagira kya kwekebera munda era tegulina nkola erambikiddwa esobozesa okutuusa ebirowoozo bya bammemba eri abakulembeze. Wabula ate, obutakkiriziganya na mugendo tekwanirizibwa; abo abagezaako okuggyayo omutwe ebiseera ebimu batwalibwa okuba abalina ebigererwa ebitali birungi n'emitima emibi. Ekiva mu kuwakanya kwe kwambalira abantu ng'abantu mu kifo ky'okukola ku bye baba bagamba. Essira tebalissa ku kiba kyogeddwa wabula omuntu akyogera, era awo obutaba na kyekubiira ne kubulira omwo. Enkola eno esannyalaza kaweefube w'okuleetawo enkyukakyuka ez'omugaso ezeetaagisa ennyo.

T. Adab al Ikhtilaf – Empisa z'Obutakkiriziganya

Si bulijjo nti tugoberera okulunjjamya kwa Omubaka mu nneeyisa zaffe nga tufunye obutakiriziganya ku nsongwa. Obugumiikiriza twabusuula. Mu kifo ky'obutakkiriziganya bwaffe okubeera okusaasira gyetuli n'ekkubo ly'okweriikiriza, kuleeta njawukana na kwekulutakutula. Enjawukana mu birowoozo efuukamu enjawukana mu mitima. Okwagalana okw'obwasseruganda kufuukamu kukyawagana. Ekiina kibulwa ebikisiba awamu ne kifuuka bantu abali ku mbiranye abawalaggana. Kino kifuula buli ndowooza empya okuba eky'obulabe eri okwegatta, ekireeta okukuba omulanga ogw'okwanguwa okukuumma ekitiibwa ky'ekibiina. Okuleetawo embeera ey'obunkenke ewa abakulembeze ekyekwaso okugira nga basuula ku bbali empisa z'Obusiraamu ne beenyigira mu bikolwa ebitali byabulijo ebitali bya Busiraamu, olwo embeera n'ebuutikirwa okugeyanjana, okutemerera ebiambo, enjambo, okuvunaanagana, okulimba, na buli bamu okwonoona bannaabwe. Obutakkiriziganya mu bintu ebimu wakati w'abagendera ku nkola y'Obusiraamu buvaamu n'okuyiwa omusaayi wakati w'Abakkiriza, nga bwe guli mu Afghanistan. Tetutera kugoberera kulunjjamya kwa Kulaane mu kutuukiriza empisa z'Obusiraamu mu butakkirizaganya bwaffe bwonna. Singa tukola kino, gye binaagweera kijja kuleeta obuwanguzi eri abalabe baffe.

U. Ebyetaagibwa okukolebwako mu biseera ebiwanvu

Oluusi omugendo gugwa mu katego ak'okwagala ebintu byonna ebrisabibwa be tubbinkana nabo okukola bikolebwwe omulundi gumu. Tetwasoosowaza wadde okusengeka bye tusaba bikolebwko mu bukulu bwabyo. Tetwawaayo ntegeka eraga obulungi ebikozesebw n'abantu abalina okubikola ne tuweerako n'ebiseera. Abamu balowooza nti Obusiraamu obukolerawo, obutuufu ddala, era obutuukirivu busobola okussibwa mu nkola wonna we kiba kyetaagisizza. Baagala buli kimu kikolerwewo, era tebasobola kutegeera nti kino kitwala akaseera.

Batabula obukkiriza obw'omu mutwe obolina okukkirizibwa ekitole ng'obubaka bwe bwajja, n'okussa mu nkola ensomesa yaabwo mu mbeera ey'obulamu obwabulijo.

Balemwa okukwataganya ebigambo “kkiriza Obusiraamu bwonna oba buleke” ne hadiisi:

«إِنَّ هَذَا الَّذِينَ مَتَّيْنَ فَلَا يُؤْغَلُ فِيهِ بِرِيقٍ»

Eddiini eno nnyweevu, giyingiremu n’obukwatampola.¹

Okussa mu nkola okulungi okugendera mu masa kwe kwo Nnabbi (SAW) kwe yatuyigiriza. Kye tuyigamu kwe kukuma eby’okukolako nga bya kiseera kya kumpi, nga bimanyise, era birambulukufu. Bwe tumala kino okukituukiriza, olwo ne tufunayo eby’okukolako ebirala eby’okukolera mu kiseera ekimpi, bwe tutyo. Kino kyatuukirizibwa bulungi abakominisiti ne bamwoyo gwaggwanga mu mawanga g’Abasiraamu. Engombo zaabwe zaabanga zisikiriza nnyo era nga zikola amakulu kubanga zaaberanga zirina omulamwa kwe zituukira ate nga zitegeerekeka, okugeza:

- “Twagala mugaati”
- “Twagala kusala ku ssaawa za kukola”
- “Emisaala egisingako”
- “Twetaaga bujanjabi,” n’ebirala.

III. Okutunula Emabega Gyetuvudde.

Nga tutunuulidde omugendo gw’Obusiraamu okuva emabega, tewali kubuusa-
buusa nti gwakola ebintu eby’amaanyi bingi. Wabula, ebiseera ebimu abalabe baagwo
baawamba okukungula ebibala ebyava mu ntuyyo zaagwo. Kino kyeragira bulungi mu
ntalo z’okwenunula ng’ezo ezaali mu Algeria, Misiri, Libya ne Pakistan.

Etterekero ly’ebitabo by’Obusiraamu olwaleero livaamu Musiraamu atubidde mu
kifo ekimu. Atera kuba nga yeekwata nnyo ku mateeka wa bitabo mu ngeri gy’atwa-
lamu obulamu. Twalemwa okufulumya *da’aiyah* akyuka n’embeera. Nnabbi (SAW)
yasaba asobole okuwangula emitima gy’abakulembeze b’Abakurayishi bayingire
Obusiraamu.

«اللَّهُمَّ أَعِزُّ الْإِسْلَامَ بِأَحَبِّ هَذِينَ الرَّجُلَيْنِ إِلَيْكَ، بِأَيْ حَفْلٍ (عُمَرُ بْنُ الْحَكَمِ) أَوْ بِعُمَرَ بْنِ الْخَطَّابِ»

Ayi Katonda! Nyweza Obusiraamu n’omu ku basajja banu ababiri gw’osinga okwagala:
Abu Jahli (amakulu Amuri Ibin Hishaam) oba Umaru Ibin al Khatwaabi²

Mu kusaba kwe, Nnabbi (SAW) yali amanyi abaali basobola okufuuka
abakulembeze b’abantu okusobola okubafuula Abasiraamu, olwo n’afunira *da’awah*
amaanyi. Ekyennyume ky’ekyo kye kizuuka kati, abakulembeze abasobola okukyuka
n’embeera abagezi ebiseera bingi bamaliriza bavudde mu kibinja by’Abasiraamu.
Jama’ah yeesanga tesobola kubatwala wadde okufuna engeri gy’ebakwatamu. Bafuuka
ng’ebibala ebyengedde ebiva ku muti ne bigwa kubanga omuti ogubizaala tegukya-

¹ Musnadu Ahmada ibin Hanbali.

² Musnadu Ahmada ibin Hanbal ne Sunanu al Tirmidhi.

sobola kubiwanirira kusingako awo. Tewakyali bulungi okusengeka oba okusunsula; abagezi bamaliliza ne bafuluma mu mugendo ate abatali bagezi nnyo ne basigalamu, olwo ne bafuukira ddala omugugu n'ekizibu. Tukomekkereza tulina omugugu waggulu mu kibiina ogutasobola kukola bulungi na mangu ku nsonga eba eguddewo eyetaaga okukolwako amangu. Omugendo gwaffe teguli gwokka mu nsiike; ekisaawe kijjudemu abavuganya n'abasoomooza bangi ddala. Bwe gutyo omugendo gulina okuteekawo enkola butya bwe gukolagana n'ebibiina by'Obusiraamu ebirala n'ebitali bya Busiraamu; gulina okukomya okuteeka buli kintu wansi w'erinnya erimu, wansi w'akasolya akamu, wansi w'ekibiina ekimu, ne wansi w'ekintu ekimu; era gulina okugezaako okubaako ne kye gukola ku bigenda mu maaso n'okubibeera mu mitambo okusinga okubeera nga gwe gunnannyini byo.

Omulimu bwe guba nga gusobola okukolebwa obulungi abalala, omugendo gulina okuguleka bagukole. Obusiraamu bwa bona, era teri kibiina kimu bwe kiti ekiyinza okugamba nti bwakyo. Eky'okuba nga bannakyewa abeemalidde ku mirimu gy'Obusiraamu nga baagala okwewaayo tekibawa bbeetu kuba nga beekomya omulimu, wadde nga bakola. Enkola yaabwe bw'ebbeera ensukkulamu, baba bajja kukulemberamu era ekyo bakisigaze; ekitali ekyo, baba bajja kusikirwa abalala.

Bwe muba mugaanye (okugoberera amazima), agenda kubawaanyisaamu aleetewo abantu abalala abatali mmwe, era baleme kubafaanana. (47:38)

...وَلَنْ تَقُولُوا إِسْتَبْدَلُ قَوْمًا عَيْرَكُمْ
شَرَّ لَا يَكُونُو أَمْثَالَكُمْ (سورة محمد)

Newankubadde kikulu okukulembera mu ndaba y'abantu, naye omugendo tegulina kutambulira ku bantu abasinga kye balaba. Wabula, gulina okuba n'entegeka yaagwo wamu n'amakubo okukola, okutereeza, okukyusa n'okukulembera endowooza ey'abantu awamu.

Bwe kituuka ku kukolagana ne Bulaaya, abamanyi Abasiraamu abamu batwala Bulaaya okubeera ekimu ku bintu ebbiri: okuba nga *Ejjana* oba *Jahannama* (Omuliro). Ekituufu kiri nti Bulaaya teri ng'ekimu kw'ebyo ebbiri; erina ebitendo ebirungi n'ebibi. Ng'Abasiraamu, tuteekeddwa okubeera abenkamunkamu (abateekubiira). Allah atuyigiriza nti:

Mutuukirize emirengo (gy'ebintu bye mulenga) n'ebipimo (bye mupima). Temuke-ndeezanga ebintu by'abantu (bye muba-lengera n'okubapimira). Era temwo-noonera mu nsi (Katonda) gye yamala okulongoosa (bwe yabatumira omubaka). Ekyo kye kirungi gyemuli bwe mubeera Abakkiriza. (7:85).

فَأَذْفَقُوا النَّكَلَ وَالْمِيزَانَ...
وَلَا تَبْخَسُوا الْأَنْسَابَ أَشْيَاءً هُمْ... (سورة الأعراف)

Bulaaya efuula *haraamu* asikiriza, ayita abantu era nga w'ali mu bungi. *Halaali* tumufuula muzibu, alabika obubi, era owekekewa. Omugendo guteekeddwa


okukomya ekkubo eryangu ery'okuyisa *fatuwa* gutwale enkola eyeetaagibwa ennyo ey'okuwa eby'okukola. Ng'eno bwe tugoba abantu ku *haraamu*, tuteekeddwa okubawa ebya *halaali* ebidda mu kifo kya *haraamu*. Okugeza tetuteekangawo pulogulaamu za televizoni ne laadiyo eza *halaali*. Bwe kuba kusiramula, ensiike y'okusanyusa abantu ngazi nnyo, naye kitono nnyo ekikoleddwa mu kisaawe ekyo.

Okuwumbawumba, Bulaaya erina ky'ekola ekitatuuka mutindo naye ng'erina abatunzi abakugu abasukkulumu, sso nga ffe tulina ekyettunzi ekisukkulumu ne bakitunzi abatatuuka mutindo. Wadde ng'enkola y'abo abagendera ku by'ensi erimu ebituli, tebakoowa kugirongoosa na kugitereesa. Bafaanana ng'okuvuga mmotoka enkadde egenda efiira mu kkubo naye ng'abasaabaze bayinginiya ne bamakanika abasobola okugikola. Ffe tuvuga motoka mpya eva ebweru nga tetumanyi ekola etya. Bw'efa tubeera tetumanyi kya kukola lubeerera. Okusoomooza kw'omugendo kwe kulaga obusukkulumu Imaani (obukkiriza), okuteeka obusukkulumu bw'endowooza y'Obusiraamu mu bisomesebwaa ebyenjawulo, n'okuteekawo ekifaananyi ky'engeri Obusiraamu gye buyinza okudda mu kifo ky'enkola endala. Omulimu omutono ogutuukiridde ogutandikirwako guyinza okumala! Kuno kwe kusomooza kwennyini Ummah kw'eyolekedde mu kyasa eky'ekkumineebitaano ekya *hijri*!

IV. Ekipuuzo Ekyebuuzibwa!

A. Olutalo Sinziggu!

Kigambibwa nti abantu abasinga mu nsi z'Obusiraamu tebakola na maanyi. Naye ate olwo Abasiraamu abalungi abakola obutaweera? Lwaki tebalina kye bakungula? Ekizibu kyabwe kiri kimu kya ndowooza zaabwe, kye baliko, n'okubulwa omutima gw'okukolera awamu nga ttiimu. Ekiva mw'ekyo, be bantu abali mu kibinja ekimu okuba nga bakola nnyo naye nga buli omu asika azza ku ludda lulala. Bw'ogatta awamu ebiva mu maanyi gonna ge bakozesa obisanga nga byenkana zeero oba n'obutagituka.



Omulimu gw'Obusiraamu gulina obunene ne gye gusonga okufaananko nga vector mu kubala. Okuggyako ng'abantu bakolera wamu n'entegeka ennambulukufu nga

bamanyi ne gye balaga, baba tebayinza kubaako na kye batuukako ne bwe bakozesa amaanyi agenkana wa. Bwe tugenda mu maaso n'okulondamu ensobi za banaffe, ne tuleka ebirungi bye bakoze, ne tulengezza bye batuuseeko, tetulina we tujja kutuuka. Tulina okuva ku kuwulira muli nti ffe batuufu buli kaseera abalala bakyamu. Tuteekeddwa okukkiririza mu bona abali ku mulimu gw'Obusiraamu era tugezeeko okukwanaganyiza wamu okulafuubana kwaffe.

B. Embeera Eba eriwo: Mbinnyo oba Nungi nnyo?

Kitera okwogerwa nti "embeera yaffe ensangi zino y'ekyasinga okuba embi ey'okukoleramu, era nti tekisoboka kukolera mu mbeera ng'eyo. Tuteekeddwa okulinda embeera ennungi esobola okukolerwamu." Ekituufu kiri nti embeera mu myaka emingi egiyise emabega ezze yeeyongera kuba mbi mu mawanga g'Abasiraamu agawera. Endowooza ennamu *da'aiyah* gy'alina okuba nayo erina kuba nti embeera eziriwo kati ze ezisinga okuba ennungi mu ziriwo era ateekeedwa okuziggyamu ekisinga obulungi. Tetumanyi kiki ekiyinza okuzuuka enkyo, wadde okuba n'obukakafu ku bintu ddi lwe bigenda okutereera. Ekyafaayo ky'omusajja eyawanuka ku mwaliiro gw'ekizimbe ogw'amakumiabiri kitukolera wano. Bwe yali agwa yayita ku mwaliiro ogw'omusanvu omusajja omu n'ayima mu ddirisa n'amubuuza nti: "Bikugendera bitya?" Yaddamu nti: "Tebinnaba bibi."

Essuubi lyaffe mu *da'awah* liyinza okulabibwa nga tuyita mu byafaayo bya Nnabbi Musa (AS) (Moses) ne Haaruuna (AS) (Aaron), ne Falaawo nga bwe byoyerwa mu Kulaane.

... Mugende eri Falaawo mazima ye yeekuza n'abula n'ayitawo. "Mwogere naye mu bigambo ebigonvu, mulabe oba yeebulirira oba n'atyia (ebibonyoobonyo byange). (20:43-44)

﴿۱۳﴾ أَذْهَبْنَا إِلَىٰ فِرْعَوْنَ فَقُطِّعَ
﴿۱۴﴾ فَقُولَاللَّهُمَّ قُلْ لِيَ مَرِيٰذٌ كَأَوْيَضَ
فَلَمَّا رَأَيْتُكَ أَوْيَضَتِيَّ (سورة طه)

Ffe tetuli balungi kusinga Musa (AS), wadde abantu okuba ababi okusinga ku Falaawo. Bwe tutyo tuteekeddwa okusigala n'essuubi n'obutaggwaamu ssuubi olw'embeera eriwo kati.

C. Obuwulize Buli Eri Allah Oba Ebigambo Ebifunze?

Omukozi wa da'awah Omusiraamu akyayinza okukolera ekibiina ekimu oba ekirala, naye obuwulize bwe bulijjo busooka kuba buli eri Allah. Ennukuta ze tuyiiya ne tuzifunza okuziyita ebibiina teziteekeddwa kubikka obuwulize bwaffe eri Allah.

Olw'ensonga ez'ebiseera ebiwanvu oba ebimpi, tuteekawo ebitongole oba ne tuggyawo ebimu oba ne tukyusa ebiriwo. Ebigendererwa ebirimu tebiteekeddwa kutabulwa na mirimu gya Busiraamu. Ebiseera ebimu tukyamukirira nnyo ne tulwanirira erinnya erimu oba eddala, naye tusaanye tukimanye nti gano makubo bukubo, kubanga ekigendererwa kwe kufuna okusiimibwa eri Allah yekka. Kiba kya kabene singa tussa

obutukuvu ku kibiina okukisussa ku bigendererwa ebyakiteekesaawo. Tusoma mu Surat yusuf:

Ebyo bye musinza, atali Katonda, mannya bunnya ge mwetuumira mmwe ne bajajjammwe, nga Katonda teyassa (mu Kitabo) bujulizi bwonna. Okusalawo kwa Katonda Yekka. Yalagira Yekka gwe muba musinza. Eyo ye eddiini entuufu ennambulu kufu naye abasinga obungi tebamanyi. (12:40)


١٤) مَاعْبُدُونَ مِنْ دُونِهِ إِلَّا أَسْمَاءً سَمَيَّتُهُمْ هَا

أَنْشَدَ وَأَبَاوْكُمْ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ بِهِ مِنْ سُلْطَنٍ

إِنَّ الْحُكْمَ إِلَّا لِلَّهِ أَمْرَ الْأَقْبَدُ وَإِلَّا إِيَاهُ ذَلِكَ الَّذِينَ

الْقِيمُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ (سورة يوسف)

Kino ky'ekibadde kirya omugendo gwaffe, era nga kisinziira ku butamanya kigendererwa ekisinga obukulu.



V. Minzaane

Mu butonde, ebintu tubitwala bwe tutyo ne twerabira ebirungi ebyaleetebwa omugendo gw'Obusiraamu mu kyasa kino. Mu butuufu, okwogerako akatono, omugendo gwakola ng'omumuli ogulunjamya Obusiraamu n'Abasiraamu. Gwakuuma bendera y'okukoowoola eri Obusiraamu ng'eri waggulu, wadde nga wabddewo obuzibu obutayogerekeka.

Awatali kubuusabuusa, omugendo gwayimirirawo ng'ekisenge ekyamaanyi okuziyiza obulumbaganyi okuva kukkono ne kuddyo. Bamwoyogwaggwanga we baaberera nga tebalina kye bawaayo mu by'empisa n'endowooza, omugendo gwawanga Ummah obutasalako obukuumi n'ebi'omwoyo ebyetaagisa okugirunjjamya okudda eri obulongoofu. Gwakola nnyo okulaba nga gukuuma ekifaananyi kya Ummah. Singa tewaali kulafuubana okw'engeri eyo, abantu bandibadde baggweera mu nzikiriza ezitali zimu, eza banakalyaakaani, sitakange, obutakkiririza mu bya mwoyo, obusoze, wamu n'ebiyamwoyogwaggwanga. Tuyinza okugamba, n'obumativu, nti, bwe

tussa ku minzaane ebibiina ebitali bya Busiraamu n'omugendo gw'Obusiraamu, tugusanga ng'omugendo gubikubira waggulu. Omugendo gwe gwatandika *jihad* ku bannakyemalira ne bamusibiramubbwa (abanyigiriza). Gwasitula omumuli mu kulwanyisa obulyake n'obwonoonefu. Mu kukola bino gwasasula omuwendo gwa-maanyi mu kufiirwa abantu ng'abajulizi, okusibwa, n'okutulugunyizibwa. Gwejjanga abalyazaamaanyi ne bamusibiramubbwa okubategeeza nti: "Muli *bazalim* (balyazaamaanyi)"; muteekeddwa okuva mu ntebe; muteekeddwa okuwa abantu eddembe lyabwe." Olw'ensonga eyo, okubonyaabonyezebwa n'okutulugunyizibwa byatuusibwa nnyo ku baali ku nkola y'Obusiraamu.

Bwali buteebalirira bwa bannakibiina b'omugendo abalwanyisa abafuzi b'amataale mu Palestine, Algeria, Afghanistan, ne Kashmir. Ddala kino kyaliwo ku lwa besimbu, kwerekereza na kwewaayo kw'abannamugendo abaty Katonda.

Okuzuukuka okulabika mu nsi y'Obusiraamu olwaleero kuyinza kubalibwa ku Jihad y'omugendo etesereba. Okudda obujja kuno tekwakoma mu kifo kimu, wabula kwali kubuna wonna. Kwabuna amawanga mangi, okugeza, Malaysia, Bangladesh, Pakistan, Afghanistan, Iran, Butuluuki, Misiri, Sudan, Tunisia ne Algeria. Tekyali kyangu kusanga gwanga lya Busiraamu eryasumattuka omuyaga gw'okusiramula ogw'engeri emu oba endala. Kimala okugamba nti okubeerawo kwaffe nga Bannabusiraamu kwava ku mugendo gw'Obusiraamu ogw'ensi yonna.

Wadde nga tukyayinza okuwa obubonero obusuula eri ebibiina ebirwanirira okuzza abantu ku nkola y'e Bulaaya, enkola etegoberera ddiini, n'nkola eya nnaakalyakaani ez'omu kyasa eky'amakumiabiri AC (okuzaalibwa kwa Nnabbi Yisa), tuwulira nti Omugendo gw'Obusiraamu, mu kyasa eky'ekkumineena *hijri*, gwafuna obubonero obuguyisa. Amatendo amajjuvu gonna ga Allah, Oyo gwe tusaba okutulunjjamya eri Ekkubo Eggolokofu mu kyasa kino eky'ekkumineebitaano (*hijri*).

Okulaga Ebiseera Bwe Bizzze Bizuuka Mu Kutendeka

-
- | | |
|------|--|
| 1963 | → MSA yatondebwawo |
| 1969 | → IIFSO yatondebwawo |
| 1972 | → WAMY yatondebwawo |
| 1973 | → MSA etandika okutendeka okutongole ng'eyita mu Kakiiko ak'okuddamu okutereeza ekibiina n'okuteekateeka |
| 1975 | → Eggwandisizo lya MSA liteebewawo |
| 1976 | → MISG etondebwawo ne Anwar Ibrahim mu Peoria, Illinois
→ Alipoota ku ssomo ery'okutendeka eryasooka efulumizibwa |
| 1977 | → Akakiiko akenjawulo katondebawo okuddamu okutereeza enzirukanya y'emirimu gy'Obusiraamu mu Amerika ey'amambuka |
| 1981 | → IIIT etondebwawo |
| 1983 | → ISNA etondebwawo |
| 1989 | → Akakiiko akafuzi aka IIFSO ne IIIT zitongoza omulimu gw'okuwandiika endagiriro y'okutendeka |
| 1991 | → Endagiriro y'Okutendeka Abakozi b'Obusiraamu efulumizibwa |



Ebigendererwa Byaffe

-
- I. Amasa g'Ebyafaayo
 - A. Okwagala kwa Allah Okutonda *Khalifah* (Omusigire) ku Nsi.
 - B. Okumanya.
 - C. Ekigezo.
 - D. Ababaka ng'ekyokulabirako Kyaffe
 - II. Ekyokukola
 - A. Ekkatala lyaffe
 - B. *Islah, Ihsan ne Itqan*: okutereeza, Okulongoosa, n'Okutuukirira.
 - C. Ekirubirirwa
 - D. Amakubo Omuyitwa
-

I. Amasa g'Ebyafaayo

Ekigendererwa ky'okutendeka si kufuna Basiraamu kuba tukitwala nti abatendeke-bwa Basiraamu abeewaaayo edda era abassa mu nkola Obusiraamu abalafuubana okubaako ne kye bakola ekisingako okusitula ekigendererwa ky'amazima.

Amadaala ag'ekyafaayo ag'okubeerawo kwaffe ku nsi, nga bwe googerwako mu Kulaane, galina kye gatangaaza ku bigendererwa byaffe.

A. Okwagala kwa Allah Okutonda *Khalifah* (Omusigire) ku Nsi.

Allah bwe yasalawo okutondebwu kwaffe, yagamba Bamalayika:

Ne Katonda wo lwe yagamba Bamalayika nti: "Injenda kuteeka mu nsi omusigire." Baagamba (mu ngeri y'okwagala okumanya n'okwewuunya) nti: "Ogenda kuteeka mu nsi (omuntu) oyo agenda okwonooneramu ayiwe n'omusaayi – ng'ate ffe (tuli wano) tutendereza amatendo Go, era ne tukutukuza (tetukugattako kirala kyonna)." (Katonda) yabagamba nti: "Nze mmanyi ebyo bye mutamanyi." (2:30)

٤٦ ﴿ وَإِذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلَائِكَةِ إِنِّي جَاعِلٌ فِي الْأَرْضِ خَلِيفَةً قَاتِلُوا أَجْمَعِينَ يُقْسِدُونَهَا وَيَسْفِكُ الْأَيْمَاءَ وَتَخْنَنُ تَسْيِيحُهُمْ بِهِمْ وَيُقْتَلُونَ لَكَ قَالَ إِنِّي أَعْلَمُ مَا لَا نَعْلَمُونَ (سورة البقرة) ﴾

Kikulu okuba nga bamalayika baatunuulira bigendererwa ebibi – okwonoona, okusaasaanya obwonoonefu, n'okuyiwa omusaayi. Kino ky'ekyennyume ky'okulongoosa (*Islah*): okugunjula wamu n'okuzimba ensi.

B. Okumanya.

Oluvannyuma lw'okutondebwā kwa Adam, ekintu Allah kye yasooka okukola kyalī:

N'amanyisa Adamu amannya g'ebintu byonna, oluvannyuma n'abyolesa eri Bamalayika n'abagamba (ng'abagezesā) nti, "Mumbuulire amannya g'ebintu bino bwe muba nga mwogera mazima." (Bamalayika) baamugamba nti: "Okutenderezebwā kukwo. Okumanya kwaffe kukoma kw'ebyo byokka by'oba otuyigirizza. Ddala Ggwe amanyi buli kimu, alina ensonga mu bui ky'oba okoze." (2:31-32).

﴿٢٦﴾ وَلَمْ يَعْلَمْ أَدَمُ الْأَسْنَاءَ كُلَّهَا فَلَمْ يَرْجِعْهُمْ عَلَىٰ
الْمَلَائِكَةَ فَقَالُوا إِنَّهُنَّ فِي مَوْلَانَا إِنَّكُمْ
مَنْدِقِينَ ﴿٢٧﴾ قَالُوا سَبِّحْنَاكَ لَا عِلْمَ لَنَا إِلَّا
مَا أَعْلَمْنَا إِنَّكَ أَنْتَ أَعْلَمُ الْخَلِيقُونَ (سورة البقرة)

Yayigiriza Adam "amannya g'ebintu byonna," ekintu ekisookerwako okusobola okufuna amaanyi g'okulowooza, nga singa tekyaliwo Adam wadde bamalayika tebandisobodde kubaako ne kye bamanya.

C. Ekigezo.

Adamu ne Kaawa baagwa ekigezo kyabwe ekyasooka. Allah n'abagamba ne Sitaane waakwo nti:

Twabagamba nti: "Mwenna muve mu Jjana mukke (ku nsi). Okulunjamya okuva gyendi bwe kunaaba kubajjidde, abo bonna abanagaoberera Okulunjamya kwange, tebaja kuba na kutya era si baakunakuwala. (2:38).

﴿٢٨﴾ قُلْنَا أَهْبِطُوا مِنْهَا جِبِيلًا فَإِمَّا يَتَبَكَّرُ مِنْ هَذِئِ
فَمَنْ يَعِزُّ هُدَاهُ فَلَا حَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ بِحَرَثٍ
(سورة البقرة)

Oba abantu baali baakugoberera bulunjamu oba bukyamu kyali kigezo gyebali. Omulamwa guno ogw'okugezesebwa gukkaatirizibwa mu Kulaane.

Oyo eyatonda okufa n'obulamu alyoke abagezese (ayolese) ani mu mmwe asinga okukola emirimu emirungi. Era Ye Waamaanyi atalemwa, Omusonyiyi ennyo. (67:2).

﴿٢﴾ الَّتِي خَلَقَ الْمَوْتَ وَالْحَيَاةَ
لِتَبْلُغُوكُمْ أَيْمَانُكُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا وَهُوَ الْعَزِيزُ الْغَفُورُ (سورة الملك)

Abaffe abantu balowooza nti bajja kulekbwa boogere bwogezi nti: "Tukkirizza," nga tebagezesebwa. (29:2)

﴿٣﴾ أَحَسِبَ النَّاسُ أَنَّهُمْ لَا يُفْتَنُونَ
أَنْ يَقُولُوا أَمَّا وَهُمْ لَا يُفْتَنُونَ (سورة العنكبوت)

Tuja kubagezeseza ddala okutuusa lwe tunaayolesa abo abalwana mu Kkubo lyaffe mu mmwe n'abagumiikiriza era ne twolesa ebibakwatako. (47:31)

٤٧ ﴿ وَنَبِلُوكُمْ حَنَّ نَلَمُ الْمُجَاهِدِينَ مِنْكُمْ
وَالْعَصَمِينَ وَنَبِلُوا الْخَبَارِكُمْ ﴾ (سورة محمد)

D. Ababaka ng'Ebyokulabirako Byaffe

Butya bwe twetegekera era ne tuyita ekigezo kino eky'obulamu? Okumanya kwokka tekumala; ekitali ekyo, ebyawandiikibwa byandibadde bimala okulunjamya. Ekyokulabirako kye tuyinza okugoberera kyetaagisa. Bannabbi, emirembe gibeere ku bo, by'eb yokulabirako ebyo. Batulaga ekitangaala ne batujja ku "kiki ne lwaki" eby'obulamu ne batuzza ku "butya." Okweyongera ku kumanya, Bannabbi baawee-bwa *hikmah* (amegezi), nga y'enkozesu entuufu ey'okumanya.

(Yusufu) bwe yasajjakula twamuwa okutegeera ensonga n'okumanya. Bwe tutyo bwe tusasula Abakkiriza (abagumiikiriza). (12:22)

٤٨ ﴿ وَلَمَّا بَلَغَ أَشْدَادَهُ وَأَتْيَتْهُ
حَكْمًا وَعِلْمًا وَذِرَّا كَبَرَى الْمُحْسِنِينَ ﴾ (سورة يوسف)

Bwe tuyitaayita mu Kulaane, tusanga ng'omulimu gw'Ababaka nga gwa kutuusa bubaka mu bulambulukufu:

Era obuvunaanyizibwa bwaffe kutuusa (bubaka) obunnyonnyofu. (36:17)

٤٩ ﴿ وَمَا عَلَيْنَا إِلَّا الْبَلْغُ الْمَيِّثُ ﴾ (سورة هم)

Buulirira! Mazima ggwe obuvunaanyizi-bwa bwo kbuulira. Tobalinaako maanyi (gasobola kubakaka kukkiriza) (88:21-22).

٥٠ ﴿ فَذَكَرَ إِنَّا أَنَّا مَذَكَّرٌ ﴾

٥١ ﴿ لَسْتَ عَلَيْهِمْ بِمُصَيْطِرٍ ﴾ (سورة الناديم)

N'olw'ekyo, jjukiza okujukiza bwe kuba kugasa (gye bali). (87:9).

٥٢ ﴿ فَذَكَرَ إِنْ تَقْعُطَ الظِّرْكَى ﴾ (سورة الأعلى)

Koowoola (abantu) okudda eri Ekkubo lya Katonda wo n'amagezi n'okubuulirira okulungi era okubaganye nabo ebirowoozo ng'okozesa ekkubo erisinga obulungi. Ddala Katonda wo y'asinga okumanya embeera z'abo ababa babuze okuva ku Kkubo lye era y'asinga okumanya embeera z'abalunjamu. (16:125).

٥٣ ﴿ أَذْعُ إِنَّ سَبِيلَ رَبِّكَ بِالْحِكْمَةِ وَالْمُرْتَعِلَةِ الْمُحَسَّنَةِ ﴾

٥٤ ﴿ وَجَدَدْ لَهُمْ بِالَّتِي هِيَ أَحَسَّ إِنَّ رَبِّكَ هُوَ أَعْلَمُ يَعْلَمُ
صَلَّ عَنْ سَبِيلِهِ، وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهَتَّدِينَ ﴾ (سورة النعل)

Bannabbi bakola omulimu omukulu gumu ogulimu okulabula okwenkukunala, okunyonyola n'amagezi, n'okulambika ensonga okutasobola kuwakanyizibwa – bajukiza abalala amazima. Tebakozesa maanyi okutuukiriza omulimu gwabwe era tebayinza kuwa bantu bulunjamu, kubanga bino biva eri Allah yekka.

Tewali kukaka (ku by'okuyingira) mu ddiini. Mazima Ekkubo ly'obulunjamu lyeolese okuva ku ly'obubuze. Oyo yenna awakanya ebiszibwa byonna (ebirala) n'akkiriza Katonda Omu Yekka aba yeekutte ku kikwatibwako ekinywevu, ekitagenda kuktuka. Katonda awulira byonna, Amayi buli kintu. (2:256).

Ddala ggwe tosobola kuluunjamya oyo gw'oba oyagadde naye Katonda y'alunjamya oyo gw'ayagala. Era Ye y'asinga okumanya abalunjamu. (28:56).

﴿ لَا إِكْرَاهٌ فِي الدِّينِ قَدْ تَبَيَّنَ الرُّشْدُ مِنَ الْغَيْرِ
فَمَن يَكْمُرُ بِالظَّغْرُوتِ وَتُؤْمِنُ بِإِلَهٍ
فَقَدْ أَسْتَمْسَكَ بِالْمَرْوَةِ الْوَقِيَّ لَا أَنْفَصَامَ لَمَّا
وَاللَّهُ أَعْلَمُ عَلَيْهِ (سورة البقرة)﴾

﴿ إِنَّكَ لَا تَهْدِي مَنْ أَحَبْتَ وَلَكِنَّ اللَّهَ يَهْدِي
مَنْ يَشَاءُ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهَتَّمِينَ (سورة القصص)﴾

II. Ekyokukola

A. Omulimu Gwaffe

Omulimu gwaffe ne kye tulina okukola biggyibwa butereevu mu *aaya* mu *Surat Yusuf*:

Gamba nti: "Lino Kkubo lyange. Nkoo-woola (abantu) okudda eri (okusinza n'okugondera) Katonda mu bumativu nze n'oyo yenna angoberera. Okwawulwa kwa Katonda. Era siri mu Bamusinzabibumbe. (12:108)

﴿ قُلْ هَذِهِ وَسِيلَةٌ أَذْعُولَى اللَّهِ عَلَى بَصِيرَةِ أَنَا
وَمَنِ اتَّبَعَنِي وَسَبَخَنَ اللَّهُو مَا آتَيْنَا مِنَ الشَّرِيكِينَ
(سورة يوسف)﴾

Lino ly'ekkubo lyange, Nnabbi bw'atyo bw'akkaatiriza, okukoowoola ku lwa Allah mu bumativu n'obulambulukufu (*baswira*) ku lulwe ne ku lw'abo abamugoberera. Ekkubo lyaffe ery'okutendeka lirina okutegeka abatendekebwa okufuna embeera eno eya *baswira*. Ekigendererwa kyabwe mu bulamu kirina okweylekera mu bigambo bya Bannabbi – Ekkubo Eggolokofu. Okuva Nnabbi Muhammad (SAW) lwe yali Nnabbi eyasembayo, omulimu gwaffe n'eky'okukola ebirambikkidwa mu *aaya* eyo waggulu kati gulina kutuukirizibwa ffe, abagoberezi b'ekkubo lye, awatali muntu mulala. Naye wadde nga *aaya* ya kulaane eyo waggulu ekwata ku Nnabbi Muhammadi (SAW) n'abagoberezi be bona okutwaalira awamu, yo eno wansi ekwata butereevu ku batendekebwa mu kiti kyabwe nga *badu'at*:

Ani ayogera ebigambo ebirungi okusinga oyo akoowoola (abantu okudda) eri Katonda, n'akola n'emirimu emirungi era n'agamba nti: "Ddala ndi omu ku Basiraamu." (41:33).

﴿ وَمَنْ أَخْسَنْ فَوْلَادَيْمَنْ دَعَالَى اللَّهِ
وَعَمِلَ صَدِيقًا وَقَالَ إِنِّي مِنَ الْمُسْلِمِينَ
(سورة فصلت)﴾

N'olw'ekyo omulimu gw'atendekebwa kwe:

- Okukowoola ku lwa Allah,
- Okweysa mu ngeri esinga obulungi, era
- Okulangirira nti Musiraamu.

Ensonga esembayo eggyawo eky'omuntu atendekebwa okusobola okufuu ka omuntu ow'enjawulo ennyo. Mpozzi ate, ateekeddwa era n'abeera n'ekigendererwa eky'okwenyigira mu kuleetawo enkyukakyuka mu mbeera z'abantu. Enteekateeka zonna ez'obuntu za kumusobozesa okufuu ka omuyima ku nkyukakyuka z'abantu. Omulimu guno ogw'omuntu atendekebwa gweyongera okulambikibwa mu *aaya*:

Alina Bamalayika abagoberegana (ng'abamu bavaawo abalala ne baddawo), mu maaso g'omuntu n'emabega we. Bamukuuma olw'ekiragiyo kya Katonda. Katonda takyusa mbeera abantu gye babaamu okutuusa nga bakyusizza ebyo ebibali mu myoyo... (13:11)

١١) لَهُ مَعَقِبَتٌ مِّنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَمِنْ خَلْفِهِ
يَمْحُضُهُنَّهُ مِنْ أَمْرِ اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ لَا يُغَيِّرُ مَا بِقَوْمٍ
حَتَّىٰ يُغَيِّرُوا مَا بِأَنفُسِهِمْ ... (سورة الرعد)


Obulungi buli mu kigambo “bo bennyini” – mu y'abantu abasukka ku omu, nga si muntu omu. Abantu abalungi ennyo – nga mw'otwalidde n'abasajja enjasabigg – yekka tekimala; bateekeddwa okukolera awamu obulungi n'omwoyo ogwa ttiimu mu bibinja okusobola okutuuka ku kuyitibwa “abasuffu.”

B. Islah, Ihsan, ne Itqan: Okutereeza, Okulongoosa n'Okutuukirira

Enteekateeka y'okutendeka ebangula abayizi okuyita mu mitendera gy'Obusiraamu – *Iman*, *Ihsan*, ne *Itqan* – nga lubeerera balafubana okutuuka ku madaala agaddako agasingako. Ng'amaze okufuna *Iman* atandika okunoonya *Ihsan*. *Ihsan* kitegeezza kwongera kutereeza engeri omuntu gy'akolamu ebintu awatali kulekayo. Eno nkola egenderera era ezingiramu *Islah*, ekyennyume ky'enkola ya *Iffad* (okwonoona). Ng'alaza ku kulongoosa kwe yali anoonya mu bantu be, Nnabbi Shu'aib (AS) yabagamba nti: “Mbaagalako kimu kulongoosa.”

Yabagamba nti: “Bantu bange! Mumbuulire! Singa mbeera ku bunnyonnyofu okuva eri Katonda wange era n'angabirira ebyobugagga ebikkirizibwa okuva gy'ali (ekyo kinjaana okubaziyiza okukola ebikyamu?) Ssaagala nze kukola ekyo kye mbagaana. Nze kye njagala kwe kulongoosa ng'obusobozi bwange we bukoma. Okulunjama kwange kuli eri Katonda Yekka. Ye gwe nneesize era gy'ali gye nzize (mu kwenenya). (11:88).

٤٩
فَالْيَقُولُ أَرْبَعَةُ شَرِكَاتٍ كُثُرٌ
عَلَىٰ سَنَفِيرٍ رَّفِيفٍ وَرَزْقَنِي مِنْهُ رِزْقًا حَسَنٌ
وَمَا أَرِيدُ أَنْ أُخَالِفَكُمْ إِنَّ مَا أَنْهَنَّكُمْ عَنْهُ
إِنَّ أَرِيدُ إِلَّا إِلَاصْلَاحَ مَا اسْتَلْعَمْتُ وَمَا تَرَفِيقٌ
إِلَّا بِاللَّهِ عَلَيْهِ تَوْكِيدٌ وَلَا يَأْتِي أَنْبَاثٌ (سورة هود)



Buli muntu lw'asisinkana embeera enzibu, alina okugiggyamu ekisinga obulungi, agitereeze, oba agirongoose, nga Allah bw'agamba Nnabbi (SAW) nti:

Ekirungi tekyenkanankana na kibi. (Ekibi) kiggyiseewo ekirungi ekikisinga, (ojja kulaba nga) oyo wakati wo naye awali obulabe ng'ali ng'wooluganda owoomukwano (gwe weeyabiza). (41:34).

﴿وَلَا سَتُوِي لِلْحَسَنَةِ وَلَا لِلْسَّيِّئَةِ أَدْفَعْ بِالْأَيْمَنِ
لِخَيْرٍ فَإِذَا الَّذِي يَدْعُكَ وَيَدْعُنَكَ عَذَابٌ كَانَهُ وَلِيُّ حَمِيمٌ
(سورة فصلت)﴾

C. Ekiruubirirwa.

Aaya za kulaane ezo waggulu zituzza eri ekiruubirirwa kyaffe: okufulumya abakulembeze b'Obusiraamu abagenda okukulemberamu okukyusa embeera z'abantu nga bayita mu kunoonya okumanya n'amagezi wamu n'okukola *da'awah* ematiza era etuuka ku kigendererwa wamu n'okutegeera n'empuliziganya.

D. Amakubo Omuyitibwa.

Okutuuka ku kiruubirirwa kino, enteekateeka y'okutendeka ewa omukisa ogwenjawulo ogwongera ku kwewaayo kw'abatendekebwa, ogubongera okumanya, ne guzimba obukugu bwabwe mu mpuliziganya, entambuza y'emirimu, wamu n'okukola enteekateka. Okwongereza kw'ekyo, entegeka eruubirira okwongera ku busobozi bwabwe obw'omubiri n'obw'okumanya, n'ezimba endowooza zaabwe ez'okukolera awamu mu bibinja, n'esitula omutindo gw'eddiini yaabwe, n'ebateekamu embeera ey'amagezi ebasobozesa okugonjoola ebizibu. Enteekateeka enoonya okujjulula obumanyirivu okuva ku basseruganda ne bannyinaffe abaluddewo okubuzza eri abato mu ngeri enfunze. Tusuubira nti abatendekeddwa banaatandikira abakulu we baakoma, beewale ensobi zaabwe, era bakulemberemu amakubo amapya okusinga okuddamu amakadde. Mu bufunze, enteekateeka y'okutendeka egezaako okuteekawo omulembe ogumanyi okusoosowaza ebintu era ogufuuka ogw'okugonjoola ebizibu mu kifo ky'agwo ate okufuuka ebizibu.

Ekitundu Ekyokubiri

Emirimu gy'Obukulembeze

Okutendeka da'aiyah – ali ku mulimu gw'okusaasaanya Obusiraamu – gwetooloolera ku kuyiga “butya” bw’akozesa obukulembeze mu bantu bwe bafaanana ne mu bantu bona okutwalira awamu. Mu butuufu, obukulembeze kitundu ku Busiraamu bw’omuntu. Nnabbi (SAW) yatugamba nti:

«كُلُّمَا عَزَّزْتُمْ بِهِ مَسْئُولَيْهِ»

Buli omu mu mmwe alina ky'alabirira ate buli alina ky'alabirira ajja kubuuhibwa ku ky'alabirira (Sunan al Tirmidhi, Sunan Abu Dawuda, Sahih al Bukhaari ne Sahih Muslim).

Ekitundu ky'Endagiro kino kikwata ku nsonga ezimu ezirondeddwaamu ezikwata ku bukulembeze. Kitandika na kwogera ku musingi gwabwo mu Busiraamu. Kino kigoberezbako okwogera ku ngeri y'okugonjoola ebizibu, okusalawo, okussa mu nkola ebisaliddwawo, okuteekateeka, okupima ebikoleddwa, n'okukolera awamu nga ttiimu. Kino kyogera ku bintu ebikulu mu bukulembeze era kisaanye okuteekateeka oyo akozesa *Endagiro* eno okussa mu nkola wamu n'okweyongera okutendekebwa mu kitundu kino.

EKITUNDU EKYOKUBIRI: EMIRIMU GY'OBUKULEMBEZE

Essuula 4.	Obukulembeze Mu Busiraamu	53
Essuula 5.	Engeri y'Okumanyamu Abasobola Okuba Abakulembeze	67
Essuula 6.	Ebikulu Mu Kugonjoola Ebizibu	81
Essuula 7.	Ebikwata Ku Kusalawo	87
Essuula 8.	Okusalawo Okukugeraageranya N'Okussa Mu Nkola	103
Essuula 9.	Ebitandikirwako Mu Kuteekateeka	113
Essuula 10.	Ebikulu Mu Kupima Ebikoleddwa	131
Essuula 11.	Okuzimba Ttiimu n'Ebituukibwako Ekibinja	147



Obukulembeze mu Busiraamu

-
- I. Amakulu g'Obukulembeze
 - II. Obukulembeze Obulungi
 - A. Obukulembeze Obulungi Bwe Buli wa?
 - B. Abakulembeze, Abalondoola, n'Abagoberezi
 - III. Ebitendo By'Omukulembeze W'Obusiraamu
 - A. Obuwulize
 - B. Ebiruubirirwa by'Obusiraamu Eby'ensi Yonna
 - C. Okugoberera Shari'ah N'Empisa z'Obusiraamu
 - D. Obwesigwa Obumuteresebwa
 - IV. Emisingi Egitandikirwako Okutambuzibwa Obukulembeze Bw'Ekiyisiraamu
 - A. Shuura (Okuwanjana amagezi)
 - B. Obwenkanya (obulamuzi)
 - C. Eddembe ly'okwerowoleza
 - V. Obukulembeze Mu Bikolwa
 - A. Obukulembeze Gye Bukoma
 - B. Enneyisa y'Obukulembeze
 - C. Etteeka Lya Petero
-

EBIRUUBIRIRWA MU KITUNDU KINO

W'onoomalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okunnyonnyola obuvunaanyizibwa, n'ebizibu by'obukulembeze.
- Okumanya ebitendo n'enneyisa y'abakulembeze
- Okutegeera ekifaananyi ky'obukulembeze ey'ekiyisiraamu
- Okukola ng'omukulembeze w'Obusiraamu omulungi

I. Amakulu g'Obukulembeze

Obukulembeze kitegeeza engeri eyitibwamu okutwala abantu mu kkubo ettegeke ng'oyita mu kubazzaamu amaanyi okukola nga bayita mu ngeri eteri ya kukaka. Obukulembeze obulungi butwala abantu mu kkubo erikolerera obulungi bwabwe mu biseera eby'omu maaso. Ekkubo liyinza okubeera eribuna okugeza okutuusa obubaka bw'Obusiraamu eri ensi, oba eryeyawulidde ensonga okugeza okutuza olukunjaana okwogera ku nsonga emu. Okutwalira awamu, amakubo n'ekigendererwa birina okukolerera obulungi bw'abantu abakwatibwako ensonga mu biseera eby'omu maaso.

Obukulembeze mulimu na kkubo lyakusikiriza balala. Omukulembeze aba munnakibiina mu kibinja ky'abantu aba aweereddwa obukulu era ng'asuubirwa okuddukanya obuvunaanyizibwa mu ngeri etuukana n'eddaala ly'alimu. Era omukulembeze ye muntuasuubirwa okukozaesa ekifo kye mu kuteekawo n'okutuukiriza ebigendererwa by'ekibiina. Omukulembeze omwesimbu y'oyo akulemberamu sso si oyo abuzaabuza okusobola okukulembera.

Ekintu bukulembeze kisobola kunnyonnyolerwa mu mirimu gino egyenjawulo egiggya wammanga:

1. Maanyi mu ngeri ezimu ezitamanyiddwa agatambulira mu bakulembeze n'abagoberezi era agawaliriza abagoberezi okuwaayo amaanyi gaabwe bonna awamu eri ekiruubirirwa ekyawamu. Okukolerera ekiruubirirwa n'okukituu-kiriza n'okumatiza abakulembeze wamu n'abagoberezi.
2. Buwa era ne buggyako enfaanana y'amakubo omuyitwa okutuukiriza ebiruubirirwa, embeera ekolerwamu, n'embeera eyeetoolodde, mwe bukolera. Tebukolera mu bbanga, wabula mu mbeera eba eteereddwawo ebintu ebiwera.
3. Bukola ebbanga lyonna. Busobola okukyuka mu ddaala, mu maanyi, ova mu ngeri naye tebuujja bwe buddayo. Buba bukola, ekitali ekyo tebubeererawo ddala.
4. Bukozesa, nga bulina ekiruubirirwa, amateeka, ebikozesebwa n'amakubo mu ngeri emu erambikiddwa obulungi n'engeri etekyukakyuka.

II. Obukulembeze Obulungi

A. Obukulembeze Obulungi Bwe Buliwa?

Obukulembeze obulungi gy'emitendera egy'okussaawo okubikkulirwa, okuteekawo amakubo, okufuna obuwagizi, n'okusikiriza okukola. Omukulembeze omulungi:

- ateecko ekirooto eky'omu biseera eby'omu maaso, ekikolerera obulungi bw'abo bonna abeetaba mu kikolebwa;
- ateecko amakubo ag'ebiseera ebyewala agayamba okutuuka ku kirooto ekyo;
- anoonya obuwagizi bw'abo abeetaagisa ng'okukolaganira kwabwe awamu, okukkiriza kwabwe, n'okukola nga ttiimu byetaagisa okusobola okuteekawo ekkubo eryo; era

- asikiriza nnyo akabinja k'abantu abo abasobola okukola ekinene mu kussa mu nkola entegeka.

Ebantu ebiwera omuli enkula y'omuntu, empangaala ye n'abalala, n'omwoyo gwe, by'ebisalawo omuntu alina ebisaanyizo ebimusobozesa okubeera omukulembeze. Obusobozi buno buteekeddwa okussibwa mu nkola mu ngeri ematiza okusobola okuba nga buvaamu ekiram. Kisoboka omuntu okubeera n'ebitone by'obukulembeze kyokka n'atabikozesa. Mu bulamu bw'abantu abenjawulo, ebitone bino bikyayinza okweylekera mu mbeera nnyingi ate ne byeyoleka ku mitendera egyenjawulo. Okukola ng'omukulembeze kireetebwa embeera eyeetoolodde omuntu n'emikisa n'emiziziko ebibaawo.

B. Abakulembeze, Abalondoozi, n'Abagoberezi

Abakulembeze boolekeza abo be baba bakulembra eri ebiruubirirwa byabwe nga bayita mu kubasikiriza n'okubeera ekyokulabirako gyebali. Abalondoozi bafuna enneeyisa eyeetaagisa nga bayita mu kukozesa ebifo byabwe ebyawaggulu mu nteekateeka y'ekibiina.

Abakulembeze abalungi bakimanya nti nabo bateekeddwa okuba abagoberezi abalungi. Bulijjo abakulembeze balina omuntu oba akabinja gye banjula bye bakola. Bwe batyo nabo bateekeddwa okubeera abagoberezi. Omugoberezi omulungi ateekeedwa okwewala okuvuganya n'omukulembeze, akola ng'omuwulize "awolerezza sitaane," era, mu ngeri ezimba, ayolekera ebirowoozo by'omukulembeze n'enneyisa ye, by'atwala ng'ebikulu.

Abagoberezi n'abakulembeze beesanga nga basibiddwa wamu mu nkologana eriko ekiruubirirwa. Omukulembeze ateekeedwa okuba nga bulijjo afaayo ku bagoberezi be okubeera obulungi.

III. Ebitendo by'Omukulembeze w'Obusiraamu

Nnabbi (S.A.W.) yagamba nti omukulembeze wa *jama'ah* (ekibiina ky'abantu) y'abeera omuweereza waayo. N'olw'ekyo, omukulembeze ateekeedwa okubeera ku mulimu gw'okuweereza n'okuyamba abalala okugenda mu maaso. Ensonga enkulu ezimu ezifuula obukulembeze obw'ekisiraamu ze zino wammanga:

A. Obuwulize

Omukulembeze ne gw'akulembra bombi babeera bawulize eri Allah.

B. Ebiruubirirwa by'Obusiraamu Eby'ensi Yonna

Omukulembeze ebiruubirirwa by'ekibiina tabitegeerera ku byetaago byakyo byokka wabula ne ku biruubirirwa by'Obusiraamu ebigazi.

C. Okugoberera Shari'ah n'Empisa z'Obusiraamu

Omukulembeze tali waggulu wa kuteeka mateeka ga Busiraamu mu nkola, era okusigala mu kifo alina kuba ng'atuukiriza ebyo Shari'ah by'eragira. Ng'atambuza emirimu, ateekeeddwa okukolera ku mpisa z'Obusiraamu, naddala mu ngeri gy'akolaganamu n'abamuwakanya oba bakyewaggula.

D. Obwesigwa Obumukwasibwa

Omukulembeze akkiriza obuyinza bw'alimu nti bwesigwa obumuweebwa Allah obuliko obuvunaanyizibwa obwamaanyi. Kulaane eragira omukulembeze okukola omu-limu gwe ku lwa Allah wamu n'okulaga ekisa abo abali wansi w'obukulembeze bwe:

Abo, bwe tuba tubawadde obuyinza mu nsi, basaala esswala nga bwe kyetaagisa ne ba-toola ne zzaka ne balagira okweyisa obulungi ne baziyya okukola ebikolwa ebibi. Era eri Katonda y'ezzibwa ensonga (z'ebitonde) zonna. 22:41)

﴿١٦﴾ الَّذِينَ إِنْ مَكَثُوهُمْ فِي الْأَرْضِ أَفَلَمْ يَأْمُرُوا أَصْلَهُو وَمَا نَرَأُ
الْأَزْكَرَةُ وَأَسْرُوا بِالْمَعْرُوفِ وَتَهْوَاهُنَّ الْمُنْكَرُ ...
(سورة الحج)

IV. Emisingi Egisookerwako Mu Bukulembeze Bw'Ekiyisiraamu

Waliwo emisingi esatu egifuga obukulembeze bw'ekiyisiraamu: *shuura*, obwenkanya, n'eddembe ly'endowooza.

A. *Shuura* (Okuwaanjana amagezi)

Shuura gwe musingi ogusooka mu bukulembeze bw'ekiyisiraamu. Kulaane ekirambika bulungi nti abakulembeze Abasiraamu kibakakatako okwebuuza kw'abo abalina okumanya oba abo abayinza okubawa ebirowoozo ebirungi:

Era abo abaayanukula Katonda waabwe kye yabayitira (okumwawula n'okumusinza) ne basaala esswala nga bwe kyetaagisa nga n'enso-nga zaabwe bazimala na kwebuzaganya, ate nga ne ku bye tuba tubagabidde bagabako. (42:38).

﴿٢٧﴾ وَالَّذِينَ أَسْجَابُوا لِرَبِّهِمْ وَقَامُوا أَصْلَهُهُ وَأَقْرَبُهُ
شُرُورِيَّتِهِمْ وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُنْفِشُونَ (سورة الشرقي)

Nnabbi yennyini Kulaane yamulagira okwebuuza ku basswahaba be:

Ku lw'okusaasira okuva eri Katonda, wa-beera mugonvu gyebali. Naye singa wali mukalubo (mukambwe), atalina kisa wadde okusaasira mu mutima, bandikudduse (ne bakwabulira). Kale basonyiwe obeegayiririre Katonda abasonyiwe, era obeebuuzengako mu nsong'a. Naye bw'oba omaliridde (okukola ekintu) weesige Katonda. Katonda ayagala abamwesiga. (3:159)

﴿٢٨﴾ فَمَارَحَمَهُمْ مِنَ اللَّهِ لِئَلَّمْ وَلَوْ كَنَّتْ قَطَا
عَلَيْهِ الْقَلْبُ لَا تَنْفَضُوا مِنْ حَوْلِكُمْ فَاغْفِرْ عَنْهُمْ
وَاسْتَغْفِرْ لَهُمْ وَشَاوِرْهُمْ فِي الْأَمْرِ
فَإِذَا عَرَمْتَ فَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ
إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَوَكِّلِينَ (سورة آل عمران)

Enkola ya *shuura* esobozesa bannakibiina ky'Obusiraamu okwenyigira mu kusalawo. Mu ngeri y'emu *shuura* eyamba okukugira enneyisa y'omukulembeze singa aba awabye okuva ku biruubirirwa by'ekibiina ebyawamu.

Kyeraga kyokka nti omukulembeze tekimukakatako okukola *shuura* ku buli nsonga. Ensonga ezaabolijjo zirina okukolebwako mu ngeri ya njawulo okuva ku nsonga ezikwata ku kuteekawo enkola egobererwa. Ebintu ebibalibwa ng'ebiyabulijjo n'ebitali byabulijjo birina okumanyibwa ne birambikibwa buli kibinja okusinziira ku bunene, ebyetaago, abakozi, awamu n'embeera eriwo mu kiseera ekkyo. Omukulembeze ateekeddwa okugondera era asse mu nkola okusalawo okuba kutuukidwwako mu mbeera eya *shuura*. Alina okwewala okukozesa n'okuzannyisa ebigambo okusobola okuyisaamu ebirowoozo bye oba obutakolera ku kusalawo okuba kutuukiddwako nga kuyita mu *shuura*.

Okutwalira awamu, bino wammanga biyamba okunnyonnyola weekoma:

- **Ekisooka:** Ensonga ezikwata ku nzirukanya y'emirimu n'ensonga z'okusalawo okusembayo birina kulekerwa mukulembeze.
- **Ekyokubiri:** Ensonga ezaamangu ezeetaagisa okusalirawo zirina kukolwako mukulembeze oluvannyuma ne zanjulwa eri ekibinja okuziyitaayitamu mu lukiiko oluddako oba okweyambisa essimu.
- **Ekyokusatu:** Bammemba b'ekibinja oba ababakiirira basaanye okuba nga basobola okwekenneanya n'okubuuza omukulembeze by'akola awatali kutya wadde ensonyi.
- **Ekyokuna:** Enkola erina okussibwawo n'ebigendererwa eby'ekiseera ekiwanvu ne birambikibwa, n'okusalawo ku bintu ebikulu ne kukolebwaa abakiise abalonde mu ngeri ey'okwebuuza. Bino tebirina kulekerwa mukulembeze yekka.

B. Obwenkanya

Omukulembeze alina okukwata abantu n'obwenkanya era mu ngeri ennungi nga tafudde ku wa gye basibuka, langi, ggwanga gye bava, oba enzikiriza zaabwe. Kulaane eragira Abasiraamu okuba abenkanya ne bwe kiba nga kikwata kw'abo bwe batakkiriziganya.

Katonda abalagira okuzzaayo ebitereso eri bannyni byo (ababa babibateresseza) era nti bwe mubanga mulamudde abantu mubalamulenga n'obwenkanya. By'ababuulirira birungi nnyo. Ddala Katonda awulira buli kimu, alaba byonna. (4:58)

Abange mmwe Abakkiriza! Mubeere abanyewe-vu ennyo ku lwa Katonda (okufuna empeera ze) nga muli abajulizi aboobwenkanya. Temukkiriza bukyayi n'obulabe abantu bye babalinako okubagga ku kwenkanya. (Mmwe) mubeere benkanya:

إِنَّ اللَّهَ يَأْمُرُكُمْ أَنْ تُؤْدُوا إِلَيْنَا مَا حَلَّ لَكُمْ وَإِذَا
حَكَمْتُمْ بَيْنَ النَّاسِ أَنْ تَحْكُمُوا بِالْعَدْلِ... (سورة النساء)

وَلَا يَجِدُونَ مَيْزَانًا فَوْقَ عَلَيْهِ أَلَا تَقْدِلُوا
أَعْدِلُوا هُوَ أَقْرَبُ لِلتَّقْوَىٰ ... (سورة النساء)

ekyo ky'ekisemberera okutya Katonda. Mutye Katonda. Katonda amanyi byonna bye mukola. (5:8).

Abange mmwe Abakkiriza! Muyimirire nnyo ku bwenkanya, nga muli abajulizi ku lwa Katonda, ne bwe muba nga mmwe mwewaako obujulizi oba nga mubuwa ku bakadde bammwe oba ku booluganda. (Gwe muwaako obujulizi) bw'abeera nga mugagga oba mwavu, Katonda (omugagga n'omwavu) y'asinga okubabeerako n'obuvunaanyizibwa. N'olw'ekyo temugoberera obwagazi (bw'emitima gyammwe), ne mulemwa okwenkanyankanya. Bwe mukyusa obujulizi bwammwe oba ne mugaana okubuwaayo, mazima Katonda Mukenkufu nnyo (ow'ebyo bye mukola). (4:135)

Okwongereza ku ky'okukolera ku musingi gw'obwenkanya ogwabonna, nga kwe kutambulizibwa ensonga z'Abasiraamu mu kitundu, Omukulembeze w'ekibiina ky'Obusiraamu ateekeeddwa okussaawo akakiiko akoomunda akalamula wamu n'okutunula mu nsong'a okusobola okumalawo obugulumbo n'okwemulugunya ebiba bibalussewo mu kibiina. Abatuula ku kakiiko ak'ekika kino balina okuva mu bantu abamanyi, abatyat Allah, era abagezi.

C. Eddembe ly'Endowooza

Omukulembeze w'Obusiraamu ateekeeddwa okuwa akakisa era n'okusaba okuwabulwa okuzimba. Bannakibiina balina okuba nga basobola okwogera kaati endaba zaabwe n'obutakkiriziganya era bye beebruza ne byanukulwa. *Bakhulafa al rashiduuna* kino baakitwaala ng'ensonga enkulu mu bukulembeze bwabwe. Omukyala omukadde bwe yakutula mu Umaru Ibin Khattwaab (RA) bye yali ayogera okumuwabula, bwe yali ayogera eri abantu mu muzikiti, yakkiririzaawo ensobi era ne yeebaza Allah (SWT) okubeerawo abantu abayinza okumugolola bw'aba akoze ensobi. Lumu Umaru yabuuza abawuliriza kiki kye baali bayinza okukola singa yali amenye eteeka ly'Obusiraamu. Omusajja bwe yamuddamu nti baali baakumugolola na bitala byabwe, Umaru (RA) yeebaza Allah (SWT) okuba nga waliwo abantu mu Ummah abaali bayinza okumugolola singa yali awabye.

Omukulembeze alina okufuba okuteekawo embeera y'okulowooza okutali kukugire, okuwaanyisiganya ebirowoozo okuzimba, okuwabulwa, wamu n'okuwaanjana amagezi olwo abagoberezi basobola okutebenkera obulungi nga bakubaganya ebirowoozo ku nsong'a enkulu mu kibiina.

Abasiraamu baweebwa amagezi okuwaayo ebirowoozo ebyesimbu buli lwe kiba kyetaagisizza. Tamiimu ibin Awusi yanyumya nti Nnabbi Muhammadi (SAW) yagamba nti:

بِيَمَا يَنْهَا أَنْذِنَ مَاءْمُوا كَوْنُوا فَوَرَمَنْ بِالْقَسْطِ
شَهَدَ لَهُ لِلَّهُ وَلَوْ عَلَى أَنْفُسِكُمْ أَوْ أَلْوَادِهِنْ وَالْأَقْرَبِينَ
إِنْ يَكُنْ غَنِيًّا أَوْ فَقِيرًا فَاللَّهُ أَوْلَى بِهِمَا ... (سورة النساء)

«الَّذِينَ التَّصْبِيْحَةُ، قُلْنَا لِمَنْ؟ قَالَ (اللَّهُ، وَلِرَسُولِهِ، وَلِكِتَابِهِ، وَلِأَئِمَّةِ الْمُسْلِمِينَ وَعَامَّتِهِمْ»

“Eddiini kuwa magezi mu bwesimbu.” Twamubuuza nti: ‘ku Iw’ani?’ yaddamu nti: “Ku Iwa Allah, Ekitabo Kye, Omubaka We, n’abakulembeze b’Abasiraamu, n’abantu baabulijjo.”¹

Mubufunze, obukulembeze Obusiraamu si bwa kisibiramubbwa wadde obutakwatajana. Omukulembeze Omusiraamu, ng’amaze okwesigamira ku misingi gy’Obusiraamu n’okwebuuza ku banne mu ngeri ebassaamu ekitiibwa era eterina kyekubiira, asalawo mu ngeri ennungi esoboka nga tagudde lubege. Avunaanyizibwa eri abagoberezi be naye era, mu ngeri enkulu eyenjawulo, eri Allah (SWT).

Enkola bw’eti ey’obukulembeze obwenyigirwamu buli omu y’esinga okubeera ennungi. Eyamba okuleetawo obumu mu bannakibiina era n’eyongera omutindo gw’empeereza yaabwe amaanyi.

V. Obukulembeze Mu Bikolwa

A. Obukulembeze Gyebukoma

Obukulembeze, mu ngeri gye bukozesebwamu, bwawukana wakati w’obwannaakyemalira n’obuteefirayo:

Nnaakyemalira

- bannakibiina b’ekinja abeesiga kitono
- akkiririza mu kuba nti ebantu ebikalu ebiweebwa abantu bye byokka ebibazzaamu amaanyi
- awa ebiragiro bikolebwwe butereevu nga tewali kubuzibwa kibuuzo kyonna.

Nnaakyemalira Omuntumulamu

- awuliliza abagoberezi n’obwegendereza
- alaga nga bw’atambulira ku kirowoozo ky’abasinga obungi
- bulijo okusalawo akukola yekka

Atambulira ku ky’abasinga obungi

- asalirawo wamu ne bammemba abalala
- bw’aba ng’asazeewo yekka banne abannyonnyola ensonga
- bannakibiina abategeeze ku kuwabulwa n’okutenderezebwa nga teyekubidde.

Ateefirayo

- teyeematira nnyo mu busobozi bw’okukulembera bw’alina
- ekibiina takiteekerawo biruubirirwa
- akendeeka nnyo empuliziganya n’enkolagana mu kibiina

Obukulembeze obutambuzibwa ku birowoozo by’abantu abasinga obungi bwe businga okukola obulungi wamu n’okuleeta ebibala. Bwe bwo era obutambulira ku nkola eya Shari’ah. Buvaamu ebirowoozo ebipyaa, enkyukakyuka ennungi, n’okuwlira obuvunaanyizibwa obwawamu.

¹ Sahih Muslim.

B. Enneeyisa y'omukulembeze

Waliwo enneeyisa ya mirundi etaano omukulembeze Omusiraamu z'alina okukulaakulanya:

1. Manya ebiseera byo gye bigenda. Fuga ebiseera nga buli katikitiki kawee-reza Busiraamu, okusinga okubireka byo okukufuga.
2. Essira liteeke ku bibala ebivaamu. Fa nnyo ku biva mu mulimu ogukolebwa okusinga omulimu gwennyini. Tunula waggulu okuva ku mulimu gw'okola, ate otunule wabweru ku biruubirirwa byo.
3. Zimbira ku *maanyi*, sso si bunafu. Kino tekikwata ku maanyi gago gokka naye n'agabasseruganda ne bannanjjanda. Kkiriza amaanyi go n'obunafu era beera omuntu asobola okukkiriza abalala kye balina ekisinga obulungi awatali kuwulira muli ng'ekifo kyo kigenda kutwalibwa.
4. Amaanyi gasse ku bintu bitonotono ebisinga obukulu singa okukola n'amaanyi n'obutakyusa kuba kujja kuleeta ebibala ebingi. Kino kikole ng'oyita mu kuteekawo n'okunywerera ku kukola ebintu ebisinga obukulu.
5. Obwesige bwo bwonna buteekte mu Allah oluubirire ekisingayo waggulu mu kifo ky'okukugira ebiruubirirwa byo ku bintu byokka ebyang ebitakuteeka mu katyabaga. Ebbanga ly'omala ng'okola ku lulwe, tobaako na kyonna ky'otya.

OYINZA OKUMBUULIRA?

Ani Atali mukulembeze?

Atali mukulembeze y'oyo ajja mu lukanjaaana nga teyeetegese n'agamba nti:

“Nange ndi omu kummwe; kati mumbuulire ekyokukola. Kyonna kye mukkiriziganyaako nja kugezaako okutambulira awamu nammwe!”

“Omulimu gw'omukulembeze kwe kwetegeka nga tannajja mu maaso ga banne n'okubategekera eby'okulondawo ebyenjawulo eby'okukubaganyaako ebirowoozo n'okusalawo. Waliwo sseruganda eyateranga okugamba nti: “Temuntegeerezangawo kyakwogerako ng'obudde bukyali. Nkuba bukubi kaama nga njenda okulinnya ku kituuti bwenti.” Okwo kuooga nabaki eri abawuliriza abalina amagezi!

Oludda Olusinga Obuwewufu Mu Bukulembeze

OLUDDA LW'OMUKULEMBEZE OLUSANYUSA!

Waliwo eyali agenze okulaba ku atwala abakozi mu kkolero erimu. Nnampala w'abakozi yajja ne yeemulugunya ku mu-kozi omu, akulira abakozi kwe kugamba nti: "Oli mutuufu!" Nnampala ng'agenze ate omukozi gwe beemulugunyaako yajja naye ne yeemulugunya ku nnampala. Akulira abakozi kwe kugamba nti: "Oli mutuufu!" Omugenyi yasoerwa n'abuuza nti: "Buli omu yeemulugunyizza ku munne buli omu ku bo n'omugamba nti mutuufu! Ekyo kijja kitya?" Akulira abakozi yamugamba nti: "Omanyi, naawe oli mutuufu!"

Entambuza y'emirimu bw'etyo terina gy'eyinza kukutwala! Kyonoona ekibiina. Ojja kuvumbulwa mu kiseera si kyewala abantu bakuggyemu obwesige.

OMUKULEMBEZE N'ABANTU

De Gaulle: "Abantu bwe baba tebanjagaala nja kuva mu ggwanga."

Nnaakyemalira: "Abantu bwe baba tebanjagala, baddembe okuva mu ggwanga."

AKASANDUUKO K'OBULULU AKATU-KUVU

Mu myaka gy'ataano mu kulonda okwali wakati wa Zahidi ne Musaddiqi mu ggwanga lya Iran munnamalungu omu yajja ku kasanduuko k'obululu n'atandika okukasinza. Abasirikale abakuuma akasanduuko baamubuuza nti: "Okola ki; kano kasanduuko busanduuko." Munnamalungu yaddamu nti: "Ooh, bambi! Akasa-nduuko kano temukamanyi bumanya. Katukuvu era kasaanidde okusinzibwa. Oteekamu Musaddiqi naye ko ne kafulumya Zahidi, *Subhana Allah!*"

C. Etteeka lya Petero

Etteeka lya Petero ligamba nti buli muntu ali mu kifo ky'obuvunaanyizibwa agenda ajjulukuka mu bifo nga bw'akula okutuuka ku ddaala w'abeera nga takyasobola kukola mirimu bulungi. Ekitegeezza nti, omuntu atandika akola bulungi emirimu gye, n'agenda ng'ajjulukuka mu bifo ebyenjawulo agenda akula okutuusa lw'atuuka mu kifo nga takyasobola kukola mirimu gy'ateekeddwa okukola. Buli omu, gye biggweera, alina okwolekera embeera bw'etyo.

Etteeka lya Petero liva ku mbeera eyitibwa omugugu gw'obwetaavu. Omuntu akola omulimu okukoma w'akoma awamu n'ekyo yeesanga nga tasobola kumalayo bwetaavu bwagwo. Obukugu, omulimu, n'okumanya ebyetaagisa okukola omulimu ogwo bisukka w'akoma.


Ekyokulabirako ekitera okukozebwaa eky'etteeka lya Petero mu kibiina ky'Obusiraamu ky'ekiseera pulezidenti w'ekibiina eky'ekyaloo asingayo obulungi bw'alondebwaa okukiikirira ekitundu bw'atyo n'agenda ng'alinnya mu madaala. Ku nkomerero akyayinza okumaliriza nga mumyuka wa pulezidenti era ng'awo wonna

akyakola bulungi. Naye bw'alondebwa ku kukulira ekibiina ku musingi ogw'eggwanga lyonna, ayinza okulemererwa. Ayinza okuba nga yandibadde akola bulungi n'okutuuka awo, naye ayinza obutaba na busobozi okusalawo nga yeetengeredde nga pulezidenti.

Awali okukubaganyaako Ebirowoozo

abantu abamu bagamba nti obunafu obusinga obunene mu kuteeka mu nkola Etteeka lya Petero, kwe kuba nga teriowooza nti omuntu asobola okweyongerako okukula. Abantu bangi abagenda bakula nga balinnya amadaala.

Wabula abalala bagamba nti obusobozi bw'okukula buba bwalowoozebwako dda. Omuntu alinnya okutuusa lw'aba nga takyasobola kweyongerako kukula.



Abantu abamu bagamba nti obunafu obusinga obunene mu kuteeka mu nkola Etteeka lya Petero, kwe kuba nga teriowooza nti omuntu asobola okweyongerako okukula. Abantu bangi abagenda bakula nga balinnya amadaala.

Wabula abalala bagamba nti obusobozi bw'okukula buba bwalowoozebwako dda. Omuntu alinnya okutuusa lw'aba nga takyasobola kweyongerako kukula.

Abantu abamu bagamba nti obunafu obusinga obunene mu kuteeka mu nkola Etteeka lya Petero, kwe kuba nga teriowooza nti omuntu asobola okweyongerako okukula. Abantu bangi abagenda bakula nga balinnya amadaala.

AWALI EKY'OKUKOLA

Obukulembeze bugoberera abagoberezi?

Abakulembeze bakulembera. Abagoberezi bagoberera. Oba bakikola?

Ebisera ebimu abakulembeze abamu ate bagoberera bagoberezi. Baabulira obuvunaanyizibwa obw'okukulembera, ebikolwa byabwe bwe bitandika okubeera ebiraga obulazi abagoberezi bye baagala ne bye bakola. Baba tebakyasobola kusalawo luuyi olw'okuddako, ate ng'abagoberezi baabwe mu butanwa batwala abakulembeze bye bakola okubeera okusalawo okw'abasinga obungi. Akaseera katono ddala, aba-goberezi bakizuula nti basobola okubaawo awatali bakulembeze ng'abo.

Obusiraamu busuubiza abakulembeze empeera n'ebibonerezo olw'ebikolwa by'abagoberezi baabwe.

John F. Kennedy yagamba nti: "Tetwagala kubeera nga omukulembeze w'Enkyuukakyuuka ya Bufalansa eyagamba nti: 'abantu bange baabo bagenda. Nteekeddwa okumanya gye bagenda nsobole okubakulembera."

Rex Allen Redifer, mu katabo Indiana Daily Student, ak'omwezi ogwokubiri nga mukaaga, 1958, yakuba ekifaananyi ekinyuvu, mu kitundu kino wammanga, eky'omukulembeze afaananako bw'atyo:

"Goberera omukulembeze – Akagero Akoomulembe Guno"

Abakumbi baali bayitawo ku luguudo olumu, mu bantu abaali babatunuulira ne mufubutukamu eddoboozi eryagamba nti:

"Mwegendereze basiru mnwe, gye mukumba mulaga wakymu. Eryo ekkubo teririna gye liraga, Eryo ekkubo likoma."

Abakumbi baayimiriram...nga bali mu kwewuunya... "Naye kino kisoboka kitya?" baallowooza, bonna ne batunula, nga balinga omuntu omu, mu maaso omukulembeze omuwanvu eyeeyagala alabika obulungi ng'abayitako agenda mu maaso.

"Ateekeddwa okuba nga gy'alaga we watuufu." Bwe batyo bwe baallowooza, "kubanga wamma laba nga bw'akumba obulungi! Era tunuulira nga bwe yeesimbye obwentoogo. Kituu fu ddala, ateekeedwa okuba ng'agenda watuufu!"

... olwo ne beeyongerayo nga bakumba.

Omukulembeze omugoogoofu yayimiriram... nga kimuyitiriddeko... "Naye kino kisoboka kitya? Bwe yallowooza, olwo n'abbi-rira eriiso n'atunulako emabega.

"Nteekeddwa okuba nga nyenda watuufu," bwe yallowooza, "ggwe ate laba abantu bameka abangoberera. Ddala kituu fu, nkakasa nti gyendaga we watuufu."

... bw'atyo ne yeeyongera okukumba.

Tuyigamu ki? Wadde nga tuyinza okulonda omukulembeze era ne tumugoberera, naye bulijo tuteekeddwa okutunuulira, okulo-wooza wamu n'okupimamu. Obuvunaanyizibwa bwaffe okukola ekituufu bugenderera okutuusiza ddala ku Lunaku lw'okulamula lwe tugenda okwesimba mu maaso ga Allah.

Okwegezaamu mu bukulembeze


Ebintu Okusinzirwa Okulaba Omukulembeze

Mu kumuteekawo nga Khalifah eyasooka, Abu Bakari (RA) mu khutuba ye, yalamika bw'ati enkola ye:

أَيُّهَا النَّاسُ: قَدْ وَلَيْثَ أَمْرَكُمْ وَلَسْتُ بِخَيْرٍ كُمْ وَإِنَّ أَقْوَامَكُمْ عِنْدِي الْمُضَعِّفُ حَتَّىٰ أَخْذَ بِهِ، وَإِنَّ أَضْعَافَكُمْ عِنْدِي الْقَوِيُّ حَتَّىٰ أَخْذَ مِنْهُ الْحَقَّ، أَيُّهَا النَّاسُ: إِنَّمَا أَنَا مُتَبَّعٌ وَلَسْتُ بِجَبَّادٍ، فَإِنْ أَحْسَنْتُ فَأُعْنَوْنِي وَإِنْ زَغْتُ فَقَوْمِيٌّ. وَحَاسِبُوا أَنفُسَكُمْ قَبْلَ أَنْ تَحَاسِبُوهُ، وَلَا يَدْعُ قَوْمُ الْجَهَادِ فِي سَبِيلِ اللَّهِ إِلَّا ضَرَبُوهُمُ اللَّهَ بِالذِّلَّ، وَلَا ظَهَرَتِ الْفَاحِشَةُ فِي قَوْمٍ إِلَّا عَمِّهُمُ اللَّهُ بِالبَلَاءِ. فَأَطْبِعُونِي مَا أَطْعَثُ اللَّهُ، فَإِذَا عَصَيْتُ اللَّهَ وَرَسُولَهُ فَلَا طَاعَةَ لِي عَلَيْكُمْ. وَلَوْدَدْتُ أَنَّهُ كَفَافِي هَذَا الْأَمْرِ أَحْدُوكُمْ، وَإِنْ أَنْتُمْ أَرْدَثُمِي عَلَىٰ مَا كَانَ اللَّهُ يَقِيمُ نِيَّةً مِنَ الْوَحْيِ مَا ذَلِكَ عِنْدِي، إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ فَرَاعُونِي...» (كتاب العمال، جزء ٣، صفحة ١٣٥-١٣٠)

Abange mmwe abantu! Ddala nze mpeereddwa obuvunaanyizibwa bw'oku-bakulembra naye nga si nze mbasinga obulungi. Nja kutwala abasinga obunafu nga waamaanyi okutuusa lwe nnaamufunira kyonna ky'avunaana. Ate abasingamu amaanyi nja kumutwala ng'omunafu okutuusa nga mmuggeyeko ebimubanjibwa. Abange abantu! Nze ndi mugoberezi (wa Nnabbi), siri muntu eyatandikawo. Bwe mba nnongoosezza munnyambe! Naye bwe mba mpuguse muntereeze. Era mwebale nga temunnaba kubalibwa. Abantu mu buli kibiina buli lwe balekayo okulwana mu kkubo lya Allah abakubako obunyoomoofu, ate buli bwonoonefu lwe bweyleka mu bantu, Allah ababutikiza amabalaayi (ebikemu n'okugezesebwa). N'olw'ekyo munjjondere ebbanga lye mmala nga njonderra Allah. Bwe mba njeemedde Allah ne Omubaka we, olwo temulina kujjonderra. Nnandyegombye nnyo singa waliwo omuntu kino eyandikinzigyeko. Bwe muba nga munjagaza bubaka obwo Allah bwe yawanga Nnabbi we, ekyo nze sikirina kubanga nze ndi muntu buntu, n'olw'ekyo mumbalirire... (*Kanzul Ummaali III* 130-135).

Singa obadde olondeddwa nga Khalifah olwareero, mu kwogera kwa Abu Bakari wandyongeddeko ki oba okukendeezaako? (Wegendereze bino: Okuddiramu ddala ebya Abu Bakari byennyini tekikkirizibwa kubanga ensi ekyuse nnyo okuva mu biseera ebyo! Beera ku mulamwa).



EBIBUUZO EBIYAMBA OKUKUBAGANYA EBIROWOOZO

1. Okulengera kw'omukulembeze ewala kugasa ki?
 2. Abagoberezi balina njawulo ki n'abakulembeze?
 3. Mpagi ki ezisinga obukulu essatu ezifuga entambuza y'obukulembeze mu Busiraamu.
 4. *Shuura* erina bukulu ki mu bukulembeze bw'Obusiraamu?
-

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

OLUKIJKO LWA BONNA OLW'EKIBIINA KYAMMWE EKY'OBUSIRAAMU LWA-KAKULONDA OKUBEERA PULEZIDENTI. OYISE MU BINGI OKUVA LWE WALONDEBWA NG'OMUKWANAGANYA W'OBUBAGA EMYAKA KKUMI EGIYISE. BINGI EBIKUSUUBIRWAMU. BANNAKIIINA BANGI ABASANYUFU OLW'EBISAANYIZO BY'OBUKULEMBEZE BY'OLINA, NAYE ABAMU SI BAMATIVU. GUNO GWE MULIMU GWO OGULABIKAKO OGUSOOSE OKULABWAKO MU KITUNDU KYO OGUSOOKEDDE DDALA WADDE NGA WAKOLAKO NG'OMUWANDIISI MU KITONGOLE KY'EBYENSIMBI OMWAKA OGUWEDDE.

1. *Wandiika wansi mu bufunze okwogera kwo okunaasooka nga pulezidenti. Teekamu n'ebigambo ebiyinza okukuyamba okusobola okuwangula emitima gy'abo abatakwekaka bulungi.*
2. *Wandiikira ab'akakiiko akafuzi obubaka ng'obannyonyola nga bw'onaakolamu emirimu gyo nga pulezidenti mu nkola y'Ekisiraamu.*
3. *Wandiika wansi obunyiriri obulaga entegeka yo gy'oteeseteese okugonjoola obutakkaanya singa buba bubaluseewo.*



Butya Bwe Tuyinza Okumanya Abasobola Okuba Abakulembeze

I. B'ani Abasobola Okuba Abakulembeze?

II. Twandinoonyezza bisaanyizo ki?

- A. Ebintu Ebimanyiddwa Okusinziira ku Kunoonyereza kwa Sayansi
- B. Ebintu Ebyakenenulwa Okuva mu Bakulu Abookuntikko bye Baayitamu
- C. Ebintu Ebyayogerwa Abagoberezi

III. Ani Alina Ebisaanyizo Bino?

- A. Okugezesha
- B. Ebiseera by'okugezesebwaa ku mulimu
- C. Ebizuuliddwa (ebizuulwa oluvannyuma)

IV. Ekipimo ky'obusobozi mu bukulembeze

EBIRUUBIRIRWA BY'OMUSOMO GUNO

W'onoomalirako essuula eno, ojja kuba ng'osobola:

- okumanya ebisaanyizo by'obukulembeze
- okumanya abantu abalina ebisaanyizo ebyo
- okugezesha wamu n'okupima abantu abenjawulo okulaba oba balina obusobozi okukulembira

I. Baani Abasobola Okuba Abakulembeze?

Okuba ekibiina ky'Abasiraamu bwe kyesigamizibwa ku musingi gw'endowooza y'Ekiyisiraamu, Omusiraamu gy'akoma okutya Allah ne yeewala ebibi n'akola ebirungi, gy'akoma okufuna ekitiibwa mu Basiraamu b'omu kitundu. Obugagga bw'omuntu, ekikula kye musajja oba mukazi, langi ye, oba eggwanga lye, tebiyamba mu kulinniyisa ekifo kye mu maaso ga Allah wamu ne mu Basiraamu abalungi. Kulaane egamba nti:

... Ddala oyo abasinga ekitiibwa eri
Katonda y'oyo abasinga okutya (Katonda)
... (49:13)

إِنَّ أَكْرَمَكُمْ عِنْدَ اللَّهِ أَنْتُمْ ... (سورة الحجّات)

Omusiraamu omutuufu, si ye oyo ava ku byensi naye oyo eyenyigira mu lutalo lw'okussaawo enkola y'Obusiraamu ey'ebyenfuna, embeera z'abantu n'ebyobufuzi. Abasajja n'abakazi baawukana mu busobozi bw'okukumaakuma abalala basobole okuba nga babakulembra okubatuusa ku kiuubirirwa ekyenjawulo. Kwali kukkiriza kino okwatuusa Omubaka Muhammadi (SAW) okusaba Allah nti abasajja nga Umaru abalunjamye beegatte ku Busiraamu. Okuba Umaru lwe yalina ebitendo ebyenjawulo ebitasangikasangika, Abasiraamu n'Obusiraamu byamuganyulwamu kinene.

Mu buli kibinja ky'abantu tusangamu abantu abalina ebitendo ebyenjawulo. Tuteekeddwa okuzuula abantu b'ebitone nga bano tubategeke okweyongerayo mu maaso. Bwe babeera Abasiraamu abalungi, tuteekeddwa okubawa omukisa baweereze ekitundu. Basaanye baawulwemu oba balondebwé ku bifo ebituufu ebitendo byabwe mwe biba bijja okufuuka ebyomugas.

Abantu abalina ebisaanyizo ebitasangika bayinza okugaana okuweereza mu bifo by'obuyinza n'obuvunaanyizibwa. Buba buvunaanyizibwa bwaffe okulaba nga tukulaakulanya ebitendo byabwe eby'obukulembeze ku lw'obulungi bw'Abasiraamu okutwalira awamu. Bwe tuzuula abantu abalina obusobozi okukulembra nga bali mw'abo abatadjumbira Busiraamu, tulina okugezaako mu ngeri ey'amagezi okukwtagana nabo oluvannyuma twogeraganye nabo mu ngeri ezimba. Singa tuzuula ebisaanyizo bino ebtali byabulijo mu batali Basiraamu tuteekeddwa okukozesa amakubo gonna agakkirizibwa okubategeeza ku Busiraamu. Nnabbi w'Obusiraamu yakirambika bulungi nti:

«النَّاسُ مَعَادٌ لِّخَيْرِهِمْ فِي الْجَاهِلِيَّةِ خَيْرُهُمْ فِي الْإِسْلَامِ، إِذَا فَقَهُوا»

Abantu bali ng'ebirombe [mu mbeera zaabwe]. Bwe batyo abaali babasinga obulungi mu jaahiliyyah [ebiseera by'obutamanya] era be bajja okubasinga obulungi mu Busiraamu; bwe baliba bategedde bulungi Obusiraamu.¹

¹ Sahih al Bukhaari, Sahih Muslim, Sunan al Daarimi, Musnad Ahmad ibn Hanbali.

II. Twandinoonyezza bisaanyizo ki?

Wadde nga tuyinza obutakkiriziganya ku ntuma y'ekigambo bukulembeze, naye tusobola okulaba nti abantu abamu balungi mu kusikiriza abalala ne babawuliriramu sso ng'abalala tebasobola. Ebintu ebiraga kiki ekyetaagisa omuntu okuba omukulembeze biyinza okwawulamu mu bibinja bino:

- a: ebyo ebyaggyibwayo okunoonyereza kwa sayansi,
- b: ebyo ebyaggyibwa mu bumanyirivu bw'abantu abali mu bifo ebyawaggulu,
- c: n'ebyo ebyogerwa abagoberezi

Mu mbeera eyaabulijjo, tusanga okukwatagana mu bintu bino ebisatu olw'okuba nga byonna bikwata ku bukulembeze.

A. Ebintu Ebyaggyibwayo Okunoonyereza Kwa Ssayansi

Ebintu bino bitera kusangibwa mw'ebyo ebifulumizibwa mu biba bizuuliddwa mu kunoonyereza okukolebwa ku bakulembeze abakoze obulungi, abaddukanya ebyobusuubuzi n'abatandikawo emirimu. (Wadde nga wansi wano ebyogerwa biraza ku basajja, naye ebintu by'ebimu bye bikwata ne ku bakyala).

1. **Obusobozi mu birowoozo:** Ne bw'atabeera kagezimunyyu.
2. **By'ayagala nga Bigazi N'obusobozi Obwenjawulo:** Si mukugu alengerera okumpi. Alina okutegeera okwabulijjo okugazi ate n'obusobozi bungi obwenjawulo. Afaayo nnyo era ng'ajjumbira omulimu ogwo ogumukwatako obutereevu, okwo kw'ossa ebirala ebingi ebikulu n'embeera z'ebyo ebimwetoolodde. Bw'atyo mutu alina ebitone ebyenjawulo era atunuulira ekifaananyi ekinene.
3. **Obukugu Mu Kuwliziganya N'abalala:** Ekimu ku bitiibwa bya Nnabbi w'Obusiraamu ky'ekya "Kafulu mu kwogera Oluwalabu." Okusinziira ku kitabo Cambridge History of American Literature: "Si byabufuzi bye yazannyanga wadde ebikolwa bye yakolanga bye byawa Lincoln ekifo eky'okumwanjo mu kibiina kye mu 1860, wabula engeri gye yayogerangamu ebintu. Mu buli nkyukakyuka, abasajja abasobola okugyogera obulungi beebo abagikulembera."
4. **Okukula mu Birowoozo:** Omukulembeze omulungi ye oyo aba tasigaddeemu byakito; endowooza ze n'enneyisa ye nga byebyo eby'omuntu omukulu owoobuvunaanyizibwa. Ng'omwoyo gwe teguliumu butali butebenkevu era nga y'awa obutebenkevu mu mwoyo eri abagoberezi be.
5. **Amaanyi G'okujjumbiza:** Ekisindika, amaanyi, okukola awatali kusindiikirizibwa, obuvumu, obusobozi obw'okwetandisa, wamu n'obutakyukakyuka, bino kuva dda nga bimanyiddwa ng'obubonero bw'omukulembeze owamaanyi. Omukulembeze omulungi ayagala nnyo okukola omulimu gw'okuteekateeka, okukumaakuma wamu n'okulagirira okulafuubana kw'abalala. Ayagala nnyo okutuuka ku kiuuibiriwa.
6. **Obukugu Mu Mbeera Z'abantu:** Obukulembeze kitegeeza kutuuka ku kigendererwa ng'oyise mu balala, ekikifuula okuba nga kyeyolefu nti omukulembeze omulungi ateekedwa okuba nga yeesigamidde nnyo ku bukugu mu mbeera

z'abantu. Ateekeddwa okuba ng'ebiruma abantu ne kye balowooza abitwala ng'ekikulu, ky'ekimu byogeddwaa oba tebyogeddwaa, era ateekeeddwaa okuba nga yessa mu bigere byabwe okusobola okubakuumaa nga bamuwuliriramu.

7. **Obusobozi Mu Nzirukanya Y'emirimo:** Okulengera ewala, okutandika, okuteekateeka, okuteekateeka emirimu, okulagirira, okumaliriza, okupima abantu bye bakola, okulonda abakozi, okusomesa, okuzzaamu abantu amaanyi, okuddamu okwetegereza, okwekkaanya, okulaba, okutereeza, okufunza, okusalawo, okulaba ng'ebintu bikolebwa: ebyo, n'okusingira ddala amagezi ag'ekikugu, bwe bukugu omukulembeze bwe yeesigamirako ddala.

B. Ebintu Ebickyibwa Mu Bantu Abali Mu Bifo Ebyawaggulu Bye Bazze Bayitamu

Bino wammanga byakuunjaanyizibwa okuva mu bantu abali mu bifo ebyawaggulu, abakulembeze, n'abaddukanya emirimo gy'ebyobusuubuzi bye bazze bayitamu:

- i) Ebisaanyizo: Omukulembeze asuubirwa okuba nga:

- | | |
|---|--|
| 1. Wampisa nnungi | 14. Nga mukyamufu |
| 2. Afumiitiriza | 15. Waamaanyi |
| 3. Afaayo ku nzirukanya y'emirimu | 16. Afaayo ajjumbira okutendeka abalala |
| 4. Mwenkanya eri buli gwe kikwatako | 17. Mulambulukufu (mu kwogera ne mu kuwandiika) |
| 5. Alina ebiruubirirwa eby'ekintabuli | 18. Agendera ku nsong |
| 6. Ebirowoozo abissa ku biragiro | 19. Afaayo okulowooza, mwetee-futeefu |
| 7. Mukulu mu birowoozo | 20. Waabuvunaanyizibwa |
| 8. Assa ebirowoozo ku kuteekateeka | 21. Ajjumbira okulongoosa (assa mu nkola <i>ihsaan</i>) |
| 9. Yessaamu ekitiibwa n'akissa ne mu balala | 22. Awagira mu bikozesebw |
| 10. Afaayo nnyo okusoma | 23. Atandika, mukozi nnyo |
| 11. Asalawo | 24. Awagira buli eyeetaagisa |
| 12. Ebintu bye biteeketekee | 25. Alimu akoobuntu |
| 13. Yeesigika | |

- ii) Okumanya: Omukulembeze alina okuba ng'amanyi bino:

1. Ebiruubirirwa, amateeka n'enkola eby'ekibiina.
2. Enzirukanya y'ekibiina n'engeri gye kitambulamu
3. Emirimu n'obuvunaanyizibwa
4. Enkola y'ekibiina, enzirukanya y'emirimu wamu n'amakubo agagobererwa
5. Ebyenfuna ebisookerwako
6. Amateeka g'entambuza y'emirimo agali ku musingi gwa ssayansi
7. Ebikolebwa, amakubo omuyitwa okubikola, n'obutale bw'ekibiina.
8. Okutegeka, okugera ebiseera, n'okugabanya emirimu mu biseera
9. Emiwendo gy'ebikozesebw n'okubirabirira

10. Omulimu, ekyettunzi, obukugu, wamu n'obutendeke obwenjawulo
11. Okukuma omutindo okwetaagisa wamu n'okugukuma obutakka
12. Okubala okusookerwako, olulimi n'amagezi agassayansi
13. Amateeka ageetaagisa
14. Omutindo gw'obukugu (mw'ekyo ky'akola)
15. Amaanyi g'alina n'aweetaagisa okutumbula
16. Ebitone ne sayansi w'okulowooza okugenda mu maaso
17. Amateeka agakwata ku nkologana y'abantu n'enkozesza yaago
18. Ennonda n'engeri y'okuteeka abantu mu bifo, amakubo, n'enkola
19. Amateeka ag'okutendeka, amakubo wamu n'enkola
20. Enkola z'okusasulamu emisaala mu kibiina
21. Okulabirira ebyuma wamu n'ebikozesebwa
22. Emirimu gy'abakozi abali mu bitongole ebiwi by'amagezi n'eb'yekikugu
23. Ebyempuliziganya
24. Okukuma obulamu bw'abakozi ku mulimu, awaka, ne mu biseera ebyeddembe
25. Abantu, ebyuma, ebikozesebwa, n'enkola y'emirimu
26. Engeri y'okufunamu ebifulumizibwa ebirungi, omutindo omulungi, n'omuwendendo ogawansi

iii) Obukugu: Omukulembeze alina okuba n'obukugu mu bintu bino:

1. Endowooza ezimba
2. Okutegeka, okukumaakuma, okussa mu nkola, n'okugoberera ebikolebwa
3. Okusomesa, okutendeka, n'okubangula
4. Okugabanya emirimu
5. Okuwaayo ebikozesebwa, ebyuma n'ebigabibwa.
6. Okulonda n'okussa abantu mu bifo byabwe
7. Okukuma abantu nga bamanyi ebigenda mu maaso
8. Okukuma omutindo
9. Okukendeeza oba okumalirawo ddala okwonoona
10. Okukuma emiwendo
11. Ebyetaagisa okukuma n'okulabirira omutindo
12. Okussa mu nkola ebisaliddwawo, endagaano, n'amakubo
13. Okulondoola enneeyisa y'abakozi n'okubalabirira
14. Okukwatagana n'abalala
15. Okukuma ebiwandiiko ebituufu
16. Okukwasisa amateeka n'ebiragiyo
17. Enkwata y'ebizibu by'abakozi
18. Okutereeza embeera embi ekolerwamu
19. Engeri y'okukwatamu ebigwa bitalaze
20. Enkwata ennungi ey'ekifo
21. Okusoma olw'okwetyongera okwetereeza
22. Okuwa n'okufuna ensasula ennungi ey'emirimu egikolebwa olunaku
23. Okubeera ng'amanyi ebigenda mu maaso n'okusigala mu kifaananyi

24. Okuwa ekyokulabirako ekirungi
25. Okukulembera olw'okufulumya ebintu mu bungi, omutindo omulungi, ate ku miwendo egyawansi.

C. Ebintu Ebyogerwa Abakulemberwa

Bino wammanga byoyerwa bantu abakulemberwa ku bakulembeze baabwe mu mbeera ezenjawulo:

- | | |
|---------------------|---------------------|
| 1. Okuba abalowooza | 7. Obuvumu |
| 2. Obuteekubiira | 8. Okulaga ekkubo |
| 3. Obwesimbu | 9. Okusalawo |
| 4. Obumanyirivu | 10. Ekitiibwa |
| 5. Okumanya abantu | 11. Okwagala abantu |
| 6. Okulondoola | 12. Okuyamba |

Ku lukalala luno tuyinza okugattako ebintu ebyo ebiyinza okuba nga bituukana n'embeera eyenjawulo, okugeza obuyigirize obwenjawulo n'enkula y'omuntu.

III. Ani Oyo Alina Ebisaanyizo Bino?

Okuzuula oyo alina oba atalina byetaagisa okubeera omukulembeze, tuba tulina okupima abagenda okubeera abakulembeze mu ngeri emu oba endala. Gano wammanga ge gamu ku makubo agayinza okukozeeseewa:

A. Okugezesza

Okugezesza ne bwe kuba nga kusinziira ku muntu oba ku bintu kuyinza okuyamba okupima:

- a. Ebitera okuzuuka (si ebiriwo ddala)
- b. Obusobozi obuyinza okubaawo (si obuliwo ddala)
- c. Obutasobola obuyinza okubaawo (nga busoboka okutuusa nga waliwo ekyeyoleseewo) mu ngeri enkulu ssatu:
 - i. Okusobola mu kukola omulimu (ekitone, okumanya, obukugu, n'obusobozi)
 - ii. Okwagala okukola (okwegomba, ekimusika, n'okutwala omukisa)
 - iii. Obusobozi okugenda mu maaso ng'akola (yekka n'abalala)

B. Okuweebwayo Akaseera Okulaga Obusobozi

Kisoboka okussa buli muntu ayagala ekifo ky'obukulembeze mu mbeera ejjudde okusoomooza okungi okw'engeri ezenjawulo enteeketeke obulungi mu kifo ky'obukulembeze okumala ekiseera ekigere, nga mu kiseera ekyo alondoolwa abalamuzi

abalina ebisaanyizo, ababa bajja okukola okwetegereza n'okuwa lipoota ekwata ku ngeri gy'abadde akolamu.

C. Okutunuulira Omuntu

Ku kumanya kwonna kwe twetaaga okufuna ku oyo ayinza okubeera omukulembeze nga tukozesa okugezesza oba okumwekebejjeza akaseera, amakubo ge tukozesa n'enkola bisobola okutuwa okumanya okumala. Naye era mu ngeri y'emu gaba gajja kulekayo amawulire amakulu mangi. Okujuuliriza okugezesza n'okwetegereza akaseera ng'omuntu akola, tulina okumutunuulira mu mbeera ez'obulamu ezaabulijjo.

JJUKIRA

- Omuntu oyo alina ekyo ekyetaagisa okuba omukulembeze oyo atakka wansi wadde okusukka omutindo ogwo gw'oba otaddewo ku bukulembeze mu kibiina kyo.
- Omuntu oyo alina ekyetaagisa okuba omukulembeze ng'ataggyibwamu olw'okubulwa ekisaanyizo ekinene ekibikka ebisaanyizo by'ebirungi.
- Omuntu oyo alina ekyetaagisa okuba omukulembeze oyo asobola okuyita mu mbeera ez'okuyiga okunnyikivu okutegekebwa mu kiseera ekitono.
- Omuntu oyo alina ekyetaagisa okuba omukulembeze oyo aleeta ekigambo "ye" eky'omwanguka awatali kumala kwetegeka singa ekibuuzo kiba kizze nti: "Tunaaba bulungi singa tunaaba tuli mu mikono gye?"

IV. Ekipimo Ky'obusobozi Mu Bukulembeze

Okusobola okupima ayinza okubeera omukulembeze, tuyinza okujuza olupapula oluliko ebibuuuzo bino wammanga okusobola okupima obusobozi bwe mu kukulembera. Olupapula lw'ebibuuuzo olwo luyinza okujuzibwa omuntu omu oba abantu abawerako abalina obumanyirivu abamanyi obulungi omuntu oyo, era n'obubonero buyinza okugattibwa okusobola okutuwa ebivuddemu ebitaliimu kyekubiira.

BY'OBIA OKOLA:

Addamu: Saza mu bbanga eriweereddwa ku buli mulamwa.

Apima: Gatta obubonero obulagiddwa ku buli nsonga esaziddwako. Funa omugatte ogwo ogufuniddwa ku buli nsonga singa olina abaddamu abawera. Oluvannyuma gatta obubonero bwonna obufuniddwa okuva ku buli nsonga okusobola okufuna omugatte gwa buli muntu kinnoomu eyeenyigide mu kubuuzibwa.

EBIBUUZO (okuli n'okunnyonnyola)

1. Okusooka mu kintu: Abantu abamu balina ebitone ebyenjawulo eby'okukulembera. Baba batunuuliddwa bannaabwe, ne bassibwa mu bifo eby'ebitiibwa, era nga basuubirwa okukulembera mu buli kintu kipyä ekitandikibwawo. Ku ludda olulala,

eriyo abantu bo nga bamativu mu kuba abagoberezi, abatasabibwa kuba nga bakulembera ekintu kyonna. Mu makkati mugwamu abantu abalina obusobozi obusijnjana. Ng'osinziira ku ky'olabyeko mu ngeri gy'akolamu ebintu, butya bw'opima omuntu ono ng'omugeraageranyizza ne banne?

- | | | |
|---------------|-------|---|
| (Obubonero 5) | _____ | Ali waggulu nnyo ng'omukulembeze |
| (Obubonero 4) | _____ | Mukulembeze ebiseera ebisinga |
| (Obubonero 3) | _____ | Waamumakkati |
| (Obubonero 2) | _____ | Yeeubiira ku kugoberera okusinga okukulembera |
| (Obubonero 1) | _____ | Ali wala mu ky'okugoberera |

2. **Atandikawo:** Abantu abamu beetegeerera era nga bayiiya mu ndowooza zaabwe. "Balina ebirowoozo ebyabwe ku bwabwe". Beekeenneya ne bataputa, ne bazuula, ne bawandiika olwo ne bawa amagezi ku ngeri gye bayinza okukolamu ebintu. Abalala tebeetandikirawo mu ngeri eno, naye baba baagala okumanya ebintu nga bwe bikolebwa abalala nga bo tebanneetandikirawo kintu kyonna. Okupima omuntu kulina kusinziira ku ky'akolera ddala.

- | | | |
|---------------|-------|---|
| (Obubonero 5) | _____ | Bulijjo yeetegeerera mu ndowooza |
| (Obubonero 4) | _____ | Okuyiiya kwawaggulu okusinga okw'omuntu owaabulijjo mu ngeri eyenjawulo |
| (Obubonero 3) | _____ | Yeemalirira ng'abantu abasinga |
| (Obubonero 2) | _____ | Asinga kwesigamira ku ndowooza z'abalala |
| (Obubonero 1) | _____ | Talaga kwekubiira ku kya kwerowooleza |

3. **Asikiriza:** Abantu abamu okutwalira awamu basanyusa eri bannaabwe. Abalala, ebyembi, tebalina kyamaanyi kye baleka ku bantu be baba basisinkanye. Omuntu Owenjawulo akkirizika abalala ye oyo ayanirizibwa mu mbeera zonna, gwe bayita era alina abamanye abawera. Abantu bannaabwe be bataagala tebabettanira era ebiseera bingi tebabafaako bwe baba nga tebabewaze mu bugenderevu. Omuntu gw'opima mugeraageranyize ku ndowooza ye n'endowooza abantu gye bamulinako:

- | | | |
|---------------|-------|---|
| (Obubonero 5) | _____ | Omu ku bantu abasinga okwagalwa mu kitundu |
| (Obubonero 4) | _____ | Ayagalwa ekimala |
| (Obubonero 3) | _____ | Enjagala eyaabulijjo, ayanirizibwa, naye si wanjawulo nnyo. |
| (Obubonero 2) | _____ | Si waamukisa nnyo okufananako n'abalala mu nnyimirira ye mu bantu b'omukitundu. |
| (Obubonero 1) | _____ | Abantu abasinga tebamumatira. |

4. **Okuwuliziganya:** Abantu abamu basobola okwogera mu ngeri esobola okukwata abantu omubabiro era basobola n'okutuusa obubaka mu ngeri etegeerekekeera era ennyanjulukufu. Ate ku ludda olulala waliwo abantu ng'okwogera kwabwe kuli wansi, tebasalawo era nga si boogezi balungi. Wakati awo waliwo abantu abalina obusobozi obugenda bwawukana. Omuntu gw'ogezaako okupima mupimire ku balala. Abantu bamutegeera mangu era baba beetegeefu okumutegeera? Abantu bamuwuliriza

nga tebeekakaba bwekekabera mu ssanyu? Oba ali kyennyume ky'ekyo? Gezaako okujukira ebifaananayi ebituufu:

- (Obubonero 5) _____ Mwogezi mulungi nnyo
- (Obubonero 4) _____ Ali wagguluko n'obusobozi bw'omuntu waabulijjo mu kutuusa obubaka eri abantu.
- (Obubonero 3) _____ Akikola ng'abantu abalala abawera
- (Obubonero 2) _____ Si mwogezi mulungi
- (Obubonero 1) _____ Si mwogezi mulungi n'akatono

5. Yeesigika/Mwesigwa: Abantu abamu bafuna obwesige bungi mu balala. Batwalibwa nga beesigwa mu buli mbeera, era abantu okutwalira awamu babassamu nnyo ekitiibwa olw'obwesimbu bwabwe. Ku ludda olulala waliwo omuntu ataliimu kanigguusa n'akatono amanyiddwa ng'ateesigika era ng'ekigambo kye tekitwalibwa. Omuntu ono mugeraageranye nga bw'omumanyi era nga bw'amanyiddwa mu ndaba y'abalala, era olage w'ayimiridde, mu bwesigwa ng'omugeraageranyizza n'abalala.

- (Obubonero 5) _____ Ali mu basinga okuweebwa ekitiibwa n'okwesigika.
- (Obubonero 4) _____ Amanyiddwa ng'eyeesigika
- (Obubonero 3) _____ Yeesigika ng'abantu abalala
- (Obubonero 2) _____ Emirundi mingi asangibwa nga yeesigika
- (Obubonero 1) _____ Tamanyiddwa mu bantu abeesigika

EKIPANDE EKIRAGA OBUBONERO

	Ekintu 1	Ekintu 2	Ekintu 3	Ekintu 4	Ekintu 5	
Okuddamu						
Okuddamu						
Okuddamu						
Okuddamu						
Okuddamu						
Ekyowakati eky'ekintu						
Omugatte						

OLUKALALA OLUKEBERWAKO: OKWAWULA OMUWANGUZI KU ATALI MUWANGUZI

OMUWANGUZI	ATALI MUWANGUZI
<ul style="list-style-type: none"> - yeekakasaako - ekizibu akikolako - bawanguzi banne abawa ekitiibwa n'agezaako okubayigirako. - amanyi ekyetaagisa okulwanirira n'eky'okutegeeraganako. - awulira ng'alina obuvunaanyizibwa okusukka ku mulimu gwe. - tatya nnyo kuwangulwa ng'atali muwanguzi bw'aba. - agamba nti: "ndi mulungi naye siri mulungi nga bwe nnandibadde." - waakiri abeera nga yeegombwa okusinga okuba omuganzi wadde nga byombi yandibyagadde. - bw'akola ensobi agamba nti: "Nnakoze ensobi." - alaga okwetonda ng'ayita mu kuttereeza ensobi. - akola namaanyi okusinga atali muwanguzi, naye ate n'aba n'obudde bungi okumusinga. - ayanguya by'akola. - awulira amaanyi agamusobozesa okubeera omukwatampola. - annyonnyola. - awuliriza. - agamba nti: "walina okubeerawo engeri esingako ey'okukikolamu." - agamba nti: "Ka tunoonye." 	<ul style="list-style-type: none"> -asuubiza -yeetooloola bwetooloozi naye ekizibu takyanjanga. -abawanguzi abatamwa era atera okugezaako okuzuula ebituli mu ngabo zaabwe. -ategeeragana ku kyatandisanidde ate n'alwanirira ekitaliimu. -agamba nti: "nkola wano wokka". -muli awulira nga tya okuwangula. -agamba nti: "Siri mubi ng'abantu abalala abangi." -waakiri abe omuganzi okusinga okuba nga yeegombesa era abeera mwetegefu okunyoomebwamu akatono asobole okuganja. -bw'akola ensobi, agamba nti: "Teyabadde nsobi yange." -agamba nti: "Musonyiwe" naye ate n'akola ekintu ky'ekimu omulundi omulala. -akola kitono okusinga omuwanguzi, ate n'aba ng'alina obudde butono okumusinga. -aba ne supiidi bbiri: ey'amameeme n'ey'akasoono. -tabangako mukwatampola — ebiseera ebimu abeera munafu oba kanywamusayi. -tannyonnyola. -alinda bulinzi kaseera ke okwogera. -agamba nti: "Eyo y'engeri gye kikolebwamu wano bulijjo." -agamba nti: "Tewali muntu amanyi."

OKWEGEZAAMU

Ebintu abakulembeze bye bakola

Nnyonyoka mubigambo bitono
ky'otegeera okuva mu njombo
z'abakulembeze zino ebbiri:

ABAVA KU KINTU TEBALIBA
BAWANGUZI; ABAWANGUZI
TEBALIVA KU KINTU

GOBERERA, KULEMBERA OBA
VVA MU KKUBO!

Oyinza
okukwanaganya
embeeera yonna
gye wayitamu ku
buli emu ku
njombo zino
ebbiri?

By'ozudde
bigabane ne banne
bwe muli mu
kibinja mu
musomo

OKWEGEZAAMU OKW'OKWEKUBAMU TTOOCI



Oluvannyuma lw'okunnyikira byonna ebibadde mu ssuula eno, olowooza nti oyinza okufunayo omukulembeze atuukiriza Ebisaanyizo BYONNA ebyogeddwako wano? Ekyokuddamu bwe kiba nti nedda, ekyo kitegeeza ki gyoli?

Butya ate ku:




- kibinja oba bukulembeze obwawamu?
- okwebunza okwa buli kiseera okulungi?
- buli omu okujuuliriza ebya munne?
- omwoyo gw'okukola nga ttiimu?
- ebirowoozo ebirala?

Mukubaganye ebirowoozo ku birowoozo bino mu musomo.

Kulemberamu,






Goberera,



Oba
Vva mu kkubo!

الْمَعْوَقُونَ

Abalemesa



EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Okugezesza omuntu mu mulimo kuyinza kukozesebwa kutya okuzuula obuso-bozi mu bukulembeze?
2. Lwaki okuwuliziganya kisaanyizo kikulu nnyo mu bukulembeze?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NGA SSENTEBE W'AKAKIIKO AKASUNSLA MU BYOKULONDA WAMU N'OKUWA EMIRIMU WOOFIISI EZENJAWULO MU KIBINA KYO EKY'OBUSIRAAAMU, OLI MU KUTEEKATEEKA OLUKALALA LW'ABO ABANAJJUZA EBIFO. ABEESIMBYEWO BANO BAJJA KUVA MU BAMMEMBA BONNA, NAYE OYAGALA KUTABULAMU ABAKADDE ABAMANYIDDWA OBULUNGI N'ABAPYA. EBIFO EBU MU BYA KUBEERAMU EKISEERA KIWANVU N'OLW'EJKYO WALINA OKUBAAWO OKWEGENDEREZA.

1. *Wandiika wansi ebisaanyizo bitaan-no by'olaba nga bikulu nnyo kw'abo abagenda okuweebwa emirimu egypt'ebbanga eddene.*
2. *Kola ekipande okusobola okugeraageranya ebisaanyizo eby'abo abayinza okutwala ebifo.*
3. *Wandiika ebbaluwa eri oyo alondedwa okufuna omulimu ng'onnyonnyola ensonga emulondesezza.*



Ebikulu mu Kumalawo Obuzibu

-
- I. Okulaba Obuzibu
 - A. Okunnyonnyola obuzibu
 - B. Okutemaatema obuzibu
 - II. Engeri ezenjawulo ez'okugonjoolamu obuzibu
 - III. Okugonjoola obuzibu okw'okulondawo
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onomonalirako essuula eno ojja kuba osobola bino:

- okunnyonnyola obuzibu obuliwo n'okulaba ebizibu we biyinza okuva
- okwenkenneanya obuzibu
- okukozesa amakubo agenjawulo okufuna enziguawo yaabyo ekkirizibwa.
- okukendeeza ku bizibu by'omumaaso ng'okozesa okuziyiza okwenkenneanya.

I. Okulaba Obuzibu

A. Okunnyonnyola obuzibu

Bulijjo ensonga evaako obuzibu eba nkyukaakyuka ebalukawo ng'eyita mu bintu ebyeyawulidde, ebizibu ebibileeta, oba embeera egenderera okussaawo ekintu ekipya ekiteetaagibwa. Okunnyonnyola obuzibu tuteekwa okusooka okubuuza – kikolwa ki ekyenjawulo oba mpisa ki eyawukanye ku byabulijjo? Kikolwa ki oba mpisa ki eyo eyonoona embeera emanyiddwa? Embeera eno emanyiddwa eyonooneddwa mu ngeri

ki? Ebinaava mu kikolwa kino oba empisa eno tebikkirizibwa? Kiteekeddwa okukyusibwa? Kiki kye twagala kive mu kunoonya ebimalawo obuzibu obuguddewo?

Kitukakatako okusooka okutegeera obuzibu nga tetunnagezaako kubumalawo. Ekkubo ery'okulaba obuzibu libaamu okubunnyonnyola n'okubutemaatemamu nga tusinziira ku bumanyirivu obwetaagisa. Okumanya obumanya nti obuzibu weebuli ddala kintu kikulu nnyo mu kkubo ly'okumalawo obuzibu.

Okutegeka n'okunnyonnyola obuzibu tuyinza okukozesa amakubo agatandiki-rwako omuva amawulire, okugeza:

1. Ebyafaayo, omuli amawulire agakwata ku byayita, ebyavaamu, obuzibu obwaliwo n'engeri gye bwaggyibwawo. Ebintu ebiri mu mbeera etera okweddingjana, ebi-kwata ku ngeri ebintu gye biko-lebwamu mu lunaku, mu mwezi, mu mwaka oba okusingawo ng'ensonga bw'eba eri.
2. Ebikwata ku kuteekateeka ebi-geraageranya ebituukiddwako n'ebigendererwa ebyali biruubi-rirwa okufunibwa.
3. Okuwakanyizibwa okuva mu bantu abeebweru ab'ebibinja ebi-kwatiwbako nga mw'otwalidde abakulembeze abalone, abako-zi abaweebwa emirimu emitongole, abantu abali ku bukiiko n'abantu bona abalimu.
4. Okwegeraageranya n'abalala abali mu buzibu bwe bumu si-nnga okuwakanyizibwa ng'okwo tekuba kulungi. Okugeraageranya kuteekwa okubeera okw'amangu oba nga kwategekeddwa n'obwegendereza okusobola oku-vaamu ebirabika.

Kyamugaso okulaba ng'obuzibu bunnyonnyolwa bulungi we butegeerekeka. Ekitali ekyo, ebitegekeddwa okubumalawo biyinza obutaleetawo bibala bisuubirwa. Bw'ogoberera enkola entegeke obulungi okunnyonnyola obuzibu ojja kwewuunya okulaba ebizibu bimeka ebiggwaawo ng'obinnyonnyodde bulungi, na bizibu bimeka ebipyga ebizuuka sso ng'ate bibadde tebitwalibwa nga bizibu.

Awali Ekyokukola

OKUSUNSULA N'OKUTEMAATEMA ENSONGA

Kumakya omukuumi yagambye bw'ati Kabaka: "Nnaloose ogenda kuttibwa mu ttuntu." Kabaka yakola buli kisoboka n'ataasa obulamu bwe. Olweggulo Kabaka yagambye omukuumi nti ajja kumuwa ekirabo ate era amubonereze.

Lwaki?

Ekirabo, lwakuwonya bulamu bwe. Ekibonerezo lwakuba nga teyalina kwebaka mu budde bw'ekiro mw'alina okuba ng'akuuma n'atuuka n'okuloota. Ekyokuyiga mu kagero kano, kwe kulaba, okwawula n'okukola ku nsonga nga zaawuddwa. Ennaku zino, essira tulissa ku bintu ebinene ate obuntu obutono ne tubusuula muguluka. Tuteekwa okufaayo ku byombi.

Tulina okukolera ku musingi gwa kintu-kintu. Ekikolwa ekirungi kisasule ate obonereze ekikolwa ekibi wabula nnyonnyola ekikolwa kyo mu butuufu. Totabulatabula nsonga oba tokozesa bubi tteeka lya "ebintu eby'omumakkati". Kino kijja kuba ng'okussa omukono gwo ogwaddyo mu lweje lw'amazzi ate ogwakkono n'ogussa mu mazzi agakutte omuzira ate bw'omala n'ogamba nti ebbugumu lya byombi ddungi (liri wakati).

B. Okussa Obuzibu mu Ssa Lyabwo

Obuzibu busobola okutemwatemwa nga tusinziira ku bunene bwabwo. Nga tumaze okumanya obunene bwa buli buzibu, olwo tusobola okwemalira ku buzibu bwe tulaba nti bwe businga okuba obw'omutawaana eri obuwanguzi bw'oyo eyewaddeyo. Obuzibu obulina obubenje obutafaanana tuyinza okububuusa amaaso singa eby'okukozesa oba emikisa gy'okubumalawo tebibeerawo.

II. Engeri ezenjawulo eziyinza okugonjoola obuzibu

Okulaba ebiyinza okumalawo obuzibu obwenjawulo ly'eddaala eriddako mu kumalawo obuzibu. Kino kisobola okumalirizibwa nga tuyita ku limu ku makubo amangi. Tusobola okukikwata mu mbeera eya buli lunaku singa wabaawo amakubo agalambikiddwa agagobererwa, oba omulondoozi alina obumanyi okutubuulira ekyokukola. Tusobola n'okukozesa eekubo erya ssayansi, ekkubo ery'okukozesa emiwendo, ekkubo ery'okusalawo, oba ekkubo ery'okuyiiya. Embeera ezisinga obungi mu bitongole by'Obusiraamu zeetaaga kukozesa kkubo ery'okweiyiiza mu kkubo ly'okumalawo ebizibu.

Okuyiiya kusobola kuyambira ensonga oba okwetaaga ebirowoozo bwe kuba kusobola okumanyika era ne kuyambibwako ebirowoozo ebituufu eri eddembe ly'okuleeta ebirowoozo. Ebirowoozo ebikkiriza okuyiiya biva mu kumanya okugazi n'obumanyirivu ebyesigamizibwa ku muntu by'alaba, okukubaganya ebirowoozo n'abantu abamanyi, n'okukozesa Kulaane n'ebayaayo bya Omubaka (SAW) okuzimbirwa ku kumanya. Ebirowoozo bingi biteekwa okufunibwa, wabula tewateekwa kubaako n'ekimu mu byo kyekenneenzebwu okutuusa ng'okunoonya ebirowoozo kukomye. Wano, bwe tutyo tuteekwa okukkiriza ebirowoozo bye tuwulira muli okukolera ku bintu n'obumanyirivu obungi bye bulina nga bimaze okulekera awo okukola ku kizibu.

Okusinziira ku mbeera ezenjawulo, ekirowoozo ekimu oba okusingawo bijja kutandika okuja n'amagezi, ne bireeta kungulu engeri obuzibu obwo gye bunaagmjoolwamu. Eddala lino liyinza okwanguyira obwongo obwetegefu era nga bwaniriza ebirowoozo okusinga obwo obutali bwetegefu.

III. Okugonjoola Obuzibu okwesigamizibwa ku kulondawo

Okugonjoola Obuzibu okwesigamizibwa ku kulondawo kuba mu kkubo eryegenderezedwa ery'okussa ebintu mu masa amakubo gonna agasobola okugonjoola ebizibu okusinziira ku ngeri gye gakkirizika bw'obalirira emiziziko egiriwo. Tewali kimalawo buzibu kituukiridde nga kisobola okuggyawo ebyonoonee byonna ebiba bivudde ku kwawukana ku kintu ekyabulijjo ekivaako ebizibu. Tuteekwa okutunuulira ebyo:

- a. ebikugira okwonooneka
- b. ebitaleetawo kuva ku mulamwa okuyinza okwonoona ebitundu ku by'okukola ebiba bitegekeddwa;

- c. ebisoboka okukolebwa ng'otunuulidde emiziziko egiriwo oba ebikozesebw
ebisoboka okufunibwa.

Buli kimu ku bino waggulu kisobola okuyamba okugonjoola obuzibu. Buli kimu kiyinza okutuwa ekkubo okutuuka ku bibala bye twagala okufuna mu miziziko egiriwo. Kiki ku byonna ekiyinza okusinga okukola kisinziira ku kiriwa ku bivaamu ekiyinza okussika mu nkola mu mbeera eriwo.

Ku ludda olulala, ekisobola okugonjoola ekizibu ekiriwo kiyinza okwetaaga okusaasaanya ku bikozesebw ebitaliwo bulungi. Okukola olukalala olwawamu olw'ebintu ebikkirizika ebiyinza okugonjoola ebizibu kuyinza okwetaagisa. Okugonjoola obuzibu okukkirizika kuteekwa:

- (a) okuleetawo waakiri ebibala ebisembayo obutono ebyetaagibwa, naye
(b) nga tebyetaaga nsasaasaanya ezisinga ku bikozesebw ebiriwo.

Buli lwe kiba kisobose, tulina okukozesa amakubo amatongole okugonjoola obuzibu. Kino tekikoma ku kuba nga kikola bulungi ate nga kivaamu ebibala, naye era ekkubo lino lisobozesa okuwandiika wansi bye tuyiseemu olwo ne liteekawo ebiwandiike bye tusobola okukozesa buli mbeeraefaanana bw'etyo lw'ezuuka, bwe tutyo ne tumalawo okwonoona nga tuyita mu kudda mu bye twamala.

Ebiseera ebimu, kiba tekisoboka okukozesa amakubo amatongole. Kino kiyinza okuva ku biseera ebitono ebyetaagisa okubaako n'eky'okukola, oba olw'embeera endala oba emiziziko eigitali gyabulijjo, okugeza obukulu bw'ensonga oba ensonga z'ebyokwerinda.

Amakubo agatali matongole mu mbeera ng'ezo geetaaga okutuukirira oba okwebuuza kw'abo abalina kye bamanyi ku buzibu obwo era nga basobola okubugeraageranya. We kisobokera wonna, ebiwandiiko ebirungi bisaana okussibwawo bwe kiba kisoboka okukolebwa.

AWOOKUKEBERA “OKUZIYIZA EKIZIBU”

Ekkubo ery'okuziyiza ekizibu erikozesebw mu kugonjoola ebizibu lyetaaga okubaako ekikolebwa okukendeeza oba bwe kisoboka okuziyiza ebiyinza okuvaamu emitawaana. Okukola kino, wandiika wansi olukalala lw'ebintu ebikulu ebiyinza okuvaako ebizibu. Bw'omala ku buli buzibu (ku lukalala olunene olufaanana awookukebera wano):

1. Manya ekizibu: _____
2. Kinnyonnyole bulungi _____
3. Kissee mu ssa lyakyo okusinziira ku kabi akayinza okuvaamu _____
4. Wandiika ebiyinza okuba nga bye bikireeta: _____
5. Geraageranya oba ddala kisobola okugwawo: _____
6. Salawo ku ngeri gye kiyinza okukwatibwamu: _____

Kintu kiva ku Ndowooza

- Oli kitundu ku buzibu oba kitundu ku bigonjoola obuzibu?
- Oyinza otya okwongera okutereeza endowooza “y’ekizibukukigonjoola” mu kibinja kyo?

Eky’okusomako**ENKOLA Y’OKULAGANIRA AWAMU MU KUGONJOOLA EKIZIBU**

1. Embeera efaanana etya?
Bammemba bangi beemulugunya nti amawulire bagafuna kikeerezi.
2. Embeera eteekwa kuba etya?
Bammemba bateekeddwa okufuna amawulire mu budde.
3. Kiki ekigaana embeera okukyuka?
 - (a) Ebantu bijja kikeerezi okuva mu bitongole ne gye birina okutuuka [awakolerwa emirimu].
 - (b) Waliwo enkyukakyuka nnyingi ezibaawo ku ssaawa envannyuma.
 - (c) Okutereeza empapula kitwala obudde bungi okusinziira ku busuu-birwa.
 - (d) Ekisenge awaterekwa amabaluwa wajjudde amabaluwa.
4. Muziziko ki ogusinga obukulu guweebwe enkizo?
Ebantu bijja kikeerezi okuva mu bitongole n’awakolerwa emirimu.
5. Kiki kye nsobola okukola?

**EKYETAAGISA
OKUKOLEBWA**

- a. Yitaayita mu bitongole wamu n’awakolerwa emirimu okumanya ebireeta okukeerewa.
- b. Teekawo ebiseera ebantu mwe birina okutuukira era okirondoole.
- c. Siima ebiba bituuse amangu.

**EBIKOZESEBWA
EBYETAAGISA**

- a. Saba akole okunoonye-reza.
- b. Buulira era weebuuze kw’abo abavaako ebantu okukeerewa.
- c. Saba omukulu w’ekibiina okuwandiika amabaluwa ageetaa-gisa.

EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Kkubo ku makubo ana agavaamu amawulire agaweerreddwa okusobola okuzuula ebizibu erisinga okuba eddungi? Kkubo ki erisembayo okuba eddungi? Lwaki?
2. Ebikozesewa bikola mulimu ki mu kulondawo ekigonjoola obuzibu?
3. Okukuumma ebiwandiiko kikola mulimu ki mu kulaba ebizibu ebisobola okugwawo?
4. “Obunene bw’akabenje” butaataaganya butya okugonjoola obuzibu?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NGA SSENTEBE W’AKAKIIKO AKATEEKATEEKA OLU SISINKANA TTABAMIRUKA MU UNITED CENTRAL SOCIETY, WAAKATEGEE-ZEBWA NTI SSENT E Z’OKUPANGISA AWANAASISINKANIRWA N’OKUTIMBA ZIJA KWEYONGERA EBITUNDU 50 KU BULI KIKUMU OKUSINGA KU ZE WABADDE OBALIRIDDE. WAMAZE DDA OKUWEE-REZA FFOOMU Y’OKWEWANDIISA GY’ERINA OKUFULUMIZIBWA NG’ERIKO EBIKWATA KU KIFO N’EBISALE BY’OKWEWANDIISA NG’OSINZIIRA KU BYE WABADDE OBAZE. BAMMEMBA B’EKIBIINA BASUUBIRA EKIFO N’EBINAAKO-ZESEBWA MU LUKIJKO OKUBA KU MUTINDO OGAWAGGULU, EKINTU KY’OMALIRIDDE OKUBAWA.

1. *Laga obuzibu webuli?*
2. *Wandiika amawulire gonna g’oyinza okwetaaga okumalawo obuzibu buno.*
3. *Kola ekipande okuyamba okugerageranya byonna ebisoboka okugonjoola ekizibu kino ebyenjawulo ng’owa ebirungi bya buli kimu.*
4. *Waayo engeri ezenjawulo ze wadirutte okusobola okuziyiza obuzibu buno okutuukawo.*



Ebikwata Ku Kusalawo

- I. Ebyanjula
 - II. Amakubo g'okusalawo.
 - A. Emitendera mu kusalawo
 - B. Okwekenneanya ekisaliddwawo.
 - C. Ekkubo ly'okutunuulira enkola.
 - D. Ebisalwawo ebisinga okuba ebirungi.
 - III. Okukunjaanya amawulire.
 - A. Ebikulu mu kukunjaanya amawulire.
 - B. Amakubo g'okukunjaanya amawulire.
 - IV. Okwogiwaza obwongo
 - A. Obutuufu bwakyo.
 - B. Obukodyo bw'okwongera ku bifulumizibwa.
 - C. Okuwumbawumba.
 - V. Shuura [Okwebuuza]
 - A. Enkola y'okwebuuza
 - B. Okussa okwebuuza mu nkola
 - VI. Ebitonotono ku kutegeeragana n'okulekeragana
Emiziziko ku kulekera.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onomomalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- okukwanaganya okusalawo ku kulondawo wakati w'ebisoboka okukolebwa.
- okulaba emitendera n'ebikolwa ebikutuusa ku kusalawo.
- okusalawo ani ateekwa okusalawo era mu ngeri ki?
- okukola okusalawo okulungi era okusobola okussibwa mu nkola.

I. Ebyanjula

Wadde obukodyo bungi buyinza okufunibwa nga tuyita mu kuyiga, okusalawo si kyangu nnyo kuyiga. Abakulembeze abamu basalawo bulungi nnyo okusinga abalala. Singa amawulire amajjuvu tegaliwo, okusalawo kweyongera okukaluba. Asalawo eky'okukola ateeqwaa okuddinjana okweejanga ebitamanyiddwa gye biggweera. Abakulembeze bateekwa okusalawo era ne bagenda mu maaso newankubadde ensobi zikoleddwa. Obutasalawo y'ensobi esinga obubi gye tusobola okukola. Mu Busiraamu, tuteekwa okwekemba okulaba nga tuvaayo n'okusalawo okutuufu. Singa tewaliwo kirungi kirala kisoboka kyonna, tuteekwa okulondamu ekyo ekisembayo okubeera nti kimatiza mu byonna. Nga tumaze okukola kyonna kye tusobola mu mbeera eziriwo, kye tusa-zeewo bwe kiba kikyamu, Allah atusasula omulundi gumu, ate bwe tuba abatuufu, Allah atusasula emirundi ebiri. Abakulembeze tebateekeddwa kutwala bisalwawo byonna okuba ensonga za fiqhi. Ebiseera ebisinga biba byabufuzi, bya nzirukanya y'amirimu ova amateeka agafuga abantu. Ne bwe kiba nga byamateeka ga ddiini ebtiali bitabikemu, omukulembeze asaanye yekkaanye amasomero ga fiqhi agenjawulo nga tannalondako tteeka erisinga okuba eddungi eri ekibiina ne Ummah.

Okuba n'ebirowoozo ebiggule kikulu nnyo mu kusalawo, olw'okuba nti okusalawo mbeera ekyukakyuka, eteyimiridde awo awamu. Omuntu ateeqwaa okulondoola ebiva mu kisaliddwawo, n'akitereeza nga bwe kyetaagisa ne we kyetaagisiza. Bwe tusalawo, tulonda mu bintu bingi. Ekirondeddwa kiyinza obataba wakati wa kituufu na kikyamu ova ekiddugavu n'ekyeru. Ebiseera ebimu tuteekeddwa okulonda ekyo "ekiringa ekituufu" n'ekyo "oboolyawo ekikyamu." Ekisalwawo kisobola okuba ekirondebwawo wakati w'ebiyokukola ebyenjawulo, nga mu byo temuli kisobola kukakasibwa kuba nti ky'ekisinga ku birala okuba ekituufu.

Enkomerero esuubirwa ebiva mu kusalawo eba kukola ova nneeyisa ku ludda lw'abantu. Nga tetunnasalawo, tuteekwa okubuuza ekibuuzo kino: "Ddala okusalawo kwetaagisa?" Okusalawo bwe kutakolebwa ekikolebwa ekyabolijjo kubeera butabaako na kikolebwa. Okusalawo kwetaagisa singa embeera eriwo erabika ng'eyinza okwongera okwonooneka bwe wataba kikolebwa, ova singa omukisa omulungi guba gugenda okutusuba okuggyako nga tukoleddewo.

Ebintu ebikulu mu kusalawo kwe kulambika ensonga, okusalawo ova waliwo obwetaavu bw'okusalawo era n'ensonga okusalawo gy'ekwatako. Essira bwe tulissa ku kutegeera embeera mu bujjuvu, tulabika ng'ababa bajja okutunuulira ebintu byonna ebisobola okukoleka. Okukyogera mu ngeri endala, tulina amakubo gonna okugoolekeza okuzuula ekisalibwawo kifa ku ki ddala nga tetunnasalawo kwandibadde kutyta.

Omuntu asalawo omulungi tatandika na birowoozo biggale n'akitwala nti ekirowoozo ekireeteddwa ekimu kyokka kye kirina okukolebwa era nti ebirala byonna bikyamu. Tuteekwa okufaayo mu kutegeera ekibuuzo oluvannyuma ne tukozesa ebirowoozo ebitakwatagana ng'ekkubo okukakasa nti ebintu ebikulu byonna ku nsonga eyoomugaso bitunuuliddwa n'ebwegendereza.

Obukwakkulizo bw'okusalawo okutuufu kwe:

- (a) okussa essira ku ky'okusalawo kuli ku ki, kwe kugamba, essira okulissa ku kibuuzo, sso si kuwa kyakuddamu,
- (b) Okuggyayo n'okukubaganya ebirowoozo ku birowoozo ebikoonagana okutuusa ng'entegeeraagana eyaawamu erabise; tunuilira ebirowoozo n'amakubo ebyenjawulo,
- (c) Sooka onoonye ebiyinza okukola ebyenjawulo okusinga okusooka okunoonya "ekisobola okukola ekituufu."

Enkola eno ey'okutuuka ku kusalawo ennyonnyola eddaala na muntu ki alina okusalawo ebintu ebimu. Kino kizimba eky'okussa mu nkola mu nkola ey'okusalawo.

II. Amakubo Omuyitibwa Okusalawo

Okusalawo kitone naye era kintu ekisomesebwa.

Okufuna, okwenkenneanya, n'okukoza amawulire ku mbeera ogwezikugu kuggulawo ekkubo ly'okusalawo. Kino kitutwala ku kuzuula ebintu ebingi ebisoboka. Okulondawo eky'okusalawo ekimu bulijo kitwetaagisa okutunuulira kye kigenda okukola ku bantu nga tutunuulira omugaso oba obwetaavu bw'ebintu byonna ebiyinza okuva mu bisalwawo ebyenjawulo. Okusalawo okulungi kwesigama nnyo ku kulamula okulungi nga bwe kwesigama ku mawulire egeesigika.

Ekkubo eriyitbwamu okusalawo lisobola n'okulabwa ng'akabookisi akaddugavu. Ebipimo by'embeera eriwo bitekebwa mu kabookisi okubaako kye bikolebwako. Ebisalibwawo biggyibwa mu kabookisi ng'ebimaze okukolebwako ebifulumiziddwa. Akabookisi kakola omulimu gw'okunoonya eby'okukola era oluvannyuma lw'okwenkenneanya okumala, kalondamu eky'okukola ekisingako obulungi. Bookisi eno enzirugavu eyinza okujuzibwamu obubookisi obulala. Ebikolebwa mu bookisi olwo ne bifuka okusalawo okutono okukolebwa mu bubookisi obutono okujja kugobergana ne buba nga bwe buvaamu okusalawo okunene.

A. Emitendera Omuyitibwa Okusalawo

Nga twolekedde obwetaavu obwetegerezeddwa obulungi oba omukisa, tuteekwa kukola bino okutuuka ku kusalawo:

1. Okuzuula eby'okukola ebiyinza okutwalibwa era n'okutunuulira ebyo byonna ebisobola okuva mu bikolwa bino. Omutendera guno mulambulukufu bulungi. Gulimu kukola lukalala lwa byakukola okuzesa mu mbeera eriwo, nga tulowooza nti embeera eyo yeekenneenyezeddwa dda era n'ennyonyolwa. Wabula oluusi era eba nzibu okukolebwako eby'okukola ebyang. Mu mbeera bw'etyo, amagezi g'ekikugu agalimu okuyiiya gaba geetaagisa.
2. Kunjaanya amawulire agoomugaso agajja okuyamba okusalawo oba ekiko-lwa ekimu kiyinza okuvaamu ekintu ekyenjawulo. Omutendera guno gwe

gw'okukunjaanya amawulire agoomugaso. Bwe tumala, olwo tuteekwa okulaba engeri amawulire ago gye gayinza okulongoosa enkwanaganya wakati w'ebisoboka ebyenjawulo ebiyinza okuva mu kikolwa ekyo. Mu mbeera ezimu, amawulire ekyo okuba nga kisoboka gayinza okukiggyirawo ddala. Mu mbeera endala, amawulire ag'ebika ebingi gayinza okwetaagisa okuva buli ggulire lwe liyinza okuba nga lirina kye lirazaako naye nga terimalirayo ddala. Obuzibu obulabika ennyo kwe kuba n'amawulire amangi agatalina mugaso oba agatakwatagana na nsonga eri mu ddiiro, olwo ne tuba nga tetufunye mawulire ge twetaaga.

3. Pimamu omugaso oba obwetaavu bwa buli kimu ku bivaamu nga biva mu buli kyakukola. Omutendera guno bulijo gusobola okutukirizibwa obulungi ennyo nga tuyita mu kukubaganya ebirowoozo n'abo abamanyi ennyo embeera eyo ova okukunjaanya ebirowoozo nga tuyita mu *shuura*, ng'eno njigiriza ya Kulaane. Kulaane ekubiriza obwerufu, n'obwesimbu mu kuwaayo ebirowoozo era n'etawagira kya kukukutira mu *shuura*. Weetegereze eby'okukola byonna ebisoboka n'ebivaamu olabe ova bikkirizibwa nga weesigama ku ndaba y'Obusiraamu. Ekkubo ery'okwongera okwekenneenya ssa ku ssa erikozesa amakubo agali ku mutindo erina okukozesebwa okumanya ova bikkirizibwa.
4. Salawo ng'olondawo ekimu ku by'okola ekiyinza okukutusa ku ky'oyagala kiveemu. Omutendera guno ogusembayo mu kusalawo guteekwa okutunuulirwa mu bukati bw'ebigendererwa by'ekibiina era nga birondeddwa na kulaba bigendererwa ekibiina bye kyettanidde. Ekiva mu kino kwe kuba nga tuyinza okumanya okusalawo okumu we kusingira obulungi ova we kusingira obubi ku kulala nga buli kimu tukipimira ku bigendererwa by'ekibiina.
- 5.

Okuwumbawumba, abasalawo bateekwa:

- (a) okukunjaanya ebyokukola byonna ebisoboka okukolebwa A1, A2, n'ebirala.
- (b) okumanya ebiyinza okubivaamu C1, C2, n'ebirala.
- (c) okugeraageranye emirundi buli kivaamu gye kiyinza okubaawo P1, P2, n'ebirala, era
- (d) n'okulaba omugaso gwa buli kivaamu U1, U2, n'ebirala.

Bw'ova awo, guba mulimu gwa nkola ya bintu okugatta emirundi gyonna awamu (P) n'emigaso (U), okumanya eky'okukola ekisinga okwetaagibwa (D). Mu kubala, tufuna bino:

$$U = UCC$$


$$D = (U, P)$$

B. Okwekenneenya Okusalawo

Embeera eyinza okukwatibwa ekimu ku bintu bino ebina ova okusingawo: ebi-seera ebyomumaaso, kye kugenda okukola, okutunuulira obulungi bw'okisaliddwawo, n'okuddijjanwa.

- Ebiseera by'omumaaso kitegeeza obuwantu bw'ekiseera ekyomumaaso bunaaba bwenkana butya ekisalwawo bwe kinaatwala.
- Ekivaamu kitegeeza ekisalwawo kye kigenda okuleetawo mu bitongole by'ekibiina ebirala oba mu kibiina kyonna okutwalira awamu. Ebinaa-kivaamu binaakoma mu kibiina oba binaabuna wonna? Kinaayongerako mu kukola obulungi mu kitundu ekimu ebirala ne bifirwa?
- Okuddinjanwa kitegeeza emirundi ekisaliddwawo ekimu gye kiyinza okwetaaga okukolebwa. Ekisaliddwawo nga kimaze okukolebwa kisobola okukyusibwa ne kifuuka etteeka eryenkomeredde eriri ku mulembe.

Enneekenneanya eyo waggulu eyamba okumanya ekifo ky'obuyinza okusalawo we kuyinza okukolerwa. Okutwalira awamu, ebisalwawo byandibadde bikolebwa ku ddaala erisemberayo ddala wansi mu busobozi – omwo okumanya okujuvu n'obumanyirivu we biba biri. Naye, bisobola n'okukolebwa ku ddaala ebigendererwa by'ebitundu by'ekibiina byonna we bigabibwa obulungi. Awamu, ebitunuulirwa bino bisalawo obukulu bw'ebi'okukola nga bwe biddinjanwa mu kibiina. Ekyokulabirako, singa ebyanukulwa ku bibuuzo byonna ebina ku nsonga emu biba waggulu ku minzaane, akakiiko akokuntikko kateekwa okusalawo. Okukwatagana okuli wakati w'enfaanana y'ebisalwawo n'eddaala ly'obuyinza ekisalwawo lye kikoleddwa eragiddwa wammanga:



C. Ekkubo Ery'omusingi Gw'enkola

Okusalawo kusobola okuganyulwa mu kkubo ery'omusingi gw'enkola (*Systems approach*). Mu bufunze, enkola ky'ekintu kyonna ekikola omulimu mu ngeri entegeke. Ekikulu ky'ekkubo lino kwe kuzuula obuzibu nga tonnatandika kubumalawo n'oku-

manya ekisinziirwako kyonna okulondako ky'oyagala n'ebizibu ebiyinza okubaawo nga tonnalondawo kisobola kubugonjoola.

D. Ekkubo Ly'okuyiiya

Ekkubo ly'okusalawo okutali kwa mameeme, nga bwe tukwogeddeko waggulu, oluusi kuyambibwako ekkubo ly'okuyiiya mu kusalawo, ekiyinza okubaamu amadaala agoomugaso ataano (5):

- Eddaala *erisooka*, okunnyikira, kwe kuba ng'obbinkidde mu kumanya embeera, n'ebikolerwamu n'ebirowoozo.
- Mu mutendera *ogwokubiri*, ery'okwetegereza, asalawo yeekenneenya n'asoomooza ebirowoozo bino ng'abiggya mu nsonda ezenjawulo.
- Okumaamira gwe mutendera *ogwokusatu*, mukiseera ekyo asalawo ava ku kufuba okulowooza ku by'akola olwo n'aleka ebirowoozo ebyomunda ne bikola. Ekirowoozo ekituufu olwo ne kigwa bugwi ku muntu asalawo mu mutendera *ogwokuna* oguyinza okunnyonnyolwa ng'okutangaaza.
- Awo ekiddawo ly'eddaala *eryokutaano* ery'okutereeza mu kifo: nga tutereeza n'okutwala ekirowoozo okusobozesa okugya mu byetaago by'embeera.

E. Ebisalwawo Ebyebiseera Ebiwanvu

Ebisalwawo biyinza okubalibwa ng'ebi'entambuza y'emirimu oba eby'ebiseera ebyewala. Okutwalira awamu, ebisalibwawo eby'omuntambuza y'emirimu bikwata ku bigendererwa eby'ekiseera okyokumpi era bikola ku nsong'a eza buli lunaku. Bitera okuddinjanibwa. Okusalawo okw'ebiseera ebiwanvu kusingako okubeera okuzibu era kukwata ku bigendererwa eby'ebbanga eggwanvu. Ekiva mw'ekyo, tutera okufuna omulimu ogw'okwekeeneenya ebintu ebitasobola kuteeberezebw'a naye nga birina akakwate ku kusalawo okukulu ku bintu eby'ekiseera ekiwanvu. Mu kiseera ky'ekimu, tuteekeddwa okutnuulira ensonga nga, okugeza, ezikwata ku mutindo gw'obulamu, embeera z'ebyenfuna eziriwo, n'ebirala. Okusalawo bwe kutyo kutera okukwataganan n'okusigalawo kw'ekibiina kwennyini.

Awali Ekyokukola

TOMALA GASALAWO KUSANYUSA BUSANYUSA BALALA

Tebeereza singa omuntu aba akuleetedde pulojekiti n'ogiyisaamu okumusanyusa. Oba okoze ensobi nnene. Pulojekiti bw'eneerema aba ajja kukunenya olw'okugiyisaamu. Tajja kwe-salira musango olw'okuba nga y'eyagiwaayo. Lwaki tewagaanirawo? Kirungi nnyo okugamba nti "nedda" ku ntandikwa n'omunyiiza okusinga okugamba nti "nedda" ku nkomerero n'omulalamu amaanyi. Bw'oba omwesimbu okuvira ddala ku ntandikwa, gye biggweera aba ajja kukwagala bw'anaakizuuula nti ggwe wekka eyamuwa nasiha entuufu, mu kiseera abalala bona we baali basekera nga bamutenderezza. Beera atalina kyekubiira owe endowooza yo enneesimbu nga weesigamye ku bulungi bwa pulojekiti sso si kukozesa kiwuggwe oba okwetunuulira ky'oganyulwamu. Jjukira nti abantu basobola okukyusa endowooza zaabwe; bw'oyagala okubasanyusa oija kuba osigalira buli we banaakyusa.

III. Okukunjaanya amawulire

A. Ebintu Ebikulu mu Kukunjaanya Amawulire

Okukunjaanya amawulire “amalungi” kikulu nnyo mu kusalawo okulungi. Amakubo amatongole n’agatali matongole mangi gasobola okwewayambisibwa okukunjaanya amawulire, nga mw’otwalidde ebibuuzo eby’okwogeranya, okuddibwamu ebibuuzo ebiwandiike, ekkunjaanyizo ly’amwawulire, lipoota ezenjawulo, n’ebiwandiiko ebite-rekeddwa. Ebintu bina bikola kinene nnyo mu kukunjaanya amawulire: omugaso gwago, ebiseera ebituufu, okubeera mu mateeka, n’obutuufu bwago.

OMUGASO

Amawulire gasobola okwewayambisibwa awo wokka we gabeerera n’omugaso. Okwogera mu ngeri y’ekikugu, bwe gataba na mugaso ku nsonga eri mu ddiiro, tegaba mawulire wabula ‘luvuuvuumo’. Ekiyinza okuba amawulire mu nsonga emu, kiyinza okuba oluvuuvuumo ku ndala. Ekyokulabirako, bwe tuba tugenda kusalawo omulam-wa gwa Nsisinkano eyaabuli mwaka, okubeera nti ekifo ekimanyiddwa ennyo okutuuza Ensisinkano kiri kumpi n’ekkubo tegaba mawulire wabula luba luvuuvuumo. Naye ate bwe tuba twagala kusalawo wa we tunaatuua Ensisinkano, oluvuuvuumo luno lwennyini lufuuka amawulire agoomugaso.

EBISEERA EBITUUFU

Amawulire tegaba gaamugaso bwe gaba tegaliwo mu budde oba nga makadde. Ekyokulabirako, okumanya nti ekibinja ekirala kironze omulamwa gwe twali tugenda okulonda kiba kyamugaso mu kiseera ekyo kyokka singa tugafuna nga tetunnaba kusalawo. Okumanya engabanya y’abaneetaba mu nsisinkano nga tutunuulidde ku mawanga gye bava tegaba mawulire singa gaba gaali ga dda nnyo ng’enkola z’okugabanya zonna zaakyuka dda okuva ku olwo.

OKUKKIRIZIBWA MU MATEEKA

Amawulire gateekwa okuba nga gakkirizibwa mu mateeka okusobola okugeyambisa mu kusalawo, kwe kugamba nti, gateekwa okuba agakkirizibwa okusinziira ku mpisa z’oyo asalawo. Bwe tudda ku Busiraamu, amawulire tegateekwa kukontana na njigiriza ya Kulaane oba enkola ya Omubaka (SAW) oba okubeera nga tegakkirizibwa mu Busiraamu mu ngeri yonna. Ekyokulabirako, amawulire agambako okusalawo tegateekwa kukunjaanyizibwa mu ngeri ya bukuusa oba ng’enkunjaanya yaago eyita mu bikolwa ebyambyone.

OBUTUUFU

Amawulire gateekwa okuba amatuufu. Amawulire agatali matuufu gasobola okuteekawo embeera embi etesobola kuvvuunuukibwa singa gakozesebwu ge geesigmwako okusalawo. Mu kkubo ly’okusalawo kyandibadde nga kitwalibwa nti amawulire agakozesebwu matuufu. Naye mu ngeri ebintu gye bitambulamu, tutekeddwa okwekenneanya obutuufu bw’amawulire nga tuyita mu kugageraageranya n’amawulire amalala agagafaanana oba okwebuuliza gye gava ebikwata ku butuufu bwago.

Okugeza, bwe tuba twagala kulonda ekifo omunaatuuzibwa Ensisinkano eya buli mwaka nga twesigamye ku buwanvu bw'olugendo okuva ku makubo amanene, maapu entuufu ng'eraga obufulumiro obukyali obupya n'amakubo agagenda ewala ge bazimba bwe gagenda geetooloola biba bijja kuba byamugaso mu kuyamba okukola okutuuka ku kusalawo okutuufu.

B. Amakubo Ag'okukuññaamu Amawulire

EBIBUUZO EBYOKWOGERANYA

Ebibuuzo ebyokwogeraganya ebitali bitongole tebisingako ku kuba okwogeramu obwogezo n'omuntu alina amawulire ge tunoonya. Ebibuuzo eby'okwogeranya ebiri mu makubo amatongole, biteekwa okuba ebitegeke obulungi okusobola okuba nti by'ebisinga okuganyulwamu. Bwe kiba kisoboka, gw'obuuza muwe omukisa okwetegeka ng'omubuulira ekigendererwa n'ebyo by'obuuzaako. Teekawo obudde obutuufu n'ekifo okukenddeza ku kutaataagaanyizibwa n'okulabankanyizibwa.

EBIBUUZO EBIWANDIIKE

Ebibuzo ebiwandiike omuntu asobola okubyetusiza ku bantu oba okubiweereza omuntu. Mu mbeera zino zombi, ebibuuzo biteekwa okutegekebwa obulungi, nga bitegeerekka ate nga bimpimpiko ku by'okuddamu bye binoonya.

EKKUDDAANYIZO LY'EBIFA KU KY'ONOONYEREZAAKO

Enkalala okuli ebyetaagisa okufuna amawulire bisobola okubaayo mu buwandiike mu materekero g'ebitabo, ebitongole by'amatendekero agaawaggulu, oba ebitongole bya gavumenti. Ekitali ekijo, ebikwata ku mawulire biyinza okufunibwa ku kompyuta eya woofiisi oba eyaawaka.

LIPOOTA

Lipoota ezaafulumizibwa ebibinja by'abanoonyereza oba ebitongole by'abkozesu ebintu ssaako ebitongole bya gavumenti oba amatendekero bisobola okuva amawulire ageetaagibwa. Wabula, tuteekwa okukakasa nti lipoota teziriimu kyekubiira ate nga ziri mu biseera bituufu.

EBIWANDIIKO

Ebiwandiiko omuli ebitabo, n'ebitabo omuli kalonda w'ebintu, n'obutabo bw'amawulire biyinza okubaayo mu materekero g'ebitabo. Bisobola okuyamba okumanya ebifa ku ntandikwa y'ekyo ky'onoonyerezaako wamu n'ebintu ebikulu ebikwata ku nsonga eyo, naye tebijja kubaamu bibalo bikwata ku ky'onoonyerezaako ebiriwo kati.

IV. Okwogiwaza Obwongo

Okwogiwaza obwongo kkubo lya kwagazisa bantu kuleeta birowoozo bipyatate ebiri ku mulamwa n'okubasobozesa okwennyonyolako, oba okukuññaanya amawulire ageetaagisa mu lukiiko. Ekkubo lino likozesebwa ng'ebirowoozo ebifa ku nsonga

tebirriwo ate nga byetaagibwa okuteekewawo. Ebirowoozo bikubaganyizibwa nga tewali kukugira obutafaananako okukubaganya ebirowoozo okukugirwa.

Olusisinkana lw'okwogiwaza obwongo luteekwa okuba n'omulamwa kwe lutambulira okufuna ebirowoozo. Okutwalira awamu, olusisinkana lulina emitendera esatu: Mu mutendera ogusooka, bammemba b'ekibinja baleeta ebirowoozo ng'eno omuwandiisi bw'awandiika ebirowoozo byonna bammemba bona basobole okubiraba. Kiyamba akulira ekibinja okuba ng'alinayo ku birowoozo ebimu okutandikirwa. Ku mutendera guno, tekikkirizibwa kuwakanya kirowoozo kyonna. Mu mutendera ogwokubiri, abeetabye mu lusisinkana basabibwa okwogera ku birowoozo. Kisaana okubabuza ebirungi n'ebibi eby'ebirowoozo byabwe okukendeeza okwewaana okutasaana okw'omuntu okuba nga y'aleese ekirowoozo. Mu mutendera ogwokusatu, buli kirowoozo kikubaganyizibwako nga kyesigamizibwa ku ndaba y'obutuufu bwakyo, okuba nga kisobola okukola, okuba nga ky'ekyandisookeddwako, n'ebirala. Ebirowoozo olwo biyinza okusengekebwa nga bwe biddinjana mu ngeri eba ekkiriziganniddwako.

A. Ekkubo We Lisaana Okukolera

Ekkubo ly'okwogiwaza obwongo lisaana okukozebwawa mu kusalawo okuva bintu ebingi ebrisobola okukola. Ekkubo lisobola okukozebwawa singa ekibinja kiba n'obumanyi ku mbeera eyo ova nga kiwulira ekikwatako ate nga n'omukulembeze amanyi engeri gye likozesebwamu. Ekyokulabirako ekimu ku ngeri ennungi ekkubo lino gye liyinza okukozebwamu ky'ekiseera ng'ekibiina kyagala okulonda omulamwa gw'Ensisinkano. Ekibinja ky'abakungu, abakozi ne bammemba b'akakiiko nga batabuddwa, bayinza okukunjaanya ebirowoozo ebirungi bingi ebrisibuka mu biruubirirwa by'ekibiina n'engeri gye kitambulamu. Omulamwa ogusembayo guyinza okulondebwa mu birowoozo ebyenjawulo enkuyanja ebiba bikuunjaanyiziddwa.

B. Amakubo Agayinza Okwongera Ku Mugaso

Omulimu gw'abenygigidde mu ntambuza y'okwogiwaza obwongo guyinza okwongerwamu ebirungo nga tukozesa obukodyo buno wammanga:

- a. Okusisinkana kuteekewo ng'abagenda okwetabamu bakyali katebule nga tekikooye;
- b. Funa ekibinja ekirimu abantu abenjawulo, naye ng'ojjukira nti bateekwa okuba nga bali ku ddaala limu, basobole okuba nti bona bawulira emirembe nga bawaayo ebirowoozo byabwe, ate era ng'eddaala ly'okumanya kwabwe ku mbeera eyo lyenkanankana;
- c. Kuuma ekibinja nga kitono ekimala ekisoboka okutambuzika obulungi, sso ng'ate kinene ekimala okusobola okuvaamu ebirowoozo ebiwera – abantu abataano okutuuka ku musanvu guba muwendo mulungi;
- d. Abantu batuuze ku mmeeza eyeetoolodde nga boolekaganye okusobozesa okubaawo okukubaganya ebirowoozo nga beetadde bawulira emirembe;

- e. Teekawo ekiseera ekiwanvu ekimala buli omu okufuna omukisa okubaako ky'ayogera, sso ng'ate kimp'i obutakooya bantu;
- f. Wandiika wansi ebirowoozo byonna buli omu abirabe, nga tofuddeeyo ku birabika ng'ebiwaawaaza amatu, kasita biba nga bizimba era byongereza ku by'omulala;
- g. Tokkiriza kwekenneensa birowoozo era tokkiriza byongewako ova okuwakanya ku ntandikwa y'okuwaayo ebirowoozo;
- h. Bwe kiba kyetaagisizzaa ddamu onnyonnyole ensonga ng'okozesa ebigambo ebirala.

C. Okuwumbawumba

Ekigendererwa mu kwogiwaza obwongo kwe kufuna by'owumbawumba ng'obijja mu by'okunyanyaizza. Kino okusobola okubaawo, olukiiko olw'ekika kino luteekwa okuteekatekebwa bwe lutii:

- (a) Kkiriza buli muntu akuwe ebirungi n'ebitagenze bulungi mu birowoozo bye;
- (b) Ebirowoozo bisse mu masa okusinziira ku bukulu bwabyo n'engeri gye bisoboka okussibwa mu nkola;
- (c) Buuza engeri ebirowoozo ebisinga obulungi gye bisobola okussibwamu mu nkola;
- (d) Salawo ku birowoozo ebirabika okutwalibwa;
- (e) Ebirowoozo ebirondeddwamu biweereze eri akakiiko akafuzi.

V. *Shuura (okuwanjana amagezi)*

A. *Shuura*

Shuura y'enkola ey'Obusiraamu ey'okwebuuzaganya eri abo abalina okumanya ku nsonga ezirivo, era etuukirizibwa bulungi ng'abo abasinga okumanya ensonga bagikubaganyizzaako ebirowoozo. *Shuura* y'emu ku misingi egisinga obukulu egy'okuddukanya emirimu era ebeera mu ssemateeka w'Obusiraamu.

Kulaane eragira abakulembeze b'Abasiraamu okuddukanya ensonga z'abantu nga bayita mu kubeebuuzaako. Ekubiriza obwerufu n'ebwesimbu mu kuwaayo ebirowoozo.

Ku lw'okusaasira okuva eri Katonda, wabeera mugonvu gyebali. Naye singa wali mukalubo (mukambwe), atalina kisa wadde okusaasira mu mutima, bandikudduse (ne bakwabulira). Kale basonyiwe obeegayiririre Katonda abasonyiwe, era obeebuuengako mu nsonga. Naye bw'oba omaliridde (okukola ekintu) weesige Katonda. Katonda ayagala abamwesiga. (3:159)

فَمَارَحَمَهُ مِنْ أَنَّهُ لِنَتَ لَهُمْ وَلَوْكَدَتْ فَطَّ
غَلِيلَ الْقَبْرِ لَا تَفْضُوا مِنْ حَوْلَكُ فَأَعْفُ عَنْهُمْ
وَأَسْتَغْفِرُهُمْ وَشَاءُرَهُمْ فِي الْأَمْمَيْ فَلَا يَعْزَزُهُمْ
نَتَوَكَّلُ عَلَى اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَوَكِّلَيْنَ (سورة آل عمران)

Enkola ya Omubaka ejjudde ebyokulabirako nga yeebuuza ku Basswahaba be. Kino Abu Huraira (RA) yakikakasa n'agamba bw'ati: "Sirabangayo muntu yeebuuza ku banywanyi be nga Nnabbi (SAW)." Omubaka (S.A.W.) yanoonyanga ebirowoozo okuva mu bantu mu kusalawo ensonga ezensi, era yabivangako mu kiseera ekyo kyokka lwe waabangayo obubaka obusse okuva eri Allah nga tebubiwigira. Ekyokulabirako ekimu, ky'ekyo Omubaka (SAW) bwe yasalawo okwebuuza ku Basiraamu ku ngeri gye yali alina okukwatamu abawambe b'omu lutalo lw'e Badiri. Abu Bakari (R.A.) ne Umaru (RA) baawa ebirowoozo ebyenjawulo, era Abasiraamu okutwalira awamu ne bafuna obutakkaanya. Nnabbi (SAW) yawuliriza ebirowoozo byabwe byonna nga tannasalawo nti Abasiraamu baali basobola okukkiriza omutango gw'okununula abawambe nga tebannateebwa. Ekyokulabirako ekirala kyaliwo abamu ku Basiraamu lwe baaleeta ekirowoozo eky'okulwanyisa Abakurayishi ebweru wa Madiina mu lutalo lw'e Uhudi. Abasiraamu abalala bo baali baagala kulwanira mu Madiina munda. Omubaka (SAW) yali asinga kwagala kirowoozo ekyasembayo, naye olw'okutnuulira eky'Abasiraamu abasinga obungi, yasalawo kulwanira wabweru w'e kibuga.

B. *Shuura nga Bw'ekola*

Ekisinga obukulu mu *shuura*, kwe kubaawo ebirowoozo ebyawukana. Omuntu aba teyeetaaga kusalawo okuggyako nga waliwo okuwakanya n'obutakkaanya. Okuganyulwa mu bujjuvu mu nkola ya *shuura*, asalwo omulungi ategeka by'atakkiriziganya nabyo. Emigaso eminene egiri mu kukola kino gye gino:

- Obutakkiriziganya buwonya oyo asalawo obutamala gatwala ndaba y'abasinga obungi ne we kiteetaagisiza.
- Obutakkiriziganya busobola okutuwa ebyokulondako ebirungi ebiwera.
- Obutakkiriziganya bwetaagibwa okwongera abantu okulowooza; obutakkiriziganya obulimu amagezi, obulowoozeddwako obulungi, era obuteekeddwa mu buwandiike bwe businga okuwa amaanyi mu kulowooza.

Okwetegekera okusalawo okuyita mu kwebuuza, wateekwa okubaawo okukubaganya ebirowoozo okwerufu era nga kwa kibiina kyonna ku kirowoozo ekiba kireettedwa okusobozesa buli muntu ategereebikikwatako n'engeri ennyingi ze kiyinza okukwatibwamu. Ekiva mu kukubaganya ebirowoozo kuno kwe kusisinkanya ebirowoozo okulaba oba waliwo (oba tewali) bwetaavu okukyusa.

Okutuuka ku kukkiriziganya ku bikwata ku nsonga, tuteekwa kusooka okubinoonya. Okusalawo ekituufu ekikwata ku mbeera eriwo, sooka onoonye okukkiriziganya ku ngeri y'okusalawo ku kiki ekikwatagana n'ensonga, n'okusingira ddala ku bipimo ebikozesebwa.

Okutegeera okuli mu kusalawo okutuufu kuva mu kukubagana kwa birowoozo byanjawulo na mu kutunuulira kuvuganya kwa birondwako. Kino ky'ekyokuyiga ekikulu ekiri mu kusalawo kwa Omubaka (SAW) e Badiri ne Uhudi bye tulabye waggulu.

Tekinologiya aliwo kati ayongedde kinene ku busobozi bwaffe okutuukiriza ebyetaagisa mu *shuura*. Ku ludda olumu, kifuuse ekisoboka okwanguwa okusaasaanya amawulire agayinza okwesigamwako okusalawo. Ku ludda olulala, okuwaanyisiganya ebirowoozo kwennyini kuyinza okuyambibwako amakubo g'empuliziganya agaakakyo kano. Ebimu ku biyinza okukolebwa ebingi binnyonnyoddwa mu bufunze mu ssuula ekwata ku by'empuliziganya mu Ndagiriro eno.

VI. Ebikulu ku Kutegeeragana n'Okukkaanya

Tutera okwesanga mu mbeera ey'okuba nga tulina okukkiriziganya n'abantu abalina bye baagala, endaba n'emiziziko ebyawukana n'ebaffe. Okugonjoola ebizibu mu mbeera ng'ezo kwetaaga ekkubo erya mpankuwe, ebiseera ebisinga eriyitibwa okutesaganya.

Okutesaganya kitone ekyetaagisa okutegeera endowooza z'abantu. Okutwalira okumpi, gye tukoma okumanya ebifa ku byetaago n'ebizzaamu abantu abalala amaanyi, gye tukoma okufuna omukisa gw'okusalawo okulungi n'okumalawo obuzibu obuliwo obulungi. Wabula, okuteseganya si kazannyo ketuwangula oba ne tuwangulwa, era si kugezaako kufufuggaza ludda lulala lube nga lugamba nti "ye" ku buli bye tuba tulusabye. Mu butuufu, enteeseganya ennungi zitunuulira kutuuka ku kivaamu ekyamagezi nga kyesigamye ku misingi, okussaamu amagezi n'obuteekubiira. Mu kutesaganya, okuba "omugonvu" kyamutawaana nnyo ng'okuba "omuzibu". Mu mbeera ng'ezo, akozesha amaanyi amangi y'afuna ky'aba ayagala, awatali kufa ku kiki ekigasa enjuyi zombi. Okumalawo ekizibu kino kussa ennyo amaanyi ku ngeri embeera gy'eyambamu nga kwe kwesigamizibwako okuteseganya. Okuteseganya kintu kigazi nnyo.

Ebimu ku bikwata ku kkubo ly'okuteseganya ebinnyonnyolwa bwe biti Roger Fisher ne William Ury mu *Getting to Yes – Negotiation* byamugaso nnyo mu kufuna ebibala.

EKIZIBU Okukkiriziganya okusinziira ku mbeera – Muzannyo ki gwe wandizannya?		OKUGONJOOLA EKIZIBU Kyusa omuzannyo – Teesaganya ng'ebintu bwe biri.
MUGONVU	MUZIBU	WAAMATEEKA
Abeenyigiddemu baamikwa-no.	Abeenyigiddemu balabe.	Abeenyigiddemu bagonjoozi ba bizibu.
Ekiruubirirwa kukkiriziganya.	Ekiruubirirwa buwanguzi.	Ekiruubirirwa kufuna kivaamu kyamagezi ekituukiddwako obulungi ate mu mukwano.
Baako ne by'olekera osbole okussaawo enkolagana	Saba bakulekere nga kekkakkulizo ak'okussaawo enkolagana.	Ekizibu kyawule ku bantu.
Ba mugonvu eri abantu n'ekizibu	Ba muzibu ku kizibu n'abantu	Ba mugonvu ku bantu, muzibu ku kizibu
Weesige abalala	Teweesiga balala	Genda mu maaso nga tofudde ku kwesiga
Kyusa w'oyimiridde mu bwangu.	Sima w'oyimiridde.	Essira lisse ku bigasa sso si w'oyimiridde ku nsonga.
Ba ne ky'owaayo	Tiisatiisa.	Noonya ebigasa buli muntu.
Kkiriza okufirwa ku ludda lwo otuuke ku kukkiriziganya	Saba w'ofunira nga gwe muwendu gw'okutuuka ku kukkiriziganya.	Yiiyaawo amakubo olw'obulungi bw'okukkiriziganya.
Kkiriza okufirwa ku ludda olumu osbole okutuuka ku kukkiriziganya.	Saba okuganyulwa ku ludda olumu nga ke kakwakkulizo k'okukkiriziganya.	Yiiyaawo amakubo agenjawulo buli omu asobolae okuganyulwa.
Yasanguza w'otasukka (kukka).	Buzaabuza ku bikwata ku w'otasukka (kukka).	Weewale okubaako ne w'otasukka (kukka).
Noonya eky'okuddamu kimu: kye bajja okukkiriza.	Noonya eky'okuddamu: ekyo ky'oija okukkiriza.	Teekawo eby'okulondako bingi balondeko: salawo luvannyuma.
Lemera ku kukkiriziganya	Lemera ku ky'olwooza.	Lemera ku butaba na kyekubiira.
Gezaako okwewala okulwanagana kw'okwagala.	Gezaako okuwangula okulwanagana kw'okwagala.	Gezaako okufuna ky'oggyamu ng'oyita mu mutindo oguteekeddawo awatali kwagala.
Kkiriza okunyigirizibwa.	Kozesa maanyi.	Kozesa amagezi era beera akkiri-za okukozesa amagezi: Kkiriza ku musingi sso si kunyigirizibwa.

Ebikugira Okutuuka ku ntegeeragana

Okutuuka ku ntegeeragana ky'ekigambo ekirala ekikozesewa ennyo mu ntambuza y'okuteeseganya. Amakubo g'okutuuka ku kutegeeragana mu nkola y'Ejisiraamu wakati w'ekituufu n'ekikyamu gannyonnyolwa abantu bangi omuli Ibin Taymiyah mu kitabo kye *Hisba fil Islaam*. Mu ndaba ye, ebikugira okutuuka ku ntegeeragana biri bwe biti:

- (a) Tekikkirizibwa kulagira oba kugaana kukwata kkubo lya kutegeeragana nga tewali kunoonyereza kwamaanyi kukoleddwa.
- (b) Ekituufu bwe kiba ky'ekisinga amanyi kiteekwa kulagirwa newankubadde kirimu obukyamu obutono.
- (c) Ekikyamu bwe kiba ky'ekisinga amaanyi kiteekwa okugaanibwa ne bwe kiba nga kitegeeza kufiirwa ekinene.
- (d) Ekikyamu kiteekwa kugaanibwa ne bwe kiba kitegeeza kufiirwa kituufu ekyamaanyi.
- (e) Ekituufu n'ekikyamu bwe biba byenkanankana era nga tebisobola kwawulika, tewali ku byombi kiragirwa oba okugaanibwa.

Abantu abamu balowooza nti okuva lwe tulina entambuza y'Obusiraamu entuufu mu Kulaane, tulina kugenda bugenzi mu maaso na kugikozesa ku bulamu bwaffe nga tetulowoozezza. Allah yatuwa amagezi tugakozese mu kutegeera n'okussa mu nkola enzikiriza yaffe. Kino ky'ekitufuula abenjawulo ku bisolo. Si ffe tusinga okwanguwa, obunene, okuba n'amaanyi oba obuwantu mu bitonde. Naye ffe tusinga "okutegeera" mu byonna.

Mu kibira ekimu waaliyo empologoma eyagamba akaana kaayo: "Tolina kisolo ky'olina kutya wabula wegendereze ekitonde ekyo eky'amagulu abiri ekiyitibwa omuntu: alina amagezi." Lumu empologoma ento yasanga omuntu n'emuwanguila era kaabula kata emutte. Wabula yajjukira kitaawe waayo kye yagigamba olwo n'ebuuza omuntu: 'Kitange yakundabula. Osobola okundaga amagezi go?' Omuntu yaggi-damu nti: 'Ye nsobola, naye nnagalesse waka.

Ekirabo ky'amagezi: Olufumo

Bw'onta, nja kugenda ngakuleetere.' Empologoma yakkiriza. Awo omuntu n'agamba nti: 'Naye ate oyinza okuvaawo ne sikusanga. Ka nkusibe ku muti osobole obutavaawo.' Empologoma yakkiriza. Omuntu bwe yamala okugisiba yafuna omuggo n'agikuba okutuusa lwe yafa. Naye ng'eneetera okufa, yajjukira kitaawe waayo kye yagigamba nti:

'Weegendereze omuntu; alina amagezi.'"

Ebyembi, amagezi ge tulina tetugakozesa nga bwe kyetaagisa. Mu mbeera ezimu tugaleka nga bwe gali, nga tegakozeseddwa! Mu butuufu, okunoonyereza okwekikugu kulaga nti omuntu owaabilijjo ku maanyi g'amagezi g'alina okukozesa akozesaaako ebitundu 5 – 10 ku buli kikumi.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Omuntu ddi LW'ATATEEKWA kusalawo? Lwaki?
2. Kiki omuntu KY'ATALINA okusobola okukola okusalawo okussika mu nkola?
3. Mitendera ki ena mu ntambuza y'okusalawo? Biwandiike nga bwe biddinjana [mu butuufu].
4. Mitendera ki etaano mu kkubo ery'okuyiiya mu kusalawo mu nzirinjana yaagyo entuufu.
5. Amawulire okuba agoomugaso, kiki mu bitendo byago ekisinga okuba ekikulu; ekisembayo okuba ekikulu?
6. Olutuula olw'okwogiwaza obwongo okuba olulungi, mutendera ki ogusinga okuba omukulu; ekisembayo okuba ekikulu?
7. Kulaane eragira ki ku *shuura*?
8. Singa Omubaka (SAW) yali mu *shuura* n'Abasiraamu ku bikwata ku lutalo lw'e Uhudi mu biseera byaffe bino, kkubo ki erya *shuura* eryandisinze obulungi; eryandisembyeyo okuba eddungi? Lwaki?
9. Okukubaganya ebirowoozo ku *shuura* wano, kufaanagana kutya n'okwo okw'ebiyobufuzi?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NG'OMUKYUKA W'OMUKULE-MBEZE WA UNITED CENTRAL SOCIETY, OSOBODDE OKUSIKIRIZAAYO ABAYIZI ABASIRAAMU ABATONOTONO OKUVA KU KAMPASI OKUKOLA OBWANNAKYEWA MU NTEEKATEEKAYO EMPYA EY'OKUGABA EBITABO. ENTEEKATEEKA ENO EBADDE NNUNGI MU KULABA KWO. KATI ABAKULEMBEZE B'OKUKAALO AKALIRAA-NYEEWO BAKUSABYE OBAYAMBE OKUDDUKANYA ENTEEKATEEKA NG'EYIYO EWAABWE NG'OKOZESA BANNAKYEWYA BE BAMU. OYAGALA OKUBAYAMBA NAYE ATE OKKIRIZA NTI OBUWANGUZI MU KYALO KYO BWE BUSINGA OKUBA OBUKULU ERI ABASIRAAMU BONNA BYE BAAGALA.

1. *Wandiikayo ebimu ku by'okukola ebikkirizibwa by'oynza okutunuulira.*
2. *Tegeka ekipande okukunyanya amawulire ge wandyetaaze okukola okusalawo kwo.*
3. *Onoosalawo ng'omuntu oba onassaamu abalala? Lwaki? Otya?*
4. *Weekebeje ky'oynza okusalawo ng'otunuulira ebiseera eby'omu-maaso, ekinaavaamu, okutunuulira obulungi bw'omutindo gw'ebi-salawo, n'okweddinjana. Nsonga ki mu mbeera eno esinga okuba eyoomugaso? Esembayo okuba eyoomugaso?*



Okusalawo n'Okussa mu Nkola

-
- I. Okussa mu nkola kye kiki?
 - II. Okussa mu nkola ekisaliddwawo.
 - III. Ebiri mu Kussa Mu Nkola
 - A. Tegeeza abamu ekisaliddwawo.
 - B. Laga eky'okukola.
 - C. Gaba obuvunaanyizibwa.
 - D. Eby'okukola bigabire ebiseera.
 - E. Kola Embalirira y'ebikozesebwa.
 - IV. Nnati n'Ebituli mu Kulaba Nga Ebintu Bissibwa mu Nkola
 - A. Obukulu bw'akatabo k'omunsawo (notebook).
 - B. Obulwadde obulemesa okukola
 - C. Kola omulimu mu bujuvu (100%), sso si kukolako ekitundu ekisinga obunene (99%)
 - D. Taata ne Abaana be Abasatu
-

EBIRUUBIRIRWA BY'OMUSOMO GUNO

W'onoomalirako essuula eno, ojja kusobola bino:

- Okukwanaganya wakati w'ekisaliddwawo n'okukissa mu nkola.
- Okutegeka engeri y'okussa mu nkola ekisaliddwawo.
- Okuzimba okussa mu nkola ng'okuyingiza mu ntambuza y'ekisaliddwawo.

I. Okussa mu nkola kye kiki?

Ekisaliddwawo kiba kikulu nnyo nga bw'olaba okukissa mu nkola. Ekisaliddwawo ekirungi kiba kyetaaga kikolwa, oba empisa yonna mu bantu abakwatibwako ekisaliddwawo. Kiyinza n'obuteetaaga kikolwa. Bwe kyetaaga ekikolwa okukolebwaa, ekisaliddwawo kiteekeddwa okussibwa obulungi mu nkola okusobola okuwulira omugaso gwakyo.

Okussa mu nkola kwe kukola ekisaliddwawo. Omuntu oba ekibinja ekiweerdeewa omulimu ogwo, bateekwa okukola ekintu oba ebintu ebiwera oba mu kiseera ekimanyiddwa nga bakozesa ebikozesebwa ebimanyiddwa. Kuno kwe tuyita okussa mu nkola ekisaliddwawo.

II. Eky'okussa mu nkola bwe kiyimiridde mu kusalawo

Ekisaliddwawo kibeera kigendererwa kirungi okutuusa nga kikoleddwako mu mulimu n'ekikolwa era nga kimaliriziddwa. Okusalawo n'okukola bitambulira wamu. Kulaane etukubiriza obutayogera bye tutakola, wamu n'okuba abanywevu mu kukola kye tuba tusazeewo okukola.

Abange mmwe Abakkiriza! Lwaki mwo-gera byemutakola? (61:2)

يَأَيُّهَا الَّذِينَ مَأْمُنُوا لَمْ تَقُولُوا رَبَّنَا لَمْ نَقْعُدُنَّ
(سورة الصاف)

... Naye bw'oba omaliridde (okukola ekintu) weesige Katonda. Katonda ayagala abamwesiga. (3:159).

فَلَمَّا عَزَّتْ فَتَرَكَ عَلَى اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَرَكِينَ
(سورة آل عمران)

Okusalawo kitegeeza nti ebintu ebyenjawulo mu mbeera eyo bimaze kulowoozebwako, amakubo amalala g'osobola okulondako n'emigaso bissiddwa ku minzaane, n'okutegeera buli omu ky'alina okukola. Ku ssaawa eno, ekiteekwa okukolebwaa kiba kitegeerekeka bulungi.

Ekisaliddwawo ekirungi kuba kwewaayo kukola na kulaba bivaamu. Etteeka erisoboka: Kakasa buli agenda okubaako ne ky'akola okusobozesa ekisaliddwawo okukola obulungi, oba oyo ayinza okukiremesa, yeenyigidde mu buvunaanyizibwa bw'okusalawo. Kiba kikulu okusalawo ensonga nga n'obumalirivu bw'okugissa mu nkola kwebuli. Ekyo kisaana okubaawo okuva ku ntandikwa. Byonna ebicolebwaa tewali kisalibwawo ne kituukirizibwa okuggyako nga kikolebwaa mu mitendera, obwo ne buba buvunaanyizibwa bw'omuntu bw'atutte.

Okusalawo okulungi kulina okuba nga kusoose kulowooza ku ngeri ensonga esaliddwawo gy'enessibwa mu nkola. Kino kituukibwako singa abo be kikwatako mu kusalawo bakubaganya ebirowoozo nga batema amakubo aganaayitbwamu okubatuusa ku kusalawo okusembayo. Mu ngeri eno, ebirowoozo ebyetaagisa n'okwewaayo biba bimaze okufunibwa mu bona be kikwatako.

Ekisaliddwawo kisinziira ku bisuubirwa ebiteekeddwa okugezesebwa bulijo okulaba oba biyinza okukola. Kino kikolebwa singa ebifa ku ntambula y'emirimu birowoozebwako mu kiseera ky'okusalawo okulaba ebigenda mu maaso (awalala) n'ebikoleka, okukakasiza ddala nti ebisaliddwawo bisoboka okukolebwa.

III. Ennyingo eziyamba okussa ebiteeseddwa mu nkola

Ekiteeso ekisaliddwawo bwe tuba twagala okukissa mu nkola, twetaaga okwanukula ebibuuzo ebyenjawulo ebinaatuyamba okussa mu nkola bye twagala. Ebibuuzo ebyo bye bino wammanga:

- Ani gwe tuba tuteezaako?
- Kiki ekiba kikolebwa?
- Ani anaakikola?
- Ddi lwe kinaakolebwa?
- Ani anaakisasulira?

Ebibuuzo ebyo, byanukulwa na kuyita mu mitendera gino wammanga:

A. Tegeeza abantu ekisaliddwawo

“Ani ateekeedwa okutegeezebwa?”

Buli omu akwatibwako ekiteeso ekisaliddwawo alina okutegeezebwa. Abamu ku bo bayinza okuba nga be bamu ku baakisazeewo; ate abalala nga tebabaddeko. Abamu bayinza okuba kw'abo abakissa mu nkola; ate abalala bayinza kukwatibwako ku bivuddemu byokka.

B. Laga ekyokukola

“Kiki ekirina okukolebwa oba okussibwa mu nkola?” Guno gwe mulamwa gw'ekisalibwawo. Okwanukula ekibuuzo ekyo waggulu kulina kutuuka ku nsonga era ne kukulembera eriwo, kubanga kulaga obumalirivu n'okwewaayo ebyetaagisa okusalawo okwo. N'olw'ekyo kyetaagisa okutegeera embeera obulungi ng'okusalawo ensonga tekunnakolebwa. Enkola eneeyitibwamu eteekeddwa okulambikibwa mu ngeri etegeerekeka olwo abalina okukola omulimu ogwo ne bagikola. Emirimu egyenjawulo girina okuggyibwamu era nagyo girina okukwatibwa obulungi.

C. Gaba Obuvunaanyizibwa

“Ani anaakola?” Obuvunaanyizibwa bulina okugabibwa eri omuntu okusinziira nga bwe kyalambikiddwa mu kusalawo. Ono ayinza okuba omuntu oba ekitongole kya kkampuni ekivunaanyizibwa ku nsonga eyo. Mu buli ngeri, obuvunaanyizibwa obuweereddwa bulina okulaga erinnya oba

KABAKA N'EPPIPA Y'OMUBISI GW'ENJUKI

Kabaka eyayagala omubisi gw'enjuki ogw'ebbeeyi yayagala okumanya oba abantu baali bamwagala nnyo. Yateeka eppipa enkalu mu kibuga wakati era n'alangirira nti buli amwagala ayiwe ekikopo ky'omubisi gw'enjuki kimu mū ppi. Omuntu ömü yalowooza nti engeri abalala gye baali banaayiwamu omubisi gw'enjuki ye k'ayiwemu kikopo kya mazzi anti si kyali kyangu kukiraba mu ppi. Ekubyeko omubisi gw'enjuki. Kabaka biwe yaşa-nukula eppipa yasanga ejjudde mazzi. Kirabika buli muntu yalina ekirowoozo kye kimu.

ekitiibwa ky'oyo aba abuweereddwa. Ekyo kiyamba okumalawo ebiba bitate-geerekese era kiwonya okuzza obuvunaanyizibwa eri abatali bannyinibwo. Singa BULI MUNTU avunaanyizibwa okukola omulimu, olwo guba teguu-kolebwe, kubanga BULI MUNTU alowooza nti omuntu omulala y'anaagukola. Jjukira akagero ka Kabaka n'eppipa y'omubisi gw'enjuki; ekyavaamu eppipa yajjula mazzi, kubanga buli muntu yallowooza nti omulala y'anaateekamu omubisi gw'enjuki.

D. Ebyokukola bigabire ebiseera

“Kinaakolebwa ddi?!” Ebiseera omulimu we gunaakolerwa birina okulambiki-bwa. Ekisaliddwaho kiyinza okwesigamira ennyo ku kiseera nga tekyetaagisa kukolebwa mangu oba okukikeereya, oba singa ebiteeso ebisaliddwaho n'okubissa mu nkola bwe biba tebitambulidde mu mitendera gyabyo. Okugeza, kiba kifaananyi kibi nnyo kye tuba tulaze bwe tusindika ebbaluwa n'etuuka ng'ekiseera ekyatuweebwa nga nsale-sse okuddamu ebbaluwa kiweddeko.

E. Kola embalirira y'ebikozesebw

“Kimalawo ssente mmeka?” Singa ekyokuddamu tekimanyiddwa mu butuufu, waakiri geraageranya omuwendo ogusuubirwa. Okusalawo ekiteeso ekirungi kwekwo okutambilira mu mbalirira eyagerekeddwa.

AWALI EKYOKUKOLA Lowooza Era Onoonyereze Nga Tonnaba Kuddamu	<p>Mu mwaka 1959, nnali nsomera mu Norwood Technical College mu London. Kumakya g'olunaku olumu sseruganda yanjamba nti: “Oli musanyufu era omwenya bulijo. Nneegomba okuba nga ggwe.” Ku lunaku lwe lumu olweggulo sseruganda omulala yambuuza mu kwewuunya nti: “Lwaki bulijo obeera munyiikaavu? Kikyamu ki ekikuliko?”</p> <p>Mu mwaka 1979, nnalina obuvunaanyizibwa mu Iusirika olw'okubangula abantu olwategekebwa WAMY ne IIFSO mu Cyprus. Ku lunaku olwokusatu basseru-ganda babiri bajjamba nti olusirika luno lukakali! Tulinga abali mu kutendekewa okw'ekinnamagye.”</p> <p>Ku lunaku olwokuna, abantu abalala babiri abeetaba mu musomo bajjamba nti: “Pulogulaamu eno ebadde ijjonvu. Tuteekwa okukyusaamu twetendeke nga bannamagye.”</p>
---	---

Kiba kyakabi singa tuddamu mangu nga tuwulidde endowooza z'abantu ne tukyusa enteekateeka zaffe olw'okubasanyusa. Abantu basibuka mu bifo byanjawulo era n'entegeera zaabwe tezifaanana. Tuteekeddwa okwetegereza, okunoonyereza, okukakasa n'okusooka okwebuuza nga tetunnakyusa nteekateeka zaffe. Obukulembeze obuzimbiddwa ku kwanukula ebyogerwa kuyinza okutuwabya. Tulina okuwuliriza

buli omu naye ne tukola nga tusinziira ku ntegeka ebirowoozo byaffe bye gimaze okusengejja. Wadde nga tukiikirira bannaffe, tujukire nti obwo Allah yabutukwasa ng'obuvunaanyizibwa. N'olw'ekyo tulina okukulembera n'amagezi. Omugendo (ekitongole) gulina okubeera omusaale okukulembera abantu sso si bantu kugukulembera.

IV. Ebinyweza okukola emirimu

Kati nga bwe tutegedde ekkubo eritutuusa ku kussa emirimu mu nkola, tuyinza okuganyulwa mu makubo ge tuyitamu olw'okusobozesa okukola emirimu buli lunaku. Bwe tunaalaba ebitulunyjamya n'ebitujjukiza wammanga, tujja kwetegereza ekireeta enjawulo wakati w'olutuuka ku buwanguzi n'okulemererwa okukola omulimu. Okugeza, okuyita n'akatabo akatono (notebook) ak'okuwandiikamu ebinaakolebwa, n'okukolera ku nteekateeka okusinga okwogera ku binaakolebwa, okukola omulimu n'ogumaliriza gwonna, okulondoola enkolebwa yaagwo nga weetegereza abagukola.

A. Obukulu bw'akatabo k'omunsawo

Omuntu mwerabize. Okuvumula obulwadde buno yitanga n'akatabo akoomunsawo oba akapande oba olupapula mu nsawo yo. Wandiika ebintu ebikulu by'oyagala okujjukira ng'okulembeza ebisinga obukulu. Ddamu obitunuulire waakiri emirundi ebiri buli lunaku, ekisingako omulundi ogumu gube gwakumakya ate ogwokubiri olweggulo. Ku lukalala lw'ebyo by'onookola yongerako ebirala. Ebyo by'oba wakoze bisazeeko. Kino kikuyamba okumanya bye wamalirizza. Newankubadde toli mwerabize gezaako okwewayambisa enkola eno: ojja kusanga nga ya mugaso. Oneewuunya engeri gy'ekuya-mba okukola emirimu.

B. Obulwadde obulemesa okukola

Kituufu nti okukola emirimu kuva mu ngeri ebirowoozo gye bitetenkanyaamu. Naye okuleeta ekirowoozo wamu n'okukiyiyya bikolebwa bakulembeze n'abayivu. Olwo abagoberezi balina buvunaanyizibwa ki? Batera okulemererwa okussa mu nkola ebirowoozo ebyo. Tunuulira ebibeera mu nkiiko ogeraageranye ebyogerwa n'ebikole-bwa ku byogeddwa.

Tulina okussa essira ku kukola okusinga okwogera. Allah, Omubaka we, ne Abakkiriza bajja kwetaaga okulaba emirimu gyaffe. Ekizibu ekinene mu kwogera ennyo kwe kuba nti okwogera bwe kuyitirira kudda mu kifo ky'okukola. Bwe twogera ennyo ku mulimu (pulojekiti) ekiseera bwe kiyitawo tusuubira nti omulimu ogwo gukoleddwa. Ekyokulabirako, ye silabaasi yamasomero g'Obusiraamu ag'eddiini. Silabaasi eyo eyogeddwako nnyo naye n'okutuusa kati tennamalirizibwa.

Kyabutonde omuntu okwogera obwogezi mu kifo ky'okukola. Buli okukola lwe kuba okutono, ebigambo biyitirira obungi. Ekyo kiva ku kwekaza olw'omusango omuntu gw'awulira mu mutima gwe. Endowooza eno okugissa mu nkola, buli kigambo ky'oyogera kibale nti kisasulibwa nga bw'osasulira essimu, era buli kikolwa obale nti

kiyingiza ssente. Singa tutunuulira ebintu mu ngeri eno, tujja kulekera awo okubeera aboogezi tufuuke abakozi.

C. Kola Omulimu mu bujuvu (100%) sso si bakolako kitundu ekisinga obunene (99.99%)

Tugeraageranya nti abantu nga 90% bakola kitundu kyamumakkati ku mirimu gyabwe; 9% bakolako ebitundu 95% ku mulimu. Omuntu omu yekka ku kikumi (1%) y'asobola okukola omulimu mu bujuvu (100%). Kino kitegeesa nti bw'oba nga ggwe maneja tosobola kwesiga bakozi kukola mirimu gyabwe mu bujuvu okuggyako omu ku kikumi (1%). Kino kiteeka omugugu ku bamaneja mu kitongole okumaliriza emirimu egitamaliriziddwa. Kino kizza emabega. Oyinza okuwulira abantu abagamba nti omulimu guwedde, naye twetaaga okukola "kino na kiri". Ekyo kiba kitegeesa nti omulimu tegunnaggwa. Lwaki tebakola "kino na kiri" nga tebannajja kukutegeesa?

Abantu abasinga obungi bajja gy'oli nga beetonda olw'obutasobola kumaliriza mulimu. Ensi eno ejjuddemu kwetonda. Ekyetaagisa ye mukozi eyeesigika wadde nga yeetonda olw'ebizibu ebimulemesezza naye ng'asobola okukola omulimu mu bujuvu (100%). Abantu ab'ekika kino bakola baagala era nga tebeetaaga bannampala kuba bo beetuma. Singa mukama wo takwesiga, weebuuze: Nneesigika? Nsobola okukola omulimu mu bujuvu (100%) oba 99%. Enjigiriza ya Omubaka (S.A.W.) eraga nti:

وَإِنَّمَا النَّاسُ كَيْلَبِلَ مَائِئَةٍ، لَا يُوجَدُ فِيهَا رَاحِلَةٌ

Abantu bali ng'ejjamiya mu kikumi oyinza obutasangamu emu
gy'osobola okutambulirako (okwebagala).¹

D. Taata n'Abaana be Abasatu

Abantu baagenda nga banyiivu eri kitaawe w'abaana ne bamubuuza nti: "Lwaki mutabani wo asembayo obuto gw'osinga okwagala?" Yabaddamu nti: "Mulindeeko katono mujja kukizuula." Bwe yamala yayita abaana be abasatu n'abatuma ku mwalo era n'abalagira bakomewo oluvannyuma lw'essaawa emu, buli omu amutegeeze ky'alabye. Abasatu baakomawo buli omu n'ategeeza kitaabwe kye yalaba.

Omwana Omukulu: Tufunye ebyuma.

Omwana omukulu addako: Eggulo twafunye ebyuma bisatu okuva e Japan.

Omwana asembayo obuto: Twafunye ebyuma bisatu, naye sipeeya waabyo taliiko, kuliko ekyuma ekibongofu, era mmaze okuwandiikira kampuni ya Yinsuwa nga nneemulugunya basobole okutuliyira. Tuteekeddwa okuweereza ebiwandiiko byonna mu bujuvu mu wiiki ejja tuleme kusukka nsalessale eyatuweebwa era twewale okusasula omutango og'okusussa olunaku nsalessale.

Sooka okole omulimu mu bujuvu bw'omala okkirize ensobi zo nga tonnaba kwegeraageranya na balala.

¹ Musnad Ahmad ibn Hanbal, Sahih al Bukhaari, Shih Muslim, Sunan al Tirmidhi ne Sunan ibn Maaja.

Ekyokukola**EMITENDERA OMUKAAGA EGYA PULOJEKITU**


Oyinza okujjukira pulojekiti eyayita mu mitendera omukaaga nga bwe girambikiddwa wano?

1. Obuvumu
2. Okunyiiga
3. Okweraliikirira
4. Okunoonya omusobya
5. Okubonereza atalina musango
6. Okutenda n'okutiitiibya abateetabye mu kukola

Kubamu akafaananyi singa pulojekiti eyo yennyini eddibwamu nate, kiki ky'onookyusaamu? Kubaganya ebirowoozo ne banno mu musomo okusinziira ku buli omu by'ayiseemu.

OLUKALALA LW'ABASSA MU NKOLA EBITEESEDDWA


Omanyi engeri gy'okola nabo emirimu?



Amanyi Byonna

Nnakyemalira

Afumita omugongo



[K]


Buli kintu akimanyi: ggwe tolina ky'omanyi.

[D]

Enkola ey'okukikola eri emu yokka: eyiye.

[B]

Buli lw'okyusa omugongo gwo, wabaawo ekiso ekigufumita.



Omutolotoomi

[CC]

Buli kintu akikwata ensobi: okuggyako ye (y'atakola nsobi).

Avuganya


[C]

Buli lunaku lutalo: ateekwa kuwangula ggwe kuwangulwa.


Ayabika

[E]


Omukebe (omutwe) ogujjudde obuganga: bubaluka mangu.



CC



C



E

Awali ekyokukola

ENSONDA ETTAANO EZ'OBWANGUZI BW'EKITONGOLE

Bwe tumanya ekizibu tekitegeeza nti tukivvuunuse. Tuteekeddwa okukimanya obulungi olwo tulyoke tukinogere eddagala erinaakivumula.

Bwe tumala tulina okukinoonyeza eddagala eryetaagisa. Olwo nga twebuuza nti: "Eddagala eryo linaasobola embeera eno? Mu bipimo ki? Mu kiseera ki? Ensonga zino zonna zirina okusalibwawo. Zino ze eziviirako enteekateeka y'ekyo ky'onoookola. Okukola bwe kuggwa, tuzzaako omutendera gw'okwetegereza ebyasaliddwawo n'engeri gye bissiddwa mu nkola. Emitendera ena egisooka gibeera mu birowoozo era gituyamba okutuuka ku kusalawo okutuufu. Naye ebbanga lye tumala nga tetunnakola tuba tetunnasimbula kugenda mu maaso. Bwe tutandika okukola tuba twetaaga okutegeeezebwa ebintu nga bwe bitambula n'okugenda mu maaso nga tulondoola embeera nga bweri. Bye tumanyiiko biraga nti emirundi mingi ebitongole biyita mu mitendera egisinga obungi naye ne biremererwa okutuuka ku mutendera gw'okussa mu nkola. Ekyo kiva ku butalondoola n'okwekenneenya ebikolebwa. Okumalawo obuzibu buno, kwe kulabayo omuntu omu ku kakiiko akafuzi akole omulimu gw'okulondoola. Oyo afaanankoko omukiise wa palamenti akwasisa banne empisa. Alina okulowooza ku bino wammanga:

1. Kirina okutegeerekeka ani avunaanyizibwa ku kukola ku biteeso ebisaliddwawo. Nsalessale we binaakolerwako akoma ddi? Embalirira yenkana ki? Obuyinza obumuweereddwa okukola omulimu ogwo butandikira wa era bukoma wa?
2. Ebyateesebbwa biteekeddwa okuwandiikibwa n'okubiwa bammembba.
3. Empuliziganya tesaana kukutukawo n'abo abaweeddwa obuvunaanyizibwa, si kubajjukiza kwokka naye n'okufuna alipoota eziraga ekigenda mu maaso. Empuliziganya eyinza okuba eya buli lunaku, buli wiiki, ova buli mwezi okusinziira ku bwangu obuba bwetaagisa. Alipoota ziyanza okuba mu buwandiike ova ez'omumwa okusinziira ku mbeera.
4. Singa aba afunye obuzibu ng'ali ku mulimu gwe ogw'okulondoola, alondonoola alina okwebuuza ku mukulembeze w'ekitongole.

ENSONDA ETTAANO EZ'OB UWANGUZI

1. Manya ekizibu

الْفَلَاح

F A L A H

5. Goberera/
Kigoberere ddala

2. Kyekenneenyé

4. Kola enteekateeka
y'okussa mu nkola

3. Waayo engeri
y'okukigonjoolamu

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Osobola otya okukulaakulanya by'ossa mu nkola ne bifuuka okusalawo kwo?
2. Okuwuliriza abantu bye bagamba kuyamba kutya mu kusalawo ekyokukola.
3. Emitendera etaano egy'okussa mu nkola by'osazeewo gye giruwa?
4. Kiki ekikulu ky'olina okusinziirako okukwasa (okugaba) obuvunaanyizibwa obw'okusalawo?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

OKUZIMBA EKIBIINA EKIKULU EKY'ABEEGASSI KISAZEEWO OKUZIMBA EKITEBE KY'OBUSIRAAMU MU KIBUGA EKIKULU MU MYAKA EBIRI EGIJA, OKUSALAWO KWAKOLEBWA NA BWEGENDEREZA. KATI OBUVUNAANYIZIBWA BUKU-KWASIDDWA GGWE NG'OMU-WANDIISI OMUKULU OKUSSA EKYO MU NKOLA,

1. *Laga emitendera gy'onooyitamu okutuuka ku kusalawo*
2. *Laga ensobi ttaano ezimanyiddwa zoolina okwewala.*
3. *Teekawo enteekateeka ya pulo-jekiti eneesinzirwako okulondoola entambula yaayo; ssaamu olukalala lw'ebinaakolebwa n'ekiseera kyabyo, ebikulu ensaasaanya, n'ebirala.*



Ebikulu Mu Kuteekateeka

- I. Okuteekateeka kye kiki?
 - II. Olugendo lw'okuteekateeka
 - III. Ensonga enkulu eziyitibwamu enteekateeka:
 - A. Okuzzaamu amaanyi
 - B. Ebiseera
 - C. Obuyinza
 - IV. Okuteekateeka ng'osinziira ku bigendererwa
 - A. Tegeka
 - B. Salawo
 - C. Tegeeza (ssaawo empuliziganya)
 - D. Beera n'obuyinza obufuga entambula y'emirimu
 - V. Okuba n'enteekateeka eyaamaanyi
 - A. By'olina okulowoozaako nga tonnateekateeka
 - B. Okuteekateeka okw'okuntikko n'okugabanyeemu
 - VI. Enteekateeka ey'omwaka
 - VII. Ettu Ly'enteekateeka – Entegeka ey'ebibuuzzo 8
 - VIII. Ebiruubirirwa
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO


W'onomonalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okunnyonnyola amakulu g'okuteekateeka n'engeri gye kugonjoolamu endabirira y'omulimu
- Okwawula wakati w'emitendera gy'okuteekateeka egyenjawulo
- Okukwanaganya wakati w'emitendera gy'okuteekateeka egyenjawulo
- Okukola enteekateeka ezingiramu enteekateeka ez'omwaka.

I. Okuteekateeka kye kiki?


Okuteekateeka y'enkola ey'okuteeka ensobi zaffe ku lupapula. Y'enkola ey'okutegeka olugendo lwaffe okuva wano okutuuka eri. Okutuuka gye tulaga, oluusi tuwuguka ne tuva mu kkubo eddene ne tudda mu makubo ag'ebbali n'obukubo obwampiteeyite. Singa omuze guno tegukomezebwta tusobole okusigala mu kkubo ettuufu, twandiremererwa okutuuka gye tulaga. Tuyinza okutuuka awalala naye nga si we tubadde tulaga. Okuteekateeka n'okuba n'obuyinza bituyamba okunywerera ku kkubo ettuufu.

Bwe tuba tugenda gye tulaga oba nga twagala okutuuka ku kiuubirirwa ekikulu, ekituufu kisigala nti: *singa tulemwa okuteekateeka, tuteekateeka kulemwa.*



II. Okuteekateeka ng'Ekkubo

Mu ntegeera emu, okuteekateeka lwe lugendo olw'amakowe ate nga lwetooloo-vu. Tekiba na makulu singa ekkubo eryetoolooovu litaataaganyizibwa oba okutambula ne kuba okwa kaddannyume. Mu kifaananyi ekyensonda essatu, omuntu ayinza okutandikira ku ludda lwonna lw'aba ayagadde.



Bw'olemwa
Okukola
Enteekateeka
Oba
Okola
Nteekateeka
Kulemererwa

Okuteekateeka kuleetawo enkola y'emirimu ennjenderere era ensengeke ekyo nga kiyita mu kwolekeza amaanyi gonna eri okufuna bye tuluubirira. Okuteekateeka kussa essira ku bwetaavu bw'okuleetawo enkyukakyuka mu biseera ebyomumaaso. Okuteekateeka kuleetawo omusingi gw'okuba n'obuyinza olwo kisobozese emirimu emiteeketeke obutawaba kuva ku ntambula yaagyo esuubirwa. Kino kyongera amaa-nyi mu kutuuka ku biruubirirwa era ne kitusobozesa okutegeera n'okulaba ekibiina nga kiri wamu kitole. Ekisembayo, okuteekateeka kukekkerezza ebikozeebwa.

Okusinziira ku nneeyisa, kisuubirwa nti okwewaayo mu kukola omulimu gw'Obusiraamu kujja kwongerwamu amaanyi bwe tuneenyigira mu mulimu gw'okuteekateeka nga tweyambisa *Shuura* (okwebuuza ku bannaffe).

III. Ensonga enkulu eziyitibwamu enteekateeka

A. Okuzzaamu amaanyi

Okuteekateeka mulimu gwa bukulembeze kuzzaamu maanyi, ka kibe nga kutunuulidde ku kigenda okuzuukawo mu kiseera ekyomumaaso ekyokumpi oba ekiri-zuuka mu biseera ebyewala naye ekikakafu. Okuteekateeka okw'ekiseera ekiwanvu kugendererwamu okutwala ekibiina okukituusa we kirina okubeera okwo kuyitibwa kuteekateeka kwa kiseera kiwanvu. Ate ku ludda olulala, okuteekateeka okumpi okugendererwamu okufuna ebyokukola ebisobola okututuusa ku bigendererwa ebyamangu kuyitibwa okuteekateeka okw'okussa (omulimu) mu nkola.

Enteekateeka ez'ekigendererwa ekyenjawulo ziteekawo amakubo n'ebintu ebikulu ekibiina bye kirina okukulembeza okukola. Enteekateeka ez'engeri eno ze zivaako ebinaasalibwawo mu ngeri ennambulukufu wamu n'okumanya kye zinaaleeta mu maaso, okutetenkanya mu ngeri ennambulukufu amaanyi ageetaagibwa okussa ebisaliddwaawo mu nkola, wamu n'okupima ebinaava mu bisaliddwaawo bwe biba bipimiddwa ku bisuubirwa nga tuyita mu kutegeeza ebivuddemu mu ngeri ennambulukufu. Enteekateeka zino era zitunuulira embeera y'ekifo ekiri ebweru w'ekibiina ng'embeera eyo ereetebwa empangaala y'abantu, ebyobufuzi, n'ebyenfuna. Ku ludda olulala, enteekateeka z'ebinaakolebwa obunnambiro ziruubirira mirimu na pulojekiti ezenjawulo. Enteekateeka ey'amangu etwala omwaka gumu. Ate enteekateeka ey'ebiseera ebyewala etwala emyaka etaano, kkumi oba okusingawo.

B. Ebiseera

Okuteekateeka kusinziira ku biseera kubanga enteekateeka ziba n'ebisalibwawo ebyetaagisa okussa mu nkola. Ate okussa mu nkola kutunuulira ebinaavaamu (ebinaddirira) mu kiseera ekigere ekyomumaaso. Tuyinza okuteekateekera omwezi, omwaka oba emyaka kkumi. Ebbanga ly'oteekateekera gye likoma obuwani n'obwetaavu bw'olugendo lwo gye lukoma. Okuteekateeka kulaga oluseregende lw'emirimu egiteekwa okukolebwa olw'okutuuka ku biruubirirwa. Enteekateeka zaawulwamu okusinziira ku biseera bye zinaamala nga bw'olaba wammanga:

- Enteekateeka ennyimpi
- Enteekateeka ez'ekigero ekyawakati
- Enteekateeka empanvu

Enteekateeka ennyimpi ziteekwa okuyingizibwa mu nteekateeka empanvu. Ate ku ludda olulala, enteekateeka empanvu ziteekwa okugabanyizibwamu ne zivaamu enteekateeka ennyimpi.

a) Ebigendererwa by'ekibiina (ebiruubirirwa)

Enteekateeka empanvu ze zimu era eziyitibwa enteekateeka ezenjawulo, eziyinza okumala ekiseera kya myaka etaano okutuuka ku kkumi. Ekikulu mu kuteekateeka okw'ekiseera ekiwanvu kwe kubeera ne ebigererwa oba ebiruubirirwa. Ka tulabe mu bufunze amakulu g'ebigendererwa by'ekibiina.

Ebigererwa ky'ekibiina y'embeera ekibiina gye kigezaako okutuukako nga kiri wamu kitole. Ebigererwa ky'ekibiina kye twogerako ku ludda olulala kyekuusa ku bigendererwa by'abakulembeze abaalonde, abalina obwammembba obwabulijjo n'obutali bwabulijjo, n'ebigendererwa eby'Abasiraamu bona okutwalira awamu. Ebigererwa eby'ekibiina ekiri ku musingi ogw'Obusiraamu byesigamizibwa ku Kulaane, enjigiriza ya Nnabbi (SAW), wamu n'okwebuuza ku bammembba b'ekibiina.

b) Enteekateeka empanvu oba ezenjawulo

Mu kubaga enteekateeka, akakiiko akafuzi kateekeddwa okutunuulira ebirowoozo bya mirundi ebiri:

- a: ebirowoozo ebikwata ku nsonga ze batalinaako buyinza, okugeza enkyukakyuka mu nneeyisa y'abantu, ebyobufuzi, n'ebirala.
- b: ebirowoozo bikwata ku nsonga ze balinako obuyinza, okugeza, ebifa ku mbalirira, ebirina okusookerwako mu *da'awah*, n'ebirala.

Ekkubo ly'okubaga enteekateeka kwe kukunjaanya n'okulambulula amawulire amakulu agazifaako, okwenenneya ebifa ku bunene bw'ekitundu omukolerwa ekwatagana n'ebigendererwa, okussaawo akakiiko akafuuza enzirukanya y'emirimu mu kibiina, okussaawo amakubo amalala agenjawulo agayinza okukwatibwa n'oku-baga ekyokukola ekyenjawulo ekirala ekyamaanyi n'ebiyokukola ebirala ebisobola okujuuliriza ebigererwa ebyogeddwaa.

Enteekateeka ezenjawulo bwe zimala okubagibwa ekibiina kiyinza okubagawo enteekateeka ezeekigero (ezitali mpanvu nnyo) ne zigabanyizibwa mu myaka wakati w'ogumu ne ebiri. Kikulu nnyo okuba nti enteekateeka ezeekigero zitambula mu bulambulukufu nga nsengeke era nga ziva mu enteekateeka empanvu. Ekibiina ekiri ku musingi gw'Obusiraamu ng'enteekateeka yaakyo empanvu kuzimba kitebe kya Busiraamu, kiyinza okussaawo enteekateeka ey'ekiseera ekigere okukunngaanya sente ezinaazimba. Enteekateeka eno esobola okufuuka eddaala erisoboze ekibiina okutuuka ku ntegeka yaakyo empanvu.

c) Enteekateeka ey'ebiseera ebyokumpi oba erina ekigendererwa ekyamangu

Enteekateeka ennyimpi oba enteekateeka erina ekigendererwa ekyamangu ebeera n'ennyinyonnyola erambulula enzirukanya y'ekibiina eya buli mwaka. Enteekateeka eyaamangu ekolebwa okunyweza okuteekateeka okwenjawulo, etekawo endagaano, kubanga ekwatagana na kiseera ekyomumaaso. Ekibiina ekiri ku musingi

gw'Obusiraamu ekirina enteekateeka empanvu ey'okuzimba ekitebe ky'Obusiraamu, era nga kirina ne enteekateeka eyeekigero ey'okukunjaanya ensimbi, kiyinza okubagawo enteekateeka ennyimpi ey'okukuba pulaani wamu n'okuteekateeka ebinaakozesebwaa okukunjaanya ensimbi ezinaasondebwa.


Enteekateeka ez'ebiseera ebyokumpi zennyini ziyinza okukutulwamu ebiruubirirwa ebyenjawulo oba enteekateeka ezookukolako buliwo ng'ebiseera ebisinga zikoma okuva ku lunaku olumu okutuuka ku nnaku amakumiasatu. Bwe tutyo nga tugenderera n'ekyokulabirako waggulu, ekirina okukolebwa embagirawo kwe kufuna omuntu akola enteekateeka, okumutuukirira, n'okukkiriziganya naye ku mbalirira ey'okuteekateekamu omulimu. Omuntu omu ateekeddwa okulagirwa okutegeka akatabo akaneeyambisibwa okunoonya ssente.

C. Ekitundu ekitwalibwa

Okukola enteekateeka mulimu gwa kitundu ekitwalibwa. Tuteekeddwa okukolera buli kitundu eky'eki-biina enteekateeka era n'ekibiina kyonna. Enteekateeka zombi zirina okuba nga zikwatagana. Ku bibiina ebikolera ku kigendererwa ekikulu, ebibiina ebikolera ku bannakibiina, ekkubo eriyitibwamu okukola enteekateeka gukola ly'a ngeri bbiri:

1. Eriva waggulu okukka wansi: Okutegeera obulungi ekigendererwa ekikulu kwe kusalawo ekkubo erikolerwamu enteekateeka na biki ebirina okusoosebwa. Amawulire gano gaweebwa obutundutundu ne gabuyamba okubulunjamya.
2. Eriva wansi okwambuka waggulu: Okutegeera obulungi ebyetaago bya bammemba ne bye bakola kwe kusalawo ebantu ebisaanidde okukolebwa wansi easembayo mu kibiina. Amawulire gano galukibwa wamu mu ntegeka y'akatundu ne gaweerezebwaa waggulu. Enteekateeka z'ebitundu ebyenjawulo ze zikolebwamu enteekateeka eyaawakati.

Amadaala agenjawulo mu kkubo ly'okukola enteekateeka ag'ebitundu nga bwe bitwalibwa galagiddwa waggulu.



IV. Okukola Enteekateeka mu Nkola Ey'okuddukanya Emirimu ng'osinziira ku Kigendererwa (MBO)

Kati tugenda okwanjula enkoa ey'okukola enteekateeka emanyiddwa ng'okuddukanya Emirimu ng'osinziira ku Bigendererwa. Okubissa mu bigambo ebyangu, okukola enteekateeka ez'ekika ekyo kusalawo ANI agenda okukola KIKI, BUTYA, era DDI. Waliwo amadaala ana ag'okukola enteekateeka mu nkola eya MBO: okutegeka, okusalawo, okutegeza be kikwatako, n'okufuga enteekateeka.

A. Tegeka

Mu mutendera gw'okutegeka mu lugendo lw'okukola enteekateeka, ekibiina kirina okukola bino wammanga:

- a. Okwogera ebiruubirirwa mu ngeri ennyinnyonnyofu era eri ku mulamwa nga bwe kisoboka.
- b. Okukunjaanya ebikwata ku biruubirirwa, amawulire, nabalala bye baayitamu.
- c. Okwebuuza kw'abo abakola ku nsonga oba abagenda okussa enteekateeka mu nkola abakwatibwako obutereevu oba obutali butereevu. Era weebuuze ku bantu abamanyi oba ababeera n'ebirowoozo ebyabwe ku bwabwe abayinza obutakwatibwako nsonga.

B. Salawo

Mu mutendera gw'okusalawo mu lugendo lw'okukola enteekateeka, ekibiina kirina okukola bino wammanga mu mitendera gyabyo:

- a. Okwenenneya byonna ebikwata ku nteekateeka n'okulowooza ku mbeera na buli kisoboka okuzuuka. Tweekugira na butaba na byetaagisa okukozesebe wa mu mutendera guno, okuva eby'okukozesa lwe biyinza okugaziyizibwa. [okwongerwako].
- b. Funa ebintu ebyenjawulo ebiyinza okukola; buli kiyinza okukola kiteekeddwa okuba nga kituuka ku kigendererwa [ebigendererwa].
- c. Pima buli kisoboka okukola olondemu ekisinga obulungi. Lowooza ku ky'ebikozesebe wa okubeerawo (kati oba okuba nga bisoboka okufunibwa), emigaso abantu gye bafunamu (gye gikoma okuba ekirungi), n'obudde bwe kiyinza okutwala (okusinziira ku miziziko egiri mu mbeera mwe kikolerwa).
- d. Teekawo ekipimo ebituufu, ebisoboka, era ng'ebibikwatako ekipimika bisobola okukunjaanyizika.

C. Tegeeza be kikwatako

Omutendera ogw'okutegeza be kikwatako mu lugendo lw'okukola enteekateeka gubaawo oluvannyuma lw'enteekateeka yennyini okusalibwawo:

- a. Salawo kw'ani ddala aneetaba butereevu oba si butereevu mu nteekateeka ng'okozesa amawulire agakunjaanyiziddwa ku bantu enteekateeka b'eruubirira.
- b. Londawo era osse mu nkola amakubo agasinga obulungi ag'okutegeezzaamu abantu enteekateeka.
- c. Kebera okukakasa nti buli muntu aneetaba mu enteekateeka agitegeera era agikkiriza era obakkirize okukyusaamu katono mu ngeri gye bagenda okukolamu emirimu gyabwe egikwatagana n'enteekateeka by'ebagamba okukola.

D. Fuga enteekateeka

Omutendera gw'okulabirira n'okufuga enteekateeka mu lugendo lw'okukola enteekateeka lulimu amadaala ana:

- a. Teekawo ebifo n'ebiseera mw'okeberera okusobola okupima entambula ya pulogulaamu Tukyatambula bulungi oba nedda?
- b. Geraageranya ebituukiddwako ku byali bisuubirwa; kakasa nti oyawula wakati w'ebikyamye ebiba bireeteddwa ebintu by'embeera y'obutonde ebitafugika n'ebyo ebireeteddwa enteekateeka obutassibwa bulungi mu nkola.
- c. Beerako ne ky'okola bwe kiba kyetaagisizza; kwe kugamba, kyusa mu bigendererwa ebiri mu nteekateeka kati bwe biba nga tebikyakola, oba bwe kiba kyetaagisizza kyusa enteekateeka yonna. Okutereeza nga muli mu kkubo kirungi okusinga okusanga emitawaana ku nkomerero.

V. Obulungi mu kukola enteekateeka

A. Ebirina okutunuulirwa ng'enteekateeka tennaba

Enteekateeka y'okutambulirako, bw'eba ekolebwa n'okulengera ewala n'obumalirivu, eky'okukola erina okukibeerako mumwaka. Erina okukola ng'omuziziko ogw'okukolera enteekateeka mu mbeera eyaakanaayokyani eyeetaaga abantu abangi, eyonoona ssente, ebiseera n'ekyagala. Okuleeta ebibala ebisuubirwa okuvaamu, enteekateeka eyeekika ekyo erina okutunuulirwa era ebeere ng'eddamu okwekebejjebwa buli luvannuma lwa myezi esatu.

Okukubaganya ebirowoozo ng'enteekateeka tennaba kulina okulunjjamizibwa bino wammanga wadde nga ku ntandikwa biyinza okulabika ng'ebikontana:

1. Tetusobola kuteekateeka kukola ebisinga ku by'okukozesa mu mwaka.
2. Tuteekeddwa okubeera abavaamu okutandika n'okufuna entegeka empya ez'okukola mu mwaka ogujja. Okusobola okufuna ebikozesebwba ebipyka kusinziira kw'ekyo.


B. Okukola enteekateeka okukolerwa waggulu n'ezikolerwa wansi

Enteekateeka eyinza okukolerwa waggulu oba okukolebwa abantu abali wansiko mu madaala. Mu nteekateeka ezikolerwa waggulu, ekkubo liba mu ngeri ya muzimbo ogw'ensonda essatu. Pulezidenti y'ateekerawo bammemba ebigedererwa eby'olukiiko olufuzi, era y'assaawo ekipimo (omutindo) n'ebisuubirwa okutuukibwako, y'awa amawulire n'okutendeka, ebintu bannakibiina bye beetaaga, y'annyonnyola amakubo agayitibwamu okukola, y'akola era n'etereeza enkola, era n'assa mu nkola enneeyisa okukakasa nti buli muntu akola ky'ateekeddwa okukola.

Ku ludda olulala, mu nkola ey'okukola enteekateeka ng'eva wansi, pulezidenti n'olukiiko olufuzi beebuuza ku bannakibiina ku madaala agenjawulo ag'okukola n'okussa mu nkola enteekateeka. Amawulire gafunika nga bwe geetaagibwa awatali kukugira kwonna, era okutendeka kyenkana kuba ng'okwo'okuyigira ku mulimu. Bannakibiina tebagobwa mu kibiina bwe bakola ensobi, naye bakubirizibwa nnyo okuyiga mu nsobi.

Ebitendo by'Enteekateeka Ennungi

1. Enteekateeka zeetaaga okubeera nga ziri ku kintu kyenninyi bwe ziba nga zaakusikiriza bannakibiina baffe okukola ebikolwa ebyeddako.
2. Enteekateeka ziteekeddwa okubeera nga zeekubidde ku bikolwa nga si nnyangu nnyo obanzibu nnyo. Ziteekeddwa mu lulimi olwanguyira abagenda okuzissa mu nkola okutegeera.
3. Enteekateeka ziteekwa okuba nga zikyusika. Gye wakoma okubeerawo ebintu ebitafugika ebingi, n'enteekateeka gy'erina okukoma okuba ng'esobola okukyusika.
4. Enteekateeka ziteekeddwa okuba nga zitukanan n'ebigendererwa by'Abasiraamu ebigazi (ebiwanvu).



Ebyokulabirako Eby'Emiziziko (egikolera awamu) Egy'ebiseera ne ssente:

- a: Okuweereza amabalua okutegekeddwa okukeresa emiwendo egy'eddaala eryokusatu; okukeerewa kufuula EKISEERA okuggwaako olwo okuweereza ebbaluwa ne kuba nga kulina okukolebwa na ddaala lisooka ku MIWENDO egikubisiddwamu emirundi egisukka mu esatu.
- b: Tikiti z'ennyonyi ezoobuwanana zirina okugulibwa OLW'OKUKEEREWA okuweereza amabalua agayita abantu ku mukolo oguteekateekewa.

Ebiyinza okuyamba mu kukola enteekateeka okulungi

1. Enteekateeka ennungi ze ezo ezikolebwa abantu ababa bajja okuvunaanyizibwa ku kuzissa mu nkola.
2. Bonna abagenda okwetaba nu kukola enteekateeka ensi balina kuba nga bagiraba mu ngeri y'emu, kati ne biseera eby'omumaaso; bateekwa okuba nga bafaanaganya endaba y'ebintu.
3. Enteekateeka zikola bulungi bwe zisooka amaanyi okugassa ku nsong'a okusinga okugassa ku binaakozesebw'a, ku **ani** okusinga ku **ngeri ki**. **Ngeri ki** erina kujjaluvannyuma.
4. Abantu abasinga tebaagala kukola nteekateeka kubanga enteekateeka kitegeesa kwesiba muguwa mu bulago kw'ebyo bye baba batajja kutuukiriza. Akwanaganya eby'okukola enteekateeka alina okugira ng'aleka okwajjanga ekya **ngeri ki** ey'okutuukiriza ebigendererwa eby'ebiseera eby'omumaaso okutuusa ng'ekibinja kikyamuukiridde ku bwetaavu obulabika n'emikisa egiri mu biseera eby'omumaaso (egyeyerudde).
5. Okuva ebintu ebitono lwe biri nti by'ebisoboka okutuukirizibwa mu kiseera ekimu, kiba kikulu okunoonyaamu ebiruubirirwa ebikulu ennyo n'okutegeka amakubo amatono amakulu okubitukiriza.
6. Okukola enteekateeka kulagajjalirwa kubanga mulimu muzibu. Gwetaagisa okwerowoozeza okugenda ewala, okugeza okunoonyereza. Wabula ebibala ebiva mu kukola enteekateeka bisasula nnyo.
7. Okuganyulwa ekiyitiridde mu kukola enteekateeka, jjukira OKUKOLA ENTEEKATEEKA; OKUSSA MU NKOLA; OKUKEBERAKO.
8. Enteekateeka zirina okuteekateekewa okuvaamu ebibala wakati mu miziziko gy'ebiseera, abantu, ssente ne bye batwala ng'ebikulu.

VI. Enteekateeka y'Ebyokukola Eyoomwaka

Enteekateeka y'ebyokukola eyaabuli mwaka essaawo ekkubo ery'okutambuliramu ekibiina mu kiseera ekyenjawulo. Mu kibiina ekitambulira ku musingi gw'Obusiraamu ekirina olukiiko olufuzi olulonde n'eggwandisizo eryenkalakkalira, omulimu gw'okuteekateeka ekiwandiiko kino guba ku mukulu w'eggwandisizo agukola nga yeebuuzziza ku mukulu w'akakiiko akafuzi ak'ekibiina. Omukulu w'ekibiina, atera okuyitibwa pulezidenti oba ssentebe, y'alina obuvunaanyizibwa obusembayo okuwaayo enteekateeka ennungi eri akakiiko akafuzi kagiyise era kakakase nti essibwa mu nkola nga bw'eyisiddwa.

Okuteebereza okusemberedde obutuufu okw'ennaku z'omwezi ez'okutandikirako n'okumalirako buli kitundu kya mulimu ky'ekintu ekisinga okubeera ekikulu mu nteekateeka y'eby'okukola.

Ebiseera bino tuyinza okubisalawo nga tusoose okumanya ekiseera buli ekigenda okukolebwa kye okumala. Bwe tumala ne tusalawo ekigenda okukolebwa omulimu gwe kirina mu nteekateeka y'ekitongole okusobola okusalawo olunaku olw'okutandikirako. Okusalawo ebiseera era kulina okulowooza ku bantu abeetaagisa n'ebyuma ebigenda okukozesebwa okuba nga weebiri. Tulina okuzuula ebifo ebikulu mu ntambula ya buli kikolebwa.

Ebbago erisembayo ery'enteekateeka ey'ebigenda okukolebwa buli mwaka liteekeddwa okuteekatekebwa nga tuyita mu nkola ey'okugatta ebitundutundu by'enteekateeka ebyeyawulidde. Buli akiikirira ekitundu alina okukola enteekateeka ey'ekitundu ekyo nga yeesigamiziddwa ku nteekateeka ez'ebitundutundu mu kitundu ekyo. Buli akiikirira zooni alina okukola enteekateeka eya zooni eyo nga yeesigamiziddwa ku nteekateeka y'ekitundu ekyo. Mu ngeri y'emu, buli akulira ekitongole mu ggwandisizo alina okukola enteekateeka y'ekitongole nga yeesigamiziddwa ku nteekateeka okuva mu bisaawe by'emirimu. Omukwanaganya w'okukola enteekateeka mu bitebe ebikulu alina okugatta enteekateeka zonna okutegeka ebbago erisembayo.

Ebbago erisembayo ly'erifuuka enteekateeka ey'omwaka ey'okutambulirako ey'ekibiina oluvannyuma lw'okuyitibwamu n'okuyisibwa olukiiko olw'okuntikko olusalawo ku nkola y'ekibiina.

VII. Ebbaasa y'Okukola Enteekateeka: Enkola Ey'ebibuuzo Omunaana

Endowooza n'obukodyo ebikozesebwa mu kukola enteekateeka bisobola okukola mu mbeera ezenjawulo. Tujja kutunuulira ebyokulabirako bibiri nga byawukana nnyo mu biseera n'embeera mwe byazuukira okusobola okunnyonnyola kye tugamba. Okwongera kw'ebyo, ekitundu ekinnyonnyola ku nkomerero ya buli kyakulabirako kiraga butya okukozesa ebibuuzo omunaana bwe kiyinza okuyamba abakulu mu

kibiina okunnyonnyola omulimu gw'okukola enteekateeka eri ekibinja ekivunaa-nyizibwa ku kukola enteekateeka.

Okutunula ku ngeri enteekateeka egenda okutambulirwako bw'eyinza okutegekebwa, tudda ku "bbaasa y'okukola enteekateeka". Bbaasa eyo esinziira ku kye tuyise enkola ey'ebibuuzo omunaana, omuli ebibuuzo omuntu akola enteekateeka by'alina okwanukula.

- E** | Ekibuuzo 1: **Kiki ekigendererwa mu kukola enteekateeka?**
- | Ekibuuzo 2: **Lwaki ekigendererwa kino kirina amakulu?**
- | Ekibuuzo 3: **Ani agenda okussa mu nkola era ani agenda okukwatibwako enteekateeka?**
- 8** | Ekibuuzo 4: **Butya bwe bagenda okutuukiriza ekigendererwa era butya bwe bagenda okupima ebivaamu?**
- | Ekibuuzo 5: **Ddi okussa mu nkola lwe kugenda okubeera okulungi?**
- | Ekibuuzo 6: **Wwa ekyokukola omukolo we bigenda okusinga obulungi?**
- | Ekibuuzo 7: **Ku miwendo ki ng'otunuulidde abantu, ekiseera ne ssente enteekateeka kw'egenda okukolebwa?**
- | Ekibuuzo 8: **Eri migaso ki enteekateeka kw'eyolekezeddwa?**

Ekisembayo, tuteekeddwa okukakasa nti enteekateeka ez'ebitundu nga kw'ogasse n'ebigenda okukolebwa, nti biteekeddwa bulungi mu nteekateeka eyaawakati.

Awali ekyokukola

Ofaayo nnyo ku mirimu oba ku bantu?

Okutwalira awamu abantu boolesa enneeyisa ya mirundi ebiri. Enneeyisa emu erimu abantu essira abaliteeka kukutuukiriza ebigendererwa nga tebatunuulidde nnyo bantu; endala erimu abo ebirowoozo byonna ababiteeka ku kusanyusa abantu nga tebafuddeeyo ku biruubirirwa. Ekkubo eddungi ery'okukolamu ebintu kwe kugezaako okutuukiriza ebiruubirirwa mu kiseera ky'ekimu n'okusanyusa abantu. Naye kino kyangu okwogera okusinga okussa mu nkola, naddala mu biseera ebyokumpi. Twetaaga amagezi ag'ekibinja kyonna nga gaweereddwayo nga gayita mu kwebuuzaganya ku ngeri ki ey'okugendamu mu maaso mu ngeri eyoomumakkati, okutuukiriza ebigendererwa byaffe, n'okukuuma enkolagana ennungi n'abantu mu kiseera ky'ekimu. Awatali kubuuusabuusa okwewaayo n'okuba abeesimbu eri Allah by'ebintu ebyetaagisa okusooka, naye mu kutuukiriza emirimu era twetaaga amagezi agaawamu ag'abo abalina obumanyirivu obwamaanyi.

EKYOKULABIRAKO EKY'OKUTENDEKA ABAYIZI ABASIRAAMU MU BUKULEMBEZE

1. Ekibuuzo ekisooka: **Kiki?**
 Kigendererwa ki ekiri mu kukola enteekateeka kuno?
 Okugeza: Okutendeka abakulemebeze b'abayizi Abasiraamu okukola emirimu obulungi
2. Ekibuuzo ekyokubiri: **Lwaki?**
 Lwaki ekiruubirirwa kino kyamakulu?
 Okugeza: Ekibiina kye bakulembera kisobole okukola emirimu obulungi.
3. Ekibuuzo ekyokusatu: **Ani?**
 Baani abagenda okussa mu nkola era b'ani abagenda okukolebwako ekitegekeddwu okubeerawo?
 Okugeza: Abakozi b'okukitebe ekikulu ekya ISNA n'abakulu abali mu bifo aba MSA, MAYA, ne MISG.
4. Ekibuuzo ekyokuna: **Butya?**
 Ekigendererwa kya kino ekitegekebwa bagenda kukituukiriza batya?
 Okugeza: Nga bayita mu kkampu ez'engeri ezimu n'eby'okusoma.
5. Ekibuuzo 5: **Ddi?**
 Ekitegekebwa ddi lwe kinaabera kisinga okutegekebwa obulungi?
 Okugeza: Mu biseera by'obutiti obwa 1992.
6. Ekibuuzo 6: **Wwa?**
 Ekitegekebwa wwa gye kiyinza okusingira obulungi?
 Ku Kitebe Ky'Obusiraamu ekya Amerika Eyoomumambuka mu ssaza ly'e Indiana.
7. Ekibuuzo 7: Kigenda kwetaagisa ki?
 Ekitegekebwa/ekigenda okukolebwu/omukolo kigenda kwetaagisa ki mu bantu, ebiseera ne ssente?
 Okugeza: Abantu nga bataano nga bakolera mu kabinja okumala essaawo ttaano buli wiiki okumala wiiki ttaano ku ddoola 500.
8. Ekibuuzo ekyomunaana: **Ku Mugaso ki?**
 Omugaso gwonna ogwawamu ogusuubirwa mu kitegekebwa kino gugenda kubeera gutya?
 Okugeza: Abasiraamu n'abatali Basiraamu abali wansi w'ebibiina ebigena okwetabamu bagenda kufuna empeereza erongooseddwamu era n'okukola obulungi okusingako mu da'awah, in sha'a Allah.
9. Ebinnonyola oba ebiggattibwako
 Okutendeka abakulemebeze b'abayizi Abasiraamu okukola obulungi okusingako; olwo ebibiina bye bakulembera bisobole okukola obulungi, abali mu bifo mu ebibiina ekya MSA, MAYA, ne MISG bajja kubaako n'okutendekebwa okw'engeri ezimu mu kiseera ky'obutiti mu mwaka 1992 ku kitebe ekikulu ekya Islamic Center of North America. Abantu nga bataano abajja okukolera mu kabinja essaawa nga ttaano buli wiiki okumala wiiki ttaano nga kyakutwala ddoola 500 bajja kwetaagibwa okusobola kino okukituukiriza. Ekinaava mu kino be Basiraamu n'abatali Basiraamu abali wansi w'ebibiina ebigena okwetabamu bajja kufuna empeereza erongooseddwamu ne da'awa esingako obulungi, in sha'a Allah.

EKYOKULABIRAKO EKY'ERYATO LYA NUUHU

1. Ekibuuzo ekisooka: Kiki?

Kigendererwa ki ekiri mu kukola enteekateeka kuno?

Okugeza: Okutambuza ebiramu ebirondeddwa okubitwala awatali katyabaga.

2. Ekibuuzo ekyokubiri: Lwaki?

Lwaki ekiruubirirwa kino kyamakulu?

Okugeza: Obulamu busobole okweyongera okutambula oluvannyuma lw'amataba.

3. Ekibuuzo ekyokusatu: Ani?

B'ani abagenda okussa mu nkola era b'ani abagenda okukolebwako ekitegekeddwa okubeerawo?

Okugeza: Nuhu (AS) (Noah) n'omugogo gwa buli kisolo n'abakkiriza.

4. Ekibuuzo ekyokuna: Butya?

Ekigendererwa kya kino ekitegekebwa bagenda kukituukiriza batya?

Okugeza: Nga bayita mu ngeri emu ey'entambula ey'okunnyanja.

5. Ekibuuzo 5: Ddi?

Ekitegekebwa ddi lwe kinaabera kisinga okutegekebwa obulungi?

Okugeza: Amangu ddala ng'amataba gaakatandika.

6. Ekibuuzo 6: Wwa?

Ekitegekebwa wwa gye kiyinza okusingira obulungi?

Okugeza: Mu buvanjuba bw'ekibuga.

7. Ekibuuzo 7: Kigenda kwetaagisa ki?

Ekitegekebwa/ekigenda okukolebwa/omukolo kigenda kwetaagisa ki mu bantu, ebiseera ne ssente?

Okugeza: Nuhu (AS), ng'akolera wamu n'abakkiriza baakola ennaku eziwera nga bannakyewa, olwo ne basigaza kusasulira ebikozesebwa ebyali byetaagisa byokka.

8. Ekibuuzo ekyomunaana: Ku Mugaso ki?

Omugaso gwonna awamu ogusuubirwa mu kitegekebwa kino gugenda kubeera kiki?

Okugeza: Ensi ejja kubeera omulundi omulala ng'erimu bantu n'ebisolo ebyewaddeyo obulambirira eri Allah (SWT).

9. Ebinnyonnyola oba ebigattibwako

Okutambuza ebintu ebiramu ebirondemu okubitwala awatali katyabaga obulamu busobole okusigalawo oluvannyuma lw'amataba, Nuhu (AS) wamu n'emigogo gy'ebisolo n'abakkiriza balina okusengulwa nga bako-zesa entambula emu ey'okunnyanja amangu ddala ng'amataba gaakata-ndika okuva ku ludda lw'ekibuga olw'ebuvanujuba. Nuhu (AS), ng'ako-lera wamu n'abakkiriza okumala ennaku entonotono nga basasulira ebikozesebwa ebyali byetaagisa, bajja kusobola kino okukituukiriza. Ekinaava mu kino, ensi ejja kubberamu omulundi omulala abakkiriza n'ebisolo ebyewaayo bulambirira eri Allah (SWT).

VIII. Ebigendererwa


Ebigendererwa gwe muwendo ogusasula ekikola ky'okukola enteekateeka. Mu bigambo ebirala, okukola enteekateeka kwonna kwolekezebwa eri okutuukiriza ebigendererwa. Ebigendererwa bwe bibeera nga tebitegeerekka oba nga tebyetaagibwa, teri muwendo gw'enteekateeka guyinza kutusobozesa kubituukiriza.

N'olw'ekyo, okuwandiika statimenti y'ebigendererwa si kikola kya kulaga bulazi bukugu. Statimenti y'ekigendererwa ewandiikkidwa obulungi eyinza okukola enjawulo wakati w'okuwangula n'okulemererwa. Okutegeera butya sitamenti y'ekigendererwa ennungi bw'ezimbibwa, ka tugirowoozeeko nga "ekiramu".

Omutima gwa sitamenti ye "ekigambo ekiraga ekigenda okukolebwa." Omutwe gwa sitamenti y'ekigendererwa ye "muntu avunaanyizibwa" atekamu amaanyi n'atandika ekikola. Omubiri gwa sitamenti guliko "ekiseera n'ennaku z'omwezi ebyenjawulo" ne "ssente n'ebiseera ebiweebwayo." Amagulu ga sitamenti y'ekigendererwa "by'ebibala ebyenjawulo ebivaamu ku nkomerero" ebyo ebitwala omuntu avunaanyizibwa okukola ekikola, eyo gy'ayagala okugenda.

Wammanga tugenda kulaga "omubiri" gwa sitamenti y'ekigendererwa n'eb'okukeberako ebyetaagisa okugwekebejja.

OMUBIRI GWA SITAMENTI Y'EKIGENDERERWA



OLUKALALA

OKUKEBERWA N'OKWEKEBEJJA EKIGENDERERWA KYO

KY'OWANDIISE

Okwekebeja ebigendererwa byo ebiwandiike, lowooza ku bibuuzo ebijja wammanga. Yanukula YEE oba NEDDA. Okukikola mu butuufu, okuddamu kwo kwonna kulina kubeera YEE. Kola kw'ebyo ebiddiddwamu nti NEDDA.

Gattako ebibuuzo ebibyo mu masa ameereere.

EKIBUUZO STATIMENTI Y'EKIGENDERERWA EYOGERA BW'ETI...	YEE/ NEDDA	OKUDDAMU BWE KUBA NTI NEDDA OGENDA KUKOLA KI?
➤ ekigendererwa kye kiri wa, mu ngeri ennambulukufu era enzigmivu?		
➤ oba ekigendererwa kisobola okuteekewa mu miwendo?		
➤ ekirina okukolebwa?		
➤ ekigendererwa kisuubira kutuukiriza ki?		
➤ ani alina obuvunaanyizibwa obw'okukikola?		
➤ kinaamalirizibwa ddi?		
➤ kkubo ki erinaakwatibwa okutuukiriza ekigendererwa ekyo?		
➤ ensonga eriwo okutuukiriza ekigendererwa ekyo?		
➤ ebintu ebirina okukozesebwa, mu bujuvu, ebyetaagisa okutuukiriza ekigendererwa?		
➤ ani agenda okukwanaganaya ebitundutundu by'ekigendererwa ekinene?		
➤ engeri y'okupimamu oba ekigendererwa kituukiriziddwa?		
➤		
➤		
➤		

OLUKALALA**OKUKEBERWA EBINTU EBITERA OKUBULA MU SITATIMENTI
Z'EKIGENDERERERWA**

Okwekebejja ebigendererwa byo ebiwandiike, lowooza ku bibuuzo ebijja wammanga. Yanukula YEE oba NEDDA. Okukikola mu butuufu, okuddamu kwo kwonna kulina kubeera NEDDA. Kola kw'ebyo ebiddiddwamu nti YEE.

Gattako ebibuuzo ebibyo mu masa ameereere.

EKIGENDERERWA BYE...	YEE/ NEDDA	OKUDDAMU BWE KUBA NTI YEE OGENDA KUKOLA KI?
➤ biteekeddwa wansi nnyo okuba nga ddala bisobola okusomooza obusobozi.		
➤ tebisaanira oba tebisoboka okusobola okubituukiriza kubanga abantu oba ebibinja byawanika nnyo obusobozi bwabyo.		
➤ tebirowooza ku buvunaanyizibwa bw'omuntu abikola.		
➤ Bifa ku butya ekintu bwe kikolebwa mu kifo ky'okulowooza ku kiki ekirina okukolebwa.		
➤ tebiweereddwa muntu kuba na buvunaanyizibwa obw'okubituukiriza.		
➤ tebitereezebwa oba okusangulwawo bwe bisangibwa nga tebisobola kukola oba nga tebisoboka.		
➤		
➤		

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Mu ngeri ki enteekateeka ez'ebiseera ebiwanvu bwe zaawukana n'enteekateeka ez'ebiseera eby'okumpi?
2. Okufuga kuzannya kifo ki mu kukola enteekateeka ez'okuddukanyiza emirimu ku bigendererwa?
3. Ebintu ebina bye biri wa eby'enteekateeka ennungi?
4. Ebintu ebitaano bye biri wa ebisinga okuba ebikulu mu sitimenti y'ekigendererwa?

EBYOKWEGEZAAMU OKUYAMBA KU KUTEGEERA

KISEERA KYA KUKOLA PULAANE EY'OMWAKA EY'OKUTAMBULIRAKO EY'EKİBİİNA KY'OBUSIRAAMU. OKOLA NG'OMUWANDIISI WAAKYO. OSUUBIRA OKUKOLERA AWAMU N'AKAKIIKO AKAFUZI, BÄMMEMBA B'AKAKIIKO ABALINA EMIRIMU EMITONGOLE, N'ABAKOZI ABALI MU KISAWE. OLINA OMUYAMBI AKUYAMBA MU KUKUUMA EBIWANDIKO. EKİBİİNA TEKYAGALA KUKOMA KU KUGENDA MU MAA-SO NA PULOJEKITI EZIKOZE OBULUNGI ZOKKA NAYE N'OKUTEMA EVVUUNIKE EPPYA MU KUWEEREZA ABANTU B'OMUKITUNDU. WABULA ENSIMBI N'ABANTU EBIRIWO BYAMALA DDA OKUKENENULWA TEBIMALA.

1. *Wandiika wansi abakozi abajja okwetaagisa okubaako ne kye bakola okukola enteekateeka ey'omwaka. Era laga ebintu mwe bagenda okubaako ne kye bakola.*
2. *Kola olukalala lw'emirimu gya pulojekiti olulaga ebiseera mwe gigenda okukolebwa okuva ku kukwasibwa emirimu okutuusa ku kuwaayo ebbago ly'enteekateeka eri pulezidenti.*
3. *Wandiika ebyanjula ebifunze ku nteekateeka ey'omwaka ey'ebigenda okukolebwa okukakasa nti bitukanan n'ekigendererwa ekikulu eky'ekibiina.*



Emisingi Egikozesebwa Mu Kwekenneanya

- I. Ennyanjula/Ekinyusi
 - II. Okwekenneanya n'okufuga zi pulogulaamu
 - A. Okufuga emirimu
 - B. Ebika by'enfuga y'emirimu.
 - III. Okwekenneanya abantu. Ani yeekenneanya Ani?
 - IV. Okwekenneanya entendeka y'abantu.
 - A. Ekigendererwa.
 - B. Amakubo n'ebikozesebwa.
 - C. Amakubo g'okugezesza.
 - D. Amakubo g'okwekenneanya.
 - V. Okwekenneanya: Okumanya ebifa ku nkola y'emirimu.
Engeri y'okukozesa n'okulongoosaamu okwekenneanya.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onomomalirako essuula eno, ojja kuba osobola okukola bino:

- Okulaba engeri okwekenneanya gye kuyamba mu kussa enteekateka mu nkola.
- Okulondamu ebika by'okwenneanya ebisaanira buli nsong'a.
- Okukozesa obukodyo bw'okwekenneanya obwenjawulo.
- Okukunjaanya amawulire agafa ku nfuga y'emirimu.

I. Ennyanjula (Ekinyusi)

Tutera obutakkiriziganya nga twebuuza oba ekitongole kikola bulungi oba nedda! Tewali abuzaabuza munne; tutegeeza butegeeza bintu byanjawulo mu kwekenneenya kwaffe. Kino kiraga nti waliwo ekibulawo ekirina okutunuulirwa ekibiina. Tulina okwekenneenya omulimu gwaffe mu mitendera nga tetunnatandika kulongoosa. Okuddinjana omulimu si ky'ekituusa ku buwanguzi. Ekitali ekyo, tuba nga munnamakolero afiirizibwa ensimbi ate n'ayongera okufulumya ebantu ng'alowooza nti olwo lw'anaakendeeza ku kufiirizibwa. Mu butuufu, aba ayongera bwongezi kufiirizibwa olw'ensonga nti ensimbi z'asaasaanyiza ku buli kintu ziba nnyingi okusinga z'akitundirako. Tasobola kumanya w'ayimiridde okuggyako ng'abaliridde ensaasaanya ye. Kati ky'ekiseera okutandika okwekenneenya ekibiina nga tewali kyekubiira okusobola okumanyira ddala we tuli, oba si ekyo, tujja kugenda mu maaso nga tutambulira ku ndowooza enfu awamu n'okuteebereza.

Okwekenneenya kunnyonnyolwa ng'ekkubo erisookerwako mu kuwaayo ebivuddemu nga liyamba mu kulongoosa emirimu. Tugenda kukubaganya ebirowoozo ku bintu bisatu mu kwekenneenya: okwekenneenya zi pulogulaamu z'ekitongole, okwekenneenya abakozi n'okwekenneenya ebikolebwa mu kutendeka.

II. Okwekenneenya n'okufuga zi pulogulaamu

Mu kuddukanya zi pulogulaamu, okwekenneenya kintu kikulu nnyo mu ntambuza y'emirimu engazi eyitibwa enfuga y'emirimu. Enfuga y'emirimu n'enteekateeka yaagyo bitambulira wamu. Okuteekateeka kulaga okwewaayo okukola emirimu mu kiseera ekyomumaaso, sso ng'ate enfuga y'emirimu kitegeeza okussa enteekateeka mu nkola. Oba kikwatagana na mulimu gwanjawulo oba pulogulaamu za mwaka mulamba, enteekateeka yo esoboka awo wokka w'esobolera okulaba enfuga z'emirimu ezisaana.

Tusobola okutunuulira enfuga y'emirimu ng'ekkubo mwe tuyita okulengera n'okutereeza ebantu ebyomugaso bye tufunye mu mirimu egitegekebwa okukolebwa. Ekigendererwa kya kino kiba kirungi – kwe kulongoosa sso si kuluibiriramu kibi nga ky'eky'okunenya. Kyakusobozesa bintu kutuukibwako, si kulemesa kufuna byagendererwa. Enzirukanya y'emirimu ennungi ebaamu okugereka ebyokukola okukisobozesa okugenda mu maaso nga bwe kyalowoozebwa.

Enzirukanya y'emirimu ebaamu emitendera gino wammanga:

1. Okumanya wa wetuli mu bye tukola – kwekugamba, okwekenneenya bye tukola, olwo ne tuzzaako
2. Okugeraageranya ebivaamu n'ebisuubirwa, nga ky'ekitutuusa ku,
3. Okukakasa ebivaamu, oba,
4. Obutakakasa bivaamu, olwo kye tukola kwe,
5. Okussaawo amakubo agatereeza awaba wasobye okusobozesa omulimu okugenda mu maaso nga bwe twagala.

Nsonga ki ezituvuirako okwekenneenya bye tukola?

Ekitono ennyo, ensonga ziri ssatu:

1. Okukuma ekirungi n'okulongoosa oba okuggyawo ekitali kirungi.
2. Abakozi beetaaga okukakasibwa nti batambuza bulungi emirimu gyabwe nti era tufaayo nnyo okulaba biki bye bakola.
3. Abagabi b'obuyambi baagala okumanya nti obuyambi bwe bawaayo buvaamu bye baluubirira.

A. Enfuga y'emirimu

Okuteekawo omutindo oba ekkomo ky'ekisumuluzo mu nfuga y'emirimu. Olw'okuba nga gwe gugenda okuba omusingi okwesigamye okwekenneenya, omutindo guteekwa okubaawo oba okukozesa ebipimo ebibaliddwa bwe kiba kisoboka. Enzirukanya y'emirimu eggwaamu amaanyi oba ebulawo omutindo bwe gutaba mutuufu oba bwe gutabulwatabulwa.


Olugendo lw'enfuga y'emirimu, nga mw'otwalidde okwekenneenya, luyinza okugabanyizibwamu emitendera esatu:

1. **Teekawo omutindo n'okulondoola enkola y'emirimu yennyini.** Enfuga y'emirimu eyaamaanyi eyagala ekika ky'ebipimo ekigeraageranyizibwa ku bintu ebyenjawulo ebyayogerwako mu bigendererwa. Okugeza, ebigendererwa by'ekibiina bwe biba byayogerwako ng'ebi'okuweereza Abasiraamu, ebimu ku bipimo by'empeereza Abasiraamu gye bafuna biba byetaagibwa. Kino kisobola okuba nga kiraga omuwendo gw'abantu abeetabye mu nkunyjaana, omuwendo gw'ebiwandiiko bye babasaba, oba omuwendo gw'abantu abasiramuse, omuwendo gwa zipulojekiti eziyiseemu, n'ebirala.
2. **Weekenneenye enkola yennyini nga bw'ebadde okuva kw'eyo ebadde esuubirwa.** Okugeza, twawandiika abantu abaasuubirwa okwetaba mu lukunyjaana lwaffe? Twafuna omuwendo gw'ebitabo bye baasabanga bwe twasuubira oba omuwendo gw'abantu be twasuubira gwasiramuka?
3. **Golola awakyamye ng'osinziira ku bigendererwa n'ebiruubirirwa ebiri wabweru w'ebyo ebyakkirizibwa ng'okozesa enkola "egolola".** Bwe tuba twaddamu "nedda" mu kibuuzo kyonna ekiri ku mutendera ogwokubiri, tuteekwa okuzzaayo amawulire eri abaakola enteekateeka okulaba oba "batereezaamu" mu bantu (abali ku mulimu ogwo) n'ebikozesebwba oba okukyusa mu nteekateeka. Tusaana okwebuuza oba tulina we twalemwa mu kussa mu nkola ebimu kw'ebyo ebyateekateekewba oba ebigendererwa byaffe si bituufu okusinziira ku nfunya yaffe. Olwo ebigendererwa bye tuteekwa okuddamu okwekenneenya oba okukyusaamu.

Ezimu ku njawukana eziri ku mutindo ziyanza okuba mu bye tukkiriza. Endala ziyanza obutaba nkulu nnyo nga tezikosa mulimu kutambula bulungi. N'olw'ekyo, bwe tuba twagala okutambuza enfuga y'emirimu ku misinde tuteekwa okwetegereza awo

Ekitundu Ekyokubiri

omulimu we gwaviira ennyo ku mulamwa mu ngeri eyitiridde esukka ebigero ebikkirizibwa.



B. Ebika by'enfuga y'emirimu

Okubaga enfuga y'emirimu n'ebinaakolebwa kuteekwa okuba erimu ku makubo g'enteekateeka ennungi.

Omulimu gwonna gusobola okufugibwa n'okutunuulira emu oba embeera zino zonna wammanga:

1. Obungi
2. Omutindo
3. Enkozesza y'ebiseera
4. Ensaasaanya.

Ekintu kyonna ekirabika obutatambula bulungi kigenda kuba mu kimu ku bino:
Ebintu ebisinga okuleetera ebintu obutatambula bulungi bye bino:

1. Ensobi z'obuntu n'okubangulwa okwekibogwe
2. Ebigwa bitalaze
3. Ekyuma okwonooneka
4. Obuteekakasa mu bisalwawo n'ebisuubirwa

Ebintu ebiragiddwa mu lutandaalo nga luno wammanga bwe biba bikozeseddwa mu kufundikira enteekateekaa bisobola okutuyamba okutuuka ku nzirukanya y'emirimu ennungi:

EKINTU EKIFUGA	TUNAAMANYA DDI ERA TUTYA?	MULIMU KI - ANI AGUKOLA?	EKIYINZA OBUTATAMBULA BULUNGI
Obungi			
Omutindo			
Enkozesza y'ebiseera			
Ensaasaanya			

Tusobola okwawula entambuza y'emirimu mu mitendera gyayo esatu: okuziyiza, okutereeza nga bwetukola, n'okwekenneanya ebiba bikoleddwa.

1. Enfuga y'emirimu eyita mu kuziyiza ensobi

Enfuga y'emirimu eyita mu kuziyiza ensobi egendererwamu kuziyiza bintu ebitatuukiridde kubaawo mu pulogulaamu z'ekibiina. Era nga bwetukiyita enfuga y'emirimu esookerwako oba erowoozebwako, ebaawo ng'okukola tekunnatandika era ng'ebaamu n'okussaawo amateeka g'ekibiina, emitendera egigobererwa n'amateeka agabagibwa okukakasa nti ebyateekateebwa okukolebwa bigenda kutambuzibwa bulungi. Okuva abantu lwe bali aboomugaso mu kutuusa emirimu gy'Obusiraamu ku buwanguzi, tusobola okukozesa enfuga y'emirimu eyita mu kuziyiza ensobi nga tubawa omukisa okulaga obusobozi bwabwe nga bakola ebyo bye beerondedde, bye batendekeddamu wamu n'enkulaakulana. Ebintu bino wammanga bye bibaawo:

(a) *Okuwandiika abakozi n'okubatendeka*

Okusooka, tuteekwa okugezaako okuyingiza n'okutendeka abakozi b'Obusiraamu ng'okusoma kwabwe n'obumanyirivu bwabwe bulaga ebitone byabwe n'obumalirivu okukola obulungi ennyo nga bwe basobola. Okusunsula mu bayigirizibwa nga kuwedde, pulogulaamu z'okutendeka ziteekwa okutegekeebwa, nga kw'otadde n'okulaba engeri ezenjawulo abantu ze beetegeseemu ezisuubirwa. Obukodyo obwenjawulo buteekwa okukozesebwa okulaba obusobozi bw'abakulembeze mu bo nga tebannaweebwa buvunaanyizibwa. Ebintu bino wammanga biteekeddwa okutunulwamu okusobola okufuna enfuga y'emirimu eyita mu kuziyiza ensobi nga tuyita mu kuyingiza n'okutendeka abantu:

1. Okubabuuza bo bennyini ebibuuzo oba ng'okozesa essimu, ng'omulamwa gw'ebibuuzo guli ku misomo egitwalibwa nga gyamugaso eri emirimu gy'ekibiina ekyo.

2. Okutendeka ng'eno bwe bakola n'okuweebwa obuvunaanyizibwa obutonotono eri bannakyewa. Kino kijja kubasobozesa okugezesza entegeera yaabwe wamu n'obusobozi ate ne bakkiriza abalala okugeraageranya amaanyi ge bataddeyo mu kwewaaayo kwabwe okukola emirimu gy'Obusiraamu.
3. Emisomo gy'okutendeka egiwerako nga giwedde, ebibuuzo (*interview*) bibuuzibwa okulondoola okulaba oyo akola nga yeyagalidde era ng'akyewaddeyo nga we yatandikira era n'okulaba oba alina obusobozi okukola emirimu egyamusuubirwamu.
4. Okwenywereza ku nneeyisa y'Ekisiraamu mu bakozi bonna n'endowooza egamba nti omuntu ateeekwa kubaawo nga Musiraamu okusobola okukola *da'awah* ennywevu mu Busiraamu.

(b) *Okwezza obuggya mu kussa ebirowoozo bye ku Allah*

Abakozi abaawaggulu ne bannakyewa bateekwa okwenyigira mu mulimu ogwabonna buli luvannyuma lwa bbanga erimanyiddwa basobole okuzza obuggyga ebirowozo byabwe ku Allah Oweekitibwa nga bayita mu byebaasomesewa ne mu bumanyirivu bwabwe mu by'eddiini. Ekigendererwa kwe kubasigamu omwoyo gw'okutukuza emitima gyabwe n'okwekubamu ttook bo bennyini nga Allah bw'atukubiriza mu kutusuubiza okulamulwa n'okuweebwa empeera.

2. Okufuga emirimu ng'eno bwetukola

Okufuga omulimu ng'eno bwetukola kubaawo mu kiseera "ky'okukola" enteekateeka era nga mubaamu okulagira, okulondoola n'okutereeza emirimu nga bwegiba gizze.

3. Okwekenneensa n'okufuga omulimu oguba gukoleddwa

Okwekenneensa oba okuzza amawulire, enzirukanya y'emirimu yeekenneensa ebikwata ku mulimu okuva mu kikolebwa kyennyini era ng'egenderera kulongoosa mirimu okusobola okuggyawo ebitateredde mu ebyo ekibiina bye kisuubira. Okwekenneensa ekiba kikoleddwa kwettanira nnyo okukoza amawulire agakwata ku byava mu mirimu egyakolwa edda okusobola okugolola ensobi ez'omumaaso.

Enkola eno ey'okwekenneensa ekiba kikoleddwa etuwa amawulire "oluvannyuma lw'ekizuliddwa ekituufu" era n'ekozesa amawulire ago okulaba obwetaavu bw'okutereeza ekiba kitateredde. Enteekateeka zonna ziteekwa okuddibwamu okutunulwamu nga ziri mu busobozi obuli mu bigendererwa by'ekibiina era ne zeekenneenzeebwa okulaba oba zisobola okututuusa ku kufuna ebigendererwa bino. Ebigendererwa ebyo, mu mirimu gy'Obusiraamu biteekwa okuba nga bisobola okupimwa era nga bikakasibwa mu bungi oba omutindo gwabyo, okusobola okubyesigamako okupima emirimu.

Omuwendo gwa bannakyewa, ebiseera bye bamala ku mulimu, omuwendo gw'Abasiraamu be batuukirira – zonna nsongezisobola okukozesebwa okumanya amaanyi ga pulogulaamu. Okunoonyereza, okubuuza abantu ebibuuzzo, oba okutuukirira abantu abaweeerezebwa pulogulaamu mu kitundu ekkyo, bino byonna bisobola okutulaga wa awasaana okuterezebwa.

III. Okwekenneenya Abantu

Mu zipulogulaamu, naddala ezo ezirimu bannakyewa, okwekenneenya tekuteekwa kutunuulira pulogulaamu yokka wabula n'abantu abalimu, nga muno mwe muli abakozi, bannakyewa ssaako n'abo abawuliriza oba abantu abagendererwa okwekenneenyezebwa.

Ebintu ebyo byokka ebikkirizibwa mu Busiraamu by'ebiteekwa okulamula mu kwekenneenya enkola y'omuntu kinnoomu. Mu kiseera ky'ekimu, nga tewali kumalamu muntu yenna maanyi butakola mirimu gya Busiraamu, tuteekwa okugaba obuvunaanyizibwa nga twesigama ku busobozi bw'abantu abali mu kintu. Okwewaayo eri Obusiraamu, ekitwalibwa okuba ekirungo ekisinga okuba ekyomugaso mu bulamu bw'Omuisiraamu, kuteekwa kutambulira wamu n'obusobozi bw'omuntu okukola okusobola okufuna amaanyi.

Amuri mutabani wa Ma'di Karab ne Tulayiha mutabani wa Khaalidi baali balwanyi bankizo abataalina kirabo kyonna kyebaaweebwa mu bufuzi bwakuntikko oba obukulembeze bwonna. Umaru (RA) bweyabatuma okuwamba Iraq nga baduumirwa Nu'umaani mutabani wa Muqurinu, yalagira Nu'umaani obutabawaayo kifo kya bukulembeze kyonna olw'ensonga nti tebaalina bumanyirivu bwonna mu bifo ebyo. Ammaar mutabani wa Yaasir yali sswahaba gwe baawanga ennyo ekitiibwa olw'okutya ennyo Allah naye teyalina busobozi bwa bukulembeze oba okumanya ebyobufuzi. Awamu n'ekkyo, Umaru yamulonda abeere Gavana wa Kuufah. Wabula era Umaru yamugoba ku Bwagavana nga wayise akaseera katono kubanga Ammaar teyasobola kuddukanya mirimu gye bulungi.

Ebibuuzzo bino wammanga bisobola okutuyamba mu kwekenneenya abantu:

1. Abantu mu bibinja ebyenjawulo bamativu ne pulogulaamu eyategekebwa? Bagitwala ng'erina omugaso gwonna?
2. Pulogulaamu erina obuwagizi obumala okuva mu boobuvunaanyizibwa abali mu bukulembeze bw'ekibiina wamu n'abantu b'ekitundu?
3. Bannakyewa abali mu kintu basobola okukolera awamu obulungi? Buli omu ku bo amanyi kiki ekimusuubirwamu okukola?
4. Abo abeewaddeyo okutuukiriza pulogulaamu bagiwa obudde obumala ka babe bantu kinnoomu wamu ne mu kibinja?

Ani yeekenneanya Ani?

Nga bwekiri nti kumpi buli muntu akwatibwako pulojekiti ateeckwa okubaako ne ky'akola mu nteekateeka yaayo, abo bona bekikwatako bateekwa okwetaba mu kukyekenneanya. Muno muteekwa okubaamu akakiiko akavunaanyizibwa ku pulogulaamu, abakozi abaawaggulu n'abantu b'ekitundu ekyo abakwatibwako ensonga.

Okutwalira awamu, akulira akakiiko k'ekibiina akatesiteesi y'ateekeddwa okulabirira eby'okwenkenneenzebwa. Oluusi, omutunuulizi okuva ebweru w'ekibiina ayinza okusingako obulungi mu kwenkenneanya enkola y'abakozi, naddala singa ekibiina kiba kigudde mu buzibu abakozi ne bannakyewa nga tebakwatagana, oba abantu b'omukitundu singa balaga obutali bumativu. Okukozesa omuntu atava mu bo mu kwenkenneanya pulogulaamu wamu n'abantu, oba n'ekibiina kyennyini, oluusi kiyinza okuwa amawulire agoomugaso ate agateekubidde.

Ekisumuluzo ekikulu mu nzirkanya y'emirimu ennungi (ng'okwenkenneanya gwe mutendera gwayo okusinga obukulu) kwe kussaawo endagaano y'amagezi ematiza wakati w'oyo ateka mu nkola ne kalabaalaba we. Endagaano eno eteekwa okuggyibwa mu kwewaayo okuba n'enkizo ng'obusiraamu bwe bwagala mu Basiraamu bona era ng'okukikola kiteekwa kuggyibwa mu makubo gonna agazzaamu abakozi naye nga gakkirizibwa mu Busiraamu.

Obuyinza obumala eri omuntu aweereddwa obuvunaanyizibwa bw'okwenkenneanya n'okuddukanya emirimu nakyo kiba kirungi. Okutwala ekikolwa ky'okutereeza ekituufu ng'otunuulira ebyetaago by'abantu wamu ne pulogulaamu ebimala okusobozesa okukola omulimu gwonna oguliwo.

IV. Okwenkenneanya entendeka y'abantu

A. Ekigendererwa

Ekigendererwa ky'okutendeka mu kibiina ky'Obusiraamu kwe kunyweza okwe-waayo kw'abantu kinnoomu okukola da'awah, okubakulaakulanya bo bennyini mu Busiraamu bwabwe wamu n'okubawa obukodyo obwetaagisa okutuukiriza n'enkizo ebigendererwa by'ekibiina. Okutendeka okulungi kwo kuteekwa okwenkenneenzebwa okukakasa nti ekigendererwa kituukiddwako nga tukozesa abantu n'ebikozesebwba ebiriwo mu ngeri esaanidde. Okutuuka wano, tusobola okukozesa okwenkenneanya okufuna bino:

- a. Okumanya oba okutendeka kutuuka ku bigendererwa byakwo, oba kituufu byenkana ki?
- b. Okwekkaanya omugaso gwe'bismesebwa n'emisomo egitegekebwa.
- c. Okulaba biki ebyetaagisa okulongoosebwa mu pulogulaamu.
- d. Okutuyamba okusalawo okugenda mu maaso ne pulogulaamu oba okugiggyawo.

- e. Okulaba abantu abatuufu mu pulogulaamu nga zino era mu ngeri y'emu ne pulogulaamu entuufu eri abantu abo.
- f. Okuddijjana n'okuwa zi pulogulaamu enkulu amaanyi.
- g. Okumatiza abakulembeze n'abantu abeetabamu ku bikwata ku pulogulaamu.
- h. Okuyamba okuddukanya obulungi omulimu gw'okutendeka.

B. Amakubo n'ebikozesebwa

Ebikozesebwa byetutegeka era ne tugoberera mu kwekenneenya amaanyi agali mu kutendeka kwaffe tubyesigamya ku kkubo limu oba amakubo agasingawo awo nga tugakwanaganyiza ku bantu ki be twagala okutendeka. Ekigendererwa kwe kumanya minzaane epima enkulaakulana. Agamu ku makubo agoogerwako ge gano:

- ABANTU KYEBAGAMBA ku pulogulaamu: Okumanya bye boogera ku pulogulaamu. Babadde bamativu ku pulogulaamu?
- OKUYIGA: Okumanya biki abantu bye bayize. Bipyi ki bye bayize, oba bukodyo ki bwe bafunye era nga basobola okubulaga?
- ENDOWOOZA (Zaabwe): Okumanya oba pulogulaamu erina engeri gy'ekyusizzaamu endowooza z'abantu. Okutendeka kubakyusizza kutya mu birowoozo byabwe, empisa zaabwe warmu n'enzikiriza zaabwe?
- ENNEEYISA: Okumanya enkyukakyuka mu nneeyisa. Okutendeka kukyusizza kutya engeri abantu gye bakakkalabyamu emirimu gyabwe?
- EBIBALA EBIVUDDEMU: Okumanya enkyukakyuka ereeteddwu okutendeka mu kitongole ekayo. Kuyambye kutya okutuukiriza ebigendererwa by'ekitongole?

C. Amakubo agakozesebwa mu kugezeswa

Okugeraageranya obubonero abatendekebwa bwe bafuna mu bigezo ebyabaweebwa olubereberye n'olvannyuma lw'okutendekebwa liba kkubo ddungi nnyo okulikozesa mu kugeraageranya okutendeka. Obubonero obwawaggulu obufunibwa mu kigezo ekimu oluvannyuma lw'okutendekebwa bulaga kweyongera mu bukodyo oba mu kumanya, oba enkyukakyuka ezisaana mu nneeyisa eri atendekwa. Amakubo g'okugezeswa gasobola okugwa mu biti bisatu:

- **EBYESIGAMIZIBWA KU MUTINDO ABANTU BONNA GWEBAKKIRIRIZAAMU:** Ebigezo bino bigeraageranya obubonero bw'omuntu atendekebwa n'obw'abantu abalala abali mu kibinja bwebaba bafunye nga bugabanyiziddwamu, kwe kugamba, omutindo gw'ekibinja okutwalira awamu. Ekinja kiteekwa okuba ekinene ekimala okusobozesa okufuna ebibala ebibaliddwa obulungi. Ebivaamu bisobola okuteeka buli muntu mu mbeera eraga nti y'asinga okukola obulungi oba okukola obubi.
- **EBIGEZO EBYESIGAMIZIBWA KU BIGENDERERWA:** Ebigezo bino bipima enkola y'emirimu okusinziira ku bigendererwa by'okutendeka ebinnyonyoddwa obulungi. Biruubirira kumanya biki abantu bye bayize

okuva mu kutendekwa nga beesigama ku mutindo gw'enkola y'emirimu ebifaanaganako n'ebigendererwa ebyo. Abantu bassekinnoomu abasobola okuyitamu bandibadde banywezezza obukodyo obwalambikibwa mu pulogulaamu. Ekyokulabirako, ekigendererwa ky'omwogezi ali mu kutendekebwa kyandibadde kya kumusuulako okwogera eri abantu okumala eddakiika nga ttaano nga temuli nsobi neemu, nga temuli mbeera neemu ne butakwatagana mu by'ayogera, n'ebirala. Olwo lino lifuuka kkubo kkulu mu kumanya oba omwogezi atendekeddwa bulungi oba nedda.

- **EBIGEZO EBIPI MIRWA KU NKOLA Y'EMIRIMU:** Ebigezo bino byetaaga omuntu ye kennyini okwenyigiramu okulaga obukodyo oba amagezi. Biyinza okukozesebwा okulaga obukodyo mu kutendekebwa mu mulimu ogwenjawulo [ng'okukozesa ekyuma kikalimagezi oba okusiiga ebifaananyi] oba okugezesabantu mu byebakola nga bayita mu kwegezaamu okwakatemba nga tufunamu ebyokukola [ng'okulwanyisa ebizibu oba okwogera eri abantu].

D. Ebibuuzo By'okugezesabantu

Ebigezo by'okwekenneenya pulogulaamu ezitendeka eyinza okubaamu ekimu ku bika by'ebibuuzo ebyenjawulo.

Olukalala olw'ekitundu olulaga ebika by'ebibuuzo lulimu:

- **OKULONDAMU MU BINGI:** Abeetabyemu basabibwa okulondako eky'okuddamu ekisinga okuba ekituufu nga bakiggya ku lukalala lw'ebi'okwanukula ebirabise nga bisaana.
- **EBITALIIKO KUKUGIRA:** Tewali kyakwanukula kyanjawulo kiweebwa, era abeetabyemu bakkirizibwa okuwandiika mu bujuvu okusobola okuddamu ekibuuuzo oba okuggyawo obuzibu obwogerwako.
- **OLUKALALA OLUGE BERWAKO:** Abeetabyemu baweebwa olukalala lw'ebigambo ebiyinza okukola oba obutakola mu mbeera emanyiddwa oba okubikwanaganya n'ebigambo ebiri ku lukalala olulala. Bateekwa okulondako ebyo byonna ebyomugaso.
- **EBY'AMAKUBO ABIRI:** Oluusi bakiyita 'kituufu/kifu', ebibuuzo bino bigabibwa nga biri mu ebituufu wamu n'ebiyokwanukula ebyenjawulo.
- **EBIBUUZO BY'OKUTEEKA MU MASA:** Olukalala lw'ebigambo luweebwa abeetabyemu awo oluvannuma ne babasaba okussa ebigambo ebyo mu masa agenjawulo okusinziira ku makubo n'ebipimo ebimanyiddwa.

E. Amakubo g'okwekenneenya

Gano wammanga ge gamu ku makubo agayitbwamu okwekenneenya okutendekebwa abatendekeddwa kwe baba bafunye:

- **EBIGEZO BY'EMPAPULA N'EKKALAAMU** biweebwa abatendekebwa mu kibiina okupima engeri abantu abo gye bagendamu mu maaso n'okuyiga ebifa ku pulogulaamu.
- **OKUTUNUULIRA ENDOWOOZA** kukozesebwa okukunjaanya amawulire agakwata ku ndowooza z'abantu abeetabye mu kutendekebwa nga bagukwanaganya n'empisa z'okumirimu, empisa z'omubuntu, enkolagana n'ebirala. Okunoonyereza okukolebwa olubereberye n'oluvannyuma lw'okutendecka okusobola okulaba ekyeyongeddeko kyonna mu ndowooza z'abantu.
- **OKUKOLAWO EMBEEERA N'OKULONDOOLERA MU KIFO AWAKOLERWA** - biyamba okumanya oba abeetabye mu kutendekebwa balina kyebongedde mu bukodyo bwe baba balaga.
- **LIPOOTA EZIKWATA KU KUKOLA EMIRIMU** zipima okugenda mu maaso kwennyini mu mirimu nga beesigama ku bikwata ku mirimu egikolebwa awo wennyini ne lipoota eziraga emirundi ebintu gye bikolebwa.
- **OKUNOONYEREZA OKUKOLEBWA OLUVANNYUMA LW'OKUTENDEKA** Okukolebwa mu biseera ebigure, kupima okugenda mu maaso mu kulongoosa omulimu.
- **EBYETAAGO/EBIGENDERERWA/OKUGERAAGERANYA EBIRI MU KUTENDEKA** bikolebwa batendesi wamu n'abakulira ebitongole nga mw'otadde n'abatendekwa okusobola okumanya oba ebigurederwa bya pulogulaamu byali bikwatagana n'ebyetaago ebyekenneenyezebwa mu kutendecka, n'okumanya oba pulogulaamu yali yaamugaso eri abantu abaali mu kutendekebwa.
- **FFOOMU Z'OKWEKENNEENYA**, eziba ziwedde okujuzibwamu abeetabye mu kutendekebwa ku nkomerero ya pulogulaamu, ziba ziraga ebyo ebyabasanyusa oba ebitaabasanyusa mu kutendekebwa. Ebirowoozo byabwe biba byamugaso.
- **AMAGEZI AGEEKIKUGU** agaweebwa abantu abalina obukugu obwenjawulo mu kutegeka ebyeyambisibwa mu kusomesa n'ago agakozesebwa mu kwekkaanya pulogulaamu.
- **OKWEKENNEENYA OMUSOMESA** okuva mu batendesi abakugu kuyambako okumanya obusobozi bw'omusomesa, obukodyo n'enkola y'emirimu ennungi.
- **OKWETEGEREZA ENSAASAANYA** kukolebwa nga kuyita mu kubalirira ebbeeyi y'ebikozesebwa, awakoleddwa okutendekebwa, okuzzaawo ssente ezisaasaanyiziddwa, entambula, n'ebirala ssaako n'okwetegereza omugaso gw'okutendekebwa mu kitongole ku buli muntu atendekeddwa.

- **OKWETEGEREZA OBULUNGI BW'AMAKUBO AGAKOZESE-DDWA** kuba kwekenneenya ng'oyita mu kugeraageranya amakubo agenjawulo / oba ebika by'entendeka.

V. Okwekenneenya: Okumanya ebifa ku nkola y'emirimu

Tusobola okumanya ebifa ku nkola y'emirimu nga tuyita mu makubo agawera, agamu ku go ge gano:

- **OMUNTU BY'ALABA:** Okukozesa ekkubo lino kitegeeza kugenda mu kifo awakolebwa emirimu ng'otunuulira ebiba bigenda mu maaso n'okukolebwa.
- **LIPOOTA EZOOGERWA:** Zino zibaamu ebintu ebimu ebiri mu kkubo ly'okulaba ebigenda mu maaso olw'ensonga nti amawulire agasaasaana gayita mu bigambo ate era libeeramu n'abantu bennyini okulabagana.
- **LIPOOTA EMPANDIIKE:** Lipoota empandiike zitera okubaamu ebintu bingi wamu n'okubala ebitera okuba ebigazi. Lipoota empandiike era zituwa ebiwandiike ebyenkalakkira ebiyamba mu kugeraageranya oba mu kusoma mu biseera ebyomumaaso. Emirundi mingi lipoota empandiike ziyambibwako lipoota ezitali mpandiike (ez'ebigambo) n'okwetegereza obutereevu entambula y'ebintu.
- **OKUNOONYEREZA:** kusobola okuba okulungi singa ebikwata ku mulimu biba bikuuyaanyizibwa nga biva mu bantu abangi ennyo. Foomu eyeekenneyezebwako ng'enoonya kuddibwamu ku bibuuzzo ebyenjawulo ebifa ku mulimu ogukolebwa ekitongole nalyo kkubo limu kw'ago agakozesebwu mu kukola okunoonyereza.

Engeri y'okukozesa n'okulongoosaamu okwekenneenya

Ebiva mu kwekenneenya bwe biba tebikozeseddwa, okwekenneenya kuba kwonoona biseera na ssente. Wabula si kyabbalirirwe okulaba okwekenneenya okutakoma nga kugenda mu maaso n'okukolebwa ate bw'omala n'obisuula ebbali nga tofuddeeyo na kulondoola by'obadde weekenneenya. Kino okusobola okukiziyiza obutatuukawo, tuteekwa:

- a. Obutesigaliza bivuddemu, wabula tuteekeddwa okubitegeezaako abantu bona abavunaanyizibwa ku pulogulaamu.
- b. Okukubaganya ebirowoozo ku kwekenneenya nga tuyita mu nkola y'okwebuuza (shuura) nga tukozesa ekkubo ly'okukubaganya ebirowoozo okw'ekikungo n'okufumiitiriza ennyo, n'amakubo amalala.
- c. Okubaga enteekateeka etambulirwako okwongera amaanyi mu kukola emirimu obulungi wamu n'okutereeza ebitateredde ate olwo ne tukolera ku nteekateeka eyo.
- d. Obutatereka lipoota evudde mu kwekenneenya.

Okulongoosa okwekenneensa tuteekwa okwetegereza engeri gye tukozesaamu obukodyo wamu n'ebikozesebwa mu kwekenneensa. Twafuna amawulire amatuufu? Gaali matono nnyo, mangi nnyo, oba twagafuna kikeerezi? Twakozesa amakubo agakkirizibwa mu Busiraamu nga tukunjaanya amawulire? Okubuuza ebibuuzzo nga bino kisobola okutuyamba okulondamu ekkubo ly'okwekenneensa ettuufu wamu n'okulaba obunafu obuliwo mu ngeri gye tukozesa ekkubo lino.

Tukubirizibwa okwekenneensa pulogulaamu ne pulojekiti zaffe ekiseera kyonna mu kifo ky'okussaawo omukolo gw'okwekenneensa ogwa buli mwaka. Kino kijja kutuyamba okuganyulwa ku kwekenneensa nga bwe tweyongera mu maaso. Twekenneensa pulogulaamu "mbi" zokka. Weekenneensa ne zi pulogulaamu "ennungi" okusobola okumanya lwaki zitambula bulungi ate ne tweyongera okukola ennyo okulaba nga zisingako ne bwezibadde.

Era tuteekwa okussaawo okulondoola okwekenneensa tusobole okupima omugaso gw'ebivudde mu kutendeka okufuniddwa ebinaamala ebbanga eggwanvu wamu n'okulaba abayizi engeri gye boolesa kye beeyongeddeko ka kibe kinene oba kitono. Okugeraageranya okw'okwekenneensa okwanukula okukolebwa ku nkomerero ya pulogulaamu wamu n'okwanukula okw'okulondoola mu bintu ebisinga obukulu kigasa nnyo okufuna amawulire agoomugaso agatuyamba okumanya abatendekeddwa kyebayize wekyenkana.

Okulabula okukwata ku kwekenneenya

Kisoboka okugambibwa nti ebibalibwa birimu kyekubiira, bibuzaabuza era bikozesebwa bubi. Ekituufu kiri nti ebibalo ebikozesebwa tebibba na kyekubiira naye bannabyabufuzi n'abantu abalala bayinza okubikozesa obubi bwe batabirambika nga bwe byayogerwa. N'olw'ekyo, kikulu nnyo okufaayo ennyo oba kwegeendereza ennyo nga twogera ku bintu ebifa ku kwekenneenya okuba kukoleddwa. Ekyokulabirako, singa abalabi basanyukira nnyo omusomo gw'okwesanyusizaamu ate nga basiumye kitono mu musomo gw'embeera y'abantu mu Busiraamu, tekitegeeza nti twongerayo pulogulaamu eyasoose kubanga yabasanyusizza ate ne tuggyamu eyookubiri gye balabika nga tebagyagala. Ekigendererwa kyaffe si kusanyusa busanyusa bantu, ekiyinza okuba ekigendererwa ky'enkola eteri y'Abasiraamu, oba okufuma obufunyi olukusa lw'abantu n'obululu bwabwe. Tuteekwa okulujjamya endowooza y'abantu ne kycbagamba mu kkubo ettuufu sso si kumala gagoberera ate ne tufutka abalujjamizibwa ne bye boogera.

Ku ludda olulala, tetuteekwa butafa ku byetufunye mu kwekenneenya. Ebizuuliddwa bino biba byamugaso nnyo mu mulimu gw'okutuyamba okulonggoosa emirimu gyaffe. Naye tetuteekwa kuggwaamu ssuubi ne tugwa mu kwekenneenya okutuusa okubitwala ng'ebigambo ebitukuuvi.

Ebyokwe-
gezaamu
mu
kweken-
neenya

Kuba akafaananyi nti oli mugenyi
eyaakatuuka mu lukiiko. Weekenneenye
olukiiko (oba lubaddemu omugasoo).
Nywerera kw'ebyo byokka by'olaba.

Ebigenze obulungi:

Ebitagenze bulungi:

Ebirala by'olwogerako

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Okussaawo emitindo kiyamba ki mu kwekenneanya?
2. Okulondoola okulimu okutangira ebizibu kuyamba kutya mu kulongoosa enkola y'emirimu?
3. Njawulo ki eri wakati w'okulondoola okw'okutangira ebizibu n'okulondoola okw'okwekenneanya ebikoleddwa?
4. Nsonga ki ezisinziirwako mu kwekenneanya enkola abantu gye bakolamu emirimu?
5. Lwaki oluusi omuntu "oweebweru" aba waamugaso mu kwekenneanya kw'aba akoze?
6. Njawulo ki enkulu eri wakati w'amakubo g'okugezesza agasinziira ku mbeera n'ago agasinziira ku bukodyo?
7. "Okwanukula" ne "ebibala (ebiva mu kutendeka)" byawukana bitya mu kwekenneanya okutendeka?
8. Migaso ki egiri mu kusaasaanya ebivudde mu kwekenneanya n'obiwa ku balala abakwatibwako?
9. Mawulire ki agava mu kwekenneanya okw'okulondoola ebikoleddwa?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

AKAKIIKO AKAFUZI KAKUSABYE WEEKENNEENYE ENTAMBUZA Y'OLU-KIIKO LW'EKITONGOLE KYO EKY'OBUSIRAAMU MU LUTUULA LWALWO OLW'OMWAKA OLUJJA. OSAZEEWO OKUKOLA ENTEEKATEEKA NGA TERUNNABAAWO ERA N'OTEEKAWO AMAKUBO AGATANGIRA EBIYINZA OKULUGAANA OKUTAMBULA OBULUNGI, N'AMAKUBO AG'OKULWEKENNEENYA. OYAGALA OKWEKENNEENYA EMITERENDERA EMIKULU NGA GIWEDDE OLUVANNYUMA OZZEYYO AMAWULIRE ERI ABATESITESI B'OLUKIJKO BASOBOLE OKUGOLOLA EBIKYAMYE. OLUVANNYUMA OGENDA KWEKENNEENYA ENTAMBULA YAALWO NGA LUGENDA MU MAASO.

1. Teekawo "emitindo" gy'onookozesa mu "kukuuma" emitendera emikulu eginaayitbwamu mu kuteekateeka olukiiko?
2. Nnyonnyola ebipimo ebibalibwa ebinaakusobozesa okufunza amawulire goonoofuna mu kwekenneanya gafuulibwe ebigeri ebitegeerekeka era evisobola okulondolwa amangu.
3. Kola olutandaalo olunaakusobozesa okulondoola enkola y'emirimu osobole okulaba okuwaba okuva ku mutindo omulungi ogwassibwawo.



Okukola Ttiimu n’Ebibala Ebiva mu Kukolera Awamu

- I. Okukola Ttiimu
 - A. Ttimu kye kiki?
 - B. Ttiimu zisobola zitya okukola obulungi?
 - C. Enkola y’emirimu ey’omuntu omu n’eya ttiimu (ey’abangi).
 - II. Ekkubo ly’okussaawo akakiiko
 - A. Eriyamba mu kukola emirimu gyabantu abangi ne giggwa.
 - B. Ekyokulabirako
 - III. Obukiiko Obukozi
 - IV. Obukiiko obw’omuntu omu-omu
 - V. Emirimu egikolebwa omuntu omu mu kukola kw’emirimu egy’abangi.
 - VI. Ebinyweza emirimu egikolebwa abantu abangi (ttiimu).
 - A. Ffe baani era twagala ki?
 - B. Ani asobola okutukulembra?
 - C. Obulwadde bw’emirimu egimenya
 - D. Bulijjo kolanga ekituufu!
 - E. Obuvunaanyizibwa obwa buli omu tebubaako muntu avunaanwa.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W’onoomalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okulaga ebisaanyizo bye ttiimu ennungi (enkozi)
- Okuyungula ttiimu ezenjawulo zikole emirimu egyenjawulo
- Okuyungula obukiiko obukozi butuukirize ebigendererwa ebyenjawulo
- Okulaba ebifo obukiiko we buyinza okukolera obulungi emirimu.

«يَدُ اللَّهِ مَعَ الْجَمَاعَةِ، وَمَنْ شَدَّ هَذَا إِلَى النَّارِ»

Omukono gwa Allah guli wamu n'abangi. Naye oyo eyeyawula (ku banne)
yeeyawula kuyingira Muliro.¹

I. Okuzimba Ttiimu

A. Ttiimu kye kiki?

Okuzimba ttiimu kitegeeza okusobozesa abantu okukolera awamu nga bali kitole. Okuteekateeka ekigatta abantu nga bali kitole oba ttiimu kimu ku mirimu gy'obukule-mbeze obulungi. Okukolera awamu kiragiro kya Busiraamu. Abantu abakolera awamu bafuna emikisa n'obwango obuva mu bukugu obwenjawulo mu mirimu gye bakola.

Ttiimu tekitegeeza kulonderera bantu kinnoomu nga balina ebigendererwa ebyawufu. Wabula be bantu abakolera awamu ng'omubala gwabwe gumu era n'ebigendererwa byabwe nga by'ebimu. Omubala guno gussibwa mu nkola nga tukozesa emirimu emitongole egiyinza okukyuka mu kiseera ky'ekimu oba mu biseera nga bwe biddinjana. Bammemba ba ttiimu bayinza okukiikirira ekibiina kyonna oba bayinza okulondebwa okuva mu bitundu ebyenjawulo kiyambe mu kukiikirira ebifo ebitali bimu, obukugu obwenjawulo n'okumanya okukwatagana n'omubala. Oluusi ttiimu ennene eyinza okwawulwamu buttiimu obutono. Buli omu mu ttiimu asuubirwa okutwala obuvunaanyizibwa, kino kisobozese ttiimu yonna awamu okutuuka ku bwangazi – okukomekkereza omulimu omutongole oba okutuukiriza omubala.

Omulimu n'enkola ya buli mmemba ne ttiimu yonna awamu biteekeddwa okukwatagana n'ebigendererwa ebyalambikibwa. Bammemba abali mu ttiimu n'abali mu bukulembeze bayinza okukyusibwakyusibwa ku mirimu gye bakola. Wadde nga buli mmemba wa ttiimu alina ky'awaayo mu bukugu obwetaagisa n'okumanya, ttiimu yonna awamu y'evunaanyizibwa ku mulimu gw'eba etaddeko essira. Obuvunaanyizibwa bw'okukola emirimu okusalawo ekyokukola n'okuwa ebiragiro biri mu mikono gya mmemba oyo aba n'obukugu wamu n'obumanyi mu mulimu ogwenjawulo. Obuvunaanyizibwa bw'omukulembeze kwe kusalawo mmemba oyo anaabeera ani, sso si kutwala bukulembeze ate okusalawo n'akulekera abalala ku buli kiba kisaliddwawo.

Okukola emirimu obulungi, bammemba ba ttiimu bateekeddwa okutendekebwa okuwuliziganya ne bannaabwe bwe bali mu ttiimu; emirimu gyabwe mu yo, n'okukkaanya ku ngeri gye banaagibagawo. Era balina okutegeera obuyinza gye buva obwo obwongera amaanyi ku buyinza obuliwo. Ekyokulabirako, mmemba alina amawulire oba obukugu, oba oyo ayinza okwebuuzibwako, abeera n'amaanyi okutambuza emirimu. Bammemba ba ttiimu nabo bateekeddwa okutendekebwa bayige ebibiina engeri gye biyinza okukwatamu obutategeeragana oba okukwatagana (ebiba biriwo).

¹ Sunan al Tirmidhi.

B. Ttiimu zikola zitya obulungi?

Ttiimu zikola ku mitendera gyonna naye zisinga kukola bulungi ku mitendera egyawaggulu egy'obukulembeze n'obufuzi. Okukola obulungi ku mutendera guno kusinziira ku kutegeera obulungi n'okwewaayo mu kukola omulimu ne kw'ani alina obuvunaanyizibwa. Okunywerera ku mateeka kiyamba zi ttiimu okugenda mu maaso. Ekyokulabirako:

1. Ali mu ttiimu alina obuvunaanyizibwa obujjuvu mu kitundu y'asalawo era y'asuubira okuwa ensala ekomererayo.
2. Ku ludda olulala omuntu ali mu ttiimu tasobola kusalawo ku nsonga z'atalinaako buvunaanyizibwa bujjuvu.
3. Abali mu ttiimu tebalina kugayanjana oba kuweebuulagana mu lujjudde, wadde nga tebaagalana oba nga baawukanye mu nsonga oba mu ndowooza.
4. Ttiimu si ky'ekimu n'akakiiko akasalawo ensonga nga kayita mu kalulu, kubanga omukulembeze wa ttiimu ye akulembera bukulembezi sso si kukulira mulimu ogugenda mu maaso.
5. Ttiimu eba n'empuliziganya ennambulukufu era eyaamaanyi etuuka ku buli mmemba yonna gyali, empuliziganya keebe ng'eyise mu mitendera oba nga ya mangu yaabulijjo.

C. Enkola y'emirimu ey'omuntu omun'eya ttiimu

Obuwanguzi obwa ttiimu businziira ku mpisa z'abali mu ttiimu kinnoomu – abazannyi ba ttiimu. Abamu balina ebitone si babeera bazannyi ba ttiimu olw'embeera oba olw'obutaba batendeke. Ng'oggyeeko obukugu obwetaagisa n'obumanyi, abazannyi ba ttiimu abalungi bateekeddwa okuba n'omutima ogwerekereza ku lw'obulungi bwa ttiimu. Wadde nga balina okukola ennyo nga bwe basobola, engeri gye bali bammemba, bateekeddwa okubeera abeetegegef ukuwa omukulembeze omukisa asobole okukulembera ebintu obulungi n'okugonjoola ebizibu mu ngeri ennyangu. Bateekeddwa okubeera n'omutima ogugezaako okukola ekintu ekipyia n'okulaga omwoyo ogulekera bwe baba bakolagana ne bannaabwe. Mu bufunze, bateekeddwa okunywerera ennyo ku mirimu sso si ku bantu.

II. Ekkubo ly'Okussaawo Akakiiko

A. Ekiyamba mu kukola emirimu gya Ttiimu

Akakiiko ky'ekimu ku bidukanya emirimu gy'abantu abangi obulungi. Tussaawo akakiiko singa ekizibu ekiriwo kyetaagisa okuteekamu abantu n'okwebuuza ku bantu abenjawulo. Obukiiko butera okukola obulungi singa busoomoozeddwa okutuukiriza ekigendererwa ekitegeerekeka era ne kaweebwa n'obuyinza okusobola okutuuka ku kugonjoola ensonga.

Okussaawo akakiiko, tuteekwa:

- a. Okulaga omulimu: okulambika ekigendererwa akakiiko kye kalina okukolerako
- b. Okussaawo ekiseera mwe kalina okukolera, nga mulimu ekkomo.

- c. Okukakolera ebbaluwa ekawa obuvunaanyizibwa omuli ebiragiddwa waggulu n'olukalala lwa bammemba baako.
- d. Okukateerawo embalirira (omutemwa gw'enssassanya gye beetaaga).

Akakiiko okukola obulungi emirimu gyako, tuteekwa okukakasa nti omulimu ogukolebwa gutegeezeddwa abakaliko ne bagutegeera bulungi bona. Omulimu gw'akakiiko gulina okuwagirwa nga kuyita mu kukasobozesa okutuuka ku mawulire agali mu fayiro ova mu bantu kinnoomu. Tulina okukubiriza akakiiko okufulumya lipoota oluvannyuma lwa buli kiseera ekiba kisaliddwawo, naddala singa omulimu gwako guba munene era nga kijja kugasa nnyo era kijja kuyamba abali ku kakiiko okuganyulwa mu mawulire aganaabaddizibwa.

Si kituufu okulowooza nti buli mulimu ogulina okukolebwa abantu abangi mu kifo ky'omuntu omu gwetaagisa kakiiko okugukola. Akakiiko kakola bulungi naye nga kakiikirira bantu bangi mu mulimu gwe bakatumye, abantu abangi bwe baba bategeera bumu era ng'ekiruubirirwa kyabwe kimu. Omulimu gw'akakiiko si kugeraageranya kukozesa makubo malala, wabula bwe kawagirwa, kalina kutema mpenda okukwata ekkubo erisaliddwawo.

B. Ekyokulabirako

Ekyokulabirako ky'akakiiko ky'ekibiina ky'akakiiko k'Obusiraamu mu Amerika ey'obukiikkono akaali kanoonyereza ku nnambika y'emirimu gy'Obusiraamu. Akakiiko kaalondebwa mu mawka 1977 ne kabakana n'omulimu gw'okutandikawo ekibiina ekyo. Ebikwata ku kakiiko ako bye bino wammanga:

a) Omulimu

Okubagawo endowooza empya ey'ekibiina ekwata ku ntegeka y'emirimu gy'Obusiraamu mu Amerika eyoobukiikkono.

b) Bammemba

1. Abakoleredde Obusiraamu abaatiikirivu era abakola ennyo mu kibiina ky'abayizi Abasiraamu (MSA)
2. Abakoleredde ennyo Obusiraamu era nga beewaayo nnyo ku mirimu gy'Obusiraamu naye ate nga tekitegeeza nti bakozi nnyo mu MSA.
3. Abaaliko abakugu, okugeza abaali abakulembeze ba MSA.

c) Enkiiko

Olutuula lw'akakiiko olukulu lwazzibwako enkiiko z'obukiiko busatu nga zikwata ku miramwa egyenjawulo.

d) Lipoota

1. Ebibuzzo ebifulumira mu katabo k'amawulire aka buli mwezi ng'ekigendererwa kwe kufuna endowooza y'abantu.
2. Ebyateesebwa buli lukiiko
3. Lipoota esembayo eraga ebyazuulibwa

e) Ebyateesebwa

Ekibiina ekineneko kirina okutandikibwa kigatte ebibiina bino: MSA, MCA (ekibiina ekipya ey'Abasiraamu) wamu n'ebibiina ebirala bisatu eby'abakugu: abasawo Abasiraamu, bannassaayansi, bayinginiya n'abaasoma ebikwata ku mbeera z'abantu.

III. Obukiiko obukola Emirimu

Obukiiko obukola emirimu y'engeri eyitibwamu abantu abangi okutuuka ku kye baagala. Buno bwe bukiiko obukwasibwa emirimu emitongole. Enkula y'obukiiko buno, ababutuulako n'enzirukanya yaabwo byayogeddwako dda awalala mu kitabo kino. Agamu ku mateeka agafuga entambula y'akakiiko, mu ndaba y'ekibiina ekiddukanyizibwa obulungi, ge gano:

KOLA BINO:

1. Teekawo omubala gw'ekibiina;
2. Teekawo ekyokukola n'ekiseera akakiiko mwe kanaakikolera;
3. Lambika bulungi ekifo ky'akakiiko mu bukulembeze bw'ekibiina.

BINO TOBIKOLA:

4. Tokozesa kakiiko kutongoza bikolwa by'abantu kinnoomu;
5. Teweewaggula ku kakiiko n'okukawambako emirimu gye kandikoze;
6. Ebibala akakiiko bye katuuseeko tobyanika mu kakiiko akalala okuggyako nga waliwo ensonga eyenjawulo ekikukozesa.

IV. Obukiiko bw'abantu kinnoomu

Akakiiko k'omuntu kinnoomu ly'erimu ku makubo agayitibwamu okukola omulimu nga guli mu ntegeka y'ekibiina, naddala we kisangibwa ng'ebibiina ebinene bifuisse amamese amangi agateesimira bunnya. Akakiiko kano kateekwa okuba n'omulimu oglambikiddwa n'obuvunaanyizibwa obw'okuzzaayo amawulire eri ababa bakutumye okukola omulimu. Akakiiko era kateekeddwa okwebuuza (shuura) kw'abo abalina okumanya n'obumanyirivu. Akakiiko tulina okukassa ku nninga olw'ebyo bye kakola n'okulaba nga katuukiriza ebyakatumibwa.

V. Emirimu gy'omuntu omu ng'akolera mu bangi

Ebibiina ebisinga obungi bibaamu abantu kinnoomu nga balina obusobozi obuta-faanagana, enneeyisa n'ebigendererwa. Buli omu ku bo omulimu gw'akola gusinziira ku mbeera n'enneeyisa y'ey'obuntu ova okusinziira ku ky'okukola ekimulagiddwa. Okulaga abantu bye balina okukola kiyamba okumanya ensonga ereetera ekibiina okukola nga bwe kikola. Gino gye gimu ku mirimu egyogerwako.

EMIRIMU GY'ABANGI

Omutandisi	Aleeta ebirowoozo ebipywa oba amakubo g'okugonjoola ebi-zibu; omuntu akola omulimu guno ayinza okuyiyya ekkubo eddala, empenda oba akakodyo ng'ali ku mulimu gw'oku-gonjoola ebizibu.
Omusasi w'amawulire	Asaba okutangaazibwa ku birowoozo ebiba bireeteddwa; omusasi w'amawulire era asaba okuweebwa amawulire aga-liwo oba amalala agayinza okuyamba ekibiina okukola ku nsonga eziriwo.
Omukunjaanya w'ebirowoozo	Asaba okutangaazibwa ku birowoozo ebiba bireeteddwa bammemba abalala.
Omusaasaanya w'amawulire	Aleeta amawulire, ebyokulabirako, n'amawulire amalala aga-kwata ku kizibu ekibiina kye kyagala okumalawo.
Omwi w'amagezi	Aleeta ebirowoozo oba endaba ekwata ku biteesebwako.
Omunnyonnyozi	Aleeta ebyokulabirako okusinziira ku bum, anyirivu bw'alina oba obw'abalala b'amanyi, ng'ayagala okulaga ekirowoozo oba ekiteeso engeri gye kinaakolera ekibiina singa kikkiriza okukwata ekkubo erimu kw'ago agaleeteddwa.
Kayungirizi alujjamya	Agezaako okutangaaza n'okukwanaganya ebirowoozo ebi-reeteddwa abalala. Awumbawumba ebibaddewo era n'age-zaako okukuumira ekibiina ku kussa essira ku nsonga eriwo.
Omulumuzi	Afuba okulamula ku bujulizi ne kw'ebyo ekibiina bye kiba kisazeewo.
Omukubiriza	Akubiriza ekibiina okukola n'akizzaamu amaanyi kikole okusingako bwe kibadde.
Omutesiteesi	Ayamba ekibiina okutuuka ku biruubirirwa byakyo ng'ayita mu kukola emirimu okugeza, okugaba empapula, okutegeka obutebe n'okuddukanya emikolo.
Omuwandiisi	Awandiika ebiteeso byonna n'ebirowoozo era n'aterekwa mu fayiro ensonga zonna ezikwata ku kibiina.

OKUZIMBA EKIBIINA N'EMIRIMU EGIKIDDUKANYA

Azzaamu amaanyi	Awaana, ategeera abalala era n'okubakkiriza.
Omutabaganya	Atabaganya bammemba ababa bafunye obutakkaanya.
Akkirizisa	Afuba okumalawo obutakkaanya wakati wa bammemba ng'agezaako okubakkirizisa okukkaanya beerekereze.
Assaawo omutindo	Ayamba okussaawo omutindo n'okulambika ebiruubiri-rwa by'ekibiina.
Omutunuulizi w'ekibiina	Atereka fayiro omuli enzirukanya y'ekibiina n'akozesa ebirimu mu kiseera ekyomumaaso.
Ssabakaaki era omuseesa	Akubiriza bammemba abatalina bigambo bingi okwenyi-gira mu mulimu ogugenda mu maaso.
Omugoberezi	Agendera ku biteeso bya bammemba banne; akola ng'awuliriza mu kukubaganya ebirowoozo kwa bannaki-biina ne mu kusalawo ekyokukola.

EMIRIMU EGY'ABANTU KINNOOMU

Omulumbaganyi	Atyoboola ekitiibwa kya bammemba abalala; ayinza okugezaako okunoonya okuwaanibwa olw'omulimu oguko-leddwa omuntu omulala.
Alemesa	Ono aba muzibu, atawaanya era anyiiganyiiga awatali nsonga.
Omwerazi	Ayagala nnyo okweteeka awalaba ng'ayita mu kwewaana n'okwogera obuwanguzi bw'atuuseeko oba ebirungi by'afunye.
Alanga ebimufaako	Akozesha ekibiina okuwuliriza ebimukwatako n'ebyo by'aba alabye.
Ateetaba mu banne	Teyeetaba mu ebyo ebigena mu maaso mu kibiina; talina kigendererwa. Kino kimuleetera okuba n'endowooza ya 'tebinkwatako', oba 'kyesirikidde', oba okweyisa mu mbeera endala eraga nti emirimu gy'ekibiina tegimu-kwatako.

Afufuggaza	Afuba nnyo okukozesa bannakibiina oba n'agezaako bonna okubafufuggaza; ayinza okuyita mu kusikiriza oba mu kwekaza n'abeera nga yeefuze okukubaganya ebirowoozo okugenda mu maaso.
Asaba obuyambi	Afuba nnyo okuddibwamu abalala nga bamusaasira; atera nnyo okulaga nti talina mirembe oba okuwulira nga waawansi.
Awolereza akabinja akenjawulo	Ayogerera abantu abenjawulo mu kibiina abo abakkiriziganya n'endowooza ye asobole okumala ebizibu bye ku bubwe.

VI. Emisumaali ne Nnatti Ebinyweza Okukolera Awamu

Okukolera awamu tekujja buzzi kwokka. Kuteekeddwa okutegekebwaa n'okulii-kirizibwa nga kino kiyita mu bukulembeze n'obufuzi obulungi. Gye tuvudde, tunnyonnnyodde amakubo agayitibwamu okukola ttiimu. Mu kitundu kino essira tujja kuliteeka ku bintu ebiyamba okutuuka ku biruubirirwa nga tuyita mu kukolera mu bibiina buli lunaku. Okusooka twetaaga okumanya ebikwata ku kibiina kyennyini.

A. Ffe baani era Twagala ki?

Kino kiyinza okuba ekibuuozo ekyangu okwanukula singa kibuuzibwa omuntu omu. Nze ani era njagala ki? Naye bwe kiba kibuuzibwa bangi kiba kibuuzo kizibu. Gezaako okukibuuza nga muli bangi. Tekimala okwogera nti: Ffe tuli Basiraamu; eriyo Abasiraamu abalala abasukka mu kawumbi akamu. Nsonga ki ennywevu etuteesaawo ekibiina ekyawufu ku birala? Njawulo ki gye tulina ku Basiraamu abalala? Tuteekwa okuba ne ensonga entuufu. Ekitundu ekyokubiri ku kibuuzo – Twagala ki? Kino kiraga okwenyigira (kw'abakibuuza mu kukola kye baagala). Ojja kwewuunya okusanga nti ebigendererwa byaffe emirundi egisinga tebitegeerekeka, tebisanyusa, tetubitegeera bumu. Ekisinga okunakuwaza kwe kuba nti twawukana mu kiki kye tuteekeddwa okukulembeza okukola ne ekiddako era bwe tutyo ne twawukana ne mu ntegeera ku kye tuteekwa okukola. Kino kijja kukuwa minzaani kw'onoopimira okwawukana kw'endowooza zaffe we kwenkana.


Okulowooleza awamu ffenna kitutuusa ku bigendererwa ebifaanana n'okukwata ekkubo erimu. Ekiddako kwe kutambula nga tugenda mu maaso. Ani ateekeedwa okutukulembera?

B. Ani asobola okutukulembera?


Ekibuuozo kino abantu bakanukula mu ngeri za njawulo. Abamu bayinza okugamba nti: asinga muffle okulabika obulungi (okunyirira), abalala asingayo amaanyi,

abalala bafiira ku mwogezi omulungi, abamu asobola okutetenkanya, waliwo abagamba nti bagenda n'oyo asinga okuba munnaddiini, sso ng'abandi baagala asinga obuyigirize, n'ebirala. Abantu abookuntikko bwe baabuuuzibwa, kyazuulibwa nti ekitone abasinga kye baalina kwe kusobola okukolagana obulungi n'abalala. Kino kitegeeza okubeera omuzannyi wa ttiimu, alina omwoyo gwa ttiimu (akolera awamu ne banne), era alina obusobozi okukolagana obulungi ne bakama be, banne, n'abo abali wansi we. Omuntu bw'atyo agumira enjawukana, awuliriza era afuba okutegeera abalala. Akola ebintu bibiri: atereeza ekifo kye bw'alaba nga waliwo obwetaavu, era ensobi ze azikkiriza mangu. Abeera n'omutima mwanjulukufu era teyeyisa mu ngeri ya kikwate.

Anoonya amagezi n'agatwala ne bwe gaba gava mu muntu bwe batakkiriziganya. Omuntu omu bw'aba akolagana bulungi n'omulala tebabeera babiri bokka; baba bafuuse kkuminoomu.



N'okusinga kw'ekyo, abantu abasatu bafuuka:



Kino ky'ekyawula wakati w'ebimyanso ebikuba (ebimulisa) buli ludda nga birimu obutangaavu obujjuvu. Ekimyanso biba bitangaala ebyegasse awamu nga byakira ku bipimo bye bimu ekisobozesa okuba n'amaanyi. Ekimyanso ekyo kisobola okuyita mu bisenge ebyenkokoto n'emitayimbwa.

Okutuuka ku bukulemmbeze tekitegeeza kukola mirimu wekka. Okusigira, okwesiga n'okuzza amawulire bye bintu ebikulu mu byetaagisa okusobozesa bannakibiina okwenyigiramu. Wadde mugezi atya, omukulembeze bulijjo yeetaaga obuyambi, asobole okukola emirimu mu ngeri esingayo obulungi.

C. Endwadde y'emirimu egisusse

Emirimu okumenya omuntu bufuuse bulwadde bwa lukonvuba (obutawona) mu biiina byaffe. Kitegeeza nti omukulembeze akola emirimu gyonna oba nti b'ali nabo bagayaavu. Obubonero bw'emirimu emizito egisusse bwe bulabika mu mukulembeze, ekibiina kisaana kisiriikiriremu kirowooze nate ku mbeera, bwe kimala kigonjoole

obuzibu obwo. Omuntu asinga okuba omukozi omulungi ayinza obutabaako ky'akola n'ebimusobako olw'emirimu egisusse obungi.

Ekiwewula obuzito obungi kwe kubugabanya sso si kubeera kanyama. Tendekayo abakulembeze abalala, teekateeka ebinaakolebwa mu ngeri ennungi omanye kiki ekinaasooka na kiki ekinaddako. Abakulembeze abazitoowereddwu emirimu balina okubuteewuluzibwako bawummuleko bafune amaanyi amapya. Singa ekyo tekikolebwa bajja kugonda balwale era bagwe eri olw'obukoowu. Singa abakulembeze baggwaamu amaanyi n'okwagala, ekibiina kijja kukosebwa nnyo.

Tuzuula tutya nti obuzito bw'emirimu buyitiridde? Tulina okunoonya obubonero obutulaga ekyo. Omukulembeze ayinza obutamanya bikwata ku pulojekiti oba emirimu egigenda mu maaso gy'alina okulabirira. Olwo obuyinza ne butandika okumuva mu ngalo. Kino tekitegeeza nti alina okumanya ebigenda mu maaso byonna mu bujuvu buli lunaku, naye alina okuba ng'ebantu ebikulu ebibikwatako bimuli mu ttaano. Bw'aba takisobola kitegeeza nti abigikkidwa obuzito obususse. Olwo aba alina okukendeeza ku mirimu oba okufunayo abamuyambako.

Olumu omukulembeze n'ekibiina batabulwatabulwa mu biruubirirwa byabwe ne batasobola kwawula wakati w'ebirungi n'ebibi. Weegendereze nnyo oleme kugwa mu katego kano.

D. Bulijjo kolanga Ekituufu!

Mu kibiina kyo oyinza okutuuka mu mbeera ekibiina we kisalirawo ensala enyigiriza omulala. Ayinza okuba mmemba oba nga si mmemba wa kibiina ekyo. Jjukira etteeka eryomuwendo eriri mu Kulaane:

Abange mmwe Abakkiriza! Muyimirirengawo ku lwa Katonda nga muli abajulizi abenkanya. Temukkiriza bukyayi n'obulabe abantu bye babalinako okubaggya ku kwe-nkanya. (Mmwe) mubeere benkanya: ekyo ky'ekisemberera okutya Katonda. Era mutye Katonda. Ddala Katonda amanyi nnyo byonna bye mukola. (5:8)

﴿ يَأَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُوْنُوا فَوَّجَمِنَ لِلَّهِ شَهِدَةً إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الشَّاهِدَاتِ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَّقِنِّينَ وَلَا يُحِبُّ مُنَكِّرَتِمْ سَكَانُ قَوْمٍ عَلَىٰ أَلَا تَعْدِلُوا أَعْدِلُهُمْ أَهْوَأَهُمْ بِالْتَّقْوَىٰ وَأَنَّهُمْ أَلَّا يَكُونُوا بِالْحَسَنَاتِ مُنَاهَقُهُمْ وَإِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴾ (سورة المائدة)

Bulijjo beeranga mwenkanya ng'osalira omuntu omusango.

Enkola ennungi kwe kukuba ekifaananyi nga ggwe gwe basalira omusango. Kino kija kukuleetamu obusaasizi. Tobuzaabuzibwa okukyamuka oba okukyamulwa ebigambo by'abantu abangi n'osalawo mu ngeri y'okupapa. Oyinza okwejjusa oluvannyuma. Mu kiseera eky'omumaaso Allah ayinza okukugerera n'obeera mu mbeera y'emu, olwo obutenkanya ne bukuddira mu ngeri y'emu. Kakasa nti mu mbeera bwe zityo otambulira ku njigiriza y'Obusiraamu n'empisa zaabwo. Tobbyawukanangako. Ojja kusanga nga Allah ali naawe bulijjo bw'oba olina obugumiikiriza (Swabru).

Wali olabye bannakyemalira, abalyazaamaanyi, aboonoonyi, ababbi ne bakkondo engeri gye battamu omu ku bannaabwe mu ngeri eteriimu bwenkanya, oluddako ne bakola ku mulala mu ngeri y'emu n'ekivaamu bonna ne basaanawo? Ebikolwa ebitaliimu bwenkanya nga bikolebwa ekibiina naddala ku batali baamu ekivaamu nga bikolebwa ne ku boomukibiina mwennyini. Togezangako okulamula mu ngeri eyenjawulo ey'obutenkanya kubanga naawe oliramulwa bw'otyo.

Ejisobozesa okutegeera omugaso gw'ekirowoozo ky'omulala, kuba akafaananyi nga ggwe oli mu mbeera eyo.

Ekibiina bwe kitambula nga kigenda mu maaso, n'obukulembeze bwakyo nga bulungi, kiba kiteekeddwa okufa ku mirimu gyakyo emirungi nga kikola enteekateeka n'obwegendereza.

E. Obuvunaanyizibwa obwa buli omu tebubaako avunaanyizibwa

Kino kibaawo bwe tuba ng'obuvunaanyizibwa bw'okukola omulimu tubulekedde buli omu. Kyabulijjo mu nkiiko zaffe obutakwasa buvunaanyizibwa eri abantu.

Ekivaamu, emirimu egyo kwe kusigala nga tegikoleddfa kubanga buli muntu abeera alowooza nti buvunaanyizibwa bwa mulala, si bubwe. Jjukira ekyafaayo kya Kabaka eyayagala omubisi gw'enjuki ogwebbeeyi, n'ayagala okumanya oba yali muganzi eri abantu. Kye yakola kwe kuteeka eppipa enjereere mu makkati g'ekibuga n'alangirira nti buli amwagala ayiwe ekikopo kimu ekijjudde omubisi gw'enjuki omutuufu mu ppi. Omuntu omu yallowooza nti engeri abantu bonna gye baali bajja okuyiwamu omubisi gw'enjuki ye yali asobola okuyiwamu amazzi mu kifo ky'omubisi gw'enjuki. Ate oba ekikopo ky'amazzi ekimu si kyangu kukimanya n'okyawula ku mubisi gw'enjuki ogujjudde mu ppi. Kabaka bwe yakebera mu ppi yasanga ejjudde mazzi meereere. Kirabika nti buli muntu yalina ekirowoozo kye kimu.

Ekyafaayo kino kituyigiriza nti obuvunaanyizibwa bubeera mu mwoyo gwa muntu. Tosobola kwekwasa n'otuukiriza buvunaanyizibwa ng'owoza nti abalala banaabutuukiriza. Nnabbi (S.A.W.) kino yakinnyonnyola bw'ati:

«كُلُّمَّ دَاعٍ وَكُلُّ رَاعٍ مَسْنُوْلٌ عَنْ رَعِيَّهِ»

**Buli omu mummwe alina ky'alabirira era buli alina ky'alabirira
alibuuzibwa ku kye yali alabirira.²**

² Sunau al Tirmidhi, Sunan Abi Dawud, Sahih al Bukhaari ne Swahili Muslim.

*Awali
Ekyokukola*

OKUGGYA

EKISINGA

OBULUNGI

MU

BANTU

Ekiremesa abantu okukolera awamu nga ttiimu y'endowooza abasinga obungi gye balina nti tetusobola kukolagana na muntu okuggyako nga tukkaanya naye mu buli kintu (100%). Engeri gye kitasoboka, kwe kukisanga nti abantu abakolagana nga bakkaanya baba batono nnyo. Emirundi egisinga obungi, omuntu omu y'afufuggaza abalala abali mu kibiina era n'abakakaatikako endowooza ye n'enkolaye. Ebitongole byaffe bikoseddwa enfuga y'omuntu omu. Teri nsi esobola kukulaakulana ng'erina endowooza eno. Tulina okukimanya nti abantu tebenkana. Tukkaanya ku nsonga 90% ne bannaffe. Ebintu bye tukkaanyaako tubikozese okutugatta. Naye ate tuddira ebintu 10% bye twawukanamu (bye tutakkaanyaako) ne tusinziira okwo okwawukana.

Kisaana kijjukirwe nti teri mutuukirivu. Buli muntu alina ebirungi n'ebibi. Ekibiina kisaana okutunuulira ebirungi ebikolebwa n'obutatunuulira bibi. Mu ngeri eno, amaanyi g'abantu abangi gava mu maanyi g'abantu kinnoomu. Kino kivaamu amaanyi agannamaddala.

Jjukira nti tetusobola kufuna mukozi atuukiridde atalina kamogo. Singa tulowooza nti waliyo atuukiridde kino kitegeeza nti obumogo bwe ng'omuntu tetunnaba kubuzuula!

Tusaana okweteekamu endowooza empya ng'etunuulira ebirungi bya bannaffe, era tukolere wamu nabo olw'okukendeeza ensobi zaabwe. Endowooza eyo yeetaagisa olw'okuleeta omwoyo gwa ttiimu n'okukolera awamu.


JJUKIRA KINO!

**ABANTU ABABIRI BWE BABA BAKKAANYA BULUNGI,
OBA WEETAGAKO OMU YEKKA!**

OKUSOOMOOZA OKWAMAANYI MU KYASA EKY'E 15 EKYA HIJIRI

Ekintu ekyali kibula mu mirimu gy'Obusiraamu mu kyasa ekekku-mineebitaano ekya Hijri, gwe mwoyo gw'okukolera awamu nga Ttiimu!

Okukolera awamu tekwetaagisa magezi gokka. Wabula Wabula ebyetaagisa ebirala bwe bwesimbu, okwewaayo n'okwerekereza. Omwoyo guno guliki-rizipwa entegeera ey'ekika ekyawaggulu, okusiima, n'amagezi (hikmah). Kino kikola ku bantu abasobola okwerekereza enjawukana zaabwe ne bayiga okukolagana ne bannaabwe. Abasiraamu singa bafuna omwoyo gw'okukolera awamu, tusobola okufuna abugunjufu obw'omulembe obuli ku musingi gw'Obusiraamu. Olwo tewaba kisobola kulemesa. Tuba tulindirira kiseera ekyo okutuuka kubanga emikisa gya Katonda n'okusaasira kwe biri wamu n'aba-kolera awamu.



Ekibuuzo: Kiki ky'olaba ekigenda mu maaso wano?

Okuddamu: _____

(Mu bigambo 12 oba ebitatuukawo)

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Ani asalawo ekinaakolebwa mu kibiina (ttiimu)? Lwaki?
2. Bisaanyizo ki ebiyinza okuyamba mmembwa wa ttiimu okukola obulungi?
3. Njawulo ki eri wakati wa ttiimu, akakiiko akali ku mulimu omutongole n'akakiiko akafuzi?
4. Ddi akakiiko ak'omuntu omu lwe kasaana okukola emirimu gy'ekibiina?

EKYOKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

EBBANGA LIYISE NGA KIRABIKI NTI BANNAKIBIINA EKY'OBUSIRAAMU SI BAMATIVU KU MPEEREZA ERI BAMMEMBA EKWATA KU BINTU NG'EMIZINDAALO, EBITABO EBIWANDIIKIDDWA, EBITABO EBISOMWA, EBIRANGO, N'EBIRALA. OLONDEDDWA OKUZUULA OBUZIBU WE BUVA. LWAKI EMBEERA ERI BW'ETI, ERA KIKI EKIYINZA OKUKOLEBWA OKUFUULUA ABANTU ABAMATIVU. OYAGALA OKUSSAAWO EKIBIINA EKINNAATUUKIRIZA EKIRUUBIRIRWA KINO.

1. *Salawo ku kibiina ki ky'onoo-tandikawo okufuna ebibala ebirungi.*
2. *Wandiika ebbaluwa eronda abakozi ng'erimu kalonda yenna asobozesa okufuna ebigendererwa by'ekibiina.*
3. *Tegeka olukalala lwa bannakibiina n'abantu abalala abeebisaanyizo abatali bannakibiina naye nga baamugaso eri ekibiina ky'abantu boolonda.*

Ekitundu Ekyokusatu

Okutumbula Obukugu n'Okwekulaakulanya

Okutuukiriza obulungi ebigendererwa, abakulembeze n'abagoberezi bateeke-ddwa okufuna obukugu obwetaagisa. Obukugu obumu buba bitone bya bantu kinnoomu, okugeza: okwogera eriabantu, okuwandiika, okuwa amagezi, okuwuliriza n'okukozesa ebiseera obulungi. Obukugu obulala buba bukwata ku nkologana n'abantu abangi, okugeza: okutandikawo obukiiko wamu n'oku-kubiriza entuula zaabwo, okutegeka enkiiko n'okuzikubiriza, okukozesa ebyuma ebikwata amaloboozi n'ebifaananyi, okwogera eri bannamawulire, n'okutandika ebibiina eby'abantu abookukyalo. Bino byonna birambuluddwa mukitundu kino mu kitabo kyaffe.

Awatali kubuuusabuusa buno bwe bukugu obwensibo obwawula munna Da'awah omulungi ku balala. Omuntu ateekeedwa okuba n'omutima oguyiga bulijjo okulaga n'okufuna ekyetaagisa okukola omulimu.

Essuula esembayo mu kitundu kino ekwata ku bintu ebiyimiriddeko okweku-laakulanya kw'omuntu. Ng'eyita mu byokulabirako ebirabwako, essuula eno ejjukiza omuntu empisa ennyingi ez'obuntubulamu Obusiraamu bwe ziyigiriza. Omuntu ali mu kutendekebwा bw'aba ataddeyo omwoyo asaanidde okukozesa ebyokuyiga bino okubagawo enteekateeka y'okwekulaakulanya.

EKITUNDU EKYOKUSATU: OKUTUMBULA OBUKUGU N'OKWEKULAAKULANYA

Essuula 12.	Ebifa Ku Kwogera eri abantu	163
Essuula 13.	Amakubo g'Okuwandiika Obulu- ngi	181
Essuula 14.	Naswiiha (Okubuulirira)	187
Essuula 15.	Ebikwata ku by'empuliziganya	195
Essuula 16.	Ebiseera byo obikozesa otya	205
Essuula 17.	Ekitone ky'okuwuliriza	215
Essuula 18.	Engeri y'okutandikawo akakiiko	221
Essuula 19.	Engeri y'okukubirizaamu entuula z'akakiiko	227
Essuula 20.	Engeri olukiiko gye lutegekebwa- mu	233
Essuula 21.	Engeri olukiiko gye lukubirizi- bwamu	245
Essuula 22.	Enkozes a y'ebiyuma ebikasuka ebigambo	261
Essuula 23.	Okwogera Eri Bannamawulire	269
Essuula 24.	Engeri y'Okutandikawo Ekibiina Ku Kyalo	273
Essuula 25.	Ebirowoozo by'Omuntu Okweku- laakulanya	285



Ebifa ku Kwogera Eri Abantu

-
- I. Okuteekateeka n'okutegeka ebinaayogerwa
 - A. Ekkubo ly'oteekedda okugoberera
 - B. Okwongera okulongoosa okwogera kwaffe.
 - II. Obukodyo bw'Okwogera: Ebikulu
 - A. Okussa mu Nkola
 - B. Okwogeza Omubiri, Eddoboozi n'Amaaso
 - C. Okulekera Awo by'Oyogera
 - D. Omwogezi ky'Alowooza Mu Mwoyo Gwe
 - III. Ebibuuzo n'Okuddamu: Okusoomooza n'Akakisa
 - IV. Ebyokulabirako by'Okwogera Okulungi Eri Abantu
 - V. By'olina Obutabuusa Maaso Ng'oyogera Eri Abantu
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO

W'onoomalirako essuula eno, ojja kuba ng'osobola:

- Okulaga ebikulu mu kwogera obulungi eri abantu.
- Okumanya engeri gy'onooyongera amaanyi mu kulongoosa obunafu bw'olina mu kwogera eri abantu
- Okwogera obulungi eri abantu
- Okwenkenneanya okwogera kw'abalala eri abantu

Okwogera eri abantu abakwagala oba abatakwagala ky'ekimu ku mirimu emikulu egy'obukulembeze. Ekigendererwa mu kwogera kiyinza obutakoma ku kutuusa mawulire ng'oluubirira okukyusa endowooza ne kumalira ku kutambuza emirimu. Amateeka amakulu mu kutegeka ebinaayogerwa ge gamu mu mbeera zonna. Amateeka gano tugenda kugannyonyola wammanga.

I. Okuteekateeka n'okutegeka ebinaayoyerwa

A. Ekkubo ly'oteekeddwa okugoberera

1. By'olina okusooka okulowoozaako

a) *Manya abantu booyoyeramu*

Ekisookera ddala mu kuteekateeka ebinaayoyerwa kwe kumanya abantu booyoyeramu. Okugeza, tuteekeddwa okumanya ebibiina by'abantu be tunaayoyereramu oba embeera zaabwe. Era tulina okumanya abaayoyerako gyebali n'endowooza zaabwe ezenjawulo ku nsongya eyoyerwako. Tulina okusaka amawulire agabakwatako tuzuule ekituufu nti abantu abo "baamutawaana" oba "baamukwano" abalina obusaasizi ku ndowooza y'oyo abooyereramu.

Okufuna enkolagana ennungi n'abawuliriza osobole okulongoosa empuliziganya yo, kikusaanidde otuuke nga bukyali ate olwewoko akabanga. Kino kikusobozesa okusanga abakedde okujja mpozzi n'okuzuula abakkiriziganya naffe mu bantu betunaa-yoyereramu. Era tusobola okwogerako n'abo abatakkiriziganya naffe ne kitusobozesa n'okwogera ku manya gaabwe n'ebibaluma mu kiseera ky'okwogera kwaffe. Kino kiraga nti endowooza zaabwe tuzissaamu ekitiibwa. Era tuyinza okukozesa akakisa okwongera amaanyi mu nsongya enkulu ezikooneeddwako mu kwogera kwaffe.

b) *Beera gwe bakkiririzaamu (eyeesigika)*

Abantu be twogereramu bajja kutuwuliriza bwe tuba abeesigika mu maaso gaabwe. Okufuuka eyeesigika oba gwe bakkiririzaamu omwogezi ateekwa okuba omumanyi ku nsongya gy'ayoyerako, alina okubeera akkirizika mu kwogera kwe, n'okweyisa mu ngeri eneereetera baayoyereramu okumwagala. Nnabbi (S.A.W.) yali mwetegefu okutegeeza abantu b'e Makka nti yali alondeddwaa okubatuusaako obubaka bwa Allah. Yabakowoola bakunjjaane okumpi n'akasozi (kwe yali ayimiridde) n'abagamba nti: "Singa mbategeezza nti waliwo eggye erinaatera okubalumba nga liva wansi w'olusozi luno munkakasa?" Bonna baddamu nti "Ye," kubanga baali tebamuwulirangako ng'alimba n'akatono. Bwe yamala okukakasa nti yeesigika (bamukkiririzaamu) kwe kubagamba nti: "Mbalabula ku kibonerezo ekyamaanyi ekinaabatuukako singa mugaana okukkiriza."¹

2. Engeri y'okubaga ebyoyerwa

Ekiddako ky'ekyokulabirako eky'emitwe emikulu egy'ebyo by'ogenda okwogera. Naye tekitegeeza nti bye binaakozesewanga olubeerera kubanga buli mukolo oba buli nsongya eba eriwo y'esinzirwako okusalawo engeri y'okubaga ebinaayoyerwa. Mu buli mbeera, ekigendererwa kwe kutegeka okwogera okujjuvu okukunjyaanya ensonga ezeetaagisa era okutuusa obubaka obuluubirirwa mu ngeri etegeerekekka.

¹ Sahiihi al Bukhaari.

a) Yogera omulamwa

Yogera omulamwa, yogera ebitundutundu byagwo, onnyonnyole ekigenda okwogerwako. Nnyonnyola ensonga efuula ekintu ekyo ekikulu eri Ummah era lwaki abagenda okuwuliriza balina okufaayo, Yogera kye tusuubira okufuna mu kwogera.

b) Taganjula omulamwa

Nnyonnyola ebyafaayo by'ensonga gy'oliko era olage ebyokuyiga mu byafaayo. Kiba kirungi nnyo okutegeka by'onooyogera okusinziira ku mulamwa okusinga okubyogera nga bwe byaddirijjana. B'oyogereramu batekeddwa okutegeera obulungi lwaki ekizibu ekkyo kizibu ekitawaanya abantu olwaleero.

c) Bategeeze okugonjoola ekizibu ekkyo okwasooka

Bwe kiba kisobose, leetayo ebyokulabirako ku mbeera eyaliwo mu Busiraamu n'abenzikiriza endala, okubaganye ebirowoozo ku makubo g'okugonjoola ekizibu agaaleetebwa era olage lwaki gaatuuka ku buwanguzi ova lwaki gaalemererwa. Ekizibu bwe kiba nga kipydala, laga engeri gye kifaananamu ebizibu ebyasooka.

d) Weekebejje ekizibu era okinogere eddagala

Sooka na kwekebejja kizibu mungeri y'okutetenkanya nga weekwata ku misingi gya Kulaane egylambikibwa mu kunogera ebizibu eddagala. Keberako ne mu njiriza za Nnabbi (S.A.W.) osobole okunnyonnyoka n'okutangaazibwa ku misingi egyo. Weekenneye engeri emisingi egyo gye gisoboka okukozesebwa ku mulembe gw'Abasiraamu abaaleero ng'ekibiina (Ummah) ne ku Basiraamu kinnoomu. Lowooza ku kunyikira ng'okozesa ebirowoozo (ijtihaadi) ng'osinziira ku Kulaane ng'ekkubo erinaakutuusa ku kugonjoola ekizibu. Bwe kiba kyetaagisa, wa amagezi ku makubo amapya agayinza okututuusa ku buwanguzi.

e) Maliriza

Bulijo wunzika by'oyogera ng'osinziira ku bintu bisatu: **Ekiisooka:** okulaga obuwombefu bw'Obusiraamu, engule y'endowooza ey'ekikulu, ekitegeeza okukakasa nti okumanya kw'omuntu kutono nnyo. **Ekyokubiri:** okuba n'essuubi nti Allah Oweekitibwa buli kintu yakiteerawo ensonga era nti obuyambi bwe wamu n'okulunjjamya okuva gy'alibijja kutuusa Ummah y'Abasiraamu ku kuzuula obuwanguzi we buli ku nsongha eyo basobole okukyusa ensi ekoseddwa ekizibu ekkyo efune emirembe. **Ekyokusatu:** Toola salaamu era weebaze abatesiteesi n'ababaddde bakuwuliriza olw'omulimu oggettendo.

Okwogera okuteeketeke obulungi kutandika na nnyanjula ematiza, kuberamu ensonga enkul, kuleetera emmaliriza ennungi ova okuwumbawumba era ne kuggweera mu kiseera ekyawereeddwa omwogezi. Tutekeddwa okubalirira ebiseera byaffe ebiba bituweereddwa twogereremu ebigambo byaffe, tubisaleko bwe kiba kyetaagisizza nga tukendeeza ku birowoozo n'amawulire mu buli kitundu ky'okwogera kwaffe.

B. Okwongera okulongoosa okwogera kwaffe

1. Okutwala mu maaso

Nga tetunnaba kwogera, tuteekeddwa okusalawo engeri gye tunajjulukuka okuva ku mulamwa ogumu okudda ku mulala. Okwogera kwaffe kulina okugenda mu maaso okutuuka we kukoma. Wadde kiri kityo, okwetaaga okukyusakyusaamu (okuwummulumu) tekyetaagisa kuba muyiiya nnyo. Wadde tukimanyi mu mwoyo gwaffe nti engeri gye twogera ne byetwogera bisengekebwa byeyunga ku nsongya yaffe esembayo, okweyunga okwo kuyinza obutategeerwa abo be twogereramu. Abatuwuliriza balabika okutegera bye twogera singa balaba ebigambo bye twogera engeri gye biyiikamu sso si kuyimiriramu ne bafumiitiriza amakulu gaabyo.

Waliwo okukyusakyusaamu (okuwummulumu) kwa mirundi ebiri kwe tuyinza okukozesa: okw'okumatiza nga tukozesa obukugu mu lulimi, eno ebeera sentensi oba ekitundu kyayo ekigatta ekiba kyogeddwu ku kiddako, era waliwo n'engeri eddoboozi gye lifulumamu nga kino kibeerawo bulungi okusinziira ku nkyusakyusa y'eddoboozi n'amayengo gaalyo. Ekyokulabirako ku kitu ekisooka kwe kujjulukuka okuva ku katundu akasooka okudda ku kookubiri mu kyokulabirako wammanga:

“... Kino kituleetera okuwunzika nga tugamba nti enjala ky'ekyeraliikiriza ekikulu eri abantu ku nsi abasinga obungi.”

“Enjala wadde kiri kityo teva ku bbula lya mmere lyokka ...”

2. Okulonda Ebigambo

Bulijjo londayo ebigambo ebisinga okuba ebirungi nga bw'osobola. Tewali kinaatwanika mangu kubeera bato mu birowoozo ng'okukozesa olulimi olw'abatannakula mu birowoozo – ebigambo eby'ekiyaaye.

Okukozesa olulimi olunnansi oluusi kireetawo okukwatagana obulungi n'abakuwuliriza abo abalutegeera. Naye ebigambo eby'olulimi olw'ekinnansi bisaana kukoze-sebwa na bwegendereza.

Waliwo “amakubo aganaakutuusa amangu ku kwogera ebitegereekekka” singa ogakozesa n'obwegendereza:

- Okuddamu okukkaatiriza emiramwa emikulu (ekisingako kukkaatirizaako ensonga ssatu);
- Okukozesa enkyusa y'eddoboozi esseeneekerevu mu kulonda ebigambo;
- Okukozesa ennukuta ezifaanagana mu bigambo ebyenjawulo kireeta eddoboozi eriggunda;
- Okukozesa obugero bwa bakalimagezi – buno abantu babujjukira;
- Okukozesa emboozu ezifaanaganya ebintu ebyenjawulo, okwogera mu ngero n'okugeraageranya ebintu kikusobozese okugonza amakulu g'ebirowoozo ebitategeerekekka mangu;

- Okukozesa ebibalo ebikakasa nti by'oyogera byesigika;
- Okukozesa ebigambo mu ddoboozi eriraga obumalirivu n'ebigambo ebiraga okukola ebisobola okusensera mu birowoozo by'abo booyogereramu ne mu bwongo bwabwe;
- Okusika n'okukyusa amangu ebirowoozo by'abakuwuliriza mu bigambo by'otandika nabyo okwogerakwo n'okubiwumbawumba mu ngeri eneebisiga mu bwongo bwabwe basobole okusigaza obubaka bw'obategeezza.

Ku ludda olulala, enjogera ezimu ziteekeddwa okwewalibwa. Okugeza, tetusaana kukozesa njogera nga zino okuggyako nga tutegeeza kye twogera:

“Sikakasa naye ndowooza...”	“Bulijjo”
“Nze nga bwe mmayi...”	“Tekibangawo”
“Ndowooza nti...”	“Buli omu”
“Tusaana tumanye...”	“Tewalinoomu”

3. Okuwandiika by'onooyogera

Bwe tuba tutegese bye tunaayogera mu buwandiike okutuyamba, ekisingako bwe butabivaako wadde nga muli tuwlira nti bye twogera bigenda bulungi. Kino kiyinza okutuleetera okutamattama, olumu kiva ku buteekakassa mu by'oyogera oba olw'okukozesa ebigambo ebisusse obungi, okugeza ng'okwogerera mu ngero n'oyitiriza.

Tetusaana kusoma busomi bye tuba tuwandiise awatali kusalako. Naye ate tetusaana kukweka bye twawandiise. Ebirowoozo byaffe birina okugamba muli nti tututte omutawaana okutegeka bye twogera era ensonga zonna ze tutegese tugenda kuzoogera tuzimaleyo. Ekirala, bwe tuba n'obuzibu nga tulina kye twagala okukozesa emikono gyaffe obuzibu buno tuyinza okubuvvuunuka nga tuyimiriza okukozesa bye tuwandiise.

II. Obukodyo bw'okwogera: Ebikulu

Ebyogerwa ebirungi biyinza okwonooneka olw'engeri gye byogerwamu, singa ebeera tematiza. Nnabbi Musa (A.S.) bwe yali yeeteekateeka okwogerera mu lubiri lwa Falaawo, yasaba Allah nti:

Katonda wange! Nnyanjululiza ekifuba kyanje, onnyanguyize omulimu gwange gwe njendako; onsumulule ekinnemesa okwogera obulungi ku lulimi lwange, basobole okutegeera bye mbagamba.. (20:25-28)

قالَ رَبُّ أَشْجَعَ لِصَنْدِرِي ۚ وَبَشِّرَتِي أَمْرِي
وَأَخْلَلَ عَقْدَةَ مَنْ لَسَافَ ۚ يَفْهَمُوا قُولِي (سورة طه)

Okwogera eri abantu kuzingiramu omuntu ab'ayogera yenna bulambalamba. Tulina okufaayo ku mubiri gwaffe, eddoboozi lyaffe, n'amaaso gaffe byonna ne tubikozesa nga twogera eri abantu. Kino kyetaagisa okugoberera amateeka amatonotonon

n'okwegezaamu emirundi egiwerako. Amakubo agamu kw'ago gannyonnyoddwa wammanga.

A. Okussa mu nkola

Tuyinza okumala essaawa eziwerako nga tunoonya ebyo bye tunaayogera n'oku-bitegeka mu bufunze, naye ne tutasobola kubyogera mu ngeri ennungi ng'ekyo kiva ku kuleka ekkubo erisinga gonna obwangu – okwegezaamu engeri gye tunaayogeramu. Mpozzi tusuubira nti okwegezaamu kujja kukyusa bye tunaayogera bive ku kwogera okwamazima bifuuke “katemba” oba “okukola ebikolwa”. Okwogera okulungi kulina okuba nga kwa butonde (si kwa kwekaka) nga y'ettooki emulisa enneeyisa y'omwogezi. Naye jjukira nti okwogera eri abantu kusengekebwa, era ekigendererwa ky'okwogera okusengekedwa kwe kutuusa obulungi amawulire amangi mu biseera ebisinga obutono nga bwe kisoboka. Tuba tetuyambye batuwuliriza bwe tumala ebiseera byabwe nga twogera gyebali mu ngeri ekooya, etammuka ate nga tekoma; oboolyawo tebajja kutuwuliriza singa tunaakola bwe tutyo. N'olwekyo, okwemanyiiza okwogera ebisengekedwa kujja kutuyamba ne bwe tuba tuli awateetaagisa kutegeka nga twogera mu mbeera eyaabulijjo. Gye tukoma okwogera ebitegeerekeka nga tuli ku mulamwa awatali kuguvaako na kuwuguka, abantu gye bajja okukomya okwagala okutuwuliriza nga banyumirwa.

Oluusi, kwata okwogerako kwonna ku katambi osobole okukwenkenneanya n'okukufunamu ebyokuyiga. Ojja kwewuunya mu ssanyu engeri gy'onooyiga mu bigambo gwe wennyini bye wayogedde. Kigezeeko! Okukwata ebigambo ku katambi kulina omugaso omulala – oyinza akatambi okukawa abalala ne bakeekenneanya (ne bakuwa ku magezi).

B. Okwogeza omubiri, Eddoboozi n'amaaso

1. Ekifo ky'omubiri

a) *Okulaza*

Nga bwe twagala obutalemera ku kikolwa kimu oba mu kifo ekimu, tetusaana kulowooza nti enkokola zaffe zirina kubeera ku mbiriizi nga tezivaako. Bwe tuba tusobodde okugeegeenya bye tunaayogera mu maaso g'endabirwamu. Gezesu okulaza okwenjawulo olabe bwe kufaanana. Okulaza totegeka kukukozesa mu kitundu ekimu mu kwogera kwo. Bwe tuleetawo okulaza okwo lumu, bwe kutyo bwe kunaafaanana: tujja kuba tweyisizza mu ngeri eteri ya butonde! Ekikulu kwe kweggyamu obutafaayo ne tulema okulaza n'akamu.

b) *Okuyimirira*

Tulina okulabika nga twekakasa naddala mu kaseera akasinga obukulu nga tunaatera okutuuka ku kadaala. Bwe tuba twogera, omubiri bye gwogera biteekwa okuba nga bikwatagana n'ebyo olulimi bye lwogera. Ekisinga byonna, tusaana okuyi-

ga engeri gye tulina okuyimirira – ku bigere byombi. Okuyimirira n'obuzito bwaffe bwonna ku kigere ekimu si kyamuzizo. Naye bwe tukikola, twesanga twewunzikidde ku kigere ekirala ne tutandika okuzungira eno n'eri nga tetutegedde. Naye be twogereramu baba bakitegedde. Bwe tuba n'entendeka ennungi tetujja kuwuguka oba okuwugula abatuwuliriza nga kino kiva ku nnyimirira embi.

Wajja kubaawo ebiseera we tuyinza okwogerera eri abantu abangi nga tutudde oba nga twesigamyne ku mameeza. Okutwalira awamu, weggyeemu omuze gw'okwesigamanga ku bintu. Emmeaza, entebe, n'obudaala si miggo gya balema (kwe twesigama). Okwogera obulungi tulina okulaga nti tulinamu embavu; okwesigama ku bibajje kitegeesa nti tetulina maanyi ageetaagisa. Bw'oba oli emabega w'akadaala oba emmeeza, tolowooza nti bakukomeredde misumaali mu bigere. Weewulire ng'olina eddembe okutambulamu singa ekyo kibaamu ekigendererwa. Tomala gatambula nnyo okumala amaanyi, naye tambula bwe wabaawo ensonga ekukozesa ekyo. Tuyinza okwetaaga okutambula okutuuuka ku lubaawo tuwandiikeko ezimu ku nsongea enku oba ne tutambula okwolekera abamu ku bawuliriza abatasobola kulaba bulungi mwogezi.

Emu ku nsongea enku oba omwogezi emuggyaa emabega w'akameeza kw'ayogerera n'asemberera abamuwuliriza kwe kukendeeza ku bbanga eririwo wakati we n'abawuliriza asobole okuggumiza ensonga gy'ayogerako. Kimanyiddwa okuva edda n'edda nti okwogera kusinziira ku bbanga eriba wakati w'omwogezi n'abamuwuliriza. Buli bbanga eryo lwe likendeera kiraga nti ali kumpi nabo mu birowoozo era ekyo kivaamu okumufuna obulungi.

2. Okutunuulira Abawuliriza

Tutera okuwulira abatubuulirira okutunuulira obulungi abantu, naye ekisinga kwe kutunuulira abantu mu maaso. Kino kirina okukolebwa okusinziira ku njigiriza y'Obusiraamu ey'okuba n'ensonga tuleme okutunuulira omuntu ow'ekikula ekirala ne tutamuggyako maaso. Bwe tuba tutunuulira be twogereramu tulina okutunuulira muntu ku muntu; gwe tutunuulidde bw'atutunuulira olwo ng'amaaso tugazza ku mulala amuliraanye. Totunula waggulu wa mitwe gya bantu oba okutunula mu bbanga. Bwe tunaatunula ebbali ekyo kijja kutegeesa nti abantu tetubaliiko. Ekikulu ekisingako, tetuteekeddwa kutunuulira mpapula okuli bye twategese okwogera oba okutunuulira akameeza kwe twogerera. Jjukira nti twogera eri bantu, sso si kukasuka ddoboozi mu kisenge. Tulina okukyemanyiiza nti okwogerera mu bantu kwetaagisa bulijjo. Tuyinza okutamattama kubanga tetwekakasa ku bye twogera nga tutya omuntu omulala okutuwulira. Bwe kiba bwe kityo, kiba kitwetaagisa okwetegereza bye twategese okwogera.

Tunuulira abantu booyogereramu. Gezaako okwogera eri buli muntu oba buli ludda olwabakuwuliriza, ofaananecko ayogerera ku ttivvi alabika nga ku lutimbe lwa ttivvi ayogera eri buli amulaba. Kiyamba singa owandiika waggulu w'olupapula lw'ebyo by'otegese okwogera obugambo "Tunuulira abantu" kikujukize ku nsongea enku oba mu kwogera.

Mu biseera ebyenjawulo kiyinza okuyamba okulemeza amaaso ku bakuwuliriza abalabika okukuwagira oba abo abatalina ludda (bannampawengwa) oleme kutunuulira abo abamanyiddwa nti bakuwakanyiza ddala.

3. Eddoboozi

a) *Obusitufu bw'eddoboozi*

Ebyogerwa birina okuwulirwa. Si nsonga akazindaalo kakozeseddwa oba nedda, tulina okwetegereza n'okukakasa ekigero ky'okusitula eddoboozi tusobole okuwulirwa obulungi. Singa tuwandiika sentensi etujjukiza ku bye tutegeze okwogera ebiwandiike, ekyo kiyinza okutuyamba ku ntandikwa y'okwogera kwaffe ne tuba nga twogera okuwuliza abatudde emabega awasembayo mu nsonda eyakkono n'eyaddyo w'ekisenge mwe bali, kubanga be baba basinga okubeera ewala n'omwogezi.

b) *Enkyusa y'eddoboozi*

Ebizibu ebiva ku nkyusa y'amaloboozi biyinza obutaba byangu kuvvuunuka, naye eddaala erisooka kwe kubimanya. Enkyusa y'amaloboozi etera kuba ya mirundi ebiri: eddoboozi erimu n'amaloboozi amaawufu. Eddoboozi erimu likooya okuwuliriza, lifaananako omuntu anyiga eppeesa ly'endongo erimu n'aliddijnana. Ekivaamu, kiba kizibu okuteeka omwoyo ku byogerwa ne bwe biba ebirungi. Naye ate omwogezi akozesza amaloboozi amaawufu afaaananku ayimba oluyimba olukyusa amaloboozi. Eddoboozi lyambuka ate bwe limala ne likka. Ekivaamu abawuliriza ne banyumirwa eddoboozi sso si bigambo ebyogerwa. Ekizibu kino kitera okuva ku mwogezi okubeera nti by'anaayogera yabikutte ku mwoyo. Akuma akakwata amaloboozi kayinza okutuyamba okumanya amaloboozi amakyusekyuse, ne tugezaako okuvvuunuka ekizibu ekyo nga tuyita mu kwegezaamu. Okussa essira ku ddoboozi kikulu mu kuba omwogezi omulungi naye ate kiba kyamugaso nnyo okubeera nti bye twogera bitegeerekeka. Okussa essira ku ddoboozi kulimu okulikyusa ne kituyamba okutandika okwogera nga tuggumiza bye twogera eddoboozi lyaffe ne liba lya mwanguka okwawukana kumaloboozi amalala agaba gatwebunguludde.

c) *Sipiidi*

Abantu basobola okuwuliriza ku sipiidi esinga kw'eyo gye twogererako (mu mbeera eyaabulijjo basobola okuwuliriza ebigambo 800 buli ddakiika sso ng'omwogezi aba ayogedde ebigambo 250), era singa balekebwaa ebbanga ddene nga tebalina kye bawuliriza olwo ebirowoozo byabwe bitambula ne bigenda awalala. Tusaanidde okwogera nga twanguya okusinga ku sipiidi gye tukozesa nga twogera embooz zaffe ezaabulijjo. Tewali sipiidi emu aboogezi gye balina okukozesa, naye twogere nga tukozesa sipiidi nga tetutamattama mu bigambo oba okudda mu kuwunda ebisoko (slurring syllables). Mu kino okutegeerekeka mu bye twogera, buli kigambo oba buli kisoko kirina okutegeerekeka. Enjatula y'ebigambo eba nkulu nnyo mu kwogera obulungi. Tuteekwa okwatula buli kigambo mu ngeri etegeerekeka tuleme kukozesa

bigambo ebyeyambisibwa okwongera ku bungi bw'eboyerwa naye nga bibuzaabuza. "Manya nga" (Ntegeesa), "nga bw'omanyi", "hmm" ne "em".

d) Okusiriikiriramu

Abantu abamu bamanyi okusimbuliza bye boogera okuva ku lupapula we byawandiikkidwa. N'olw'ekyo, kiba kikulu okusiriikiriramu nga twogera. Bwe tuba twogedde ensonga enkulu tusaana okusiriikiriramu akabanga akawerako okusingako bwe tukola nga tutuuse ku nkomerero ya sentensi, kino kisobozese abatuwuliriza okuyingiza ebiwulirwa. Okusiriikiriramu ku nsongra enkulu kyongera okuggumiza ensonga n'okusanyusa.

C. Okuyimiriza okwogera

Olw'ensonga ezimu, abantu bangi abatafaayo kutwala buvunaanyizibwa kwogera era tebafaayo ku ky'okulekera awo okwogera ekiseera ky'okwogera kwabwe bwe kiba kinaatera okutuuka ku nkomerero. Abantu ab'ekika kino bettanira okulaba ng'abawuliriza bategedde bulungi era ne basiima ensonga eziwerako ze baba boogedde, ekivaamu ne batandika okuddamu okuggumiza bye baba boogedde, okugeza: "Mbadde ngezaako okubategeeza nti..." okuyitaayta mu nsongra enkulu, ng'ekisinga kwe kukozesa ebifaananyi eby'okubipande ebiyinza okuba ebyomugaso, okuwumbawumba okw'ekimpatiira okulimu okuddinjana ebyogeddwa okususse ng'omwogezi agamba nti "Ekisembayo, bassebo ne bannyabo...", kiyinza okwonoona okwogera okubadde kugenze obulungi. Kale, tulina okunywerera ku bwetwategese okwogera era twewale okwogera ebigambo nga bino: "Ekisembayo..." oba "Nga mmaliriza..." n'oyogera ekigambo ekyo emirundi egisoba mu gumu. Okwewala embeera eno, teekateeka entandikwa y'ebigambo byo n'enkomerero yaabyo, okakase nti byombi birimu engeri ya katemba.

D. Omwogezi ky'alowooza mu mwoyo gwe

Kati nga bwe tulabye ebikwata ku kutereesa okwogera kwaffe, ka tulowooze ku kwetereeza, ffe ffennyini. Obubaka abatuwuliriza bwe bafuna n'obwetegefufu bwabwe okubuwuliriza businziira ku ntegeera y'omwogezi. Okubeera omwogezi omulungi, tetulina kukoma ku kuba na bitendo ebinaaweesa omwogezi ekitiibwa, naye era tulina okubitegeka (oba okubiraga). Enneeyisa ezeetaagisa ziyinza obutategeerekeka mangu, naye waliwo ensonga enkulu abawuliriza ze basinziirako okulamula omwogezi okugeza obwesimbu, omukwano n'amaanyi.

Okwogera kuzingiramu omubiri gwonna. Kyetaagisa nnyo omubiri gwonna, eddo-boozi, ennyinyonnyola – okuba nga byonna biraga essanyu, okunyimirwa n'obuvumu. Singa tetuba na ssanyu, oba ne tuba nga tetunyimirwa oba obutaba na buvumu mu kye tuliko, tuba tulonze omulamwa mukyamu oba ffe tubeera abakyamu abatasanaa kwogera ku mulamwa ogwo. Abawuliriza bategeera mangu akamogo kano ekivaamu ne baggya mangu omutima gwabwe ku mwogezi ne kitegeeza nti tebakyawuliriza byoyerwa.

Ekigendererwa kyaffe si kwogera bwogezi, naye kuwuliziganya (kutuusa bubaka). Bwe tuba tetusobola kuwuliziganya obulungi ne be twogereramu tuba tufunye obuzi-
bu. Ng'omwogezi obeera ofuuse kitundu ku by'oyogera era kiba kikukakatako okuteekawo akakodyo akako ekinaakusobozesa obulungi okufaananaako bye twogera.

III. Ebibuuzo n'okuddamu: Okusoomooza n'akakisa

Ekiseera ekiweebwa abawuliriza okubuuza ebibuuzo ng'okwogera kuwedde kiyinza okubeeramu okusoomooza okumaliriza ebiruubirirwa by'okwogera okubaddewo. Bwe tukola omulimu omulungi ogw'okukunjyaanya ebifa ku ngeri abawuliriza gye bategedde-
mu, emirundi egisinga obungi tusuubira okubuuzibwa ebibuuzo.


Olw'okumalawo obulabe, ddamu okusengeka ekibuuze nga tekiriimu bigambo bingi,
ebibuuziddwa mu kubuguumirira kw'oyo abuuza. Wadde ng'okubyankula kulina kuba
mu bufunze, ekibuuze bwe kikuwa akakisa okuyigiriza ekipya kakozese. Okutegeera
ensonga eno mu bujjuvu, tunuulira essuula ey'omutwe ogugamba nti: "Engeri gy'oku-
birizaamu olukiiko."

IV. Amakubo g'okwogera obulungi eri abantu

Nnabbi (S.A.W.) yateekawo amakubo agookulabirako. Amaanyi g'okwogera kwe
gaakola kinene nnyo okutuusa obubaka bwe yayagalanga bawulire. Ebimu ku by'okulabi-
rako ebikulu ebyokuyiga mu kwogera kwe okwasembayo eri abantu enkuyanja.
Ekyokulabirako ekirala kwe kwogera kwe eri Ba Answaari mu kikwekweto ky'e
Hunayini ne Twaaifa. Basswhaba be nabo baali boogezi basuffu. Ekimu ku by'okula-
birako byabwe mwe tuggya ebyokuyiga kwe kwogera kwa Sswahaba eyali akulira
banne abaasengukira ewa Kabaka w'e Abyssinia (Ethiopia). Okwogera kuno kusangibwa
mu bitabo ebyogera ku Busiraamu. Ekimu ku bitabo ebyo ky'ekyawandiikibwa M.
Haykal nga kyogera ku "Obulamu bwa Muhammadi." Soma ku kwogera okwo okwe-
tegerezze okusinziira ku ssuula eno.

Awali Ekyokukola**OBUTALI BWESIMBU N'AKAMU**

Mu mwaka 1973 mu lukiiko ttaba-miruka olwa buli mwaka olw'Ekibiina ekigatta ebibiina by'abayizi Abasiraamu (FOSIS) mu Manchester, e Bungereza, omu ku basseruganda yali ataputa ebiga-mbo by'omwogezi omulala ng'abizza mu Lungereza. Omutaputa yaddijjana nti: "Omwogezi mukyamu, ekituufu kye kino kye njogera." Olwo n'abeera nga teyataputa n'atuukiriza ekituufu ekituufu ekyayogerwa mu ngeri y'obwesigwa. Ebigmbo bya munne yabikubamu ebituli nga tannatuusa bimutumiddwa eri abawuliriza. Buno buba butaba na bwesigwa. Omulimu gw'omutaputa kwe kutaputa obulungi ebigmati mu butuufu ng'og-geeko ebirowoozo bye. Era bw'aba ataddemu ebirowoozo bye, ateekeddwa okubirambika obulungi era awe omwogezi akakisa okubaako ne ky'abyogerako.

**Okutegeka ebyoyerwa****EKIMANYIDDWA BULIJJO**

- *Bategeeeze ky'ogenda okubategeeeza;*
- *Bategeeeze;*
- *Bategeeeze by'ova okubategeezza!*

V. By'olina obutabuusa maaso ng'oyogera eri abantu

Enkozesza: Oyinza okukozesa olukalala okuli ebintu ebikulu ng'oyogera oba ng'omaze okwogera, ng'ebintu ebyo ebikulu biri mu bwongo bwo oba ng'obiraba ku lutimbe kwe byakwatiddwa (vidiyo). Oyinza n'okufuna omuntu omulala okuwuliriza okwogera kwo n'ajjuuliriza ebitalina kubuusibwa maaso ebiri ku lukalala. Kino kiyinza okukola obulungi era ne watabaawo kyekubiira, kubanga oyinza obutasobola kukuba ttooki mu nneeyisa yo n'akakodyo k'oba okozesezza.

Embala y'obubonero: Buli okwanukula lwe kuba "Ye" gabawo akabonero kamu (1). Okwanukula bwe kuba "Nedda" gabawo zeero (0) mu bukomera obuli wammanga. Obubonero bwe bwera 17 oba okusingawo kiba kiraga nti okwogera kubadde kulungi era nti kubaddemu obukugu bw'okwogera. Obubonero ekkumi-naakamu (11) oba obutatuukawo bulaga nti okwogera okwo kwetaaga okwongeramu amaanyi okukulongoosa.

1. OKUTEEKATEEKA

Okwogera kwange kwateekeddwateekeddwa bulungi ku bikwata ku:

- [] Ennyanjula ematiza?
- [] Okumanya ensonga enkulu zonna?
- [] Okumaliriza okulungi oba okuwumbawumba?
- [] Ekiseera ekitegekeddwa okwogereramu?

2. ENGERI GY'OTUUSAAMU OBUBAKA

a. Okusigala mu mbeera

Ndaga nti nsigadde mu mbeera ku ngeri ya:

- [] Okulabika nti siri mweraliikirivu era ng'embeera ngikutte mu ttaano?
- [] Okuyimirira butengerera nga siri mukakanyavu, ng'obuzito bwange bugabanyiziddwa kyenkanyi n'ebigere nga bikkalidde bulungi?
- [] Okwambala mu ngeri ekuwa emirembe era esaanira omukolo n'abaku-wuliriza?
- [] Okugenda ku kadaala empolampola n'okusiriikiriramu nga tonnata-ndika?

b. Entambula

Ndaga nti nneekakasa mu ngeri ya:

- [] Okukozesa entambula y'omubiri gwonna okukyusa embeera, okuzza ebirowoozo (by'abawuliriza) ku by'okozesa okulaga abawuliriza, okwongera amaanyi mu birowoozo, n'okwewala okumala gatambula ng'emmeeme ekubagana?
- [] Okulaza mu ngeri ey'obutonde olw'okwongera amaanyi mu byogerwa n'okwewala okulaza okulimu emmeeme okutundugga n'okulaza okutali kucamufu?
- [] olina engeri gy'otunulamu eraga obucamufu mu maaso?

3. EDDOBOOZI N'OKUTUNUULIRA ABANTU

Nkozesu eddoboozi lyange n'amaaso mu kwogera nga:

- [] Njogera mu ddoboozi eriwulirwa?
- [] Njogera mu ddoboozi eccamufu, erisanyusa?
- [] Nkyusakyusa ensitula y'eddoboozi n'amaanyi gaalyo obulungi?
- [] Nneewala okwogera nga nnembeggerera oba nga nsabuliza?
- [] Amaaso gange sigajja ku bantu benjogereramu?
- [] Ntunuulira abantu benjogereramu bona?

4. OKWEWULIRIZA

Ebintu bino wammanga mbikola bulungi:

- [] Okwogera nga nnyinyonnyola ensonga mu bumalirivu?
- [] Okukozesa obulungi ebyawandiikkidwa?
- [] Okukozesa ebiragibwa we kyetaagisa?
- [] Okuzuula enneeyisa ennungi oba embi?
- [] Okutuusa obulungi obubaka bwenjagala okwogera?

OKWEKENNEENYA ABOOGEZI – MU NGERI ENNYANGU

Yanukula buli kibuuzo ng'olaga eddaala ly'enneyisa okuva ku 1 okutuuka ku 5, nga 5 eraga eddaala erisinga okuba eryawaggulu ku buli nneeyisa. Eddaala ly'olonze liteeke mu nkulungo.

1. Ekigero ky'eddoboozi	1	2	3	4	5
2. Okutunuulira b'ogereramu	1	2	3	4	5
3. Engeri gy'okozesaamu omubiri	1	2	3	4	5
4. Okuva kw'omubiri mu kifo	1	2	3	4	5
5. Omulamwa	1	2	3	4	5
6. Enkozesa y'ebiseera	1	2	3	4	5
7. Okutandika n'okumaliriza	1	2	3	4	5
8. Obuyonjo bw'akadaala kw'oyogerera	1	2	3	4	5
9. Ennyambala	1	2	3	4	5
10. Okusikiriza abawuliriza	1	2	3	4	5
11. Enkolayo bw'ebadde okutwalira awamu	1	2	3	4	5

Awali ekyokukola

TEWEEFUMITA MU KIGERE

Mu mwaka 1973, nnayitibwa mu kkanisa y'e Logansport mu Indiana njogere ku Busiraamu. Bakabona musanvu baayogera ebifa ku ddiini zaabwe, okusooka. Pulofeesa eyakuguka mu by'amasanyalaze ng'asoma ddiini ya ki Hindu naye n'ayogera ku ddiini ye. Yatandika bw'ati: "Newankubadde nga nsoma ddiini ya ki Hindu, sirina kye mmanyi ku ddiini ya ki Hindu. N'olw'ekyo, ka mbasomere ezimu ku ssuula okuva mu kitabo ekyawandiikibwa omukyala Omumerika Omukulisitaayo eyamala emyaka emitono mu Buyindi." Bwe yali anaatera okumaliriza kye yava agamba nti, "Nga mmaliriza ka mbasomereyo essuula eno..." "Nga mmaliriza ka mbasomereyo essuula endala... Nga mmaliriza ka mbasomereyo omuko omulala gumu." Bwe yagamba nti: "Nga mmaliriza ka mbasomereyo akatundu kano," tewali yakakasa kye yayogera kubanga "nga mmaliriza" we yali tategeesa kumaliriza. Ebigambo bye yayogera byatama abantu era ne bibakooya.

Ekyokuyiga kye tufunamu kwe kuba nti k'ebeere mbeera ki tolamulanga oba okusalawo ku by'onooyogera nga bw'oynza okugamba nti: munsonyiwe sibadde na biseera kuteekateeka; bye njogera tebigenda kunyuma; abatesitesi tebambuliriddewo nti nnina okwogera, banigezezza kati; omulamwa guno sigumanyi kiwanvu, mmwe abawuliriza mmwe musobola okwogera obulungi okunsinga; n'ebirala. Ebyo byonna byewale. Tuukira ku nsonga, era okole nnyo nga bw'osobola. Teweeteeka mu ddaala lyonna ng'oli mu maaso g'abantu; bo bajja kukuwa eddaala erikusaanira. Anti oyinza okwogera obulungi nga ggwe tokimanyi.

Lumu Khaliifa owookusatu Uthmaani bin Affaani yalemwa okwogera ng'abuulira (akutubba) ku lunaku lw'e Jjuma ku kituuti. Bwe yali akka okuva ku kituuti yagamba nti: "Katonda asobola okutuukiriza ensonga ng'aziyisa mu mikono gy'omufuzi ng'ensonga ezo tezisobola kutuukirizibwa na Kulaane yokka." Bwe baawulira ebyo, abaali bamuwuliriza beewuunya: "Singa bino abyogeredde ku kituuti byalibadde ebigambo eby'okubuulira okusingayo obulungi."

Awali Ekyokukola

YIGIRIZA ABANTU KU NGERI Y'OKWOGERAMU

Bulijjo essira tuliteeka ku kukalaatira okwogera obulungi eri abo be tutendeka. Oluusi tukisanga nti kikulu nnyo okweyigiriza nti n'okulekera awo okwogera tulina okukweyigiriza. Okugeza, bw'oba oyogera ng'abantu abamu bali mu nkuba oba mu kasana, olina okwogera mu bufunze n'osala ku by'oyogera nga bwe kisoboka. Mu ngeri y'emu singa ekinnigoza ekisenge mw'oyogerera kirekera awo okukola abantu ne bafuna ekiziyiro oteekwa okulekera awo by'oyogera. Oba singa okeerewa omukubiriza w'enteekateeka n'akulagira okulekera awo, muwulirize era omugondere. Ebyembi, abamu kuffe twefuula abazibu ne tugenda mu maaso na kwogera ne tutafaayo ku mbeera eba ekyuse. Okulowooza amangu n'okukyusakyusa mu nteekateeka buli kiseera kye kuva kuba okwomugaso. Ekikulu bwe butamala googera wabula okutuusa obubaka eri abantu. Bwe tuba n'ebiyokwogera ne tubulwa be tubyogereramu abatuufu, tetulina kumala gabikasuka: tusaanidde okubiterekwa tubyogere mu kiseera ekituufu tukakasize ddala nti bituuse ku muntu asaanidde okubifuna.

Awali Ekyokukola

“Nsobola kwogera ku butwa bwa mmese bwokka.”

Omukugu mu butwa bw'emmese yagenda ku kabaga ne mukyala we. Aka-seera bwe kaayitawo, yeesanga ayimiridde yekka. Mukyala we yamutuukirira n'amubuuza nti: “Lwaki teweetaba na banno? Genda oyogere gyebali.” Omusajja yaddamu nti: “Nze buli lwenjogera nabo ku butwa bw'emmese banvaako ne bagenda ne bandekawo.”

Ebyembi, yali asobola kwogera ku kintu kimu kye yakugukamu nga talina kirala. Munnadda'awa ateekeddwa okuba ne by'amanyi ebyenjawulo era n'aba ng'asoma nnyo ebitabo. Alina okuba n'obusobozi okunyumya embooz ezitali zimu oba ku bintu ebirala ebitakoma kw'ebyo bye yakugukamu. Kino kija kumuwa ekifaananyi ekituufu nga mme-mba w'ekibiina afaya era akwatibwako ensonga. Alina okufa ennyo kw'ebyo ebigenda mu maaso mu kitundu mw'ali. Alina okubeera n'ebirala bye yettanira mu biseera bye ebyeddembe ng'okwetaba mu by'emizannyo, wamu n'okuba mmemba mu bibiina ebiwerako.

EKYOKUKOLA

Saba omuntu ayogere nga by'ayogera bijjudde ensobi n'enjogera gy'abyogeramu nga ya nsobi, okkirize abamuwliriza okuvuganya mu kubala ensobi okuzimalayo.

Kozesa endagiriro eno wammanga okulaga ensobi ezo n'okuzigolola. Bala akabonero kamu buli awali ensobi n'akabonero kamu ak'okugigolola.

EBYOGEDDWA:

Ensobi nnamba 1 _____

Okugigolola _____

Ensobi nnamba 2 _____

Okugigolola _____

Ensobi nnamba 3 _____

Okugigolola _____

ENJOGERA

Ensobi nnamba 1 _____

Okugigolola _____

Ensobi nnamba 2 _____

Okugigolola _____

Ensobi nnamba 3 _____

Okugigolola _____

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Okwesigika mu kutegeka eby'okwogera kuyamba ki?
2. Ngeri ki ennungi ey'okukomekkerezaamu okwogera? Wa ekyokulabirako.
3. Okujjulukuka okusengeke kitegeeza ki? Wa ekyokulabirako.
4. Bizibu ki ebiri mu kwogera? Oyinza otya okubikendeeza?
5. Lwaki okutunuulira abakuwuliriza kikulu ng'oyogera gyebali?
6. Ensitula y'eddoboozi ekola ki ku kwogera gyekugendamu? Wa ebyokulabirako.

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

GGWE NG'OMUKULEMBEZE OMUGGYA OW'EKIBIINA EKY'OBUSIRAMU OGENDA KWGERERA MU LUKIIKO OLUSOOKA OLWA BAMMEMBA. EKIBIINA KIRINA ENKOLAGANA EY'OMUKWANO NAYE ABAKUMANYI OBULUNGI SI BANGI. OLINA OKUKOLA EMIRIMU GY'EKIBIINA N'OKULONGOOSA EMBEEERA Y'ABANTU. OFUNYE AKAKISA OKUZZA OBWESIGE MU BUKULEMBEZE BWO, ONOONYE OBUYAMBI MU BYENSIMBI. NAYE OLINA EKISEERA KITONO OKUTEGERAMU BY'ONOOYOGERA.

1. *Tegeka olukalala olw'ebikulu by'onoookola okutegeka by'onooyogera.*
2. *Laga emitendera gy'onooyitamu okumanya b'onooyogereramu nga tonnatandika kwogera ofune okwesigika bw'onooba otandise kwogera.*
3. *Wandiika mu bufunze enkomekke-reza y'okwogera kwo.*



Amakubo g'Okuwandiika Obulungi

-
- I. Ekiruubirirwa
 - II. Emiziziko
 - III. Entambuza y'okuwandiika
 - A. Okutegeka
 - B. Okubaga
 - C. Okwejjukanya
 - D. Okukakasa ebiwandiikkidwa
 - IV. Omuziziko gw'omuwandiisi
 - V. Obukodyo
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

Woonoomalira essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okuzuula biki ebikola okuwandiika okulungi.
- Okuwandiika obulungiko.
- Okwekaliriza ebiwandiikkidwa abalala bingi

1. Ekigendererwa

Okuwandiika kulina ebigendererwa bingi. Tuwandiika okutegeeza abalala, okubeega-yirira, okubaagazisa oba n'okutiisa abamu. Kyamugaso okuwandiika obulungi kubanga okuwandiika kusobola okukola bino:

- Kusobola okufuula ebirowoozo n'amawulire okuba ebyenkalakkira mu ngeri eyanguyira buli muntu okubifuna bw'aba yetaga okubyesembesa oba okubyokesaamu.
- Kusobola okukaka abantu abamu okukolera ku bubaka obulimu.
- Okuwa omuwandiisi eddembe olw'okusobozesa ebirowoozo bye okusaasaanira abantu abangiko.
- Okulunjjamya n'okulagirira abayizi okutuusa ebirowoozo ebyenjawulo ate nga bipyu mu bufunze obw'ekitalo.
- Okussaawo okukkiririza mu muwandiisi n'obumanyirivu bw'alina nga tuyita mu kumwanjula eri omusomi;
- Okwongera ku mikisa gy'obuwanguzi mu bwangu obwenkomeredde mu kulaga ebirina okukolebwa.
- Okuba ekkubo ettuufu eriyitbwamu okukola *da'wah*.

Nga bwe kiri ekyokulwanyisa eky'empuliziganya n'abalala, okuwandiika kuteekeddwa okwogiwazibwa nga tuyita mu kussa mu nkola. Ennonda y'ebigambo n'ekyokuwandiikako bya mugaso nnyo mu kusobozesa ebiwandiiko byaffe okutegeerekeka mu bufunze ng'ate binyuma mu kiseera kye kimu.

II. Emiziziko

Ezimu ku nsobi abawandiisi ze bakola ze zino:

- Okunoonyereza wamu n'okukunjanya akatono ennyo oba ekingi ennyo.
- Obutagegeka bulungi kinyusi.
- Obutasoma mw'ekyo ky'oba osoose okubaga/ okuwandiika.
- Okukozesa ebigambo oba emboozi empanvu ennyo.
- Okulaga endowooza y'omuwandiisi.
- Okuwandiikira abantu abakyamu.

Ng'oggyeko ebyo waggulu, waliwo n'ensobi z'olulimi n'ensengeka ng'ezimu kuzo ze zino wammanga:

- Ebigambo ebingi ebtalina mugaso
- Emboozi ezitakutuka
- Ebigambo ebingi ebtalina mugaso
- Olulimi olwa "abantu b'omukatale"
- Okubulawo omusingi okuzimbibwa ebigambo
- Okukozesa olulimi olw'edda.
- Obutaleeta nnyanjula emala ssaako n'empunzika.

Tugenda kukubaganya ebirowoozo ku ngeri okuwandiika gye kuyinza okutuukirizibwamu , ebyolulimi n'ensengeka tubireke nga bwe biteekwa okuba. Okuwandiika kyakulwanyisa kyamaanyi ate kulungi era kwa mugaso nnyo mu kukola da'wah. N'olwekyo essira tuteekwa okulissa ku ngeri gye tuyinza okwekulaakulanya nga tuyita mu kuwandiika obulungi.

III. Entambuza y'okuwandiika

Okuwandiika lugendo olulabika okuba oluzibu naye nga mu butuufu lwetaaga kutuukiriza ebintu bitono ebisookerwako.

Kusobola okutwanguyira singa tutegeera omulamwa, ekiruubirirwa wamu n'abo be tuwandiikira. Bwe tufuna ekyo, tusobola okukendeezaebizibu ebiri mu kuwandiika nga tumenyaamenya entambuza yaakwo mu mitendera egisoboka. Emitendera gino gye gino wammanga:

A. Okutegeka

Okuwandiika kusooka na kutegeka. Kino kitegeesa okusooka okulowooza ku kye tusobola ne kye tuyinza okuwandiika ku mulamwa. Era kisobola okutegeesa okulambika, okukola enkalala, oba okussaawo ky'olina mu birowoozo ng'ogenda kubyogerako. Ebigezo tubiwandiika wamu n'ebyo ebibyogerako mu bujuvu okwewala okuleka ebbali ensonga ezaamaanyi oba okubiwandiika nga tebitegekeddwa bulungi. Okulowooza enjogera n'okuteebereza ebyo ebibaawo ng'ekigambo ekisooka tekinnawandiikibwa bya mugaso gwe gumu ng'obukodyo obukozesebwaa okuwandiika ekintu kyonna mu bujuvu.

B. Okubaga

Okutandika okuwandiika kutereeza ekyo kye tusoose okubaga mu bufunze, nga tukozesa ebigambo ebisinga okwetaagibwa, nga twewala ebitategeerekeka mangu obutatabula birowoozo bye twagala kutuusa eri abantu. Bwe tuba tukola kino, tuteekwa okukuma abasomi n'obusobozi bwabwe basobole okutegeera ebirowoozo ebikulu. Bwe tuba tukozesa ebyokulabirako, tubikozesa awo wokka we tulaba endowooza enkanyavu.

Ekiseera ekikozesebwaa okubaga bye tuwandiika tulina okukikozesa obulungi kubanga kye tuba tubaga gwe musingi gw'ekiwandiikibwa. Bwe tumala, tukiyitamu tusobole okulaba ebisaana okukozesebwaa - ebirowoozo, ebyokulabirako n'ensengeka - tusobole okubizimbirako mu kiseera ky'okwejjukanya. Tuteekwa okuba abeetegefuu okusuulako ebimu ku biba bibagiddwa singa kizuulibwa nti tebyetaagisa.

C. Okwejjukanya

Okwejjukanya kuyinza okutuyamba oba okutugasa mu kulongoosa kye tubaga. Tukiyitamu ne tuggyamu ebiteteagisa ne tutereeza ebitategeerekeka. Wabula okwejjukanya tetusaanye kukukozesa mu kunyweza ekiba kibagiddwa mu kusooka. Tuteekwa okukitwala ng'ekubo eritutuusa ku kye twagala okuwandiika. Mu kitundu ky'okuwandiika kino, tekyewuunyisa kukkyusa kitundu kinnene kw'ebyo bye tuba tuwandiise, enjatula/ enzigmiza yaakyo, oba ensonga yonna eba ewandiikkiddwako. Era kino ky'ekiseera ky'okuggyamu ekyo kyonna ekirabika nga kibuzaabuza (tekitegeerekeka).

D. Okukakasa ebiwandiikiddwa

Ekiwandiiko ekisembayo nga tumaze okukiyitamu omulundi gumu oba okusinguawo, tukisomamu ne twetegereza olulimi, ensobi mu kuwandiika ne we tuba tutadde obubonero bw'okuwandiika obukyamu. Okweyambisa enkuluze y'olulimi n'ebitabo eby'amateeka agafuga olulimi kiyamba nnyo. Tuteekwa okukifuula ng'etteeka nti singa tetuba na biseera kuddamu kuyita mu bye tuwandiise era tetuba na biseera kuwandiika.

IV. Omuwandiisi Okwesiba

Eno mbeera omuwandiisi mw'atera okuba nga by'awandiika bimuweddeko nga takyasobola kulowooza ku kigambo kyakuzzaawo ku by'awandiika. Amakubo mangi agayinza okukwatibwa okuyamba mu kugonjoola ekizibu kino. Okugeza tusobola:

- Okwewaliriza okugenda mu maaso n'okuwandiika, buli kirowoozo nga kigo-berera kinnaakyo olwo ne twesanga nga tugenda tudda mpola ku mula-mwa;
- Okwogera n'omuntu ku kizibu kyaffe, era mu mbeera eyo, tusobola okufuna engeri y'okukwatamu omulamwa;
- Okuleka bye tuwandiika akaseera ne tukuddira nga tulina engeri empya ey'okukikolamu.

V. Ebirowoozo

Ebirowoozo ebimu ebirungi ku kuwandiika mulimu:

- By'awandiika byesigamize ku bintu ebituufu; beera mwangu, nga tolanda-gga, era nga weekuumira ku mulamwa.
- Weewale olulimi olukozesebwa mu byobusubuzi, n'ebigambo ebikozese-bwa ennyo (eby'akatale).
- Tereeza mu mpandiika etesavuwaza; kozesa sentensi ennyimpi.
- Emboozi zigaggawaze ng'okozesa nnyo ebikolwa okusinga amannya.
- Ggyamu ebigambo ebtalina mugaso ng'oyita mu kukyusa amannya n'ogazza mu bikolwa.
- Weewale okukozesa amannya oba ebitendo ng'ebikolwa.
- Kozesa ebigambo ebiri mu ddoboozi ettereenvu ng'oleka aboogeddwako ne bakola ebikolwa.
- Weewale okuddinjana mu bigambo; kozesa ebigambo ebirala ebiwa amakulu agafaanana.
- Tandika okuwandiika ng'oteeka wansi ebirowoozo byonna by'oyagala n'ebigambo ebikulu ku lupapula. Mu kutandika toffayo ku ngeri gye birina okugobereganamu; osobola okubigatta oluvannyuma.
- Jjukira Nnabbi (SAW) kye yagamba nti: "Ebigambo ebirungi by'ebyo ebitono ate nga biri ku nsong."

Okuwandiika kutondawo era ne kuwa obubaka ...

Waliwo emboozи egamba nti, eyali akulira ettendekero lya saayansi mu Pakistan yali ayogera n'eyali akulira amaka agamu amagagga ennyo. Ng'ekitindu ku kaweeufube we ow'okukubiriza abantu okusoma n'okuyingira amatendekero aggawaggulu mu kifo ky'okuyingirira ebyobusuubuzi by'omumaka ng'akyali muto. Omuzadde omukyala yabuuza ng'ayagala okumanya nti: "Ettendekero ekkulu ligenda kumuyamba ki?" Omukulu yamuddamu nti: "Okugeza, ettendekero ligenda kumuyigiriza okuwandiika obulungi." Omuzadde yamuddamu nti: "Ajja kubeeranga n'omuwandiisi!"

Mu butuufu, ebyokuwandiika bingi nnyo okusinga ebiyinza okuweebwa omuwandiisi. Okuwandiika kukozesebwa mu bukulembeze. Limu ku makubo gooyitamu okweyergerako, by'osinga okwagala, oba by'owa enkizo, by'otunuulira n'engeri gy'ofugamu abo bookulembera. Lowoozaayo engeri endala nnyingi zooyinza okuyitamu okukola ebyo byonna. Ebyokulabirako:

- Amabaluwa agawanddiikibwa eri abantu b'omu kitongole munda n'abakozi bannakyewa.
- Okwogera eri bannakibiina oba abatali bannakibiina.
- Ebbaluwa ezironda abantu ku mirimu oba ezibalagirira ekyokukola mu bukiiko.
- Endagaano n'abantu abalala oba ebitongole.
- Obubaluwa obutangaaza, obubaluwa obulaga ekyokukola ne pulopoozo eri abakutwala.
- Ebisaliddwaawo mu lukiiko oba ebiteeseddwaako.

Tomala gawandiika kujjuza lupapula; kozesa ebigambo bisatu (MAA)

Mutetenkanya

Akola ekituufu

Alina ekiruubirirwa

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Okuwandiika kwawukanira wa n'okwogera ng'erimu ku makubo g'empuliziganya?
2. Entambuza y'okuwandiika eyinza okugabanyizibwamu emitendera ena. Gye giriwa? Nsobi ki ennene ennyo zooyinza okugwamu ng'okozesa buli mutendera?

EKYOKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NG'OMUTABAGANYA W'ABANTU MU KITONGOLE KYO EKY'OBUSIRAAMU, OSABIDDWA OKUTEGEKA-YO EKIWANDIJKO EKIFA KU NGERI EKITONGOLE EKYO GYE KYATENDIKIBAWO N'ENGERI GYE KIKULAMU. EKIWANDIJKO EKYO KYA KUKOZESEBWA OKUWAGIRA OKUSABA EKIBIINA EKIGABA OBUYAMBI WAMU N'OKUYAMBA ABAKOZI ABAPYA OKWENYIGIRA MU NKULAAKULANA Y'EKITONGOLE EKYO. OJJA KUSALAWO BIKI BYOSAANA OKWOGERAKO, ESENGEKA N'OBUWANVU BW'EKIWANDIJKO.

1. *Lambulula engeri gyogenda okuwandiikamu ekiwandiiko kino.*
2. *Oyo gw'osabye okuyita mu byonooba okoze okuwandiika, muwandiikireyo akabaluwa. Laga biki oyo akuyitiramu by'alina okubeera ng'anoonya okusobola okulongosa ekiwandiiko kyo.*
3. *Laga ebintu bitaano by'otookole woonaamalira pulojekiti eno.*



Naswiha (Okubuulirira)

-
- I. Engeri y'okubuulirira
 - II. Okubuulirira ng'ekyokuddibwamu
 - III. Okubuulirira ng'etteeka
 - IV. Okussa ebitubuulirirwa mu nkola
 - A. Okutuuka ku nsonga
 - B. Okussa ky'omanyi mu nkola.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

Woonoomalira essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuzuula ebitambuza okubuulirira
- Okubuulirira ng'oyita mu njigiriza y'Obusiraamu.
- Okubuulirirwa mu ng eri Obusiraamu gye bukkiriza.

I. Okubuulirira

Ekimu ku bintu ebisinga okukaluubirira omukozi wa da'awah ky'eky'okubuulirira Basiraamu banne nga Kulaane bw'etugamba ku kigambo *Naswiha*. *Naswiha* kigambo kya mugaso nnyo mu kutuusa obubaka obutuufu mu Basiraamu. Mazima Omubaka wa Allah yayogera ku ddiini n'agamba nti kwe kubeera ng'owabula Abasiraamu. Yagamba bw'ati:

الَّذِينَ النَّصِيبَةَ
Eddiini kwe kubuulirira okwesimbu.¹

Obukulu bw'ekitendo kino tubulabira ku Mubaka wa Allah (S.A.W) bwe yakuitira Jaabir bin Abdillah ku bintu bisatu: okuyimirizaawo esswala, okutoola zakah, n'okubuulirira buli Musiraamu. Mu mbeera eno, "buli Musiraamu" kitegeeza omukulembeze ne gwe bakulembera.

Bwe tuba tugamba nti twagala Basiraamu bannaffe, ekipimo ky'okwagala okwo kwe kumanya okubuulirira okwannamaddala kwe twali tukoze. Okufaayo ku balala kitegeeza kukkiriza buvunaanyizibwa bwa kabalaga nsobi zaabwe. Bwe tutakikola omukwano gwaffe guyinza kuba nga gwa kungulu, oba gwa bigambo so si gwa ku ntobo za mitima gyaffe.

Okubuulirira ye yali enkola ya Ababaka ba Allah bonne (nga Kulaane bwe etutegéeza):

Mbatuusaako Obubaka bwa Mukama wange era
gye muli ndi ababuulirira omwesigwa. (7:68)

﴿أَلَيْلَفُكُمْ رِسَالَتِي وَأَنَا لِكُنْ نَاصِحٌ أَمِينٌ﴾
(سورة الأعراف)

... ddala mbatuusizzaako Obubaka bwa Katonda
wange era ne mbabuulirira... (7:93).

... لَقَدْ أَبْلَغْنَاكُمْ رِسَالَتِي
رَبِّ وَنَصَّحْتُ لَكُمْ... (سورة الأعراف)

II. Okubuulirira ng'ekyokuddibwamu

Ng'abantu, tukola buli bye tukola nga tetulina busobozi kweraba nga tukola. Tewali kubuusabuusa kino kiremesebwa obusobozi bwaffe, wabula Allah Oweekitiibwa yatu-teeerawo baganda baffe ne bannyinaffe mu Busiraamu nga ndabirwamu eri buli omu muffle. Nga tuyita mu bo, mu kutegeera, tusobola okulaba ebikolwa bye tukola.

Okusinziira ku njigiriza ya Omubaka (S.A.W), Omukkiriza ndabirwamu ya muganda we (Mukkiriza munne). Alina okukijjukira nti endabirwamu erina ekifaananyi ekituufu nga teyongerako wadde okukendeenzaako. Tuteekeddwa okukola kye kimu nga tukubira Basiraamu bannaffe ekifaananyi nga tuyita mu kubabuulirira.

Omugezi aganyulwa mu kuwakanyizibwa kw'abo baatakkiriziganya na bo mu bikolwa bye ng'agolola ensobi abalala ze balaba so nga ye taziraba. Mu butuufu, owoomukwano ogw'amazima atibuulirira tasaanidde kuleka mu bulamu bwaffe. Lumu Umaru (R.A) yeewuunya n'agamba nti: "Nsaba Allah asaasire oyo yenna ambuulira ensobi zange mmuwe ekirabo!"

¹ Swahili Muslim

Okubuulirira kuba kwa njuyi bbiri; oyo abuulirirwa ateekwa okusiima mu mutima wamu n'ebirowoozo ebyanjulukufu, akamwenyumwenyu n'okulaga okusiima kwe ng'alaga obumalirivu okutandika okulongoosa empisa ze. Ku ludda olulala, oyo abuulirira ateekwa okuba omugumiikiriza, ng'akozesa ebigambo ebisaana, era ateekwa okukola ekkyo mu mbeera entuufu. Tateekeddwa kikitwala bubi singa talabawo nkyukakyuka ya mangu mu nneeyisa y'oyo gw'abuulirira. Okukyusa ku nneeyisa kyetaaga okuwaayo akaseera wakati w'okumalirira n'okussa mu nkola.

Okulaga obusobozi bwe, oyo abuulirira ateekwa okulaga okwagala, omukwano, n'obwesimbu. Eddoboozi eryogererwamu terisaana kuba lya bboggo, kukolokota, kunyoomaa oba kuvunaana.

Empisa z'Obusiraamu zitwetaaza okubuuliragana mu kafubo (mu kyama) so si mu lujjudde olwo abuulirirwa aleme kukiwlira bubi. Ekigendererwa ky'okubuulirira kwe kugolola ensobi z'omuntu okusinga okuzaasanguza.

Wadde nga tuteekeddwa okuba abanjulukufu nga tubuulirirwa, mu kiseera ky'eki-mu tuteekeddwa okulwanyisa okulimbibwa.

[Ibliis] n'abalayirira [Adamu ne mukyala we]
nti yali mubuullirizi omwesimbu (7:21).

﴿وَقَاتَهُمْ مَا إِنَّ لَكُمْ لِيَنْتَصِرُونَ﴾
(سورة الأعراف)

... ate nga ffe ddala tumwagaliza birungi?
(12:11).

﴿وَإِنَّ اللَّهَ لَذَيْنَ حُنَونَ﴾
(سورة يوسف)

III. Okubuulirira ng'etteeka

Okubuulirira kitukakatako nga tetutunuulidde ngeri gye tubuulirirwamu. Omubaka (S.A.W) yatujukiza nti abamu ku b'emirembe egyedda baasaanyizibwawo lwa kugayaalirira bye babuulirirwa. Okusinga byonna, okubuulirira kulina kukolebwa lwa kunoonya kusiimibwa Allah Yekka, sso si lwa bya migaso gya ku nsi. N'olwekyo, buli mukozi wa da'wah ateekwa okuba ekyokulabirako ekirungi okusobola okussa mu nkola okubuulirira ng'Obusiraamu bwe bulagira.

Abo abataagala kubuulirirwa kwaffe tebalina kutujja ku mulamwa. Ebirabwako bitulaga nti n'abo abataasooka kwagala kubuulirwa oluusi baasiimanga nnyo mu mitimwa gyabwe oluvannyuma lw'emyezi oba emyaka.

Nga tufundikira, ekyokwebuulirira nakyo kiokino: okubeera nti tubuulirira omuntu tekitegeesa nti kye tulowooza ku nsonga eyo ky'ekituufu. Tuyinza okuba nga tuli mu nsobi era ng'oyo gwetubuulirira ye mutuufu. Mu mbeera eno, okubuulira tekuteekeddwa kubeera kwa kuwakana; wabula kuteekwa kuba mu ngeri ya kukubaganya birowoozo mu bwombeefu. Buno bwe buvunaanyizibwa bw'oyo abuulirira wamu ne gwebabuulirira.

Okubuulirira ebiseera ebimu tekutwalibwa bulungi.

Nze mazima nnabatuusaako Obubaka bwa Katonda wange, era ne mbawa amagezi amalungi, naye temwayagala babawa magezi. (7:79)

لَقَدْ أَبْلَغْتُكُمْ رِسَالَةَ رَبِّكُمْ وَنَصَّحْتُكُمْ...
لَكُمْ وَلِنَّا كُنَّا لَا نُخْيِرُنَا أَنْتَمْ بِهِمْ بَرِينَ (سورة الأنفال)

Ka twejjukanye okusinziira ku misingi gya Kulaane;

1. Okubuulirira bwe bwali obubaka oba omulimu gw'Ababaka ba Allah bonna.
2. Okubuulirira oluusi tekwanirizibwa bulungi.
3. Tuteekeddwa okwekuuma obutalimbibwa nga tubuulirirwa.
4. Obuvunaanyizibwa bwaffe kubuulirira, naye tujja kuganyulwa na kukkaniza Allah.

IV. Okussa ebitubuulirirwa mu nkola

A. Okutuuka ku nsong'a

Ojjukize ng'oyita mu kubabuulirira. Ddala okubuulirira kugasa Abakkiriza. (51:55).

وَذَكَرَ قَوْنَى الْذِكْرَى تَفْعِيلَ الْمُؤْمِنِينَ (سورة الذاريات)

Okujukiza tekuba kuyigiriza kipy. Kino kitulowooza nti okumanya weekuli kusangiddwawo. Okumanya kya tteeka, naye tekumala! Olumu twerabira, ate oluusi tetumanya nneeyisa zaffe. Bwe tubaako ne kyetukola tetweraba; naye abalala batuluba. Bwe batatubuulira ku nkola yaffe, tusigala tetutegedde wa wetukoze bulungi na wa wetukyamizza. Kino kiraga bunafu gye tuli, naye Allah yakinogera eddagala. Kiyitira muffle kwenyigira *mu kujukiza bantu*.

Ekisooka, wabaawo okujukira Allah okutakutukawo. Obusiraamu kino bukiyimiraawo nga buyita mu *zikiri* (dhikr).

Abo aboogera ku Katonda nga bayimiri-dde, batudde era nga bagalamidde ku mbiriizi era ne bafumiitiriza ku kutonde-bwa kw'eggulu zonna n'ensi (nga bwe bagamba nti): "Katonda waffe! Bino byonna tewabitonda awatali nsonga, okutenderezebwa kukwo. Tuwonye ebibonyoobonyo by'Omuliro." (3:191).

الَّذِينَ يَذْكُرُونَ اللَّهَ قَيْنَمًا وَقُعُودًا وَعَلَى
جُنُوبِهِمْ وَيَتَفَكَّرُونَ فِي خَلْقِ السَّمَاوَاتِ
وَالْأَرْضِ رَبَّنَا مَا خَلَقْتَ هَذَا بِنَطِيلًا
شَبَحَنَكَ فَقَنَاعَدَابَ النَّارِ (سورة آل عمران)

Ekyokubiri; y'enneyisa y'abakkiriza. Tukifuna nga tuyita mu ndabirwamu y'omukkiriza. Mu bigambo bya Omubaka (S.A.W):

﴿الْمُؤْمِنُ بِرَأْةِ الْمُؤْمِنِ﴾

Omukkiriza ndabirwamu ya mukkiriza munne²

Mu ndabirwamu yennyini, omuntu yeeraba, yo endabirwamu n'eyogera naye ng'emulaga ekifaananyi kye. Mu ndabirwamu y'obwa sseruganda, omukkiriza alina okwatulira muganda we. Wano okukyawagana we kutandikira, era emirimu gyaffe we gitulemera okuyambagana. Baganda baffe baba beetegefu okugolola ensobi zaabwe bwe baba bazimanyi. Naye singa baganda baabwe mu bukkiriza tebabalaga nsobi zaabwe, olwo baba bagenda mu maaso nazo. Era tekimala kugamba mugandawo kwayonja kuba akimanyi nti ateeqwa okuba ornuyunjo. Tuteekwa okwogera ku nsonga obutereevu. Otekwa okumulagirawo nti owunya, ebigure biwunya, awunya akamwa, alina ekibambya ku kitogi ky'essaati ye, engoye ze nkyafu, n'ebirala.

B. Okussa ebitubuulirirwa mu nkola

Bwe tuba tugenze okukola emirimu,, tuteekwa okutuukira ku nsonga, bwe tuba tugisanze. Wano oyo aba abuuilibddwa azuula obuzibu we buli era n'afuba okubuggyawo. Bwe tuba tulabye ensobi, tuvunaanyizibwa okugigolola, bwe kitaba ekyo, ku Lunaku lw'Enkomerero, muganda waffe ajja kugituvunaana. Umar bun Khattwaabi (R.A) yagamba nti: "Nsaba Allah asaasire oyo yenna ambuulira ensobi zange mmuwe ekirabo!"

Ensobi ze aziraba nga birabo, sikya muwendo kyokka wabula ekitafunika. Kino kibeerawo nnyo enaku zino, nga tuvudde ku nkola ennungi eno. Enkola eno eva mu kwagala n'engeri gye tufaayo ku balala. Bw'oba obaagala, otekwa okubalaga ensobi zaabwe so si kuziraga balala. Bajja kukyusa beeyise nga bw'oyagala. Oba si ekyo, obukkiriza buba mu matigga okusinziira ku hadiisi:

﴿لَا يُؤْمِنُ أَحَدُكُمْ حَتَّىٰ يُجْعَلْ لِأَخِيهِ مَا يُحِبُّ لِنَفْسِهِ﴾

**Temujja kufuuka bakkiriza okutuusa lwe munaayagaliza
abalala ebyo bye mwéyagaliza.³**

Kino kye kyennyume ky'okweyaliza wekka ekisangibwa mu bantu abaagala ennyo okufuna. Mu mbeera ng'eno, abantu beefaako bokka. Ekigendererwa kyabwe ly'eddembe ly'omuntu okwesanya n'okweyaliza. Kale tebalina biseera kugamba bantu balala bigambo bye baba tebaagala kuwulira.

Ekigendererwa kyaffe kwe kussa amazima mu bantu, ne bwe kiba kitegeeza kubagamba ebyo bye baba tebaagala kuwulira.

N'olwekyo, woolabira muganda wo nga tasibye ppeesa lya ssaati ye, ettaayi eyee-vunze, zipu etesibiddwa, obujonjo mu maaso ge, akaguwa k'engatto akasumulukuse, oba ng'aleekaana, fuba okumujukiza ng'ali yekka essaawa eyo. Ajja kusiima ekirabo kino ekyettendo ky'onooba omuwadde. Kino bwe tukikolerawo, okubuulirira omuntu


² Sunan Abi Dawud.

³ Swahili al Bukhaari ne Swahili Muslim.

Ekitundu Ekyokusatu

noomujukiza mu mukwano ate ng'olaga nga bwe kikukwatako mu misomo gyaffe egyptendeka abantu, enkola yaffe ey'emirimu ejja kweyongerako ebitundu ebisoba mu 50%. Tujja kuwulira essanyu ly'okusemberera abantu okubajjukiza.

Kikola bwe kitit:



Kuno kwe kbuulirira nga tukutadde mu nkola.

Okussa ebitubuulirirwa mu nkola

Okubuulirira n'okubuulirirwa byetaaga kuba na mpisa nnungi. Nga bwe kiba mu bintu ebirala ebikola Omusiraamu omulungi, obumalirivu, n'okussa mu nkola byakutuyamba okuba ababuulirira n'ababuulirirwa abalungi. Naye tulina okuba ne kye tuluubirira. Mu myezi esatu egijja mu maaso, tujja kuba tusobola okubuulirira baganda baffe ne bannyinaffe bangi be tufaako waa-kiri omulundi ogumu olwo tusobole okwekenneenya empisa zaffe mu kiseera ekyo oba oluvannyuma nga tusinzira ku bye tukubagaanyaizzaako ebirowoozo mu kitundu kino.

EKYOKWEGEZAAMU KU KUBUULIRIRA

Mwegabanyeemu obubinja bungi. obutonotono (halaqa) bwa bantu babiri babiri. Bagambe babuuliragane nga beeyawudde okumala eddakiika ttaano. Bwe mumala, muwaanyisiganye bye tuyizeemu era mukubaganye ebirowoozo ku ngeri y'okubuuliragana n'engeri gye mutambuzaamu okubuuliragana mu lukiiko olwamamu.

EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Kiki ekigendererwa mu kujukiza abantu ensobi zaabwe?
2. Omusiraamu akola atya ng'endabirwamu ya Musiraamu munne?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NGA SSENTEBE OMUGGYA MU KITONGOLE KY'OBUSIRAA-MU OW'AKAKIIKO AKEKE-NNEENYA NG'OYITAAYITA MU BIWANDIJKO BYAKO, MU BYO OSANZEEMU EBITAGENDA BULUNGI BINGI. NG'EKIMU KU BY'OKUJAJAAMYA OKWOMU-DDIDANWA OLW'OMUWANIKA OKULEMERERWA OKUTEGEKA EBIGULWA NGA WAKYALIYO OBUDDE MU MAASO. TONNAYA-GALA KUKITWALA NGA NSONGA YA BYABUFUZI SSO NG'ATE OLABA NTI KISAANA OMUWANIKA ABE NG'ATEGEEZEBWAKO. EKIGENDERERWA KYO KYA KUTEREEDA NTAMBULA YA BYANFUNA.

1. *Temaatema engeri esinga okuba entuufu mu kubuulirira ku nsonga eno.*
2. *Bagayo ekiwandiiko ekiraga engeri gy'oyinza okwogeraga-nyaamu n'omuwanika.*
3. *Kola olukalala lwa nsonga ssatu eziraga nga bwe wandiba omukyamu mu ngeri gy'okutte-mu embeera eyo.*



Ebikwata ku Byempuliziganya

- I. Okwogera eri abantu kye kiki?
 - A. Kulamula na kunnyonyola
 - B. Enkola y'Omubaka
 - C. "Bambi nnyamba onfuule ayinza okuwulira ng'owoomugaso.
- II. Amakubo agayitibwamu okuwuliziganya
 - A. Obulowoozo ku kuwuliziganya
 - B. "Oyogera ky'otegeeza era n'Otegeeza ky'Oyogera?"
- III. Okwekenneenya amawulire
- IV. By'olina okwetegereza mu kuwuliziganya
 - A. Okwogera nga tokozesezza bigambo.
Okozesa otya olulimi olutaliimu bigambo?
 - B. By'oteekeddwa okukola n'obutakola mu kuwuliziganya.

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO:

Woonoomalira essuula eno ojja kuba osobola:

- Okutegeera obwetaavu bw'okwogera n'abantu abalala.
- Okulaba ensobi eziba mu kwogera.
- Okutegeera n'okutegeerwa obulungi.

Allah (swt) agamba nti:

(Rahmaani) Omusaasizi ennyo! Yayigiriza
(Nnabbi we) Kulaane. Yatonda omuntu.
Yamuyigiriza okwatula. (55:1-4).

① الرَّحْمَنُ ② عَلَمُ الْفُرْقَانِ
٦٧ خَلَقَ إِلَيْنَا ③ عَلَمَهُ الْبَيَانَ
(سورة الرحمن)

Allah Oweekitiibwa yatuyigiriza okwogera. Omulimu gwaffe kutuusa obubaka nga butuufu tebuliimu kalumira. Waliwo emiziziko mingi egiremesa okwogera obulungi. Ensangi zino, ebintu bingi bi nenyebwa mu kwogera; ka kube kwawukana na munno bwe mwafumbiriganwa, kugoba mukazi, oba okuva mu ssomero. Okwogera kuba mu bantu bangi, oluusi kigambibwa nti buli muntu ali mu bizineesi ya bantu. N'olwekyo, buli omu maneja, obutafaanana ndowooza ya bonna. Abaana be bammaneja ba bakkade baabwe, abayizi be bammaneja b'abasomesa, ate abawandiisi (b'ebitongole) be bammaneja b'ababatwala.

Ekyomukisa omubi bwe tuba tukuzibwa tetuteekewamu mpisa ya kuba beesigwa okuva mu buto bwaffe. Nabwekyito, mu kwogera kwaffe twekweka mu bukookolo nga lukumi. Ne kibaleetera. Abantu kye balaga kungulu si kyebali era ne kibaleetera okutya nti abantu abalala bayinza okuzuula empisa zaabwe, okubaajoola oba okubaboola, naye tetusaana kusiriwazibwa na byogerwa bantu balala, naye wuliriza n'obwegendereza ebyo bye batayogera! Kisingako okutuboola olw'ekyo kye tuli okusinga okukkirizibwa olw'ekyo kye tutali. Omunoonyereza lumu yabuuza ekibinja ky'abayizi okumuwaayo ekintu kimu kyokka kye baali bakoze naye nga bakyejjusa? Awamu nookuba nga baali basula wamu, tebaamanya wadde okutegeeragana obulungi.

I. Okwogera kye kiki?

Okwogera kwe kutusobozesa abantu okukumanya, n'okubakkiriza okutuuka ku nzikirizaganya naawe. Ekyo bwe banaakikola bajja kukussamu ekitiibwa. Wabula okutuuka ku kino, kikwetaagisa okuba nti oyogera n'abantu ng'obawa ebirowoozo byo mu bwesimbu.

A. Okulamula n'okunnyonnyola

Omuziziko omunene oguli mu kukolagana n'abantu kwe kusooka okulamula n'okunnyonnyola. Oba nga Allah Oweekitiibwa talamula muntu ng'obulamu tebunngwaawo ate lwaki ffe tukikola? Omubaka (S.A.W) yatuyigiriza nti emirimu giramulwa ku nkomerero yaagyo.

Eky'okutunula okwekenneenya n'okulamula abantu tuteekwa okukisikiza empisa y'okunnyonnyola mu mazima. Okugeaza, togamba nti gundi mukyafu; wabula gamba nti awunya, awandulawandula, obaasuula kasasiro ku luguudo. Omuntu yenna ayinza kuwakanya nsonga ezo ezaamazima. Enkola ennungi omuntu yandibadde annyonnyola empisa ezo eziyinza okutwalibwa mu mbuga z'amateeka. Ekinyiiza abantu si kyekyo ekibaddewo, naye ekibanyiiza y'engeri gye bategeddemu ekyo ekiba kituuseewo. Okugeza, singa omuntu takubuuza ku kabaga, ojja kuwulira bubi bw'onookirowooza nti teyakutaddeko mwoyo. Wabula singa okitwala nti teyakulabye, ojja kuwulira bulungi. Nabwekyito, ekintu kye kimu kirina enzivunula n'ennamula bbiri ezitafaanagana.

B. Enkola y'Omubaka

abantu balaga kye batali kungulu olw'okutya abantu okubazuula n'okubaboola. Okuggyawo kino tulina okubalaga okwagala n'okubatwala nga bwe bali.

Tulina okuba abeesimbu nga tukola n'okwagala. Tulina okubayisa obulungi, okufaayo, okwetowaza ate nga tubazzaamu amaanyi. Tulina okuba abategeevu. Oweekitiibwa Allah yayogera bw'ati ku Mubaka nti:

Mazima Omubaka azze gyemuli Mazima
Omubaka azze gyemuli ng'ava mu mmwe.
Ekibazitowereza kyonna kimukaluubiriza.
Abalulunkanira (muyingire Ejjana). Era
akwatirwa Abakkiriza ekisa, musaasizi nnyo
gyebali. (9:128)

١٢٨ ﴿لَقَدْ جَاءَكُمْ رَّسُولٌ مِّنْ أَنفُسِكُمْ عَزِيزٌ عَلَيْهِ مَا عَنْتُمْ حَرِيصٌ عَلَيْهِ كُمْ بِالْمُؤْمِنِينَ رَءُوفٌ رَّحِيمٌ﴾
(سورة التوبة)

Ku lw'okusaasira okuva eri Katonda, wabeera mugonvu gyebali. Naye singa wali mukalubo (mukambwe), atalina kisa wadde okusaasira mu mutima, bandikudduse (ne bakwabulira)... (3:159).

١٣٠ ﴿فَإِنَّ رَّحْمَةَ اللَّهِ لِبَنَتْ لَهُمْ وَلَوْكَنَتْ فَطَّا غَلِيلَ الْقَلْبِ لَا تَنْفَضُوا مِنْ حَوْلِكُمْ ...﴾
(سورة آل عمران)

Kino kitulaga engeri ekisa kya Omubaka bwe kyayamba okusikiriza abalala okujja eri Obusiraamu. Naye. ku ludda olulala kitukakasa nti singa Omubaka (S.A.W) yali wa mutima mukakanyavu abantu baalimwesambye.

C. “Bambi nnyamba onfuule ayinza okuwuliranga owoomugaso”

Kyogerwa mu kugereesa nti buli azaalibwa aba n'akabonero mu kyenyi nga kagamba nti: “Bambi nnyamba onfuule ayinza okuwuliranga owoomugaso!” Eno y'eyali enkola y'Omubaka. Yayogeranga na buli muntu ng'omubiri gwe gwonna agwolekezza oyo gwe yaba ng'ayogera naye; era nga n'abaana abato abafuula okuwulira nti baamugaso era aboobuvunaanyizibwa, mu ngeri y'emu gye yayisangamu abantu abakulu.

Abantu tebaagala kulekebwaa na butafii-bwako. Buli lwe bogera balina obubaka obutali bumu bwe baba batuusa eri abalala: “Bambi nfuula owoomugaso!”, “Bambi kakasa nti wendi”, “Tompitako ng'atandabye”. Buli lw'otaddamu mabalua gaabwe oba ssimu zaabwe oba ng'abagamba nti “Temuliiwo”.

OKWESIGIBWA OBA OBUTEESIGIBWA

Buli omu tugenda kumutwala ng'ewaamazima? Si kinamu. Tulina okuba obegendereza ennyo kuba nga abantu beskoza ne bafuuka kyatatali. Ali Bun Abi Twahbi (R.A) yagamba nti: “Suru makhusa, naye omukhusa tasobola kurinimbwa”.

Tulina okuwuliriza abantu naye era tulina okukakasa obutufuli bwabwe n'okwekenneenya. Naddala: mu bisseera by'okusalawo n'okussa mu okota, iweaga okwetegereza cbitugambiddwa (simawulire).

Kyattee ka buli kiseera okukkiriziganya n'abantu? Mu buli ngeri nedda. Tulina kubeera bubeesi beesimbu na banjulukufu. Kituu fu, okufaanagana kuleeta okumaniira, naye ate enjawukana zituleetera okukula n'okukulaakulana. Mu njuyi zombie, tulina okuba abaamazima nga twogera ekituu fu.

II. Amakubo agayitbwamu okwogera

Ensonga ezitwogeza zenkana n'amakubo g'okwogera. Wabula, olw'ebigendererwa eby'amaanyi ennyo eby'okukola okusalawo, ebigambo ebimu n'enjatula ezimu zaa-fuuka nga gwe mutindo ogukozesebwa. Tugenda kubinnyonnyola nga tumaze okwogera ku bulowoozo obumu olw'okwogera eri abantu obulungi.

A. Ebirowoozo ebiyinza okuyamba mu kwogera

1. Okwogera okwamaanyi kuva ku maanyi ga munda. Togezaako kunoonya bufuzi mu bantu.
2. Weetaaye na buli muntu ku mulimu gwo, akakundi oba ekibiina. Obutaba na biseera tekikusonyiyisa.
3. Buli kiseera ky'owummuliramu kitwale ng'osisinkanye omuntu oweenjawulo. Kola entegeka okulyangayo ebijjulo n'abantu abalala. Awo ojja kussaawo enkolagana eyaamakulu na buli muntu mu kaseera akatono ennyo.
4. Tolinda bakeerewa mu lukiiko. Bw'onookola ekyo, ojja kuba obayigiriza nti okukeerewa tekulina mutawaana. Ate mu ngeri y'emu ojja kuba obonereza abakeera.
5. Ebigambo ddamu okubitegeka obupya okukakasa nti biweerezebwa era bifuniddwa bulungi.
6. Jjukira nti gye tukoma okutegeera gye tukoma okuba n'obusobozi okukulembera. Gye tukoma obutategeera gye tukoma okutetenkanya.
7. Bwe kituuka ku kuvvuunula, Nnabbi (SAW) atuyigiriza okunoonya ensonga ezesukka mu nsanvu okwejeeereza oyo aba yeeyisizza obubi era, bwe watabaawo n'emu entuufu, okugamba nti wateekwa okubaawo ensonga endala gye tutamanyi ennyonnyola enneeyisa eyo.

B. Yogera ekyo ky'otegeeza era tegeeza ekyo ky'oyogera.

Ebigambo 500 ebisinga okukozesebwa mu lungereza birina amakulu 14,000 mu nkuluze y'Olungereza. Kino kitegeeza nti waakiri buli kigambo kirina amakulu 28. Bw'oyogera ekigambo, ogenderera kutegeeza ki kw'ebyo 28? Jjukira nti:

- Ebigambo tebirina makulu.
- Ebigambo bubonero bubonero so si birina makulu ga nkomeredde.
- Ebigambo tebyemalirira.
- Ebigambo amakulu gaabyo gasobola okukwekebwa.
- Ebigambo biraga empisa z'abantu n'ezoomuntu. Bikuluusanyizibwa endowooza z'amawanga, eddiini n'ekikula ky'abantu (musajja/mukazi).

Wammanga waliwo ebigambo ebiteekwa okwewalwa n'ebikozesebwa.

EBIGAMBO EBY'OKWERABIRA

Nteekwa, nnina oku..
 Nja kugezaako okukikola
 Luliba lumu
 Naye (kimenyawo kye wasoose
 okwogera)
 Kiyinza okuleeta ebizibu
 Mutawaana
 Kizibu nnyo
 Mweraliikirivu
 Sigenderedde
 Lwaki (kikomya, kinaawuuza)
 Mpulira nga sirina buyambi
 Bwentyo bwendi
 Nkwetaaga O.....
 Ggwe (kinenya, kiwaayiriza)

EBIGAMBO EBY'OKUJJUKIRA

Njagala ku....., nsazeewo oku..
 Nja kukikola *inshaa Allah*
 Olwaleero, kati
 Ne
 Mukisa
 Mukisa, Kusoomooza
 Kisoomooza
 Nkyagadde
 Nsonyiwa, Gunsinze
 Nnyamba ntegeere
 Nandyagadde obuyambi bwo
 Obusobozi bwange okuyusa buli
 Nkwagala ..
 Nze (bwesimbu, buvunaanyizibwa)

Waliwo ebigambo ebigatta ebintu ebyawamu ebikendeeza okutegeera kwaffe. Bitulekera ebyokukola bibiri byokka. Okugeza;

kino/kiri; kisajja/kikazi; kiddugavu/kyeru; kikulu/kito; mumerika/mugwira; kituufu/kikyamu; mukamaawo/muweereza; mugezi/musiru.

Buli lw'owulira oba lw'osoma ebigambo bino, teweесامبا kusuubirayo bisoboka birala. Tutera bulijjo okusanga ebigambo bino ebinene nga birina amakulu agaggayyo endowooza z'abantu:

Buvanjuba/Bugwanjuba; Sitakange/Nnaakalyakaani, munda/bweru; Musiraamu/Si Musiraamu; Darul al Islam/Darul al Harb; Demokulase/Obwannakyemalira; okwekomya obuyinza/ Okugabanya obuyinza.

Ebigambo ng'ebyo bisobola okutulemesa bye twagala okukola era bikendeeza okutegeera kwaffe. Ebigambo byo byegendereze; zo zimalaika essaawa yonna zibiandiika awatali kusobyamu naakamu;

Ekigambo kyonna ky'ayatula wabeerawo malayika amulondoola (okukiandiika) ng'ali naye wonna w'aba ali: (50:18)

﴿مَا يَنْفَذُ مِنْ قَوْلٍ إِلَّا لَدَيْهِ رَقِيبٌ عَتِيدٌ﴾
 (سورة فاطر) (50:18)

III. Okwenenneya Amawulire

Emirundi mingi gye tuwlira nga bagamba nti: “Ekizibu ky’o kwogera, butabaawo mpuliziganya oba kutegeerwa bubi.” Oluusi kiba kituufu. Ekyokuddamu kyandibadde: “kukitereeza!” Engeri esinga obulungi mu kukola kino kwenenneya mawulire agoogerwako. Ng’obubaka bwe butambula, tubwongerako oba okubukendeezaako; mu ngeri zombi, obubaka bwonooneka. Ekigambo ekikozesewa “eddoboozi” tulyeyambisa okupima ekyonoonese. Tunuulira ebyokulabirako bino ebibiri:

1. Omusajja yali avuga mmotoka ng’ali ne mutabani we n’afuna akabenje n’afa. Mutabani we yali yeetaaga okulongoosebwa naye omusawo alongoosa n’agamba nti: “Sisobola kulongoosa mulwadde, omulwadde mutabani wange”. Omusawo alongoosa y’ani?
2. Omusajja yava mu mu nju ye n’ateeka ebisumuluzo mu nsawo y’empaleye. Omubbi yajja n’abba. Yayingira atya?

Ku nsonga zino ebbiri, tufuna bye tulowooza, naye tuwa ebyokuddamu ebikyamu. Omusawo alongoosa ye yali maama w’omulwadde. Naye twakirowoozezza mu bukyamu nti yali ateekwa kuba musajja. Omubbi yayita mu luggi kuba terwali lusibe. Tulowooza mu bukyamu nti omusajja yasiba oluggi nga tannassa bisumuluzo mu nsawo ye. Kyewunyisa engeri gye tutera okugwa mu katego k’ebitusuubirwa, ne tufuuka abookusuubira, abatakola kituufu ne tuteebereza. Ku mirimu gyaffe ensangi zino, endowooza eno etukozesezza nnyo.

Mwegezeseemu kino nga muli mu kibinja kyammwe. Ekisooka, wandiikayo akagero akampi ennyo. Bw’omala kola enkulungo ya basseruganda 10. Akagero ako kanyumize oyo akuliraanye ku ddyo mu kaama, naye omugambe akabuulire amuliraanye ku ddyo we mu kaama okutuusa lwe banaakomawo gy’oli ku kkono. Kijja kukwewuunyisa okulaba nti oyinza n’obutategeera kagero olw’emisinde gye kakyukiramu olw’empeereza n’empuliziganya etali ntuufu.

Newankubadde baganda baffe ne bannyinaffe tubalinamu obwesige, amawulire ago tuteekwa okusooka “okugawummuzaako wabbali” okutuusa nga tumaze okugakakasa. Naddala bwe tuba twetaaga okukolera ku mawulire ago, tuteekwa okumala okugakakasa.

Kyamugaso okuddamu okuwa endagiriro mu lwatu okukakasa nti empereza entuufu gye gafunibwamu. Ddamu ekiseera ky’okusisinkaniram ssaako n’ekifo emirundi mingi okusobola okukakasa. Omuntu bw’asoma nnamba y’essimu, oba n’ akusomera erinnya togamba nti “umm” oba “ye”. Muddiremu ennamba oba ennukuta z’asoma okwewala okukola ensobi. Mu butuufu, tetuteekwa kwenenneya kisukkiridde. Tuteekwa okuba nga tutambilira ku tteeka eritulunngamy eriraga omutima omulungi ogw’okufuna amazima, si kutega butego oba okuwaayiriza abalala nti bagenda kutuwabya. Bwe tugoberera omukululo gw’okugenda mu maaso n’okuteebereza, bye tunaggya mu kwenenneya biyinza obutatuwa kye twetaaga.

III. Ekipande ekiyamba Okwekubamu Ttooci mu Kumanyisa abantu ky'oyagala

A. Okumanyisa abantu nga tokozesa bigambo: Engeri Gye Tukozesaamu Olulimi Olutali lwa Bigambo

Kozesa ekipande kino okwewayaza. Weewandikire engeri ebintu ebingi “ku ggwe” gye bikwongerako oba okukukendeeza mu kutuusa obubaka bwo eri abantu bo obulungi. Jjukira nti abantu abenjawulo basobola kukwatibwa mu ngeri eyenjawulo. Ekyokulabirako, abantu abangiko beetaaga eddoboozi eryomwanguka okusinga abantu abatono; okwogeza obuvurm u kuyinza obutaba na buzibu singa oyambala nga bw'oyagadde. Naye bw'obqa ogenda kwogera ku pulojekiti osaana okwambala olugoye olwefaaanayirizaako ne pulojekiti eyo.

Ekitundu ku NZE	ENGERI gye nnaakikozesa mu kwogera
OMUBIRI	
Ekitundu ky'omutwe	
Amaaso	
Ebibegabega	
Ennyimirira	
Entambula	
Ebikolwa n'okulaza	
Ennyambala	
EDDOBOOZI	
Empunzika y'eddoboozi	
Obuseeneekerevu	
Okwanguya	
EBBANGA ERIRIWO	
Obuwantu	
Okulamba, okukyuka	
OKUKWATA KU MUNTU¹	
Okukwata mu ngalo	
Emikono ku bibegabega	
Okwekwata ku mikono	
Okwegwa mu bifuba	
Okwenywegera	

¹ Okukwata kukkirizibwa ku bantu abeekikula ekimu bokka.

B. Ebikolebwa n'ebitakolebwa nga twogera

Kozesa ekipande ekyokweyaza weegabire obubonero ku ngeri gy'okozesezzaamu obukodyo bw'okwogera. Ekisooka, gatta obubonero bwo (nnamba 8) ku ludda lw'ebitakolwa. Bw'omala buli kikolebwa n'ekitakolebwa weegabire obubonero 5 ku *kyotera* okukola ne ky'otakola akabonero kamu. Obubonero 2,3 ova 4 nga bwaku-kozesa mu makkati omwo.

Obubonero bwa KOLA > 4 x obubonero bwa TOKOLA	Mwogezi mulungi
Obubonero bwa KOLA > 2 x obubonero bwa TOKOLA	Mwogezi akkirizika
Obubonero bwa KOLA = ova < 2 x obubonero bwa TOKOLA	Ateekeddwa okulongoosa,

KOLA	OBUBONERO	KOLA	OBUBONERO
------	-----------	------	-----------

- | | | | |
|---|-----|--|-----|
| 1. Tunuulira gw'oli naye butereevo
(nga muli baakikula kimu) bw'oba
omuwuliriza | [] | 1. Saza mw'ayogera bw'oba olina
ekikulu ky'ogamba. | [] |
| 2. Buuza otegeere | [] | 2. Jerega abalala bye boogera, ne bwe
kirabika nga kyakisiru. | [] |
| 3. Kkiriza ng'okozesa okunyeenya
omutwe n'obubonero obulala. | [] | 3. Geya | [] |
| 4. Sekera wamu n'abalala | [] | 4. Wa endaba yo ku bintu. | [] |
| 5. Wulirira wamu n'abalala okulumwa | [] | 5. Beera ng'obuuza nti "lwaki" | [] |
| 6. Abalala baleke nabo beetabe mu
mboozi | [] | 6. Weefuge okunyumya wekka | [] |
| 7. Kkiriza mu mwoyo mulungi endaba
z'abalala ezaawukana ku zizo | [] | 7. Wakanya ebirowoozo by'abalala | [] |
| 8. Tendereza eby'abalala | [] | 8. _____ | [] |

EBIGAMBO EBYOMUGASO	
Ebigambo 6 ebisinga okuba ebyomugaso <i>by okola</i>	"Ggwe ukusima na byonna
Ebigambo 5 ebisinga okuba ebyomugaso <i>ggwe</i>	"Nze nneenyumiriza nnyo mu
Ebigambo 4 ebisinga okuba ebyomugaso	"Kali ggwe ogamba ki?"
Ebigambo 3 ebisinga okuba ebyomugaso	"Bambi oyinza oku...?"
Ebigambo 2 ebisinga okuba ebyomugaso	"Weebale nnyc."
Ebigambo 1 ekisima okuba ekyomugaso	"Fie"
Ebigambo ekisembayo okuba n'omugaso	"Nze"


M W
E NY
A

Kiyamba
okuwuliziganya...


Ennyongeza: Ojja kuweebwa
empeera olw'okumwenya
okusinziira ku hadiisi:

(بِسْمِكَ فِي وَجْهِ أَخِيكَ صَدَقَةً)

“Okumwenyera muganda wo eba
saddaaka” (Sunanu al- Tirmidhi)



“Ensi yonna



nkyamu okuggyako

nze”

Oba kye kyo? Kino kiro-
woozeeko.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Yogera ebintu bibiri ebyabeeranga mu kwogera kwa Omubaka eri abakkiriza?
Byayamba bitya okwogera?
2. Tulina kukola tuya singa tufuna obutakkaanya n'abantu abalala?
3. Ebigambo by'oteekwa okwewala byawukana bitya n'ebyo by'oteekwa.
4. Bintu ki ebisatu ebisinga okukozesebwa mu kwekenneenya amawulire.
5. Biki bye tuteekwa okusuubira nga twekenneenya?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

GGW'OKULIRA ABAKOZI MU
KITONGOLE KY'OBUSIRAAMU.
OLW'ABAKOZI OKUVAAWO
ENNYO KU MULIMU OGWO, OLI-
NA ABAKOZI BANGI ABATAKU-
MANYIDDE OBA ABATAMANYI
NKOLA YA KITONGOLE. OLUKII-
KO LWA BONNA OLWA BULI
MWAKA LUSEMBEDDE ERA
BULI MUNTU AFUBA OKUKOLA
NGA BW'ASOBOLA. ABAMU KU
BAKOZI BAWADDEYO OKULA-
BULA NGA BWE BAJJA OKU-
LWANYISA LIPOOTA Y'OMWAKA
SINGA ENAABA ESOMEDDWA.

1. *Laga ebintu bibiri ebisinga oku-
labika olage n'enjawulo ssatu mu
ngeri gy'ogenda okwogera n'ebi-
binja ebyo ebisatu bye tulabye:
abakozi, abakozesa n'abali mu
kitongole.*
2. *Wandiikira abakozi ng'onnyo-
nyola entegekayo okwanjanga
okusoomooza okwo mu lukiiko.
Kitwale nga kyangu era okitu-
nuulire ng'ekitategereeddwa na
kuteekewa mu nkola bulungi.*
3. *Wandiikira mukama wo ng'omuwa
ku magezi ku ngeri y'okwetegere-
zaamu amawulire okuva mu
bammemba abatakkiriziganya na
nsonga.*



Enkozesza y'Ebiseera Byo

- I. Ekika ky'ebiseera
 - II. Omugaso gw'ebiseera
 - A. Enkozesza y'ebiseera mu Lunaku
 - B. Amakulu g'ebiseera
 - III. Ebiseera eby'enfissi
 - IV. Ebiseera biyita bitya
 - V. Agamu ku makubo gooyinza okukozesa okufissa ebiseera
 - VI. Byolina Okujjukira ku Biseera
 - A) Twala ekiseera
 - B) Ebiseera ebigabanyiziddwa Obulungi
 - VII. Ekyokuyigirako, eddakiika emalawo kyenkana ki?
-

EBIRUUBIRIRWA BY'OMUSOMO GUNO

Woonoomalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okulaba n'okukendeeza ku bireeta okumala ebiseera.
- Okulaba n'okussaawo engeri y'okufissa ebiseera.
- Okukola ennyo mu kiseera ekiriwo.

I. Ekika ky'ebiseera

Ndowooza nti omanyi enjogera egamba nti: "Kiki ekisinga obuwantu; ate nga ky'ekisinga obumpi; ekisinga okwanguwa so nga kye kisinga okusooba; ffenne tetukissaako mwoyo so ng'ate ffenna tukyejjusa? Tewali kisoboka kukolebwa nga kyo tekiriwo, kimira buli kantu ne kikulaakulanya buli kinene kyonna?

Ky'ekiseera.

Ky'ekisinga obuwanyu kubanga tekigererwa kkomo, ky'ekisinga obumpi kubanga tewali noomu mufle alina biseera okumaliriza ebyokukola mu bulamu, ky'ekisinga okwanguwa eri abalina essanyu, ky'ekisinga okusooba eri abali mu nnaku. Tewali kikolebwaa nga tekiriwo kubanga ky'ekisaawe kyokka mwe tuwangaalira. Ekiseera bwe buwangaazi! Kimira buli kantu akataliimu ne keerabirwa mu mulembe, ne kikuakulanya era ne kikuuma buli kinene kyonna ekyomugaso.

II. Omugaso gw'ebiseera

Abantu abatuuse ku buwanguzi ebiseera byabwe babimala bakola ebyo abalemererwa bye bataagala kukola. Omuntu owaabulijo alaba nga kyangu okwerekereza n'agumira obuzibu obuli mu kulemererwa okusinga lwe yandimaze ebiseera nga yerekereza atuuke ku buwanguzi. Tekirina makulu okuba n'ebigendererwa n'ebiruubirirwa mu bulamu okujjako nga buli kiruubirirwa kiweereddwa ekiseera mw'onookituuukiririza. Olwo lwe tusobola okutambula nga twolekedde ebiruubirirwa ne tutuuka gye tulaga.

Tugwa mu biti bibiri; abasobeddwa abalagaalaganya nti omulimu gundi tunaagukola enkyaa. Waliwo n'abamalirivu abeetegefu okukolerawo kaakati. Abo tebawoza nnaakikola enkyaa.

Okwonoona ebiseera si musango busango, naye butemu bwennyini! Bw'oba oso-bola okubyonoona lwaki tokola nnyo okuzaama? Buli lw'ogamba nti "sirina biseera" oba otegeeza nti olina ebyokukola ebirala ebisinga okuba ebyomugaso.

A. Enkozesza y'ebiseera mu Lunaku

Buli lwe tuzuukuka ku makya, akatabo kaffe akoomunsawo kajjuzibwa essaawa abirimunnya. Nabbi (S.A.W) atutegeeza nti:

وَمَا مِنْ فَخَرٍ يَوْمٌ يَتَشَقَّقُ إِلَّا وَيُعَادِي مَلْكًا، يَا أَبْنَ آدَمَ أَنَا يَوْمٌ جَدِيدٌ، وَعَلَى عَمَّلِكَ
شَهِيدٌ، لَفَزَوْدٌ مِنِّي فَإِنِّي لَا أُغُورُ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ۔

"Buli lunaku olukya bamalayika babiri bakoowoola nti: "Owange omuntu, ndi lunaku lupyaa era ndi mujulizi ku mirimu gyo, nolwekyo nkoleraamu ekinaakugasa kubanga nze sigenda kudda okutuusa ku Lunaku lw'Enkomerero"¹"

Buli lunaku tuteekwa okulukoleramu bye tuneenyumiririzaamu. Okujjako nga tukoleddewo kati, wadde nga tulina ebigendererwa ebirungi, tetusobola kutuuka ku

¹ Enjigiriza z'omubaka.

buwanguzi singa tugamba nti tunaakola enkyo, tunaakola wiki ejja oba tunaakola mu myaka ekkumi egijja.

Bw'oba osoola okutegeera ekiseera ekituufu nga kituuse, n'okola nga tekinnayita, emitawaana gy'obulamu giba gjija kuwewuka nnyo.

B. Amakulu g'ebiseera

abantu abamu balaba nti ebiseera bitegeeza akaseera emikisa we gibeerera egyawaggulu. Essira balissa ku kukolera ekintu mu kiseera ekituufu. Ekiseera omukisa we gubeerera ogwamaanyi kikulu nnyo eri abantu bangi. Bakitunzi batugamba nti tewali kisinga maanyi mu makolero ng'ekirowooza ekituuse mu budde bwakyo. Bw'oba osobola okumanya akaseera akatuufu bwe kaba katuuse, era nookolerawo nga tekannayita, emitawaana mu bulamu bwo gisobola okufuuka obwangu. Okusinziira ku bantu abalala, ebiseera bipimibwa mu butikitiki, mu ddakiika, mu ssaawa ne mu myaka. Bwe balowooza ku biseera, balowooza ku ssaawa oba kalenda; ekiseera kirina oludda lumu – obudde bwe kitwala. Eno y'endowooza esinga okulabira okumpi ekiseera. Teri bintu bikulu ebyali bikoleddwa bantu abatwala endowooza eno ng'ekikulu.

EBBEEYI Y'OMUTIGW/EKNTIMA EK PITYA	100
Ng'omutigwemereere	100
Ogukoleddwaamu obugaffo bw'embalaasi	100
Gwe bakozeenmu empiso	355
Ogukoleddwaamu obwambe	285
Gwe bakozeenmu seppunji z'amasaawa	250,000

Obuzibu bw'endowooza eno kwe kwonoona ebirowoozo by'okutandika ekintu, tekiwa muntu maanyi kutandika kintu so ng'ate tekirina kye kirekawo kujjuza muwaatwa gwa biseera biweereddwa. Bwe tuba ne wiiki ennamba okukoleramu omulimu ogutuweereddwa, ekkyo kiba kijja kutwala wiiki. Bwe tuba tuweereddwa ennaku kkumi okumaliriza omulimu era gutwala ennaku kkumi.

Ekisembayo, tulinayo abantu abawa amakulu mu bulamu ng'ebiseera babiwa ekkyo ekisaanidde. Bo, ebiseera tebabipimira ku ssaawa oba kalenda. Emirimu gifugibwa kwewaayo na kwagala so si ssaawa oba wiki. Kye bakola bakikkiririzaamu nnyo, batuuka ku kiuubirirwa kyabwe ekky'obuwanguzi nga bakozesa amaanyi agava mu mitima gyabwe nga tebatnuulidde biseera. Emitima gyabwe bagiwaayo okukola kye bakola era omulimu gwe bakola guba n'ekiuubirirwa.

Engeri eno eyookusatu ku biseera eteekwa okuba ng'erimu okusoomooza gyetuli ffenna. Okukozesa obulungi ebiseera kwe kusinziirako okulemererwa oba obuwanguzi eri omukozi owaabulijjo leero n'okusinga obumanyirivu bw'alina ku ky'aba akola. Entegeka y'ebiseera ennungi ye yandisoose okutunuulirwa nga twagala okutuuka ku buwanguzi. Omulimu ogukyasinga obuzibu eri abantu, kwe kusobozesa abantu okutegeka ebiseera byabwe. Eno y'ensonga lwaki buli muntu yanditeekeddwa

okumala ekiseera buli ntandikwa ya wiki ng'ategeka mu bujuvu ekituufu ky'alina okukolera mu wiiki eyo.

III. Ebiseera eby'enfissi

Eddakkika zootolina kya kukoleramu ozikozesa otya; ezo zooyita ebiseera ebifudde? Okimanyi nti osobola okuwandiika ebitabo, okukwatiramu Kulaane oba Hadiisi, ne diguli osobola okuzifuna singa ebiseera bino ebyenfissi biba bikozeseddwa bulungi? Ebiseera bino ebyenfissi biyinza okuba obudakiika obutono bw'olindiramu oba okutambulira mu ggaali yoomukka, ennyonyi oba bbaasi. Kino wandikiyise kiseera kya nfissi oba kya kuyiiyizaamu? Eddakiika ekkuminettaano olunaku zitegeeza ennaku enzijuvu kkuminalumu mu mwaka; eddakiika asatu olunaku zitegeeza ennaku enzijuvu abirimubbiri omwaka; zino zisinga omwezi mulamba mu biseera by'okukola. Abasuubuzi abamu batandika n'endowooza egamba nti tewali atuuka ku bwangizi nga tamanyi nti ebiseera ne ssente byenkana. Tetwandirowoozezza ku kuleka bantu kubba sente zaffe, ate ne tukkiriza abantu okutubbako ebiseera. Tukkiriza nti ebiseera bye bisinga sente obungi; bwe bulamu bwaffe.

Kitunzi omu yakolanga ddoola abiri (20) buli ssaawa. Yali ayagala yeesiigire ennyumba ye langi. Mukwano gwe yamubuuza: singa wali wa kukozesa musiizi wandironze omuyiga ku ddoola abiri essaawa, oba omukugu ku ddoola 5 esaawa? Ekyokuddamu kiri mu ggiraasi, so ng'ate bangi muffe tutwala ebiseera ebyomugaso eby'emirimu gyaffe nga tukola ebyandikoleddwa abalala obulungi ku muwendo ogwa wansi ennyo.

IV. Ebiseera biyita bitya

Ekipande kino kiraga kiki ky'oynza okuba ng'okozesezza ebiseera byo mu bbanga ettono.

EKYOKUKOLA	EBISEERA
Okusiba engatto	Ennaku 8
Okulinda ebitaala okukuta	Omwezi 1
Ekiseera ky'omala ewa kinyozi	Omwezi 1
Okukuba essimu	Omwezi 1
Okulinnya lifuti mu bibuga ebinene	Emyezi 3
Okusenza amannya	Emyezi 3
Okulinda baasi (mu bibuga)	Emyezi 5
Okunaaba	Emyezi 5
Okusoma ebitabo	Emyaka 2
Okulya	Emyaka 5
Okufuna ekigulira magala eddiba	Emyaka 9
Okulaba ttivvi	Emyaka 10
Okwebaka	Emyaka 20

Bw'etyo engeri ekintu kyonna gye kyegattamu – Bw'oba ogenda okuba n'obudde obukola ky'oyagala okukola, ojja kuba n'entegeka okukitegekera mu biseera byo ebitono. Singa olinda ekiseera ekituufu oyinza okulinda ebiseera byonna.

Bw'okola endagaano okusisinkana omusawo, oja olukiiko lw'ebiyobusuubuzi, oja ekintu ekyenjawulo ku kalenda yo, ng'etteeka oja ojja kugikuuma. Kola ky'ekimu ku biseera by'oyagala okuterekera ebyo by'oyagala okutuukiriza. Buli lunaku biteerewo ebiseera era fuba obinywerereko nga bw'osobola.

Okugeza, bw'ossa ebbali essaawa emu buli lunaku lw'okukola, osobola okufunayo essaawa 260 omwaka oja ekyenkanankana n'ennaku 32 ezookukola enzijuvi. Osobola okukoleramu ekyamaanyi mu kiseera ng'ekyo. Oyinza okukola bino:

- Okukwata ejjuzu nnyingi eza Kulaane
- Okweyigiriza obukodyo bw'okusoma ng'oyanguya.
- Okufunayo obukugu obwenjawulo.
- Okuba n'olugya olusinga okulabika obulungi ku miriraano.
- Okuyigayo olulimi olugwira.
- Okuwandiika ekitabo.
- Okusomayo diploma oja
- Okwekolerayo sente endala.

Naye engeri ebiseera gye biddukamu - nga bitwalibwa n'obuntu obutono nga 1000, ate nga n'obusinga ku bwo tebutwongera ku buwangazi bwaffe oja okutuuka ku biruubirwa ng'abantu - ky'olina okukola kwe kubiteekateeka ate ne weesiba ku ngeri gy'obiteeseteese. Ate si kyangu. Okwejjusa ebiseera ebyonooneeddwa kisobola okukuviiramu amaanyi g'ebirungi mu biseera by'osigazza. Era ekiseera ekifikkawo kimala – singa tukomya okudiibuuda n'okwejjusa okutagasa.

V. Agamu Ku Makubo Gooyinza Okukozesa Okufissa Ebiseera

Goberera ebirowoozo bino okumala ennaku ntono: ojja kuganyulwa mu ebinaavaamu.

1. Tegeka olunaku lwo buli kumakya ng'owandiika ebyokulukoleramu era olabe nga bikoleddwa.
2. Tokyaliranga mukwano gwo nga tomutegeezessa oja okumukubira essimu.
3. Bulijjo beeranga n'ekkalaamu n'olupapula oja akatabo akatono mu nsawo yo osobole okuwandiika entegeka zo oja ebirowoozo byo mu biseera eby'enfissi.
4. Tegeka ebiseera by'okuwummuliramu era ng'obikwanaganya n'ebiseera by'okusaala.
5. Ekiseera eky'enfissi kikozese ng'osoma, okwata (okugeza Kulaane) oja ng'okoleramu ebyomugaso.

6. Bw'olagaana n'omuntu kakasa nti mwembi mutegeera ekiseera ekiragaane ekituufu
7. Ebiseera bikwataganye n'enngendo zo, ng'ossaawo n'ebiseera bya ebigwa tebiraze osobole okutuukira mu kiseera ekiragaane.
8. Bw'oba otandika omulimu beera na buli kumu, ka kube kufumba, kuwandiika ku kintu, oba okutegeka by'ogenda okwogera.
9. Abantu abatalina birowoozo n'abakodo beewale okukubba ebiseera byo.
10. Totambula kugenda wantu singa osobola okufunayo kyoyagala ng'oyita mu bbaluwa oba okukuba essimu.
11. Bw'oba oyita ku ssundiro ly'amafuta, emmotoka yo gjijuze. Weewale olugendo olutongole nga lwa mafuta, era mu buli ngeri toggweebwangako mafuta, ojja kulabika ng'atalina magezi!
12. Beera ne sente envungise ebiseera byonna ng'oli mu bifo awasimbwa ebidduka oba w'okubira essimu ezookusasulira.
13. Bw'oba olina by'oyagala okugula biwandiike era otegeke bulungi by'ogenda okukola oleme kudda mu njendo wabula tambula enyendo ennyimpi-mpi.

Waliwo n'ebirala ebiyamba okukuma ebiseera by'oyinza okuwandiika. Malayo olukalala luno osobole okukozaesa ebimu ku birowoozo bino. Tetusaana kwewala kusanyuka na kuwummula naye tulwanyisa kwonoona biseera. Okwetaba mu byamasanyu kitegeeza kwezza buggyga. Akamu ku bubenje obuli mu ngeri gye tuwangaalamu mu mulembe guno kwe kuba nga tuleka emibiri gyaffe okwawukana ennyo n'emyoyo gyaffe ne kituleetera okubuuusabuusa oba ebintu bino ebibiri bisobola okuddamu okubeera awamu ku nsi kuno. Kiba kitya singa tusobola okuleka emyoyo gyaffe okukwatagana n'emibiri gyaffe. Waayo ebiseera okusaala (okusaba), okufumiitiriza n'okuzimba enzikiriza.

VI. Bye tulina Okujjukira ku Biseera

A. Twala ekiseera


Twala ekiseera ng'olowooza kubanga y'ensibuko y'amaanyi.
Twala ekiseera ng'ozannya kubanga ly'etterekero ly'obuvubuka obutakoma.
Twala ekiseera ng'osoma kubanga gwe musingi gw'amagezi.
Twala ekiseera ng'osaala (osaba) kubanga ge maanyi.
Twala ekiseera okwagala n'okwagalwa kubanga obukkiriza butegeeza kwagala na kukyawa.
Twala ekiseera okuba ng'oyagalika kubanga y'ensibuko y'essanyu.
Twala ekiseera ng'oseka kuba kwe kusinga okusangula ennaku.
Twala ekiseera ng'owaayo kuba obulamu bumpi nnyo tebusaana bukodo.
Twala ekiseera ng'okola kubanga gwe muwendo gw'obuwanguzi, naye Totwalanga biseera kwonoona (kudiibuuda).
Jjukira nti Omubaka (S.A.W) yagamba nti:

«مَنْ اسْتَوَىٰ يَوْمَهُ فَهُوَ مَذْبُونٌ»

“Oyo ennaku ze ebbiri ezenkana, ddala abeera afiiriddwa.”

B. Ebiseera ebigabanyiziddwa Obulungi

Ekintu ky'obulamu bwaffe tukimala na mikwano gyaffe bw'oba nabo kiki kye muba munyumya? Jjukira endowooza ey'amagezi eno:"



Ebirowoozo ebinene binyumya ku ndowooza.
Ebirowoozo ebyabulijjo binyumya ku bigwawo.
Ebirowoozo ebitono binyumya ku bantu.
Ebirowoozo ebitono ennyo byenyumyako.

VII. Ekyokuyigirako, eddakiika emalawo kyenkana ki?

Ekintu ekikulu: Obukulu bw'Ekiseera

Tutera okwogera ku bulungi bw'ebiseera, omugaso gwa byo so nga tetutera kubala biseera mu lukiiko oba mu lusirika. Singa tufuna omuwendo gwa ddoola buli ddakiika, tujja kukizuula nti buli ddakiika gye twoonoona tufiirwa sente ezo. Kano nno kazito ak'obuvunaanyizibwa akanene ennyo eri abategesi. Buli kintu okitegekera eddakiika ya kyo mu kyenkanyi (nga bwe kisaanira). Ka tutwale ekyokukola "Omusomo gw'okusiramula endowooza n'encola mu ssaayansi ne tekinologiya" eyali ku kitebe kya IIIT ekikulu mu Washington D.C. mu mwaka 1987.

Embeera: Embalirira y'omusomo:

- a. Abasomi 30 ab'ebweru abaali mu musomo.

Tikiti z'ennyonyi z'abasomi: 30 X \$ 200 buli musomi	\$ 6,000
Okusula: 30 X 40 X ebiro 2	2,400
Okulya: 30 X \$ 8 X emirundi 5	1,200
Abantu 15 X \$ 8 buli kijjulo X 3	360
Entambula (emmotoka 2 X \$ 60 X ennaku 2	240
Abawandiisi:	1,000
Essimu:	400
Eby'okukoza mu kuwandiika n'okwokyamu	1,200
Ebitaala	1,000
Akasiimo k'abantu 6 X \$ 200=	<u>1,200</u>
Omugatte	<u>\$15,000</u>

- b. Okubala ekiseera ekikozeseddwa okusomesa:

$$\text{Ebitundu } 10 \times \text{essaawa } 1 \text{ n'ekitundu} \\ (\text{ku Lwokutaano } 3 + \text{Olwomukaaga } 5 + \text{Ssande } 2) = \text{essaawa } 15.$$

- a. Okubala ensaasaanya ya buli lutuula:

$$= (\$ 15,000 \text{ buli saawa } 15) \quad \$1,000 \text{ buli ssaawa.}$$

- d. Okubala ensaasaanya ya buli ddakiika



$$= (\$ 1,000 / \text{ddakiika } 60) \quad \$17/\text{buli ddakiika.}$$

Eno nsaasaanya yokka nga tekuli nsako ya basomi na bategesi okumala essaawa 48 ze baasaasaanya ng'ogasseeko n'ebiseera byabwe eby'okutambula. Bwe tugattako ensako yaabwe ku'bantu 45×100 olunaku $1 \times$ ennaku $2 = \$ 9,000$ ensaasaanya ya buli ssaawa mu lutuula yenkana $= (\$ 15,000 + 9,000)$ buli ssaawa 15. $\$ 1,600$.

Ensaasaanya ya buli ddakiika $= (1,600 / \text{ddakiika } 60)$. $\$ 27$.

Kye Tuyigamu: Ensaasaanya Ennungi mu Nkiiko


Singa tuyiga okubala ensaasaanya ya buli ddakiika mu bye tukola byonna, tujja kulaba engeri Ummah gy'efiirwamu ebyobugagga bwayo singa ebiseera ebituweebwa mu nkiiko, mu nsirika oba mu misomo tetubikozesa bulungi. Okukunngaanya abantu si kyangu. Mu mazima tuvunaanibwa ewa Allah okukikozesa obulungi.



BULIJJO GEZAAKO NNYO

Tusobola bulijjo okwongera ku bye tukola ebitundu 10 - 15% nga twongeramu amaanyi agasinga ku ga bulijjo. Bw'oba wategese okusomayo ku miko gy'empapula kola nnyo okutuusa essaawa gy'omanyi, longoosayo ekifo, oba kuba ku masimu, awo osobola okubaako kye weeyongerako okukola. Kino kyongera ku bikolebwa era kiyamba okufuna ebirala. Olw'okuba nti ebyokukola bulijjo bingi okusinga ebiseera ebiriwo, enkola eno esobola okutufuula abakozi ennyo ate aboomugaso.

TOLINDIRIZA MULIMU GWA LEERO KUGUKOLA NKYA





Singa oyongezayongezaayo ebyokukola, ekivaamu byetuumma. Tomanyi kinaabaawo nkya. Kirungi nnyo okutandika olunaku nga tolina mirimu gyasigaddewo jjo. Enkola ennungi kwe kuklerawo omulimu singa guba gwa ddakiika ttaano oba ezitatuukawo. Bwe kiba kisussa mu ddakiika ettaano, zikozese okusinziira ku ky'osinga okwagala. Etteeka lino ery'omuwendo liyinza okukufuula omuwanguzi mu bulamu. Teeberezaamu nti osobola okukola emirimu kkumineebiri mu ssaawa emu. Ku lulwo osobola ekyo ekyenkana n'ebitongole ebigundiivu. Singa wabaayo abalinga ggwe nga kkumi bokka mu kibiina, mwenna awamu kye musobola okukola kiba eyo mu bire. Ate waggulu w'ekyo, Allah aba ajja kussa emikisa egitakoma mu by'okola ku lulwe!

Abafuga Ebiseera Ebibiri!

Etteeka lya Pareto (erimanyiidwa era ng'etteeka erya 80/20)


EKIROWOOZO: Ebintu ebikulu mu kibinja kyonna bikola ekitundu kitono ku mugatte gw'ebintu byonna ebigenda mu maaso mu kibinja.



bikulu

OKUKISSA MU NKOLA: Wandiika wansi ebintu byonna by'ateekeddwa okukolako. Labako 20% ku bintu ebyo ebirabika okuvaamu 80% ku bisuubirwa okuva mu bintu ebyo byonna awamu. Ebyo by'oba osooka okukolako.

Etteeka lya Parkinson



EKIROWOOZO: Omulimu gugaziwa okujuza ekiseera ekiriwo okusobola okugumaliriza.

OKUKISSA MU NKOLA: Teekawo ekiseera eky'okumaliririzaamu buli mulimu era onywelerere ku kiseera ekyo.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Lwaki ebiseera bya leero bya mugaso okusinga eby'enkyा?
2. Abawanguzi baawukana batya mu nkozesza y'ebiseera byabwe kw'abo abalemerwa?
3. Ekiseera ky'okufuniramu ensimbi okibala otya? Waayo ekyokulabirako.
4. Lwaki enteekateeka y'ebiseera eteekeddwa okukolebwa olw'okukozesa ebiseera obulungi?
5. Bintu ki ebisatu ebisinga okulabika ng'ebyononyi by'ebiseera?
6. Ebiseera byo obikuumma otya obutagwa mu bisatu ebyo?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NG'OMUKULU W'ABAKOZI ABENKALAKKALIRA OW'EKI-BIINA KYO EKITONOTONO, EBISEERA BY'OLINA BIMALA BUMAZI OKUKOLERAMU BYONNA BY'OTEKEEDDWA OKUKOLA. ABANTU BAKUKUBIRA AMASIMU BULI KASEERA. ABAGENYI BAKUKYALIRA KU WOOFIISI YO. OMUYAMBI WO ALINA EBIBUUZO BINGI BY'ABUUZA. AMABALUWA GAJJA MU BUNGI. ATE KATI OLUKIJKO OLUFUZI LWAGALA OTANDIKE KU KATABO AKA-LALA AK'AMAWULIRE.

1. *Kola ekipande mw'ogenda okuwa-ndiika engeri gy'ogenda okukoze-saamu ebiseera okusinziira ku muwendo gwabyo n'omutindo gwabyo.*
2. *Wandiika wansi pulaane gy'onaayitamu okukekkereza ebiseera ebimala ku lukalala oluli waggulu okusobola okufulumya akatabo.*
3. *Wandikira omuyambi wo akapapula ng'omubuulira engeri gy'ayinza okukukuumira ebiseera.*

Ekitone ky'Okuwuliriza

-
- I. Okuwuliriza kye kiki?
 - II. Okuyiga Okuwuliriza
 - III. Okukakasa Obubaka
 - IV. Okuwuliriza n'endabika yo.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO:

Woonoomalirako essuula eno ojja kusobola okukola bino:


- Okulaba ebintu ebifuula okuwuliriza okulungi.
- Okwogera eri abantu ng'otadde ebyetaago by'okuwuliriza kwabwe mu birowoozo byo.
- Okuwuliriza abalala ng'osuubira ebivaamu okuba ebirungi.
- Okuyamba abalala okusobola okwogera ne bategeera bulungi.

I. Okuwuliriza kye kiki?

Okuwuliriza kubaawo singa obubaka obulimu amawulire amapya buva ku muntu ne butuuka kw'oyo abufuna mu mbeera ensirifu ate nga wasuubirwawo ekiddibwamu.

Obubaka ky'ekintu ekyogeddwa ate amawulire ky'ekyo kyonna ekikendeeza okubuuusabuusa mu bubaka. Omuntu ayinza okubuuza: "Amawulire agali mu bubaka buno genkana ki?

Ensibuko y'obubaka ye muntu abusindika ate atuukibwako obubaka y'oyo abufuna. Embeera bwe bukwakkulizo okuwuliriza mwe kuyita. Okuwoggana ky'ekintu kyonna ekiziyiza okuwulira ebigambo ebiri wakati w'oyo abyogera n'oyo abifuna. Ekyoddamu y'engeri afuna amawulire gya ayanukulamu obubaka bw'oyo ayogera nga bw'aba ategedde. Ebintu bino byonna mu mbeera y'okuwuliriza biragiddwa wammanga.



Okuwuliriza kuli nga oluguudo olutambuza ebidduka ebigenda n'ebikomawo. Omwogezi ateekeeddwa okugoberera amateeka amakulu ag'okutegeera okusobola okuyamba abawuliriza okutegeera by'agamba. Jjukira nti ekiseera kyonna wayinza okubeerawo abantu abasukka ku omu abawuliriza omwogezi omu. Obubaka buli omu bw'afuna buyinza okuba oba obutaba bwe bumu okuggyako nga bona abali mu mbeera eyo baba bagoberedde emisingi egifuga empuliziganya ennungi.

Nga aboogezi, okusobola okuyamba abatuwuliriza okutegeera, tulina okussa omwoyo ku ngeri gye tulondamu ebigambo bye tugenda okukozesa ne bye tugenda okwogera mu bujjuvu. Tulina okulonda abawuliriza abatuufu n'ekiseera n'engeri y'okwogeramu (biseera byamirimu oba byakuwummula), lukiiko olutegekeddwa oba kusisinkana kwakimpatiira. N'ekifo kyennyini – kifo kyamirimu, kisenge omuteesebwa, kifo kyalukale – kiyinza okuyamba oba okugaana empuliziganya okugenda obulungi. N'ekisembayo, tuteekeddwa okusalawo oba kyetaagisa okulondoola ebyogeddwa mu bigambo oba mu bwandiike.

Ku ludda olulala, ng'abawuliriza tuteekeddwa:

- obutaba na kyekubiira ku mwogezi by'agenda okwogera.
- obutakkiriza birowoozo kuwugulwa n'engeri gye tutwalamu eby'omwogezi.
- okussa ebirowoozo ku ngeri omwogezi gy'akozesaamu omubiri gwe.
- okulwanyisa ebirowoozo ku bubaka obuweebwa.
- okubeera abeeteefutefu okuwuliriza mu ngeri yonna.

Bwe tuba tetuyinza kutegeera bubaka, tuyinza okusaba omwogezi okutuddiramu, okutangaaza oba okunnyonnyola omulamwa. Ekiseera ekisingako obulungi oba ekifo ekirala nakyo kiyinza okuyamba.

II. Okuyiga Okuwuliriza

Si ffenna nti tulina ekitone ky'okusobola okuwuliriza obulungi, naye ffenna tusobola okukola ennyo ku busobozi bw'okuwuliriza bwe tugezaako okuteekamu amaanyi mu kuwuliriza. Okubeera abawuliriza abalungi, tuteekeddwa okwetendeka:

- a. Okussaayo omwoyo nga tuwuliriza
- b. Obutakkiriza birowoozo byaffe kutambula
- c. Okumalira ebirowoozo ku byogerwa
- d. Okulwanyisa byonna ebiwugula
- e. Ebirowoozo byaffe okubiggula
- f. Okutuula mu maaso n'okubaako bye tuwandiika


Tulina okulwanyisa okwematira kwaffe n'obutallowooza ku kye twagala okwogera ng'omwogezi tannamaliriza. Tulina okuwuliriza ebirowoozo ne tulamula obubaka obubirimu nga tusinziira ku kinyusi ekibulimu, sso si ngeri gye bwogerwamu. Tuteekwa okubeera n'obugumiikiriza ng'omuntu ayogera ne tusiba ekyo ekitupika muli okukutula mu by'ayogera. Tuteekwa okunoonya kye twagala era ne tujjumbira wamu n'okuteeka omwoyo ku muntu omulala by'ayogera. Tulina okwemanyiiza mu ngeri ennjenderere ebyo byonna ebiri mu kuwuliriza okulungi.

III. Okwetegereza obutuufu bw'obubaka

Kigasa bulijjo okuddamu ayogera n'okumuddiza amawulire ku kye tuba tutegedde ng'abawuliriza. Tuyinza okubuuza ebibuuzo okweyongera okute-geera ebigambo omwogezi by'atubuulira oba okumuyamba okukwataganya ensonga enzibu. Tuyinza okuddamu ebigambo by'ayogedde okukakasa oba ebyo bye yabadde ateggeeza. Tuyinza okukozaesa ebikolwa ne bwe tuwulira muli okulaga omwogezi obwangu ova obuzibu mu kumutegeera by'agamba.

Tuyinza okubuuza ebibuuzo ebisumulula (ddi, kiki, wwa, ani, n'ebibifaa-nana) okugezaako okufuna ebisingako. Tuyinza okukozaesa ebibuuzo ebirala ebisima okusobola okutaganjula ensonga ova okuyamba omwogezi okukwataganya ensonga enzibu.

IV. Okuwuliriza n'entuula n'embeera y'omubiri



Awali ebyokukolako

OLINA KY'OTATEGEDDE?

Waliwo omusajja erinnya lye nga ye yali Mwami Yowana Ndogoyi. Mukyala we erinnya eryo lyamuyisanga bubi era ng'abeera amwegayirira alikyuse. Kino omukyala yakikolera emyaka, naye bba n'agaana. Lumu, omusajja yamutegheeza nga bwe yali asazeewo okukyusa erinnya. Kino kyasanyusa nnyo omukyala era ekiro yasula ajaganya. Kumakya yabuuza bba mu ssanyu eringi nti: "Kati erinnya lyo eppya ggwe ani?" Omusajja yamuddamu nti "Dawudi Ndogoyi!"

Ojja kwewuunya omuwendo gw'abantu ababaako bye batatutegeeramu mu bintu bye tukola. Twetaaga okunnyonnyola kungi abantu be tukolagana nabo okusobola okutangira kino! Lumu owooluganda omu yajja n'apnjamba nti: "Ogamba nti ssente z'ekibiina ziteekwa okukuumibwa kubanga am'waalu al Muslimiina ssente za Basiraamu. Ono, awatali kubuusabuusa teyakitegeera!

OKUDDIRIZAAMU KWETAAGISA

Omuyizi mu bantu b'omu kitundu yanjjamba bw'ati: "Simanyi kirowoozes a bantu abangi nti mpitira waggulu. Nze ndi tuyizi waabulijjo." Ensonga yava ku kuba nga bakadde be baagambanga abantu nti yali tuyizi ayitira waggulu! Balimba? Nedda! Kiri nti bwe batyo bwe balowooza mutabani waabwe okubeera omuyizi omugezi ennyo.

Bw'owuliriza abantu, oteekwa okussaawo akaddiriza. Kano kayinza okubeera nga kasukka 1.0 oba nga tekatuuka ku 1.0. Bw'owulira omuntu omulundi gwo ogusooka ng'agamba nti: Mutabani wange mukalabakalaba, ennyumba yange nnyonjo, nti gundi mugagga nnyo, abantu abazze mu lukuppaana tebaaweze, pulojekiti nnene, n'ebirala, jjukira nti ebigambo bwe bityo biyinza okutegeeza gy'oli ekyennyume ddala eky'ekyo ky'otegeera. Weegendereze oleme kupapa kufuna ndowooza ku muntu nga tonnasalawo ku kuddiriza kw'oteekwa okukola mu muntu oyo. Buli muntu alina ky'ali gy'oli ng'omwegeraageranyizzaako. Kino kiva ku wa gye tusibuka, ebituwoomera, okumanya, gyenvudde wa buli obumanyirivu, amaka mw'ava, obukulu mu birowoozo, n'ebirala. Weetegereze emirundi ebiri bw'oba ng'okola okusalawo oba ng'olina ky'ogenda okukola. **Noonyereza, era okakase!**

Okuwuliriza kwasigamidde ku

- Ensonga ez'abantu kin noomu
- Ensonga ez'obuwangwa

NGA KUYITA MU

- Okutunuuligana
- Olulimi lw'ombiriri (olw'ebiyungo)

Okutunuuligana bwe ...

- Kubeerawo
- Ayogera aweereza obubaka obwamaanyi era (obusingira ddala) obulungi.
- Awuliriza asobola okuwuliriza obulungi.
- Tekuliiwo
- Ayogera yeewala okwolesa bw'awulira muli
- Ayogera n'amuwliriza bagoberera okulujjamya kw'Obusiraamu ku nkolagana wakati w'omusajja n'omukazi.

**Ekintu
bwe kiba
kiyinza
okutegeerwa
obubi
ebiseera
bingi
kiba
kijja
kuba
kityo!**

Okwegezaamu okw'oku-tendeka mu kuwuliriza

Okumu ku kwegezaamu okungi okuyinza okukozese bwa okwongera ku bukugu kulagiddwa wammanga

EBYETAAGISA

Olutambi oba filimu, ekyuma ekizannya olutambi oba pulojekita ezannya filimu, ekisenge eky'okulagiramu.

EKKUBO

- Ekibinja kyawulemu okusinziira ku bigenda okukolebwa, okugeza abo abakkiriziganya n'omulamwa, abo abaguwakanya, abo abalina okubaako kye bakola, abo abagenda okukinnyonyola abalala. Okubeera n'obuvunaanyizibwa obwebika ebyo kiyamba bammembba okuwuliriza n'ekigendererwa.
- Saba buli mmemba okuwuliriza ng'asinziira ku buvunaanyizibwa bwe.
- Zannya akatambi oba laga filimu.
- Ku nkomerero, saba mmemba okwogera eri abaliwo ku ky'awulidde.
- Jjuuliriza ebiba bibuzeemu, bwe bibaawo, wakati w'ebyo ebiba byogeddwa n'ebyo ebiwuliddwa. Ddamu ozanne oba olage ebitundu ebitavuddeeyo bulungi.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Okulaga ayogedde ebivuddemu kulina mugaso ki mu kuwuliziganya?
2. Lwaki “amateeka ag’okutegeera” makulu omuntu bw’aba ayogera mu bantu abangi okusinga kw’omu?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

OYITIDDWA MU LUKIKO OLUKULU OKUSISINKANA SSENTEBE N’ABALI KU LUKIKO. BAAGALA OBAWAGIRE MU KUTEEKA MU NKOLA ENKOLA EMPYA EZ’EKIBIINA KYAMMWE EKY’OBUSIRAAMU N’OKUKUNGA ABASIRAAMU OKUTEELKA MU NKOLA AMATEEKA AGO. GGWE NABO MWAGALA KUBUULIRA BANTU MU NGERI ENNUNGI OLWOKUBA NG’ENKOLA ZINO ZEETAAGA KWENDEREZA NNYO.

1. *Nnyonnyola embeera y’okuwuliriza esaanira mu mbeera eno.*
2. *Kola olukalala lw’ebizibu ebiyinza okuzuuka mu lukiiko luno owandiike wansi (mu bufunze) enteekateeka eyinza okugobererwa okuvvuunuka obuzibu buno.*
3. *Wa ebibuuzo bisatu by’oyinza okubuuza aboogezi okwagala okutangaazibwa we kwetaagisiza.*



Engeri y'Okutandikawo Akakiiko

-
- I. Akakiiko kitegeeza ki?
 - A. Emigaso n'ebizibu
 - B. Obukiiko bwa mirundi emeka?
 - II. Okutondawo akakiiko
 - A. Emirimu gy'akakiiko
 - B. Obwammemba
 - C. Obwassentebe
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO:

Woonoomalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okumanya ddi lw'olina okutondawo akakiiko ne ddi lw'otalina kukatondawo
- Okuwandiika amateeka oba emirimu akakiiko gye kalina okukola
- Okulonda abatuula ku kakiiko abatuufu
- Okutondawo akakiiko

I. Akakiiko kye kiki?

Akakiiko kayinza okunnyonnyolwa ng'akabinja k'abantu abakolera ekibiina omulimu ogwenjawulo. Obukiiko tebwebeereka. Bulabika buli wantu weebuli, ne bwe buba nga tebulondeddwaawo mu butongole, olw'ensonga nti okusalawo okwawamu n'okwebuuza byetaagisa era bitwalibwa nga byamuwendu okusinga omuntu omu oba okusalawo okw'obwannakyemalira.

Okugeza, Umar (RA) bwe yamala okukujjaanya aaya za Kulaane eyeekitiibwa okuva mu bitundu byonna eby'Obwakabaka, yalonda akakiiko kalabirire omulimu gw'okukoppa Kulaane n'okugissa mu kitabo ekimu. Sa'd ibin al Aasw yasomanga ku mwoyo nga Zayidi ibin Thabit bw'awandiika. Olw'okutya okwawukana mu njatula y'ebigambo ebimu, Umar (RA) yateekawo okulujjamya nti Oluwalabu Iw'abeekika kya Mudar lwe luba lutwalibwa mu mbeera bwe zityo.

Okutwalira awamu, obukiiko buyinza okweyambisibwa mu mbeera zino wamminga:

- a) Okusaasaanya amawulire n'okuwa amagezi
- b) Okuleeta ebirowoozo n'okugonjoola obuzibu obuliwo
- c) Okuyamba mu kukwanaganya, empuliziganya, n'okutabaganya
- d) Okuwaayo ebirowoozo ku biyinza okukolebwa n'okusalawo ku nsongezimu.

A. Emigaso n'obuzibu

Emigaso emikulu egy'emirimu gy'akakiiko

- a) Akakiiko kasobozesa okusalawo okwawamu. Abantu abakugu mu bintu ebyenjawulo, abantu okuva mu bitundu ebitali bimu, n'abantu abali mu madaala agenjawulo, bayinza okuteekewa awamu okugonjoola obuzibu obwenjawulo.
- b) Kayamba okuziba olukonko wakati w'ebitongole ebyenjawulo mu nsongezikwata ku bitongole ebisukka ku kimu mu kibiina.
- c) Kayamba okuleetawo okukolera awamu nga ttiimu nga bayita mu nkologana entongole n'eteri ntongole.

Waliwo n'obuzibu obuva ku nkola y'obukiiko:

- a) Ssente ezeetaagisa okukozeewa ku bukiiko ku bintu ng'okutambula n'okusula, ziremesa okukozeesa obukiiko ku buntu obutonotono n'emirimu egabulijjo.
- b) Mulimu okwekkiranya kungi n'obutasalawo.
- c) Mmemba ompupya oba abantu abatono bayinza okwefuga okuteesa.
- d) Kiyinza okubeera ekizibu okuvunaana ab'akakiiko (bonna ekirindi) olw'ebikolwa byabwe.

B. Emiteeko gy'obukiiko

Obukiiko bwa mirundi gyanjawulo, nga kino kisinziira ku mirimu gyabwo, emirimu egibweebwa, n'ebiseera ebimu obunene bwabwo. Obukiiko obumu bwalubeerera; obulala buba bwakukolako kiseera ne buvaawo.

**Waliowulidde
Bino ku bukiiko?**

- *Akakiiko — bantu abatayagala abalondebwa abantu abatali batuufu okukola cbintu cbitasoboka?*
- *Obukiiko bukuuma butiribirii ebiteesewa ne bwo-noona obudde obungi!*
- *Eyyamiya mbalaasi aka kiiko gyekateekawo!*

Obukiiko buyinza okutondebwawo olw'ekigendererwa ekyenjawulo ate ne busattululwa omulimu ogubutondesezzaawo bwe guggwa.

Waliwo obukiiko bwa biti bibiri obutera okukozesebwa mu bitongole ebisinga obungi:

- a) Obukiiko obwenkalakkira, obubeerawo okutuukiriza obuvunaanyizibwa obwabulijjo era nga bwetaagisa okusalawo okwawamu, sso si okw'omuntu ssekinnoomu, okugeza okuteekateeka, obwammembba, ebyensimbi, n'ebirala.
- b) Obukiiko obw'ekiseera, obubeerawo okukola ku bintu ebyenjawulo (ebiba biguddewo) mu mbeera yaabyo n'ekiseera mwe bigwira, era nga butera kukola ku nsonga ezitegeerekeka ezitali za buli lunaku okugeza okunoonyereza ku mbeera oba okutegeka omukolo.

II. Okutondawo akakiiko

A. Emirimu

Obukiiko obumu butondebwawo na buwaayiro bwa ssemateeka w'ekibiina n'amateeka agateekebwawo ekibiina. Omulimu gwabwo ogwenjawulo gunnyonnyolwa mu biwandiiko ebyo. Obukiiko obulala bulondebwawo lukiiko olufuga ekibiina. Buteekwa okuweebwa emirimu emitongole oba ekiwandiiko ekirambika obulungi bye bugenda okukola. Ekiwandiiko kino ekinnonyolya emirimu mu ngeri y'emu kiraga wwa akakiiko gye kagwa (ekitongole ekikalinako obuvunaanyizibwa) n'enkolagana yaako mu kibiina. Akakiiko konna tekanditondeddwawo ng'ekigendererwa ky'okukatondawo tekimanyiddwa bulungi.

B. Obwammembba

Ekyani atuula ku kakiiko kikwataganira ddala n'ekigendererwa ekitondesaawo akakiiko. Akakiiko, ng'omulimu gwako omukulu gukwataganana na byamawulire, kuwa magezi, oba kugonjoola bizibu, kateekeddwa okubeerako abantu abalina obukugu n'obumanyirivu obwenjawulo. Okutuukiriza obulungi emirimu kiyinza obutatwalibwa nnyo ng'ekikulu mu kulonda abatuula ku kakiiko akeetagisa okuteekawo enkwataganya ennungi ey'emirimu n'enkolagana ennungi. Okugeza, akakiiko akakwanaganya emirimu kalina okubeerako abantu okuva mu bitongole ebikwatibwako ensonga mu kibiina. Abatuula ku kakiiko balina kulondebwawo n'ekigendererwa mu mutwe akakiiko kye kalina okutuukiriza era n'obukugu buli akaliko bw'alina okuleeta okuyamba mu kutuukiriza ebigendererwa bino.

Obusobozi bw'abantu ssekinnoomu okwetaba mu mirimu gya bona nakyo kyetaagisa okussa essira ku ngeri y'okulondamu abatuula ku kakiiko.

Obunene bw'akakiiko businziira ku buvunaanyizibwa bwako. Obukiiko obunene buyinza okwetaagisa mu bintu ng'okunoonya bammembba, sso ng'obukiiko obutono

bwe businga obulungi olw'okutuuka amangu ku kukkiriziganya n'okutuukiriza emirimu gyabwo.

Okumala getebeereza, akakiiko akenkalakkira kandibadde n'abatuulako abatakka wansi wa bataano ate nga tebasukka mwenda, wadde nga wabaawo embeera eziteebeereka eziyinza okulemesa kino okukituukiriza. Ensonga egambisa abakiise abataano, kwe kuba nga kisoboka okusalawo ensonga nga bakozesa abakiise abasatu abasinga obungi, nga kino kikiikirira mu butono bwakyo okusalawo okuyinza okutwilibwa ng'okusalawo okwawamu. Omuwendo ogw'abakiise omwenda ogusembayo waggulu si gwa tteeka naye olw'okuba obukiiko obwenkalakkira obusinga obungi bwe buteekeddwa okusisinkana bulijjo nga tebuyitiddwa bukubirire, obuzibu bw'oku-teekateeka entuula ez'abantu abangi buwaliriza okutwala omuwendo ogusembayo ogutasukka nnyo awo. Kino kiba bwe kityo okuggyako ng'emirimu gy'akakiiko mikulu nnyo egyetaagisa buli mukiise obutaba na buvunaanyizibwa bulala bumutawaanya. Obukiise bw'akakiiko akoolubeerera bulina kuba nga bukiikira nga kisoboka okusinziira ku bunene bwako, ku bikwata ku bukulu bw'abakiise, embeera zaabwe, n'ebiwayi mwe bagwa.

Obukiiko obw'ekiseera bungi bubaako abakiise basatu; obumu bubaako babiri; naye ng'abakiise abataano be basinga obulungi. Kikulu nnyo abakiise ku kakiiko ak'ekiseera okuba nga bakwataganira bulungi era nga balina obusobozi obumala okusinziira ku mirimu gy'ekitongole egiba giweereddwa akakiiko. Tebeetaaga kubeera nga bakiikirira ekitongole mu ngeri endala yonna era si kikulu ono aba alondeddwa okukola nga ssentebe.

C. Obwassenteb

Ekisumuluzo ky'akakiiko akalungi ye ssentebe omulungi. Wadde ng'akakiiko kalina abakatuulako abalina obusobozi obwenjawulo nga n'ebigendererwa byako bitegeerekeka bulungi, obusobozi bwa ssentebe waako okukulembera n'okuteekateeka emirimu gy'akakiiko kikulu nnyo okusobozesa akakiiko okukola emirimu gyako. Okusobola okukola emirimu gye obulungi, ssentebe alina okukkiriza obuvunaanyizibwa ate nga mu kiseera ky'ekimu akubiriza abalala okubaako ne kye bakola. Ateekeddwa okuba ng'amanyi bulungi nnyo ebigererwa by'ekibiina n'ebintu akakiiko ke bye kalina okukola okusobola okutuukiriza ebigererwa ebyo.

Ssenteb, naddala ow'akakiiko ak'enkalakkira, alina okubeera n'obusobozi obwenjawulo obunoonya okukwataganira awamu ne bammemba wamu n'okubagabanyiza emirimu buli kiseera. Tateekeddwa kubeera muntu alemera ku nsonga, ku bikwata ku buvunaanyizibwa bw'akiiko, oba omuntu omupya mu kitongole atategeera nkola na nnono zaakyo ebitali bitongole (eby'omunda). Ssenteb omulungi akuuma embeera ey'abatuula ku kakiiko, ey'obutabenkevu n'okukwataganira n'olukiiko olufuzi, era abeera mulambulukufu mu ngeri gy'awuliziganya nabo.

OGWO MULIMU GW'ANI?

Eno mboozi ekwata ku bantu bana abayitibwa,
Buli omu, Omu ku bo,
Omu yenna, Teri n'omu.

Waaliwo omulimu omukulu ogwalina okukolebwa, buli omu n'asabibwa okugukola.


Buli omu yali akakasa nti
Omu ku bo yali ajja kugukola.

Omu yenna yandibadde agukola naye Teri n'omu yagukola.

Omu ku bo ekyo kyamunyiiza, kubanga ogwo gwali mulimu gwa Buli omu.

Buli omu yallowooza nti
Omu yenna yali asobola okugukola naye Teri n'omu yakirowooza nti
Buli omu yali tajja kugukola.

Gye bakomekkereza nga
Buli omu anenya Omu ku bo sso nga Teri n'omu yakola Omu yenna kye yandikoze.



OGWO

GWALI

MULIMU

GW'ANI?

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Ddi LW'OTATEEKEDWA kutondawo kakiiko, ne bw'oba nga weetaaga okusalawo okwawamu?
 2. Akakiiko ak'ekiseera kaawukanira wa n'akakiiko akoolubeerera?
 3. Lwaki akakiiko ak'abantu abataano kakola bulungi okusinga ak'abantu abasatu oba omusanvu?
 4. Kakiiko ki omulimu gwa ssentebe mwe guli omukulu ennyo – ak'ekiseera oba akoolubeerera? Lwaki?
-

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

KISEERA KYA KULONDA LUKII-KO LUFUZI MU KIBINA. OKUSINZII-RA KU SSEMATEEKA W'EKIBIINA WATEEKWA OKUBEERAWO AKAKII-KO AKASUNSULA, NAYE ERA WEE-TAAGA OKULONDOWO AKAKIIKO AKALALA AK'OKUKOLA KU KUKUNGA BAMMEMBA B'EKIBIINA OKWETABA MU BY'OKULONDA.

1. *Wandiika wansi emirimu gy'obukiiko bwombi; laga ekika, omuwendendo gw'abakiise, emirimu, obwasentebe, n'ekiseera.*
2. *Wandiika enteekateeka ey'enkola-gana wakati w'obukiiko obubiri.*



Engeri y'Okukubirizaamu Entuula z'Akakiiko

-
- I. Emirimu gyा ssentebe
 - A. Okukola enteekateeka z'emirimu gy'akakiiko
 - B. Okukubiriza Enkiiko z'akakiiko
 - C. Okukuuma ebiwandiiko n'amawulire
 - D. Okulaba nga bammemba bakola emirimu gyabwe
 - E. Okupima n'okuwaayo ebivudde mu mirimu gy'akakiiko.
 - II. Ebizibu
 - III. By'okeberako okumanya enkola ya Ssentebé.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

Woonomalirako essuula eno ojja kuba osobola:

- Okumanya ebitundutundu eby'emirimu gyा ssentebe w'akakiiko.
- Okukulembera akakiiko okukafuula akakozi
- Okuyamba akakiiko okutuukiriza emirimu gyako.

Omulimu ogw'okukubiriza akakiiko gwa kuteeka bukulembeze mu nkola. Ekisumu-luzo ekiyamba obwassentebe okutuukiriza ebigendererwa by'akakiiko, ye ssentebe okuba ng'asobola okukulembera, okuzzaamu ab'akakiiko amaanyi, okusigira abalala n'okuwuliziganya n'abatuula ku kakiiko. Akakiiko, ng'ekitundu ku kibiina, kaneneko okusinga ku ntuula zaako, wadde ng'entuula z'akakiiko z'ezisinga okulabika ng'akakiiko kakola emirimu gyako. Akakiiko kakola nga kayita mu ngeri endala ez'okukola n'abalala entongole n'ezitali ntongole, okugeza okuwandiika alipoota ku bituuki-

ddwako, okwogera ku bye bavumbudde, okupima emirimu egigenda mu maaso, okulondoola enkola, okukola emikolo, n'ebirala. Naye, waggulu w'ebyo byonna, aka-kiiko kabinja okubeerawo kwako ng'akabinja okulina okukuumibwa ebiseera byonna okuyita mu mayengo agabaawo n'enjawukana. Ssentebbe ateekeddwa okukulembera akakiiko mu mbeera ezisinga ne ku ntuula zaako.

I. Emirimu gyा Ssentebbe

Bassentebe b'obukiiko balina okutwala emirimu gyabwe ng'ekikulu kubanga ekifo kyabwe bwesigwa obuba bubaweeddwa ekibiina n'abakulembeze baakyo. Tebateekeddwa kwefuga mirimu gyा kakiiko gyonna. Okwo kuba kwekuba ndobo, okuva ekigendererwa ky'akakiiko bwe kiri okuganyulwa mu busobozi bwa bammemba. Ssentebbe omulungi alina okukulembera ate mu kisera ky'ekimu n'abeera omuwuliriza omulungi.

Emirimu gyा Ssentebbe giyinza okuteekululwamu bwe gitit:

1. Okutegeka emirimu gy'akakiiko,
2. Okukubiriza entuula zaako,
3. Okukuuma ebiteesewba n'ebiwandiiko, (okuggyako ng'omulimu guno guweereddwa omuwandiisi atuula ku kakiiko),
4. Okulaba nga bammemba bakola emirimu gyabwe,
5. Okusunsula ebiba bivudde mu mirimu gy'akakiiko.

A. Okutegeka Emirimu gy'Akakiiko

Obuvunaanyizibwa obwa ssentebbe obusooka kwe kutegeera emirimu gy'akakiiko. Ng'asinziira ku ngeri gy'aba ategeddemu, ateekwa okuteekawo entegeka n'ekkubo ery'ekiseera eriyinza okubeeramu bino wammanga:

1. Entegeka y'entuula z'enkiiko etandikirwako,
2. Emirimu gyा buli mukiise,
3. Okukola okunoonyereza okuyamba abakozi,
4. Okukwanaganya emirimu n'abakiise abalala,
5. Okuya embalirira, oba
6. Emirimu emirala okuva mu balina obuyinza obw'okuntikko,
7. Okussaawo ebiseera eby'okutuukiririzaamu emirimu egyenjawulo,
8. Ebirala ebiyambako ku mirimu n'enkolagana n'abantu abeebwera.

Mu butuufu, akakiiko kabiina akatono akali mu kibiina ekinene. Ssentebbe ateekeddwa okuggyayo obukugu bwe bwonna mu bukulembeze n'enzirukanya y'emirimu okulaba ng'akakiiko katuukiriza emirimu egyakakwasibwa.

B. Okukubiriza Entuula z'Akakiiko

Olutuula olulungi olw'akakiiko luva ku nteekateeka ezimbiddwa ku biba birina okukolebwa. Luba lwesigamiziddwa ku kutegeka eby'okuteesebwako ebirimu omulamwa, ng'embeera zonna ezeetaagisa okukola okusalawo okulungi zikoleddwako, ebiteesebwako n'ebiwandiiko ebiyambako mu kuteesa ng'ennaku z'olukiiko tezinntuuka. Ekisingako ze entuula zonna ezigenda okubeerawo mu mwaka okusalibwawo mu ltuula olusooka. Abakiise bonna bayinza obutasobola kijja mu ntuula zonna, naye omukiise bw'abulawo mu ltuula olumu oba ebbiri kiteekeddwa okukwatibwa n'amaanyi mu buyinza obuweebwa ssentebe n'engeri gye bukugirwamu. (okwogera ku ngeri y'okukubirizaamu olukiiko kuli mu kitundu kirala mu kitabo kino).

C. Okukuuma Ebiwandiiko n'Amawulire

Ebiwandiiko eby'ebantu byonna ebyayita, ebiteeso eby'enkiiko ez'emabega, ebiwandiiko ebikwata ku bukiiko obufaanagana na kano, byetaagisa okusobozesa okusalawo okulungi. Okwo gattako nti akakiiko kayinza okwetaaga okuteekawo ekkuumiro ery'ebiggyibwamu amawulire okutereka n'okukozesa amawulire agawkata ku bannakibiina n'abantu abaabulijo abakwatibwako emirimu gy'akakiiko. Okutwalira awamu, ssentebe alina okusigira mmemba w'akakiiko aba yalondebwa ng'omuwandiisi omulimu gw'okukuuma ebiwandiiko. Wabula okukubiriza bannakibiina okussa mu nkola amawulire gonna agaliwo olw'okutwala mu maaso ebigendererwa by'akakiiko, ogwo mulimu gwa ssentebe.

D. Okulaba Nga Bammemba B'akakiiko Bakola Emirimu Gyabwe

Bammemba b'akakiiko bakolera wamu ng'ekitole bwe basisinkana okusalawo ku nteekateeka n'eby'okukolako. Olulala, buli mmemba alina okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwe. Mu ngeri zombi, ssentebe ateekeedwa okuyamba bammemba okufuna ebibayamba n'okutwalira awamu okubayamba okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe. Kino kiba kyetaagisa obusobozi obw'okukulemnbera, okuzzaamu amaanyi, okusigira, n'okuteekawo empuliziganya ne bammemba. Era kyetaagisa obukugu mu kutegeera ebintu ebiba bibula mu kukola n'okulongoosa awaba wakyamye. Ssentebateekeddwa okubeera ekyokulabirako ng'ayita mu kukola emirimu gye mu bwngu n'obujjumbize.

E. Okusunsula n'Okutegeeza Be Kikwatako Akakiiko Bye Kaba Kakoze (Okuwaayo Alipoota)

Obukiiko buteekeddwa okulaga kye bukoze, ky'ekimu kubadde kuteekateeka mukolo, oba kugonjoola kizibu, oba kulaga ngeri ekintu gye kigenda okukolebwamu. Mu ngeri yonna, Ssentebateekeddwa okukakasa nti ebivaamu bisunsulwa bulungi okusobola okukuuma omutindo awamu n'okumanya ebiva mu bantu. Ebiseera n'eby'okukozesa birina okuteekewa wabbali olw'omulimu gw'okusunsula guno nga kino kitundu ku nkola ey'okuteekateeka eyogeddwako waggulu. Mu butuufu, enkola ya ssentebe n'abakiise nayo erina okupimibwa; kino kiyambe mu kulongoosa enkola y'emirimu gyabwe ey'omu maaso.

Emirundi egisinga, akakiiko bye kaba kakoze, biteekeddwa okutegeeezibwa abakulu waggulu oba olukiiko olufuzi olw'ekibiina. Ssentebi ateekeddwa okukulira omulimu gw'okutegeka ebinaayanjulwa era n'okukakasa nti ddala bituukana n'endaba era ne bammemba bye baba bakoze. Ebyanjulwa biteekeddwa okutuukiriza ekigendererwa kyabyo eky'okumanya mu ngeri enneeyolefu oba ebigendererwa by'akakiiko byatuukirizibwa n'okuwa ebirowoozo ku kiki ekirina okwongera okukolebwa bwe biba tebyatuukirizibwa. Okuwaayo alipoota ku biki akakiiko bye kakoze buvunaanyizibwa bukulu nnyo obwa ssentebi.

II. Okukugira

Ssentebi w'akakiiko alina okufuna okutangaazibwa ku kakiiko bye kalina okukolako, we kakoma, n'okukugira obuyinza bwe mu kuddukanya akakiiko. Okutwalira awamu, ssentebi tasobola kukola bino wammanga:

- Okulonda mmemba omupya nga tafunye kukkirizibwa kutuufu.
- Okuggyga mmemba ku kakiiko nga tamaze kwebuuza ku lukiiko olufuzi.
- Okuteeka ekibiina mu bintu ebinene eby'ekiseera ekiwanvu, ebyensimbi oba ebitali bya nsimbi, oba
- Okukyusa enkola, emitendera, n'amateeka eby'ekibiina.

III. Ebirabirwako oba ssentebi w'akakiiko mukozi

Bassentebe b'obukiiko basobola okukozesa olukalala luno okusalawo/okupima engeri gye bakakkalabyamu emirimu gyabwe. Weebuuze

OKOLA	YEE	NEDDA
1. Owuliziganya bulungi ne bammemba?	[]	[]
2. Owuliriza ebirowoozo byabwe nga toliiko kyekubiira?	[]	[]
3. Bakuteekako omwoyo era obasikiriza?	[]	[]
4. Ofuga akakiiko nga tokabuutikidde?	[]	[]
5. Omanyi era oteeka mu nkola amateeka okutambulizibwa enkola ya palamenti?	[]	[]
6. Okulemberamu mu nsonga z'akakiiko?	[]	[]
7. Otegeera enkolagana ey'abantu?	[]	[]
8. Omanyi omulamwa gw'akakiiko?	[]	[]
9. Olowooza era okola kusinziira ku bigendererwa by'akakiiko?	[]	[]
10. Oteekawo embeera entuufu ey'okukoleramu n'emirimu?	[]	[]
11. Otegeera bulungi obuvunaanyizibwa bw'abakozi abayambo-ko?	[]	[]

Weewe akabonero kamu ku buli YEE ate Zeero ku buli NEDDA. Bw'ofuna obubonero wakati wa 10-11 ekyo kisuffu, obubonero 8-9 ekyo kirungi, 7-8 kikkirizibwa. Okufuna 6 n'okukka wansi ekyo tekikkirizibwa ssentebi w'akakiiko. Ssa

amaanyi ku kugezaako okulongoosa ebifo omuli obunafu oddemu okukola ku lukalala nga wayise emyezi esatu okulaba w'oyimiridde.



- YEEBUUZA nga tannakola kintu
- ALWAWOOKO okusalawo (yeetegereza nga tannasalawo).
- ASSA mu nkola mu kiseera ekituufu.
- ATWALA obuvunaanyizibwa okuggulawo okukubaganya ebirowoozo ate n'atakwefuga.
- AFUNA ebivaamu nga yeeyagalidde
- TAGENDA wala mu kuwabula
- AKKIRIZA ebirowoozo ebipyा awatali kwekubiira.
- ATEGEEZAAKO ku bammemba ky'aba akoledde mu linnya lyabwe.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Okubeera ssentebe w'akakiiko kwawukanira wa n'okukubiriza olukiiko?
 2. Biki ssentebe by'alina okulowoozaako bw'aba ng'ayanja ebikoleddwa aka-kiiko?
-

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA MU KUTEGEERA

GGWE SSENTEBE OMUGGYA OW'AKAKIJKO AKATEESITEESI AK'EKIBIINA KY'ABASIRAAMU. AKAKIJKO KANO AKALIKO ABA-NTU OMUSANVU, KAKUBAGANYA EBIROWOOZO KU NTEEKATEEKA EZ'EBISEERA EBYEWALA, KALUDDAMYA KU NTEEKATEEKA EZ'EBI-TEEKEEDWA OKUKOLEBWA MU MWAKA, KASUNSULA ENKOLA Y'ABANTU, ERA, OKUTWALIRA AWAMU, KAWA AMAGEZI KU NKOLA ENKULU. AKAKIJKO KAS-ZEEWO ENKYUKAKYUKA EY'OMUGGUNDU MU NGERI GYE KAKOLAMU KABE NGA KALABIBWA BAMMEMBA, ERA KAAGALA OKWEKENNEENYA ENKOLA ERIWO ERA KATEEKEWO AMAKUBO AG'OKUKLAALKULANYA EKIBIINA.

1. *Wandiika ebbaluwa ennyimpi eri bammemba b'akakiiko ng'obategeeza mu bufunze, enteekateeka zo okusobola oktuukiriza ebigendererwa by'akakiiko.*
2. *Wandiika mu bufunze mmemba omukukutivu ow'akakiiko bw'ayinza okukuddamu.*
3. *Wandiika wansi ebiwandiiko ebikulu, by'oyinza okwetaaga okukoza mu nsonga eno n'ensibuko yaabyo.*
4. *Kuba ekipande ku lupapula ekinaakusobozesa okugoberera entambuza y'emirimu gy'akakiiko omwaka omulamba.*



Enteekateeka y'Olukiiko

-
- I. Ekigendererwa ky'olukiiko
 - II. Omulimu gwo ng'omuteesiteesi
 - A. Obukulembeze n'okuddukanya emirimu
 - B. Okulabirira ebyensimbi
 - III. Ebintu ebisookerwako mu lukiiko olulungi
 - A. Ekigendererwa
 - B. Embeera omukolerwa olukiiko
 - C. Ekiseera
 - D. Ssentebé
 - E. Okwenyigira mu mirimu
 - F. Emirimu egypt'okukola
 - G. Okusalawo
 - H. Obumu
 - I. Ebigwa bitalaze
 - IV. Okukola olukalala lw'ebiteesebwako
 - V. Ebirowoozo ebitali bimu
 - VI. Olukalala kw'olabira engeri y'okutegekamu olukiiko
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO:

W'onoomalira essuula eno, ojja kuba osobola,

- Okumanya ebitundutundu ebyenjawulo eby'olukiiko
- Okukola pulaane y'olukiiko olulina ekigendererwa.
- Okutegeka olukiiko olulungi
- Okufuna omutindo ogusingako ogwabulijjo mu kuteekateeka olukiiko.

I. Ekigendererwa mu lukiiko

Enkiiko ezaawamu kati zikola omulimu gwamaanyi mu nzirukanya y'emirimu gy'eki-biina. Enkiiko ziwa bammemba okuwulira nga nabo kitundu ku kibiina era nga baamugaso. Zibawa omukisa okwetaba mu bikolebwaa, n'okussaawo ekkubo ery'okusaasaanya amawulire. Ebyo ng'obissizza ku bbali, enkiiko zirina ebizibu. Abantu batono abeetaba mu lukiiko abalina ekyamaanyi kye basobola okuteesa, abalala bajja tebeetegese bulungi, era ng'okukubaganya ebirowoozo ebiseera bingi kuva ku mulamwa. Enkiiko zirya obudde ate ziwa enkizo eyitiridde omwogezi omulungi ayinza n'okuba nga si y'asinza ebirowoozo ebirungi ova okwogera okulungi ku nsongaa.

Mu mutima, abantu okutwalira awamu bajja mu nkiiko okutuukiriza ebigendererwa ebyabwe ku bwabwe. Bayinza okuba n'okukkiririza mu kigendererwa ekikulu eky'ekibiina era nga bafuna okumatira okuva mu kukikolerera ova bayinza okutegeera ekibiina ng'ekikola ku kigendererwa kyabwe ekyenjawulo.

Ekyokulabirako eky'ekigendererwa ekyenjawulo ky'eky'abantu abaagala ab'oku-beera nabo n'okuba ne gye bagwa. Okutegeera ensonga eziwaliriza abantu okujja mu nkiiko zaffe kutuyamba okuteekateeka obulungi enkiiko n'okuwa emirimu abantu abeetabye mu lukiiko abalabika okubeera n'obusobozi. Abamu ku beetaba mu lukiiko bayinza okubivaamu nga balaba emirimu egibaweeddwa tegituukana na byetaago byabwe ova nga giri wala n'obusobozi bwabwe.

Enkiiko ziyanza okubeera n'obusobozi bwonna: Entono, ez'omu makkati, ova ennene. Mu ngeri yonna, waliwo ebigendererwa ebikulu bina eby'okussaawo enkiiko:

1. Okusalawo ku nsongaa;
2. Okusaasaanya amawulire;
3. Okussaawo enkolagana mu bantu;
4. Okuzzaamu abantu amaanyi.

Ebiseera ebisinga obugazi n'ekigendererwa ky'olukiiko bitambulira wamu. Okugeza, olukiiko gye lukoma obunene, gye kikoma okubeera ekizibu okusalawo ku nsongaa. Okubeerawo obubeezi okw'abantu abangi bulijjo tekumala okufuna ebirowoozo ebi-viira ddala mu bantu abo, naye kiyamba okuleetera abantu okuwulira nga bali wamu era n'okuzzaamu abeetaba mu nkiiko amaanyi.


II. Omulimu Gwo ng'Ateekateeka

Okuteekateeka enkuunjaana ezituukirira kwetaaga okugoberera okulunjya okukulu okukwata ku nteekateeka n'enkola egobererwa mu buli kintu ekikuunjaanya abantu. Okuteekateeka obulungi kusobola okuleetawo enjawulo wakati w'okukola obulungi n'okulemererwa.

A. Obukulembeze n'okuddukanya emirimu

Okutegeka olukiiko olulungi kwetaagisa obukulembeze n'obukugu mu nzirukanya y'emirimu ku ludda lwaffe. Eddaala erisooka bulijjo kwe kulonda akakiiko akanaakola enteekateeka ey'ekigenda okukolebwa. Tuteekeddwa okussaawo obukulembeze obulungi nga tuyita mu kulaba ng'ab'akakiiko n'abakozi be bakola nabo bakolera wamu ng'ekitole era nga buli bamu batuukiriza kkatala yaabwe. Wabula, akakiiko bwe kaba tekalina ebikola ebimala n'obusobozi mu bintu ebimu, tuteekeddwa okumanya butya bwe tukozesa ebintu by'ekibiina ebisobola okukola mu bintu ebyo.

Engeri esinga obwangu okutandika okuteekateekera ebigenda okubeerawo kwe kukozesa enteekateeka ey'enkola ey'omusittale ogw'ekiseera. Engeri emu ey'enkola eno kwe kukuba omusittale ogw'ebiseera wakati n'olunaku okunaabeera omukolo. Bw'omala lamba byonna ebirina okukolebwa na ddi mu biwummulo ebyenjawulo ku musittale gw'ebiseera guno.



Ng'abateesiteesi, tuteekeddwa okuba n'obusobozi obuwaayo enteekateeka n'embalirira eri ebitongole (bye kikwatako) ebibigiyisa bisobole okubikkiriza. Ebitongole bino biteekeddwa okusalawo okwetaagisa mu kiseera ekituufu. Enkiiko bwe ziba zaakutuula bweru wa kibuga, tuteekeddwa okussaawo amakubo ag'okulambula ekifo n'okukwatira abaneetabamu ebifo aw'okusula nga tuyambibwako be tukolagana nabo mu bitundu ebyo. Naye nga n'ekisinga obukulu tuteekeddwa okwetegekera era, we kiba kisobokedde, okwewala ebizibu ebiyinza okugwawo ku ssaawa esembayo.

B. Okulabirira ebyensimbi

Bulijjo tuteekeddwa okukozesa obulungi ssente okuva ssente eziba zituweereddwa bwe ziri obwesige okuva eri Allah ne bannakibiina. Ebintu ebisinga okutwala ssente

mulimu entambula, okusula, ekifo aw'okutuuza abantu, emmere eriibwa mu kifo ekyo, okukuba ebiwandiiko mu byapa, n'okuweereza amabaluwa. Mu buli kimu ku bino, tulina okulamuza okufuna emiwendo emirungi egisinga okubeera wansi egituukagana n'omutindo gwe twagala. Tulina okunoonyereza ku miwendo egyekwese ku bintu byonna, naddala bwe tuba tulamuza ku miwendo ega buli kintu. Tulina okutegeera eky'okulamuzaako mu ndagaano n'omutango oguweebwayo nga endagaano emenye-ddwa. Okufuna ebiwandiiko ebibanja n'ebiwandiiko ebirala kuteekeddwa okukolebwa okwewala obutakiriziganya ku by'ensasula ebya wooteeri n'abaleeta ebyokulya.

Okuteekatekerawo, kutuyamba okusobola okukendeeza ssente z'okukuba mu byapa empapula z'okusaasaanya amawulire wamu n'ebi'okusomesezaamu n'ebikozesebwu mu pulogulaamu. Tulina okussaawo enkola esinga okuba ennungi ey'okusindikamu amabaluwa agayita abantu mu nkunyaaana ge beetaaga nga tukozesa olukalala oluweererezebwako olutuufu, nga tugabana omuwendo n'amabaluwa amalala agaweerezebwu, nga tuwaawo ekiseera ekimala eky'empeereza y'amabaluwa eya layisi naye nga yaakasoo-bo, ng'ekipimo kitono naye nga kirabika bulungi.

Bulijjo wabeerawo abeetaba mu lukunyaaana abamu ababa bajja okusazaamu okwendiiisa ku ddakiika esembayo. Amakubo amangu naye nga tegalina buzibu ag'okukwtaganya engeri y'okubaddizaamu ssente gasobola okulokola ku biseera era ne gakuma ekitiibwa, ekintu ekiba kijja okuyamba mu nsisinkano eddako. Ekikomererayo, tetulina kugayaalirira yinsuwa eyeetaagisa mu lukiiko, ng'ezimu ziba zija kwetaagibwa abadukanya ekifo. Olukiiko bwe luberra olunene, funa yinsuwa ey'okusazaamu olukiiko bwe kuba kubaddewo.

III. Ebintu ebikulu mu lukiiko olulungi

A. Ekigendererwa

Watera okubeerawo okwetegereza ekigendererwa ky'olukiiko okwenjawulo. Olukalala okuli ebiteesebwa oluwandiikkidwa luteekeddwa okusaasaanyizibwa ng'obudde bukyali. Bulijjo ku nkomerero y'olukiiko walina okubeerawo ekiseera eky'okukubaganyaamu ebirowoozo okutaliiko kukugira. Ebibuzo n'ensonga ebitakwatagana na kyo-gerwako bisobola okulindirizibwako ne bikolebwako mu kiseera ekyo.

B. Embeera ey'okusisinkaniram

Engeri ekifo gye kitegekedwaamu nkulu nnyo olukiiko okukomekkerezebwu obulungi. Ku by'obugazi bw'ekifo, ekisenge kirina okubeera nga kimala bulungi abantu abasuubirwa okwetabamu. Tekirina kubeera kigazi nnyo oba kifunda nnyo, wadde nga kiba kyamagezi, mu nkiiko ez'okuzzaamu abantu amaanyi, okukozesa ekisenge ekitonotono engeri okuseemberagana bwe kiyinza okuyamba okuleetawo okuwulira muli obumu mu bantu abeetaba mu lukiiko. Ebbugumu nalyo lirina okuba nga liwa emirembe era nga n'ekisenge kirimu ekitangaala ekimala, naddala bwe waba nga wasuubirwa okubaawo okusalawo ku nsonga ezimu. Entuula nayo nkulu. Omwogezi ng'ali mu maaso g'ennyiriri z'abantu atera okuleetawo embeera ereetawo olukonko

wakati we n'abamuwliriza. Bwe kiba kisobose kino tulina okukywala okuva lwe kikugira okwetaba mu bigenda mu maaso. Ekisenge kirina okubeera nga temuli biwugula bantu okugeza amaloboozi agasukkiridde oba okuwunda okuteetaagisa.

Ne bwe tuba tetumanyi muwendo gwa bantu abanajja, okumanya kwaffe n'obumanyirivu biteekwa okutuyamba okulondawo obugazi bw'ekifo obuyinza okubeera obutuufu. Londa entuula esinga obulungi ku zino: ey'ebifo ebirabirwamu katemba, entuula ey'abayizi (ebibiina ebrisomerwamu), ey'ebisenge omuteesebwa, oba ey'ekijjulo. Ng'olu-kiiko terunnaba, weetegereze ebikwata ku maloboozi, ekitangaala, n'ebbugumu eriri mu kisenge okuwa abantu emirembe. Weetegeke okufunawo ebifo ebirala mu kisenge ekiteesebwamu singa kiba kijjudde. Nnannyini kifo akuwe obuwandiike.

C. Ebiseera

Kikulu nnyo okutandikira mu budde, okugenda obutereevu ku mulamwa gw'olukinjaana, n'okulumaliriza mu kiseera; kino kyongera ku mutindo gw'enteekateeka y'olukiiko, kireka ekifaananyi ekirungi ku bantu abalwetabyemu, era ne kiyamba emirimu okutambula obulungi era mu ngeri entebenkevu. Kikosa okuwanvuya olukii-ko nga kino kiva mu kukkiriza okukubaganya ebirowoozo okutaggwa ku bintu ebitali ku mulamwa. Okumanyagana n'okunyumyamu kuyinza okubeerawo ng'olukiiko luwedde.

D. Ssentebé

Obuyinza bwa ssentebé bulina okumanyibwa obulungi bw'aba nga waakukubiriza bulungi olukiiko. Bwe tuba twanjula ssentebé, tuteekeddwa okukkaatiriza ebisaanyizo by'ebimusobozesa okuddukanya olukiiko. Kino kiyamba ku kukkiriza obuyinza bwe. Endabika ya ssentebé n'engeri gy'ayogera mu biteekwa okumulaga obulungi. Bwe baba bateesa ku nsonga ezirimu obutakkiriziganya, ateekeddwa obutaba na kyekubiira. Alina okukuuma ebirowoozo by'ekibinja nga biri ku biteeso ebiri ku lukalala lw'ebiteesebwako. Talina kubuuza nti: "Kati, mulowooza tukole ki?" Wabula, asenjejje emikisa egiriwo n'ebintu eby'okulondako mu bwesimbu nga bwejisoboka.

E. Okwetaba mu lukiiko

Okwetaba mu lukiiko kikulu nnyo nga gye tukomezza. Omuntu omu bwe yeefuga olukiiko n'abeera nga yekka y'ayogera, abalala babivaako olukiiko ne luba nga terukyabatambulira bulungi. Tusobola okuteekateeka engeri y'okukubaganyaamu ebirowoozo ng'obudde bukyali nga tuyita mu kusaba abantu abenjawulo okuwaayo ebinaateesebwako ebyenjawulo. Okusobozesa abantu okwetaba mu lukiiko kuno kuyamba okuzimba n'okubeezaawo ekibinja ky'abantu ekyagala era ekijjumbize. Abeetaba mu lukiiko bwe tubafuula ekitundu ku bantu abatunuuliddwa olukiiko, tuba tubazzaamu amaanyi basobole okuwaayo ebirowoozo n'okukkiriza emirimu egiba gibaweeddwa.

Okusobozesa abateesa abeetya okwetaaya, tusobola okukozesa ekimu ku bintu ebiyinza okusobozesa olukiiko okutandika mu ngeri ey'omukwano. Ekyo okukikuuma

bwe tutyo, tusobola okuteekawo obupande okuli amannya, wamu n'okukubiriza abagenda okwetaba mu lukiiko okubwambala.

F. Emirimu egyenjawulo

Olukiiko olulungi teruteekeddwa kuggwa nga teruwadde mirimu bantu abalweta-byemu. Emirimu gino giyinza okuba nga gizingira wamu abantu bonna okugeza “Kino mukirowoozeeko nga muddayo eka,” oba nga gyeyawulidde bantu abalondemu, okugeza “Mmwe abasatu mujja kukola okunoonyereza ku mulamwa guno mubagewo ekiwandiiko obutasussa wiiki eno.” Olukiiko olulabika ng’omutali kituukiddwako, oba olutayamba balubaddemu kuseemberera kugonjoola buzibu, gye biggweera lumalamu amaanyi. Nga tugabanya emirimu, tulina okulowooza ku bigendererwa by’abantu ebyenjawulo n’obusobozi bw’abo abeetabye mu lukiiko. Ku nkomerero y’olukiiko, kozesa foomu ebagiddwa obulungi okufuna abalubaddemu kye balwogerako n’ebirowoozo byabwe. Kino kija kwongeramu amaanyi omwoyo gw’okwetaba era kiyambe okuzuula ebitagenze bulungi okusobola okubyewala mu maaso.

G. Ebisaliddwaho

Enteesa z’olukiiko omuli okusalawo zirina okubeera nga zitegekeddwa bulungi. Tulina okulowooza ku by’okulondako ebiwera n’ebisoboka okukolebwa ebyenjawulo ng’ekiseera tekinnaba n’okubiwaayo mu lukiiko olwo. Okukubaganya kwaffe ebirowoozo kulina okutunuulira emikisa egiriwo n’ebi’okusalawo era kwewale okubuuza ebibuzzo okugeza: “Olowooza ki?” Waliwo engeri nnyingi ezisingako obulungi omuyinja okuyitibwa okufuna ebirowoozo by’abakiise awatali kubawa mwagaanya okuwaba n’okuva ku mulamwa. Okugeza, tuyinza okubasaba okukubaganya ebirowoozo ku kitundu ekimu ku bintu ebisobola okukolebwa mu bufunze nga bannyonnyola ensonga ebaagazisa ekintu ne balekawo ekirala. Okwetegeka ng’obudde bukyali ky’ekisumuluzo olukiiko bwe luba nga lunaabaako ne kye lutuukako.

H. Obumu

Obumu mu lukiiko buyamba okulutwala okulutuusa ku kigendererwa kyalwo. Ssentebi omulungi alina okufuba okulaba ng’obumu buno bugenderera ekiseera kyonna ng’assa mu nkola amateeka agafuga olukiiko awamu n’okujumbiza abaliwo. Tetuteekeddwa kumaliriza lukiiko ng’abantu beekutuddemu, nga beekyaye, oba nga basunguwavu. Bulijjo tuyinza okupimamu engeri abantu gye bawulira muli nga tuyita mu kwetegereza endabika yaabwe ku maaso. Ebiseera ebimu, emboozu etuukira mu kiseera, okusaaga oba ekigambo okuva mu hadiisi ekyamagezi, kiyinza okuyamba okukkakkanya embeera n’okuyamba okugatta obukundi obutakkaanya. Ebiseera bingi kirungi okujukiza abantu ebigendererwa by’ekibiina eby’Obusiraamu. Obukundi bwe bumerukawo, ebiseera bingi kiyamba okufuna omwogezi wa buli kakundi era n’okukkiririza mu muntu oyo yekka. Okufuba okwenjawulo kulina okukolebwa okukuumira abantu mu kisenge ekiteesebwamu okutuusa olukiiko lwe luggwa kubanga okufulu-mafuluma n’okuyingira biggya abantu ku mulamwa.

Okutwalira awamu, omuntu k'abe ssentebe oba mukiise, talina kuva mu mbeera era bulijo tulina okubeera n'endowooza ennungi. Endowooza embi eyisa bubi buli muttu. Olukiiko bwe luba nga luwanvu, kikulu nnyo okubeerawo n'okuwummulako mu biseera ebituufu. Mu ngeri y'emu tulina okuteeka mu beetabyemu okuwulira muli nga bali wamu ku kigendererwa ekimu. Bwe bamala okufuna ekiseera ekimala okulwooza ku byali mu lukiiko n'ebayaddirira, tuyinza okunoonya endowooza zaabwe nga tuyita mu kubasindikira amabalua oba okukozesa essimu, bwe tutyo nga twola omwoyo gw'ekibinja mu bo.

I. Ebigwawo nga bibadde tebisuubirwa

Ne bwe tuteekateeka tutya, bulijo wabeerawo ebintu ebigwawo nga bibadde tebisuubirwa. Okugeza, obuzindaalo ne kamera biyinza okugaana okukola oba ne bitatuukira ddala, omwogezi omukulu ayinza okubisazaamu ku kaseera akasembayo, ebisenge biyinza obutamala ng'entabwe eva ku nsobi ezaakolebwa mu kukwata ebifo, obudde obubi buyinza okulemesa ebyategekeddwa okukolebwa wabweru w'ekizimbe okubeerayo, oba awateekebwa motoka wayinza obutamala olw'ensonga ezitaalengerekwawo. Tulina okugezaako nga bwe tusobola okulwooza ku mbeera nga zino mu budde ne tuyiiya amakubo amalala.

IV. Okukola olukalala lw'ebigenda okuteesebwako

Tulina okukola enteekateeka y'olukiiko emala okusobola okuganyulwa mu kula-fuubana kw'abagenda okulwetabamu. Kino kiba kyetaaga olukalala olukoleddwa obulungi olutegeerekeka olujjuvu olutaleseeyo bintu ebingi. Okukkiriziganya ku we tukoma mu kukubaganya ebirowoozo ku buli kiri ku lukalala kukulu nnyo mu kumaliriza olukiiko obulungi.

Olukalala lw'ebiteesebwako lulina okubeerako ebintu ebyetaagisa abakiise okukubaganyaako ebirowoozo, nga temuli ebyo ebyetaagisa okusalawo kw'omuntu kinnoomu. Ebintu ebyamaanyi biteeke ewasembayo ku lukalala naye obiwe ekiseera ekimala; okuteesa ku bintu ebyekika ekyo kuba kujja kuyamba olukiiko okuddamu amaanyi nga lugenda kuggwa awo abalwetabyemu we batandikira okukoowa. Goberganya ebiteesebwako nga bigenda byezimba mu ngeri eyaamagezi. Toteeka bingi ku lukalala, ate ebintu ebizibu n'ebitaliiko kukkiriziganya biwe ebiseera bingiko. Ekkubo erimu eryangu eriyinza okuyamba okuteekateeka ebiseera kwe kussa ebiseera by'esswala n'okulya wakati wa buli ddakiika

Ekyokulabirako eky'olukalala lw'ebigenda okuteesebwako

1. Eby'okukolako ebyabulijo
 - 1.1 Okuyisa Eby'okuteesaako
 - 1.2 Okusoma Ebyateesebwako mu Lukiiko Olwakomererayo
 - 1.3 Okuyitaayita mu Byasalwawo mu Lukiiko Olwakomererayo
 - 1.4 Lipoota okuva mu Bammemba
2. Eby'okukolako ebipyra
 - 2.1 Okwogera ku Bigendererwa n'Omulamwa gw'Ekibiina
 - 2.2 Omutindo gw'ebiyokukola
 - 2.3 Okuteekateeka Ebigena Okukolebwa n'Embalirira
3. Eby'okukolako ebirala.
4. Olukiiko oluddako, Ennaku z'Omwezi n'Olukalala lw'Ebigena Okuteesebwako.

ekyenda ez'okuteesezaamu. Funa omuntu akuumbe okulaba ebiseera ebimalibwa ku buli kyakuteesebwako ekiri ku lukalala. Waayo ekiseera ekimala okukubaganya ebirowoozo ku miramwa okugenda awala olekewo ekiseera eky'abantu okwogera nga tewali abakuba ku mukono, ekiyamba okuzuula ebizibu ebiyinza okugwawo.

Abagenda okwetaba mu lukiiko balina okufunira olukalala olujuvu olw'ebigenda okuteesebwako n'ebayisibwa mu lukiiko olwakomererayo ku bbaluwa ezibayita okujja mu lukiiko. Bakubirize okusoma n'okutegeera ebintu ebyo. Buuza oba balina ebibuzzo ebikwata ku byateesebwako omulundi ogwayita. Balina okuyisa ebyateesebwako bino nga tebannatandika lukiiko lupya.

V. Ebirowoozo ebiyamba okuva wano na wali

1. Okukwata ebifo aw'okusula mu lukiiko oluli ebweru w'ekibuga, sooka okebere ku ndagiriro za wooteeri z'ekibuga, z'osobola okusanga mu tterekero ly'ebitabo ery'omu kitundu.
2. Engeri ennungi ey'okumanyaamu obulungi bwa wooteeri kwe kukebera ku buyonjo bw'ebifo ebiwummulirwamu, obuwanvu bw'ekiseera abantu abeewandiisa kye bamala we batuukira, n'omutindo gw'emmere eriibwa mu birabo byayo.
3. Ekintu ekisinga obukulu mu kulondawo ekisenge ekisulwamu kwe kuba nga kimala mu bugazi.
4. Entuula esinga obulungi ey'abantu abawuliriza esobozesa okwetaba obulungi mu lukiiko, y'entuula ekozesebwa mu bisenge ebiteesebwamu.
5. Ebintu byonna ebikubibwa mu byapa birina okumalirizibwa ng'obudde bukyali obuwa ekiseera ekimala okuddamu okubikuba singa wazuukawo ensobi.
6. Mu nkiiko ezibeererawo mu kiseera ekimu, ekiseera ky'okugabula caayi kirina kuba mu biseera by'ebimu.

VI. Olukalala Iw'oba otunulako okusobola okutegeka olukiiko

Bino wammanga birina okwetegerezebwa n'okwekebejjebwa ng'olukiiko terunnaba (era buuza oba ekifo omugenda okutuuuzibwa olukiiko kirina by'otunulako ebikwata ku bintu ebyenjawulo ebiri ku kifo ekyo):

EKINTU	Avunaanyizibwa	Okukoma	By'ozudde
--------	----------------	---------	-----------

Ekisenge omuteesebwa

Ebitandikirwako

Entebe	_____	_____	_____
Emmeeza	_____	_____	_____
Awasuulibwa kasasiro	_____	_____	_____
Kalaamu enkalu	_____	_____	_____
Obutabo omuwandiikibwa	_____	_____	_____
Obupande bw'amannya	_____	_____	_____
Obubonero bw'ebyoku-	_____	_____	_____
nywa			

Ebiyamba mu kusomesa

Ekituuti n'okusinziirwa	_____	_____	_____
okusoma	_____	_____	_____
Entimbe z'ebisenge	_____	_____	_____
Entimbe eziragirwako	_____	_____	_____
Ekitangaala/pulojekita	_____	_____	_____
Ettaala z'amasannyalaze	_____	_____	_____
endala	_____	_____	_____
Waya ezsika amasannya-	_____	_____	_____
laze	_____	_____	_____
Okuwanikibwa n'ebiraza	_____	_____	_____
Amazzi awasomerwa	_____	_____	_____

Ebifaananyi Ebiraga Ebifo Ebyenjawulo

Awali ebyuma ebikoze-	_____	_____	_____
sebwa	_____	_____	_____
Awali ebizikiriza omuliro	_____	_____	_____
Emiryango egifuluma nga	_____	_____	_____
waguddewo obuzibu	_____	_____	_____

Ekitundu Ekyokusatu

Ebyuma ebitunda ebintu	_____	_____	_____
Awali obubonero	_____	_____	_____
Awanaabirwa	_____	_____	_____

Entuula y'abantu

Okuwulira	_____	_____	_____
Ebbugumu mu kisenge	_____	_____	_____
Amabanga agamala	_____	_____	_____
Awaniikibwa amakooti	_____	_____	_____
Ebyokusoma ebiweebwa abantu	_____	_____	_____
Entebe za bannamawulire n'abagenyi	_____	_____	_____
Awasaalirwa n'awakuumirwa abaana abato	_____	_____	_____

Omwogezi (aboogezi)

Okumuyita	_____	_____	_____
Ekiseera/ekifo kyennyyini	_____	_____	_____
Ekigendererwa ne ky'ayogerako	_____	_____	_____
Ekika ky'abantu abeetabamu	_____	_____	_____
Pulogulaamu mu bujuvu	_____	_____	_____
Ssentebbe oba abakubaganya ebirowoozo	_____	_____	_____
Obulamu n'obulungi bw'eboyererwamu	_____	_____	_____
n'ebiraga ebifaananyi	_____	_____	_____
Entambula	_____	_____	_____
Emmere n'awookusula	_____	_____	_____
Okuddiza abantu ssente ezisaasaanyiziddwa	_____	_____	_____
Okusaba ebiweebwa abasomi	_____	_____	_____

Buli lw'olaba olukiiko olutambudde obulungi, manya nti wabaddewo okwetegeka okwamaanyi n'okufuba okwenjawulo ebiteereddwamu. Enkiiko amakula tezimala gagwawo bugwi.

Bino Bya Bateesiteesi: Ebintu Omukaaga By'okola Okwonoona Olukunjaana

1. Tobuulirako muntu yenna ku bigenda okwogerwako. (Bajja kujja n'ebjetaagisa okukozesa nga beetegese okukubaganya ebirowoozo nga bakozesezza magezi gaabwe.)
2. Abantu baweereze obubaluwa obubayita nga wakyabulayo emyezi egiwera (Abookwetaba mu lukiiko bajja kuyimiriza okweteekateeka nga balowooza nti bakyalina ekiseera kiwanvu. Bayinza n'okubyera-birira ddala). Oba abantu bawe obubaluwa ng'ebulayo essaawa ntono olukiiko okutandika, ng'okozesa omuntu atalina ky'amanyi ku byalukiiko.
3. Langirira nti olukiiko lujja kutandika "ekiseera kyonna". (Kino kiba kirina okuleetawo embeera y'okukutulakutula mu lukiiko ng'abantu abatuuka ekikeerezi bakozesa omukisa ogw'ekiseera okuba nga tekirambikiddwa bulungi olwo ne bakutula mu lukiiko nga batuuka – n'okusaba okubayitiramu ebibaddewo).
4. Laba ng'eb'y'okutesesaako tebyekenneenyezebwa bulungi ng'obudde tebunnaba era beera nga teweetegese kubuza bibuuzo byetaagisa okusikiriza abantu okukubaganya ebirowoozo.
5. Ekigendererwa ky'olukiiko ne bwe kibeera kubawa buwi mawulire, lowoozesha buli omu nti agenda kwebuuzibwako aleete endowooza ye n'endaba ye ey'ebintu, (Abeetabye mu lukiiko bajja kuwulira nga baliiriddwamu olukwe nga balabye nga bye bakoonako tebifiiriddwako oba nga bigaaniddwa, era oyinza okubeera omumativu nti bajja kuba beekyaye mu nkiiko eziddako.)
6. Yita buli muntu gw'osobola, ekigendererwa ky'olukiiko ne bwe kibeera kuyisa nkola (kusalawo) ekyetaagisa okuba n'okumanya okumala ku bikwatagana n'ekibiina. (Kino kitegeeza ng'olukiiko bwe lugenda okuba n'ebizibu okuviira ddala ku ntandikwa ng'abeetabyemu abatalina kye bamanyi ku nsonga batandise okukozesa amaanyi gaabwe n'akalulu wamu n'abo abalina kye bamanyi n'abakozi). Ekitali ekyo: Ekigendererwa bwe kibeera eky'okwongera okugaziya ku bakiise bye bamanyi, yita abo bokka abali ku kakiiko akatono akamu, oba okuva mu kakundi k'amayumba akamu, oba abo abaliira awamu ekyemisana.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAKO EBIROWOOZO

1. Kiki ekiyitibwa enkola ey'okuteekateeka eyeesigamiziddwa ku biseera? Ekola etya?
2. Bintu ki ebisinga okubeera eby'ebbeeyi mu kuteekateeka olukiiko?
3. Embeera y'ekifo ekola mulimu ki mu kumaliriza obulungi olukiiko? Wa ebyokulabirako.
4. Ani asinga okubeera owoomugaso olukiiko bwe luba lunaggwa bulungi; Ssentebi omulungi oba ekibinja ky'abakiise abajjumbize? Lwaki?
5. Olukalala lw'ebiteesewwako lulina kigendererwa ki? Lulina okubaawo bulijjo?
6. Ntuula ki ezisinga obulungi ng'enkiiko zino zituula: olukiiko olufuzi, olukiiko lwa bona, n'olukiiko olutali lutongole olw'okuzzaamu abantu amaanyi?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

EKIBIINA KYO EKY'OBUSI-
RAAMU KIRINA ENDABA GYE
KITUTTE KU MBEERA EY'EBYO-
BUFUZI ERIWO KATI MU NSI
Z'ABASIRAAMU. NG'OW'EBYE-
NTABAGANA N'ABANTU, OSABI-
DDWA OKUNOONYA ENGERI ABA-
NTU GYE BANAAKKIRIZAAMU
ENDABA EYO. OSAZEEWO OKU-
TEEKATEEKA OLUKIIKO OLW'A-
BAKULEMBEZE B'EBITUNDU EBI-
KUMI BISATU EBY'ABANTU OKWE-
TOOLOOLA EGGWANGA. OYAGALA
OLUKIIKO LUTUULE MU WIKI
BBIRI MU KIFO EKIRI MU MA-
KKATI. OYAGALA OLUKIIKO LUKA-
KASE EKIBIINA KYO BYE KYASA-
LAWO.

1. *Wandiika ebbaluwa efaanankano ne gy'ogenda okusindika oba okulanga olukiiko. Ssaamu olukalala lw'ebyo-kuteesaako.*
2. *Wandiika wansi enteekateeka ey'ebiseera eby'olukiiko.*
3. *Kuba ekipande ekiraga engeri ennungi ey'okutuulamu.*
4. *Kebera ku lukalala olukeberwako obeeko ne ky'oyogera ku bintu omukaaga ebisinga obukulu ebirulimu.*



Butya Olukiiko Bwe Lukubirizibwa

-
- I. Omulimu gwa Ssentebé
 - II. Ekiseera ky'ebibuuozo n'okwanukula
 - A. Lwaki?
 - B. Okuteekateeka ekiseera ky'ebibuuozo n'okwanukula
 - III. Okuwandiika ebiteeseddwako.
 - IV. Kalonda yenna akwata ku kuyiiya
 - A. Okukola obulungi n'okukolera awamu
 - B. Okuyiiya mu mutwe
 - C. Okumalamu amaanyi okuyiiya
 - V. Ffoomu Eriko Eby'okupima Ebitali Bimu Eby'entuula Z'obukiiko.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onoomalirako ekitundu kino, ojja kuba osobola:

- Okumanya ebintu ebikwata ku mirimu gya ssentebé
- Okukubiriza obulungi olukiiko
- Okukwatamu obulungi ekiseera ky'ebibuuozo n'okwanukula
- Okulaba nga waliwo okukuumma obulungi ebiwandiiko.

I. Emirimu gya ssentebé

Osabiddwa okukibiriza olukiiko. Weetegese ekimala. Oweerezza olukalala lw'ebigenda okuteesebwako n'ebirala ebikwatagana n'olukiiko. Olukiiko lunaatera okutandika. Bino wammanga kwe kukubagulizaako ku ngeri esinga obulungi ey'okubee-ramu ssentebé omulungi:

1. Ekisooka, kakasa nti ekisenge kisirifu tewali birabankanya, era nti kirimu empewo n'ekitangaala ebimala. Bw'omala ebirowoozo byo bisse ku ngeri y'okutuulamu. Buli lwe kiba kisoboka laba ng'abantu batunuuliganye buli omu asobola okulaba omulala. Bino by'olina okulowoozaako ebiyinza okukuyamba okutegeka engeri y'okutuulamu mu bukiiko obutono:
 - Entuula ey'okwolekagana eyamba okuwakanya. Omuntu atudde ng'ayo-lekedde ssentebe y'ayinza okusinga okumwanjanga. Ekifo ekyo kituu-zeemu omuntu alabika okusinga okuyamba okusinga okusimbira ekkuuli omulimu gwa ssentebe. Wabula tokzesanga engeri y'okutuulamu okuko-zesa olukiiko by'oyagala naye kuteekawo mbeera esobola okuleeta ebibala.
 - Okuliraana kuzibuwaza obutakkiriziganya. Okuliraanya omuntu akkirizi-ganya n'ensonga n'oyo agiwakanya kisobola okukendeeza ku butakkiri-ziganya.
 - Okutuula ssentebe kuddyo kayitibwa kafo ka musajja omufu kubanga omuntu atuula ssentebe awo baba tebasobola kulabagana. Okutuuza omuntu amuwakanya awo kisobola okukendeeza emikisa egy'okukuu-bagana n'obutakkiriziganya.
2. Olukiiko luggulewo n'okusoma Kulaane olumalirize n'edduwa. Okulonda aaya ezikwata ku bigenda okuteesewako kiyamba okussaawo embeera ey'eddiini entuufu, ne kwongera amaanyi okulambulula ekigendererwa, ne kuzzaamu abaliwo amaanyi ag'okumanya Allah.
3. Obutakkaanya obuba buzuuseewo bukwate na magezi era kozesa ekige-ndererwa ky'abakiise ekikulu. Obutakkiriziganya mu ndaba bwe kutandika okufuuka okw'obuntu, akazindaalo kawe omuntu atalina kyekubiira okusobola okukakkanya embeera. Juliza obutundu mu Kulaane ne hadiisi obukwata ku nsonga okujjukiza abateesa empisa ey'Obusiraamu.
4. Noonya aboogera omuwawa, era olabe nga batambulira mu layini tebayita-wo. Omuntu ayogerayogera ayinza okukomwako n'omufuga ng'oyita mu kumusaba awandiike wansi ebirowoozo bye byetegerezebwe oba okulonda mu bigambo by'ayogera ebigambo ebimu, n'obiddamu okubyogera oluvannyma n'osaba omulala yeeyongere mu maaso n'okuteesa.
5. Ssa amaanyi mu nkola ez'okugonjoola omutawaana okugeza okwogera okutali kukugire. Okukuumira abantu ku mulamwa n'okugenda mu maaso nga baleeta ebirowoozo, beera ng'obajjukiza "ekizibu" ekiboolekedde.
6. Buuza endaba y'abali mu lukiiko abasinga obumanyirivu b'oba osembyayo. Kino kiba kijja kuyamba mu kukubaganya ebirowoozo okugenda mu maaso. Ebirowoozo byabwe bwe babireeta ng'obudde bukyali, baba bajja kulemesa abakiise abapya okwetaba obulungi mu lukiiko.

7. Bw'oba ng'ogaba eby'okukola, biwe abantu abasinga okubiwigira. Bano baba bajja kukola butaweera okulaga nti okusalawo okwakolebwa kwe kwali okutuufu.
8. Teekawo ekiseera ku buli kiteesebwako ng'osinziira ku bukulu bwakyo, gezaako okukinywererako nga bw'okkiriza okukwatagana okumala wakati w'abeetabye mu lukiiko. Teeka essira ku bigenda okuteesebwako nga ky'eky'okupimirako obukozi bw'ekibinja. Bwe wabaawo ekyetaagisa okwe-yongera okukubaganyako ebirowoozo naye ng'ebiseera tebimala, noonya engeri ennungi ey'okukyusaamu olukalala lw'ebiteesebwako. Ggyamu ebintu ebigenda okukosebwa olw'enkyukakyuka eno oyambe mu kulambulula emi-gaso n'ebizibu ebiyinza okuva mu kulongoosa mu bigenda okuteesebwako kuno.
9. Buli lwe kiba kyetaagisizza, kozesa amateeka agafuga entambula ya palamenti osobole okutambuza obulungi olukiiko. Ddamu mu bufunze ebiba bisaliddwawo okutuuka awo wemuli.
10. Funa obweyamu obw'ebigambo okuva ku buli muntu aweereddwa omulimu. Obweyamu buno, nga bukoleddwa mu maaso g'abantu, buba bujja kuyamba nnyo okugoberera ensonga okusinga okuba nga buweereddwa mu kyama.
11. Ebiseera ebimu kiyinza okuyamba okwanja ebintu ebitali byangu mu kaseera ng'okuuumulamu okusaala, okulya, n'okunywa biri kumpi. Kino kiyinza okuwa omukisa okuwaanyisiganya ebirowoozo okwamaanyi ebweru w'olukiiko, okuwa abeetabye mu lukiiko akakisa okutegeera endowooza ezenjawulo mu mbeera esingako okubeera ey'obukkakkamu, era ne kuyamba mu kwanguya okusalawo olukiiko nga lutandika.
12. Yogerera mu ddoboозi erisaanidde ng'okozesa ebigambo ebirungi nga bwe weewala ebibi. Kino kiba kijja kusobozesa abeetabye mu lukiiko okuwulira nga be "bavuddemu" ebiteeso ebisaliddwawo mu mbeera ey'okukkiriziganya.

Awali Ekyokusatu

BW'OLEMERERWA OKUTEEKATEEKA, OBA OTEEKATEEKA KULEMERERWA!

Lowooza ku mutunzi agezaako okulaga kasitoma nga bw'ali mu nsobi! Bw'akituukiriza, kasitoma aba ajja kutamwa engeri omutunzi gy'ali nnabyewanga era aba tajja kugula. Mu ngeri zombi aba ajja kusalwa. Biznesi za Amerika zaatwala ennjombo egamba nti: Bulijjo kasitoma abeera mutuufu! Tetulina kukkiriza kirowoozo ekyo okuggyako mu nkola yaffe ey'empisa n'ebintu bye tutwala nga bikulu. Wabula, tuteekeddwa kutunuulira buli kigenda okukolebwa ne tumanyira ddala ebigendererwa byaffe ku bwaffe nga tubiyingiram. Okugeza, bwe tuba tugenda kusisinkana omukulembeze ow'ekibiina ekivuganya gavumenti, tuba tuteekeddwa okulaga obulungi ekigendererwa ekyenjawulo eky'okusisinkana okwo ne tweteekateeka, mu ffe ani agenda okwogera ki era tugenda kugoberegana tutya! Tulina okukkiriziganya ku bintu ebikulu mu maaso tukkiriziganye ku kiki kye tulina okutwala awamu. Temukomekkereza nga muli wamu mu mbeera omu mwe yeefugira okuteesa nga temwakisubira ova ne mutandika mwekka okukubaganira empawa mu lukiiko, ekitali ekyo muba mujja kumala olukiiko nga temwogedde ku bye mwateeseteese kuteesaako kubanga babakuluggusizza ne mwemalira kuteesa ku bya muntu gwe muvuganya naye. Bwe muteetegeka bulungi, mujja kwewuunya bintu bimeka ebigenda okwonooneka!

II. Ekiseera ky'ebibuuzo n'okwanukula

A. Lwaki?

Ekiseera ky'ebibuuzo n'okwanukula kirina kye kyogera ku mutindo gw'olukiiko. Kiyamba abateesiteesi okumanya abeetabye mu lukiiko engeri gye balowoozaamu n'ebibaluma. Bwe wabaawo okuwakanya okwamaanyi ennyo ova endowooza ezitali zaamirembe okwolesebwa, twebuuza ova ebyo byolekezedwa mwogezi, ekyogerwako ova ekibiina. Mu bufunze ekiseera kino kiyamba abateesiteesi okufuna abantu bye balowooza ne bwe bawulira muli.

Mu kiseera ky'ekimu, ekiseera ky'ebibuuzo kiwa abeetabye mu lukiiko omukisa okwetaba mu lukiiko, okufuna okunnyonnyolwa ku nsong aezitali zimu, n'okufuna okuddibwamu n'ebibuuzo ebimu ebikulu, okwenkenneenya enziramu n'endowooza y'omwogezi, n'okuwa endowooza yaabwe ku bintu ebitali bimu. Ku ludda lw'omwogezi, ekiseera ekyo kirungi nnyo okukoza okumanya abeetabye bwe bategedde.

Ekiseera ky'ebibuuzo tekirina kukolebwa ng'ekintu ekiguddewo obugwi, ekiteetegekeddwa, ova eky'eddakiika ekkumi mu lutuula; kirina okulowoozebwako era ne kiteekateekewa ng'ekimu ku bitundu ebikulu ebya pulogulaamu.

B. Okwetegekera ekiseera ky'ebibuuzo

Olw'okubulawo okuteekateeka, ebiseera by'ebibuuzo ebisinga biganyulwamu kitono nnyo okusinga bwe byandibadde. Gino wammanga gye mitendera egiyambako okuteekateeka obulungi:

Eddaala 1: Okutegeka abeetaba mu lukiiko

Abeetabye mu lukiiko bayinza okuweebwa ku bibuuzo ebiyinza okuzaalukukamu ebibuuzo ebirala. Bayinza okutegeebewako ku kigendererwa ekyenjawulo eky'olukiiko era, ekiseera bwe kiba kimala, ebintu ebisinga obukulu ebigenda okuteesebwako biyinza okufunzibwa ne bikubibwa mu kyapa empapula ne zisaasaanyizibwa. Abakiise balina okunnyonnyolwa nti ebibaweeddwa mu bufunze birowoozo bulowoozo tebikugira bibuuzo birala. Enkola endala y'ey'okwawulamu abakiise mu bibinja bisatu ng'okwogera tekunnaba: abaagala okutangaazibwa, abawakanya n'abagenda okubaako kye bakola. Ssentebe ayinza okwanjula ebibinja bino eri olukiiko ng'ayita mu kubatuza kuddyo, mu makkati ne kukkono w'ekisenge omuli olukurjaana.

Eddaala 2: Okuwandiika ebibuuzo wansi

Ebibuuzo abantu bye bafuna mu kitundu kya pulogulaamu ekisooka ebiseera bingi, ekiseera ky'okubuuza bwe kituuka, byerabirwa. Empapula oba kaada ziyanza okuweebwa abantu basobole okuwandiika ebibuuzo nga bwe bigenda bibajira mu mitwe. Oluvannyuma ng'okwogera kuwedde ebibuuzo biyinza okubuzibwa oba ne bikunjyaanyizibwa ne bisengejjebwa mu bwangu mu masa gaabyo bisobole okuddibwamu mu ngeri ensengeke obulungi. Ebiseera ebimu okuwummulamu mu lukiiko kuyinza okutegekebwa okuwa abeetabyemu omukisa okuwandiika wansi ebibuuzo nga tebalina kye basubiddwa ku kwogera okugenda mu maaso.

Eddala 3: Okufuna ebibuuzo ebisinga obukulu

Ekufuna ebibuuzo ebimala okukiikirira bona abeetabye mu lukiiko kikulu nnyo. Oyinza okukoza obukodyo bubiri: okukoza obubinja obutonotono n'ekibinja ekitono okukubaganya ebirowoozo. Obubinja obutono buba babinja obulimu abantu abatono, okugeza mukaaga oba munaana. Ebiseera ebimu abantu baba n'obuzibu okulowooza n'okulambika obulungi ebibuuzo ebibatawaanya. Okuwuliriza ebibuuzo by'abalala kitera okuyamba okutangaaza ebyabwe. Okutemamu olukiiko olunene n'olwawaamu obubinja obutono okumala eddakiika ettaano oba ekkumi kiyinza okuyamba abantu okukola ebibuuzo ebyabwe n'okukakasa nti buli muntu afuna omukisa okwetaba mu kukubaganya ebirowoozo. Obubinja obwo buba bwangu okuteekateeka mu lukiiko olunene nga kiyita mu kusaba abantu abamu ku buli lunyiriri okukyuka ne beeyunga ku balala ababali emabega. Oluvannyuma omuntu omu omu okuva mu buli kabinja ayinza okwanjula ebibuuzo byako. Ekibinja ekitono ly'eddaala eddala erisobozesa okufuna ebibuuzo ebikiikirira. Kino kikolebwa ng'oyita mu kulondamu ekibinja ekitono eky'abantu abakiikirira bannaabwe abali mu lukiiko

ne bavaayo ne bakubaganya ebirowoozo okumala akaseera ku bibuuzo ki ebibasingira obukulu. Bwe wabaawo atakkiriziganyizza nabo ayinza okubabuulira.

Eddaala 4: Okusengejja ebibuuzo

Ebibuuzo byonna biyinza obutaanukulirwaho mu lukiiko olumu. Ebibuuzo ebitayanukuddwa biyinza okukujjaanyizibwa ne birinda olukiiko oluddako. Ebibuuzo biyinza okuwandiikibwa ku lupapula abeetabye mu lukiiko bakakase nti tebawuddisibwa buwuddisibwa era nti ebibuuzo byabwe bijja kukolebwako mu nsisinkana ezijja.

Eddaala 5: Okufuna ebivaamu

Eddaala lino kkulu eri ssentebe, okuva emirimu gye egisinga obungi bwe gyesigma ku kuzzaamu abantu amaanyi babeeko kye bakola era n'okwenyigira mw'ebyo ebiba bisaliddwaho. Engeri emu ey'okussa mu nkola ebyo ebiba bisaliddwaho oba ebiyigiddwa be bantu babiri oba abasatu okwekolamu akabondo ak'okukubaganya ebirowoozo ku nkomerero y'olukiiko. Okukubaganya ebirowoozo kuno kulina okulaga ebirala ebirina okukolebwa ova engeri okumanya okufuniddwa gye kuyinza okuteekewba mu nkola.

III. Okuwandiika ebiteeseddwa

Ekiwandiiko omuli ebiteeseddwako si kiwandiiko bwandiiko eky'omulimu ogukoleddwa abantu, wabula era kiyamba okuwa amawulire obukiiko obwenjawulo n'abakiise abaabulijjo. Wadde nga ssentebe omulimu gw'okuwandiika ebiteeseddwa agusigira omuntu omu aweebwa eky'obuwandiisi, ye asigala nga y'avunaanyizibwa ku butuufu bw'ebiwandiikkidwa. Bino wammanga bye biraga ekiwandiiko ky'ebiteeseddwa ekirungi:


1. Okuva omukiise awandiika wansi ebiteesebwa lw'atafuna mukisa kwetaba mu lukiiko mu bujuvu, eba nkola nnungi abantu abenjawulo ne bawandiika mu mpalo. Ng'olukiiko lwakaggwa, omukiise avunaanyizibwa alina okuwandiika ebiteeseddwa byonna ebisooka ng'abiggya mu by'azze awandiika ng'akyabijukira bulungi.
2. Buli kiteesebwa kirina okubeerako omutwe okusobola okwawula ebintu ebiteesebwa n'okukifullira asoma ekyangu okumanya ebintu ebyenjawulo we byogererwako. Buli kiteeso kirina okuwandiikibwa wansi mu bigambo byakyo nga bwebiri. Kino okukisobozesa okubeerawo, ssentebe ayinza okubuuza buli muntu aleeta ekiteeso okukiwandiika mu bujuvu.
3. Buli kiteeso lwe kiba kyanjulwa, toyogera kigambo ku kigambo ekya buli eyayogedde. Okwogera mu bufunze ebintu ebikulu ebiwagira n'ebigaana kimala. Okuggyako ng'olukiiko kye lwagala, mu kiwandiiko ky'ebiteesebwa, amannya g'abateesa abaleeta ebirowoozo tegeetaaga kuwandiikkibwamu.

4. Okukuba akalulu bwe kuba nga kwa maloboozi ku biteeso, kuyinza okulagibwa ng'ekiyisiddwa oba ekigaaniddwa. Mu kubala emikono oba okuwandiika obupapula, ekiwandiiko ky'ebiteeseddwa kirina okulaga omuwendo omutuufu ogw'abawagidde ekiteeso n'abagaanye. Mu kiwandiiko ky'ebiteeseddwako, teekamu ebiteeso byonna ebikulu – ky'ekimu biyisiddwa oba bigaaniddwa. Toteekawo biteeso ebiggyiddwayo nga tebiteeseddwako.
5. Ssentebé alina okuyisa amaso mu bbago ly'ebiteeseddwa nga terinnaweebwayo okukakasibwa mu lukiiko oluddako, era, bwe kiba kyetaagisa ne looya.
6. Ekiwandiiko ky'ebiteeseddwa kirina okubeera nga kiri ku nsonga era nga kikwatagana n'ebyanjulwa mu bujuvu. Ebyanjulwa akakiiko birina okussibwa mu buwandiike era birina okuteekebwa ku kiwandiiko ky'ebiateesebwa, n'ebirala ebikwatagana n'olukiiko oba ng'ebiyungiddwa emabega ku kiwandiiko.

Mu bufunze, okubeera n'omugaso ogusinga, ekiwandiiko ky'ebiateesebwa kirina okuwandiikibwa nga kigoberera enkola amanyiddwa ekwatagana n'olukalala lw'ebikozesebwa. Mu butuufu, ebintu bibiri byokka by'ebirina okubeera mu lukiiko – okuwuliziganya (okuwa amawulire agoomugaso) n'okusalawo (okusalawo okubaako ekikolebwa). Ekiteesebwako bwe kibeera kuwuliziganya, alipoota eyeekika eky'engeri yonna erina okuteekebwa ku bigendera ku kiwandiiko ky'ebiateesebwa, mu kifo ky'okuziteeka mu byateesebwa munda. Ekiteesebwako bwe kibeera kusalawo, ebintu ebisatu birina okwanjibwa:

- Ekisaliddwawo (KIKI)
- Obuvunaanyizibwa ob'okussa mu nkola/okugoberera (ANI)
- Ebintu birina kumalirizibwa ddi (DDI)

Okwanja okukubaganya ebirowoozo mu bujuvu si kyamugaso okuva lwe kiri ekizibu okubiwandiika, ebitwala ekiseera okusoma, ate nga biyinza obutabaako kyamaanyi kye byongera ku mutindo gw'ebiba bigenda okusalibwawo. Wabula, ekiwandiikkidwa kirina okubeera mu lulimi olutuufu olutuukana n'eddaala ly'abo abanjulirwa.



**BYA BASSENTEBE: ENGERI EKITUNDU KYA DAZINI KIRAMBA
EKY'OKWONOONAMU OLUKUNDAANA**

1. Kwata buli ssimu ejja nga muli mu lukiiko. (Kino kigalangatanya n'olukiiko olusinga okuba nga lutegekeddwa bulungi, ne kitawaanya, si muntu yekka gwe bakubidde essimu, naye buli muntu yenna)
2. Kubiriza buli mwogezi okukozesa ekkubo ery'okusomesa – kikolera nnyo bapulofeesa abamu – oleme kwonoona biseera ng'oggya ebirowoozo mu beetabye mu lukiiko. (Kiyamba nnyo buli muntu – okuggyako omwogezi – okumufuula atalina mugaso)
3. Tokozesa bifaananyi oba bipande oba ekintu ekirala ekiyamba okulabirako. Enkola bw'etyo eyingirira abantu abo abakola ebintu “n'amatu” era n'abalina obuzibu okukozesa ebiyungo ebyenjawulo mu kiseera ekimu. Okwo kw'ogatta okuba nga birina amaanyi ge byongera mu nkiiko, ebiseera ebimu ne kivaako okuwanvuya, okuyinza okwonoona enteekateeka.
4. Tokkiriza bantu kulaga kye baagala. Nyweerera ku ky'oliko ... ne ku lukalala lwo olw'ebiteesebwako nga bwe lulina okubeera)
5. Wa abantu amaanyi okwogeraganya ku bintu ebyebbali. (Kino kinyumira nnyo abantu aboogeraganya naye tekinyumira bantu balala.)
6. Musooke kwogera ku bigonjoola ekizibu, n'oluvannyuma mwogere ku mbeera nga bw'eri, nga mugezaako okugonjoola ebizibu ebiyinza okubalukawo (kyongera emikisa egy'okutwala kyonna ekisooka okulabikawo nga kigonjoola ebizibu awatali kutunuulira birala ebisoboka. Kiyinza n'okusendasenda okubaako ne by'olekayo ebitagwa mu ngojoola y'ekizibu gy'oyagala).

Ekvukukolwako

GGWE SSENTEBE OBA OLI MWOGEZI

Lumu mu lukujjaana lwa MSA, eyali akubiriza olumu ku ntuala yayanjula omwogezi. Bye yayogera mu kwanjula okwo byasinga ku kwogera kwennyini obuwanyu. Okwongereza okwo, ekiseera ky'ebibuzo n'okwanukula bwe kyatuuka yeetumiikiriza n'ayanukula, ekintu ekitaasanyusa mwogezi. Okwongerezaako, yagezaako okufunzafunza ebyayogerwa ng'omwogezi amaze, ekintu omwogezi kye yagaana. Ssentebé ono yayomba n'omwogezi nga bw'amwogerera nga bwe yaliakoze obubi ng'eno bw'amusomesa adab ne Akhlaq. Olutuula lwonna lwagwa butaka era omwogezi n'anyiiga nnyo.

Ebiseera bingi tusanga abantu abafaanana n'ono abakwata obubi obuvunaa-nyizibwa obw'okukubiriza olukiiko olw'obutaba na bumanyirivu oba obutamanya. Beetaaga okubangulwa ku mulimu gw'obwassentebe. Ebintu by'olina okujukira ebikulu bye bino:

1. Yanjula aboogezi ng'ossa essira ku bye batuuseeko ebituukana n'omulamwa ogugenda okwogerwako.
2. Togamba nti omwogezi amanyiddwa bulungi era agenda kweyogerako, kino kivumo. Abantu abensa tebeeyogerako.
3. Ng'olukiiko terunnaba, wandiika ebibuzo ebimpi abiddemu.
4. Okwanjula kufuule kufunda ate nga kuli ku nsonga.
5. Tofuuka nkonge oba alemesa wakati w'abawuliriza n'omwogezi. Bayambe okuwuliziganya awatali abakuba ku mukono.
6. Omwogezi mubuulire ekiseera ky'alina n'obubonero bw'onookozesa okumubuulira ebiseera ebisigaddeyo. Bino bimubuulire ng'olukujjaana terunnatandika.
7. Langirira enteekateekayo ey'okukubirizaamu olukiiko naddala engabanya y'ebiseera.
8. Toleka mwogezi kukubiriza lutuula lwe. Okukubiriza n'okwogera mirimu ebiri gyanjawulo era tebirina kutabulwa.
9. Omwogezi muwe eggiraasi y'amazzi.
10. Ng'olukujjaana terunnatandika, kebera emizindaalo, kamera n'ebiyuma ebikozesebwa mu kulaga.
11. Beera ku kituuti eddakiika kkumi ng'olukiiko terunnatandikaa.
12. Ekiseera kyonna olukiiko kye lumala, beera ng'otumuulidde abawuliriza.
13. Tova ku kituuti. Teekawo omuntu aba ajja okukola ky'oyagala buli w'omwetaagira.
14. Tegeka emmeeza ebeere nnyonjo, ng'erabika bulungi, nga tekuli bintu bitalina mugaso. Kozesa olugoye oba olupapula.
15. Tegeka ekkalaamu n'olupapula okuwandiika wansi ebintu bye weetaaga okukolako.
16. Ekiseera kyonna ekyokwogera, labikira mu kifaananyi eky'omuntu ataddeyo omwoyo era ayagala ky'aliko – toyayuuya ng'oli ku kituuti oba okuloota ng'otunula.

IV. Kalonda akwata ku kuyiiya

Okuyiiya ge maanyi oba obusobozi obw'okuleetawo ekipya, amakulu okukozesa amakubo agatali gaabulijjo okukola, okukulaakulanya, oba okutuukiriza ekigendererwa. Okuyiiya kwetaagisa okuleeta ebipyga n'okulowooza bw'oba oliko embeera gy'okolako. Bwe tuba tukubiriza oba nga tuteekateeka enkiiko, tuyinza okwongeramu obusobozi okubeera abayiiya oba okunyigiriza eky'okuyiiya nga tuyita mu bye twogera oba bye tukola oba bwe tukkiriza abalala okwogera oba okukola. Tugenda kutunula ku ngeri gye tuyinza okubeeramu abayiiya mu kulowooza, enkolagana eyaawamu, n'okukola emirimu erimu okuleeta ebipyga.

A. Okuteekawo enkolagana ennungi ey'abantu

Ebirowoozo ebirungi ebiyamba ku nkolagana ennungi bye bino:

1. Beera alimu essuubi: Genderera n'endowooza ezaamu essuubi oleke emalamu amaanyi. Buli kikolwa n'embeera birowoozeemu kirungi okusinga okubirowoozaamu ekibi.
2. Omwogezi bw'aba nga y'ali waggulu: Abantu baleke bagabane ku bigenda mu maaso n'ebirowoozo byabwe mu kifo ky'okwogera; abantu tobasindika n'obaleka ne babeera nga be bali mu mitambo.
3. Yogera nti: "Nze": Weeyogerere n'ebyo by'okkirizaamu; ky'oyogera kifuule kikyo.
4. Kkiriza okuyitawo: Tosindiikiriza bantu aboogedde ennyo oba abawaayo ebirowoozo nga bwe baagala; ssa ekitiibwa mu kuyisaawo (bye baagala) oba okubivaamu.
5. Ebigambo ebitta: Weewale ebigambo ebitta okugeza okukkakkanya, okuvuma, okujerega, n'ekintu kyonna ekitali kirungi; kozesa ebigambo ebigezaako okutegeera ng'omulala bw'awulira n'okweteeka mu ngatto ze.
6. Okukakasa: Kozesa ebigambo ebirungi nga bwe kisoboka, abantu bawe emirembe, bayambe, bawaane era obeebaze nga bikuva ku mutima, tolwisaayo kwebazza basseeko ebirowoozo era obeere akkiriza.

B. Obuyiiya mu kulowooza

Obuyiiya mu kulowooza kwetaaga okusumulula ekkubo ery'okutuuka ku birowoozo gye kukoma n'okukuba ekifaananyi kyonna eky'okumanya n'obumanyi-rivu. Teri kyonoona mitendera egyo kusinga kukozesa bigambo bye tumanyidde bwe tuba twolekedde ekintu kye tutawulirangako oba ekitatuwa mirembe. Ebimu ku bigambo ebyo bye bino:

<i>Ekyo tetukikolangako bwe tutyo!</i>	<i>Kigenda kwongera ku bintu bye tukozesa (overheads)</i>	<i>Obwo obuvunaanyizibwa si bwaffe, bwabwe!</i>
<i>Tekiri mu mbalirira yaffe!</i>	<i>Naye tebagenda kukikki-riza!</i>	<i>Tuteekewo akakiiko!</i>
<i>Ekyo tekikola kya mu bitabo!</i>	<i>Todduka nnyo misinde (eyo supiidi nnene)!</i>	<i>Obwo si buzibu bwaffe!</i>
<i>Singa ekirowoozo bwe kityo kyali kirungi, wandibaddewo eyali akireese!</i>	<i>Tugumiikirizeeko tulabe! (Tulindeko!)</i>	<i>Twakeerewa nnyo!</i>
<i>Leka tukyogereko olulala!</i>	<i>Kino kijja kutuwa mirimu mirala!</i>	<i>Tojja kusobola kumatiza</i>
<i>Tuli batono nnyo okukikola!</i>	<i>Tukiteeke mu buwandiike!</i>	<i>Lwaki oleeta ekintu ekipya kati?</i>
<i>Kibadde bwe kityo okumala emyaka amakumiabiri, n'olw'ekyo kiteekeddwa okubeera ekirungi!</i>	<i>Tekigenda kukola mu mirimu gye tukola!</i>	<i>Bye tutunda byeyongera kugenda waggulu!</i>
<i>Mmanyi nti tekigenda kukola!</i>	<i>Tetukolangako bwe tutyo!</i>	<i>Tuzzeemu ekintu ky'ekimu nate!</i>
<i>Teri muntu ameri obumezi amannyo agenda kumbuulira butya bwe nzirukanya ekibiina kino!</i>	<i>Tewali mateeka mwe kigwa!</i>	<i>Siraba we bikwataganira!</i>
	<i>Tekijja kukola!</i>	<i>Tetusobola kukikola mu mateeka ge tulina!</i>
	<i>Tetulina bakozi (bagenda kukikola)!</i>	<i>Ako ka bbomu ka byabufuzi!</i>
	<i>Twakigezaako dda!</i>	<i>Tekiri mu ntegeka!</i>
	<i>Ebyo bikola mu bigambo, naye osobola okukissa mu nkola?</i>	<i>Tekiri mu kitabo! (Manual)!</i>
	<i>Ekyo kyamulembe nnyo!</i>	
	<i>Eyo nkola nkadde nnyo!</i>	

C. Okussanyalaza eky'okuleeta ebipyä

Okuleeta ebipyä mulimu gwa birowoozo ebiyiyya ebitunuulira embeera okuva ku nsonda endala era nga byagala okuwa endaba empya ne bisalawo okugezesza enkola empya ebiseera ebimu eyinza okugaana okukola. Ebiseera ebisinga, okuleeta ebipyä liba ly'essuubi lyokka ery'okugonjoolamu ebizibu oba okuva mu mbeera enzibu (etetegeerekka). Wabula, abo abali mu mitambo gy'olukiiko oba pulojekiti, bulijjo bakola mu ngeri eyinza okusannyalaza embeera ereeta ebipyä. Ng'awandiika mu *The change Masters: Innovation Productivity in the American Corporation*, R. Kanters akola olukalala olw'ebintu bye tukola ebivaamu okusannyalaza obusannyalaza ekireeta ebipyä mu kifo ky'okukiwigira.

- Okubuuusabuusa** Bala ekirowoozo kyonna ekipya ekiva wansi n'okubuuusabuusa – kubanga kipyä era kubanga kiva wansi.
- Okukkiriza** Lemera ku ky'abantu abaagala okubakkiriza okubaako ne kye bakola okuba nga balina kusooka kuyita mu madaala amalala ag'enzirukanya y'emirimu agenjawulo okufuna emikono egyetaagisa.

Okusoomooza	Lagira ebitongole ebyenjawulo oba abantu okusoomooza n'okuwakanya buli kirowoozo abalala kye baleeta. (Ekyo kikuyamba obutasalawo – otwala butwazi oyo aba asinzizza amaanyi).
Okuwakanya	Wakanya butereevo nga bw'oyagala. (Ekyo kikuumira abantu ku bunkenke). Bategeeze ng'ekiseera kyonna bwe bayinza okugobwa.
Ebizibu	Okunoonya okumanya ebizibu kufuule ng'akabonero ak'okulemerwa osobole okumalamu abantu amaanyi okukutegeeza ddi lwe wabaawo ekintu ekitakola mu bifo byabwe.
Okufuga	Buli kintu kisse mu mikono gyo (ekifuge) n'obwegendereza. Kakasa nti abantu buli kyetaagisa okubala bakibala – buli kiseera.
Kyusa	Salawo okuddamu okuteekateeka oba okukyusa enkola mu kyama abantu obibakubeko nga tebategedde. (Ekyo nakyo kikuumira abantu ku bunkenke).
Ensonga	Kakasa nti buli ayagala okufuna amawulire taba na nsonga ntuufu, era okakase nti amawulire agabaweebwa abaddukanya emirimu wansi tegamala. (Toyagala bikwata ku nsonga kugwa mu mikono mikyamu).
Okusigira	Abaddukanya emirimu wansi basigire obuvunaanyizibwa, mu linnya ly'okusigira n'okukkiriza abantu okwetaba mu mirimu, obw'okulaba engeri ey'okusalako, okugoba n'okukyusa abantu mu bifo, ekitali ekyo teeka mu nkola okusalawo okukangakanga kw'okola.
Byonna bimanye	Teweerabira nti mmwe abali waggulu, mumanyi buli kintu ekikulu ku bizinesi eno.

Ekitone kya Da 'awah: Essomo Erissika mu Nkola ku Bumu!

Imamu Hasan al Banna yali agenda bw'ati okusaala tarawiihi (talawiya) mu muzikiti ne wabalukawo obutakkaanya obwamaanyi n'oluyoogaano mu bantu. Abamu baali baagala kusaala laaka munaana sso ng'abalala baalemrako nga bagamba nti baalina kusaala laaka amakumiabiri. Baamubuuza abasalirewo eyali omutuufu n'omukyamu. Teyabaddamu, kubanga kyonna kye yandizzeemu kyandyongedde kusajjula mbeera. Kye yakola yababuuza nti: "Tarawiihi faradhwa (tteeka okugisaala) oba ssunna?" Bonna baddiramu kumu nti: "Eyo ssunna!" Olwo kwe kugattako nti: "Naye obumu bw'Abasiraamu bwo faradhwa. Abaffe tumenyen faradhwa olw'okwagala okuyimirizaawo ssunna? Tubeera na mu mbeera nnungi singa tusaalidde ka ne tukuma obumu bwaffe n'oluganda."

IV. Ffoomu Ekola ku Bitali Bimu Ey'okulaba oba Enkiiko z'Obukiiko Nnungi

Teeka akabonero X mu kabookisi akali ku mukono ogwakkono ogw'ebibuuzo by'oyagala okwanukula nti "yee". Tobaako na ky'oteekawo eky'okuddamu bwe kiba "Nedda."

Ekitundu A

- [] 1. Akakiiko kategeera emirimu gyako?
- [] 2. Abateesa baabaddde n'olukalala lw'ebiteesebwako oba we bawandiise eby'okutesaako mu bufunze?
- [] 3. Olukalala lw'ebiteesebwako lwabadde lulowoozeddwako n'obwege-ndereza era nga lwakoleddwako n'okulowoolereza ab'akakiiko bonna?
- [] 4. Abakiise baaweebwa akaseera akamala okwetegeka?
- [] 5. Baalina ebirowoozo ebyenjawulo?
- [] 6. Baaganyulwa mu ngeri ezimba mu kwawukana kwabwe, okuwakanya, oba obutakkiriziganya na nsong?
- [] 7. Waabaddewo ebirowoozo ebirungi ebimala okukubaganyaako ebirowoozo?
- [] 8. Byali bikkiriza okukyukakyuka?
- [] 9. (a) Bye boogerako baabaddde babitegeera bulungi, baakoze okwetegeka okumala, baasomye, baasengenze, ne bakola okusalawo nga basinziira ku kukubaganya ebirowoozo okujjuvu?
- [] 9. (b) Beesigamidde nnyo ku mukulembeze?

Ekitundu B

- [] 1. Okukubaganya ebirowoozo kwabaddemu amaanyi?
- [] 2. Olukiiko lwatandise era ne luggweera mu biseera?
- [] 3. Mwabaddemu nnyo okulaga endaba mu kifo ky'okugatta ewamu ebirowoozo?
- [] 4. Abakiise abamu baabaddde beetya okuwaayo ebirowoozo byabwe?
- [] 5. Waabaddewo omukiise omu eyabadde ayagala okwefuga olukiiko?
- [] 6. Waabaddewo okugenda mu maaso ku nsong, oba okukubaganya ebirowoozo kwawubisiddwa ne kuva ku mulamwa?
- [] 7. Abantu abasukka ku babiri baavudde ku mulamwa? Baalabise nga tebaagala? Beebase? Baabaddde balina ebintu bye bazannyisa?
- [] 8. Wasobodde okulaba abantu "aboomutawaana" aboogeddwako wamma-nga?
 - [] Abamala gakkiriziganya nnyo na buli kimu
 - [] Abalaba buli kintu nga kibi
 - [] Abatasalawo (bannampawengwa)
 - [] Aboolesa obulabe
 - [] Abeemulugunya abajjuvu
 - [] "Bammanyi byonna"

Ekitundu Ekyokusatu

- [] 9. Osobola okulengera “olukwe” olukoleddwa emabega w’olutimbe? Okukissa mu bigambo ebirala, waabaddewo abakiise abaagezezzaako okusindii-kiriza okuyisaamu ebirowoozo byabwe bikkirizibwe bunnambiro nga byakafuna obuwagizi obumala nga tebakkirizza balala kaseera kamala okwetaba mu kubikubaganyaako ebirowoozo?

Ekitundu C.

- [] 1. Waliwo mmemba ateetabye mu kuteesa?
[] 2. Abantu baabaddle bajumbize era nga baagala nnyo okuwandiika wansi pulaane?
[] 3. Waabaddewo obuzibu bwonna obwayogeddwako naye nga tebwagonjodwa? Bwe buli wa?

1. _____

2. _____

3. _____

- [] 4. Wabaddewo embeera yonna ey’obulabe?

- [] 5. Okutwalira awamu olukiiko olutwala otya? Teeka X mu kabookisi akamu ku buno:

[] Si lulungi [] Lwamumakkati [] Lugenderawo [] Lulungi
[] Lusuffu

- [] 6. Olowooza kulongoosa ki okwandikoleddwa mu nkiiko ezifaaana zityo?

OKUPIMA EMIRIMU GYA BASSENTEBE – FFOOMU ENNYIMPI

Teeka akabonero X mu kabookisi akali ku ludda olwakkono w'ebibuuzo by'oyagala okuddamu nti "Yee." Tobaako ky'oteekawo okuddamu bwe kuba "Nedda". (Awali omusajja bwe kiba kyetaagisa teekawo mukazi mu bibuuzo ebijja wammanga):

- [] 1. Olutuula lwatandise mu budde era ne luggweera mu budde?
- [] 2. Abantu beetabye bulungi mu kuteesa?
- [] 3. Amateeka agafuga entambula y'enkiiko gaagobereddwa?
- [] 4. Ssentebé yabadde awulikika bulungi?
- [] 5. Yayolesezza obusobozi obwamagezi okupima mu mbeera n'okusalawo amangu mu ngeri entuufu?
- [] 6. Yayolesezza okufaayo ku mpulira eyasinze mu bantu awatali kutawaanya lukiiko?
- [] 7. Obwassentebe gwabadde mulimu gwa kifo oba muntu?
- [] 8. Abeetabye mu lukiiko baabeereddewo ddala mu mubiri ne mu birowoozo?
- [] 9. Omwogezi yayanjuddwa bulungi?
- [] 10. Okukubaganya ebirowoozo kwatambuziddwa ne kutunula ku mulamwa omuntuufu?
- [] 11. Ssentebé yabadde ayambadde bulungi?
- [] 12. Ekituuti kyabaddé kiyonjo?

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Olukalala olw'ebi'okuteesaako lulina bukulu ki mu kutambula kw'olukiiko obulungi?
2. Lwaki ebantu eby'omutawaana birina kuteesebwako ng'abantu bagenda kuwummulamu?
3. Lwaki ebibuuzo bikulu okusobozesa okuteesa okutambula obulungi?
4. Mbeera ki esinga obulungi esobozesa okulonda ebibuuzo ebisinga obukulu mu kibinja ekinene?
5. Bigendererwa ki ebikulu ebisatu eby'ekiwandiiko eky'ebiateesebwako?
6. Kusalawo ki okuwandiikibwa mu kiwandiiko ky'ebiateesebwako?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

EKIBIINA KYO EKY'OBUSI-
RAAMU KIRINA OKUWAAYO EKI-
WANDIIKO OMULI ENDABA YAA-
KYO KU NSONGA ENZIBU MU
MBEERA EY'EBYOBUFUZI. PULEZI-
DENTI AKUSABYE OKUKUBIRIZA
OLUKIJKO OLW'ABANTU ABAKU-
LU MU KIBIINA AMAKUMI ASA-
TUMUBATAANO OKUBAGA KU
KIWANDIIKO EKYO. OSAZEEWO
OKUSABA BAMMEMBA BASATU
OKUTEEKATEEKA OLUKIJKO KU
BYAYITA, EBIRIWO N'EBIJJA KU
NSONGA. OYAGALA OKUKUBIRIZA
OLUKIJKO OLUNAAVAAMU EBI-
BALA. MU KISEERA KY'EKIMU,
ABAKIISE BEESUNGA NNYO OKU-
BAAKO N'EKY'OKUSALAWO KYE
BATEEKAMU MU NSONGA ENO.

1. *Wandiika akabaluwa ak'omunda ng'obayita mu lukiiko. Teekamu olu-
kalala lw'ebinaateesebwako n'ebi-
seera.*
2. *Wandiika mu bufunze pulaane yo
ey'okukubirizaamu olukiiko. Teekamu
engeri gy'onookakasaamu
okulaba ng'abantu beetaba mu
kuteesa mu bujuvu, n'okuddamu
ebibuuzo okumatiza, n'okukkirizi-
ganya ku kintu ekyawamu.*
3. *Kolawo ffoomu ey'okuwandiika
ebiteesebwa mu lukiiko luno.*

Engeri y'Okukozesaamu Ebyuma Eby'amaloboozi n'Ebifaananyi

-
1. Lwaki twetaaga ebyuma ebyo?
 2. Butya bwe tukozesa ebyuma eby'amaloboozi n'ebifaananyi?
 - A. Okuteekateeka
 - B. Okulaba ebyetaagisa
 - C. Okubikozesa
-

EKIGENDERERWA MU MUSOMO GUNO

Woonoomalirako essuula eno oija kuba osobola:

- Okusalawo ku bintu ebirungi mu byuma eby'amaloboozi n'ebifaananyi
- Okutegeka eby'okukozesa ebituufu ku maloboozi n'ebiraga
- Okukozesa ebulungi ebyuma eby'amaloboozi n'ebifaananyi

I. Lwaki tukozesa ebyuma eby'amaloboozi n'ebiraga ebifaananyi?

Abanoonyereza ku misomo egy'abantu abakulu batugamba nti abantu bayiga mu ngeri zanjawulo. Abamu mu ffe bayiga nnyo nga bayita mu bye balaba, n'abalala mu bye bawulira. N'olw'ensonga eyo, okuyiga kutuuka ku ntikko ebiyigibwa mu ngeri zombi ebirabwako n'ebiwulirwa.

Obubaka obuli mu bintu ebiwulirwa n'ebirabwa bututuukako nga buyita mu makubo ago abiri: ebirabwa n'ebiwulirwa. Tuwulira nnyo ne tukwata kinene ebyo bye tuyiga empuliziganya ey'ebigambo bw'eba nga yeegattiddwako obubaka obw'ebyo bye tulaba. Ebiyamba mu kusomesa ebirabwako biyamba okulunga ebintu ebitali bimu era n'okuggumiza okusomesa.

Tuwangaalira mu mulembe ogumanyiddwa okufuna obubaka obwenjawulo bwo-nna nga buyita mu kuzuukusa obusimu bwaffe. Okuwa abawuliriza ebintu ebyenja-wulo ebisisimula obusimu bw'omubiri kiyinza okuyamba abantu okukutegera amatu mu mbeera eno.

Obuveera obulaga ebifaananyi, ebifaananyi ebiseesetulwa ku pulojekita, n'empa-pula ennene ezikyusibwa, bimu ku byokulabirako eby'ebintu ebiyamba mu kusomesa, ng'ebiyamba n'ebiwandiiko ebiweebwa abasomi, omusomesa w'abeerera nga y'ali mu mitambo era ng'abbinkidde mu kusomesa. Filimu (teepu za vidiyo oba entambi ezitambula) ebintu ebikolerwa ku kompyuta, n'ebifaananyi ebiseesetulwa/obutambi ebikozesebwa mu kusomesa, bimu ku bifaaananyi eby'ebintu ebikozesebwa mu kusaasaanya amawulire ebiyinza okukozesebwa byokka mu kwesomesa nga tewali musomesa.

Ekisumuluzo eky'enteekateeka ennungi kwe kulonda ekikozesebwa oba ekiyambako kye tuyinza okukozesa okufuna ebifaananyi ebisinga obulungi n'okuba ku mutindo ku maanyi ag'ebikozesebwa ge tuba tulina.

II. Butya bwe Tusobola Okusomesa nga Tuyita mu By'amaloboozi n'Ebiraga Ebifaananyi

A. Okuteekateeka

Okuteekateeka bintu ki ebiwuliza oba okulaga eby'okukozesa, era ddi ly'eddaala erisooka mu kusomesa ebulungi. Kye tulina okulowoozaako okusooka bye bino: Okwesisigika, obwangu mu kukozesa, okuggyayo ekigendererwa, ne ssente. Tuyinza okutandika ku kuteekateeka n'okukunjaanya ebikwata ku bantu abagenda okwetaba mu musomo (abawuliriza), embeera ey'okusomesezaamu nga mwe muli n'ebyuma, n'obusobozi obuliwo mu kubikozesa.

Bwe tumala okusalawo ku ky'okukozesa, tulonda eby'okulaga nga tuyita mu bye tugenda okusomesa okulabamu ebifo ebikulu. Kebera emiramwa, emitendera emizibu, eby'okubuilira abantu ebikulu ennyo ebiteebereka oba obubaka obuzzaamu amaanyi. Weekkaanye buli kyakukozesebwa mu kulaga ekirowoozeddwako. Kirina okubaako kye kigatta mu kukkaatiriza obubaka, naye si kubutabula. Kirina okubeera ekyangu, nga kitegeerekeka, era nga kirabika bulungi buli kiseera. Omutindo, okukakasa nti kigenda kuleetawo enkukyakyuka ennungi, kikulu okusinga omuwendo gw'ebiko-zesebwa. Eky'okulaba ekimu ekirungi kiyinza okukola ebintu bingi okusinga ebingi ebitali birungi.

Oba bibadde byakulagisa ebiseesetulwa (ebifaananyi), buveera obulaga ebifaa-nanyi, oba empapula ennene ezikyusibwa, ddamu weekenneenyenenteekateeka yo nga weebuuza ebibuuzzo bino wammanga!

- Ekintu kino eky'okweyambisa okulaga kyetaagisa? Bwe kiba tekyetaagisa kireke.

- Waliwo omulamwa oba omutendera oguyinza okunnyonnyolwa obulungi nga tuyita mu kukozesa ebifaananyi okusinga ebigambo? Bw'oba tolina kiragibwa ky'oyinza okukikozesaako funayo.
- Kyakuyiga ki ekimu abawuliriza kye balina okuddayo nakyo eka? Bw'oba tolina kifaananyi ky'okozesa kukiraga, funayo.
- Waliyo ebigambo oba emboozi by'oteekateeka okusimbako amannyo? Bw'oba osobola, kozesa ebifaananyi okubissaamu endasi.

B. Okuteekateeka

Bye tulaga biyinza okubeera ebigambo oba ebifaananyi oba byombi. Ebifaananyi bulijjo birabika bulungi ku kintu kwe tuba tulagira. Kozesa ebifaananyi mu kifo ky'okukozesa ebigambo buli we kiba kisobokedde. Kkala zirabisa bulungi ekiragibwa. Kyenvu, kakyungwa oba bululu omukwafu by'ebisinga obulungi.

Ebigambo ku lutimbe olulagirwako birina okuba nga bisomebwa omuntu ali mu buwanvu obwa ffuuti asatumubbiri okuva ku lutimbe. Ennyiriri eziriko tozisussa ku mukaaga oba musanvu; tosussa bigambo mukaaga ku lunyiriri. Kozesa ennukuta ezirabika obulungi: otandike buli kiragibwa mu kifo ky'ekimu. Tofuutiika nnyo, ky'ekimu biri ku kaveera akalaga ebifaananyi, oba ku filimu okuwandiikibwa, oba ku mpapula ennene.

Okukozesa ebifaananyi ebiragirira bulijjo bibeera mu ngeri ya misittale, layini engazi oba enkulungo. Kozesa emisittale emikwafu egiraga ebintu era tokozesa misi-ttale gya busimba okuggyako nga girina obubaka bwe giwa. Laga emisittale emigazi nga gyetadde bulungi. Kozesa amawulire amakulu gokka ku buveera n'enkulungo. Kozesa ebifaananyi okulaga ebitundutundu by'omusomo n'engeri gye bikwataganamu, ne maapu okulaga entegeka y'ebifo n'engeri gye bifaanananamu.

Ebigambo ebingi ennyo, obugambo obutono obutasomeka, ebigambo ebiwandii-kiddwa mu buli kafo, oba enkozesu embi eya langi bisobola okufuula ekiragibwa kyonna ekizibu okulaba n'okusoma. Tegeka obuveera bwo obutangaala busobole okutegeerekeka bw'oba ng'okola ku bipande, ng'okuba obufaananyi obulaga, ng'oga-tta ebifaananyi, oba byangu, oba enkalala okuli emiwendo. Bikole nga byangu, ng'otaddemu byokka ebyetaagisa.

C. Okusomesa (okulaga)

Kekkereza ebiseera by'omala ng'omugongo gwo oba embiriizi by'okubye abawuliriza ng'oli mu kulaga by'olaga. Tolekaako biragibwa kumala kiseera kiwanvu nnyo. Bitwaliriza ebirowoozo. Tosomera bawuliriza by'olaga. Ekyo kibakooya. Teweесigamira nnyo ku biyamba okusomesa; ebiyamba okusomesa bibeerawo kwongereza ku kusomesa kwo. Ekintu ekikulu ekirina okutekebwako essira mu ltuula olwo ye ggwe.

Kakasa nti tekinoologiya akola: Kebera oddemu okebere. Gezesha otambuze. Funa ebintu ebiyinza okuyamba singa waba waguddewo obuzibu. Manya eky'okukola singa tekinoloogiya agaana okukola, ne bwe kiba nga kikalaamu ekiwandiisibwa (abantu abasinga kye balowooza okuba nga ky'ekivaako obuzibu nga kikalidde.)

III. Emigaso n'ebizibu

Okunnyonnyola ebigambo

- Obuveera obutambula: Buveera ng'obwa filimu z'ebifaananyi obuteekebwa ku pulojekita ku lutimbe olugazi olwesambyeko.
- Filimu etangaala: Filimu etangaala omuntu gy'ayinza okukozesa okuwandii-kako, ng'eyisibwamu ettaala n'eraga ku lutimbe olunene oluli okumpi.
- Empapula ennene: Zino mpapula nnene nnyo ngazi ziteekebwa ku mbaawo nga buli oli lw'amala okukozesa lw'akyusa ng'aggyawo.

Okugeraageranya emigaso gy'obuveera obuteekebwa mu pulojekita, filimu etangaala n'empapula ennene	
Obuveera obuteekebwa mu pulojekita	<ul style="list-style-type: none">➤ Oyinza okuddamu okutegeka obuveera ebibinja ebyenjawulo ne bibukozesa➤ Obuveera butono era bwangu okuweereza mu posita oba okubukwata.➤ Okuddamu okukola obuveera si kyabbeeyi.➤ Buyinza okukozesebwa mu maaso n'emabega.
Filimu etangaala	<ul style="list-style-type: none">➤ Eyinza okukozesebwa mu kisenge ne bwe mubaamu ekitangaala.➤ Oyinza okusigala ng'oyolekedde abawuliriza era nga mutunuuliganye.➤ Oyinza okwekolera filimu mu bwangu ate nga tekiku-tutteeko ssente nnyingi.➤ Pulojekita zaabwo nnyangu okukozesebwa.➤ Okubuddamu okubwetegereza, n'okubwongeramu kwangu; oyinza okubuwandiikako.➤ Oyinza okufuga engeri gye bugenda bugoberegana n'okubumalayo.➤ Oyinza okubukozesa okukola ebisomesebwa by'onoo-wa abantu.➤ Oyinza okubusomesezaako nga bukuli mu maaso.

Empapula ennene	<ul style="list-style-type: none"> ➤ Tezizitowa era oyinza okwanguirwa okuzizingako osobole okutambula nazo. ➤ Nnyangu ate zanguwa okusomesesaako ng'abantu bakulaba. ➤ Si zabbeeyi ate nnyangu okufuna. ➤ Osobola okukuma ekitangaala ekyabulijjo mu kisenge. ➤ Osobola waakiri okusigala ng'abantu obatunuulirako ekitundu. ➤ Osobola okutereka ebiwandiikkidwa byonna.
------------------------	---

Okugeraageranya ebizibu ebiri mu buveera obuteekebwa mu pulojekita, filimu etangaala n'empapula ennene	
Obuveera obuteekebwa mu pulojekita	<ul style="list-style-type: none"> ➤ Ebintu by'oyogerako buli lwe bikyuka oba olina okukola obuveera obupya. ➤ Ekitangaala mu kisenge kirina okubeera ekitono, ekintu ekikendeeza okutunuuliragana n'abawuliriza. ➤ Weetaaga ekiseera kinene okutegeka n'okutereeza obuveera ng'olukunjaana terunnaba. ➤ Obuveera butera okukugira okukuabaganya ebirowoo-zo okutuusa ng'okulaga kuwedde.
Filimu etangaala	<ul style="list-style-type: none"> ➤ Zeetaaga entimbe eziyinza okwetooloola. ➤ Okuzisaasaanya si kwangu nga bwe kiri ku buveera obuteekebwa mu pulojekita. ➤ Ebifaananyi ebya kamera tebiraga bulungi ku filimu ezo.
Empapula ennene	<ul style="list-style-type: none"> ➤ Tezigendako bintu bingi. ➤ Ebintu ebizibu okuwandiikibwako ng'olukiiko terunnaba byetaaga ekiseera kiwanvu. ➤ Empapula nga zibadde zaategekeddwa dda ziba tezikkiriza kukyuka mu ngoberegana. ➤ Olina okukuba abawuliriza omugongo bw'oba owandiika. ➤ Okulaba ebiriko kuyinza okufuuka ekizibu. ➤ Olupapula kw'okeberera eby'amaloboozi n'ebiraga ebifaananyi

AKEESO AKALAGA ENKOZESA N'ESSENTE EBYETAAGISA

Buli musomo oguba gugenda okubeerawo, ddamu weetegereze enkozesza ne ssente ezeetagisa ky'ogenda okukozesa

KY'OLOOWOZAAKO	AKATA-MBI KAVIDI-YO	AKATA-MBI AK'AMA- LOBOO-ZI	OBUVEE- RA OBU- SEESEE- TUKA	EBIKU- BE MU BYAPA	OBUV- ERA OBUTA- NGAA- LA
Bigasa mu: ➤ Okwesomesa ➤ Okusomesa okwesigamiziddwa ku kompyuta ➤ Ebisenge omugezese-bwa ➤ Emisomo egirimu okukubaganya ebirowoozo. ➤ Emisomo omutali kubaganya birowoozo.	YEE NEDDA YEE YEE YEE	YEE YEE YEE YEE YEE	YEE NEDDA NEDDA NEDDA YEE	YEE YEE YEE YEE YEE	NEDDA YEE NEDDA YEE YEE
Bikwata ku ➤ Ebiragibwa ➤ Eby'amaloboozi ➤ Okusomesa kwonna okutwalira awamu	YEE YEE NEDDA	NEDDA YEE NEDDA	YEE YEE YEE	YEE NEDDA NEDDA	YEE NEDDA NEDDA
Ssente: ➤ Zeetaagisizaawo/okukulaakulanya ➤ Okuteekayo ebikozesebwa ➤ Okusomesa ➤ Okuddaabiriza	YEE YEE NEDDA NEDDA	YEE NEDDA NEDDA NEDDA	YEE YEE NEDDA NEDDA	YEE NEDDA NEDDA YEE	YEE NEDDA NEDDA NEDDA
Ssente ez'okukozesa, okutwalira awamu: ➤ Nnyingi ➤ Zaakigero ➤ Ntono	YEE NEDDA NEDDA	NEDDA NEDDA YEE	NEDDA YEE NEDDA	NEDDA YEE NEDDA	NEDDA NEDDA YEE

**IV. Olukalala olw'okulabirako okukozesa eby'amaloboozi
n'ebiraga ebifaananyi**

(obuveera obuteekebwa mu pulojekita, filimu etangaala n'empapula ennene)

EKINTU	YEE	NEDDA
1. Ebyuma ebikozesebwa: Olina		
- Omusonsekebwamu amasannyalaze obw'ebituli ebisatu?	_____	_____
- Waya esika amasannyalaze?	_____	_____
- Omuti gw'ennoni omulala?	_____	_____
- Ekkalaamu eziseerera oba ebikalaamu ebinene?	_____	_____
- Ettaala z'amasannyalaze endala eza pulojekita?	_____	_____
2. Ebintu ebikozesebwa: Olina		
- Asobola okukuguza met A-V?	_____	_____
- Okulagirirwa engeri y'okukozesaamu ebyuma?	_____	_____
- Otegedde engeri ennyangu ey'okufunamu ekyuma ekirala?	_____	_____
- Otegese okufuna ekyuma ekiyamba mu kisenge?	_____	_____
- Omaze okugezesu ebyuma byonna?	_____	_____
3. Okukebera ekisenge: Omanyi		
- Amapeesa agateekako ettaala we gali?	_____	_____
- Oba entimbe zija kuzyiza ekitangaala ekiva ebweru?	_____	_____
- Obusonsekebwamu amasannyalaze gye buli?	_____	_____
- Oba waya z'amasannyalaze mpanvu ekimala?	_____	_____
- Oba ziyanza okukwasibwa wansi okulemesa okuziwalala?	_____	_____
- Essimu esinga okubeera okumpi w'eri?	_____	_____
- Ani gw'oynza okuyita okuyamba?	_____	_____
4. Enttekateeka y'ekifo: Ekifo engeri gye kitegekeddwamu		
- Wakoze ku nteekateeka y'ekifo ng'obudde tebunnaba?	_____	_____
- Olutimbe luli waggulu ewamala abantu bonna okulaba?	_____	_____
- Wayinza okulabika okuva EMABEGA ne mu maaso?	_____	_____
- Emitwe gy'abalabi tegiibe mu kkubo ly'amataala?	_____	_____
- Eddoboozi n'obutereeza birambiddwa n'obutambi?	_____	_____
5. Okwegezaamu mu ngeri y'okusomesaamu:		
- Ebigenda okulagibwa biri mu ntegeka nnungi?	_____	_____
- Oludda olutuufu lwe luli waggulu?	_____	_____
- Oyiseeyise mu pulogulaamu waakiri omulundi gumu?	_____	_____

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Ebiragibwa ebiyamba ku kukusomesa byamirundi emeka ebiyinza okoko-zesebwa ne kiteetaagisa musomesa?
 2. Nnyiriri mmeka n'ebigambo bimeka ebirina okubeera ku kaveera akako-zesebwa mu pulojekita? Kigendererwa ki ekiri mu tteeka lino?
-

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA MU KUTEGEERA

NGA SSENTEBE W'AKAKIJKO
AKASONDA ENSIMBI,
OSABIDDWA OKWOGERA KU
PULOJEKITI EY'OLUKUNDAANA
LW'ABAGE-NYI. OTEEKEDDWA
OKWOGERA SI KU PULOJEKITI
YOKKA NAYE NE KU
NTANDIKWA YAAYO, NG'OMWO
MW'OTWALIDDE EBYA-FAAYO
BY'OMULIMU OGWEKICA EKYO
MU KIBINA KYAMMWE. OLINA
EBISEERA BITONO
EBY'OKUTEEKATEEKERAMU
N'OKUSOMESA.

1. *Ng'obaliridde ekiseera ekiriwo, wandiika wansi ebintu eby'amaloboozi n'ebiraga ebifaananyi by'oteekeddwa okulaga era oyogere ku mitendera mwe bigwa (obuveera, n'ebirala).*
2. *Wandiika mu bufunze enteekateeka ey'amangu gy'oyinza okukozesa okuwaanyisa ekimu ku bikozesebwa ku maloboozi n'ebiraga ebifaananyi n'eki-rala. Nnyonnyola engeri esaliddwawo gy'eyinza okukosa omutindo gw'ebyo-kulaga.*



Okwogera Eri Bannamawulire

-
- I. Ebyanjula
 - II. Ebisookerwako mu Yintaviyu
 - III. Okuwandiikira amawulire ag'empapula
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO:

Woonoomalirako essuula eno ojja kuba osobola:

- Okuwandiika eby'okufulumya mu mawulire ebirungi
- Okukola yintaviyu etuukiriza ekigendererwa.

I. Ebyanjula

Mu kakyo kano ak'ensi eyeesigamidde ku mawulire, kizibu bulijjo okutuusa obubaka bwaffe ku bantu nga tetukozesezza mawulire. Okusinga okulinda ebiseera ebyakanayokyani okugwawo ne tuleeta bannamawulire bakwate ensonga zaffe, tubeera bagezi singa tubeesooka ne tubasikiriza okutuggyako amawulire. Obubaka obweyolefu n'amawulire amatuufu, nga gaweereddwaayo mu bwesimbu n'obwesigwa n'okwagala okukolagana biba bijja kuyamba okuwuliziganya n'abantu nga tuyita mu mawulire.

Okuwuliziganya okukolebwa bulijjo, tulina okubeera n'amawulire agasookerwako kw'ani y'ani mu mawulire. Kino kisoboka bwe tuba tukolaganye n'ebitongole by'amawulire eby'omukitundu bye twagala okukozaesa. Kino tulina okukigoberezaako ebitundu by'amawulire ebiweebwa eri abawandiisi b'amawulire abenjawulo abalondobemu n'essimu nga tweyanjula ng'abagenda okubeera n'amawulire agoomugaso mu biseera eby'omu maaso. Kino kirina okuwanirirwa n'amawulire amapya agafulumizibwa, amawulire agaterekewa, ebbaluwa eri omukunjaanya, n'oktuuza enkuunjaana z'ab'amawulire we kiba kyetaagisizza. Kikulu okukuma buli nsisinkano n'okukwata amawulire.

Waliwo engeri nnyingi ez'okwogeramu ne bannamawulire, nga mulimu, okugeza ebbaluwa eri abakunjaanya. Wabula tujja kukoma ku kwogera ku ngeri bbiri – okuwa-ndiikira ab'amawulire ne yintaviyu.

II. Ebitandikirwako mu yintaviyu

Yintaviyu y'engeri esinga okubeera eyaabulijo mu mpuliziganya ey'ab'amawulire. Okuva lwe tukolagana n'abawandiisi b'amawulire abaabangulwa mu kukozesa yinta-
viyu, naffe kiba kyamugaso okubaako n'okutendekewa kwe tukola.

Ekkubo ery'okukolamu yintaviyu lirina kugoberera bino: okwogera obubaka, okubuwanirira n'okubulaga mu bifaananyi. Okuddamu ekibuuzo ekisokerwako kulina kubeera mu bufunze, si mu bulambulukufu. Kino kiba kijja kuwa omuwandiisi amaa-nyi okubuuza ekibuuzo ekigoberera kino. Kino tukiddamu na kunnyonnyola na kuwa bujulizi ku bikolwa byaffe n'enteekateeka ze tulina. Era tukozesa bigambo okusikiriza abakozesa yintaviyu okubuuza ebibuuzzo ebyongerezaako. Mu kiseera kino, tugaziya-ko ku kunnyonnyola ne tuwa n'ebifaananyi oba okulambulula nga tugeraageranya ebintu ebyenjawulo. Okuva yintaviyu lw'eba ejja okutereezebwa esobole okukola eggulire, emboozi ennyimpi n'okujjulula ebigambo okw'amagezi biba birabika okutuusa obubaka okusinga emboozi empanvu.

Ebirango ebisaana okukola amawulire, olukunjaana lw'amawulire olutegekedwa obulungi, kkubo erikkirizibwa. Eggulire omuli ebiwandiiko ebiyamba okutegeera ebiwee-
bwa bannamawulire nga batuuka bulijjo biyamba. Funa ssentebe agenda okwanjula, okubuuza ebibuuzzo era aggalewo olukunjaana. Ggulawo ng'okozesa ebigambo ebimpi mu mboozi ezsobola okukujjululwako. Bino biyinza okuddibwamu mu lukunjaana. Bwe kiba kisobose, tukozesa ebikwata amaloboozi n'ebiraga ebifaananyi okuyamba mu kunnyonnyola obubaka oba amawulire amakulu. Yanukula butereevu ebibuuzzo mu lulimi olwabulijo ate mu ddoboozi erikkakkamu.

Okwetegeka okulungi ky'ekisumuluzo mu mpuliziganya ennungi n'amawulire. Tuyinza okuteekateeka yintaviyu yaffe ku lupapula nga tuyita mu kuteeka ku lukalala ebintu byonna bye twogeddeko waggulu. Bwe kiba kisobose, tulina okuwandiika yintaviyu tusobole okuddamu okugyetegereza oluvannyuma. Kino kiyamba okwepima awamu n'okwerwanako singa wabaddewo okukwatibwa okugenze bulungi.


III. Okuwandiika empapula z'amawulire

Okuwandiika mu mawulire y'emu ku ngeri ezisinga amaanyi ze tulina okubaako kye tukola n'oluusi okukyusa endowoaza z'abantu. Okuwandiika kusobola okukole-
bwa n'abantu kinnoomu oba ebibinja, nga kisoboka okukolebwa awaka oba mu ngeri esinga obulungi mu kifo ekyalukale. Tusobola okuwandiika omukunjaanya ebbaluwa ku kintu ekimu eggulire erimpi mu mboozi eyaakagwawo, oba okufulumya ekiwandii-
ko ky'amawulire, n'ebirala. Amateeka agatandikirwako mu kuwandiika mu mawulire ge gamu mu buli kimu ku bino.

Okuwandiika amawulire kigoberera enneeyisa y'abannamawulire. Gawandiikibwa gasomebwe mangu. N'olw'ekyo okubaako kye gakola ennyo ku bantu, tulina okuteeka

amawulire agasinga obukulu ku mwanjo gw'ebintu ebiwandiikiddwa. Tutandika na mboozi oba ebigambo ebyogera ku mawulire agasinga obukulu, agasinga okukwata, era agasinga okwokya eri abasomi abasuubirwa. Oluvannyuma ne tunnyonnyola ani eyakikoze, oba akwatibwako eggulire eriwandiikiddwako, kintu ki ekiriwo era kigenda kutuuka wa, ddi lwe kyazuuse, wwa gye kyazuuse, era lwaki kyazuuse. Twogera ku bintu ebisatu ebikulu oba okusingawo bye twagala abasomi okusooka okujukira. Bino tubigoberezaako ebintu bisatu oba okusingawo okunnyonnyola ebintu ebikulu. Jjukira nti buli kitundu mu mboozi kyandibadde kyogera ku kintu ekikulu kimu. Tusobola okukomekkereza n'ebintu ebitono.

Ekigendererwa ky'okuwandiika okw'engeri eno, okusooka n'ensonga enkulu ne tukomekkerezaayo eteri nkulu nnyo, ziri ensonga bbiri. Omukunjaanya bw'aba alina okukendeezaako, olw'omwagaanya obutamala, aba aija kutandikira wansi ng'asalako olwo n'oba ng'osobla okusigaza ebintu ebikulu mu biwandiikiddwa. Omusomi bw'abeera mu bwangu, aba aija kusoma ebitundu ebisooka olwo abe ng'alabye ebintu ebisinga obukulu by'oyagala alabe. Empandiika bw'etyi esobola okukola mu kuwandiika amabaluwa eri omukunjaanya n'ebbaluwa oba emboozi eziyamba. Kino kijukire ng'omuzimbo ogw'ensonda essatu mu kuwandiika.



OMUZIMBO GW'EKIWANDIJKO ERI BANNAMAWULIRE

Omutwe

- Guno gube ku kintu ekisinga okukola amawulire

Empandiika

- Soosa amawulire agasinga obukulu
- Ennaku z'omwezi n'ekifo
- Ekintu ekikulu kimu mu buli kitundu
- Emboozi ennyimpi
- Yogera eyayogedde, wamu n'okukkira.

Ekiseera ekikozesewa mu mboozi

- Ekiseera ekyayise

Ekinyusi

- Yanukula bino: “Ani, Kiki, Wwa, Lwaki, ne Butya”
- Komekkereza n'akabonero “ – 30 – ” (akategeesa “enkomerero”) oba “more” bwe kiba kyetaagisizza akategeesa nti “byeyongerayo”.
- Laga erinnya ne nnamba y'essimu eby'omuntu ow'okuggyako amawulire agasingawo.

Obunene

- Oludda lw'olupapula lumu oba bbiri

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Njawulo ki eri wakati wa yintaviyu n'olukunjaana lw'abannamawulire?
 2. Mulimu ki ogw'eggulire?
 3. Ekiwandiiko eri bannamawulire kikola mulimu ki?
 4. Bintu ki ebitaano ebikola ekinyusi ky'ekiwandiiko eri bannamawulire?
-

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

EKIBIINA KYO EKY'OBUSIRAA-MU KYAKATANDIKA PULOJEKITI EY'OKUYAMBA ABANTU MU KITUNDU OYAGALA KINO OKULANGI-BWA ENNYO OLWO BY'OYAGALA OKUKOLA BISOBOLE OKUTUUKA KU BANTU ABALINA OKUBIGANYU-LWAMU ERA, MU KISEERA KY'EKIMU, EKIBIINA KYO KISOBO-LA OKUFUNA EKITIIBWA N'OKUKIRIZIBWA MU KITUNDU. OYAGALA KUKOZESA MAWULIRE OKUTUUKIRIZA KY'OYAGALA. GUNO GWE MULUNDI GWO OGUSOOKA OKUKOLA BW'OTYO, WADDE NG'AB'AMAWULIRE BAMANYI EKI-BIINA KYO.

1. *Londamu mawulire ki agasinga obulungi mu mbeera eno: yintaviyu oba kutuuza lukunjaana lwa bannamawulire. Nnyonnyola ensonga eyakulondesezzaawo erimu ku makubo gano.*
2. *Wandiika ebbaluwa efaanana egenda okuyita bannamawulire.*
3. *Wandiika olukalala lw'ebintu byonna by'ogenda okussa mu kiwandiiko eri bannamawulire.*
4. *Wandiika sentensi ssatu eziyinza okukujululwako z'oyinza okukoza mu kwogera kwo oba okuddamu ebibuuzo.*



Engeri y'Okutandikamu Ekibiina mu Kitundu

-
- I. Omutendera ogusooka.
 - II. Ekiseera eky'okuzimba Ekibiina
 - III. Omuzimbo n'Ebifo Eby'Ekibiina Ky'Obusiraamu.
 - A. Akakiiko Akaafizi
 - B. Engabanya y'emirimu nga bw'efaanana.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

Woonoomalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okumanya emitendera egyenjawulo mu kutandikawo ekibiina.
- Okutegeka ekibinja ky'abantu mu nkola ey'ekibiina.
- Okukola emizimbo egisaanidde egy'ekibiina.
- Okuwandiika emirimu abakozi abenjawulo gye balina okukola.

Okutondawo ekibiina eky'eggwanga oba okutondawo ekibiina mu kitundu, bulijo kutandika Omusiraamu oba ekibinja ky'Abasiraamu bwe kitandika okuwulira obwetaavu obw'okwetaba mu mugendo gw'Ekisiraamu. Ka tulabe ekibiina ky'Abasiraamu mu kitundu bwe kiyinza okutondebwawo, ka tukiyite City Muslim Association (CMA).

I. Ekiseera ekisooka

Sooka ekirowozo okyogeremu n'Abasiraamu abamu abajjumbize mu kitundu kyo obamatize okutandikawo ekibiina ekiteeketeke obulungi. Weetegereze ani ku bawuliza bo mu muzikiti asinze okukwatibwako by'oyogera. Oluvannyuma abantu abo batee-

keteke mu bubinja obutonotono basobole okuyiga, bakubaganye ebirowoozo, n'okusomesa ensonga z'obusiraamu. Nga tonnatandika kibiina mu butongole, gezaako okutuula wansi n'abantu abo mukole ku bigendererwa by'ekibiina. Okukola pulaane y'ekigenda okukolebwa kukulu nnyo; kye kisalawo kiki eky'okukola. Ebya ddi era butya ebigendererwa bino lwe bigenda okutuukirizibwa tekiteekeddwa kukweralii-kiriza mu kiseera ekiriwo. Teweetaaga kugenda wala nnyo na kumanya pulaane zo ez'omu maaso mu kiseera kino. Okulunjjamya okusaanidde kwe kulina okusooka okukolebwa. Okugeza, olina okussaawo olukalala olw'ebintu ebikulu ebiteekeddwa okukolebwa nga bwe bigenda bigoberegana mu bukulu bwabyo.

II. Ekiseera Eky'okuteekateeka

Okusobola okuteekawo obutebenkevu mu kibiina, n'okusigira obuvunaanyizibwa mu ngeri etambula obulungi nga bwe kisoboka, wetaaga okuteekawo ssemateeka afaananako bw'ati:

- a) Weetegereze ssemateeka aliwo ayinza okulabirwako.
- b) Funa omuntu alina obumanyirivu mu nsonga bwe zityo awandiike ssemateeka ng'amwesigamizza ku ssemateeka alabirwako naye ng'atereezeddwamu okuteekamu obuwaayiro obw'ekibiina eky'omu kitundu okusinzira ku bwetaavu bwakyo.
- c) Funa okukkiriza ssemateeka okuva mu bantu abalabika okwegatta ku kibiina era
- d) Londa abakozi b'ekibiina kati ekiri mu butongole mu lukiiko olumanyisiddwa abantu obulungi.
- e) Bwe wabeerawo ekibiina ekigatta Abasiraamu ova ekibiina ekyawamu mu ggwanga, buuza emitendera egiyitwamu okubeera wansi waakyo.
- f) Bwe mubeera kibiina ekikolera mu ttendekero ekkulu, saba obwammembu mu kibiina ky'abayizi. Bwe mutabeera mu yunivasite, wandiisa ekibiina n'ekitongole kya gavumenti mu kitundu ova eggwanga.
- g) Langa okutondebwawo kw'ekibiina kyo mu lupapula lw'amawulire mu kitundu ova wandiika ebipande ebirabika obulungi mu bifo ebiri okumpi Abasiraamu we bakunjaanira.
- h) Bw'obeera omuyizi mu yunivasite, noonya engeri y'okufunamu ssente n'ebikozesebwa ebirala okuva mu kibiina ky'abayizi ekiri ku kampasi. Ekitali ekyo, kola ky'ekimu okufuna ssente okuva mu mirimu egy'abantu b'ekitundu, okunoonyereza, n'ebitongole ebyefaanaanyirizaako ebyo ebikolera mu kibuga, ekitundu, ova gavumenti.

Jjukira nti mu kiseera ky'okuteekateeka:

1. Ekibiina gye kigenda kikoma okugejja, bammembu buli bamu bajja kubeera n'emirimu egibeeyawulidde. Tokkiriza nkola ya woofiisi ey'amadaala okubaawula.

2. Bammemba gye bakoma okugenda nga beeyongera obungi gezaako okulongoosa emisoso gy'empuliziganya. Okumanya ebiva mu bammemba kikulu nnyo ekibiina bwe kibeera eky'okutambula obulungi.
3. Wadde ng'endowooza ey'Ekisiraamu y'ewa ekibiina amaanyi era ng'erina okusigala bw'etyo, tobeera muntu atwala ebirowoozo ng'eddiini. Ebigendere-rwa ebyokumpi ebyasooka bisobola okuddamu okwetegerezebwa, ebikadde ne bisuilibwa, ebipy a ebimu ne byongerwamu. Okulongoosa mu ssemateeka bwe kubeera tekwebeereka, kukole mu ngeri enteeketeke obulungi we kyetaagisiza.
4. Okugezes a amakubo agenjawulo kuba kujja kuyamba ekibiina okusalawo makubo ki ag'okuwandiisaamu bammemba agasinga okukola obulungi. Ensobi z'okola tezikumalaamu maanyi; zikozese okuyiga.
5. Ekibiina ky'Abasiraamu okuba nga kiyigganyizibwa okuva ebweru ne munda tekikumalaamu maanyi. Ekibiina bwe kiba kirvana okusigalawo, togeza n'ova ku misingi gy'Obusiraamu, wabula tobeera mukakanyavu mu ngeri y'okugissa mu nkola. Nga kiyita mu kukyusa mu bigendererwa ebirina okutuukirizibwa kati oba okulindirizaako ebimu, ekibiina kiba kijja kuyita ku bizibu ebiva ebweru ne munda, *inshaa Allah*.
6. Bw'oba olina ebizibu ebyomunda, okukulira ku misinde kuyinza okubeera okwakabi. Bammemba abapya bayinza obutategeera bizibu bya kibiina era bayinza okwawula mu kibiina nga tebamanyi. Weegendereze obutaggwaamu maanyi. Ng'owandiika bammemba abapya, noonya omutindo sso si kuweza muwendo.

III. Ekiseera Eky'okutereera

Ekyomukisa, ebizibu eby'ekiseera eky'okuteekateeka ekibiina tebisobola kugenderera. Bwe bigenderera, manya nti:

- Buli kintu ekisigala mu mbeera eyokutokota kyonoona amaanyi gaakyo okutuusa lwe gaggweeramu ddala. N'olwe'kyo wajja kwetaasawo okutereeza.

Ekiseera kino eky'okutereza kyetaaga ebintu okutambula nga bwe byandibadde okusinga okutokota. Tulina obutagenderera kuzimba nkola ya kuteekwo masa ga bitongole wabula, mu kiseera kino, buli wofiisi erina okubeera ng'erambikiddwa bulungi, ng'emitendera egypt'engeri y'okukolamu emirimu egenjawulo giteereddwa wo nga n'Abasiramu abalina ebisaanyizo balondeddwa. Okukwata amakubo ago mu kiseera ekituufu kuba kujja kuziyiza okuddamu emirimu gy'egimu era kusobozese ekibiina okukola obulungi.


IV. Omuzimbo n'Enzirukanya y'Emirimu ey'Ekibiina Ky'Obusiramu

Akakiiko akafuzi ak'ekibiina bulijo kabeerako pulezidenti, omumyuka wa pulezidenti, omuwandiisi, omuwanika, ne bammemba abataliiko kkomo abatera okubeera

bassentebe b'obukiiko obutono. Okuva akakiiko akafuzi lwe kakola ku mirimu egyabulijjo egigenda mu maaaso, abakozi bonna abensonga bateekeddwa okubeera nga bayimiridde bulungi era nga bampisa ez'Ekisiraamu ezitaliiko kabuuza.

Olwokuba ng'okusigalawo mu butongole nga kirina okussibwako essira, akakiiko akafuzi kateekeddwa bulijjo okusisinkana, okusinziira ku biseera ebigere mu mwaka, okuteekateeka n'okuddamu okwetegereza ebintu engeri gye bitambulamu. Mu butuufu, enkola y'ekibiina eyinza okukuma okusigalawo kuno singa amyuka pulezidenti alondebwaa okufuuka pulezidenti butereevu omwaka oguddako. Mu ngeri y'emu, obumanyirivu bwa pulezidenti avaako bulina okuganyulwamu. Ayinza okuteekebwa ku kakiiko akafuzi nga mmemba atali wankalakkira olwo bammemba abapya abalondeddwaa basobole okuganyulwa mu bumanyirivu bwe.

Obuvunaanyizibwa obwenjawulo obw'abakozi abalone bujja kunnyonyolwa wammanga. Tetugenda kwogera ku mirimu egye "eggwandisizo eryenkalakkira", okuva ebibiina ebinene bwe bitali bingi ebyateekawo ekintu bwe kityo. Kino ky'ekipande ky'oynza okugira ng'okozesa ku kibiina kyo:



Awali ekyokukola

EKKUBO ERY'EBIBIINA EBYAWUFU

Okuba ng'obusiraamu bukwata ku buli kalonda ku bulamu bw'omuntu tekitegeeza nti ekibiina ekimu kisobola okukola buli kintu. Ekibiina bwe kibeera ekirungi, tutera okukitikka ne tukifuula ekibiina "ekikola byonna". Kino kiringa okuteeka amagi gaffe gonna mu kisero ekimu. Tulina okwetendeka okukolawo ebibiina ebyenjawulo ebikola ku bintu ebyenjawulo. Okugeza, omulimu omukulu ogw'ekibiina kyaffe bwe gubeera kukola da'awah, tuba tulina okukiggyamu eby'okukola bizinesi. Bizinesi zirina okukolebwa ebibiina ebyenjawulo. Mu ngeri y'emu, ekibiina ky'ebyobufuzi tekirina kutikkibwa mulimu gwa kukola ku byanjigiriza, byanfunu, oba ebyobulamu. Buli kintu kirina okukolebwa ekitongole ekyenjawulo. Mu butuufu, wateekeddwa okubeerawo okutabaganya n'okukwanaganya n'okukolagana mu kuteekawo ebigenderewa n'emizimbo gy'ebibiina ebyenjawulo.

Bino tebirina kumala gakolebwa wabula birina okukolebwa nga bigoberera ssemateeka w'ebibiina bino. Amateeka g'ebibiina ne ssenateeka biteekeddwa okugobererwa buli kaseera, ne bitatyoboolwa. Ssemateeka bw'afuuka omuziziko ogw'okukola obulungi, ateekeddwa okutereezebwa n'obwegendereza ate mu kkubo erya demokulaasiya. Okukola ekyo kuba kujja kukuuma ebigendererwa ebikulu n'omusingi ekibiina kwe kizimbirwa.

A. Akakiiko Akafuzi

Allah akunyambe! Olondeddwa bammemba banno mu kifo ekisingira ddala okubeera ekikulu ekibiina kye kisobola okuwa bammemba baakyo. Kati oli kitundu ku kakiiko akafuzi ak'ekibiina ky'Obusiraamu. Ekitiibwa kyo kiyinza okubeera pulezidenti, mumyuka wa pulezidenti, oba ekirala. Ekitiibwa ku bwakyo tekirina makulu ga bwebange. Kati ovunaanyizibwa eri Allah okukurma n'okutumbula ebigendererwa bya bammemba banno ebbanga lye bimala nga tebikontana na Kulaane ne Sunnah. Bino bibuuzo bibiri by'olina okwebuuza nga tonnatandika:

- Obuvunaanyizibwa bwange bwe buliwa mu kifo kyange ekipya?
- Buyinza bwenkana wa bwe nnina nga mmemba ku kakiiko akafuzi ak'ekibiina kino?

Kituufu, weetaga okuba ng'omanyi ebikwata ku kibiina, gye kivudde, amateeka gaakyo, ebyafaayo, n'encola yaakyo. Naye era weetaga ekkubo ery'okukulu-njamya mu kiseera ky'onomala mu ofisi.

Ojja kwetaaga olukalala okuli emirimu gyo, oba waakiri okulunjnjamizibwa okuwera okukuyamba okuyita mu mbeera etali yaabulijjo ey'ekifo kyo. Ekibiina kyo kiyinza okuba nga kirina ebintu ebyo, oba oyinza okuba n'ebiro-woozo ebimala okuwandiika. Oyinza okutandikira ku lukalala olunnyonnyola emirimu oluweereddwa. Mu ngeri zombi, lowooza nnyo ku mulimu gwo n'obuvunaanyizibwa bwo.

B. Olukalala lw'okulabirako olunnyonnyola emirimu

1. Pulezidenti

Emirimu emikulu: Pulenzidenti akikiira Abasiramu n'ebiruubirirwa ebikulu eby'ekibiina. Ng'ali mu kifo, ekyo:

1. Akozesza obukulembeze bwe n'okwebuuza okuzzaamu amaanayi banne ku kakiiko akafuzi, abayima b'ekibiina, bammemba b'akakiiko, abakozi ne bammemba bonna;

Awali Ekyokukola

OKUTABULA EKIBIINA N'ENZIKIRIZA

abantu abamu balwanirira ebiro-woozo byabwe ku ntegeka y'ekibiina nga bwe yandibadde n'amaanyi mangi nnyo. Babuuza oba abalala abatakkiriziganya nabo ddala bakkiriza. Mu butuufu, ekibiina kye tulonda okukoleramu kisinziira ku ndaba na kusalawo kw'abantu abali mu kibinja. Tekirina ngeri yonna gye kikwataganamu ne *aqiida* (nzikiriza) oba obukkiriza. Tusobola okulonda ekibiina ekikolera mu kyama oba ekya lukale, ekirina enkola ey'ensonda essatu oba eteri, ekikozesa obuyinza obuva waggulu oba obuzziddwa mu bantu, obukiiko obw'abantu b'omukitundu oba obw'abakungu, n'ebirala. Bino byonna bintu ebisalwawo nga byesigamiziddwa ku kunoonyereza ne *ijtihaad*. Teri nkola emu bw'eti erina okugobererwa mu Busiraamu. Okulondawo emu n'olekawo endala kusinziira ku kusalawo okukolebwa okusinziira ku musingi gwa *shuura* awali ebyetaago bya *Ummah*. Kino si kifo kya *figh* aweetagisa *fatwa*. Bwe tukisanga nga enkola emu nkyamu, tusobola okugiterezza oba okugiwaanyisaamu enkola endala.

2. Abaako ne ky'akola okulaba ng'ebigendererwa n'ebiruubirirwa by'ekibiina biteekebwawo;
3. Akola ng'omwogezi w'ekibiina, era n'alondoola n'apima ne yeetegereza engeri gye kikolamu emirimu n'encola yaaky;
4. Akolera wamu n'akakiiko akafuzi.

Ng'akolera mu ssemateeka, amateeka g'ekibiina n'encola, emirimu, obuvunaanyizibwa, n'obuyinza ebya pulezidenti mulimu bino wammanga:

1. Akubiriza enkiiko ez'akakiiko akafuzi n'olukiiko ttabamiruka; akwananya ebigena okuteesewbako ng'akolagana n'omuwandiisi;
2. Akakasa nti akakiiko akafuzi ne bammemba bategeezebwa ku mbeera n'ekibiina bye kikola;
3. Alonda omukubiriza w'obukiiko obwenjawulo, n'alambika ekigendererwa n'emirimu gy'obukiiko obwo, era n'alondoola engeri gye butambulamu;
4. Awagira n'alwanirira enkola ne pulogulaamu akakiiko akafuzi kwe kakolera emirimu;
5. Atumbula omwoyo ogwagala n'obujjumbize bwa bammemba eri ekibiina era n'amanyisa bammemba akakiiko akafuzi bye kaba kakoze ng'ayita mu mabaluwa, ebifulumizibwa n'okwogera;
6. Awaayo alipoota y'enkomerero y'omwaka ey'ebikoleddwa mu lukiiko olw'enkomerero y'omwaka ne ku nkomerero y'ekiseera kye mu ofisi.
7. Ng'okolagana n'omuwaniika, ayamba okukola embalirira ey'omwaka era, ng'eyisiddwa, alaba nti ekibiina kigitambulirako; akakasa ng'ebitabo by'ensimbi byekebejjebwa ababalirizi b'ebitabo buli mwaka, era
8. Alonda akakiiko akasunsula abalina ebisaanyizo abagenda okukola mu kisanja ekiddako ng'ennaku z'okulonderako tezinnalangirirwa, atekateeka okulonda abakozi ng'ebulayo emyezi egiwera nga tebannateekebwako, n'akuuma ebiwandiiko okukakasa nti emirimu gigenderera okuva ku bakulu abaliko okutuuka ku baddako.

Ku by'enkolagana n'abakozi abalala, pulezidenti:

- a. Y'avunaanyizibwa eri akakiiko akafuzi, ate ngayita mu kakiiko akafuzi, eri bammemba bona, okulaba nga pulogulaamu n'encola eby'ekibiina biggyayo abyetaago ne bammemba bye bettanira, era
- b. Yeebuuza era n'awa akakiiko akafuzi amagezi ku nsongza zonna ezikwatagana n'encola, ebyensimbi, ne pulogulaamu zonna.

2. Omumyuka wa pulezidenti

Kyandibadde kyamagezi wofiisi y'omumyuka wa pulezidenti okuteebewamu omuntu alina ebisaanyizo ebisobola n'okumufuula pulezidenti: Omuntu ali mu kifo kino asobola okuyigira ku mulimu enzirukanya y'emirimu, era y'asinga okubeera omwetegefufu okuteeka obumanyirivu buno mu nkola nga pulezidenti mu maaso eyo.

Nga nnamba bbiri, omumyuka wa pulezidenti akola emirimu gino wammanga era alina obuvunaanyizibwa buno:

1. Akola nga pulezidenti nga pulezidenti abadde taliwi;
2. Alabirira obukiiko nga butuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwo nga bwe kyetaagisa era n'agabana ne pulezidenti emirimu gino, era
3. Abeera ssentebe wa pulogulaamu oba obukiiko bw'obwammembra.

3. Omuwandiisi

Omuwandiisi alina omulimu n'obuunaanyizibwa obwamaanyi. Ayinza okusaba obuyambi bwa bassentebe n'abakozi abalala, okukujjaanya amawulire n'okubaga zi alipoota, naye alina obuvunaanyizibwa obusembayo okuteekateeka n'okujjuza alipoota entuufu mu budde. Ekibiina ekinene kiyinza okwawuzaamu omugugu gw'emirimu wakati w'omuwandiisi akola ku mabaluwa n'omuwandiisi akuma ebiwandiiko.

Emirimu, obuvunaanyizibwa, n'obuyinza eby'omuwandiisi bye bino:

1. Okukuma ebiwandiiko ebya buli lukiiko lw'ekibiina okusobola okujjuza alipoota eya buli mwaka; wandibaddewo waakiri wabeeeo entuula mukaaga mu mwaka okwo nga kw'ogasse pulogulaamu ezaabolijo.
2. Okutegheeza bammembra b'akakiiko akafuzi bonne ekiseera n'ekifo omugenda okutuula enkiiko wiiki emu nga terunnatuula;
3. Okulaba nga wabeerawo empapula n'ebikozesebe mu kuwandiika ebirala n'ebjetaagisa ebirala okusinziira ku bwetaavu bw'ekibiina;
4. Okukola ku mpuliziganya yonna eyeetaagisa okuddukanya ekibiina obulungi n'okukola ng'omukuumi w'ebiwandiiko byonna eby'ekibiina, nga mw'otwalidde n'amabalua gonna.
5. Okukakasa ova emirimu gy'ekibiina gyonna gitambulira mu ssemateeka n'amateeka g'ekibiina amalala ova nedda,
6. Okutegeka okuwaayo ebiwandiiko mu ngeri enaambulukufu n'amawulire eri omuwandiisi amuddira mu bigere.

4. Omuwanika

Mu bibiina by'Abasiraamu ebitali binene, aba alondeddwa ng'omuwanika ayinza okubeera nga yekka y'avunaanyizibwa ku ntambula y'ebiensimbi z'ekibiina. N'olw'ekyo tulaba ng'ekibiina kirina okwegendereza ennyo okulaba nga kigoberera emitendera egy'okubala ebitabo emituufu. Omuwanika bw'aba avuddewo, omuntu yenna amuddira mu bigere aba ajja kumanya kkubo ki gwe yaddiru mu bigere lye yali akoseza. Okwenkenneenya ebitabo nakwo kuba kujja kubeera kwangu singa enkola emanyiddwa mu mitendera gy'okubala ebitabo eba egobereddwa. Omuwanika gy'afa yenkana alina okuba Omusiraamu omulungi era alina okuba ng'alondeddwa okuva mu booluganda abasinga okubeera abeesigwa.

Obugazi bw'ekibiina bwonna ne bwebubeera butya, omuwaniika ateededdwa okugondera enkola akakiiko akafuzi gye kateekawo. Enkola eyo ebeeramu bino wammanga:

1. Emirundi ne lipoota ezikwata ku byensimbi ab'akakiiko akafuzi mwe baba balina okubifunira n'ekkubo ly'embala y'ebitabo erigenda okukozesebeba ekibiina.
2. Obuyinza obw'okukola n'okussa mu nkola emitendera egikwatagana n'okusiga ensimbi okugoberera enkola y'Obusiraamu, ne
3. Okukujjaanya n'okusaasaanya ssaddaaka, zzaka, n'ensimbi ezenjawulo.

Ng'omuwaniika, okakasa otya nti ekibiina kyo kiyimiridde bulungi mu byensimbi era nti kitambulira ku nkola entuufu ey'ebysimbi? Ng'okozesa olukalala luno wammanga oyinza okukebera oba ebintu ebiwandikiddwa wansi bikoleddwa:

1. Ebisale, fiizi, ne ssente z'obwammemba biddamu okwetegerezebwa mu biseera ebyenjawulo era nga bitereezebwa okusinziira ku byetaago bya bammemba n'enkyukakyuka y'ebyenfuna;
2. Enkola ey'embalirira y'ebitabo esaanira okusinziira ku bugazi bw'ekibiina n'emirimu gyakyo;
3. Waliwo ensawo enzibizi ekola ku bigwa bitalaze;
4. Okwekenneanya ebitabo kukolebwa omuntu ava ebweru ng'avunaanyizibwa butereevu akakiiko akafuzi;
5. Akakiiko akafuzi kaddamu okwetegereza ne kayisa pulogulaamu eza buli mwaka ne pulaane ez'embalirira.
6. Sitamenti ez'enningiza n'ensaasaanya, nga mw'otwalidde okugeraageranya ku mbalirira eriwo n'ensaasaanya ey'omwaka oguyise, bwe kiba kyetaagisizza, nti byekebejjebwe akakiiko akafuzi.

*Awali
Ekyokukola*

ENKOLA EY'EMYAKA ETAANO

Mu nsi eno eddukira ku misinde egayiriyiri, abantu bakulaakulana mangu okusinga bwe kyalí kibadde. Bakulaakulana, bakula mu birowoozo, era bajjulukuka nnyo. Kisangibwa ng'omuntu asobola okukola obulungi mu kifo kye eky'obuvunaanyizibwa mu myaka gye etaano egisooka ng'ali mu kifo. Bwalekebwá mu kifo ekyo okusingako awo, ebibala ebimuvaamu, oba by'akola bigenda bikendeera. Bw'alwawo ennyo, ayinza okufuuka omugugu okusinga okuba owoomugaso. Gy'akoma okulwawo, gy'akoma okutuumma ebibi era gy'akoma okukola ebirungi ebitono. Ekifo kifuuka nga ekikye eky'omuntu. Bye yettanira n'ebirooto bye bisannyalazibwa ebisenge bya wofiisi ye n'ekifo ky'alimu. Okusinziira ku bizza bibaawo, omuntu yandikyusiddwa n'azzibwa mu kifo ekirala buli myaka etaano n'afuna omukisa okukoza obumanyirivu bw'aba afunye mu bifo ne pulojekiti ebirala. Mu ngeri y'emu, abalala baba tebajja kuwagamira mu bifo byabwe engeri gye bajjulukuka okujjuza ebifo bino ebikalú ne bafuna omukisa okutendekebwa obuggyga. Enkola, eyo nnungi eri ekibiina n'abantu. Emysaka etaano si tteeka ery'ekiseera omuntu ky'alina okumala mu kifo; emysaka giyinza okubeera ena oba omukaaga.

...kutambulira mu buwufu bwabwe...
...kutambulira mu buwufu bwabwe...

Okutambulira mu buwufu bwabwe...

Kale, otaddewo ekibiina mu kitundu. Ng'omukulembeze, oba omu ku bakule-mbeze, olina ebifaananyi eby'okugoberera.

Imamu al Ghazzali ayogera mu *Kimya' al Sa'adah* nti lumu omumanyi omu yagamba *khalifah* omututumufu Haruna al Rashid okwegendereza entebe kwe yali atudde!

Eno y'entebe:

Abu Bakari (RA) lumu kwe yatuula -	n'olw'ekyo beera waamazima
Umar (RA) lumu kwe yatuula -	n'olw'ekyo yawula wakati n'ekituufu n'ekikyamu.
Uthman (RA) lumu kwe yatuula -	n'olwekyo beera owoomumakkati omuyambi
Ali (RA) lumu kwe yatuula -	n'olwekyo beera muyivu omwenka-nya.

Lowooza ku kino...

Ekifaananyi kino ekigattidwa awamu ekyateekebwawo ebitendo bya *bakhulafa* ebyenjawulo bikola bitya mu mbeera gy'olimu?

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Mutendera ki gw'olina okutandikirako bw'oba oyagala okutandikawo ekibiina?
2. Okuwuliziganya n'okufuna ebirowoozo bizannya kifo ki mu mutendera ogusookerwako.
3. Emirimu gy'akakiiko akafuzi n'olukiiko lw'abayima gyawukana gitya mu kyokulabirako kyaffe kino?
4. Mu bintu ki omuwandiisi n'omuwanika mwe bateekeddwa okukolera awamu?

OKWEGEZAAMU OKU YAMBA OKUTEGEERA

OLW'ENSONGA EY'OKUKYUSA EKYUMA EKINENE OKUKIZZA MU KIFO EKIRALA, OMUWENDO GW'ABA-SIRAAMU GWEYONGEDDE MU KABUGA KAMMWE. OKUTANDIKAWO EKIBIINA KIRABIKA OKUBA EKIROWOOZO EKIRUNGI. WABULA ABASIRAAMU ABASINGA TEBANNAFAAYO ERA NGA BAMU BOKKA ABAALI BABADDEKO MU BIBIINA BY'ABA-SIRAAMU. OBUYIGIRIZE N'EYENFUNA BYABWE BYAWUKANA NNYO, ERA NGA GYENVUDDE WAABWE AYAWUKANA NNYO. OLINA EMYEZI EBIRI GYOKKA OKUTEEKATEEKA NGA BAKAMA BO TEBANNAKUKYUSA KUKU-TWALA MU KITUNDU EKIRALA.

1. *Wandiika wansi mutendera mu mutendera enteekateeka gy'oja okugonjoolamu ebizibu by'abantu abo ebyenjawulo.*
2. *Teekawo enteekateeka ey'ekibiina (ebifo) eyinza okubaggyamu*
3. *Wandiika obuzibu abantu bwe bayinza okusanga ng'omaze okuva mu kitundu, wandiika ne by'oyinza okukola.*



Endowooza Eyamba Omuntu Okukula N'okukulaakulana

I. Weemanye

- A. Tobeera nga Mwami Waakigero!
- B. Okwawukana kw'Ebisuubirwa
- C. Teweegeraageranya Ku Balala.
- D. Okutabula Eby'omuntu n'Eby'ekibiina.

II. Weeteekemu Empisa

- A. Weegendereze ku Ky'okubeera *da'aiah* Owoolulango.
- B. Obwesimbu Eri Abakukulira
- C. Omuzikiti gw'e Looma
- D. Okuleka Okuyiga mu Byaffe ne Tweyazika Eby'ebweru
- E. Tukulaba mu Biseera Bizibu Byokka.
- F. Ekkubo Ery'akanyigo

III. Wennyonnyoleko

- A. Okusiima Kusse Mu Bigambo, Ng'oyogera Nnyo.
 - B. By'otayagala Bisse Mu Bigambo, Mu Ddoboozi Ettono
 - C. Okulowooza Obumu.
 - D. Obutagenda Wala Mu Mukwano n'Obulabe
 - E. *Shuura* n'Abaana Abato
 - F. Lowooza!
-

Mu bukulembeze, okwongera amaanyi mu bukugu n'okwekulaakulanya tebitenjana. Mu kitundu ky'ekitabo kino, tubadde tunnyonnyola nga tulondamu obukugu obw'omuntu kinnoomu n'ekibiina. Essuula eno ekola mu ngeri eteri yaabulijjo ku

bintu ebimu ebirondemu mu by'okwekulaakulanya, nga tuyita mu kwogera ku bantu bye bayiseemu, embeera ennondemu, n'okujukiza, tujja kuggumiza ebintu ebimu abiyamba abantu okukula ebitalekeka mu kukulaakulana kw'abantu wadde nga tetutera kwanguwa kubiraba. Eno nkola etambulira ku musingi gwa "kyekolere" ekulagirira:

- Okwetegeera
- Okweteekamu empisa
- Okwennyonnyolako

Tetugeezzaako okuteekamu buli Kintu. Ekyogeddwako kirina okutuusa omuntu ayinza okubeera omukulembeze okufumiitiriza ku kintu ekitali. Nga tuyita mu musingi guno, tusobola okufuna pulaane etambulirwako ey'omuntu okusobola okutumbuka n'okwekulaakulanya.

I. Weetegeere

A. Tobeera nga mwami Owoomumakkati

Yazaalibwa mu 1901, eddaala lye lyabeeranga C ne D (mu kusoma), yawasa mu-kyala Mediocre mu 1924, yalina omwana omulenzi omu Owoomumakkati jr, n'omuwala omu Baby Mediocre. Yakola emyaka amakumiana nga talina kyamaanyi kimwogerwako era n'abeera mu bifo bingi ebtalina nnyo makulu. Teyeetekanga mu bintu ebiyinza okumuleetera emitawaana oba ebinoonya okugezaako okutwala omukisa, teyasobola kukulaakulanya bitone bye, teyeetaba mu kintu na muntu yenna. Ekitabo ky'ekiganzi kyali "Noninvolvement: The Story of Playing It Safe" (Obuteetabe mu Kintu: Emboozi y'obutesuula mu mitawaana). Yawangaala emyaka nkaaga nga talina kigendererwa, pulaane, bye yeegomba, okwematira, wadde obumalirivu. Ku jjinja eriri ku ntaana ye osomako bino:

Muno mugalamiziddwa
Mwami J. Owoomumakaati
Yazaalibwa 1901, n'afa 1921, n'aziikibwa 1964
Talina kye yagezaako kukola
Talina bingi bye yali ayagala mu bulamu
Obulamu bwamusasula nga bye yali akolerera.

B. Enjawulo Ennene Wakati W'ebisuubirwa

Ebiseera bingi twesanga mu mbeera nga, abooluganda ababiri, buli omu alowooza nti akoledde muganda we ebintu bingi naye nga ye tewali kyamusasudde. Ate ekisingako awo obubi bwe tulowooza nti abalala tubabanja bingi ate ffe tebalina kye batubanja. Endowooza bw'etyo teriiko mutwe na magulu. Kya mu butonde okukuliriza ebyo bye tukolera abalala ate ne tutoniya bye tufuna okuva gyebali. Enneeyisa yaffe etuukirira ku lugero olugamba nti "Bwe mbeera omutuuufu teri ajjukira, naye bwe mbeera omukyamu tewali yeerabira." Bwe tuba nga ddala twagala okugeraageranya

ebyaffe n'ebye'ebalala mu bipimo ebituufu, tulina okuwandiika awatali kyekubiira ebintu bye tubanja abantu ne bye batubanja. Akasengejja kokka ke tulina okukozesa bwe Busiraamu; era nga mu kumanya amabanja ge tulina ne bye tubanja, tulina okwebuuza ku bantu abamanyi. Obusiraamu bwe buba bulina kye bwasalawo ku nsonga tulina okugitwala; okugeza, bwe tuba tusalawo ku ky'okusika, tulina okugo-berera Shari'ah naye si bintu ffe bye twagala ne bye tweekubiiramu. Waliwo ebigambo ebyamagezi Abawalabu bye baagamba nti, "Bw'osiima omuntu, tolaba nsobi ze, ate bw'okyawa omuntu, oyogera oba olaba nsobi ze zokka."

C. Tewegeraageranya ku balala!

Waliwo enjogera egamba nti "Alondoola abantu afa ennaku." Ono kansa ayina okusaanyaawo obulamu bwo. Amaanyi gonna ogamalira ku balala n'otandika okwewuu-nya ensonga ekugaana okufuna ebifo byabwe, emisaala gyabwe, obugagga, embeera zaabwe, okussibwamu ekitiibwa nga bwe bali, obulamu, amaka gaabwe, n'ebirala. Teweetuza nti: Kiki ky'okoze okugwanira okufuna bye balina? Bataddemu maanyi genkana wa? Myaka emeka gye bamaze nga balafuubana? Weerabira nti *rizq*, okugabirirwa, biva wa Allah yekka, era nti Ye akola nga bw'aba ayagadde. Teri n'omu asobola kubuuza Allah!

Lumu owooluganda yajja n'ambuuza ensonga eyamugaana okufuna omusaala ng'ogw'abalala. Nnamuddamu nti: "Wali weebuuzizza ensonga ekugaana okukola ng'abalala? Tunula ku ngeri gye batuukirizaamu emirimu gyabwe ne bye bakola".

Obusiraamu butuyigiriza nti:

1. Mu nsonga z'ensi, weegerageranye n'abaavu, abankuseere oba abalina obulemu ogambe nti *al hamdu li Allah*, Allah nze yampa kinene okusinga kye nsaanira.
2. Mu kumanya n'okutya Katonda, weegerageranye n'abamanyi abaamaanyi n'abalongoofu olwane nga bw'osobola okufuna ekisingawo. Saba Allah akusonyiwe.


Jjukira nti ebikukendeerako bye weemanyiiko ebyo bituufu ddala. By'olowooza nti by'omanyi ku bantu abalala ebibaakendeerako ebyo bya kuteebereza. Kuba buba butaliimu okudda mu kugereeganya, kubanga by'otamanyi ku balala bingi nnyo okusinga ebitono by'obamanyiiko! Teweewuunya bw'osanga nga, oluvanyuma lw'okweke-nneenya okutaliimu kyekubiira, okisanga nga mu butufu ggwe mugugu mu kibiina sso ng'abalala kyabbeeyi! Nga tonnabuuza ekibiina kye kikukolera, sooka wekkeneenye ggwe kiki ky'okissaamu.

D. Okutabula Eby'obuntu n'Eby'emirimu

Tutera okutabula engeri gye tuwuliramu ng'abantu n'engeri gye tuwuliramu ng'ekibiina. Okutabula kuno kukosa nnyo engeri gye tukolamu emirimu n'enkolagana

ng'abantu. Ekiva mu kino kyafuuka Kintu ekyabulijjo. Tutandika ng'abooluganda ne tukomekkereza nga tuli kabwa na ngo.

Ebyembi, ennaku zino aboluganda abangi abali ku nsonga bayinza okwewala okukolagana ne bannabwe. Batya nti bajja kukomekkereza nga bali mu bulabe. Bwe tutabula eby'emirimu n'eby'obuntu, byombi tubifiirwa. Engeri emu kino bwe kikolebwa kwe kuba ng'wooluganda omu bw'ayagala obuyambi mu byensimbi, tumuwa omulimu mu kibiina ne bw'aba nga tagya mu kifo. Ekibiina kifuuka ekitakyasobola kutuukiriza mirimu gyakyo era enkambi y'abawummula emirimu. Gye biggweera nga tufiiriddwa abakozi n'ekibiina, kubanga tutabudde okuyamba n'eby'ekikugu. Tulina okuyamba owooluganda okuva mu nsawo ennyambi naye ne tutatta ngeri kibiina gye kikolamu. Owooluganda omu yansaba okumuwola ssente ku z'ekibiina asbole okugula ennyumba. Nnamutegeeza nga ssente ezo bwe zitaali zange. Ssente za Ummah nze ndi bubeesi muyima waazo. Nnyinza ntya okuzikozesa ku nsonga ez'obuntu? Mu kifo ky'okutendereza ekikolwa ekyo ate ye yaggyamu busungu. Etteeka wano lyangu: Bw'oba oli mu bayinza okuweebwa ssaddaaka okusinziira ku bisaanyizo bya *fiqh*, oba oyinza okuyambibwa okuva mu nsawo ya *waqfu*.



Ffe tetuli kibiina ekinoonyeza abantu emirimu; tulina ebigendererwa eby'okutuukiriza. Tulina okuyiga obutatabula mutima (kisa) na magezi. Tuyinza obutakkiriziganya ku bintu ebiwera, naye emitima gyaffe lubeerera girina okubeera awamu. Tuyinza obutakkiriziganya naye mu ngeri ekkirizika. Omuntu bw'akola ensobi ku mulimu, ateekeddwaa okulinda ekibonerezo era asiime obwenkanya obuba bukoleddwa. Mmanyiiyo omusuubuzi omulungi awa abaana be ekibonerezo ng'akikubisizzaamu emirundi ebiri ku ky'abalala. Allah ategéeza bakyala ba Nnabbi (SAW) ku kibonerezo bwe kityo ekikubisiddwamu:

Abange bakyala ba Nnabbi! Oyo mu mmwe akola eky'obujeemu obwenkunkunala, ekibonyoobonyo kye kijja kukubisibwamu emirundi ebiri. Era ekyo bulijo kyangu ku Katonda. (33:30).

﴿يَنْذِلُهُ اللَّهُ مَنْ يَأْتِي مِنْ كُنْ فَيَنْجُسْكُو
شَيْءٌ يُضْعَفُ لَهَا الْعَذَابُ حَنْقَفَتْ
وَكَانَ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ بِسِيرًا﴾ (سورة الأحزاب)

Eyo y'eyali enkola ya Nnabbi; teyatemeza bantu ku liiso!

II. Wesseemu Empisa

A. Beera mwegendereza oleme kufuuka *da'aiyah*, owoolubeerera!

abantu abamu bajjumbira nnyo *da'awah* ne basalawo okuleka emisomo gyabwe oba ebifo byonna ku mulimu basobole okwemalira ku *da'awah*. Kino kyegendereze. Wadde nga kirabika kyattendo, naye kintu si kirungi kukolebwa. Toleka misomo gyo oba mulimu gwo nga tonnalowooza n'obwegendereza ku bino wammanga:

1. Manya buli kantu akakwata ku mulimu gwo omupya ogwa *da'awah*. Tokkiriza bintu ebiyolera awamu okugeza okukola ku lwa Allah. Ne bw'oba okolerera omusaala okuyimirizaawo amaka era ebiseera byo byonna oba okola ku lwa Allah.
2. Ogenda kusasulwa otya, ssente mmeka, era kumala kiseera ki? Basobola okukuwa omusala awatali kkomo oba kumala kiseera kigere kyokka?
3. Okusalawo kulina kubeera nga kukoleddwaa akakiiko aka *shuura* akakomerayo oba ab'obuyinza be kikwatako mu kibiina. Omukono gwa pulezidenti guyinza okumala, naye ayinza okukyusibwa oba okukyusa ekirowoozo nga wayiseewo akaseera! Kakasa nti n'abalala abasalawo mu kibiina beebuuddwako era ne bawagira ensoga.
4. Geraageranya obuwereza bwo mu kibiina kati n'ekifo ekipya ky'osuubiziddwa. Kiyinza obutakola makulu okuleka omulimu gw'oliko kati; oyinza gyombi okugikwataganya nga tolese mulimu.
5. Manya ebinaavaamu mu kiseera ekiwanvu ku bye wasomerera, ebiseera by'amaka go eby'omumaaso, ne pulaane zo ezoobuntu. Towoza mu maaso eyo nti tewamanya oba tewalowooza ku bintu ebikulu bwe biti.

6. Manyirawo ani agenda okuba mukama wo n'ani agenda okukolera wansi wo osobole okwewala obutakkaanya obuyinza okubalukawo oluvannyuma.
7. Weetegereze embeera ey'omulimu omupya ku bikwata ku kutambula, ekifo mwe guli, embeera y'obutonde n'ebirala, olabe oba bigwa mu bye wettanira, obusobozi bwo, n'okutendekewba kwo.
8. Manya nti tosobola kukyusa by'osazeewo nga wayise ekiseera ebintu ne bisigala ky'ekimu.
9. Lowooza ku kiyinza okuzuuka singa wabaddewo obutakkaanya. Wateeke-ddwa okubeerawo enteekateeka ey'omukwano ey'okwawukana mu ngeri eyeekisa n'okutegeeragana.

Ng'omaze okulowooza kw'ebyo byonna ebiri wagulu n'osalawo okugenda mu maaso, bwe kiba kisoboka, kikole ku musingi gwa kugezesi emyezi mitono oba si mu ngeri yankalakkalira. Kino kijja kukuggula amaaso ku bintu ebyekwese era kikuwe okuloza ku mulimu gwennyini.

Embeera esinga obulungi kwe kuba nga weeyimirizaawo wekka mu byonna olwo n'okola nga nnakyewa. Kino tekisoboka bulijo. Wabula, abavubuka Abasiraamu kino bandikyeteekateekedde ng'obudde bukyali mu bulamu bwabwe oboolyawo Allah n'abayamba n'abawa akakisa akatuufu mu maaso.

Jjukira nti, we kiba kisobokedde, gezaako pulojekiti emu ku musingi omutono, embalirira entono, era ku nkola eteri yankalakkalira. Bwe kiba kikoze, teekamu ebyetaagisa byonna okusinziira ku pulaane erowozeddwako obulungi.

B. Obwesimbu Eri Abakutwala

Lumu akulira ekitongole omu yajja gye ndi nga yeemulugunya nti yali yeetaaga okumwongera abakozi. Nnamutegeeza nga bwe yalina abakozi abasukka ku be yali yeetaaga era nga bwe yali ateeddwa okugobako abamu! Oluvannyuma nnamubuuza nti ate mwami X? Yanziramu nti: "Oyo talina mugaso!" Nnamubuuza ensonga eyamu-gaana okusaba omumyuka wa pulezidenti amugobe. Yaddamu nti: "Ee! Omanyi nti ekyo siyinza kukigamba mumyuka wa pulezidenti kubanga amwagala nnyo, naye ggwe osobola okukikola ng'okozesa ekifo kyo ekinene." Nnamuddamu nti ndi mumativu nti ensonga eyanteekesa mu kifo kyendimu lwa kuba nga nze bulijo njogera ekituufu n'ekikyamu nga sifudde ku nkolagana ey'obuntu! Totya kwawukana ku kya bakama bo; beera bubeesi mwesimbu nga tolina kyekubiira. Allah ajja kukuyamba oyite mu bulamu ng'ova mu *falah* emu okudda mu ndala.

C. Masjidi y'e Rooma

Mu biseera eby'ekyeya ekya 1977, Dr. Jamal Barzinji, ng'ebiseera ebyo y'eyali ssentebe wa North Amerian Islamic Trust, nange twali tugenda bweru kunoonya ssente za kibiina. Twakerewako e Rooma olunaku olw'olutalo olwabalukawo wakati wa

Libya ne Misiri. Twagenda mu muzikiti gye twasisinkana Imaamu waayo omulundi gwaffe ogwasookera ddala. Olwatuula wansi bwe tuti yatandikirawo okwererejja nti: "Mu muzikiti guno nze nkola buli kimu, dayirekita talina ky'akola. Nsoma *khutuba* z'olwokutaano, nteeketeeka eby'abafumbo, nkola ku by'abafu, nsisinkana abagenyi nembannyonnyola Obusiraamu, wabula dayirekita gwe batendereza. Omusaala gwe gubeera gulinnya sso ng'ogwange tegukyukako." Oluvannyuma lw'okwanirizibwa kutyo okwengeri twamubuuza nti: "Lwaki ekyo tokibuulira olukiiko lwa badayirekita n'obasaba batereeze embeera?" Yaddamu nti: "Nze bulijjo mbagamba naye tebampuliriza, era balina kyekubiira".

Kifaananyi ki omuntu ky'afuna mu kwanirizibwa bwe kutyo? Afuna ekifaananyi kibi ku kibiina ne ku Imaamu yennyini. Omuntu bw'atyo talina mwoyo gwa kibiina; alowooza ku ky'afunamu kyokka. Akasukira ka bbomu ekibiina kyonna nga y'ali mu makkati. Olina abantu abeekika ekyo mu kibiina kyo abeerowoozaako bokka? Baagala okusanyaawo ekibiina ky'onna olw'omugaso omutono gwe bafuna! Jjukira, bwe weewaayo olw'ebigendererwa by'ekibiina, ggwe n'ekibiina muba mujja kukulaakulana. Bw'okkakkanya ekibiina, ng'osuubira nti ojja kulinnya, ggwe n'ekibiina muba mujja kugwa mwembi. Amaanyi g'ekibiina n'obunafu bwakyo obirabira butereevu ku bammemba, abakozi, ne badayirekita. Bonna bali mu lyato limu.

D. Okuleka Ebyaffe Ebiri ku Lukalala ne Twayazika Ebiva Ebweru!

Teebereza ng'ovuganya mu kulonda n'okivumbula nti aboowaka wo tebeetabye mu kulonda. Oba oyise olukiiko lwa bona naye abooluganda abookumpi ne bammemba abasinga obujumbize tebalabiseeko. Mu kusonda ssente oyinza okugamba ku balala ne weerabira abantu abakuli ku lusegere. Kyewuunyisa engeri gyetukola ennyo okuwangula abeebweru ne twerabira abawagizi baffe. Kino kiva ku butabeera beetegefu, okubulwa enteekateeka, n'obutasobola kugoberera bintu nga bwe bitambula. Ddala kimalamu amaanyi. Okulongoosa okwamaanyi kusobola okuzuuka singa omulimu guno - ogw'okunoonya obuwagizi okuva mw'abo abakuli okumpi – guba guweereddwa omuntu owenjawulo oba akakiiko.

E. Tukulaba mu biseera Byakazigizigi Byokka

Mu nsi y'Abasiraamu emu, lumu omukulembeze w'eggwanga yabuuza abagendera ku nsonga z'Obusiraamu ensonga lwaki Abasiraamu baagendanga kumulaba mu biseera bizibu byokka! Kino kiwa ekifaananyi eky'omugendo okubeera nga gugendera ku bintu ebitongole ogutafaayo, ate ne gubeera nga gumanyika na nsonga za kanaayokyani na biseera bya nnaku byokka. Omugendo gulina okulabika ne gulambula mu biseera by'ebikujjuko bya *Idi* ne mu kujaganya okw'engeri endala! Tulina okwongera ku kwetaba n'abantu mu biseera ebyenjawulo si wokka we tuba tulina kye tubeetaagako. Teebereza singa mutabani wo oba omukozi omulaba w'aba akusabira ssente wokka? Buli bantu abo we balabikirako mu maaso go oba ojja kweralkirira nga totegedde na kutegeera!

F. Ekkubo Ly'akanyigo

abantu beewaayo eri Obusiraamu nga bayita mu miryango egyptian. Abasinga babujamu nga bayita mu makubo agatali gaabulijo. Okugeza, bw'oyita abantu okuja ku muzannyo (oba ekintu kyonna ekikkirizibwa mu Busiraamu) n'okigatta ne sswala n'okujukiza okumpimpi, abantu bangi ku beetabamu ababa batasaalangako baba bajja kutandika okusaala. Mu ngeri y'emu, mu nkunjjaana z'abantu n'obubaga bw'obugatta eby'Ejisiraamu n'ebintu ebirala, eby'Obusiraamu biba bija kuba byamaanyi. Ku ludda olulala, bw'oleeta Obusiraamu ng'obuyisa mu kubuulirira okutammuka kwokka, butera obutasikiriza. Okutobeka kyakulwanyisa kyamaanyi mu *da'awah*. Kisobola okukozeseewa mu mirimu egawamu ne ku bintu eby'abantu obuntu eby'omukwano.

III. Wennyonnyoleko

A. Okusiima Kusse Mu Bigambo, Ng'oleekaana!

Lumu Omubaka wa Allah (SAW) yali atudde ne basswahaba be abamu ne wabaawo omusaja eyayitawo. Omu ku basswahaba kwe kugamba nti: "Omusaja ono mulungi nnyo. Mmwagala." Omubaka yabuuza nti: "Wali okimugambyeko?" Sswahaba yaddamu nti: "Nedda!" Nnabbi kwe kumugamba nti: "Genda omugambe nti omwagala".

Ennaku zino, tunanya abantu nga tuleekaana. Bwe kituuka ku bikolwa ebirungi ebyetaagisa okutendereza omuntu, tusirika busirisi. Nnabbi (SAW) atuyigiriza okusiima kwaffe okukussa mu bigambo ebiwulirwa. Abalala bateekeddwa okuwulira okutendereza mu ddoboobi eryomwanguka era nga kutegeerekeka bulungi. Etteeka ekkulu ennyo mu Busiraamu kwe kutendereza Allah, alina Okutenderezebwa ennyo. Naye kino kirina okusaasaana ne kituuka ne ku bantu bannaffe. Wulira ebigambo bya Nnabbi:

وَمَنْ لَمْ يَشْكُرِ النَّاسُ لَمْ يَشْكُرِ اللَّهُ
Omuntu ateebaza bantu teyeebaza Allah¹

Kulaane kino ekinnyonnyola mu ngeri ya njawulo bw'eti:

Era ne Katonda wammwe lwe yalangirira nti: "Singa munaaba munneebazizza nja kubongera. Naye bwe munaawakanya (ne mugaana okunsiima n'okunneebaza) mazima ebibonerezo byange bikakali." (14:7)

وَإِذَا ذَأَذَنَ رَبِّكُمْ لَئِنْ شَكَرْتُمْ
لَا زِيَادَةَ لَكُمْ وَلَئِنْ كَفَرْتُمْ إِنَّ عَذَابَ لَشَيْءٍ
(سورة إبراهيم)

Ekisumulizo ky'okufuna ebyengera ebirala okuva eri Allah kwe kumwebaza! Ka tusse mu nkola eky'okwebaza abantu baffe olw'ekirungi kyonna kye bakola. Tujja

¹ Sunan Abu Dawud, Sunan al Tirimidhi, ne Masnada Ahmad ibn Hanbal.

kusasulwa ebintu bingi okuva gyebali. Okusiima ge mazzi ageetaagisa okufukirira omuti gw'ebirungi okusobola okumeza ebibala ebirala.

Eri abazadde, jjukira nti omusaayi omulamu ogwetaagisa okuwa abaana bo kwe kubasiima n'okubazzamu amaanyi. Ekyo tokibamma; bayinza okufuuka aboobulabe!

Bwe tussa mu nkola okusiima okuli mu bigambo n'okunenya okutawaawaala, ekitundu kyaffe kijja kujjula omukwano n'okuzzaamu amaanyi.

B. By'otayagala Byogereko, Na Ddoboozi Erikkakkamu!

Mu woofisi yange nnyina owooluganda gwe nnayitanga erinnya ly'eryekika okumala emyaka ebiri. Ekyo kyamuyisanga bubi era n'abaako be yakigamba, naye ssakimanya okutuusa lumu owooluganda omulala bwe yanzibirako. Nnakyusizaawo erinnya lye nnamuyitanga. Ensobi nnyingi ezaakolebwa mu kino.

1. Teyakimbuulirako;
2. Yakibuulira abalala;
3. Abaakimanyako tebambuulirako.

Lwaki akasonga akatono kasigala nga katulumya nga tusobola okukagonjoola mu butikitiki kkumi! Allah ajja kutuvunaana bwe tutoogera bwe tuwulira muli n'engeri gye tulabamu ebintu mu bulambulukufu era mu ngeri eteriimu kyekubiira!

C. Okulowooza Mu Ngeri Y'emu

Bw'osisinkana Omusiraamu omulungi, tomalanga gakitwala nti alowooza nga bw'olowooza. Osobola okukola *ibadah* (okusinza) mu ngeri y'emu, naye okufaananya endowooza kubo ggwanvu ate kijja mpolu. Teri bintu bibiri bifaananira ddala mu bulamu. Allah ffena yatutonda nga tetufaanana, ne bwe kuba kutegeka kulnda, buli kulonda kulina embeera zaakwo ezenjawulo. Okusemberera okufaananya endowooza, tuteekeddwa okukubaganya ebirowoozo ku ngeri gye tulaba ebintu okusobola okutuuka ku kutegeeragana okusingawo. Ebiseera ebimu tubuzaabuzibwa bwe tulaba eggwanga lyonna nga lyegasse okulwanyisa omulabe owaawamu. Kyangu okugatta abantu ku mulumbaganyi omu, naye kizibu nnyo okubagotta ku nteekateeka ey'okukola. Waba wajja kubeerawo obubiina bungi. Kino kizuuka ne mu mugendo ogumu. Bw'oba ng'oyagala wabeewo okulongoosa, oyinza okutandikawo ekibinja okukuwagira okulwanyisa abali mu bifo kati. Naye ekibinja kyo olukwata kiti mu nkasi, ojja kuvumbula engeri gye mwawukanamu mu bintu ebingi. Ekibinja ky'abantu abagenda okutereeza abalabika ng'abali awamu bayinza okwawukana ne basinga n'ekibinja kye baasikira. Weegendereze bbomu eno ejja okutulika ekiseera kyonna! Kakasa nti mukkiriziganyizza ku pulaane ey'okukola nga temunnatandika lutalo lwakutereeza. Kino kituukirira ku byobufuzi eby'eggwanga ne mu kibiina n'amaka. Bw'otagoberera musingi guno, ebikolwa byo tebijja kuvaamu bibala, ne bw'oba n'ebigendererwa ebirungi bitya.

D. Obutagenda Wala Mu Mukwano n'Obulabe

abantu bagenda wala nnyo mu kwagala n'okukyawa omuntu oba ekintu. Bwe babaako gwe baagala, bacamuukirira ne beerabira obuteekubiira n'okukoza amagezi mu bintu bye bakola. Mu ngeri y'emu, bwe bakyawa omuntu, balowooza nti talina kalungi na kamu kayinza kumuvaamu. Nnabbi (SAW) yatuyigiriza okubeera mu makkati okutaliimu kyekubiira mu mbeera zombi:

«أَخْبَرَ حَبِيبَكَ هُنَّا مَا، غَسِّيْ أَنْ يَكُونَ بَعِيشَكَ يَوْمًا مَا، وَآتَيْضَنْ بَعِيشَكَ هُنَّا مَا، غَسِّيْ أَنْ يَكُونَ حَبِيبَكَ يَوْمًا مَا»

**Yogala mukwano gwo ng'olekamu, kubanga olunaku lumu ayinza okufuuka
omulabe wo, ate kyawa omulabe wo ng'olekamu kubanga lumu ayinza okufuuka
mukwano gwo.²**

Laba omusingi ogwagenda ewala ennyo! Tugwetaaga bulijjo.

E. Shuura n'Abaana Abato

Shuura bw'eyogerwako, ebirowoozo byaffe bipaala ne bigenda ku byabafizi n'ebikwata ku bibiina byokka. Waliwo obwetaavu bungi eri *shuura* n'abaana n'amaka. Abaami bameka abeebuuza ku bakyala baabwe? Abakyala bameka abeebuuza ku babbaabwe? Olwo nga teweebuuuzizza ova abaana baali beebeuuziddwako ku kintu kyonna. Kisoboka okuba nga *shuura* ky'ekirabo ekisinga emikisa ekyaweebwa amagezi g'abantu agaliko ekkomo. Ng'akozesa *shuura* omuntu aganyulwa mu birowoozo ebiwera. Oyinza okwenenya obuteebuuza ku balala, naye tekitera kubeera okwejjusa ng'osazeewo oluvannyuma lw'okukoza *shuura*. Gezaako okukoza *shuura* ku mufumbo munno n'abaana ojja kwewuunya okusasulwa okwamaanyi kw'ojja okufuna. Emigaso egiyinza okuva mu nkola ey'amaka egoberera enkola eyo tegyibalika. Tonyooma baana kye bayinza okussaamu. Balina kye bongera ku mawulire n'okusalawo. Omumanyi owaamaanyi omu yagamba nti: "Sisobola kujukira omulundi ogumu bwe guti gwe nneebuuza ku mwana ne sifunamu mugaso."

F. Lowooza!

Obatalowooza tekisoboka. Wabula waliwo ebintu bingi mu bulamu eby'okulowoozaako. Okulowooza tteeka lya Kulaane. Kiki kye twagala okulowoozaako? Lowooza, waakiri, ku bigambo n'emboozibye tuddinjana buli lunaku okwogera. Buli kiseera ky'obyogera, lowooza ku makulu gaabyo agaamaanyi. Ojja kufuuka omuntu omulungi okusingako bw'oli. Tulowooza nti wandirowoozezza nnyo bw'oba oyogera ku bino wammanga:

² Sunan al Tirmidhi.

- ⇒ ***Al salamu 'alaykum*** (Emirembe gibabugaane) **السَّلَامُ عَلَيْكُم**
- ⇒ ***Allahu Akbar*** (Allah y'asinga obunene) **الله أَكْبَر**
- ⇒ ***Subhana Rabbiya al Adhim*** (Ntendereza Katonda wange, asinga obunene) **سُبْحَانَ رَبِّ الْعَظِيمِ**
- ⇒ ***Subhana Rabbiya al A'la*** (Ntendereza Katonda wange, asinga okubeera owaawaggulu) **سُبْحَانَ رَبِّ الْأَعْلَى**
- ⇒ ***Astaghfiru Allah*** (Nsaba Allah ansonyiwe) **اسْتَغْفِرُ اللَّهَ**
- ⇒ ***Al hamdu li Allah*** (Amatendo gonna ga Allah) **الْحَمْدُ لِلَّهِ**
- ⇒ ***Ihdina al Sirat al Mustaqim*** (Tuluggamye eri Ekkubo Eggolokofu) **اَهْدِنَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيمَ**

Omanyi?

- Oyogera otya ne Allah?
 - Allah ayogera atya naawe?
-
- Oyogera ne Allah bw'oba osaala esswala.
 - Allah ayogera naawe bw'oba osoma Kulaane.

Abasajja bamirundi ena:

- Omusajja amanyi, naye nga tamanyi nti amanyi; oyo mulagaajjavu, mujukize.
- Omusajja atamanyi, nga tamanyi nti tamanyi, oyo musiru mwesambe.
- Omusajja atamanyi, era ng'amanyi nti tamanyi; oyo tamanyi, musomese.
- Omusajja amanyi, era ng'amanyi nti amanyi; oyo mumanyi, mugoberere.

Alkhalil ibn Ahmedal Farahidi.

Ebintu ebyetaagisa okujjukira!

OKUKOLA EBINTU OBULUNGI

1. KOLA EKINTU KIMU MU KISEERA
2. MANYA EKIZIBU
3. YIGA OKUWULIRIZA
4. YIGA OKUBUUZA EBIBUUZO
5. YAWULA WAKATI W'EKINTU EKYAMAGEZI N'EKITAGYA MU MAGEZI
6. KKIRIZA ENSOBI
7. KKIRIZA NTI OSOBEZZA
8. KYOGERE MU BWANGU
9. BEERA MUKKAKAMU
10. MWENYA

OKWEGEZAAMU Bunnafuunsi oba byamunda?

SOOKA KUSOMA BBALUWA ENO!

Tosiriwazibwa na kakookolo kange, wuliriza ebyo bye ssoogera!

Tosiriwazibwa nange. Tosiriwazibwa na kakookolo ke nnyambala. Nnyambala obukookolo lukumi, obukookolo obwo bwentya okuggyako, ate tewali nakamu nga yenze. Okwekoza kitone ky'obubumbwa bwange obwokubiri, naye tosiriwazibwa.

Ndaga abantu nti ndi bulungi (sirina mutawaana gwonna), nti wonna musana era nga sirina kintawaanya, munda ne kungalu; nti okwekkirizaamu ly'erinnya lyange n'obukkakkamu gwe muzannyo gwe nzanny; nti amazzi mateefu era nti nze nfuga era sseetaaga muntu yenna. Naye sibikkiriza; naawe tokikola.

Kungulu kwange kuyinza okulabika nga kuseeteevu, naye kungulu kwange ke kakookolo kange, akakookolo akakyuka buli kaseera era bulijjo okukweka akakookolo. Munda mwange temuli bumativu, tewali bunnyogovu. Wansi wange we wali nze owaddala, mu kutabulwa, mu kutya, mu kubeera obw'omu. Naye kino nkikweka; ssaagala muntu yenna kukimanya nfunu ekiwuggwe bwe ndowooza obulwooza ku bunafu bwange akakookolo okuvaako n'amaanyi mangi; nsobola okwekwaka emabega waako, mu bukkakkamu obwekitalo obunnyamba okwekoza, okwetangira eriiso erimmanyi. Naye eriiso eryo ly'erisobola okuntaasa. Ky'ekintu kyokka ekiyinza okunnyamba okwewonya, okuva mu bisenge by'ekkomera lye nneezimbira, okuva mu miziziko gye nsimba.

Nga mpita mu bulumi. Naye kino sikikugamba. Sisobola kwetantala kukikola. Ntya okukikola.

Ntya nti eriiso lyo terija kugoberezebwu mukwano na kukkiriza. Ntya nti ojja kundowoozaako kitono, nti ojja kuseka, nti munda eyo sirina kyendi, nti siri mulungi n'akatono, era nti ojja kundaba ongobe. Bwentyo nzannya emizannyo gyange, emizannyo egitalina gyegiraga, emizannyo egy'omuntu eyeekoza, alaga obuvumu kungulu, naye alina obutitiizi bw'ekito munda.

Mazima ddala njagala okubeera omwesimbu, akolerawo, era nze, naye olina okunnyamba. Olina okunnyamba ng'oyanjuluzza omukono gwo, wadde ng'ekyo ky'ekintu ekisembayo kye ndabika okwagala oba okwetaaga. Buli kiseera w'obeerera oweekisa era omukkakkamu era azzaamu amaanyi, buli kiseera ogezaako okutegeera kubanga ddala ofaayo, omutima gwange gutandika okumera ebiwawaatiro. Ebiwawaatiro ebitono. Ebiwawaatiro ebinafu, Naye ebiwawaatiro. N'okukwata kwo n'obwegendereza bw'olina, n'okukwatibwa ekisa n'amaanyi go ag'okutegeera, nsobola okukituukiriza; oyinza okunteekamu obulamu. Tekija kukubeerera kyangu. Okukkiriza nti olina ky'oli kizimba ebisenge ebyamaanyi. Naye okwagala kwamaanyi okusinga ebisenge ebyamaanyi, era omwo mwemuli essuubi lyange. Gezaako okukuba ebisenge ebyo n'emikono eminywevu, naye n'emikono emigonvu, kubanga omwana yeetaaga nnyo okumwegendereza, ate nze ndi mwana.

Nze ani, oyinza okwewuunya? Nze muntu gw'omanyi obulungi, kubanga nze buli musajja, buli mukazi, buli mwana... buli muntu gw'osisinkana. Ataddeko ekinkumu Atamanyiddwa.

Kati ddamu ebibuuzo bino.

1. Olowooza ebbaluwa eno emu ku ngeri z'obunnanfuusi?
2. Oyunga ekintu kyonna ku bitendo by'omunda ebiri mu bbaluwa eno n'ebintu ebiri mu surat Yusuf?

Yonna gy'obeera, okufa kujja kukusangayo

Buli bantu balina ekiseera ekigere. Ekiseera kyabwe bwe kiba kituuse (eky'okuvaawo) tebayinza kukirindiri zaako ssaawa n'emu wadde okukyanguyaako. (7:34).

Eno mboozi ekwata ku musaja owaabulijjo, akola ebitakwataganan na nteeka teeka ya Allah, Bw'oba ofumiitiriza mu kino, weeneny era oleme kuddamu kukola zzambi lyonna.

Bwali kumaka nnyo ssaawa kkumi, okufa ne kukonkonka ku luggi lv'ekisenge, "Ani oyo?" eyali yeebase yayita. "Nze Israa'il, nzigulira nnyingire".

Omusalija yatandikirawo okukankana, ng'omuntu akankana olw'omusulija ogwakabi.

Yayita mukalya we eyali yeebase: "Tomukkiriza kutwala bulama bwange". "Nkwegayiridde genda, malayika walumbe! Ndeka nzekka, simneteekateeka, Abantu bangi bayimiridde kunze, Mpa akaagaanya, nkwegayiridde lindirirakol!" Malayika yakonkona omulundi omulala, "Mukwano, nja kutwala obulamu bwo nga sikulumizza;

mwoyo gwo Allah gw'ayagala, sijja lwa kwagalwa kwange." Omusalija mu kutyta yatandika okukaaaba, "Malayika, ntidde nnyo okufa, Nja kukuwa zaabu, mbeere mudduwo, tontwala mu ntaana mwe ssigya" "Ndeka nnyingire, mukwano! "Malayika yagamba.

"Ggulawa omulyango, golokoka mu buliri bwo. Bw'otanzikiriza kuyingira, Nja kuyingira lwampaka ng'Ejjini".

"Omusalija yawkata emmundu mu mukono gwe ogwaddyo, Nga mwetegefe (okwuwakanaya) okugaana ebya malayika.

"Nja kukusongamu emmundu ku mutwe, Togeza n'oyingira nja kukukuba sessasi ofe.

Awo malayika yali amaze okuingira mu kisenge. Nga bw'agamba nti, "Mukwano! Weetegeke okuzikirira (enkomerero yo). Omusalija omusiru, Bamalayika tebafa, Teeka wansi emmundu yo, era towoggana."


"Mbulira musaja ggwe! Lwaki otidde okufa okusinziira ku nteekateeka za allah? Jangu; mmwenyeza, tosiba mitaafu. Beera musanyufu okudda gy'ali.

"Malayika! Nkotese omutwe olw'ensonyi. Ssaawaayo kaseera kwogera ku linnya lya Allah, okuva kumanya okutuuka ekiro. Nnakola obugaggabwange, nga sifuddeeyo na ku bulamu bwange."

"Ebiragiyo bya Allah ssaabigenderako, Emirundi etaano olunaku ssasaala; Lamanzaane yajja, Lamanzaane omulala n'agenda, Naye ssaafuna kaseera kwenenya." Ekiro (dusk). Nnakola obugaggabwange"

"Ebiragiyo bya Allah ssaabyongerako. Emirundi etaano olunaku ssaasaala, Lamanzaane yajja, Lamanzaane omulala n'agenda, naye ssaafuna kaseera kwenenya."

"Hajji yafuu fard ku nze, naye nnagaana okwawukana ne ssente zange, buli waali weetagisa okusaddaka, ssatunulawo, Nnatwala riba. Omulundi ogusooka n'omulala"



فَإِذَا جَاءَهُمْ لَأْجُلُهُمْ لَا يَسْتَأْخِرُونَ
سَاعَةٌ وَلَا يَسْقِدُونَ (سورة الأنعام)

"Ebiseera ebimu nasikanga ku mwenge gwe nnasinganga okwagala.

Nnatuulanga n'abakazi abasikiriza ne tulya.

Malayika! Nkwegayiridde, Ndekeramu obulamu omwaka oba ebiri, amateeka ga Kulaane, nja kugagondera. Nja kuaala okutandika n'olwalereo luno.

Okusiiba kwange ne Hijja nja kubijuza, Era nja kuva ku kwematira." Nja kukomya okutwala amagoba ku byempola.

Ebyogugaga byange byonna mbiweeyo mbiweeyo nga ssaddaaka.

Omwenge ne bamalaaya nja kubikyawa. Obw'omu bwa Allah nja kubikkiriza,"

Ffe Bamalayika tukola ebyo Allah by'alagira, tetuyinza kukola by'atayagala. Okufa kwallalikibwa buli muntu, Taata, Maama, Omuwala n'mutabani". "Ntya nti ekiseera kino ky'olina ekikomererayo.

Kati jjukira nnyo ku byayita byo. Ntegeera okutya kwo Nayi kati ekiseera kiyise nnyo eky'okutya "Wawangaalira mu nsi muno ebyasa bibiri oba okusingawo. Abantu bo tewabawa kituibwa. Bakadde bo tewabagondera.

Abasabiriza abayala wagobanga bagobe, "Bawala bo ababiri be wazaala mu ngeri enkyamu, Bayimbira mu birabo nge kwe bawangaalira. Mu kifo ky'okufuna Abasiraamu abalala abangi Ate abaana bo wabafuula abatali Basiraamu." "Tewafaaya mu adhan y'omwaziinyi. Wadde okusoma Kulaane eyeekitibwa, N'omanya endagaano obulamu bwo bwonna, N'ogeya abemikwano, n'olomya mu bintu bingi.

Wakola amagoba mangi okuva mu bintu bye wakwekanga, N'abakozi bo abanfu wabasasulanga bubi Embalaasi ne matatu kwe weegayaalizanga.

Okukola ssente lye lyali essanyu lyo". Walya (ebiriisa, ne weeyonyera okugejja)

Tewatulako na mulwadde omuyi. Tewegabako ku painta y'omusaayi n'emu Ogwandisobodde okuyamba omwana omuto okuwangaala.

"Muntu ggwe okoze ebikyamu ebiwera wagula ebyogugaga ebiwera olw'oluyimba Abalimi bwe baakwegayirira, Tewafuna kisa, ekyo kituufu" "Ofune Ejjana? Siyinza kukubuulira,

Awatali kubuuasabusa ojja kuyingira omuliro. Teri kiseera kikyo kya kwenenya, Nja kutwala omwoyo gwo, gwe ntumiddwa,"

Enkomerero, wabula, ya nnaku nnyo, Gye byaggweera omusalija yafuu mulalu. Mu kukaaba yabuuka mu buliri.

Mu kibwatukira, yagwa wansi n'afa

... أَيْنَمَا تَكُونُوا يَدِرِكُكُمُ الْمَوْتُ وَلَا كُنُتمْ فِي مُرْجٍ مُّسِيَّدُو
... (سورة النساء)

Yonna gye mulibeera okufa kujja kubasangayo ne bwe mulibeera mu bikomera ebyamaanyi (4:78)

Ekitundu Ekyokuna

Okutendeka Abatendesi

Omulimu gw'okutendeka gwetaagisa ekkubo eriri ettoreevu obulungi era nga tteeketeeka okusobola okuteeka obukugu obwenjawulo, endowooza, n'empisa mu basuubirwa okutendekebwa. Ekitundu ekyokuna eky'ekitabo kino kiri ku kuwa amawulire, ebikozesebwa n'okumanya abatendesi abatatumufu n'abo abasuubirwa okukola omulimu gw'obutendesi basobole okutendeka abalala obulungi. Okutendeka n'okutumbula omutindo gw'abantu okutwalira awamu, kuteekeddwa okukozesa obulungi ebiteereddwawo okukozesebwa olw'ekigendererwa ekyo ebitono, biteekeddwa okulaga omugaso ogufuniddwa mu kukozesa ebikozesebwa ebyo ebiriwo olw'ekigendererwa ekyo, biteekeddwa okulaga omugaso ogutaliiko kabuuza oguva mu kukozesa ebikozesebwa bino, era biteekeddwa okugoberezebwako ebibala. Kino kirabika nnyo okuzuuka okutendeka n'okukulaakulanya bwe biba nga kitundu ku kkubo erikwatibwa n'enteekateeka z'ekibiina, era okwewaayo ku kutendeka bwe kuba kunnyonnyoddwa bulungi ku madaala agasembayo waggulu mu kusalawo.

Ekitundu kino eky'ekitabo kino kyogera mu ngeri gye tuyinza okusengejjamu n'okusunsula ebyetaagisa mu kutendeka, kiki ekikola pulogulaamu z'okutendeka ennungi, engeri ezenjawulo ez'okutendeka biki ebikola pulogulaamu z'okutendeka, bukodyo ki obuyinza okukozesebwa mu kutendeka, ne butya bwe tuyinza okuteekateeka n'okussa mu nkola pulogulaamu y'okutendeka.

**EKITUNDU EKYOKUNA: OKUTENDEKA
KW'ABATENDESI**

Essuula 26:	Okwekenneanya Obwetaavu Obuliwo n'Okubusunsula	301
Essuula 27.	Ebintu Ebibeera Mu Pulogulaamu z'Okutendeka Ennungi	309
Essuula 28.	Engeri z'Okutendeka	315
Essuula 29.	Ebitundu bya Pulogulaamu z'Okutendeka	321
Essuula 30.	Obukodyo bw'Okutendeka	327
Essuula 31.	Oteekateeka Otya Pulogulaamu y'Okutendeka era Ogissa Otya mu Nkola	343



Okwekenneanya N'Okwetegereza Ebyetaago

- I. Omulimu gw'Omuntu Eyeekenneanya
 - II. Emitendera gy'Okwekenneanya Ebyetaago Egisookerwako
 - A. Laga Ebiruubirirwa
 - B. Funa Ebikwata ku Bintu Ebyetaagisa
 - C. Londa oba Kolawo Ekkubo ery'Okukunjaanya Amawulire.
 - D. Kunjaanya Amawulire
 - E. Weekenneeny era Okakase Ebikwata ku Byetaago
 - F. Tegeka Alipoota Esembayo
 - III. Ebikozesebwa Okwekenneanya Ebyetaago.
 - A. Empapula Okuli Ebibuzzo
 - B. Yintaviyu (okugezesza abantu)
 - C. Okutunuulira ebigenda mu maaso
 - D. Obutundu obulaga omulimu nga bwe gwandibadde.
 - E. Ebiwandiiko ne Alipoota.
 - IV. Sampulo y'Olupapula olulaga Okwekenneanya Ebyetaago
-

EBIGENDERERWA BY'OMUSOMO GUNO

W'onoomalirako essuula eno, ojjja kuba osobola:

- Okumanya omulimu gw'omuntu eyeekkenneanya mu kuteekateeka pulogulamu.
- Okunoonyereza n'okunnyonnyola ebigerdererwa by'okutendeka mu mbeera eriwo.
- Okukozesa ebikozesebwa ebitali bimu okukunjaanya n'okwekenneanya amawulire.

Pulogulaamu y'okutendeka okulungi eteekeddwa okuba n'ekigendererwa ekisibuka ku bwetaavu bw'okutendekwa obulabiddwa. Okwekenneanya obulungi ebyetaago kukakasa nti okutendeka kuba kujja kubeera nga kusaanira era nti ssente ezisaasaanyizibwa ziba zija kuba n'omugaso bw'ozigeraageranya n'emigaso egifunibwamu. Okwekenneanya ebyetaago era kukendeeza ku mbeera eteri nnungi ey'okuteeka ssente mu pulogulaamu ezitajja kuvaamu bibala.

Ekyetaago y'enjawulo eri wakati w'okumanya agenda okutendekebwa kw'alina, obukugu, n'enkola y'emirimu n'ekimusubirwamu. Tusobola okupima enjawulo eno nga tuyita mu kukoseza yintaviyu, okutunuulira ebigenda mu maaso, okujuza empapula okuli ebibuzzo, n'okugezesza. Ebipimo bwe bityo byetaaga okukunjyaanya ebikwata ku mawulire, okubyekenneanya, okubyetegereza, n'okubiwaayo ng'alipoota.

I. Omulimu gw'omuntu eyeekenneanya

Ng'abali ku mulimu gw'okwekenneanya n'okwetegereza ebyetaago, omulimu gwaffe ogusooka kwe kuzuula okumanya n'obukugu ebyetaagisa okukola emirimu egitali gimu oluvannyuma okupima obusobozi bw'abantu kinnoomu okukola mu ngeri ematiza. Tuteekeddwa okulaba ne tunnyonnyola, mu ngeri eteriimu kyekubiira, engeri gye beeyisaamu. Tuteekeddwa okutunuulira ne tunnyonnyola enneeyisa yaabwe. Tuteekeddwa okussaawo amakubo agatusobozesa okukunjyaanya ebikwata ku mawulire n'okubyekenneanya, nga kino kigobererwa okubikolako, okubigatta awamu, n'okufuna ebituufu bye tuggya mu mawulire.

II. Emitendera Egisookerwako Mu Kwetegereza

A. Nnyonnyola ebigendererwa

Ebigendererwa n'ebiruubirirwa eby'okussaawo okwekenneanya ebyetaago biyinza okubeera okulondobamu abakozi abeetaaga okutendekebwa, okuzuula ebizibu ebiri mu nkola y'emirimu, ebulamu ne kwe biva, okusalawo oba okutendeka ly'ekkubo erisinga obulungi eriyinza okugonjoola ebizibu, n'okukunjyaanya ebiyinza okuvaamu amawulire ebiyinza okubeera ebyomugaso mu kusalawo pulogulaamu y'okutendeka ky'eyongedde ku batendekeddwa. Ekigendererwa ekirala, kiyinza okubeera okuwa ebirowoozo ku ngeri pulogulaamu y'okutendeka gy'eyinza okukolebwamu, emirundi emeka, ssente ezisaana okusaasaanyizaako, n'ekifo.

B. Zuula Ebyetaagisa Okukunjyaanya Amawulire

Okukunjyaanya ebikwata ku kutendekebwa kuteekeddwa essira okuliteeka ku bintu byennyini n'emiwendo ebiba bijja okutuukana n'enkola y'emirimu esuubirwa mu batendekeddwa. Tuteekeddwa okulondawo emiteeko gy'ebikwata ku kutendekebwa egyetaagisa okutuuka ku kusalawo okwenkomeredde.

C. Londawo oba Ssaawo Ekkubo Ery'okukunjaanyaamu Ebikwata ku Kutendekebwa

Amakubo ag'okukunjaanyaamu ebikwata ku kutendekebwa gateekeddwa okubeera agasaanira engeri yebikwata ku kutendekebwa ebigenda okukunjaanyizibwa era gateekeddwa okuba nga gakkirizibwa mu mpisa z'ekibiina. Tuteekeddwa obutaba na kyekubiira n'okumalirayo ddala kalonda yenna awatali ate kukunjaanya bitalina mugaso.

D. Kuṇjaanya Ebikwata ku Kutendekebwa

Okukunjaanya ebikwata ku kutendekebwa ky'ekinyusi ky'okwenneenyə ebyetaago. Okwetegeka obulungi n'ekiseera eky'okukunjaanya biba bijja kukendeeza ku kukola ensobi, n'okwongera ku butuufu bw'ebikwata ku kutendekebwa.

E. Weekenneenyə Era Okakase Ebikwata ku Kutendekebwa

Engeri ebikwata ku kutendeka gye byekeenneyezebwamu esinziira ku ngeri gye bifaananamu n'engeri gye byakunjaanyizibwamu. Tuteekeddwa okugezesə obutuufu bw'ebikunjaanyiziddwa nga tubigeraageranya n'ebivaamu amawulire ebibifaanana ebifunibwa okuva mu nsonda endala oba amakubo amalala.

F. Teekateeka Alipoota Ekomererayo

Alipoota yaffe ekomererayo erina okulaga pulogulaamu ya kika ki ejja okusinga okukola obulungi ku byetaago okwenneenyə bye kuvumbudde. Alipoota eyinza okubeera mu ngeri ya bufaananyi obulagibwa obw'ebyo ebivaamu amawulire, okuumbawumba ebirowoozeddwako n'ebiyinza okubigonjoola, oba eyinza okubeera ebigmbo ebyogerwa obwogerwa ku biyinza okwetaagisa. Naye mu ngeri zonna, erina okuba ng'emalayo okusobozesa abategeka pulogulaamu okukola pulogulaamu ejja okutuukiriza ebyetaagibwa mu kutendeka.

III. Ebintu Ebiyinza Okukozesebwə mu Kwenneenyə Ebyetago

Ebikozesebwə okwenneenyə ebyetaago by'ebintu okugeza empapula ezijjuzibwa okubeera ebibuuzo, okugezesebwa, enkalala kw'ojuza, okubuuliriza, n'amasa agakunjaanya ebikwata ku kutendeka mu ngeri ennambulukufu ekwata ku bantu, ebibinja, oba ebibiina byonna. Bwe biba bikozeseddwa mu ngeri eteriimu kyekubiira, biraga obunafu n'amaanyi agalimu.

Ebikozesebwə ebirungi by'ebyo ebiyinza okukozesebwə amangu era ebitataawanya, nga biyinza okukozesebwə mu bantu awatali kucankalanya mirimu mu kifo mwe bikozesebwə, nga bisobolá okuweebwa obubonero mu bwangu ate awatali kukola nsobi mu kompyuta era ng'ebivaamu tebirii mu kwekubiira era nga tebyetaaga kunnyonnyolwa.

A. Empapula Ezijjuzibwa Okuli Ebibuuzzo

Okutwalira awamu, empapula okuli ebibuuzzo zikozesebwa okutuuka ku bantu abangi oba abeesuddesudde ng'ate byetaagisa okubikolera mu kiseera kitono. Ekigendererwa kyazo ekikulu kwe kusalawo ebintu eby'okubuuzaako ebyetaagisa okwongera okunoonyerezebwako nga tukozesa amakubo amalala ag'okwenenneanya n'oluvannyuma okukakasa amawulire agakunjaanyiziddwa okuva mu makubo amalala.

B. Okukola Yintaviyu

Yintaviyu, okutwalira awamu, zikozesebwa okukunjaanya ebikwata ku kutendeka ebitandikirwako ku ntandikwa y'okwenenneanya oba okujuuliriza n'okugaziya ebikwata ku kutendeka okuva mu bikozesebwa okunoonyereza oba okutunuulira. Era zikozesebwa okufuna amawulire okuva mu bantu abo abasobola okwennyonnyolako obulungi nga bayita mu buntu okusinga okuyita mu kunoonyereza okuwandiike oba empapula ezijjuzibwako. Yintaviyu ziyamba okuzuula ebireeta ebizibu n'engeri eziisobola ez'okubigonjoolamu nga tuyita mu kujjumbiza ababuuzibwa ebibuuzzo okuggyayo engeri gye bawulira n'okuwaayo endaba zaabwe ku nsonga zino. Yintaviyu bulijjo ziwa abeetabyemu okwenyimiriza mu kkubo ly'okwenenneanya olw'okubasaba okuwaayo ebikwata ku kutendeka okusobozesa okusunsula ebyetaago by'okutendeka.

C. Okutunuulira Ebigena Mu Maaso

Okutunuulira ebigena mu maaso kukozesebwa okufuna amawulire agatandikirwako ku miramwa okugeza ebintu ebitambuza ekibinja, enkola y'ekibiina n'embeera y'omulimu, okwongereza ku yintaviyu n'empapula ezijjuzibwa n'okukakasa obutuufu bw'amawulire agabiggyibwamu.

Okutunuulira ebigena mu maaso era kukozesebwa okunoonyereza ku bizibu mu mpuliziganya ebisobola okubaawo, engeri embi ey'enkozesza y'ebiseera, ebikozesebwa, n'abakozi; omutindo gw'okuddukanya emirimu ogugenda gugwa; emitendera egitakola bulungi; n'obutakwatagana wakati w'abakozi ne bakama baabwe. Okwongereza ku ebyo, okutunuulira ebigena mu maaso kuyamba okuzuula ebintu ebirungi oba ebyamaanyi.

D. Sampulo z'Ebikolebwa

Okutwalira awamu, sampulo z'ebikolebwa zikozesebwa okuzuula awantu aweetaagisa okweyongera okwenenneanya, okujuuliriza amakubo amalala agakozeseddwa mu kwenenneanya, okukakasa obutuufu bw'ebikunjaanyiziddwa ebirala, n'okukunjaanya amawulire agasookerwako okunoonyereza.

E. Ebiwandiiko ne Alipoota.

Okutwalira awamu, ebiwandiiko ne alipoota bikozesebwa okukunjaanya amawulire agasookerwako n'okufuna okumanya ku nkola y'ekibiina n'empisa zaakyo okukakasa obutuufu bw'amawulire agaba gafuniddwa mu makubo amalala, n'okutegeera butya ebizibu ebyenjawulo bwe biyinza okubaako ne kye bibadde bikola ku busobozi bw'abantu n'ekibiina mu biseera ebyemabega.

**AWALI
EKYOKUKOLA**
**OKUYIGIRIZA KU BY'OKWEGATTA MU BI FUMBO
N'ENGERIGYE KUTAMBULAMU**

Okwegatta mu by'obufumbo okuli *halaali* (okukkirizibwa) kintu kikulu nnyo mu bulamu bw'Omuisiraamu. Okukusomesaako kulina okukolebwako mu ngeri ennungi era entuufu. Ku bafumbo Abasiraamu, okumatira mu by'okwegatta mu byobufumbo kukulu nnyo okusobola okweyisa mu ngeri eyaabulijo. Bwe batasobola kumatiza bwetaavu bwa kwegatta mu byobufumbo nga bayita mu bufumbo, bayinza okusendasendebwa okumatira okukunoonyeza awalala. Kiwuniikiriza okulaba omuwendo gw'abafumbo abalina ebizibu mu bulamu bwabwe obw'okwegatta mu byobufumbo. Ekiva mu kino, kwe kuwlira obubi era bayinza okumaliriza nga baawukanye. Amateeka gaffe aga *figh* gatusomesa nti mu kubuza ku nsonga z'eddiini temuli nsonyi (oba kuswala).

Awamu n'ekyo tusanga abasinga mu ffe nga tebakutulawo bulungi bwe kituuka ku kubuuza ebikwata ku mpisa n'enneyisa ey'ebiyokwegatta mu byobufumbo mu Basiraamu. Nga tukozesa ebisookerwako ebimu mu kuyigiriza obulamu bw'okwegatta mu byobufumbo, tusobola okuwonya amaka mangi okufuna obulumi. Olw'obutabaa wo kuyigiriza mu by'okwegatta mu byobufumbo, waliwo okuwabisibwa kungi ku bikwata ku nkola y'Obusiraamu mu byokwegatta mu byobufumbo. Okugeza, abantu abamu balowooza nti gy'okoma obuteetaba mu bulamu bw'ebi'okwegatta mu byobufumbo, gy'okoma okubeera munnaddiini. Naye kino kikontana n'enjigiriza y'Obusiraamu. Abalala bakakasa nti ebyabafumbo kintu ekibi naye ekiteewalika. Okukiggumiza Omusiraamu, omusajja oba omukazi, buli kiri *halaal* kiba kikye kyakweyagaliramu era kimufunira empeera okuva eri Allah bw'aba ng'akikoze ku lulwe.

Awatali kubusabusa, tulina okubeera abeegendereza ku ngeri, ddi, ne ani alina okuyigiriza n'okuyigirizibwa eby'okwegatta mu byobufumbo. Naye era tulina okumanya nti bwe tutabyeyigiriza mu ngeri entuufu, abavubuka bafffe baba bajja kubifuna mu ngeri eteri ya Kisiraamu (enkyamu) okuva mu kitundu. Olwo kiba kijja kuba kikeerezi okwetonda. Guba musango munene ku ludda lwaffe okuleka abavubuka baffe okukola obufumbo nga tebabanguddwa mu byokwegatta mu byobufumbo eby'Obusiraamu. Pulogulaamu yaffe ey'okutendeka eteekeddwa okubeeramu oludda luno mu ngeri efugiddwa obulungi era eyeekenneenyezeddwa obulungi.

Tekimala kusoma bitabo, wadde nga byamugaso nnyo. Abantu abakulu abamu, abamanyi eby'okwegatta mu byobufumbo bateekeddwa okunnyonnyola embeera ezenjawulo ez'ebiyokwegatta mu byobufumbo ebyo ne bigoberezebwa ebibuuzo n'okubiddamu.

IV. Sampulo y'Olupapula Okwekenneenyezebwa Ebyetaago



Ng'essira Tulitadde ku Bigenderererwa By'okutendeka: Kiki Ekyandibadde ng'okigeraageranya Ne Kiki Ekiri.

EKYOKULABIRAKO:

LWAKI? Ensonga: Ebisaliddwawo akakiiko akafuzi tebiteekebwawa mu nkola nga bwe bigendereddwa okuteekebwamu.

KIKI? Ekigenderererwa: Ssa mu nkola ebisalibwawo akakiiko akafuzi nga kiteekeddwa.

Kiki?	Kiki Ekyandibadde?	Okieneredeke- bwa Kweraagwi? Mu Ki?	Walwo Enged- Endala Ey okugomooza mu?	Wandibka Wansi
Abaweebwa emirimu tebategeeezebwako mu bujuvu ne mu budde.	Abaweebwa emirimu balina okutegeeezebwako mu ngeri ematiza basobole okussa mu nkola ebisaliddwawo.	Yee; Empuliziganya	Okulabirirwa n'omukozi alina eyaweebwa omulimu ogwo.	Yogera ne Pulezidenti
Tebivaayo Bulungi	Bivaayo Bulungi	Yee; mu lujju-dde	Pulogulaamu Ezisingako Obulungi	Yogera n'omukunjanya



EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Omulimu gw'eyeekenneanya gwe guli wa mu kulondawo ku makubo g'okutendeka?
2. Ku mitendera omukaaga egisookerwako mu kweekenneanya ebyetaago guli wa ogusinga okubeera omukulu okusobola okufuna obutuufu mu kuwumbawumba?
3. Biki ebyekiika mu kkubo ly'okwekenneanya ebyetaago eddungi?
4. Kkubo ki erisobola okuwa amawulire ageesigika: empapula okuli ebibuuzo eby'okujjuza oba yintaviyu?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA MU KUTEGEERA

OSABIDDWA OKUYAMBA MU KUKULAAKULANYA OMUTINDO GW'OKUDDUKANYA EBIFO KIKUMI EBY'ABASIRAAMU MU GGWANGA. OSAZEEWO OKUKOLA OKUNONYEREZA KU BYETAAGO OKUMANYA OBA OKUTENDEKA KWETAAGISA ERA KWA NGERI KI. OLINA SSENTE EZEETAAGISA N'EKISEERA. GUNO GWE MULUNDI OGUSOOKA OKUKOLA OMULIMU BWE GUTYO.

1. *Wandiika ebbaluwa eyanjula eri abakulira ebifo ebyo ng'obannya-nyola kiki ky'oyagala okukola era lwaki balina okukuyamba?*
2. *Wandiika pulaane y'omulimu guno, ekipande ekirga ebantu ebikulu, n'embalirira y'omulimu guno.*
3. *Wandiika olukalala olw'emiziziko etaano gy'oyinza okusanga na ngeri ki gy'oyinza okugivvunuka.*



Ebiri mu Pulogulaamu z'Okutendeka Ennungi

-
- I. Okugenderera
 - A. Okugenderera Okuteeketeke
 - B. Awaterekebwa Ebikwata ku Kutendeka
 - II. Abalina okutendekebwa abenjawulo
 - A. Okumanya Abagenda Okutendekebwa
 - B. Okumanya Abasaana Okutendekebwa
 - III. Ebikozesebwba Ebiyamba Okugoberera
 - IV. Okutendeka Okusinziira ku Bumanyirivu
 - V. Okusoma kw'Abakulu
 - VI. Okutendeka we Kukoma
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onomonalirako essuula eno ojja kuba osobola:

- Okumanya ebintu ebifuula okutendeka okulungi.
- Okutegeera ebintu ebyetaaga okutendeka okubeera nga kuli ku bantu abenjawulo.
- Amaanyi g'ebisomebwa okugassa kutendeka abantu bakulu.

I. Okugenderera

Okutendeka okulungi mutendera ogw'okwongera amaanyi mu kwewaayo mu ndowooza n'ekibiina. Era nkola ey'okufuna obukugu obusaanidde n'okugenderera ng'abussa mu nkola okwongera okubutumbula n'okubwongerako. Olw'ensonga eyo, okutendeka okulungi kutwaliramu okugenda ng'oyongera okutumbula ebikozesebwba mu kutendeka.

Okutunuulira embeera eriwo kati mu kutendeka kulaga nti pulogulaamu z'okutendeka ne bwe ziba zirowoozeddwako bulungi era nga zoolekezeddwaa abatendekewba

abenjawulo, wayinza obutabaawo kugenda mu maaso okuva ku pulogulaamu emu okudda ku ndala, oba ekitundu ekimu ku pulogulaamu eyo. Teri pulogulaamu esobola kuyitawo ng'eteekateekeddwa obulungi okuva ku ginnaayo, era abeetabyemu bayinza okuba nga tebeeyongeddeko kuva ku ddaala okudda ku ddala.

A. Okuva ku pulogulaamu okudda ku ndala okuteeketeke

Pulogulaamu y'okutendeka okulungi eteekeddwa okuba ng'erina ebisaanyizo by'okugenderera okuteeketeke. Okugenderera okwo kuba kujja kukakasa nti abatendekebwa tebakoma awo wabula beeyongera okukula mu busobozi bwabwe. Kuba era kujja kumalawo okudda mu bintu by'ebimu n'okukola ebitalina makulu, olwo n'esobola okukekkereza ebikozesebwa ebitono mu kutendeka. Bwe biteeketebwa ku kuteeka pulogulamu mu madaala gaazo, pulogulaamu y'okutendeka omuzimbiddwa-mu okugenderera eyinza okuwa ekkubo ery'okupima abatendekebwa ne mu bifo mwe babassa mu kisaawe ky'emirimu gye bakola.

B. Etterekero ly'ebikwata ku batendekebwa

Ekimu ku biva mu kuteeketeeka okugenderera bwe bwetaavu okubeera n'etterekero ly'amawulire agakwata ku batendekebwa n'eddala erikwata ku bikozesebwa mu kutendeka. Etterekero ly'amawulire lino lirina okubeeramu waakiri amannya gaabwe, ebikwata ku ngeri y'okubafunamu, ebikwata ku bulamu bwabwe n'ebisaanyizo by'okutendekebwa. Ebiba bisengejjeddwa okuva mu bino biyinza okuweebwa abantu we babyetaagira n'abakulembeze boomubitundu omuli emirimu gy'Obusiraamu.

Etterekero ly'ebikozesebwa mu kutendeka lirina okubeera n'amawulire bwe gatyo nga gakwata ku batendesi abalina obumanyirivu n'abo abasobola okufuuka abatendesi. Okwongereza ku ebyo, lirina okubaamu amawulire agasobola okufunibwa nga gakwata ku bikozesebwa mu kutendeka okugeza ebitabo, ebiwandiiko, ebyamaloboozi n'ebirabwa, n'ebifaanana. Amawulire amasengejje okuva mu tterekero lino gaba gaja kuyamba nnyo abatendesi ssekinnoomu abategeka pulogulaamu z'okutendeka. Okulikozesa kuba kujja kubayamba mu kunoonya kwabwe ebikozesebwa ebituufu ebisaana.

II. Abagenda okutendekebwa abenjawulo

Okutendeka okulungi kuteekeddwa okubeera nga kugya mu bagenda okutendekebwa, ng'omwo mw'otwalidde eddaala ly'obuyigirize lye baliko n'okutegeera kwabwe.

Pulogulaamu z'okutendeka ez'obusiraamu zibadde zitera okuba nga ngazi okugezaako okugonjoola ebyetaago eby'abantu abalina obumanyirivu obw'engeri ezenjawulo ne bye bayiseemu mu kutendekebwa. Abatendesi tebasobodde kutegeka pulogulaamu ezigya mu bantu abenjawulo n'okukoseza ebikozesebwa ebitali byangu nnyo ate nga si bizibu nnyo oba ebitabagasa.

A. Okugenderera abaneetaba mu kutendekebwa

Okunoonya abaneetaba mu kutendekebwa abagya mu biri mu pulogulaamu y'okutendeka ky'ekiraga okutendeka okulungi. Waliwo abantu ba biti bingi abayinza

okutendekebw, era abatendesi be balina okutunuulira. Abantu abenjawulo baawukana mu gyenvudde waabwe, emirimu gye bakola, bye basuubira, n'ekisinga obukulu, engeri ezenjawulo ze batwalamu bye basoma. Singa ebintu bino ebyawula abantu biba bisomeddwa bulungi ne byekenneenyezebwa mu kiseera ky'okutegeka pulogulaamu y'okutendeka n'okugissa mu nkola, ebivaamu biba bijja kuba pulogulaamu etunula ewala. Ekiva mu bino kuba kutendeka kulungi.

B. Ebyetaago Ebyenjawulo.

Okubuuliriza, n'okuwa abasobola okwetaba mu kutendekebw n'abatendesi abalina obumanyirivu, biyinza okuyamba okumanya ebyetaagisa ebyenjawulo. Bino biyinza okuba ebigambo ebikozesebwa ebyenjawulo okutusiza ddala ku biseera abantu bye bamala nga bawuliriza, okutura ku mulamwa ogwenjawulo, n'ebirala. Ebyokulabirako eby'abagenda okutendekebw abenjawulo mwe muli abavubuka, abakazi, abantu abatono mu kitundu, abakozi abali ebweru mu kisaawe, ab'ebyenjigiriza, abakule-mbeze b'ebitundu, ba imaamu, abazadde, n'abalala.

III. Ebikozesebwa Ebiyamba Okugoberera Ebitendekeddwa

Okutendeka okulungi kuteekeddwa okuba nga kuwagiddwa n'ebintu ebiyamba okugoberera ebitendekeddwa abeetabye mu kutendekebw bye baddayo nabyo eka bye bayinza okukozesa awaka mu mirembe gyabwe. Engeri n'ebintu byennyini birina okubeera mu ngeri eyongera amaanyi mu bintu ebikozeseddwa mu kusomesa mu pulogulaamu yennyini. Enkozeswa bw'etyo ey'awamu mu kifo omusomesebwa n'eb yokutwala eka biba bijja kutuukiriza okutendeka okulungi mu ngeri yonna.

Ebizze bigwawo biraga nti pulogulaamu z'okutendeka ne bwe zibeera n'ebikozesebwa ebirungi mu kusomesa okw'omu kifo ekisomesebwamu, n'ebiweebwa abatendekebw okusoma, byonna tebiyinza kusomebwa kumalibwayo bulungi, ova okubitegeera mu kisera ekyo. Kino kikifulu ekikulu okufunira abatendekebw eby'okusoma nga bisibiddwa wamu mu kusoma okulungi, olwo babe nga basobola okubitwala eka okusoba okugoberera n'okusoma obupya. Ebyokulabirako ku bikozesebwa ebyekika kino bibeera kaseti z'amaloboozi, entambi z'ebifaananyi, ebisomebwa ebifunziddwa, ebyokusomako, n'ebirala.

IV. Okusoma Okuba mu experience

Okutendeka okulungi kuteekeddwa okubeeramu okusoma okuva mu kukola n'okwetaba mu kintu. Obukulu bw'okusoma nga kuyita mu kukozesa obumanyirivu ova okukola ebintu kweraga kwokka.

Ebiseera ebimu, pulogulaamu ez'okutendeka zitera okutendeka abantu obutendesi mu kifo ky'okubaleka ne beenyigira mu bigenda mu maaso mu kutendekebw. Okutuukiriza ekigendererwa, buli pulogulaamu ya kutendeka, eteekeddwa okubeera n'okwetabwamu kw'abatendekebw mu ngeri y'okukola ebisomesebwa, okuweebwa emirimu gy'obukulembeze mu kutambuza pulogulaamu, ova ebitundu by'emirimu ebisoomoza ebyetaagisa okukozesa obulungi ebisomeseddwa.

Ebirowoozo ebiwera biyinza okuleetebwa ku ngeri y'okuteekateekamu ebantu abantu abatendekebwa ssekinnoomu oba ekibinja ky'abantu bona bye basobola okukola ne bibasobozesa okwetaba obutereevu mu kukola ebisomesebwa. Bino biyiniza okubeera munda mu kizimbe oba ebweru. Eby'ebweru biyinza okutegekebwa nga byetoolera ku bigendererwa ebyetaagisa ennyo ebiyinza okutuukibwako ng'abatendekebwa bayita mu kukolera awamu, okwegatta, n'obukugu mu bukulembeze.

V. Okusoma kw'abakulu.

Okutendeka okulungi kuteekeddwa okumanya engeri eyenjawulo ey'okusoma kw'abakulu. Kuteekeddwa okuwa embeera esanidde ey'okusoma n'eteekamu emisingi egitandikirwako mu kusoma kw'abakulu mu kutegeka n'okuwaayo buli kitundu mu pulogulaamu y'okutendeka. Ebikozesebwa mu kutendeka biteekeddwa:

1. Okusikiriza

- a. Okusoma obulungi, abantu abakulu bateekeddwa okusikirizibwa okusoma ate n'okukozesa ebibaweebwa.
- b. Okufuna okufaayo kw'abantu abakulu, babuulire kye bagenda okufuna mu kusoma.

2. Okukwanaganya

- a. Okusobola okujjukira ekyo kye bassaako omwoyo, abasoma beetaga okukwanaganya ebipywa bye bayiga n'ebyo bye babadde bamanyi.
- b. Okufiuula ebiyigiddwa ebipywa ebyomugaso, koseza waakiri ekyokulabirako kimu okunnyonnyola buli kintu oba obukugu obupya bw'oleeta.

2. Gonza

- a. Okuleeta ekiyigibwa ekipya obulungi, tandika n'emisingi egitandikirwako. amateeka, okulabula, n'okuwa amageezi.
- b. Okuyamba abasoma okujjukira ebiyigibwa ebiwanvu oba ebizibu bikutulekutulemu mu bitundutundu.

3. Nyweza

- a. Okukuumira abasoma ku mulamwa, bawe ebigenda mu maaso.
- b. Okunyweza okuyiga okupya, teekawo okwegezaamu kungi n'abantu okubatwalira buli omu ku supiidi ye.
- c. Okuteekateeka abasomi okugendera ku biyigiddwa ebipywa, maliriza n'okuwumbawumba ebantu ebikulu owe n'ebibuuzo ebitonotono.

VI. Okutendeka we Kukoma

Bulijjo twogera mu kutendeka buli muntu asobole okukola obulungi ennyo. Wabula okutendeka kulina we kukoma; omuntu alina okuba ng'atendekeka. Wano wammanga tuleese olufumo "Okuddukanya Essomero" amasomo mu Cincinnati, Ohio. Allah yawa buli muntu ebirabo ebyenjawulo mu kukola obulungi. Tuteekeddwa okwongera amaanyi mu bitone bye tulina ate twetendeke ebirala mu ngeri ey'ekimpwooze ne mu busobozi bwe tulina.

Essomero ly a bawansolo

Lumu, ensolo zaasalawo okubaako ne kye zikola eky'obuzira okusobola okugonjoola ebizibu bya "Ensi Empya", bwe bityo ne biteekawo essomero. Byakkiriziganya ku masomo omwali okudduka, okiwalampa, okuwuga, n'okubuuka. Okwanguyirwa okuddukanya ebisome-bwa byonna byasalawo okutwala amasomo gonna.

Embaata yali nnungi nnyo mu kiuwuga, nga mu butuufu yali esinga n'omusomesa waayo, era yafuna eddaala lyawaggulu mu kubiuka, naye yali nnafu nnyo mu kudduka. Okuva lwe yali emnafu mu kudduka yali-nanga okusigala ku ssomero era n'okuva ku byokwegerzangamu mu kuwuga esobole okufuna ebiseera ebi-mala okudduka. Kino yakikola nnyo okutuusa ebigere lwe byayulika ennyo era n'ebeera yaakibogwe mu kuwuga. Naye okubeera oweekibogwe kwali kukkiri-zibwa mu ssomero, mu ngeri eyo teri yafaayo kw'ekyo okuggyako embaata.

Akamyu kaatandikira waggulu mu kibiina mu kudduka, naye ne kafuna okwesiba kw'obusimu olw'okukola ennyo mu kiuwuga.

Kaamuje naye yali mulungi nnyo mu kulinnya okutuusa lwe yaggwaamu amaanyi mu ssomo ly'oku-biuka, omusomesa we bwe yamutandisa alimye ng'ava ku ttaka mu kifo ky'okumugamba akke ng'ava ku muti waggulu. Era yafuna obuzibu mu magumba okuva mu kukola ennyo olwo n'afina C mu kulinnya ne D mu kudduka.

Kamunye ye yali mwana mulalu era yalina okukagavvulwa ennyo. Mu ssomo ly'okulinnya yasinga abalala bona okutuuka waggulu w'omuti, naye yatemerako ng'ayagala kukoseza ngeri ye okutuuka yo.

Ng'omwaka guweddeko, emmamba eteri yaabulijo eyasobola okuwuga mu ngeri ennungi okusingawo era yasobola okudduka, okulinnya, n'okubuukamu yafuna eddaala eriri wagguluko ku lyabulijo era yasiibulwa bulungi.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAKO EBIROWOOZO

1. Lwaki okweyongera mu maaso kukulu nnyo mu kutendeka okusobola okuggayyo ekigendererwa.
2. Ddi okutendeka lwe kuteekeddwa okunoonya abantu abenjawulo? Butya?
3. Butya ebikozesebwa eby'okutwala eka bwe byongera amaanyi omulimu gw'omukibiina?
4. Mu ngeri ki okutegeera butya abantu abakulu bwe bayiga bwe kuyamba okutuukiriza ekigendererwa?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA mu KUTEGEERA

OTEEKATEEKA PULOGULAAMU Y'OKUTENDEKA EKIBINJA KY'ABANTU ASATUMUBATAANO ABAKULEMBEZE BANNAKYEWA, ABAVUBUKA N'ABAKULU, ABAALI BEETABYE MU PULOGULAAMU Y'OKUTENDEKEBWA EMIRUNDI EBIRI MU BINTU EBIKWATAGANA N'EBYO. TEBALINA BULUNGI BISEERA BYA KWETABA MU MISOMO NAYE BAMILIRIVU OKWETENDEKA. ABAMU KU BO BEEWAYO OKU-WEEREZA EKIBIINA OKUMALA EKISEERA EKIWANVU

1. *Yogera ebintu kw'osinziira okukolera ekibiina kino pulogulaamu.*
2. *Kola olutimbe ku kompyuta olutereka ebikwata ku bantu ebiyinza okuyamba mu kukola pulaane y'okubatendeka ey'emyaka etaano.*
3. *Salawo bintu ki mu kutendeka abantu ebikulu ennyo eby'ekibiina kino.*



Engeri z'Okutendekamu

- I. Okusinziira ku Kiseera
 - A. Ku Nkomerero ya Wiiki
 - B. Wiiki
 - C. Kimukyakuna Ky'Omwaka
 - II. Okusinzira ku Kigendererwa
 - A. Kwongera ku Bukugu
 - B. Kutumbula bya Mwoyo
 - C. Kwongera Maanyi mu Kumanya
 - D. Kutendeka bya mu Kisaawe
 - III. Okusinziira ku Kifo
 - A. Kwa mu Kitundu
 - B. Kitundu kya ggwanga
 - C. Ggwanga
 - D. Nsi yonna (Ekitundu ky'ensi)
 - E. Nsi yonna
 - IV. Emayaka n'Obukugu Obwenjawulo
 - A. Abavubuka
 - B. Abakazi
 - C. Obukugu obwenjawulo
-

EBIGENDERERWA BY'OMUSOMO GUNO

W'onoomalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okwawula wakati w'entendeka ezenjawulo
- Okulondawo entendeka egwanidde mu mbeera emu
- Okulondera pulogulaamu ku kyetaago ekyenjawulo.

I. Okusinzira ku Kiseera

Ekiseera kya pulogulaamu y'okutendeka oba ekikolwa ky'okutendeka kyonna kye kimala kimu ku bintu ebikukulu ebisalawo enteekateeka. Ebbanga okutendeka lye kugenda okumala kusinziira ku bigendererwa wamu n'abatendesi okubeerawo. Waliwo ebintu bingi ebisoboka:

A. Ku nkomerero ya wiki

Okutendeka okw'okunkomerero ya wiiki kwe kutendeka okulungi okusinga okumala akaseera akatono. Kutera kutandika ku lwakutaano olweggulo ne kuggwa ku ssande olweggulo. Wabula, okutendeka okwokulwokutaano kuyinza okujumbirwa oba obutajjumbirwa nga kino kisinziira ku batendekebwa okubeerawo. Mu ngeri y'emu abeetaba mu musomo bayinza okugenda nga pulogulaamu tennaggwaako ku ssande. N'olwekyo, olwomukaaga lutera okubeera olunaku olusinga obulungi nga lubeeramu abantu abangi abassaayo omwoyo ate nga tebataataagaanyizibwa. Abategesi ba pulogulaamu n'abasomesa balina okuteeka pulogulaamu n'ebikolebwa ebikulu bibeere ku lwomukaaga. Ebikolebwa ku lwokutaano birina kuba nga bizimba binnaabyo ku lwomukaaga n'olutuula oluwumbawumba ku lwomukaaga ku makya lulina okuba nga lwakuyitirayitramu abakeereye. Ebikolebwa ku lwa ssande birina okuba nga byongera manyi era nga biri mu ngeri ya kuwumbawumba, era olutuula ekiro ekikeesa olwa ssande lulina okunnyonnyola abo ababa banaagenda nga ku makya ebyo bye bateekeddwa okwenoonyeza ku lwabwe oluvannyama.

B. Wiiki

Pulogulaamu ya wiki ennamba esoboka abasuubirwa okutenderekewa bwe baba tebali ku mirimu gye bakola bulijjo, ku ssomero oba ku mulimu. Ekitali ekyo baba balina okufuna olukusa okubulawo okumala wiiki ennamba ku ssomero oba gye bakola. Pulogulaamu etera kutandika ku lwakutaano n'eggwa ku lwokutaano oluddako, naye ennaku endala nazo zisoboka okugeza okuva ku lwokusooka okutuka ku ssande.

Okutendekebwa okumala wiiki ennamba kuwa omukisa okuteekawo ekiseera eky'okwogereramu. Pulogulaamu eyawukana ate nga nzijuvi esobola okutegekebwa nga mulimu n'omukisa okwegezaamu n'okugezesza ebisobedde okutuukibwako mu musomo. Wiiki ennamba era kiseera ekimala okuteekawo oluganda mu beetabyemu n'okussaawo omwoyo gy'okukolera awamu nga ttimu.

C. EKinuekyokuna Eky'omwaka

Pulogulamu etwala ekimuekyokuna eky'omwaka yeetagisa ekigendererwa bwe kibeera okutendeka abatendekebwa abalondemu abeewaddeyo ku mirimu gy'Obusiraamu ku musingi ogw'ekiseera ekiwanvu ate ebiseera ebimu ku musingi ogw'enkalakkira. Pulogulaamu bw'etyo era yeetaagisa okutendeka obulungi abo ababa bagenda okuteekatekebwa okutegeka abalala okukola emirimu gy'Obusiraamu.

Pulogulaamu ezeekika ekyo ziyanza okutegekerwa ba Imaamu ne Baddayirekita ab'ebitongole by'Abasiraamu.

Bw'ogendera ku kutegeka pulogulaamu, pulogulamu ey'okumala ekimuekyokuna eky'omwaka (emyezi esatu) ebeeramu amasomo ag'ebisomebwa mu bigambo n'agebyokukola, ku bisomebwa ebirondeddwa mu kutendeka obukulembeze. Buli ssomo liberamu okusomesa, okussa mu nkola ebisomeseddwa, ebigezo ne pulojekiti ezenjwulo. Ekimu ku bintu ebikulu ebibeera mu pulogulaamu be bayizi okukwatagana n'ettendekero mu ngeri enteeketeke oba embeera eteri nteeketeeka. Okukugira okw'omulimu ova ettendekero birina okusala ku muwendo gw'abantu abeetaba mu kutendeka okw'emyezi esatu. Wabula pulogulaamu eyeekika ekyo eyinza okutege-kebwa obulungi mu biseera by'ekyeya.

II. Okusinziira ku Kigendererwa

Okutendeka kuyinza okutegekebwa nga kwetooloolera ku bigendererwa ebyenjawulo, okuva ku kutumbula obukugu okutuuka ku kutumbula eby'omwoyo. Ebigendererwa ebiri emabega birina kinene kye bikola ku nnonda y'ebigenda okusomesewa n'amakubo ag'okutendekamu. Embeera ezimu zinnyonnyoddwa wammanga.

A. Okwongera ku Bukugu

Okusoomooza okubalukawo ova ebintu ebizuuka mu mbeera gye tukoleramu biyinza okwetagisa obukugu obupya. Okufuna obukugu mu kintu omulagiddwa obukendeevu n'okwongera amaanyi mu bukugu obumaze okufunibwa bintu bikulu nnyo mu kubeera omukulembeze.

Pulogulaamu z'okwongera ku bukugu essira ziriteeka ku kuwa obukugu bintu ebyenjawulo abatendekebwa bwe batalina. Ekiseera pulogulaamu ey'ekika ekyo by'emala kisinziira ku buzibu bw'obukugu obugenda okwongerwako n'obusobozi bw'abagenda okutendekebwa obw'okuyiga. Ekkubo ery'okuteekako engalo liwa pulogulaamu esinga bisalwo ebitundu bya pulogulaamu ebisinga nga bwe binaabeera. Ebyokulabirako eby'obukugu obw'ekika ekyo mulimu okuwandiika, okwogerera mu bantu, okukola kampeyini z'ebyobufuzi, obuvunaanyizibwa bwa bammemba, enko-zesa y'ebyma eby'amaloboozo n'ebiraga ebifaananyi, empandiika y'amawulire, n'ebirala.

B. Okukula mu by'omwoyo

Okutumbula omutindo gw'ebiomwoyo n'okwongera amaanyi ag'enkolagana y'omuntu ne Allah (SWT) gy'emisingi egiri emabega w'obukulembeze obw'Obusiraamu.

Okutendeka okwenjawulo kuyinza essira okulissa ku kutumbula enkulaakulana y'ebiomwoyo mu bantu abagenda okwetabamu nga kuyita mu kusoma Kulaane okugenda ewala n'ebitabo bya hadiisi. Obuwanguzi buyimiridde butereevu ku mutindo gw'okukola pulogulaamu n'embeera mw'etegekerwa. Ng'oggyeeko eby'okuyiga okugeza okusomesa n'enkulungo z'okuyiga, pulogulaamu bwe zityo ziyanza okuteeka abeetabye mu musomo mu kusinza okubagatta okugeza esswala ez'ekiro n'okusiiba.

C. Okwogera Amaanyi mu Kumanya

Okwongera okumanya kw'omuntu ku Busiramu n'ebiyigibwa eby'omulembe, nga mwe muli ebyafaayo, enzikiriza, ebyobuwangwa, n'ebibifaanana, kuteeketeeka asuu-birwa okubeera omukulembeze okulaba okusoomooza okuliwo kati mu mbeera.

Eby'okutendeka biyinza okussa essira ku kufuna okumanya n'okuyiga ebituukana n'emirimu gy'obukulembeze. Pulogulaamu bwezityo ziyinza okubeeramu okusomesa n'okukubaganya ebirowoozo okuva mu bamanyi ku bisomeseddwa wamu n'okwesomesa okw'abatendekeddwa okulunjamiziddwa.

D. Okutendekera mu Kisaawe ky'Emirimu

Okukulembera mu kisaawe ky'emirimu, mu bammemba n'ebibiina mu bitundu by'eggwanga, ky'ekinyusi ky'omulimu gw'ekibiina. Ebisalwawo ne pulaane birina okutuukira ddala wansi mu kifo omukolerwa emirimu era bammemba bateekeddwa okukungibwa, bazzibwemu amaanyi, era balagirwe okubikolerako.

Pulogulaamu ezeemalirira mu kutendekera awakolerwa emirimu okutwalira awamu zibeeramu engeri ey'okutendeka ey'okukwata ku kintu ey'ebikolebwa ebyawamu okugeza emisomo egitegekebwa, okusomera ku bifaananyi ebyali bibaddewo, okwessa mu kifo, n'ebibifaanana. Bino amaanyi bigassa ku kukulaakulanya obusobozi bw'omuntu okukulembera obulungi ku ddaala ery'obuntu n'ebigenda bitambula mu kibiima.

III. Okusinziira ku Bitundu By'eggwanga

Okutendeka era kuyinza okuteekululamu okusinziira ku bagenda okukwetabamu gye babeera ne we bakoma. Kuyinza okubeera okw'omukitundu mu kibuga oba okubeera okw'ensi yonna.

A. Okw'omu kitundu

Okutendeka okw'omu kitundu kusikiriza abantu abali okumpi n'ekifo mwe kugenda okubeera. Pulogulaamu ez'ekika ekyo, zisinga kukozesa talanta y'abantu b'omu kitundu mu kusomesa, wadde ng'emirundi mingi omuntu omu oba okusingawo ayinza okuyitibwa okuva ebweru okwongera amaanyi mu pulogulaamu.

B. Ekitundu ky'eggwanga (region)

Ensi bw'eba nga yaakutulwamu ebitundu ebyenfuga, buli kitundu kiyinza okutegeka emisomo gyakyo. Abeetaba mu kutendekebwa baggyibwa mu kintundu ekyo kyonna olwo aw'okusula ne waba nga weetaagisa. Abaggya mu musomo bayinza okukozesa mmotoka zaabwe, ekyo ne kikendeeza ku nsimbi ezentambula. Abookutendekebwa mu bitundu bayinza okuva mu bantu abaamala emisomo mu matendekero agaawaggulu ab'omu kitundu ekyo.

C. Okweggwanga

Abeetaba mu kutendekebwa okw'eggwanga bava mu buli kanyomero mu ggwanga era ng'okutwalira awamu babeera ku mulimu gwa Busiramu ab'ebibiina ebiba biteeseteese omusomo guno. Pulogulaamu ezimbirwa ku bakozi ab'eggwanga okuso-

mesa n'okuteekateeka. Okuva lwe muli okutambula ejjendo empanvu, pulogulaamu etera kumala ennaku bbiri oba okusingawo nga n'okusula kulowoozeddwako.

D. Ensi yonna (mu bitundu)

Amawanga agenjawulo agawera okuva mu nsi yonna gayinza okugattibwa awamu ne gakola ebintundu okugeza Amambuuka ga America, Amaserengeto ga America, Bulaaya, Amaseregeta ga Asia, Ensi za Buwalabu, Amambuka ga Africa, n'ebirala, olwekigendererwa eky'okutendeka abakulembeze ab'ebibiina eby'omu mawanga ago. Nga bwe kubeera ku musingi ogw'eggwanga, okutendeka okw'ebitundu by'ensi yonna kwetabwamu abantu bangi okuva mu mawanga agenjawulo nga temuli kutambula kiwanvu ng'okuli mu kutendeka okwensi yonna.

E. Okw'Ensi Yonna

Bino by'ebiri ku ntikko y'ebi'okutendeka. Abasomesa n'abeetaba mu misomo bava mu buli kanyomero ka nsi. Olw'ebisale by'entambula okubeera ebingi abatendekebwa bateekeddwa okulondebwa n'obwegendereza okusobola okubaako ne kye kukola ku mirimu gy'Obusiraamu ku ddaala ery'ensi yonna. Kirungi nnyo okutegeka emisomo egy'ensi yonna nga y'entandikwa ya pulogulaamu ezenjawulo eziyinza okutandika ku ddaala ery'ebitundu mwe bava. Ekiseera ebintu ebyo gye bikolerwamu tekirina kukka wansi wa wiiki nnamba.

IV. Emyaka n'Obukugu Obwenjawulo

Okufuna ebivaamu ebisingayo obulungi, okutendeka tuteekeddwa okukukolera ku byetaago n'abatendekebwa bye beetaaga okusinziira ku myaka n'obukugu obwenjawulo. Abavubuka n'abakyala bateekeddwa okuteekebwako ebirowoozo mu mbeera eno.

A. Abavubuka

Abatendekebwa abasingako obuvubuka abeetegekera okutwala obuvunaanyizibwa obw'ekintu ekikulu, n'abavubuka abakuze abo bibinja byanjawulo bw'otunuulira eby'okutendeka. Pulogulaamu zaabwe zirina okubeeramu duyiro omuteeketekee obulungi n'ebyokukolera wabweru w'ekizimbe. Okusomesa kulina okubeera nga kusaanidde eddala ery'ebyenjigiriza n'ekiseera ekiba kijja okubakkiriza okusigaza okwagala.

B. Abakazi

Abakazi kibinja ekirala ekiteekeddwa okufibwako okwenjawulo bwe tuba tutegeka pulogulaamu z'okutendeka. Entegeka y'ekifo erina okuba ng'esobozesa okubaawo ekifo eky'okusulamu ekyeyawulidde abakyala omusomo bwe guba nga gwakwetabwamu abakazi n'abasajja. Okulonda ebrisomesebwa kulina okutunuulira bye baagala ebyenjawulo. Embeera eriwo ey'ekibiina ky'Abasiraamu eyagala okufuba okwenjawulo okutendeka abakyala Abasiraamu okukola emirimu egibasaanira mu kitundu.

C. Obukugu obwenjawulo

Wadde ng'okutendeka okusinga kuba kwolekezeddwaa omusomi owaabulijjo, okutendeka okumu kuyinza okuba nga kutegekeddwaa olw'abo abalina emirimu oba

obusobozi ebyenjawulo. Zino ziinza okuzingiramu pulogulaamu z'abakozi abali mu da'awah mu makomera, oba abo abaddukanya bubizinesi obutono, okugeza okufumuya ebitabo.

Awali Eky'okukolako

TARBIYAH WAKATI W'OKUBEERA OW'ABANTU OBUNTU OBA OWAALUKALE.

Okukubaganya ebirowoozo kugenda mu maaso oba *tarbiyah* etekeddwa kubeera mu kyama oba mu lukale. Okwo kukubaganya birowoozo okutayinza kuvaamu bibala byonna. Kigendererwa ki ekiri mu *tarbiya* ekoleddwa mu nkukutu? Eba tegenda kukozesebwa mu lujudde? Ku ludda olulala, butya mmemba bw'ayinza okukola obulungi mu lujudde bw'aba tafunye mukisa kwekolako *tarbiyah*? Ebintu byombi buli kimu kujjuuliriza kinnaakyo. Tulina okuteekateka okukyusa bammemba bye bakola n'okubyerula ku bifo byombi olwo basobole okufuna emigaso ku mpuyi zombi. Mu ngeri eno, obutakkaanya wakati wa byombi kuba kijja kuvaawo.

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

AKAKIIKO AKAKWANAGANYA EBIBIINA BY'ABASIRAAMU KAKUSA-BYE OKULEETA EKIROWOOZO KU KKUBO ERY'OKUTENDEKAMU ABA-KULEMBEZE AB'EBIBIINA EBY'OMU BITUNDU. BALI MU BITUNDU BINGI, BAAWUKANA MU MIRIMU GYE BAKOLA, OBULAMU BW'AMAKA N'OBUMANYIRIVU OBW'OMU KISAAWE KYA DA'AWAH OKUTWALIRA AWAMU. OMULIMU GWO KWE KUVAAYO N'ENTEKEETEEKA NG'OWANDIIKA MU BUFUNZE BUTYA BW'OYINZA OKUTEEKATEKA MU BIBINJA EBYENJAWULO ABASUUBIRWA OKUTENDEKEBWA N'OKUTEEKATEKA PULOGULAAMU Z'OKUTENDEKEBWA KWABWE.

1. *Teekawo amakubo mw'onooyita okussaawo ebinja mu bakulembeze olw'ekigendererwa ky'okutendeeka.*
2. *Wandiika mu bufunze ebirungi n'ebibi ebiri mu kukola pulogulaamu z'okutendeka ku ddaala ery'eggwanga n'eryawaka.*
3. *Wandiika akabaluwa mu bufunze eri omuntu awakanya ky'oba osazeewo ng'olwanirira ekyo ky'oteeseteese.*

Ebibeera mu Pulogulaamu y'Okutendeka

-
- I. Ebikozesebwa mu Kutendeka (Ebiyamba mu Kutendeka)
 - A. Ebikozesebwa ebikubiddwa mu kyapa
 - B. Ebintu ebiyamba ku maloboozi n'okulaba.
 - C. Twandikozesezza bikozesebwa ki era butya?
 - II. Embeera Etendekerwamu: Ebikolebwa ne Zipulogulaamu
 - A. Embeera y'Ekifo
 - B. Abasuubirwa Okutendekebwaa
 - C. Ekiseera Ekyomugaso Ekitendekerwamu
 - D. Ebikozesebwa Ebiyamba mu Kusomesa.
-

EBIGENDERERERWA MU MUSOMO GUNO

W'onomonalirako essuula eno, ojja kuba osobola:

- Okumanya ekika ky'ebikozesebwa by'oyinza okukozesa okukuyamba mu kutendeka.
- Okutegeera ebintu ebirina okulowoozebwako mu kulonda entendeka ezenjawulo.
- Okukozesa ebiyamba mu kutendeka mu ngeri esingako obulungi.

I. Ebikozesebwa mu kutendeka (Ebiyamba mu kuntendeka)

Ebikozesebwa mu kutendeka bikulu nnyo okutendeka okusobola okugenda obu-lungi. Bino biyinza okubeera ebiwandiiikiddwa ebikubiddwa mu kyapa okutuuka ku ntambiza vidiyo n'ebintu ebirala ebiri wakati awo. Okutwalira awamu, ebikozesebwa mu kusomesa biyinza okunnyonnyolwa ng'ebeyeyambisibwa mu kutendeka ebiyamba okunnyonnyola, okugezes, oba okujukiza abeetabye mu musomo ku ebyo bye baba bayize. Ebikozesebwa bwe bityo biteekeddwa okuyamba obutereevu okusoma olwo biryoke bitwalibwe ng'ebikozesebwa mu kusoma. Ebikozesebwa ebijja okuyamba obuyambi mu kwongera ku mawulire, oba ekitali ekyo okujuuliriza ebisomeddwa, biyinza okutwalibwa mu muteeko gw'ebyo ebintu ebyesigamirwako.

A. Ebikozesebwा Ebikubibwа Mu Kyapa

Ekigambo ekikubidwa mu kyapa ly'ekkubo erisinga okukozesebwа mu biyamba mu kusomesa. Kiyinza okukubibwа ku ssente entono okusinga ebikozesebwа ebirala. Byangu okuddamu okufulumizibwа era bisobola okutambuzibwа n'okugabanyizibwа mu ngeri etatawaanya. Bw'obigeraageranya ku birala, ebintu ebikubiddwa mu byapa te-byetaaga byuma byanjawulo okugeza ebyuma ebizannya ebifaanyi oba kompyuta okusobola okubisoma. Si bya ssente nnyingi bw'obigeraagenranya n'emigaso egibirimu, byesigika, byabulijjo, bifunika, era bikozesebwа mu mbeera ezenjawulo.

Ebizibu ebiri ku bintu ebikubibwа mu kyapa mulimu okuba nga si kyangu kubifuula ebisikiriza, obutasobola kulaga mbeera ezibeerawo mu bulamu obwabulijjo mu bifaananyi, biba binene nnyo bw'obigereganya n'obuyinja bwa kompyuta n'ebikozesebwа eby'amasanyalaze, obuzibu bw'okukyusa ebiba byakubibwа okusooka, n'obutabaawo kukolagana kumala n'omusomi.

1. Ebiweebwа Abasomi Okusoma

Ebiweebwа abasomi okusoma by'ebisinga obuganzi mu bintu ebikubwa mu kyapa. Muzingiramу ebiwandiike mu bufunze oba ebifaananyi ebinnyonnyola ebyo ebijjuuliriza okusomesa oba emisomo egitegekeddwа. Ebiweebwа abasomi bibasobozesa okuwandiika mukiseera ky'okusomesa; ekitundu ekijjuzibwamu ekiba kigattiddwako oba ekitundu abasomi we basabibwа okubaako ne kye bawandiika wabayamba okwetaba mu mutendera gw'okusomesa. Ebiweebwа abasomi bulijo bikozesebwа okunnyonnyola mu bufunze oludda olumu olw'ekisomebwako.

2. Empapula Okuwandiikibwа Eby'okukola

Empapula zino zizingiramу enkalala okuli eby'okusoma, ebiweebwа abasomi okukola bokka, ebibuzzо eby'okuddamu, empapula okufunzibwа ebintu, n'ebirala. Biyamba omusomi okulowooza mu ngeri erimu okuyiyya. Empapula eziteekatee-keddwa zinyweeza okujjukira n'okukwata ebintu ku mwoyo.

3. Ebiruunjamya mu Kuyiga

Bino bizingiramу ebintu ebiyamba okusoma n'obutabo bw'omusomesa nga buli mu ngeri y'ebisomesebwа ebifunziddwa, ebikwata ku musomo ebyetengeredde, ebitabo omuwandiikibwа, n'ebitabo ebisomebwа ebimpi ebijjuuliriza ebiwa amawulire, n'ebiraligirira. Ebyo bwe bityo ebiruunjamya n'ebi'okusoma binnyonnyola bulungi ebiteekeddwa okusomebwа n'engeri gye biteekeddwa okusomebwamu. Bibeera bingi nnyo okusinga ebiweebwа abasomi.

4. Ebivaamu Ebyokusoma Ebikolebwа Abantu mu Bibinja

Bino mulimu ebikozesebwа byonna ebiyamba abantu okusomera mu kibinja okuza-nnya ebitundu, ebiragirwa abasomi okukola, okusomamu ng'omusomo tegunnatandika, empapula okuli ebivaamu amawulire, n'ebikozesebwа mu kuyitirayitira mu basomi.

5. *Ebiweebwa Abasomi mu Misomo*

Ebitundu ebyenjawulo ebiri mu kitabo kino bintu bikulu omuva ebikozesebe wa mu kutendeka eby'obukulembeze. Okwongereza ku kino Etterekero Ly'ebitabo Eby'okutendeka mu Bukulembeze Obw'Ekiyisiraamu ku IIIT lirina obutabo obuwer a ku bintu ebyenjawulo mu bintu ng'ebi'eddiini y'Obusiraamu, ssayansi owaakaky o kano, okuteekateeka ebibiina, okwekulaakulanya, n'ebibeera mu kisaawe ky'emirim u. Ebikozesebe bino biyinza okukozesebe ng'ebitabo omuli engeri gy'okolamu ebintu ebyenjawulo n'ebitereke eby'okugaba mu misomo egiba gitegekeddwa.

B. Ebikozesebe Eby'okuwuliriza n'Okulaba

Ebyokulabirako eby'ebikozesebe eby'amaloboozi n'ebiragibwa mwe muli empa-pula engazi, obuveera obutangaala, obuveera obuseesetuka, entambi z'amaloboozi, entambi eziragibwa, obutambi bwa filimu, entimbe eziragirwako okuva mu kompyuta, n'ebirala ebibifaanana. Etterekero ly'ebitabo ery'okutendeka mu bukulembeze bw'Obusiraamu lirina okubeera n'entambi eziwulirizibwa n'eziragibwa eziwera. Okwo ogattako nti ebintu ebikwatiddwa ku ntambi mu kutendekebwa okukolebwa ebibiina by'Abasiramu ebirina okutereezebwa bisobole okuddamu okulagibwa.

C. Bintu ki bye Tulina Okukozesa Era Tuty?

Pulogulaamu y'okutendeka kubwayo nkola ya kukyuka. Ekigendererwa kyayo ekyawamu kwe kuteeka enkyukakyuka mu ndowooza n'enneyisa y'abeetabyemu, nga tukozesa amakubo agasaanidde agenjawulo n'ebi'okukola ebikunjaa-nyiziddwa awamu nga pulogulaamu ey'okutendeka. Okulonda ebikozesebe okusomesa ebisinga obulungi, olw'ekigendererwa kino, tuteekeddwa okwekenneanya eddaala ery'obumanyirivu ery'abatendekebwa, obuyigirize bwabwe, n'ebiyobuwangwa n'embeera ey'ebyenfuna ey'abantu b'omukitundu gye bawangaalira. Oluvannyuma tuyinza okusalawo amakubo agasinga okusaanira okusobola okutuukiriza ebigendererwa byaffe eby'okutendeka abantu abeekika ekyo. Ddi era butya bwe tukozesa ebikozesebe mu kutendeka ebyenjawulo kisinziira ku bintu bingi omuli abatendekebwa, embeera y'ekifo omutendekerwa, emyaka n'obumanyirivu bw'abage-nda okwetaba mu musomo, obuzibu n'okubeerawo kw'ebikozesebe byennyini olw'omusomo ogugenda okusomesebwa. Okukozeseza awamu ebikozesebe ebikubiddwa mu kyapa n'ebi'amaloboozi n'ebiragibwa ku ntambi by'ebisinga obulungi okukozesa mu mbeera ezisinga obungi. Wabula eby'amaloboozi n'ebiragibwa biteekeddwa okuba ku mutindo omulungi okusobola okukola obulungi.

EBIROWOOZO KU KUKOZESA OBULENGI EBIKOZESEBWA
• Ebiamba mu kutendeka eby'ebikozesebe n'ebiragibwa obulungi n'ebi'ebi'eddiini.
• Jumbari abatendekebwa okukozesa ebiamba mu kutendeka nimo.
• Kozaa ebiamba mu kutendeka okuyambako kyoko n'okulandahala chisumesebwa ebikulu.
• Gezen enkozaa n'ebikozesebe n'ebi'ebi'eddiini.
• Beera mwetegori okudamu okutegeta n'okulekayo ebimbu ku ebikozesebe mu kiseera kyokosomesa.
• Weewale onsoi omene sy'okugaba ebikozesebe n'ebi'ebi'eddiini.

II. Embeera Etendekerwamu: Ebikolebwa ne Zipulogulaamu

Waliwo ebikolebwa bingi n'ebitundutunu bya pulogulaamu ebiyinza okukoze-sebwa okuzimba pulogulaamu y'okutendeka. Ekirondebwawo ku byo kisinziira ku b'ani abagenda okwetaba mu kutendekebwa n'embeera y'ekifo omugenda okutendekerwa. Ebimu ku birina okulowoozebwako ebisinga obukulu mulimu bino:

A. Embeera y'Ekifo

Embeera omutendekerwa – ekibiina, wabweru w'ekizimbe, ekifo abantu we bakolera, oba ebifo ebirala - eyinza okubaako ne ky'ekola ku kulondawo kwaffe kye tugenda okukola. Tulina okukaksa nti embeera y'ekifo muteekeddwamu bulungi ebikozesebwa okugeza, ebyuma eby'amaloboozi n'ebiraga ebifaananyi okusomesa bwe kubeera okw'omunda mu kisenge oba nti waliwo ekyererezi bwe wabaawo eby'okukolebwa ebweru. Embeera y'ekifo erina okubeera wansi w'omuntu agenda okutendeka nga y'akirinako obuyinza n'ebintu ebiyamba nga waguddewo ekizibu n'ebiyuma birina okubeerawo buli we biba byetaagiddwa.

B. Abasuubirwa Okutendekebwa

Ebigenda okukolebwa mu kutendeka bisinziira ku ddaala ly'abatendekebwa n'ekikolebwa kyennyini. Kikulu okufuna ebikwata ku bagenda okwetaba mu kutendekebwa. Ebyetaagisa mulina okubeeramu emyaka, ekikula, obuyigirize, ne w'akoma mu kumanya Obusiraamu, obuvunaanyizibwa obw'obukulembeze bw'Obusiraamu, ekibiina mw'agwa, n'ebirala. Okwongereza ku ebyo, kiba kikulu okumanya abeetaba mu kutendekebwa kye balowooza ng'ekibakwatako ennyo ne bye baagala okuyiga. Ebintu ebimu ebikolebwa biyinza okuba n'omugaso okusinga ku birala mu kwanukula ebyetaago by'ekibinja.

C. Ekiseera Ekyomugaso Ekitendekerwamu

Omuntu ayinza okuwavuya okutendeka oba n'akukola ennyo ne kutuuka okufiirwa ekikugendereddwamu. Kino kibaawo ekintu ky'ekimu bwe kuddinjanibwa oba abeerabye mu kutendeka bwe batandika okukikoowa. Buli kikolebwa kibaako n'ekiseera abeetaba mu kutendekebwa kye bakissizaako omwoyo nga mu kiseera ekyo balabika okukiganyulwamu. Bwe kisukka ku kiseera we kigasiza, kisobola okwonoona okulafuubana kwonna okuba kukoeddwa mu kutendeka.

D. Ebikozesebwa Ebiyamba mu Kusomesa

Eky'okukola kyonna ekiba kirondeddwa kiteekeddwa okuwagirwa ebikozesebwa mu musomo ebikozesebwa atendeka n'abatendekebwa. Kino kiyinza okubeera mu mbeera ya bitabo, ebitabo ebrisomesebwamu, entambi eziwlirizibwa n'ezirabibwa, ejinja lya kompyuta, oba ekintu kyonna ekiyinza okukozesebwa mu mbeera y'oku-tendeka. Obuyambi era bulina okuweebwa abatendekedwa basobole okwejjukanya nga pulogulaamu ewedde ku biba bibasomeseddwa. Ebikozesebwa okuyamba bwe

bibulawo, okulondawo ekikolebwa kuba kujja kukugirwa obusobozi bw'atendeka okuteekateeka ebikozesebwa okufuna obuyambi obwo.

**OLUKALALA OLUYAMBA OKWEKENNEENYA EMBEERA
OMUGENDA OKUTENDEKEBWA.**

(Ebigenda okukolebwa byamirundi ebiri ebiyyiyiziddwa bireetedwa wano mu bufunze. Si buli kintu nti kireeteddwa. Ekigendererwa kwe kulaga engeri y'okwekenneenyaamu embeera ezenjawulo ez'okussaawo embeere entuufu Ey'okutendekamu)

	Ekikolebwa oba eky'oku-londako ekisooka	Ekikolebwa oba eky'okulondako ekyokubiri
A. Embeera y'Ekifo	Ekibiina, pulojekita n'olu-timbe, olubawo	Ekifo omukolerwa, kompyuta, akazindaalo
B. Abasuubirwa Okutendekebwa	Bavubuka abatalina nnyo bumanyirivu	Bakozi, bakuluko abalina ku bumanyirivu
C. Ekiseera Ekyomugaso Ekitendekerwamu	Ssaawa emu n'ekitundu	Ssaawa ssatu
D. Ebikozesebwa Ebiyamba mu Kusomesa	Akatabo omuli ebisomesebwa, ebiwebwa abasomi, ebitabo	Ebiweebwa abasomi, ebitabo omuli ebisomesebwa.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAKO EBIROWOOZO

1. Miziziko ki egiri mu bikozesebwa ebikube mu byapa mu kutendeka?
2. Mu ngeri ki ebikozesebwa mu kutendeka ebiwulirizibwa n'ebirabwa n'ebiyamba mu kutendeka mwe bisingira ebikubiddwa mu byapa obulungi?
3. Lwaki ebikwata ku bagenda okutendekebwa bikulu nnyo mu kutendeka?
4. Eky'obuwanyu bw'ekiseera kikola kitya mu kutendeka?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NG'OMUMYUKA WA PULEZIDENTI AVUNAANYIZIBWA KU KUTENDEKA MU KIBINA KY'ABASIRAAMU EKINENE OTEEKATEEKA OMUSOMO OGULI KU DDAALA ERYAWAGGULU OGW'ABAKULEMBEZE BANNAKYEWYA KKUMINABA-TAANO ABATALINA BISEERA. OLINA SSENTE EZEETAAGISA NAYE EKISEERA TEKIKUMALA. ABAGENDA OKUTENDEKEBWA BEETAAGIRAWO OKWONGERA KU NGERI GYE BAKOLAMU EMIRIMU, WADDE NGA BANTU BAKULU ERA ABALINA OBUMANYYIRIVU.

1. *Wandiika wansi ebikozesebwa by'ogenda okukozesa.*
2. *Kola ekipande ng'olaga emigaso ebikozesebwa by'olonze gye bisinza ku birala.*
3. *Yogera engeri gy'ogenda okusalawo ku buwanvu bwa pulogulaamuyo.*



Obukodyo bw'Okutendeka

- I. Ensonga kw'osinziira okulonda akakodyo k'okutendeka
- II. Obukodyo obukulu obutera okukozesebwa mu kutendeka
 - A. Okusomesa
 - B. Emisomo egy'okussa mu nkola
 - C. Semina
 - D. Ensirika
 - E. Okukola katemba
 - F. Enkunjaana
 - G. Muntu ku muntu
 - H. Okukubaganya ebirowoozo okwawamu
 - I. Okusomesa emisomo egyenjawulo mu kiseera ekimu
- III. Obukodyo obulala obw'omugaso
 - A. Okuwakana n'okukubaganya ebirowoozo
 - B. Okukubaganya ebirowoozo okw'ababiri
 - C. Okwogiwaza obwongo
 - D. Okuyigiriza okulimu okulagirira
 - E. Okukozesa ebyamasanyu (okwesanyusaamu)
- IV. Okuddamu okwetegereza bye tulabye
- V. Embeera ekozesebwa ng'ekyokulabirako
 - A. Engeri gy'okozesaamu embeera ng'ekyokulabirako
 - B. Ddi lw'okozesa embeera ng'ekyokulabirako
 - C. Tutegeza tutya embeera erabirwako
 - D. Ngeri ki gy'okozesaamu embeera erabirwako n'etambula bulungi.

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onomonalirako essuula eno ojja kuba ng'osobola:

- Okulaga ebikwata ku bukodyo bw'okutendeka
- Okutegeera ebyetaagisa mu kutendeka wamu ne mu musomo gwonna
- Okwongera amaanyi mu kukola kw'abo abatendekebwa n'okubasikiriza okusigala mu musomo

- Okubaga emisomo egikolanga ebyokulabirako egy'okukozesebe mu kutendeka.

I. Ensonga okusinziirwa okulondawo obukodyo obunaakozesebe

Okulondawo obukodyo obunaakozesebe mu kutendeka mu buli musomo kusinziira ku nsoma y'abo abeetabye mu musomo. Waliyo abayiga obulungi singa biwandiiko by'ebiba bikozeseddwa, abalala baagala birabwako nga ttivvi, sso nga waliwo n'abayiga obulungi nga bayita mu mukutu gw'ebyo ebyogerwa okugeza nga leediyo; eriyo n'abayiga obulungi nga bakozesa kukubaganya birowoozo, abalala bayiga nnyo nga bayita mu kulagibwa ebyokukola nga beenyigiramu. Okwongereza ku ebyo waggulu, okubeerawo kw'ebikozesebe, ekikula ky'ebisomebwa, wamu n'ebiyetaago by'omusomi kinnoomu n'abasomi bona okutwalira awamu, ebyo byonna biyamba mu kusalawo akakodyo koonookozesa mu kutendeka.

Ensonga endala ezisinziirwako okusalawo kakodyo ki akasaana okukozesebea okukira obulala mwe muli obungi bw'abayizi n'ebibafaako, ebiruubirirwa mu musomo, ensimbi, ebikozesebea n'ebiyeyambisibwa wamu n'ekiseera ekimanyiddwa. Era omuntu alina okulowooza ku bukugu mu kwogera (eri baatendeka ng'abasomesa) wamu n'obukugu mu kutegeka, ebiyinza okulemesa abantu okuyiga, ekkubo erisinga obulungi erisaana okukozesa ng'osomesa, n'okuteerawo ebikozesebea ebyenjawulo eri abalina obulemu ku mibiri gyabwe.

Abatendekewa abakulu mu myaka bayiga nnyo nga bayita mu kussa mu nkola ekisomesebwa wamu n'okukyusakyusa ku makubo omusomesa g'akozesa. Bayiga nnyo singa baba basobola okukwanaganya bye bayize ebipyga n'ebyo bye babadde bamanyi. Bateekeddwa okulaba nga bye bayiga bizimbira ku ebyo bye bayiseemu mu bulamu bwabwe bye balabyeko. Bateekeddwa okussa mu nkola bye baba bayize. Okuyiga kwabwe kweyongera amaanyi bwe bamanya okutendekewa engeri gye kunaabayambamu bye bayize ne bibasobozesa okuvvuunuka obuzibu mu nzirukanya y'emirimu. Okutwalira awamu, abantu abakulu tebasobola kuyiga okuggyako nga muli bawulira baagala okuyiga.

Omutendesi naye ateekeedwa okuba n'ebisaanyizo ebyetaagisa ebimusobozesa okuyigiriza obulungi. Mu bino mwe muli okumanya ennyo ky'asomesa, obukugu, okufa ku balala, okubeera omwetegefu okukulembera abalala wekyetaagisa n'okubeera omusanyusa (asesa abantu).

Mu bufunze, okutendeka okugenze obulungi tetukupimira ku ntendeka yaffe ennungi wabula kupimirwa ku ngeri ennungi abatendekewa gye bayigamu. Okuyiga kw'abasomi kusinziira ku kwetegeka okulungi, obumanyi mu bye tusomesa wamu n'okulowooza ku kukozesa akakodyo akasaanira abo be tubangula.

II. Ebikulu ebifa ku bukodyo obutera okukozesebwa mu kutendeka

A. Emisomo egy'okwogera

Omusomo gw'okwogera kwe kwogera kw'omuntu avunaanyizibwa ng'alina okumanya n'obuyivu ku nsonga n'abeera ng'agirambika n'okugisengeka okutuusa lw'agikomekkereza. Omusomo gutegekebwa okusomesa tekunnabaawo era gusomesebwa na kusoma ebyo ebyawandiikkidwa ku lupapula. Ebyeyambisibwa mu kusomesa eby'okuntambi ebiyita mu maloboozi, n'ebifaananyi ebikasukibwa ku lutimbe biyinza okutuusa obubaka bw'omusomesa mu ngeri etegeerekeka. Okukozesa essimu n'okuweereza ebifaananyi ku ntimbe biyinza okuyamba omusomesa n'atuuka mu bayizi abali mu kifo oba ebifo ebyewala awatali kumala biseera wadde okutindigga ejjendo oba okussaamu ssente.

Okutegeka omusomo tumala kumanya mulamwa olwo ne tufuna omwogezi eyeetaaga okugwogerako. Tutegeeza omwogezi ebyo bye tusuubira mu musomo, obudde obuguweereddwa n'enfaanana y'abasomi. Tulina okukakasa obulungi nti entegeka zonna, omuli n'emizindaalo eginaakozesebwa, ziwedde bulungi era ne zissibwa mu nkola nga bwe kyetaagisa.

Okuyita mu kusomesa kakodyo kaamaanyi eki-gendererwa kyaffe bwe kiba kuzzaamu buvumu eri abo be tusomesa babeko kye bakola oba okubategeeza kye babadde tebamanyi. Omusomo bwe gubaamu ebibuuzzo n'okubyanukula, guyamba okuyigiriza abagwetabyemu nga kino kisinziira ku bukugu bw'omusomesa wamu n'obumanyirivu bwe.

Eddakiika kyenda zeezo abayizi ze bamala nga bawuliriza omusomo nga bataddeyo ebirowoozo. Omusomo tegusaanidde kusussa ddakiika 45. Eddakiika ezisigaddewo zisaana kukozesebwa mu kukubaganya birowoozo, okubuuza ebibuuzzo wamu n'okubyanukula.

Okunokolayo emiramwa gy'omusomo emikulu, okulaga omusomo mu bufunze, obo okugulaga mu bujjuvu, mu buwandiike (ku lutimbe) biyinza okuyamba abasoma okugoberera ebyogerwa, naddala singa ebisomesebwa biba bigumu obo ebyabulijjo.

B. Emisomo egokywenyigiramu (*workshops*)

Omusomo ogw'ekika kino lukujjaana ng'abalwetabyemu bakolera ddala ebyo ebibayigirizibwa. Bayiga ebipyaa ne babikwanaganya n'emirimu gyabwe, balagibwa ebyetaagisa okukyusaamu mu nneeyisa, bayiga obukugu obupya, ne bassa mu nkola empisa n'obukugu ne biyingizibwa mu mbeera ze bakoleramu kumirimu gyabwe.

Enkola ennungi erina okugobererwa ebeera mu mitendera esatu:

1. *Bategeeze ky'oyagala okubategeeza.*
2. *Bategeeze*
3. *Bategeeze ekyo ky'o maze okubategeeza.*

Omusomo ogw'okwenyigiramu guzimbirwa ku kisoboka okuteebwa mu nkola era nga kyamugaso mu ndaba y'abayizi. Omusomo ogw'ekika kino gubeera ku mulamwa ogwenjawulo ogusomesebwa.

Okutegeka omusomo gw'okwenyigiramu kulina okugoberezewako embeera esobozesa okutuuka ku bantu n'okwenyigiramu kwabwe. Omusomo ogw'ekika kino gulina okwongerwamu amaanyi okusinziira ku ntegeka y'omusomo okutuusa ku nkomerero yaagwo. Omutegesi w'omusomo n'omutendesi ateekeeddwa okusaba abanetaba mu musomo okumutegeeza ebyetaago byabwe, ensomesa gye baagala, n'ebibasikiriza okujumbira omusomo. Ebikozesebwa ebiwerako birina okubeerawo nga muno mwe muli empapula okukolerwa, ebyokulabirako, empapula ezikakasa nti buli kyetaagisa weekiri, n'ebyetaagisa ebirala.

Omusomo ogw'okwenyigiramu ogunaagasa ennyo gubaamu essuubi ddene n'okunyweza ebyo bye bayize. Omutu alina okwagala eri omusomo yeenyigira mu musomo bulambalamba wamu n'ebiyungo bye – ebirowoozo bye, amaso ge, amatu ge n'ebirala – obutafaananako muntu mulala ayinza okwetaba mu musomo nga tataddeeyo mulaka.

Emisomo egy'okwenyigiramu gimala essaawa eziwerako n'abasomesa abenjawulo okumala ennaku eziwera. Obungi bw'ennaku businziira ku bugumu bw'omusomo n'okubeerawo kw'abasuubira okugwetabamu. Ekiseera ekyomugaso abayizi kye bayigiramu kyeyongera okusinziira ku maanyi ge balaga mu kwenyigiramu nga beeyambisa ebikozesebwa n'eb'y'okukola.

Ebyeyambisibwa mu misomo egy'okwenyigiramu bisinziira ku kika ky'abayizi, emirimu gyabwe, obuyigirize bwabwe, enjiga yaabwe n'ekiseera omusomo mwe gutegekeddwa. Okweyambisa zifirimu mu kuyigiriza obukugu obwenjawulo, ebyokulabirako mu mbeera ezikwatagana n'embeera eriwo, n'empapula eziyamba okwongereza ku bisomeseddwa za mugaso. Ziyamba okukwanaganya omusomo gwonna mu bufunze eri abagwetabyemu bona mu lutuula olumu. Olwo n'abateetabye mu musomo basobola okuganyulwa mu musomo ogwo.

C. Emisomo nya zi semina

Omusomo gwa semina guba ku mulamwa ogugendererwamu okuyigiriza ova okutegeeza ababa bagwetabyemu ku ekyo ekiba kisiimiddwa. Semina ebaamu emisomo egiwerako ova obubinja obukubaganya ebirowoozo ku mulamwa gwa semina omukulu. Oluusi wabeerawo emisomo egyenyigirwamu (workshops) egyenjawulo egigenda mu maaso mu kiseera ky'ekimu ova obubinja obutonotono obwenjawulo obukubaganya ebirowoozo.

Semina zitegekebwa na kusooka kulonda mulamwa n'emitwe emikulu egigwa wansi waagwo. Tulonda aboogezi n'abanaatuula ku bukiiko abalina ebisaanyizo era abasobola okubeerawo okwogera ku miramwa egyo. Semina kw'emanyirwa okwaukana kumisomo emirala kwe kuba nti semina omulamwa gwayo gugenda mu maaso

okuva ku bisookerwako ebikulu okutuuka ku bitono n'okukwanaganya emitwe egypterwako gyonna.

Okubangulwa okusuubirwa mu semina eba etegekeddwa obulungi kuba kukulu. Naddala ng'ekiruubirirwa kwe kulongoosa endowooza nga tuyita mu kwagazisa oba okwongera okumanya eri abasomi ne basobola okuba ne kyebasalawo ekirunjamu. Wadde abeetaba mu musomo baba batono, amakubo agenjawulo agakozesebe mu kusomesa gasobola okubongera okwagala okuyiga.

Semina zitera kumala lunaku lumu oba bbiri. Engeri gye zitegekebwa olw'oku-sasaanya okumanya, ekiseera kyazo kinyigirizibwa obusobozi bw'abayizi bwe baba nabwo okukenenula ensonga. Ebisomesebe ebizibu, singa tebiyigirizibwa mu ngeri nnungi biyinza okukonzibya ebiyigibwa mu semina.

Okugaba empapula eziriko emitwe gy'ebiyogerwa, ebiruubirirwa mu kukubaganya ebirowoozo okubeera mu babinja, ebiruubirirwa bya "workshops" byonna biyamba ku nkwanaganya y'amawulire agaba gafuniddwa abawuliriza. Okulaga ebitabo ebiyinza okusomebeba abeetabye mu musomo kiyamba abayizi okulondoola bye bayize n'okweyongera okuyiga.

D. Okugumba awantu (kkampu)

Okugumba awantu kikolu ekyetaagisa abeenyigiddemu okubeera we bagumbye okuva ku ntandikwa okutuuka ku lunaku olulagaane emisana n'ekiro okuva ku ntandikwa okutuuka ku nkomerero ya pulogulaamu. Ekifo kirondebwa okusinziira ku bintu ebyetaagibwa okugeza ng'ebisulo, ebyokulya, enkiiko we ziyanza okutuuzibwa, awookusaalira, n'okuzannyira emizannya. Entegeka yonna ebeera nzijuvi era emalawo ebiseera byonna okuva omuntu lw'azuukuka okutuusa lwe yeebaka. Ekgendererwa kwe kuleetawo embeera ekwatagana n'okunyweza enneeyisa wamu n'okwongera amaanyi mu bukugu obusobola okussibwa mu nkola mu nzirukanya ya kkampu eyo. Entegeka ya kkampu n'okubeera mu kifo kyayo kireeta akakisa ak'okusinkanya abantu abenjawulo n'okuvaamu amakubo agenjawulo ag'okuyiga wamu n'okuyigiriza. Ekgendererwa ekikulu mu kino kwe kutumbula omwoyo gw'obwasse-ruganda n'okwongera amaanyi mu kukolera awamu.

Okulonda ekifo ekituufu kikulu mu kutumbula kwa kkampu obulungi. Kino kisinziira ku kika kya kkampu wamu n'ekigendererwa kyayo. Ekyokulabirako, kkampu ez'abavubuka n'abo ababa beetaaga okussa mu bantu enneeyisa eziwerako nga si kubayigiriza bya bukugu obw'okuyita ku ngulu. Kkampu eyo eba yeetaaga ebyeyambisibwa ebiwerako ebinaakozesebe mu kwegezaamu. Ensonga endala enkulu ezitunuulirwa kwe kuba nti ekifo abantu we banaagumba kisoboka okutuukikako n'entambula eyaabulijjo, okuba nti embeera y'obudde mu kifo ekyo esoboka, okuba n'obukuumi obumala bwe kiba nga kifo kyesuddeko, okuba n'obujjanjabi obumala eri ababa balwadde oba obuyambi obwamangu okuba nga busoboka okufunika bunnambiro, n'ebirala. Wadde ng'ebifo by'omubyalo by'ebisinga okwagala

mu kutegeka kkampu zino, naye n'ebifo by'omukibuga biyinza okukozesebewa okugeza ebyererezi by'amatendekero agaawaggulu, ziwooteeri, n'ebifo omuntuula enkunyjaana. Wabula ebifo bino ebyakoogerwako bibeera wafunda. Naye ebifo omunaabeera kkampu biteekwa okuba nga bikuumibwa bulungi obutatuukibwamu bumenyi bwa mateeka.

Kkampu eyamba mu kubangula abantu okwomuggundo. Abeetabye mu kkampu bayiga era ne bateeka mu nkola empisa n'obukugu bye bayize nga babikolera mu maaso ga bannaabwe. Emikwano gitandikibwaho era ne ginywezebw. Omwoyo gw'obwasseruganda guyamba okunywerezza abantu ku biruubirirwa eby'ekika ekyawaggulu, empisa ennungi era ebyo byombi by'ebimu ku bigendererwa bya pulogulaamu eyo.

Kkampu zitera kumala ebbanga eriva ku luwummula lwa wiiki lumu okutuusiza ddala ku wiiki bbiri. Ebiseera ebiwanvu bireetera okuba n'entegeka eteeka awamu ebirowoozo by'abo abeetabye mu kkampu n'emitta gyabwe ne gibaamu essanyu. Wiiki emu ly'ebbanga erisinga obulungi era ekiseera ekyo kimala bulungi okutekeramu kkampu esika buli muntu naye ng'ate terina gw'ekooya.

Engeri abantu gye baba basula awali kkampu kibasobozesa okusoma ennyo ebitabo okwawukanako ne bwe kiba mu misomo egy'ekika ekirala. Olw'okwagala okufuna omugaso omunene, wasana wassibwewo ettendekero ly'ebitabo ery'ekiseera era enkozesza yaalyo n'eba ng'eri mu pulogulaamu mwennyini.

Okwongera amaanyi mu kuddukanya kkampu, okutumbula empuliziganya yaayo, enkolagana, wamu n'okuvuganya, abeenyigidde mu kkampu bayinza okugabanyizi-bwa mu bibinja okugeza bya bantu kkumikkumi buli kimu n'omukulembeze waakyo. Buli kibinja kisobola okwawulwa ku birala olw'erinnya lye kiba kituumiddwa. Okugeza liyinza okuba erimu ku mannya ga Bannabbi, omu ku Basswahaba, ekimu ku byafaayo by'Obusiraamu, ekimu ku bibuga by'Abasiraamu, n'ebintu ebiringa ebyo.

E. Katemba Omumpimpi

Katemba kitegeeza okukolayo akazannyo akalaga ekizibu oba embeera nga tuyita mu kukubaganya ebirowoozo n'okulaga mu bikolwa. Aboolesa katemba ono baba bammemba mu kibiina. Olumu beeyambisa obuwandiike n'okuddijjana (okugeegeenya) bye banaazzanya, ate olulala tebabikozesa naye bazannya embeera ezeetaaga obukugu obwenjawulo. Omuyigiriza oba omukulembeze w'ekibinja avaayo n'annonyolya embeera n'ebyo ebigivaamu nga byonna bizannyibwa mu katemba. Era omukulembeze oyo awa buli muzannyi ebiragiyo ebirambulula omuntu gw'anaazannya n'ebikolwa by'anaakola.

Katemba mwangu okutandika okuggyako nga waliwo ebyeyambisibwa ebyenjawulo okukola siteegi ezannyirwako etegeerekeka. Ebyeyambisibwa tebitera kwetaagisa era ababangulwa bayinza okufumiitiriza ku ekyo ekizannyibwa. Ekienge kiteekwa okuba nga kisoboka okuddamu okutegeka entuula yaamu ekyo ne kisobozesa abalabi bona okulaba abazannya. Obuzindaalo bwe buba bwetaagisa, buteekwa okuba nga

busobola okutambuzibwa ebizannyibwa biryoke bituukane n'ebiyetaagisa okwolesebwa.

Katemba asomesa wamu n'okunyuma era asika abantu okussayo ebirowoozo. Okukubàganya ebirowoozo okwawamu n'okuwabula bisobozesa abazannya okukozesa obumanyirivu n'ebitone byabwe buli omu n'aganyulwa mu bitone ebirungi ebya munne.

Katemba omulungiabeera mumpimpi ate ng'ayanguwa. Eddakiika ettaano bwe buwanvu obusingayo obulungi okuzannya katemba ayigiriza. Naye ebbanga liyinza okuwanyuyizibwako bwe kiba nti omuzannya gunyuma ate nga bwe gusomesa. Buli muzannya guteekeddwa okulaga ensonga enkulu emu. Emizannya emiwanvu egiraga emiramwa egyptenjawulo gisaana okwewalibwa.

Oluusi abazannya bayinza okukozesa empapula (ze basomako bye bazannya). Naye olumu kino kiyinza obutanyumisa. Kyetaagisa nnyo omutendesi okugaba empapula eziraga buli muzannyi ky'anaazannya mu bufunze singa kisangibwa nti empapula eziraga omuzannya mu bujuvu tezijja kwetaagisa.

F. Enkuññaana ezoogererwamu

Zino nno zitera kubeera ku nsonga emu ova okukola ku nsonga eziwerako. Abateekamu ssente bategeka emiramwa eginaayoyerwako mu budde. Entegeka ya pulogulaamu ebeeramu ebyokukola bingi nga mwe muli emisomo, obubinja obukubaganya ebirowoozo, zi workshops n'ebirala.

Okutegeka enkuññaana ezoogererwamu kuyinza okugabanyizibwamu ebitundu bibiri. Ekibinja ekimu kiyinza okuteekateeka pulogulaamu nga bw'eneetambula. Ekyokubiri kiyinza okuteekateeka enzirukanya n'empeereza bw'eneeba. Wano we wagwa okuwandiisa kw'abaneetabamu, okutegeka ekisenge omunaakunyaaanirwa, ebyokusula, eby'emizannya, okutegeka ebintu ebinaabeera mu kisenge n'ebirala.

Ng'oggieeko okugonjoola ebizibu, enkuññaana ezoogererwamu ziyinza okuzzamu abantu amaanyi n'okubalaga ekyokukola. Ekirala, obungi bw'abantu obususse, wamu n'okutemaatema ennyo pulogulaamu n'obutafuna kakisa kutuuka ku bantu, byonna biyinza okuviiirako okubangulwa kw'enkuññaana ezoogererwamu obutaganayula nnyo.

Enkuññaana ezoogererwamu zitera kumala nnaku bbiri okutuuka ku ttaano. Abantu okussaayo ebirowoozo n'okunyimirwa biyinza byombi okufunika singa pulogulaamu etegekebwa bulungi n'ebeeramu okuwummulamu abantu ne babaako ebintu bye beenyigiramu ebibazzaamu endasi.

G. Muntu ku muntu

Enkola ey'omuntu ku muntu mu kubangula etegeeza nti obukugu n'endowooza biva ku muntu alina obumanyirivu obungi ne bituuka ku muntu alina obumanyirivu obutono. Enkola eno etambula bulungi bwe kiba ng'ekyangu ky'ekisooka okusomesewa oluvannyuma ekizibuzibu ne kigoberera. Omutendesi abangula ayinza okuba nnampala ku mulimu oba nga nnakyewa, oba munne w'oyo atendekebwa naye ng'amusinza ku bumanyirivu. Oyo atendekebwa talina kubeera na mansonyinsonyi oba nga yeemotyamotya olw'okuba ng'ali na muntu omu. Entendeka ey'omuntu omu efaanana ng'eno ereeta akakisa okussa mu nkola ebisomesewa okusinga okusomesa abantu mu kibinja.

Okubangula omuntu ku muntu kuyinza okukolebwa emirundi egiwerako oba omuntu ng'ayigira ku mulimu. Obwesigwa n'okwekakasa biteekeddwa okubeerawo wakati w'omutendesi n'oyo gw'abangula singa entendeka bw'eti twagala egase.

Ku ludda olulala, entendeka eno etwala ssente nnyingi kubanga omuyizi omu yekka y'aganyulwa mu budde bw'omusomesa. Naye ate omuntu okussaayo ebirowoozo bye n'okulondoola ennyo gw'ayigiriza kivaamu okubangula okwomutindo omulungi. Engeri okutendeka gye kuli kwa muntu omu kisuubirwa nti ebiyigiriziddwa bijja kukwatibwa bulungi bisigale mu mutwe okumala ekiseera ekiwerera ddala.

Ebbanga ery'entendeka omuntu omu n'ebiyetaagisa mu ntendeka eyo bisinziira ku nkola y'omutendesi n'oyo atendekebwa.

H. Okukubaganya ebirowoozo okw'akabondo

Okukubaganya ebirowoozo okw'akabondo kwe kubeera nga buli omu ku abo abali mu kabondo (akabinja) alinnya akadaala n'ayogera. Mu kutandika, buli omu ku bali mu kabondo alinnya akadaala n'ayogera katono, okumala eddakiika nga kkumi oba okusingawo katono. Ayogerako kitundu ku mulamwa oba n'awa endaba ye ku mulamwa gwonna.

Olwo omukubiriza asaba abantu batandike okukubaganya ebirowoozo ku byogeddwu wamu n'okubuuza oba okuba ne kye boogera oba okuwabula. Olumu omukubiriza ku nkomerero awumbawumba ebiba byogeddwu naye nga tajungulula ebyo abalinnye akadaala bye boogedde. Kigasa nnyo okuba nti omukubiriza atabaganya wakati w'aboogezi ne boogera ku nsonga zonna ezikubaganyizibwako ebirowoozo. Kino kirungi okusinga aboogezi b'akabondo bwe badda mu bigambo bya bannaabwe. Kino kirina okubategeezebwa ng'okwogera tekunnatandika.

Omulumwa oguyinza okusikiriza abawuliriza, aboogezi b'akabondo abasobola okwogera mu bufunze nga bawa endowooza zaabwe, n'omukubiriza asobola, ezo ze ensonga ezireetera okukubaganya ebirowoozo okw'akabondo okugenda obulungi. Ekikulu ky'okukubaganya ebirowoozo okw'akabondo si bungi bwa misomo mu lusomesa olumu. Ekikulu kwe kuba ng'abasomesa ab'omukabondo bamazeeyo emitwe

egyogerwako era ne bakubaganya bulungi ebirowoozo bokka na bokka. Kino kiyamba abawuliriza n'okubongeramu ebbugumu. Olwo okwenyigiramu kw'abawuliriza kuyweza ebiyigiddwa mu kukubaganya ebirowoozo.

Obuwantu bw'okukubaganya ebirowoozo mu kabondo bugasa nnyo okusinga omuntu bw'asomesa omu. Anti abasomesa baba banjawulo. Naye essaawa ebbiri bwe buwanvu abantu bwe bayinza okumala nga bakyawuliriza. Okusinziira ku bumanyirivu, eddakiika zirina kuba kyenda oba obutawera mu musomo gwonna.

Nga bwe kiba mu musomo, empapula ezinnyonnyola ebifa ku basomesa b'akabondo, omulamwa ogw'okukubaganyizibwako ebirowoozo, endowooza ezenjawulo, emisomo mu bufunze, ebyo byonna biyinza okuyamba abawuliriza emisomo egisomebwa ab'akabondo.

I. Emisomo egyenjawulo mu kiseera ekimu

Gino giba misomo ebiri oba okusingawo nga gifaanana oba nga gya njawulo nga gigenda mu maaso mu kiseera kimu. Emisomo gino giyinza okuba n'emiramwa egyenjawulo okusinziira ku kinja ky'abantu ekyenjawulo, oba ne guba omulamwa gumu naye ng'abeetabyemu banjawulo mu myaka, ekikula, oba okusinziira ku kusoma kwabwe okwasooka we kwakoma. Olumu ekabinja kiyinza okukutulwamu obubinja obutonotono nga buli kabinja kali mu musomo gwako mu kisenge kyako ku mulamwa gwe gumu singa guba munene nnyo nga gwetaagisa okugabanya mu bantu.

Emisomo egyenjawulo egibeerawo mu kiseera ekimu gitegekebwa ng'emisomo eyabulijo. Giteekeddwa okutegekebwa nga girinaanaganye singa pulogulaamu esobozesa abasomi okuba nti basobola okuva mu musomo ogumu ne bagenda mu mulala.

Okutegeka emisomo egyengeri eno kiyamba okubangula abantu kubanga abasomesebwa baba ba kigero ne batuukibwako oba ababadde abangi ne baawulwamu babeere ba kigero. Kino kisobozesa bulungi (omusomesa) okutuuka ku bantu (b'asomesa) ne kyongera amaanyi mu kuyiga. Ekiseera omusomo kye gumala n'ebyetaagisa mu musomo byonna bisinziira ku ntegeka eba ekoleddwa.

III. Obukodyo obulala obw'omugaso

A. Okuwakana n'okukubaganya ebirowoozo

Okuwakana n'okukubaganya ebirowoozo ge gamu ku makubo g'ababangulwa okwenyigiramu obutafaananako misomo gya bulijo eg'yokuwuliriza omusomesa by'ayogera. Ekkubo ly'okukubaganya ebirowoozo liyamba mu kuvumbula omulamwa nga tukozesa okulambulula ensonga, okugyekenneeny n'okuddamu okugyetegereza. Okuwakana kutegekebwa ne kubera n'amateeka agafuga obudde. Naye ate okukubaganya ebirowoozo tekutegekebwa mu ngeri nnambulukufu kubanga ebigambo ebiwaanyisiganyizibwa tebisoboka kufugibwa bakibiriza oba mateeka agaba gateeke-

ddwawo. Naye okukubaganya ebirowoozo okulungi kulina okutambulira ku mulamwa gumu naye tegulina kuba mugazi nnyo ogulemesa abantu okwenyigiramu. Omukulembeze ateekeeddwa okukubiriza okukubaganya ebirowoozo. Naye omukulembeze oyo oba omu ku bammemba b'ekibinja ayogera ennyo tebasaanidde kwefuga kuteesa.

Engeri okuwakana gye kutegekebwamuefaananako ey'ekisenge omuzannyirwa katemba. Buli mukontanyi ayogerera ku ludda lumu ku ezo ebbiri ezenjawulo, omukubiriza z'abeera atudde wakati. Entuula y'okukubaganya ebirowoozo yo tetegekebwa nnyo kiri awo. Okugeza bayinza okutuula mu ngeri y'enkulungo emu oba ebbiri. Okwanja ensonga eziwakanya ez'oludda olulala kwogiwaza obwongo ne bulowooza nnyo. Kino kikwata ku kuwagala obwongo bw'aboogezi n'abawuliriza. Kino kyongera amaanyi mu kuyiga.

Ebyogerwa bwe biba binyuma ate nga bya mugaso, obuwanvu bw'ekiseera ky'okuwakana n'okukubaganya ebirowoozo bubeera buwanvuko. Wabula tusobola okugabanya ekiseera eky'essaawa ezsoba mu bbiri ne tukikutulakutulamu ebitundu ebitonoton. Tewali bikozesebwa byanjawulo ebyetaagisa okuggyako ebyo bye twase-mbye mu kukubaganya ebirowoozo okw'akabondo. Okuwakana kutandika oluvannyuma singa omulamwa oguwakanibwako gumaze kukubwako kalulu ng'okuwakana tekunnatandika oba ku nkomerero yaakwo. Kino bwe kikolebwa amaanyi geeyongera mu mwoyo gw'okuvuganya.

B. Okukubaganya ebirowoozo okw'ababiri

Okufaananko okuwakana, okukubaganya ebirowoozo wakati w'ababiri kubamu kuwaanyisiganya ndowooza za bantu naye nga babiri bokka. Buli mwogezi abeerako n'oludda. Naye, obutafaananako na kuwakana, okukubaganya ebirowoozo okw'ababiri kunoonyezebwamu okunnyonnyola n'okutegeera ebirowoozo by'oludda olulala naye nga temuli kusalawo ani awangudde. Entegeka ekozesebwa wano, okubangula, okugasibwa mu kiseera, ebyetaagisa mu musomo, tusanga nga mu bino ebyogedwa okuwakana kufaananko n'okukubaganya ebirowoozo okw'ababiri.

C. Okwogiwaza obwongo

Kano kakodyo ak'okukunjaanya ebirowoozo okuva mu bantu abazze mu lukunjaana. Akakodyo kano kaayogeddwako dda awalala mu bujuvu mu kitabo kyaffe kino.

D. Okuyigiriza okulimu okulagirira

Obutafaananako misomo gya bulijjo, okuyigiriza okw'okulagirira kubeeramu ebintu bibiri: okulagirira n'okutegeeza. Abasomi bayiga nga bwe balabako ate oluusi ne bassa obukugu mu nkola, emitendera egiyitbwamu, ebikolebwa, oba enkwatagana y'ebiyigirizibwa ebisomesebwa nga bwe bibalagibwa.

E. Okukozesa ebyamasanyu

Ebyamasanyu biyinza okuba ekikozesewa ekyamaanyi singa bikozesewa bulungi nga birina ekigendererwa. Omuntu bw'ayamba omwoyo gwe okwewummuza ebirowoozo n'okwemalako ebyeraliikiriza. Singa omuntu akozesza ebisanyusa kino kireetera okuyiga okutambula obulungi. Ekirala emiramwa egimu gisobola okusomesebwang'ebyamasanyu bye bikozeseddwa singa kubeera n'ekigendererwa. Naye tuteekeddwa okuteekamu amaanyi okukakasa nti ebiseera eby'okusanyukiramu tebitaataaganyizibwa mu ngeri Obusiraamu gye butakkiriza. Naye ekituufu kiri nti waliwo obwetaavu okuteekawo ebyamasanyu Obusiraamu bye bukkiriza.

IV. Okuddamu okwetegereza bye tulabye

Obumu ku bukodyo obusinga okukozesewa mu kubangula obwogeddwako waggulu mwe muli okusomesa, workshop, zisemina, kkampu, okukozesa katemba, enkunjaana, okuyigiriza okw'omuntu ku muntu, okukubaganya ebirowoozo okw'akabondo, n'emisomo egigenda mu maaso mu kiseera ky'ekimu.

Olutandaalo luno wammanga lulaga engeri obukodyo buno gye bwawukanamu mu bino:

- Okutegeka – Obuzibu oba obwangu mu kutegeka
- Abayigiriza – Omuwendo gw'abatendesi abeetaagibwa mu kusomesa.
- Obuvunaanyizibwa bw'abasomesebwang'ebyamasanyu – abasomi okwenyigira mu musomo oba okuwuliriza obuwuliriza.
- Omugaso ogusigala – Engeri abasoma gye banajjukiramu bye bayize ng'omusomo guwedde.

Ekitundu Ekyokuna

Akakodyo	Entegeka	Abasomesa	Omulumu gw'abayizi	Okukwata
Okusomesa	Nnyangu	Omu	Bawuliriza	Kutono
Workshop	Nzibou	Omu ku bantu	Beenyigirimu	Kungi
Semina	Yaamumakkani	Bangi	Bawuliriza	Kutono
Kkampu	Nzibou	Bangi	Beenyigiddemu	Kungi
Enkunjaana	Nzibou	Bangi	Bawuliriza	Kutono
Muntu ku muntu	Nnyangu	Omu	Beenyigiddemu	Kungi
Okukubaganya ebirowoozo okwawamu	Nnyangu	Omu ku bantu	Bawuliriza	Kwakibogwe
Emisomo egyenja- wulo mu kiseera ky'ekimu	Nnyangu	Bangi	Bawuliriza	Kutono

V. Embeera ekozesebwa ng'ekyokulabirako

Eno eba mbeera eriwo ng'eraga ebyo ebibaddewo. Wabula teba na ngeri ya kugikomekkereza. Ebiba biwandiikkidwa nga bifa ku mbeera eno mubeeramu ebigenda mu maaso, endaba n'endowooza ezisinzirako okukola ensala.

A. Engeri gy'okozesaamu embeera ng'ekyokulabirako

Okutandikawo embeera eyogerwako, wandiika mu bufunze ate mu butuufu ng'onnyonnyola ensonga zino: ensonga enkulu, embeera ennyanjula n'okukunjanya ebiwandiiko ebyetaagisa.

Weetegereze nti ensonga enkulu erina okuba ng'ekwata kukizibu ekyetaaga okugonjoola. Embeera ezingiramu ebiguddewo, engeri gye biguddewo, enneeyisa, ebikolwa n'okukubaganya ebirowoozo wakati w'ababiri ensonga enkulu kw'etambulira. Ennyanjula ebeeramu ebikulu ebikwata ku kifo omulimu we guli era nga tebikontana na mbeera ereeeteddwa ng'ekyokulabirako. Ebiwandiiko bibeeramu obujulizi obulambika embeera eyogerwako.

B. Ddi embeera ey'ekyokulabirako lw'ekozebwa

Ekkubo ery'embeera ey'ekyokulabirako likozesebwa bwe kiba ng'ekigendererwa ky'omusomo kwe kuzimba obusobozi bw'omuntu obw'okulowooza mu ngeri erambulula ensonga, okugonjoola ebizibu, n'okufuna obukugu mu kusalawo ensonga. Ababa beenyigidde mu musomo bateekeddwa okuba n'obusobozi obukoza amagezi mukusengeja n'okukenenula bye bawulidde. Ekirala, bateekeddwa okuba mu kabinja katono kibasobozese okukubaganya obulungi ebirowoozo ku mbeera ekozebwa ng'ekyokulabirako.

Ekkubo ery'embeera erabirwako liwa akakisa okusalawo ku nsonga awatali kumala kwonoona mbeera yennyini. Kisobozesa omuntu okugonjoola ebizibu ebyefaaanaanyirizaa ku ebyo ebiri mu mbeera ekola ng'ekyokulabirako.

Ekkubo lino lyetaagisa embeera erabirwako ebeera mu buwandiike era ng'etegeerekeka, erina okubaako omukubiriza alina obumanyirivu okulabirira engeri okuteesa gye kugenda mumaaso nga kutambulira ku mulamwa omukulu era kyetaagisa wabeeeo abeenyigidde mu musomo abasobola okunnyonnyola obulungi ensonga.

C. Tutegeka tutya embeera erabirwako

Tusooka kumanya bigendererwa eby'omusomo. Ng'ekyo kiwedde tulondayo embeera erabirwako ng'egwa mu kiti kye tuba twagala. Bwe tuva awo, tuteekateeka okunoonyereza kwaffe okukwata ku mbeera erabirwako, ennyanjula wamu n'ebiwindiiko ebinaakozesebwa. Ekitsembayo, tutandika okunoonyereza ne tuwandiika n'embeera eyo ekoze ng'ekyokulabirako. Bwe tuba tetunnakozesa mbeera eno ng'ekyokulabirako, tuteekeddwa okugyekenneenya tukakase oba esaana.

D. Ngeri ki gy'okozesaamu embeera erabirwako n'etambula bulungi

Tusooka ne twanjula ebigendererwa by'omusomo n'akakodyo ke tugenda okukozesa ek'embeera ekozesebwa ng'ekyokulabirako. Ekiddako ne tusoma embeera eyo erabirwako, ekisinga kugisoma mu lwatu ng'ab'omukabinja bawulira. Bwe tumala ne tukubaganya ebirowoozo nga tunoonya okutuuka ku kkubo oba amakubo ag'okuvvuunuka obuzibu. Ku nkomerero, tuwumbawumba omusomo ne tunokolayo ensonga enkulu mu kumaliriza.

Olupapula olulaga: Engeri gy'okozesaamu embeera ng'ekyokulabirako

Wandiika ng'onnyonnyola buli kimu ku mitwe egiri wammanga mu bufunze ate mu butuufu. Bw'oba oyagala okuwandiika ebisingawo kozesa olupapula olulala emitwe ogiteekoko ennamba, nga bw'olaba mu kyokulabirako wammanga:

ENSONGA/OKUNNYONNYOLA _____

1. Omulamwa omukulu

Ekibiina kya MSA kyetaaga ekifo ekyenkalakkira we kinaazimba woofiisi yakyo.

2. Embeera

Ekifo n'ebikozesebwa ku kitebe ekiriwo tebikyamala. Okugaziya okwetaagisa okwongera ku mpeereza tekusoboka. Ekifo tekisikiriza bannakyewa wadde abagenyi.

3. Ennyanjula

Ekitebe ekikulu kiri mu muzikiti gw'e Gary, Indiana, era kyagulibwa MSA mu myaka gy'enkaaga. Omwaliiro ogusooka guliko woofiisi ya dayirekita, omuzikiti, n'ekisenge omukunjaaanirwa okulaba emizannyo. Ku kalina ey'omwaliiro ogwawansi kuliko omuwandiisi w'akolera, bukaabuyonjo, ebinaabiro, effumbiro, eddiiro ne sitoowa. Ku muliraano tewali kigenda mu maaso. Ettaka eririwo terisoboka kugaziya wakolerwa mirimu.

4. Okutegeka ebiwandiiko ebyetaagisa




Lipoota y'akakiiko akateesiteesi ekwata ku nteekateeka za woofiisi enkulu ey'ekibiina, lipoota ey'akakiiko akavunaanyizibwa ku kunoonya ekifo awanaazimbibwa woofiisi, lipoota ya dayirekita ku nkokesa y'ekifo eriwo, okunoonyereza kwa bammemba abakakaalukanyi ku bye basuubira mu MSA.

5. Okuwa endowooza

Okwekenneenyenya engeri ekifo ekisaanidde gye kirondebwamu n'okwete-gereza ekisaliddwawo.

VI. Ebibinja ebisomesa

Ebibinja ebisomesa biyinza okukolebwa mu ngeri ssatu okusinziira ku nkolagana ebaawo wakati w'omusomesa n'abayizi. Ebibinja bino biragibwa mu bifaananyi wammanga. Akatonnyeze akeekulungirivu kalaga omusomesa ate obusonda bulaga abayizi.

A 	<p>Omusomesa bw'aba:</p> <ul style="list-style-type: none"> • ateekwa okutuusa ebyokuyiga bingi • ateekwa okutendeka ekibinja kinene. • mukugu mu by'asomesa. • ayambibwa omukutu gw'em-puliziganya ogwamaanyi.
B 	<p>Abatendekewa bwe baba</p> <ul style="list-style-type: none"> • bateekeddwa okwewaywula mu bubinja obutono • bateekeddwa buli omu okuyiga ku munne • bateekeddwa okuba n'obukugu obungi • bateekeddwa okuba n'obumanyirivu obungi
C 	<p>Mu kiseera ky'okubangula</p> <ul style="list-style-type: none"> • ng'okulagirirwa kwetaagisa • ng'ebizibu byetaaga okunnyonyola • ebipyaa byetaaga okunnyonyola • ng'abayizi bakolera wamu kitole

EBIBUUZO BY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Nsonga ki essatu enkulu mu kutendeka okulungi?
2. Nsonga ki essatu enkulu mu kusomesa abakulu?
3. Makubo ki asatu amakulu agatera okukozesebwa mu kutendeka?
4. Workshop eyawukana etya ku nkunjaana?
5. Kkubo ki erisembeza ennyo abatendesi ku abo be batendeka? Lwaki?
6. Kkubo ki erisembeza empola abatendesi ku abo be batendeka? Lwaki?
7. Bintu ki ebina by'olina okulowoozaako ng'okozesa embeera ng'ekyokulabirako?
8. Ddi embeera ekozesebwa ng'ekyokulabirako lw'esaana okukozesebwa mu kutendeka?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NG'OMUTENDESI OW'EKIBIINA EKIRINA BAMMEMBA ABANGI EKI-WEEREZA ABASIRAAMU MU GGWA-NGA OYAGALA KUTENDEKA OMU-WENDO OMUNENE OGWA BANNA-KYEWA MU KUKOZESA EMIKUTU GY'EMPULIZIGANYA MU KUKYUSA ENDOWOOZA Y'ABANTU KU BINTU EBIMU. ENSIMBI ZOOLINA MU MBALIRIRA YO NTONO, TOSOBOLA KUTUUKA BULUNGI KU BANNA-KYEWA, EBIKOZESEBWA EBITA-MALA MU KUTENDEKA, N'ABAYA-MBI BABIRI ABAYAMBA MUKUTE-NDEKA.

1. *Londayo amakubo ana g'oyniza okukozesa mu kutendeka.*
2. *Sengeka amakubo ago ng'osinziira ku maanyi gaago era onnyonnyole ensengeka yo.*
3. *Wandiika ekirango ekyabatendekebwa.*
4. *Laga embeera ekola ng'ekyokulabirako eyinza okukozesebwamu wano.*



Engeri y'Okuteekateeka n'Okussa mu Nkola Okutendeka

-
- I. Entegeka ennywevu
 - A. Amateeka amakulu.
 - B. Enkola y'okuva okumuukumu (ku mutendera okudda ku mulala).
 - II. Okussa mu nkola
 - A. Ebikozesebwā ebitamala
 - B. Okulondoola ebikolebwā.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onomomalirako essula eno ojja kuba ng'osobola:

- Okulaba ebintu ebyenjawulo by'oteekwa okuteekateekera.
- Okukola olukalala lw'ebyo by'otegese okukola.
- Okuteekawo engeri y'okugoberera ng'ossa mu nkola.

I. Okuteekateeka Pulogulaamu Okulungi

A. Amateeka amakulu

Oukukola enteekateeka ennyweevu kiva mu bigendererwa n'obwetaavu bw'abantu b'ogikolera. Pulogulaamu zitegekebwā bulungi nnyo nga zikutuddwakutuddwamu emitwe egiraga ebyetaago wamu n'abantu abaliwo okubukolako.

Abo abanaakola enteekateeka n'ab'okugibaamu bateekwa okwetaba mu kukola entegeka eno. Tukola n'amaanyi nnyo mu nteekateeka ze tukoze oba ze tuyambyeko

okukolebwa. Tuteekwa okuwandiika engeri gye tuteeseteesemu entegeka mu bujuvu okugisobozesa okuyamba mu kupima n'okwekenneenya n'okulunjamya enteekateeka ezirija mu maaso.

B. Enkola y'okuva okumuukumu

Tuttekwa okusonjola oba okulaga enteekateeka y'omwaka gwonna oba okusingawo tusobole okukwanaganya enteekateeka zaffe ng'abantu mu nteekateeka ey'awamu n'ekiruubirirwa eky'ebbangwa eggwanvu.

Ebizibu ebisinga mu nteekateeka y'entegeka bibaawo lwabutatunuulira mu bujuvu ngeri pulogulaamu gy'etegekeddwamu. Ebiseera ebisinga obungi kino kyetaagisa oby'okwanukula ebijuvu ku "Ani? Kiki? Ddi? Wwa? Kitya? Era Kyenkana ki?"

Ebintu ebitunuulirwa ennyo mu kutegeka enteekateeka bye bino:

- (a) **Ebiseera:** Teekawo ekiseera eky'okumaliramu ebikolebwa ebyetaagibwa mu kuyimirizaawo pulogulaamu.
- (b) **Ssente:** Geraageranya pulogulaamu by'eneemalawo, laba gy'osobola okugya ssente, ssaawo embalirira era weetegekere ebigwa bitalaze n'ebiteekeddwa okukolebwa singa pulogulaamu asazibwamu.
- (c) **Ekifo n'ebikozesebe:** Lekawo ebinaayamba okuddukanya pulogulaamu era otegeke ebikozesebe n'eb'yamasannyalaze byonna ebyetaagisa.
- (d) **Obukulembeze:** Kwasa eby'okukola n'obuvunaanyizibwa abantu abasobola okukulembra abalala mu kukola. Ebyokukola bigabanyizeemu abantu abenjawulo, wabula tobyawula nnyo kutuuka kulaba nti enkwataganya yaabwe efuuka kizibu oba nzibu.
- (e) **Ebikola:** Ebitabo n'ebikola eby'okutendeka ebirala fuba nnyo okubifuna ng'obudde bukyali okusobola okubyeyambisa n'okubigabanyaamu mu pulogulaamu.
- (f) **Okuddamu okwekenneenya:** Weetegereze amakubo goonookozesa oktuuka ku buwangizi oba okulemererwa okutuukiriza pulogulaamu.

II. Okussa mu nkola

A. Emiziziko mu Bikozesebe

Okubaawo kw'ebikozesebe mu kuteekateeka ebinaakolebwa y'ensonga etera okuvirako okulemesa emirimu. Mu bino mulimu, ng'oggyleeko ebyensimbi, aboogezi abantu bookuzesa, ebirowoozo n'okulunjamya, obutambi, ebiwandiiko, n'ebibifaanana. Akakiiko kateekeddwa okumanya wa we kanaasanga bino:

- (a) Ebiwandiiko ne fayiro ebiriko na byonna ebisobola okuggyibwamu amawulire ebiriwo n'ebikozesebe.
- (b) Olukalala lwa bammemba nga lulaga ebisaanyizo ebyenjawulo bye baagala n'obumanyirivu bwabwe.

- (c) Etterekero n'entegeka y'ebitabo, obutabo bw'amawulire n'obwo obuwa-ndiikiddwa ku miramwa gye baagala wamu n'enteekateeka endala.
- (d) Engeri y'okuteekamu ebiwandiiko mu fayilo, nga mulimu ebyogerwa ku mateeka (enkola) n'ebigendererwa, okubaga amateeka agakwata ku kitongole wamu n'ebiwandiiko by'ebyo ebyatuukibwako.
- (e) Akakiiko k'abantu aboomugaso n'emirimu gy'obukulembeze oba abakugu okuva ebweru w'ekitongole.
- (f) Endagiriro y'ebikozesebwawa ebyeyongerako nga filimu, obutambi bw'ebifaananyi, ebitabo, obutambi bw'amaloboozi, n'ebibifaanana. Ebimu ku ebyo biyinza okuggyibwa ku bitebe by'ebitongole ebikulu, mu materekero g'ebitabo, ebitongole bya gavumenti ebiringa ebyo, amatendekero agaawaggulu, ne zi bizinesi.

Ensimbi ezifuniddwawo ez'okwewayambisa mu kutegeka n'okussa mu nkola enteekateeka zitera okuba ekizibu. Okuggyawo kino, tuteekwa okuba n'embalirira y'enningiza n'enfulumya nga tutandika okweteekateeka.

Singa wabaawo ekitasobose kufunibwa, tuteekwa okutunula mu kusala ku nfluimya wamu n'okusala amagezi g'okwongera ku nsimbi si nsonga mu buliwo oba mu bintu ebikalu, nga tiketi z'ennyonyi, ebiwandiike, ssente ezikozesebwawa ku masimu, obuyambi bwa bakkalaane n'ebirala.

B. Okulondoola ebikolebwa

Pulaane eba nnungi mu ngeri gy'eteekateekeddwamu mu nkola. Okussa mu nkola kyetaagisa kukola. Ekipande ekiteekeddwako obuvunaanyizibwa n'ekikomo biyamba nnyo okulondoola entambula y'ebintu. Bwe kiba kisoboka, tuteekwa okukwasa omuntu omu omulimu gw'okutunuulira entambula y'emirimu gyonna wamu n'okutugeeza ebisobye mu ebyo bye tutegeka okukola.

Ekitundu Ekyokuna

EKIPANDE EKYOKULABIRAKO MU KULONDOOLA EBIKOLEBWA (Osobola n'okwongerako ebibuzeeko mu kulondoola ebikolebwa)

	Egyptian Coptic language Sudan	Ebikozesi- Ebwat Egyypetapisa	Kye- fimalambo	Ensumbi- ziva	Nsalessala
Ebikozesi-ebwa					
Abnogez					
Entaaanana G'ekito					
Finsaka y'umawulire					
G'mmero					
Okiuyita					
Okusima (Gantaka ebibya)					

ENGERI Y'OKUKOLAMU PULOGULAAMU EGOBE- RERWA MU LUNAKU

Zuukuka

Okukima okusaala Sswala ya Fajri

Okwejjukanya okumpi

Darasa ya Kulaane (eddakiika 10)

Naaba (eddakiika 30 – 45)

Ekyenkya

Ekitundu ekisooka

Okuwummulumu

Ekitundu ekyokubiri

Iqaama ya sswala ya Zuhuri

Ekyemisana

Ekiseera ekyeddembe - Kuzannyamu

Iqaama ya sswala ya Aswiri.

Ekitundu ekyokusatu.

Iqaama ya sswala ya Magharibi.

Ekyeggulo.

Ekitundu ekyokuna (lipoota okuva mu buli kibinja)

Okwekenneeny a n'okulowooza ku bibaddewo.

Iqaama ya sswala ya Isha

Okuwummula.

2:30 – 3:00 (ezookumakya)

3:15 – 4:30

4:30 – 5:00

5:00 – 6:30

7:00

4:15 – 6:00 (ezoolweggulo)

1:30 – 2:30

3:30 – 3:45

4:00

4:15

EKISINGA OBUKULU

Oluvannyuma lw'okwogera n'okukola byonna, tetufa ku bukulu bw'ekyo kye tukoze oba ku bulungi bwa ntegeka. Ekikulu kye kiki kye tusobodde okukungula. Sso ng'ate tetusobola kufunamu okuggyako nga tutadde mu nkola.

Tegeka

Ssa mu nkola

Funa

JJUKIRA!

Obusobozi bw'okussa mu nkola

Kintu

Kikulu nnyo

Mu Bukulembeze



EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Ani atekwa okwenyigira mu kubaga enteekateeka?
2. Osobola otya okukozesa ebiseera ebigere mu kukulaakulanya pulogulaamu?
3. Bintu ki ebisinga obukulu mu kulemesa enteekateeka?
4. Okozesa otya olukalala lwo olusunsule okuteeka pulogulaamu mu nkola?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA KU KUTEGEERA

AMYUKA OMUKULEMBEZE
W'OKUTENDEKA MU KIBIINA EKI-
MU ASA ZEEWO OKUSSAAWO PU-
LOGULAAMU Y'OKUTENDEKA
MUNTU KINNOOMU MU KIFO
OKIKUDDAANIRWAMU MU KABUGA
AKATONO. ABATENDEKEBWA
BAJJA KUBA ABAKULEMBEZE
B'OBUBINJA 30 OBULI MU BUGAZI
BWA LADIYAASI 300. EBISALE
BY'OKUGUBEERAMU ZIRI DDOOLA
45 BULI MUNTU. ENSAKO Y'ABATE-
NDESI ABEEBWERU ABABIRI ZIRI
DDOOLA 750 BULI OMU.

1. *Tuumayo enkalala ttaano n'ebipande by'oynza okukozesa mu kutegeka wamu n'okussa mu nkola enteekateeka eyo.*
2. *Kola pulogulaamu ng'erimu n'ebiseera by'ebyo ebinaagibaamu.*
3. *Kola embalirira ng'olaga ennyingiza n'ensaasaanya yonna.*
4. *Wandiikira abantu ababaddewo ebbaluwa ebazzaamu amaanyi ng'obannyonyola ebiri mu nteekateeka eyo.*

Ekitundu Ekyokutaano

Kkampu y'Abavubuka Mu Bigambo n'Ebikolwa


Kkampu y'abavubuka kifuuse eky'okwenyimirizaamu mu mirimu gy'Abasi-raamu. Newankubadde tekyemalidde mu kutendeka, ebika bya kkampu z'abavubuka ebisinga byettanira nnyo okutendeka obukulembeze obulungi era obulina obukugu. Ku bantu abamu, kkampu z'abavubuka zibawa omukisa okukozaesa ebitone ebiriwo ne babissa mu nkola mu mbeera eraga ekifaananyi eri abalala.

Ekitundu kino kitulunjanya nga kitunuulira ekigendererwa kya kkampu z'abavubuka, entegeka, enfaanana ya pulogulaamu, okwetabamu, ebisomwamu ne pulojekiti wamu n'okupima ebisirimu.

Essuula ku nneyisa y'ekisiraamu nayo essiddwamu. Okukubaganya ebiro-woozo kutuwa omusingi gw'okutegeera kkampu z'abavubuka awamu n'oku-zeeyambisa okwetendeka mu bukulembeze.

**EKITUNDU EKYOKUTAANO: KKAMPU Y'ABAVUBUKA MU
BIROWOOZO N'EBIKOLWA**

Essuula 32:	Ekigendererwa mu kkampu y'aba-vubuka	351
Essuula 33.	Okwetegekera kkampu – okutegeka ebirabwako.	357
Essuula 34.	Endabika ya pulogulaamu – Ebitunuulirwa byonna.	363
Essuula 35.	Ekitone ky'Okwenyigiramu.	375
Essuula 36.	Empisa Ez'ekisiraamu.	381
Essuula 37.	Okupima ebibadde mu kkampu	391



Ekigendererwa mu Kkampu y'Abavubuka

-
- I. Ekigendererwa
 - II. Emisomo egyayisibwamu okusomebwa.
 - A. Obusiraamu n'ebiyamegezi ebirala.
 - B. Ebisomebwa eby'omubiri n'ebitone
 - C. Okuddukanya emirimu n'obukodyo bw'okuteekateeka.
 - D. Pulojekiti z'abantu boomukitundu.
 - E. Obuyambi obwenjawulo.
 - III. Olukalala lw'abasembi.
-

EBIRUUBIRIRWA BY'OMUSOMO GUNO

W'onoomalirako essuula eno, ojja kuba ng'osobola:

- Okuwa amakulu g'ekigendererwa kya kkampu y'abavubuka.
- Okusalawo kika kya ntendeka ki ekiyinza okuweebwa mu kkampu.
- Okwawula ebintu ebirina okutendekwa n'enkizo yaabyo mu pulogulaamu.

I. Ekigendererwa Kya Kkampu y'Abavubuka

Kkampu y'abavubuka emu ku ngeri ezisinga obulungi mu ntendeka ey'ekisiraamu mu bakulembeze abato. Kkampu egatta wamu embeera ezenjawulo, n'ettu ly'ebiyoku-kola ebiteeketeke ku lw'abavubuka. Okutwalira awamu, tutegeka kkampu z'abavubuka nga tutadde ebiruubirirwa bino wammanga mu birowoozo:

- Okwongera Obukkiriza mu bantu abeenyigidde mu kkampu, okwongera ku kye bamanyi, n'okubbinkira mu Busiraamu nga tuyita mu kulunjjamizibwa okulamu.
- Okukulaakulanya omuntu Omusiraamu.
- Okukulaakulanya obukugu obwetaagibwa mu mirimu gy'Obusiraamu.
- Okusomesa n'okussaawo omukisa ogw'okutwala mu maaso obwasserganda bw'Obusiraamu.

Ekigendererwa kya kkampu y'abavubuka ekikulu kwe kutuuka ku biruubirirwa bino nga tuyita mu limu ku makubo gano oba okusingawo:

- a. Okusomesa Obusiraamu n'okutendeka emirimu egyenjawulo n'obukugu obulabwako.
- b. Okutendeka mu kuddukanya ebitongole.
- c. Okufuna obumanyirivu nga tuyita mu kwennyigira mu mirimu gy'a bulungibwa-nsi okuteekawo enteekateeka ezenkizo ezsobola okuyamba abavubuka.

Tuteekwa okulonda amasomo agasaanidde ku nsonga ezenjawulo mu kkampu z'abavubuka nga tusinziira ku byetaago, embeera, emyaka gy'abavubuka, n'entegeera yaabwe. Okwongerako kw'ebyo, okuwa abali mu kkampu emirimu gy'obwannakyewa mu bitundu ebiriraanye awali kkampu nako kakodyo kalungi mu kutendeka. Ekitundu kyonna kisobola okuwa pulojekiti ng'ezo nga ziwerako. Kirungi okusooka okukwatagana n'ebitongole ebiri mu kitundu ekkyo ng'ekiseera ky'olusisinkano tekinnatuuka okusobola okwanguya okwetegekera entambuza y'emirimu mu kkampu. Ebitongole ebisinga bijja kwaniriza obuyambi buno. Wano wammanga, tukuwa olukalala lw'amasono ne pulojekiti ebiyinza okusomesebw. Ng'omaze okwekenneenyaa olukalala, gezaako okukola omulimu guno: Weekolereyo olukalala olulwo ng'otunuulidde ebintu ebyenjawulo okukwanaganya ebyetaago mu kkampu y'abavubuka by'osobola okuteekera.

II. Emisomo egyayisibwamu

A. Obusiraamu n'ebiyamegezi ebirala

Okwekenneenyaa ebitabo by'Obusiraamu.

Okuba waggulu w'emiziziko gy'ebiyobuwangwa bye biziyyiza.

Ensonga ezikwata ku nsi yonna.

Okwegatta kw'Abasiraamu.

Embeera nga bw'eri mu ummah y'Abasiraamu.

Olkawula Allah.

Obwaseruganda bw'Obusiraamu; tubifuna tutya?
 Ebikulu mu nzikiriza.
 Ensibuko z'amateeka g'ekisiraamu.
 Okwagala Allah (SWT).
Fiqh w'Obusiraamu.
 Obulamu n'ekigendererwa kyabwo mu Busiraamu.
 Okwagala Omubaka (SAW).
Fiqh n'okusiiba.
 Qur'an ne Hadiisi.
 Engeri Obusiraamu gye busaasaanyizibwamu.
 Bye tuyiga mu byafaayo bya Omubaka (SAW).
 Okusiiba.
 Okukowoola eri Obusiraamu buvunaanyizibwa bwaffe.
 Okuddamu amaanyi okw'Obusiraamu.
Fiqh y'okumalirira n'obutukuvu.
 Engeri y'okuzimbamu Obusiraamu mu muntu.
 Amaka amasiraamu kye kiki?
 Okwewaayo kwa Basswahaba bannabbi (SAW).
Fiqh wa Zaka ne Hijja.
 Ebyaziyizibwa mu Busiraamu.
 Obusiraamu n'enzikiriza endala.
 Ebibiina by'Obusiraamu.
 Obuvunaanyizibwa bw'Omusiraamu naddala omuvubuka.
 Okutendereza Allah (*dhikri*).
 Okusenguka kwa Omubaka (SAW) y'eyali entandikwa y'enkyukakyuka.
 Ekifo ky'abakyala mu Busiraamu.
 Okunoonya okumanya.
 Obulamu bwa Muhammadi (SAW).
 Okubonereza mu Busiraamu.
 Ebyobusuubuzi mu Busiraamu.
 Enkoowoola ensiraamu.
 Embeera z'abantu n'ebyobufuzi mu Busiraamu.
Shuura n'obukulembeze mu Busiraamu.
 Eggwanga essiraamu.
 Okuteekateeka emirimu mu Busiraamu.
 Ebyemizannyo mu Busiraamu.

B. Ebyokuyiga eby'omubiri n'okutumbula ebitone

Okuwandiika.
 Obusikawutu.
 Okwerwanako.
 Ebisanyusa mu Busiraamu.
 Engeri Obusiraamu gye bukwatamu okulwana.
 Ebyemizannyo mu Busiraamu.

C. Okutendeka mu bukulembeze

Emisomo mingi mu kitundu kino gisobola okulondebwa nga tugiggya mu luka-lala luno. Twongeddeko ebirowoozo ebituweereddwa wammanga:

Okutegeka embalirira.
Okutegeka ebibinja.
Okutegeka ennaku emirimu mwe ginaddukanyizibwa.
Okuwandiika zipulogulaamu.
Engeri y'okuweerezaamu mu bitongole by'Abasiraamu.
Ebitambuza ebibinja.

D. Pulojekiti z'abantu boomukitundu

Emirimu nga bwe gikolebwamu olubeerera mu bifo by'Abasiraamu.

Okuyamba mu mikolo gy'ennaku za idi.

Obuyambi mu by'entambula.

Okutuusa obubaka.

Okuweereza amawulire.

Okusaasaanya amawulire.

Okukyaliragana olw'okunyweza oluganda lw'Abasiraamu.

Okulabirira abaana.

Obuyambi obusookerwako.

Amasomero g'Abato.

Enneeyisa yonna okutwalira awamu.

Okuba omuzadde – obuvunaanyizibwa bwo.

Okukwanaganya obuvunaanyizibwa bw'obuzadde n'omulimu.

Emirimu tugironda tutya?

Okwetaba mu kuperereza.

Okusomesa amasomo agasobola okukulaakulanya.

Okwewaayo okukolera awamu n'abasikawutu.

Okwesondamu ssente okumala ebizibu byammwe.

Okuliisa abayala.

Okukyalira abakadde.

Okuyamba ababundabunda.

Okussaawo emisomo gy'okweyigiriza okusoma.

Eky'okukola ng'obusiraamu buvvoddwa.

E. Obuyambi obwenjawulo

Emikisa gy'okwekulaakulanya.

Ebizibu by'amasomero agaabonna.

Okwekenneenya entabagana (abazadde, abasomesa, abato n'abalala).

Obufumbo.

Okubuulirira mu maka.

Okubuulirira ku mirimu eg'y'okukolwa.

Okussa abantu waggulu.

Emikisa gy'okusoma n'okuweererwa ku bwereere.

Engeri y'okusabamu ekifo mu matendekero agaawaggulu.
 Okwewola okuddukanya obulimu obutono.
 Emirimu gy'abavubuka mu nsi yonna ne mu ggwanga okutwalira awamu.

Ekigendererwa kya kkampu y'abavubuka kwe kussaawo enteekateeka ennywevu mu bintu bye tulabye waggulu. Ekikulu mu kukkaatiriza pulogulaamu n'ebigikole-rwamu kwe kumanya nti buli kye tukola tukikola ku lwa Allah (SWT). Tulina obuvunaanyizibwa okwetegeka ffennyini okubaako kye tukola mu nsi eno okuyimiri-zaawo obulongoofu. Mu kulafuubana kwaffe okusaasira kwa Allah kwakujja nga Kulaane bwe esuubiza.

Nti ddala bo be bookuyambibwa. era
 nti ddala eggye lyaffe (ery'Abakkiriza)
 ly'eryokuwangula. (37:172-173).

إِنَّمَا الْمُصْرِفُونَ ﴿١٧٢﴾ وَلَذِكْرُ جُنَاحَ الْمُتَبَرِّئِينَ ﴿١٧٣﴾
 (سورة الصافات)

III. Olukalala lw'ebyesembesebwa

Ng'oggyeeko Kulaane n'ebyo ebogyogerako ebimanyiddwa obulungi, n'ebiga-mbo bya Omubakə (SAW) ebimanyiddwa obulungi, ebitabo bingi bisobola okubaayo mu bitundu byaffe oba mu materekero g'ebitabo mu matendekero agaawaggulu. Olukalala oluliwo kati mu bagabi b'ebitabo okugeza Islamic Book Service mu Indianapolis, Indiana mu Amerika, bisobola okuyamba ng'ensibuko ennungi okukola olukalala lw'ebyesembesebwa ku masomo agenjawulo nga twesigama ku Busiraamu.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Abali mu kutendekebwa mu kkampu y'abavubuka basobola batya okwete-ndeka mu mirimu nya bulungibwansi?
2. Makubo ki kkampu mwe ziyyita okukola ng'eddobozi eryawamu mu kubawa amagezi?
3. Bigendererwa ki ebisatu ebisinga obukulu mu kkampu y'abavubuka?
4. Okutendeka abavubuka emirimu gy'emikono kulina we kuyambira mu kkampu? Kutyaa?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

NG'OMUKWANAGANYA W'ABA-VUBUKA, OSABIDDWA OKUTEGEKE-RA ABAVUBUKA PULOGULAAMU. OSAZEEWO OKU-TEGEKA KKAMPU Y'ABAVUBUKA YA SSANDE NNAMBA NGA MULIMU ABASOMESA OKUVA MU MATENDEKERO AGENJAWULO ERA NGA BEEBOOKWOGERA KU BINTU EBYENJAWULO MU PULOGULAAMU. OWEEREDDWA AMAGEZI NTI ABAVUBUKA ABALI MU KKAMPU BAKYALI BAPYA MU MIRIMU GY'ABAVUBUKA, BASOMA MU MATENDEKERO GANJAWULO BONNA OKUTWALIZA AWAMU BAGEZI ERA NGA BALIMU ESSUUBI MU KUDDUKANYA EMIRIMU GY'OBUSI-RAAMU.

1. *Nnyonnyola lwaki walonze kkampu y'abavubuka ng'ekkubo ly'okutendeka mu mbeera eno?*
2. *Laga ekika ky'omusomo n'entendeka by'oteekateeka okuteeka mu pulogulaamu ya kkampu na mu na kkampu ki?*
3. *Ng'omaze okutunuulira gye bavudde n'obusobozi bwabwe, laga amakubo g'oyinza okutendekamu abavubuka emirimu nya bulungibwansi.*
4. *Tegekawo olukalala okulaga by'oyanukudde ku bibuuzo ebisatu waggulu.*



Okutegeka Kkampu – Entegeka y’Ekifo

-
- I. Okulonda ekifo
 - II. Ebintu ebyeyambisibwa
 - A. Okuteekateeka ekifo.
 - B. Okuteekawo olutimbe lw’ebifaananyi.
 - C. Oktuusa obubaka.
 - D. Ebisenge ebyeyambirwamu.
 - III. Okukola embalirira.
 - IV. Okusunsulamu abaneetaba mu kkampu.
 - A. Okuva ebweru w’ekibuga.
 - B. Mu kibuga munda.
 - C. Okwaniriza.
-

EBIRUUBIRIRWA BY’OMUSOMO GUNO

W’onoomalirako essuula eno oija kuba ng’osobola:

- Okulaba ebintu eby’omugaso mu kulonda ekifo.
- Okulaba ebintu ebikulu mu mbalirira ya kkampu.
- Okulaba amakubo ageeyambisibwa mu kusunsulamu abaneetaba mu kkampu.

I. Ekigendererwa Kya Kkampu y'Abavubuka

Kkampu okuba ennungi, tuteekwa okulonda ekifo ekituwa embeera ensiraamu nga temuli kitutaataganya kyonna, ekifo ekituwa eddembe n'obwangu ng'obwasseruganda bwaffe butwalibwa mu maaso. Okwongereza kw'ebyo, ekifo kiteekwa okutuwa ebisenge we tuisinkana, we tusomeseza n'emirimu emirala mu pulogulaamu ya kkampu. Ebibiina omusomerwa, ekisenge awaliirwa emmere, awakolerwa emizannyo, ebinaabiro, ekisenge ekiweerwamu obuyambi obusookerwako, awaterekwa amazzi n'ekifo ekisanyusa okutunuulirwa nabyo biwa ekifaananyi ekisikiriza ku bintu ebikolebwa ebweru n'emizannyo.

Tuteekwa okulonda ekifo ekiri mu kyalo ova mu kibuga. Ekyomukyalo kyetaaga awali emitia nga mulimu awaggyibwa amazzi mu kifo ekyo kyennyini ova okumpi nakyo n'ebizimbe ebigumu ova obusiisira obugumu obusaana okusulwamu n'ebantu ebirala byonna ebiteekeddwa okukolerwamu. Ensozi, emigga, ennyanja n'embalama z'agayanja byongera amaanyi mu by'okwesanyusa ng'okuwuga n'okulinnya waggulu. Ebifo eby'ebafaayo ova ebisignalira ebiri okumpi awo bisobola okubaamu ebyokuyiga ebiwera.

Ku ludda olulala, ebibuga bikunjaanya wamu ebintu ebingi mu kabanga akatono sinakindi mu kizimbe kimu. Amaterekero g'ebiyedda, ebijukizo, ebifo ebiwummuli-rwamu, ebisiikirize, amakolero, biyamba mu kwanguya enteekateeka mu kkampu. Ebi-saawe by'emisinde n'ebiwungiro eby'amasomero agookumpi ova ekibuga, bisobola okwongera ku bintu ebiri awo mu kifo ekikulu mu kibuga.

Bulijjo, zipulogulaamu ezikoleddwa mu bifo ebyomukyalo tuzisanga nga zisingako obulungi kw'ezo ezoomubibuga, olw'ensonga nti ziri zituwa ekifo ekigazi ne twetaaya, nga kyesudde era nga tekitaataaganyizibwa mbeera zaabulijjo.

Tuteekwa okutandika okuteekateeka n'okuyita mu kulonda ekifo ng'obudde bu-kyali, emyezi mukaaga ova omwaka mulamba nga tetunnatuuka ku lunaku lwakutandika kkampu. Ekitongole ekiwa obuyambi kiteekwa okussaawo akakiiko olw'enso-nega eno. Akakiiko kano kateekwa okugaba emirimu egyenjawulo gamba ng'okunoonya ekifo, okulaba kifo ki ekisingako kw'ebyo ebifuniddwa, n'okukkiriziganya kw'ekyo kye basiimye n'obukiiko obwawansi. Mu kiseera ky'okulonda ekifo, tuteekwa okutunuulira ebintu okugeza emiwendo, okukakasa nti ekifo weekiri, ekifo we kisangibwa, obwangu bw'okukituukako, n'obumpi bwakyo okuva awali Abasiraamu abangi, n'okubaawo kw'abantu abanaakola emirimu. Abateesiteesi bateekwa okukakasa nti abagenda okwetaba mu kkampu tebaba mu bifo ng'ebyo omuli abawuzi abali obukunya nga bali ku mbalama z'enyanja ova ebiwugiro ebiriraanye awali kkampu. Mu ngeri y'emu tuteekwa okwewala ebifo awali obuzzi bw'emisango obungi.

II. Ebintu ebyeyambisibwa

Buno bwe bumu ku bukodyo bw'okutegeka endabika y'ekifo.

A. Okuteekateeka ekifo

Buli kika kyamulimu kyetaaga obugazi n'ekika ky'ekifo ebyenjawulo. Okugeza, mu nkiiko, obugazi bw'ekifo tubulaba tumaze kubala ffuuti za kifo kye twetaaga okutuulamu, ebyuma ebinaakozesebe n'aw'okutambulira. Ekisenge tekiteekwa kuba kigazi nnyo sso ng'ate tekiteekwa kuba kitono nnyo. Ekisenge ekigazi ennyo kirungi ne tukyawulamu nga tussaawo ebyawula ebrisobola okuggyibwawo okusobola okulaga obumu mu bantu. Amateeka agagobererwa mu kutegeka obugazi bw'ekifo ge gano wammanga:

Ekaka ky'ekigenda okukaleebwa	Obugazi bw'ekifo obwetaagibwa (mu Nnati)
Awatuukirwa	Nga 9 – 10
Okulya	Nga 12 – 13
Awatuulwa okulaba emizannyo	9 – 10
Ebibina omutuulwa	15 – 17
Awasisinkanwa	23 – 25
Aw'okusaalira	7 – 8

B. Okuteekawo olutimbe lw'ebifaananyi

Ka lube olw'ebigambo ebitambula oba olw'okulagirako okuggyya ku buveera oba obutambi bw'ebifaananyi, olutimbe luteekwa okuteekebwa mu kifo nga buli muntu alaba bulungi. Obatalaba bulungi n'okwewaliriza okulaba bulijjo bitera kuva ku buwanvu bw'olutimbe, ebbanga eriri wakati waalwo n'abalaba, oba okusiikirizibwa. Etteeka liri nti ebbanga eriri wakati w'olutimbe n'olunyiriri olusooka lyenkana n'obugazi bw'entimbe ezo bbiri; okuva ku mwanjo okutuuka emabega, ennyiriri zonna teziteekwa kuba mu kifo bbanga lyenkanankana bugazi bwa ntimbe nnya. Buli lunyiriri terutee-keddwa kuba na bugazi bwenkanankana ntimbe ssatu. Olutimbe luteekwa kuteekebwa waggulu ekimala okusobozesa abantu abali mu lunyiriri olusembayo okulaba ebiri wansi waalwo nga luli waggulu w'emitwe gy'abo ababatudde mu maaso.

C. Okuweereza obubaka

Obutasala mu kigenda mu maaso ly'eriteekwa okuba etteeka lya pulogulaamu. Wabula, mu mbeera ezimu, okuwuliziganya mu beetabye mu kkampu kuyinza okwetaagibwa. Ekyo tusobola okukikkiriza nga tussaawo okugoberera ennukuta eziri ku lubaawo oluli wakati w'ekisenge wamu n'okw'aweereza okufuna n'okuweereza

obubaka ku lubaawo. Tekisaana kussa ssimu mu kifo awasomesezebwa oba okusoma obubaka bw'omuntu ssekinnoomu ng'obusomera abantu mu mbeera eyo.

D. Ebisenge omweyambirwa

Obwetaavu wamu n'ekiseera ekimala okufuna wuzu kiteekwa okulowoozebwako ennyo nga tusalawo obugazi na wa awanaabeera ebifo by'okukyamiramu. Ebisenge by'abaami n'abakyala biteekwa okuba ebigazi ekimala okusobola okugyamu abantu bona mu buli kibinja era nga n'abaana nabo basobola okugyayo singa babaawo. Biteekwa kuba kumpi ekimala okutuuka ku bisenge ebisisinkanibwamu era nga mulimu amakubo amalungi agatuuka awaliirwa.

III. Embalirira

Okukola embalirira n'okuginywererako byamugaso nnyo mu kutuusa pulogulaamu ya kkampu ku bawanguzi. Tuteekwa okutandika n'okukola olukalala lw'ensonda zonna gye tusuubira okufunamu ennyingiza n'enfulumya. Enjawulo eri wakati wa bino byombi eteekwa okukolebwa mu makubo g'okunoonya ssente ng'entegeka zikyali.

Tuteekwa okukozesa embalirira nga y'etusalirawo kiki eky'okukola. Kino kikolebwa na kwekkaanya makubo mu kugula ebintu n'ebiyamba era nga twesigama kw'ebyo ebitambulira awamu n'ebigendererwa bya pulogulaamu ku mutindo n'ebbeeyi yaabyo.

Okutwalira awamu, ensaasaanya ku byentambula etwala kinene ku mbalirira. Empenda zonna ezitemebwa okubikendeeza zija kutugasa. Bwe kiba kisoboka, okukozeseza mmotoka awamu kulina okuwagirwa. Mu ntambula ezoomubbanga, tiketi ziteekwa okugulibwa nga bukyali (okuva ku nnaku musanvu okutuuka ku 30 okusinziira ku katale) okweyanguiza embeera. Olw'okuvuganya, ebisaawe by'ennyonyi bingi bisala ku bisale byentambula okugenda mu bibuga ebirondemu. Kiba kyamagezi okusooka okulamuza.

IV. Okusunsulamu abaneetaba mu kkampu

Ekisuubirwa kwe kuba ng'abeetaba mu kutendekebwa mu bukulembeze mu kkampu babeera bassa Obusiraamu mu nkola. Pulogulaamu ya kkampu eba eyagala kubafuula bufuuzi abakulembeze abasobola. N'olw'ekyo, tetuteekeddwa kusunsula bavubuka bano nga twesigama ku bwagazi bwe balina eri Obusiraamu wabula era tulina okutunuulira okwagala kwe balina mu kukolerera Obusiraamu. Tuteekwa okugoberera ekkomo eryateekebwa ku bukulu bwabwe. Emyaka gy'abantu abali mu kkampu singa gyawukana nnyo, kkampu ejja kutukaluubirira okuddukanya era eyinza obutatuuka ku buwanguzi.

Engeri emu eyinza okuyamba okubasunsulamu kwe kuyita mu kuwandiika oba okubawa obubuuzzo. Kino tuyinza okukikola ku mitendera egyawansi ng'abawangudde

ku mutendera ogwo bavuganya mu bavuganya ku ddaala ly'ekitundu, awo ne tusalawo abawangizi ku mutendera gw'eggwanga lyonna. Abo abayita ku ddaala erisaliddwaho beebalondebwa okugenda mu kkampu. Nga tetutunuulidde kkubo lyeyambisiddwa, amawulire gano gateekwa okusaasaanyizibwa tusobole okulonda abo abasinga obulungi nga tubajja mu beesimbyewo abangi.

A. Ebweru w'ekibuga

Abakiikirira ebitundu oba ssentebe w'ebiyamawulire bateekwa okutuukirira ebitongole ebyenjawulo mu buli kibuga oba buli ssaza nga bayita mu mabaluwa, fakisi, telegulaamu, telekisi, n'okukuba amasimu. Abakulembeze b'ebitongole bino bateekwa okulonda Abasiraamu abato nga babajja mu myaka egirondeddwa. Okusunsulamu abavubuka abookwetaba mu kkampu kulina okuba nga kukkiriziganya n'emisoso egyateekebwawo.

B. Mu kibuga munda

Akakiiko kookukyallo kateekwa okusabibwa okutuukirira ebitongole ebyenjawulo mu kibuga okuyambako mu kusunsula.

C. Awatuukirwa

Akakiiko kookukyallo akaaniriza nga kakoleteddwa abantu okuva mu bitongole ebyenjawulo kayinza okulondebwa okwaniriza abatuuka n'okubaleeta awali kkampu. Enteekateeka ya kkampu eteekwa okutandika n'omukolo oguggulawo kkampu mu bufunze. Kyamugaso nnyo okuyita abakungu bookukyallo okwetaba mu kkampu okubasobozesa okumanya ebigendererwa byayo. Oluvannyuma lw'omukolo oguggulawo, tuteekwa okukubaganya ebirowoozo ku mulamwa mu bujuvu, enzirukanya n'amateeka g'enneyisa mu kkampu mu kiseera ng'abantu bwe bamanyiira.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Njawulo ki ezisinga obukulu wakati w'ebifo byomukyalo n'ebiomukibuga?
 2. Lwaki ekisenge ekisisinkanirwamu ekigazi ennyo kyenkana obubi n'ekyo ekitono ennyo?
 3. Kintu ki ekisinga okusaasaanyizibwako ssente mu mbalirira za kkampu ezisinga? Osobola otya okukikendeezaako?
 4. Kkubo ki erimu eddungi eriyitwamu okulonda abaneetaba mu kkampu abalina obusobozi?
-

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

OLI MUKULEMBEZE WAAKA-KIIKO AKATEESITEESI MU KKA-MPU Y'ABAVUBUKA. OTEEKEDDWA OKULONDA KU BIPO EBITONO EBI-SALIDDWAWO OKUTEGEKA EMBALIRIRA NG'OYAGALA OKUFUULA KKAMPU ESOBOLA OKWEMALIRIRA N'OKULONDA ABEETABAMU. OKUTENDEKA KUNO KUGENDA KUBA KWA GGWANGA LYONNA KU LW'ABAKULEMBEZE AB'EBISEERA EBYOMUMAASO. OLINA EMYEZI MUKAAGA OKUKOLA ENTEGEKA ZONNA.

1. *Nnyonnyola lwaki walonda ekifo ekyo n'otalonda kirala?*
2. *Tegeka ekiwandiiko ng'olaga kkampu eri abantu abangi abayinza okugibaamu. Babuulire kye beetaaga okukola okusobola okuyita mu kasengejja.*
3. *Kola embalirira ya kkampu. Teekamu ekkomo ly'ensaasaanya oboolyawo n'ensaasaanya esembayo okuba eyaawansi. Nnyonnyola era owe obutuufu bw'okusala ku mbalirira.*



Endabika Ya Pulogulaamu – Ebirina Okutunuulirwa Okutwalira Awamu

-
- I. Ebikola endabika ya pulogulaamu
 - A. Ebisookerwako mu kugabanya ebiseera.
 - B. Okulonda omwogezzi.
 - C. Okukozesa amaloboozi n'ebifaananyi.
 - D. Ebyemizannyo n'ebiyokwesanyusa.
 - E. Omukolo gw'okuggulawo n'okuggalawo
 - II. Engeri y'okukolamu pulogulaamu etambulirwako buli lunaku.
 - A. Obutundutundu bw'okugabanya ebiseera.
 - B. Engeri y'okutegekamu ebiseera ebikozesebwu buli lunaku.
 - C. Engeri pulogulaamu ezaabuli lunaku gye ziinza okukolebwamu.
-

EBIRUUBIRIRWA BY'OMUSOMO GUNO

W'onoomalirako essuula eno ojja kuba ng'osobola:

- Okulaba ebirina okusinga okutunuulirwa mu kugabanya ebiseera.
- Okulonda aboogezi abatuufu n'okuteekateeka ebikozesebwu mu kulaga ebiyambako mu kusomesa.
- Okukola pulogulaamu esaana eya buli lunaku mu kkampu y'abavubuka.

I. Ebikola endabika ya pulogulaamu

Nga bwe twakirabyeko edda, kkampu y'abavubuka ly'erimu ku makubo agasinga obulungi okuyitamu okutendeka abavubuka abakulembeze mu Busiraamu. Ekigambo "kkampu y'abavubuka" okutwalira awamu kitegeeza enteekateeka y'eb'y'okukola mu ssande emu oba okusingawo mu mbeera eyeesudde ebbali w'abantu. Ekigendererwa kwe kutendeka abakulembeze abalina obusobozi nga bali wakati w'emyaka 20 na 30 egyobukulu. Amakubo g'okutendeka mangi gakubaganyiziddwako ebirowoozo mu ssuula endala mu kitabo kino. Essuula eno n'ebirala ebiri mu kitundu kino bigenda kutunuulira ebintu ebirabwako mu kusengeka n'okutumbula ensirika z'abavubuka ng'ezo.

Pulogulaamu ennungi eba ku mutima gwa kkampu z'abavubuka ezivaamu ebibala. Mu kitundu kino, tujja kulaba ebintu ebimu ebyawamu n'ebyetongodde mu kukola pulogulaamu era kiwa mu bufunze ebiseera ebyokukozesa. Wabula tuteekwa okufaayo okutegeka buli pulogulaamu nga tugyesigamizza ku banaagibaamu era bwe kiba kisoboka, tubanoonyeemu bye tuyinza okwongeramu. Ebikwata ku bagenda okwetaba mu kkampu kuyamba okusalawo ekigero n'ekkommo lya pulogulaamu eneesinga okubagasa ennyo.

Akakiiko ka pulogulaamu ak'abantu abasatu oba abataano ng'ogasseecko akiikirira abavubuka, ke kateekwa okutegeka pulogulaamu ya kkampu. Pulogulaamu eno eteekwa okwenkenneenzebw n'obwegendereza mu ndabika, okulaga endowooza ensiraamu, okusiga omwoyo gw'okukolera awamu, okuyamba okutumbula omuntu Omusiraamu n'okukubiriza abavubuka okwewaayo okukolerera Obusiraamu. Kiteekwa okulukibwa nga kyetooloolera ku bisomesebwa ebirowoozeddwako obulungi nga tukozesa obukodyo bw'okutendeka obwenjawulo nga bwe twabwogeddeko mu kitabo kino, ng'otaddeko emisomo gy'ekikugu, emisomo egy'okukolera awamu, emirimu egyemikono, okwolesa n'ebirala. Era akakiiko kateekwa okuwaayo obudde bw'ebymizannyo n'ebisanyusa.

Ng'otunuulidde ebigendererwa bya kkampu, amasomo agasaana gayinza okulondebwa. Amasomo agamu agayinza okusomesebw olutandika, olukalala lwago luli mu ssuula endala mu kitundu ekyokutaano.

A. Ebikulu mu kugabanya ebiseera

Okugabanya enkozesza y'ebiseera bya pulogulaamu kwakubaganyiziddwako dda ebirowoozo mu kitundu ekirala mu kitabo kino. Mu kitundu kino tugenda kuddamu okwogera ku mateeka amakulu mu kugabanya enkozesza y'ebiseera bya pulogulaamu ya kkampu y'abavubuka.

Ekigendererwa mu ngabanya y'ebiseera bya pulogulaamu kyamirundi ebiri: okugonza omulimu gw'okuddukanya n'okukwanaganya ebikolebwa ebyenjawulo wamu n'okuwa abali mu kutendekebwa eddembe n'essanyu. Bino byombi bigenderera kwongera maanyi mu mbeera y'okuyiga mu kkampu.

Okuggyako olunaku lw'okuggulawo, enteekateeka ya buli lunaku eteekwa kutandika na kuzuukuka kwetegekera sswala ya *Fajri*. Entandika y'okumakya etwala omukisa gw'okuwummula ekir kyonna. Mu ngeri y'emu enteekateeka ya buli lunaku eteekwa okukomekkerezebwa ne sswala ya Isha awo oluvannyuma abali mu kkampu bateekwa kwetegekera kwebaka. Okuyiga kwa ssekkinnoomu oba okusoma kuyinza okukkirizibwa mu mbeera ezenjawulo eri abo abasobola okukola obulungi olunaku olunaddirira nga tebasumagira. Wakati wa fajri ne Isha, obudde bw'okuwummula buteekwa okutekebwawo olubereberye n'oluvannyuma lw'okukola emirimu egimalamu abantu amaanyi. Abantu bwe baba abakooowu tebayiga bulungi; sso ng'ate ne pulogulaamu ennywevu ennyo tesobola kufuna oba kutuuka ku bigendererwa bya kkampu.

Obuwanvu n'embeera ya kkampu by'ebisalawo engeri emirimu egyenjawulo bwe ginaagabanyizibwamu mu kiseera kya kkampu kyonna. Okutwalira awamu, emirimu egyetaaga okukozesa obwongo giteekwa kuteekewa mu biseera byakumakya era mu nnaku ezisookera ddala mu kkampu. Muno mulimu emisomo agimala essaawa emu n'ekitundu, gino giteekwa okussibwa mu biseera byokumakya ne mu biseera obwongo we bubeerera nga bwogi nnyo. Ebyemizannyo n'emirimu egikolebwa wabweru w'ekizimbe n'ebiyokwewummuzaamu nga muno musobola okubaamu okuyigiriza okwabwannakyewa bisaana kuteekewa mu biseera eby'olweggulo n'obudde nga bwakawungeera. Kino kitwala omukisa ogw'obudde okuba emisana era ne busikiriza okuwummula wakati wa pulogulaamu z'olunaku. Bwe kiba kisobose, ensengeka y'ebi'okukola ng'otwaliddemu ebiseera by'okulya n'okusaala, biteekwa okufaanaganu buli lunaku okusobola obuteekaluubiriza ate n'okubasobozesa okukola ebintu mu budde.

Mu kkampu ez'okumala essande ennamba, olunaku lulamba oba ennaku bbiri ziyanza okuggyibwako abantu ne batwalibwa okusomerako ebweru wa kkampu. Kino kiyamba okulwanyisa okuddijnjana kw'ebikolebwa, okuteekawo emikisa gy'okuyiga embeera y'ekifo, wamu n'okusoomooza abali mu kkampu okussa mu nkola ebimu ku bintu bye basomye. Basobola okulondayo olunaku olulala abatendesi n'abatendekwa bona mwe bakunjaanyiza ebirowoozo. Ebisomesewa bisobola okuggyibwa mu biyigiddwa ne mu mitwe emiggya ng'emigaso gyabyo girabwako mu bibiina by'Obusiraamu wamu n'abavubuka.

Olunaku olusembayo mu kkampu lwonna luba lwakusobozesa abeetabye mu kkampu okwogera ku byebaganyuddwamu n'okukubaganya ebirowoozo ku nteekateeka zaabwe ne bye bakkaanyizzaako n'abalala. Kino kibayamba okussa bye bayize mu buwandiike okusobola okubikolerako. Wano, balaba ne batunula mu bizibu ebiri mu

bitundu gye bava na butya bwe bikosaamu ebibiina by'Obusiraamu mu bitundu byabwe. Ebiwandiiko biyamba nnyo mu birabwako mu batendesi n'abatendekwa.

B. Okulonda Omwogezi

Oluvannyuma lw'okusalawo ebyokuyigiriza n'okugabanya ebiseera, ekintu ekisinga okuba ekyomugaso ky'eky'okulonda aboogezi, abakubaganyi b'ebirowoozo n'abantu abalala abalina okwogerako eri abantu ku bikwatagana n'okutendeka. Mu kitabo kino, twogedde ku mbeera z'abantu aboomugaso.

Okusobola okulaba abantu abayinza okuyamba, tusobola okufuna obuyambi okuva mu bitongole ebyawano wamu n'eb'yebweru w'eggwanga ebiba birina enkalala z'abantu abasobola okwogera. Wabula, kiba kyamugaso okulonda aboogezi abanaasobola okwogera obulungi ennyo n'abantu nga basinziira ku ntegeera n'ebirowoozo bye balina. Okwogera eri abantu ng'obawanise mu kutegeera kwabwe kifaananako n'okwogera nabo ng'ossizza eddaala ly'entegeera yaabwe. N'ekirala, tetuteekwa kulonda boogezi nga tusinziira ku kiki kye bamanyi wabula tusaana n'okumanya oba basobola okukwanaganaya bye basomesa abantu mu kkampu n'embeera zaabwe, ebyobuwangwa byabwe wamu n'ebyobufuzi. Kiba kirungi okwewala okukozesa omwogezi omu mu nsirika ennyingi. Weewale okulonda omwogezi olw'obumanyirivu bwe bwokka.

C. Okukozesa Eby'amaloboozi n'Ebikozesebwu mu Bifaananyi

Engeri n'obukodyo eby'ebikozesebwu ebyamaloboozi n'okulaga ebifaananyi byayogeddwako emabega. Okuva awabeera kkampu bwe watera okuba n'ebikozesebwu ebitono okusinga ebrisenge omuteesebwa, tuteekeddwa okufaayo ku kubeerawo kw'amasannyalaze, ebifulumya amasannyalaze ebituufu, ne waaya, n'ebiyamba singa waguddewo ekizibu. Ekwetegeka ng'ekiseera tekinnaba, kubeera kukulu okukakasa nti ekisenge omunaalagirwa ebifaananyi kisobola okukwasibwamu akazikiza bwe kiba kyetaagisizza. Tekinoloogiya owoomulembe bw'aba y'agenda okukozesebwu, okugeza kompyuta, tulina okukakasa nti waliwo okuyambibwa okumala. Ebikozesebwu ku maloboozi n'okulaga ebifaananyi biteekwa okugezesebwa ng'obudde bukyali mu kifo we bigenda okukozesebwu.

D. Ebyemizannya n'Okusanyusa

Ebyemizannya n'ebikolebwu okuzzaamu amaanyi birina ekitundu kinene kye bikola mu kkampu era bwe kityo birina okutegekebwu obulungi. Tulina okubiwa ekiseera ekimala mu pulogulaamu era ne tubifunira ebikozesebwu ebirungi mu budde. Abeetabye mu kkampu tuyinza okubateeka mu bibinja by'emizannya, okugeza omupiira, omupiira gwa vvole, omupiira gw'ensero, okuwuga, n'ebirala. Mu kkampu, ne mu mbeera endala, bwe mubeeramu abafumbo, tulina okufaayo okulaba nga twewala abasajja n'abakyala okwetabula. Okuvuganya okwa kkampu ezenjawulo ne mu kkampu munda mwennyini, bwe kiba kisobose, kubeera kulungi mu kuzzaamu abantu amaanyi n'okuteekawo omwoyo gw'okukola obulungi ennyo mu bazannyi n'abatali bazannyi.

Tuteekeddwa okuggyayo abantu abakoze obulungi okusinga ku bannaabwe n'okubawa ebirabo.

E. Oluntuula Oluggulawo n'Oluggalawo

Oluntuula oluggulawo n'oluggulawo bitundu ebisinga obukulu mu pulogulaamu za kkampu. Ebiseera bingi tetubiwa kufaayo kumala okubisobozesa okubeera ebirungi. Entuula ezigulawo ziyinza okutandika n'okusoma Kulaane n'okuvvuunula amakulu g'ebisomeddwa mu nnimi ezaawaka. Tuteekeddwa okulonda ebitundu ebrisemberera omulamwa gwa kkampu nga bwe kisoboka ne tulonda n'omusomi asinga obulungi mu baliwo okubisoma. Ekyo nga kiwedde, akiikiridde abatgesi n'ekibiina ekiwagidde kkampu balina okwelianjula n'okulaga kye bakoze mu kuyimirizaawo pulogulaamu. Oluvannyuma, akulira akakiiko akavunaanyizibwa ku pulogulaamu n'oyo akulira akakiiko akavunaanyizibwa ku nteekateeka y'ekifo balina okbuulira abeetabye mu kkampu ebigena okujja mu ngeri ematiza. Tuyinza okwanjula abagenyi abamu. Ekifaananyi ekiraga okuggulawo nga bwe kuyinza okuba kiragiddwa wammanga. Genderera nti akulira kkampu y'alina okukubiriza omukolo gw'okuggulawo.

Omukolo Oguggulawo: Lwakutaano, ssaawa 8:30 – 10:30 ezoolweggulo (kyakulabirako)

- | | |
|-------|--|
| 8:30 | Okusoma Kulaane nga kugoberezedwa okuvvuunula |
| 8:40 | Obubaka bw'omukungu okuva ku kitebe ky'ekibiina mu ggwanga. |
| 8:45 | Obubaka bw'omukungu okuva mu kibiina ekyawaka ekitegese kkampu. |
| 8:50 | Obubaka bw'abakungu okuva mu bitongole ebirala ebiwagidde kkampu. |
| 9:00 | Okwogera kwa ssentebe w'akakiiko akatesiteesi okuteeka abantu mu kifaananyi, okugabanya abeetabye mu kkampu mu bibinja ebyenjawulo, n'okugabira abantu obuvunaanyizibwa obwenjawulo. |
| 9:15 | Okwogera okuwa ekifaananyi okuva ewa ssentebe w'akakiiko. |
| 9:40 | Okwanjula abagenyi abamu okukolebwaa ssentebe wa kkampu. |
| 9:45 | Ebibuuzo by'abeetabye mu kkampu. |
| 10:00 | Okufundikira oluntuula. |


Ekitundu ekiggulawo kiteekwa okusalawo omutindo pulogulaamu gw'enaagoberera. Kiteekwa okuteekateeka abeetabye mu kkampu okubeera ku mulamwa.

Ekitundu ekiggulawo nakyo kikulu nnyo. Kiteekwa okutuusa pulogulaamu ku nkomerero eyeemirembe nga ya ssanyu. Tuteekwa okutwala omukisa okusiima ekikoleddwa buli muntu mu buwangizi obutuukiddwako mu pulogulaamu. Singa kiba kisobose, tusaana okwogerako mu bufunze ku biki ebisomeddwako ssaako n'okuwa ebirowoozo ku ngeri ki gye tuyinza okuganyulwa mu ebyo abeetabye mu kkampu bye bayize. Ekyokulabirako eky'oluntuula oluggalawo kiragiddwa wammanga wano:

Ekitundu ekiggalawo, ssaawa 8:30 – 10:00 ezoolweggulo (kyakulabirako)

- 8:30 Okwogera kw'abagenyi abalondemu.
8:50 Okuwumbawumba ebisomeseddwa mu pulogulaamu.
9:10 Okuwaayo empumbawumba ne /oba ebyokukola.
9:15 Obubaka bw'abeetabye mu kkampu.
9:30 Obubaka bw'omukungu okuva mu kitongole ekiteesiteesi.
9:35 Obubaka bw'omukungu okuva ku kitebe ekikulu eky'ekibiina.
9:40 *Du'a* okuva mu Kulaane ne ssuuna za Omubaka n'okubivvuunula.
10:00 Okukomekkereza olutuula.

Weetegereze bino: Kkampu bw'eba yaakumala ennaku ssatu oba entono okusingawo, kirungi mu kitundu ky'okuggalawo okupima ebibaddemu. Bw'eba ya nnaku ezsukka mu ssatu, okupima ebibaddemu okwetongodde kwe kuteekwa okukolebwa.



II. Engeri y'okukolamu pulogulaamu ya buli lunaku

A. Ebitundutundu by'okugabanya ebiseera

1. Olunaku lugabanyeemu ng'obutonde bwe bwagabanya, ng'osinziira ku sswala n'ebiseera by'okulya.
2. Geraageranya obudde obunaakolebwamu ebintu ebyenjawulo nga weesigama ku bintu ebitaataaganya enzisaayo y'omwoyo okuva mu beetabye mu kkampu n'okusitunkana, obungi n'emyaka gyabwe, kye balina okukola, obungi bw'ebikozesebwa, obungi n'obugazi bw'awayingirirwa n'awafulumirwa, embeera z'obudde, obuwanvu obuli wakati w'ebintu ebyenjawulo n'ebirala.

3. Teekamu obudde obw'okwetegekera ebintu okugeza wuzu ng'esswala tennaba, n'okunaaba ng'ekyenkyo tekinnaba wamu n'ebiseera by'okulya n'ebirala.
4. Noonya ebirowoozo by'abeetabye mu kkampu awamu n'abasomesa.
5. Gabanya ebiseera ku buli kigabanyiziddwa era obiyingize mu pulogulaamu y'olunaku. Mu pulogulaamu esukka mu lunaku, beera ng'oddinjana engabanya y'ebiseera by'olunaku nga bw'okyusaamu we kyetaagisa, okugeza okwewandiisa ku lunaku lw'okuggalawo n'okupima ebibaddewo ku lunaku oluggalawo.

B. Engeri y'okugabanyaamu eby'okukolebwa ku lunaku mu biseera ebyenjawulo

Nga tutunuulidde ensengeka y'ebintu nga bwe kutambula, ennaku zirimu ebika bibiri: ekiwanvu mu biseera by'ekyeya n'ekimpi mu biseera by'obutiti. Ku lunaku oluwanvu enjuba evaayo nga bukyali ate n'egwa nga bugenze. N'olw'ekyo, ekiseera kya sswala ya fajri kibaawo bukyali sso ng'ate eky'esswala ya Isha kikeerewako. Ekiseera eky'okwebaka ekiro wakati wa *Isha* ne *Fajri* kiba tekimala mu biseera by'ekyeya wakati. Okusobola okuliwa otulo abantu twebaifiiriddwa, ebiseera ebiwumulirwamu bisaana okuteekebwa oluvannyuma lw'okusoma Kulaane nga Fajri ewedde n'oluvannyuma lw'ekyemisana. Abeetabi mu kkampu bayinza okwebaka, okuwijjaalako oba okwetaaya mu biseera by'okuwummulamu bino oboolyawo nga baagala okuliwa otulo otutaaweze kiro.

Mu ngeri y'emu, ekiseera ekiri wakati wa Aswri ne Magharibi kiba kiwanvu mu biseera by'ekyeya sso ng'ate kiba kimpi mu biseera by'obutiti. Ekyeggulo mu mbeera eno kiyinza okuteekebwawo nga Magharibi tennatuuka mu biseera by'ekyeya ate mu bisera by'obutiti ne kibaawo oluvannyuma lwa Magharibi.

Ekiseera ekiri wakati wa Magharibi ne Isha nakyo kiba kiwanvuko mu biseera by'ekyeya sso ng'ate kimpi mu biseera by'obutiti. Na bwe kityo, wateekwa okuweebwayo ekiseera nga Isha tennatuuka mu biseera by'ekyeya kisobozese abeetabi mu kkampu okugenda okwebaka amangu ddala nga Isha ewedde, ate oluvannyuma mu biseera eby'obutiti nga wakyaliwo obudde obumala okwebakiramu.

Obudde obwetaagibwa okukoleramu emirimu egyptianjawulo tugenda kubwogerako wammanga. Tulina okufaayo ennyo okutunuulira embeera z'ekitundu, ebizibu byakyo n'empisa z'ekitundu ekyo.

(a) Zuukuka onaabe

Ekiseera ekizuukukirwako kiteekwa okulangirirwa. Obuwanvu bwakyo nga Fajri tennatuuka businziira ku bungi bw'abantu abali mu kkampu nga tukikwanaganya n'obungi bw'obuyumba obukyamirwamu n'ebinaabiro n'obuwanvu obuli wakati waabyo n'ebisulo. Ng'etteeka, gabanyaamu obungi bw'abantu n'obungi bw'ebikoze-

sebwa awo okubiseemu emirundi esatu okusobola okufuna omuwendo gw'eddakiika ng'okwaziina okuzuukusa abantu tekunnabaawo.

(b) *Wuzu*

Obudde obuweebwayo okufuna wuzu y'esswala ezitali Fajri tebusaana kusukka kitundu ky'obwo obuweebwayo ku Fajri. Abeetabi mu kkampu bayinza okukkirizibwa okufuna wuzu wamu we baba bafunidde obudde. Mu butuufu, basaana okukubirizibwa okuba ne wuzu ekiseera ky'olunaku kyonna.

(c) *Caayi*

Ebiseera ebimu kisoboka okunywa caayi nga Fajri tennasaalwa. Kino kiyamba abeetabi mu kkampu okuba abeetegefu okuyimirizaawo esswala yaabwe wamu n'omusomo gwa Kulaane oguddawo. Obudde obubaweebwa buteekwa okukwanaganizibwa n'obungi bw'abantu n'obugazi bw'ekifo awagabulirwa ebyokulya / ebyokunywa. Ekitono ennyo ekimu ekyokubiri eky'obudde obwo kiba kijja kubeera mu kiseera ky'okufuna wuzu.

(d) *Esswala*

Ng'etteeka, obudde bwonna obussibwa wabbali nga bwa sswala buteekwa okukubisaamu ekiseera ekiweebwayo okusaaliramu emirundi esatu

(e) *Okuwummula*

Mu nnaku z'ekyeya empanvu, ebiseera ebiwummulirwamu kumakya n'olweggulo byamugaso okussibwa mu biro ebimpi. Okusobola okubala obudde obusinga okuba ebingi ebiriwo okuwummulirwamu, toolako obudde bw'okunaaba ng'obujja ku obwo obuli wakati w'okusoma Kulaane n'entandikwa y'ekyenky. Mu biseera ebyolwe-ggulo ekiseera ekimala okuwummuliramu kisaana okuba ng'eddakiika kyenda (90).

(f) *Okulya*

Okussaawo obudde obumala okuliiramu ne bwe kiba tekitambulidde wamu n'omusomo oba okusomesa, kikulu nnyo mu pulogulaamu olw'ensonga nti okuliira awamu kikuinjaanya awamu abantu. Obudde obwetaagibwa businziira ku mbeera y'ekifo awagabirwa emmere, n'okuba nga buli muntu asobola okulya mu kiseera ky'ekimu oba mu bibinja n'obuwanvu bw'obudde okugabula bwe kutwala. Bwe kiba kitegekeddwaa bulungi essaawa emu n'ekitundu emala bulungi okuliiramu, okunaabako wamu n'okuwummuliramu.

(g) *Entuula*

Okutwalira awamu, entuula tezisaana kusukka ssaawa emu n'ekitundu okusobola okufuna okussaayo omwoyo okuva mu batendekebwa. Obudde buno buyinza okukendeezebwako singa ekifo awakunjaanirwa oba entuula yaabwe nga tebawa

bbeetu. Bwe kitaba bwe kityo, obudde busobola okwongerwayo awo olutuula ne luyingizibwamu abasomi nga beegasse wamu okusobola okufuna okufaayo okumala ekiseera ekiwanvuko.

Ng'etteeka, entuula ezirimu emirimu egitali gyakukozesa mikono okugeza ez'okusoma emisomo, zisaana kutekebwayo mu biseera byakumakya oba akawungeezi ng'abantu tebannakoowa oba nga bafunye omukisa okunaabako. Ebiseera ebyolweggulo birungi nnyo okukoleramu emirimu eyemikono, ng'emisomo egikkiriza abeetabyemu okwetabamu ennyo, omwo omuli eddaala eryawaggulu mu kwetaba okufuula abantu abalina kye bakola ebiseera byonna eby'okusoma.

(h) Okuwummulamu

Okuwummulamu okw'eddakiika 15 oba 30 kwetaagisa okusobola okuggyawo okuddinjanwa kwa zipulogulaamu ezimu. Okwongereza kw'ekyo, kuyamba abasomi okugaayagaaya mu bye basomye, okukunjjaanya ebirowoozo byabwe, okusisinkana n'aboogezi, okubeera awamu, okugolola ku magulu, wamu n'okusobola okwetegekera olutuula oluddako okusinga bwe bandibadde nga tewali kuwummulamu wakati w'entuula. Okuwummula tekuteekwa kusukka ddakiika 30 ekiyinza okumalamu abasomi amaanyi ne bava ku bye balina okukola, ng'enkiiko ezeekyama.

(i) Okwesanyusaamu

Mu pulogulaamu ezsukka mu nnaku ebbiri obudde obuba bwassiddwawo okukoleramu ebyo ebituwummuza obwongo bwongera amaanyi mu kuyiga okw'omutindo omulungi. Okwewummuzaamu, kuta ebirowoozo ne kuzzaamu amaanyi oluvannyuma lw'ebikolebwa mu pulogulaamu ebyetaaga ennyo omuntu okuwaayo ebirowoozo bye byonna n'okwenyigiramu. Okutwalira awamu, essaawa ebbiri zimala okuwummuliram, okusinga ekiseera ekikozesebwa okutambula okuva mu bifo ebirimu ebikoze-sebwa bwe kiba kyetaagisa.

(j) Emizannyo

Okussaawo obudde bw'emizannyo kyamugaso nnyo mu kkampu z'abavubuka ne zipulogulaamu endala ez'abaana abato nga zaakumala ennaku ezsukka mu ssatu. Okutwalira awamu essaawa ebbiri zimala nga kw'otadde obudde bw'okwetegeka n'okutambuliram. Tuteekwa okutegeka obulungi emizannyo, ekitali ekkyo kuba kumala biseera era kiyinza okulabika ng'ekibi mu pulogulaamu. Omuteseesi aganyulwa nnyo mu byemizannyo bino era kimusobozesa okutunuulira abatendekebwa. Baba bajja kusobola okulaba empisa mu muzannyo, ekiyamba okufuna amawulire agatasobola kufunwa kuva mu misomo n'ebifaananako bityo.

(k) Eby'empangaala y'abantu

Okumanyagana nga kugenderera kunyweza bwasseruganda n'okussaawo enkologana, mulamwa mukulu nnyo mu nkunjjaana za kkampu. Obudde obusinga obulungi

Ekitundu Ekyokutaano

okukoleramu ebintu ebigendera ku mpangaala z'abantubwe bwokunkomerero y'olunaku. Ebiseera ebisinga, essaawa emu eba emala.

(l) *Okwebaka*

Obungi bw'otulo omuntu tweyebaka businziira ku mpisa z'abantu abali mu kkampu nga mw'otwalidde n'emyaka gyabwe wamu n'obulamu bwabwe. Essaawa entono ennyo mu biseera by'ekyeya zirina kuba musanvu sso ng'ate omukaaga mu biseera by'obutiti ze ezisaana okuweebwayo okwebaka. Obuwantu bw'obudde bw'okwebaka nabwo bukyuka nga businziira ku biseera by'obudde. Etteeka kwe kusobozesa abeetabye mu musomo okuwummula obulungi mu kwebaka ne mu kuwujjaalako. Abantu bwe baba bakoowu tebasobola kuyiga bulungi.

C. Entegeka Eyinza Okukozesebwa mu Pologulaamu Eyoolunaku

	Zuukuka
	<i>Esswala ya Fajri</i>
	Okwogera okumpi (eddakiika 10)
	Okusoma Kulaane (kitundu kya ssaawa)
	Naaba (kitundu kya ssaawa okutuuka ku ddakiika 45)
2:30 – 3.00 (ezookumakya)	Ekyenkyaa
3:15 – 4:30	Olutuula I
4:30 – 5:00	Okuwummulumu
5:00 – 6:30 (ezoolweggulu)	Olutuula II
7:00	<i>Okukima esswala ya Zuhuri</i>
	Ekyemisana
	Ekiseera ekyeddembe ekyemizannyo
	<i>Okukima okw'esswala ya Aswri</i>
10: 00 – 12:00	Olutuula III: Omusomo (ebibinja 3 okutuuka ku bibinja 4)
	<i>Okukima kw'esswala ya maghribi</i>
	Ekyeggulo
1:30 – 3:00	Olutuula IV: Alipoota okuva mu buli kibinja.
3:30 – 3:45	Okupima ebibaddewo.
4:00	<i>Okukima kw'esswala ya Isha</i>
4:15	Okuwummula okwetaagisa oba okwebaka

OKWEGEZAAMU	
Embala ya Pułogulaamu Eyoolunaku	Kola pulogulaamu ya kkampu eyoolunaku. Bala obudde obukolerwamu ebintu okugeza esswala, okulya, okuwummulamu, n'okwesanyusaamu, emizannya, entuula, okwebaka n'ebirala. Awo bala omugatte. Ziteekwa kuba ssaawa 24. Bala essaawa za buli mulimu ku kikumi.



Ka'aba – “ennyumba ya Allah” – nga bw'erabika okuva ewala.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Kkubo ki ebikwata ku beetabye mu kkampu we biyambira okutegeka kkampu y'abavubuka?
 2. Kiseera ki ekisinga obulungi okutegekeramu emisomo egyptameze? Lwaki?
 3. Bintu ki ebikulu bye tulina okutunuulira mu kulonda omwogezi?
 4. Lwaki olutuula oluggulawo n'olufundikira byamugaso?
 5. Bika bya mirimu ki ebikulu mu pulogulaamu ya buli lunaku?
 6. Ebiseera by'ekyeya n'ebiyobutiti bireeta ki mu kusengeka pulogulaamu?
-

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

WALONZE DDA EBISINGA OKWE-TAAGIBWA MU KKAMPU Y'ABAVUBUKA. KATI KY'OLINA OKUKOLA KWE KUTEGEKA PULOGULAAMU ENNUNGI. OTANDIKIRA KU KULONDA BOOGEZI, OKUTEKATEEKA EBY'OKUSOMAKO NGA BIRABIRWA KU LUTIMBE, N'OKUGABANYA EBI-SEERA BY'EBINTU EBISOOKERWAKO. NG'OLINA OBUDDE OBUMALA MU KKAMPU, OTEEKWA OKUMALIRIZA KUBANGA KKAMPU ENO YA BULI MWAKA ERA NG'OMUKISA OGUYITA TEGUSOBOLA KUZZIKAWO OKUTUUSA OMWAKA OGUDDAKO.

1. *Kola ekipande ekijjuvu okugoberera entegeka z'aboogezi okuva ku ntandikwa y'okumulaba okutuusa ku kumaliriza okusomesa.*
2. *Wandiikira boosuubira okutendeka ebbaluwa ennyimpi okubafunako ebibakwatako wamu ne bye bayinza okubaako ne bye bongera mu pulogulaamu. Nnyonnyola mu bulambulukufu mawulire ki ge weetaaga n'ensonga egakwetaa-gisa.*



Ekitone ky'Okwenyigira mu Bikolebwa

- I. Okutendeka ng'osigira abalala obuvunaanyizibwa.
 - II. butya bwe tuyinza okufuna okwetabira awamu mu kubinja
 - A. Ebikozesebwa
 - B. Empisa n'okuyita mu mitendera
 - C. Entuula
 - D. Esswala
 - E. Emirimu gy'omuwoofiisi
 - F. Ebirala
 - III. Okwenyigira mu mirimu nga tukozesa obwongo.
 - A. Okwogerera mu ddakiika essatu
 - B. Omusomo ogw'okweyanjula mu ddakiika essatu.
 - C. Okusoma ekiwandiiko eky'omuntu omulala.
 - D. Okukwata obukusu ekintu kyonna mu kiseera ekimpi.
 - E. Okusaagasaaga ng'olina ekigendererwa.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onoomalirako essuula eno ojja kuba ng'osobola:

- Okulaba enjawulo wakati w'ebikolebwa omuntu omu n'ekibinja.
- Okulondera ebibinja ebintu eby'okukola.
- Okuteekawowmirimu egyetaagisa okussaamu amagezi.

I. Okwetendeka ng'osigira abalala eby'okukola

Emirundi emeka gye wali owulidde okwemulugunya nti “Abasomi bangi tebafunye mukisa kwetaba mu bya kukola!” Ennjombo, okugeza, nga ‘okwogera obwogezi okungi’, tekumala ‘kukozesa bantu kimala’ ”, zigenda zibeera ezettanirwa ennyo, ng’abantu abatono ennyo bebadukanya ensonga. Batikkibwa emirimu mingi, bakoowa era obusobozi bwabwe bugenda busereba mpola. Abantu bawulira ng’abeerabiddwa, teba-kozeseddwa bulungi era nga tebatuukiriddwa mu kusalawo. Ekintu kyeyongera kuba kizibu na kuba nga tekivaamu bibala, amaanyi gagenda gaseraba era obutali bumativu ne busaasaana. Abategesi abamu bawulira nga pulogulaamu ya kkampu kkubo luo kufukumula bigambo kuva mu kamwa k’aboogezi nga babiyiwa mu bwongo bw’abantu. Ekyo si ky’ekyo. Abakulembeze ng’abo bafirwa omukisa omunene ogw’okutendeka abantu nga babawa eby'okukola n’eb yokulabirako mu kiseera ky’essaawa entono ennyo ezoomugaso mu kkampu. Tebalaba nti abatenekwa balaba bye bakola n’endowooza zaabwe n’okusingako bwe balaba emimwa gy’abatendesi wamu n’abakulembeze baabwe. Boogera bwogezi tebassa mu nkola. Bakubiriza mpisa nnungi, nteekateeka, kwewaayo, kukwata budde, kisa, kusala ku nsaasaanya, busobozi, kuba na bukkiriza n’okwerekereza, naye ne balemwa okubiraga mu nneeyisa zaabwe. Ebintu bingi ebirema mu mugendo olwokuba nga twogera ebyo bye tutakola ate ne tukola bye tutayogera.

Essaawa entono ng’ate zaamugaso nga zaabu, zituwa omukisa okulaga okutendeka nga tuli kyakulabirako.

Etteeka ly’abategesi erya zaabu liteekwa kuba lya kusigira mirimu gyonna mu kkampu eri abagyenyigiddemu n’obutabaako kyebeerekera, buli lwe kiba kisobose. Kino kibasobozesa okutunuulira buli kintu era ne bajjuza amabanga amangu ddala nga galabisewo okuwa abatendekwa omukisa “okutendekerwa ku mulimu”. Okuyiga ng’oyita mu kukola kirungi nnyo era kiwangaala. Embeera eri mu kkampu eteekwa okuwa eky’okugikolerako ekyegombesa okugikolerako mu ndabika ne mu kinyusi. Mu bufunze, kkapu eteekwa okussibwawo ng’eky’okulabirako ky’ensi ensiraamu mu buli mbeera.

Omuntu omu ayinza okukiwakanya n’agamba nti kyangu nnyo era kirungi nnyo ekintu okukyekolera ggwe kennyini okusinga okusomesa omuntu omulala okukikukolera. Kino kibeera kituufu mu kiseera ekitono, naye mu kiseera ekiwanvu kisingako okusomesa abalala okukikola. Ekitali ekyo, oyinza okukomekkereza nga buli kimu okyekoledde kuba owulira ggwe osinga okukola obulungi. Tuteekwa okuba abagumiikiriza okukkiriza ebitatereezedwa na balala okutuusa lwe bayiga. Tulina okweyigiriza okugumira ensobi z’abalala.

II. Butya bwe tuyinza okutuukiriza Eky’okwetaba mu Bikolebwa

Oluvannyuma lw’okuwa obubaka mu lutuula oluggulawo, omukulembeze wa kkampu ateekwa okunnyonnyola emirimu egyenjawulo era agikwase abantu ba

ssekinnoomu. Emirimu gino gyongerwa obukiiko obulala obuba bwateereddwaho edda mu kkampu, okugeza okuteekateeka, ebyentambula, ebyendya, embalirira, abagenyi, ebyemizannyo, ebyokwerinda, gw'aweebwa okulabirira abaana, ebisanyusa, okupima olukunjaana nga bwe lubadde, n'ebirala ebiringa ebyo. Buli eyeetabye mu kkampu atekwa okubaako omulimu ogweyawudde:

A. Ebikozesebwa

1. Ebirango.
2. Ebyuma ebireeta ebbugumu n'empewo.
3. Ebisenge omusulwa.
4. Ebinaabiro.
5. Amataala,
6. Awasimbwa mmotoka.
7. Ebinnyogoga.

B. Empisa n'okutambilira ku nteekateeka

1. Obuyonjo n'okuteekateeka ekifo.
2. Entegeka y'engatto.
3. Ensu z'abantu n'ebiwunya.
4. Ebiseera n'okukwata obude.
5. Endabika y'omuntu.
6. Okuggyawo kasasiro.

C. Entuula

1. Entegeka y'okutuula.
2. Akatuuti.
3. Ebiwlirwa n'ebirabwa ku ntimbe.
4. Bakalabalaba olw'okuyamba abantu okubeera mu ltuula n'obutabeera wabweru mu nkuba.
5. Okutereeza olulimi (Oluwallabu n'oluzungu)
6. Eby'okusaaga n'ebisanyusa.
7. Okupima aboogezi.
8. Okupima bassentebe.
9. Okupima abeetabye mu lukunjaana.

D. Esswala

1. Okwaziina
2. Okulonda Baimaamu.
3. Okulonda aboogera oluvannyma lw'esswala.
4. Okuzuukuka.
5. Okulonda abasomi ba Kulaane.
6. Okusaba (Du'a)

E. Emirimu gya woofiisi

1. Okudda mu biwandiiko.
2. Okukuba tayipu.
3. Okugaba ebiwandiike.
4. Ebibuze n'ebirondeddwa.
5. Essimu.
6. Akatabo akakwata ku bigenze mu maaso mu lukunjaana.

F. Ebirala

1. Ebifaananyi.
2. Okwemulugunya.
3. Obuyambi obufuniddwa.
4. Obutebenkevu.
5. Okuwa amagezi okutwalira awamu.
6. Ebyobulamu.
7. Empuliziganya n'abeebwedu (abazadde, amawulire, n'ebirala)
8. Ebitabo (etterekero lyabyo)
9. Emidaala awatundibwa ebintu.
10. Fiqhi (ateekwa okutunuulira ensonga mu bugazi, atekwa okumanya endowooza ezenjawulo n'amasomero (amadhhabu) agendowooza ezenjawulo.

Buli mulimu guteekwa okuweebwa omuntu oba abantu, oba emirimu okukolebwa omuntu omu okusinziira ku nkula yaagwo n'omuwendo gw'abo abeetabye mu kkampu. Bayinza okukyusibwakyusibwa ng'olusirika bwe lugenda mu maaso. Okugabira abantu emirimu kuno tekusonyiyisa balala butakola mirimu gyabwe awatali kujjukizibwa. Era kijja kuyigiriza abatendekebwa engeri gye basobolamu obutayingirira buyinza bw'abantu balala nga tebayise mu makubo matuufu.

III. Okwenyigira mu bikolebwa nga tukozesa obwongo

Okwenyigira mu byamegezi kusobola okutuukibwako nga tuyita mu bino:

A. Okwogerera eddakiika essatu.

Kikolebwa na kugabanya bantu mu bibinja nga 15 mu misomo. Buli muntu aweebwa eddakiika ssatu okwogera kw'ekyo ky'awulira nti ky'ekisinga okuba eky'omugaso era ky'ayagala okubuulirako abalala. Akulira akakiiko k'oluntuula alonda omuntu avunaanyizibwa ku kupima ebiseera.

B. Omusomo ogw'eddakiika essatu ez'okweyanjula

Buli ali mu kutendekebwa ayogera ebimukwatako eri abantu mu musomo ogw'okweyanjula. Omugaso oguyinza okuva mu kino gwewuunyisa. Kino kiyamba mu kussa *aaya* eno mu nkola:

Abange mmwe abantu! Ddala Ffe twabatonda mu musaja n'omukazi ne tubafuula amawanga n'ebika mumanyagane. Ddala oyo abasinga ekitiibwa eri Katonda ye oyo abasinga okutya (Katonda). Ddala Katonda amanyi buli kimu, Mukenkufu nnyo. (49:13).

٤٩ ﴿يَأَيُّهَا النَّاسُ إِنَّا خَلَقْنَاكُمْ مِّنْ ذَرَّةٍ وَّأَنَّى
وَجَعَلْنَاكُمْ شَعْبًا وَّبَلَّلْنَاكُمْ...﴾ (سورة الحجّات)

C. Okusoma ekiwandiiko ky'omuntu omulala

Kino kigendererwamu kutendeka kusoma kiwandiiko mu kaseera akatono ng'akisomera abawulirirza. Oyo akisoma ateekwa okuba omwesigwa mu kutuusa ebirowoozo by'omuwandiisi nga tafuddeeyo ku kiki ky'abirowoozaako. Bw'aba ayagala okukwanaganya ebirowoozo bye, ateekwa okukikola obulungi. Singa omuwandiisi w'ali mu bawuliriza, naye aba ajja kufuna okutendekebwa okwamaanyi. Kiba kirungi okuwaayo omuwandiisi omukisa okwanukula ebiba bibuuziddwa mu ddakiika nga ssatu zokka.

D. Okukwatayo obukusu ekintu kyonna mu kiseera ekimpi

Okuwulirira ddala nti omuntu yeetabye mu bigenda mu maaso, kulagibwa na kukwatira awamu essuula oba hadiisi ezimu naddala nga ziri mu ngeri ya duwa.

Ekikwatibwa kiba kijja kusigala n'abatendekebwa okumala ebiseera eby'obulamu bwabwe byonna. Enkola eno ebawa okuwulira obulungi nti balina ke bazzeeyo nako eka. Kisobola okuba ekintu kye bajjukira ennyo mu bulamu bwabwe.

E. Okusaagasaaga ng'olina ekigendererwa


Kkampu eyinza okusalawo okutandika buli ltuula n'okusaagasaaga okulina ekigendererwa. Buli mulundi omusomi Owenjawulo ayinza okukyogera. Bwe baba bangi nnyo, okusaaga okw'emirundu ebiri buli ltuula kusobola okukolebwa, okumu ku ntandikwa n'okulala ku nkomerero. Kino kiba kijja kuzzaamu abali mu kkampu amaanyi. Omubaka, okusaasira n'emirembe bibeere ku ye, yatuyigiriza nti:

«رَوْحُوا الْقُلُوبَ سَاعَةً وَسَاعَةً، فَإِنَّ الْقُلُوبَ إِذَا كَلَّتْ عَمِيَّثٌ»

“Musanyuse emitima wakati w'essaawa, olwokuba emitima bwe gikoowa, gifuuka mizibe gy'amaaso.”¹



Okwegezaamu
mu
kwenyigiramu



Ssaawo okuvuganya “Ani ajjukira amannya g'abantu abasinga obungi abeetabye mu kkampu. Ekisumuluzo ky'okujukira amannya kwe kugawandiika mu mutwe gwo ng'ogafaananyiriza omuntu gw'omanyi ennyo!”

¹ Sunan al Daylami.

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Birungi ki ebiri mu kuwa obuvunaanyizibwa bw'okuddukanya kkampu abantu abalulimu? Bibi ki ebikirimu?
2. Biki by'olina okutunuulira ng'owa obuvunaanyizibwa abantu abasukka ku omu?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA OKUTEGEERA

OSABIDDWA OKUBA OMUKUBIRIZA WA PULOGULAAMU MU KKAMPU Y'ABAVUBUKA. BAAKUMALA SSANDE NNAMBA MU MIRIMU MU KITUNDU KY'EBYALO. EKITONO ENNYO, EKITUNDU KU BO BAJJA KUVA MU BIFO EBYAWALA ERA NGA TEBAMANYIDDWA MU BANTU BA MU KITUNDU NA BIKI EBIKOLEBWA MU LUSIRIKA. EKIBINJA KIJJA KUBA KYA BANTU 50 ATE ABATESITEESI N'ABOOGEZI BAJJA KUBA 15. EKIGENDERERWA KYOKYA KUTENDEKA BUKULEMBEZEE ABO ABEENYIGIDDE MU KKAMPU MU BYEWAABWE WAMU MU BITUNDU EBINENE KU MITENDEREGA EGYAWAGGULU.

1. *Wandiika b'osuubira okwenyigira mu musomo, ng'obannyonyola engeri gye banaafuna obumanyirivu okuva mu kwetaba mu kibinja.*
2. *Wandiika eby'okukola kkumi by'oyinza okuwa abantu bassekinnoomu mu kibinja. Teeka eby'okukola mu madaala gaabyo okusiniira ku ngeri gye biyinza okutuukirizaamu ebigendererwa by'okutendeke.*
3. *Bagayo engeri abantu gye baneyanjulamu. Saza ku bintu by'owullira nti by'ebinaasinga okuba ebyomugaso mu kibinja.*



Empisa z'Obusiraamu

-
- I. Enneeyisa eya buli lunaku
 - A. Empisa z'okutuusaamu amaloboozi
 - B. Empisa y'endabika.
 - C. Empisa z'okubeera mu kibiina.
 - D. Empisa z'okulya.
 - E. Empisa z'okwebaka.
 - F. Empisa z'okusaala.
 - G. Amateeka g'empisa okutwalira awamu.
 - II. Okwegatta kw'embeera ensiraamu.
 - I. Amateeka agafuga empisa.
-

EBIRUUBIRIRWA MU MUSOMO GUNO

W'onomonalirako essuula eno ojja kuba ng'osobola bino:

- Okutegeera empisa mu Busiraamu.
- Okulaba empisa z'Obusiraamu mu mbeera ezaabulijjo.
- Okumatira obumu bw'embeera mu mpisa z'Obusiraamu.

I. Enneeyisa eyaabulijjo

Omulamwa gw'Obusiraamu ze empisa. Obusiraamu bussa essira ku mpisa, nga buzitwalira waggulu nnyo okutuuka okuziteeka mu kitabo ekitukuvu ng'amateeka ga Allah. Ng'obungi bwa hadiisi ku nsonga eno bwe bulaga, Omubaka (S.A.W) yawaayo amaanyi ge mangi ng'asomesa Basswahaba be empisa empya. Empisa ezenjawulo zeyoleka bulijjo, empisa eba nneeyisa, buwangwa bwe, kutereeza era buntu bwe. Mu

bujjuvu bwazo bwonna, empisa ensiraamu zikwataganira wamu era ziraga ekifaananyi ky'Obusiraamu. Omubaka (S.A.W) ky'ekyali ekyokulabirako ekisinga mu bonne. Yagamba bw'ati:

اَدَّنِي رَبِّي فَاحْسِنْ اَدِيَّيْهِ

“Katonda wange yansomesa empisa ennungi, era yankuza bulungi”¹

Kkampu ensiraamu eteekwa okusomesa empisa z'Obusiraamu mu bantu baayo wamu n'okuyimirizaawo okuzissa mu nkola buli wantu era obudde bwonna. Empisa z'Obusiraamu ziteekululwamu nga zisinziira ku mitwe, oba mbeera ki gye zitunuulira.

A. Empisa z'okuwuliziganya n'abalala

1. Bulijjo beera n'akamwenyumwenyu era weewale okunyiribala.
2. Bulijjo yogera mpolampola; toleekaana.
3. Seka mpolampola; tobwatuka.
4. Yimirira, era osigale ng'oyimiridde singa omuntu gw'oyogera naye aba ayimiridde. Ekitali ekyo, musabe atuule wansi amangu ddala nga waakatuula.
5. Ggwe oba osooka okubuuza omuntu omulala n'ekiramuso kya ssalaamu aleikum okuggyako
 - (a) Ng'obadde otudde, ate ye ng'atambula ajja gy'oli ku bigere oba mu motoka, oba
 - (b) Nga muli bangi ate ye ng'ali omu.
6. Bwe bakutoolera ssalaamu, gyanukule yonna ogimaleyo ng'oli musanyufu mu ddoboozi erisembeza omuntu era eriraga nti omufuddeko.
7. Toyayuuya mu bantu. Ekyeyayuuyo bwe kijja, kisirise mu bwetooowaze oba bikka ku mimwa gyo ng'okozesa engalo zo. Bwe kijja n'amaanyi, kigoberezeeko ebigambo “Laa hawula wa laa kuwwata illa billaahi”.
8. Ekiseera kyonna beera ng'oteredde. Teweeweta oba okwesigama okuggyako ng'oli wekka.
9. Ssaayo omwoyo kw'ekyo kye bakugamba.
10. Bw'oba ng'oyogera n'omuntu gwe mufaanaganya kikula oba ye ng'ayogera naawe, mutunuulire mu maaso.
11. Singa omuntu gw'oli naye ayasimula n'agamba nti “Alhamdu lillaahi”, ddamu mangu nti, “Yarhamuka Llaahu (Allaahu akuwe omukisa).”
12. Fuba nga bw'osobola obuteeyogerako nnyo eri balala. Weewale okwogera ekintu ekibi ku muntu omulala ne bwe kiba nga ddala kituufu.
13. Yiga okwebaza gw'oyogera naye ebiseera byonna n'okumusabira emikisa gya Allah bwe muba munyumya.

B. Empisa y'endabika

1. Bulijjo na buli wamu beera muyonjo. Obuyonjo kitundu kya Bukkiriza. N'olw'ekyo, beera anaaba buli kaseera.
2. Enviiri zikuume nga nsale ate nga nnyimpi.

¹ Al Sam'aani, Adabu al Imla.

3. Enjala zo tozikkiriza kukula; buli lwakutaano ng'esswala y'ejjuma tennatuuka, zisaleko nga tezinatandika kukuŋjaanya bukyafu. Naaba engalo ne mu maaso, nyumunguza mu kamwa era osanirire enviiri emirundi egiwera olunaku.
4. Toyambala ngoye zikulippa, naddala empale zo.
5. Bw'oba otudde, amagulu go gagatte wamu n'emikono gyo ng'ogisembezza kumpi n'omubiri. Weewale nnyo okutambuzatambuza emikono gyo.
6. Weewale okunyinyibala mu maaso era weekuumu ng'oli mu ndabika ey'obutonde. Okulabika ng'omwenyamwenya ky'ekisingako.
7. Bw'oba otuuyana nnyo, kozesa akoomunkwawa oba akawoowo.

C. Empisa z'okubeera mu bikiina (ebisomerwamu)

1. Beera mu kifo kyo eddakiika emu oba bbiri ng'ekiseera ekiragaane tekinnatuuka. Bulijo weereeterenga akatabo ko akookuwandiikamu n'ekkalaamu.
2. Tuula bulungi era otunuulire omwogezi. Tewekkiriza kutunula awalala wonna ng'ayogera.
3. Omusomesa ng'ayogera, wuliriza bulungi era owandiike by'ayogera. Toyogera na muntu akuliraanye.
4. Tosazanga mu kwogera kw'omusomesa wo. Wanika omukono okumulaga nti oyagala kwogera. Bw'oba tofiiriddwako, awo manya nti ekyokwogera kwo tekyagaddwa. Ssa omukono wansi oyogere n'omusomesa ng'okusoma kuwedde.
5. Topapa singa obudde bw'oluntuula buweddeko. Weewale okusooka omusomesa okufuluma oba nga tannalaga nti oluntuula luwedde.
6. Tolya, tonywa oba okufuuyira sigala mu luntuula lwonna.
7. Bw'otokkiriziganya n'omusomesa, endowooza yo giwe mpola mu bukkakamu.

D. Empisa z'okulya

1. Nga tonnatuula kulya, naaba mu ngalo zo n'amaaso era onyumunguze ne mu kamwa.
2. Toba asooka okulya. Lindirira abalala basooke. Ebisenge ebituulwamu bwe biba tebimala, mwefunze n'akuliraanye mufunire aw'okutuula omuntu azze.
3. Tandikira ku kusoma *Bismillahi Rahmaani Rahiimi* mu ddoboozi eriwulikika.
4. Totwala kisukka ku ky'onaamalawo. Kiba kirungi nnyo okwetyongera, oba obutakkuta bulungi okusinga okuleka emmere ku ssowaane yo.
5. “Tomira bumizi”. Twala obudde ng'ogaaya.
6. Liisa omukono gwo ogwaddyo. Kino kitegeeza nti bw'oba oliisa wuuma gikwate n'omukono gwo ogwaddyo. Kozesa era obegese omukono gwo ogwaddyo.
7. Toyogera ng'emmere ejjudde mu kamwa.

8. B'oba otudde nabo bayambe. Bw'osituka okubaako ne ky'oggayyo, ba-buuze oba nabo oynza okubafunirayo.
9. Bw'oba tokakasa ani aweereddwa ekintu, tokikwatako. Omuntu bw'atwala kye babadde bakuwa, gezaako okufuna ekirala, naye tosaba akitutte okukikuddiza.
10. Bw'osooka abalala okumala okulya, balinde nabo bamalirize.
11. W'oliiridde kuumawo nga wayonjo, awalabika obulungi era awasikiriza okuliira. Bw'oba olina emmere gy'osudde awantu wonna, yimirizaamu okulya, giggyeewo era osiimuulewo.
12. Bulijo okulya kukomekkereze n'okusoma *alhamdu li Llaahi* mu ddoboozi eriwulikika.
13. Ng'omaze okulya, naaba mu ngalo onyumunguze ne mu kamwa.

E. Empisa z'Okwebaka

1. Weebake amangu nga sswala ya *Isha* yaakaggwa. Bw'oba olina okusoma oba okubaako ne ky'okola, genda mu kisenge awasomerwa okikole.
2. Zuukuka ku kwaziina okusooka olw'okuzuukusa era tokandaalirira mu buliri. Wakati w'okwaziina okusooka n'omulimu ogusooka, waliwo obudde bungi mw'osobola okukolera buli ky'oyagala; sso nga tosobola kukikola singa olinda okwaziina okusembayo. Soma edduwa zo ezookumakya.
3. Senya amannyo, onaabe era oyambale mangu.
4. Bulijo tuuka mangu ku sswala ya *fajri* nga *iqaamah* tennaba.
5. Singa oba n'ensonga yonna ekukeereya ku sswala ya *Fajri*, era genda ku muzikiti osaale esswala yo nga sswala ya *qada* (ey'okuliwa).

F. Empisa z'okusaala

1. Bulijo tuukanga ku muzikiti ng'esswala tennakimwa. Okutuukako ekikeerezi omulundi gumu gwokka mu wiiki kiba kinene nnyo.
2. Totwala ngatto mu muzikiti munda, wabula ziteeke wabweru mu nnyiriri entegeke obulungi. Bwe wabaawo ebifo ebyateekewawo okukuumiramu engatto, ziteeke mu kimu ku byo.
3. Ng'otuuse, noonya ekifo ekiri okumpi ne mimbali otuule wansi osome Kulaane mpolampola.
4. Tobaako na gw'oyogera naye ng'esswala tennaba oba mu kiseera ky'okusaala, wadde okusirisa obusirisa omuntu ayogera. Omuntu mutegeeze ku nneeyisa y'eyo embi, nga sswala ewedde ate wabweru wa muzikiti.
5. Singa waliwo Kulaane esomwa mu ddoboozi eriwulirwa, yimirira oba tuula wamu owulirize. Toyogera oba okutambulatambula.
6. Yimirira mu sswala ng'oyawudde ebigure, ng'ebigure wamu n'ebibegabega biri kumpi n'omuntu akuliraanye, mu nnyiriri entereevu obulungi.
7. Tosookanga Imaamu kukola kintu kyonna, wabula mugoberere ng'okirabira ku kugamba kwe nti *Allaahu akbaru* n'ebirala. *Ssalaamu* ekomekke-

reza esswala yo gitole nga Imaamu amalirizza eyiye mu bujuvu, sso si kitundu kyayo.

8. Weewale okulannama ng'otunudde mu Kibula. Bw'oba tosobola kutuula ng'ogombaganyizza amagulu go okumala akaseera, galannamye ng'ogatunuzza wabbali, oba tuula ng'ofukamidde ku maviivi n'ebisinziiro olw'okuyusaako.
9. Ng'oli mu sswala, eddoboozi lyo likuumire wansi nga n'akuliraanye tasobola kuliwulira.
10. Mu kiseera kya Kutuba y'e Jjuma, toyogeranga, toyayuuya, oba okutambulatambula wadde okuseka yadde nga Imaamu ayogedde ekisesa; mwe-nya bumwenya.

G. Amateeka g'empisa okutwalira awamu

1. Okukwata obudde mu bulamu obw'ekisiraamu kikulu nnyo ng'okutuukiriza emirimu gy'eddiini n'empisa ennungi. Kino kisaana okukkaatirizibwa ku Basiraamu mu nsi yonna abamanyiddwa n'omuze ogw'okugayaalirira ekintu kino ekyomugaso mu Busiraamu. Bw'oba n'omuze guno ogw'okukeerewa, essaawa yo gisseeko wansi okusobola okugulwanyisa.

Toyinza kukyebeera okumenyawo omuze guno ogutali gwa Busiraamu era ogutasaana. Mu kkampu y'ekisiraamu era mu mugendo gw'Obusiraamu, buli mme-mba oba omukozi ateeckwa okuba ng'afaayo era nga mujjumbize mu ngeri gy'akoze-saamu obudde. Ka gube mulimu ki, Abasiraamu bateekwa okugoberera ebiseera byagwo ebituufu. Obulamu bulina ekigendererwa buli kadde. N'olw'ekyo, ekiseera bwe kiba kya kulya oba kusaala, mizannya oba kuyiga, ateeckwa okubaawo, si mu budde kyokka, wabula nga tebunnatuuka. Okulemwa okutandika by'okola mu budde, kuba kulemererwa mu Busiraamu bwo, mu Bukkiriza bwo.

2. Okuba omwetegefu okugaba obuyambi kikolwa kya Busiraamu ekyettendo. Omusiraamu bulijjo abeera mwetegefu okuyamba Abasiraamu abalala abali mu bwetaavu. Talinda kumala kumusaba okusobola okubayamba. Bulijjo aba anoonya embeera mw'ayinza okuweera obuyambi bwe. Mu kukola obulungi (*al ma'ruuf*), oba okuyimiriza oba okuziyiza emize emibi (*al munkar*), Omusiraamu ebiseera ebimu ateekeddwa n'okuba omukambwe. Obwetegefu buno okubuukira embeera yonna okusobola okuyamba bantu banne ky'ekisinga okubeera ekyawaggulu, era ekisinga ekitiibwa mu kulaga *imaani*.

Mu kkampu y'Obusiraamu, *imaani* ya mmemba epimirwa ku *ihsaani* y'erabika, okukola kwe obulungi obudde bwonna. Bw'ayingira mu kifo awatuulwa n'asanga ng'emmeeza eddugala, agisiimuulako. Entebe bwe ziba tezitegekeddwa bulungi, azitegeka bulungi. Olubaawo bwe luba lujjuddeko ebigambo, alusiimuulako n'alufuula nga lusobola okukozesebw. Mu kinaabiro, awakolerwa ebyadduyiro, awaliirwa, mu kisaawe ky'emizannya, omuzikiti, awatambulirwa – wonna, Omusiraamu y'asooka okutereeza ekitateredde. Omulimu bwe guba gwetaaga bannakyewa, y'asooka okuvaayo okwenyigiram. Olwo Omusiraamu n'aba ng'asaanira Omubaka we (S.A.W) eyaga-

mba nti: "... n'entandikwa ya *ihsaani* kwe kuggya eky'obulabe mu kkubo lya bona." (Bayhaqi).

3. Okulaga omukwano kakwakkulizo ka *falaah*. Omusiraamu afuba nnyo nga bw'asobola okulaga omukwano, ayagalika, akwanika ate yeesigika. Akamwenyumwenyu akatamuva ku maaso, ke kabonero akalaga omukwano ogumuli mu mutima eri Abasiraamu abalala. Bwe boogera, awuliriza; bwe bakaaba akaabira wamu nabo; bwe baba mu mbeera ennungi abeegattako mu ssanyu lyabwe. Aba mugabi, mulungi era bulijjo afaayo eri okubeera kwabwe obulungi. Mumalirivu nnyo okulaba nga bali bulungi era ng'ekyo akigenderako nnyo okulaba nga kituukirira nga ye kennyini yeenyigiddemu nga tayinza kugambibwa nti talina waagwa singa ebikwata ku bulungi bwabwe biba bizze. Bw'aba talina w'agwa aliyinza atya okuba ateeakawo obulabe, eyeesambibwa, alina obukyayi, anyooma, era atafaayo? Omusiraamu akolera ku biragiro bya Omuronzi we (S.W.T.) gy'ali nga naye alaga ekisa eri ebitonde byonna naddala eri abantu.

4. Okuba n'essuubi ly'etteeka erisinga okuba eryawaggulu mu mpisa z'Obusiraamu. Obusiraamu butegeeza kumatira nti Allah (S.W.T.) waakisa era Musaasizi, era atwagaliza kuba bulungi. Yeekakasaako okuba Omusaasizi gyetuli (6:12,54) okuwa *mu'munuuna* (Abakkiriza) obuwanguzi ku balabe baabwe (22:40), n'okutwalira awamu obutabaako gw'alumya (4:39, 10:44). Ensi eno kisaawe kye. Tesobola kuba mbi wadde ebigivaamu okuba ebibi. Awatali kubuuabuusa, ensi kibangirizi kyakukoleramu, okugezesza okutya kwaffe n'empisa zaffe. Naye kifo nga mu kyo obulungi mwe bujja okubeerera waggulu. Ekyo kiri kityo kubanga Allah (S.W.T.) mu butuufu ye Allah, era tewali mulala atali Ye.

Endowooza ky'etegeeza eri Omusiraamu kwe kwekakasa, okwekkiririzaamu, n'okuba n'obwesige nti by'alafuubanamu birina omugaso; nti Allah ajja kumusasula n'empeera ennyingi mu nsi muno ne mu nsi eddako. N'olw'ekyo Omusiraamu aba ajja kwagazisa era asikirize buli amwetoolodde okuba n'okwekakasa bwe kutyo. Okubuulirira kwe kuba tekujja kubeera kwa kulaga biseera bya mu maaso ebibi na kumalamu ssuubi. Endaba ye ey'ebintu etekyukakyuka ku bintu byonna eri nti byonna birungi era bijja kusingawo obulungi. Omukisa bwe gujja gy'ali, ayogera n'omutima gwonna, n'ebirowoozo bye naye yenna nti:

Amatendo n'okwebaza bya Allah. Allah Munene.

الْحَمْدُ لِلّٰهِ ، وَاللّٰهُ أَكْبَرُ

Ekibi bwe kijja, ayogera n'alowooza era n'akkiriza nti:

Ddala ffenna tuliwo lwa Allah, era gy'ali fenna gye tujja okudda.

إِنَّ اللّٰهَ وَإِنَّا إِلَيْهِ رَاجِعُونَ

Era nti:

Teri alina buyinza wadde amaanyi okuggyako nga biva eri Allah.

لَا حَوْلَ وَلَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللّٰهِ

Bw'amala n'adda ku mulimu gwe omulala. Amagezi ga Nnabbi (SAW) gamubeera ku mutwe nti:

«إِنْ قَاتَّ السَّاعَةُ وَيَدِ أَخِدْكُمْ فَسِيلَةٌ أَنْ يَغْرِسَهَا فَلَيَغْرِسُنَاهَا»

“Essaawa y’okuzuukira bw’ejjanga n’esanga omuntu mu mmwe ng’alina endokwa y’omuti mu mukono n’asonola okugisimba, agendenga mu maaso n’okugisimba.”²

II. Obumu bw’enkola y’Obusiraamu

Amateeka g’enneeyisa gano getulabye, bwe gajjuulirizibwa okuyimirizaawo esswala ettaano, okusiiba omwezi gwa Lamanzaane, okuwa zzaka ne saddaaka, amateeka ga Sari’ah, era nga galunjamiziddwa n’obukkiriza mu *tawuhidi* n’ebigigenderako, bikola embeera y’obulamu eyenjawulo. Embeera eno ekunjaanya ebintu byonna, ng’obusiraamu, era ekwata ku buli kantu konna ak’obulamu. Omusiraamu omujumbize ye muntu assa mu nkola embeera y’Obusiraamu, olw’ensonga nti embeera eno y’eraga obujumbize bwe.

Eky’okutandikirako, Omusiraamu tagwirana na misono gy’Abazungu, ng’akyusa kabada ye buli musono oguliwo lwe gukyuka. Buli ky’ayambala, akikola nga kiri ku mutindo ate nga kimuveesa ekitiibwa. Engoye ze teziba zaakapati, eziraga nga bwe yakula, naye ziba zimala, nga zimuwa eddembe mu kutambula era nga ziraga ky’ali ku mubiri ne ku maaso nga bituukana ne by’ayogera. Ekisinga mu byonna, engoye ze tezibaamu bbala lyonna, ate nga nnyonjo era nga zigoloddwa bulungi. Mu ngeri y’emu n’enviiri ze oba enkoffiira ye bwe biba, enjala ze bulijjo ziba nsale, engatto ze nga zinyirira n’obuguwa bwazo nga busibe. Bw’aba alina ekirevu oba n’amasuulubu, bulijjo biba bifibwako ate nga biyonjo. Naddala yeegendereza obutabikyafuwaza na mmere ng’alya oba n’eb yokunywa, era abirongoosezaawo amangu ddala nga wabaddewo ekibituuseeko.


Omusiraamu omujumbize ajja kussa mu nkola ebiragiro byonna ebyogeddwako mu kitundu ekiyise. Amangu ago, omuntu amanya obujumbize bwe olw’okuba alaga bw’ategeera Allah (S.W.T.) olubeerera, ekigendererwa kye, okumwenya kwe okw’obumativu ku buli Allah (S.W.T.) ky’amulagira, obwesige bwe obujjudde essuubi mu kigendererwa kye ekitukuvu, n’obumalirivu bw’alina okugenda mu maaso bulijjo okulaba nti kituukirizibwa. Oba omuntu amusanze awuliriza oba ayogera, alya, anywa oba asiibye, akola oba awummudde, ajja oba agenda, wabaawo ekkubo ery’ekisiraamu ery’okubikolamu byonna era agendera ku nkola eyo okutuusa lw’akituukiriza. Waliwo enkola gy’atambulirako n’ekigendererwa mu bulamu bwe nga mw’otwalidde n’obulungi mu ndabika n’empisa. Omuntu yenna asobola okumanya nti agwa mu mutendera gw’abantu abaawaggulu: Musiraamu owannamaddala atambulira ku Busiraamu.

² Musnad Ahmad b. Hanbal.

III. Amateeka Agafuga Enneeyisa Ennungi

Enneeyisa etambulira ku mpisa ennungi y'eraga enkula ya *da'iyah*. Gwe mutindo abantu kwe bapimira omukulembeze era, oluvannyuma lwa byonna, ly'ekkubo lyokka ly'ayinza okufuniramu abantu okumukkirizaamu nti asobola okubakulembera. Enneeyisa ennungi erimu ebintu bingi, naye ebikulu ennyo biyinza okufunzibwa mu bintu bitaano ebiragiddwa wammanga:

E = Enneeyisa Ennungi.



Etteeka	Okulinnyonnyola	Ensibuko yaalyo mu Hadiisi
WA EKITIIBWA OBWETWAZE	Kitwalibwa nti abantu balina eddembe ly'okusalawo engeri gye bawangaalamu obulamu bwabwe, ebbanga lye bamala nga bye bakola tebiyingirira bulungi bwa balala. N'olw'ekyo, omuntu waddembe okukola ng'alina eddembe ly'okulo-wooga n'okusalawo.	«مِنْ حُسْنِ إِسْلَامِ الْمُرْءِ تُرْكَةٌ مَا لَا يَعْتَدُهُ» “Ekiraga Obusiraamu bw'omuntu obulungi, kwe kuleka ebitamukwatako” (Sunan Al Tirmidhi).
TOLUMYA	Etteeka ly'okwewala okulumya omuntu omulala ka kibe ku mubiri ova mu mwoyo n'okwewala ebikolwa ebiyinza okulumya abalala mpisa yaawaggulu esookerwako.	«لَا ضَرَرَ وَلَا ضَرَارٌ» Tewabangawo okulumya wadde okuddiza mu kulumya. (Sunan Ibin Maajah).
BEERA WAAMUGASO ERI ABALALA	Waliwo etteeka ly'okukulaakulanya n'okutwala mu maaso embeera ennungi mu bantu abalala newankubadde enkulaakulanya eyo eyinza okukosa ova okukugira ku ddembe ly'abantu abawaayo obuyambi obwo.	«مَنْ فَرَّجَ عَنْ مُسْلِمٍ كُرْبَةً مِنْ كُرْبَ الدُّنْيَا، فَرَّجَ اللَّهُ عَنْهُ كُرْبَةً مِنْ كُرْبَ قَوْمٍ الْقِيَامَةِ» Oyo yenna aggyirawo Omusiraamu ekirumya mu birumya ebiri ku nsi, Allah ajja kumuggyirawo ekirumya mu birumya by'okulunaku lw'okuzuukira.” (Ibin Maajah).
BEERA MWENKANYA	Okuba omwenkanya mu kukolagana n'abalala kitegeesa kuyisa kyenkanyi abantu bona, nga buli omu aweebwa ky'alina okufuna, era, okutwalira awamu, okuyimirizaawo Etteeka Amakula (“Obwesimbu y'enkola esinga obulungi.”)	«لَا يُؤْمِنُ أَحَدُكُمْ حَتَّىٰ يُحِبَّ لِأَخِيهِ مَا يُحِبُّ لِنَفْسِهِ» Omuntu mummwe tayinza kubeera mukkiriza (owannamaddala) okutuusa lw'ayagaliza muganda we ekkyo naye kye yeeyagaliza. [Bukhaari ne Muslim].
BEERA WAAMAZIMA	Omuntu atekwa okutuukiriza ebrisubizo, okwogera amazima, okuba omuwulize, n'oku-kuumaa ekitiibwa n'obugunjufu mu bulamu bwe. Okukuma amazima kyokka y'engeri gye tuyinza okusuubira okulabwa ng'abantu abaa-mazima.	«الْمُسْلِمُ أَخْوَ الْمُسْلِمِ لَا يَظْلِمُهُ وَلَا يَخْذُلُهُ» “Omusiraamu muganda wa Musiraamu munne: tamulyazaamaanya era tamwabulira ...” [Muslim].

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Mbeera ki z'otalina kuba nti ggwe osooka okutoolera omuntu ssalaamu?
 2. Lwaki okubeera n'essuubi kitundu kya mpisa z'Abasiraamu?
-

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA MU KUTEGEERA

GGWE OBUVUNAANYIZIBWA KU KIBINJA KY'ABANTU ABALI MU KKAMPU Y'ABAVUBUKA ABASIRAAMU OLWA BAMMEMBA ABA-TABANGAKO MU MBEERA BW'ETYO. EKIGENDERERWA KYA KKAMPU KWE KUSIKIRIZA BMMEMBA OKUKOMAWO MU KKAMPU EZINADDIRIRA N'OKUBAAGAZISA OKUYINGIZA ABANTU ABALALA MU KKAMPU EZOOMUMAASO. ABAZADDE BANGI N'ABA-KULEMBEZE B'OKUBYALO SI Bamativu BULUNGI KU MUGASO GWA KKAMPU ENO N'OKUBA NTI EJJA KUGASA ABANAAGYETABAMU OMULUNDI GWABWE OGUSOOKA. OMUKISA GWOKKA GW'OLINA OKUFUNA OBWAGIZI BWABWE GULI MU NGERI KKAMPU ENO GY'ENAAGANYULAMU ABANAA-GYENYIGIRAMU.

1. *Wandiika by'ogenda okwogera eri abantu b'otwala ng'obalaga ng'okussa mu nkola empisa z'Obusiraamu bwe kiyinza okuleetera buli omu essanyu mu kkampu. Tolandagga, beera ku nsonga.*
2. *Kola olukalala lwa mpisa z'Obusiraamu ttaano z'osuubira okussa mu nkola n'engeri gy'ogenda okukikola. Kola olukalala lw'empisa z'Obusiraamu z'owullira nti tojja kusobola kuzissa mu nkola owe n'ensonga.*
3. *Wandiikira abazadde n'abakulembeze boomikitundu ng'obalaga engeri kkampu gy'etuttemu mu maaso empisa z'abeetabamu na butya bwe bayinza okuyambamu okuteeka mu nkola ekituukiddwako.*



Okupima Ebituukiddwako mu Kkampu

-
- I. Okupima mu kiseera kya kkampu egenda mu maaso
 - II. Okulondoola okukolebwa oluvannyuma lwa kkampu.
 - III. Foomu ez'okulabirako mu kupima
 - A. Okupima abeetaryemu.
 - B. Okupima ebibadde mu kkampu - kwonna.
 - C. Okupima pulogulaamu y'okutendeka mu bukulembeze yonna.
-

EBIRUUBIRIRWA BY'OMUSOMO GUNO

W'onominalirako essuula eno, ojja kuba ng'osobola bino:

- Okulaba engeri okupima gye kuyambamu okuddukanya kkampu.
- Okulondayo amakubo agasaana agayinza okuyitibwamu okupima ebibadde mu kkampu.
- Okukozesa foomu z'okupima okusobola okufuna amawulire g'oyagala.

I. Okupima mu kiseera nga kkampu egenda mu maaso

Nga pulogulaamu ya kkampu egenda mu maaso, tulina okufuula okugipima ng'ekimu ku bintu ebya buli lunaku mu kugiddukanya. Ekkubo eddungi be bategesi okusisinkananga buli kiro okumala essaawa emu oba okusingawo okulaba amakubo g'okugololeramu ensobi zonna eziba zizuse n'okuzitangira okuddamu okuzuuka. Enkyukakyuka yonna eba ekkiriziganyiziddwako erina okutegeeezbwako bonna be kikwatako era n'essibwa mu nkola olunaku olunaddako. Tuyinza okuteekawo ebibinja ebyenjawulo okupima pulogulaamu, enteekateeka y'ekifo, enkola y'abeetaryemu n'ebirala. Tulina okukubiriza abakulembera ebibinja okufuna ebirowoozo okuva mu

bammemba wamu n'okubalaga ebizibu mu ngeri y'okubeebuzaako n'okubaggyamu engeri y'okubinogera eddagala. Okwongereza kw'ebyo, tulina n'okukola okupima okwawamu mu kkampu okuyambako mu kweteekerateekera kkampu eziddako.

II. Okulondoola Okukolebwa nga Kkampu Ewedde

Kkampu z'abavubuka Abasiraamu zikola kyamaanyi okwagazisa abavubuka Abasiraamu wamu n'abantu abakulu abeetabyemu. Embeera ya kkampu ebasikiriza, ne bye bafuna mu kkampu eby'okussa Obusiraamu mu nkola, n'okuwangaala ng'abasiraamu mu biseera bya kkampu bibazzaamu nnyo amaanyi, okwo ssaako n'ebirowoozo by'okuba nga bajja kutegeka emirimu gy'Obusiraamu mu bitundu byabwe.

Okupima okukolebwa nga kkampu ewedde kwamugaso nnyo okusobola okwekenneanya kkampu oba etuukirizza ebigendererwa byayo. Ekipimo ekituu fu eky'ebituukiddwako mu pulogulaamu yonna kwe kulaba abagyetaryemu bye basobola okukuuma n'okusigala nga bassa mu nkola nga bazze eka okuva mu ebyo bye baba baayize nga bali mu kkampu. Bwe tutyo, tulina okupima enkyukakyuka mu ndowooza y'abeetabyemu, n'enneyisa n'encola yaabwe emyezi esatu nga kkampu ewedde. Kino kisobola okukolebwa nga tuyita mu kugaba empapula eziriko ebibuzzo, okunoonyereza, n'obukodyo obulala nga biweebwa abeenyigidde mu lusirika wamu n'ababatwala.

Era twetaaga okubalondoola mu biseera ebigere wamu n'okubawa ebyetaagisa mu kubayamba n'ebikozesebla mu kusoma okubayamba okusigala nga bakolera ku Busiraamu. Kalonda akwata ku beetabyemu, ebiwandiiko, aboogezi n'ebirala byamugaso nnyo mu kukola okusalawo okutuufu mu kwetegekera kkampu empya. Okugeza, etterenero ly'ebikwata ku bantu lituyamba okusobola okulaba amasomo agatasomeseddwa mu kkampu ezeemabega oba abantu bassekinnoomu abeetaga okwongera okubangulwa mu bintu ebyenjawulo.

III. Ffoomu Ezookulabirako mu Kupima

Okupima kulina okubeera mu miwendo n'omutindo. Olukiiko olwa bona nga luwa buli omu omukisa okukubaganya ebirowoozo lwamugaso nnyo mu kupima omutindo. Okupima omuwendo kisinga kukolebwa bulungi nga kuyita mu kugaba empapula okuli ebibuzzo, oba okunoonyereza okwetaaga okwanukula mu bigambo ebitono ebibuzzo ebyenjawulo ebiba bikooneddwako. Ezimu ku ffoomu ezookulabirako ze zino:

A. Okupima abeetabyemu

Ddamu buli kibuzzo ng'owa eddaala empisa eragiddwa ku kipimo okuva ku 1 – 5 (5 ly'eddaala erisinga okwetaagibwa mu mpisa eziragiddwa). Ssa enkulungo ku ddaala ly'olonzeewo.

Ebyokuddamu bikwatagana n'omuntu apimibwa oba embeera eyaawakati mu kibinja singa omuwendo gw'abeetabyemu guba gupimibwa ng'ekibinja.

Omuntu eyeetaba, oba ekibinja ky'abeetaba mu kkampu yali:

Assaayo omwoyo?	1	2	3	4	5
Musirise?	1	2	3	4	5
Akwata ebiseera?	1	2	3	4	5
Alabika bulungi?	1	2	3	4	5
Muwulize eri ssentebe?	1	2	3	4	5

Eyeetaba (oba abeetaba) mu kkampu yali:

Atuula mu ntuula nnungi?	1	2	3	4	5
Yeewala okuwaanyisiganya ebigambo?	1	2	3	4	5
Yeewala ebitabulatabula?	1	2	3	4	5
Akuuma bulungi ekifo?	1	2	3	4	5

Eyeetaba, oba ekibinja ky'abeetaba, mu kkampu
yalaga embeera zino ku byasomesebwa?

Okutegeera?	1	2	3	4	5
Omutindo gw'ebibuzo n'ebayoyerwangako?	1	2	3	4	5
Okutegeka ebibuzo n'ebayoyerwangako?	1	2	3	4	5
Ebibuzo okubeera ku mulamwa/ebiboyerwako?	1	2	3	4	5
Abantu abatono okwefuga okukubaganya ebirowoozo?	1	2	3	4	5
Okukolera awamu	1	2	3	4	5

B. Okupima ebibadde mu kkampu - kwonna

1. Enteekateeka yabadde nnungi mu kukwongera okumanya Obusiraamu?

[] Yee [] Nedda.

2. Ansa yo ku kibuuzo ekisooka bw'eba Nedda, kebera ensonga zo:

- Kkampu yajjudde nnyo [] Yee [] Nedda
- Aboogezi vabadde tebasobola [] Yee [] Nedda
- Embeera y'ekifo teyabadde nnungi [] Yee [] Nedda
- Pulogulaamu yabadde mpanvu nnyo [] Yee [] Nedda

3. Okusobozesa pulogulaamu eno okuba ennywevu, weetaaga okwongera:

- Emisomo [] Yee [] Nedda
- Emisomo eg yokukolera awamu [] Yee [] Nedda
- Entuula z'ebibuzo n'ebokuddamu [] Yee [] Nedda.
- Eby'okwesanyusa [] Yee [] Nedda
- Ebiseera by'okuwummulamu [] Yee [] Nedda

Ekitundu 5

4. Olowooza pulogulaamu eneefuula omuntu
ali obulungi okusinga kati? [] Yee [] Nedda
5. Eswala zonna wazisaalira mu jjama? [] Yee [] Nedda
6. Oba nedda, kiki ekyakugaana?
 - Bugayaavu [] Yee [] Nedda
 - Si kyamugaso [] Yee [] Nedda
 - Kuba na kyakukola [] Yee [] Nedda
 - Butaba na biseera bimala kufuna wuzu [] Yee [] Nedda
7. Wayambako abalala mu kusaalira
mu biseera? [] Yee [] Nedda
8. Ebyokusula byali:
[] bimala [] biyonjo
[] tebimala.
9. Omutindo gw'emmere gwali:
[] mulungi nnyo
[] gumala [] mubi
10. Obungi bw'emmere bwali:
[] nnyingi nnyo
[] emala
[] ntono nnyo.
11. Ng'embeera y'obulamu nsinga kwagala [] waka
12. Abakwanaganya ba pulogulaamu baali
bayamba? [] mu kirabo kya mmere
[] Yee [] Nedda.
13. Singa ggwe wali omutesiteesi, kiki kye wandikoze ekyenjawulo?

14. Waayo entuula/ emisomo/ emisomo egy'okukolera awamu 5 bye walimu
ebyasinga okuba ebirungi.
15. Basomesa ki abasatu abasinga (kwe kugamba, okuyigiriza n'okunyumisa).

16. Ebirowoozo ebirala _____

B. Okupima pulogulaamu y'okutendeka mu bukulembeze yonna

1. Erinnya lyo, engeri gy'ofunikamu n'essimu yo / zo

2. Lwaki wajja mu pulogulaamu y'okutendeka mu bukulembeze?

3. Pulogulaamu y'okutendeka mu bukulembeze yakuyambye okutuukiriza ebigerendererwa ebyakuleeta? Oba si kyo, wa we yalemwa?
-
-

4. Olowooza omulamwa gwa pulogulaamu kyali kiki?
-

5. Kintu ki kye wasinga okuganyulwamu ennyo?
-

6. Kiki ekyasinga obutakusanyusa mu pulogulaamu y'okutendeka mu bukulembeze?
-

7. Enteekateeka y'ebintu yali etya okutwalira awamu? (Ekyokulabirako, okulya, okutuula, okwebaka, okugabanyamu ebibinja n'ebirala).

[] kyali tekisuubirwa [] nga bwe kyasuubirwa

[] kibi nnyo okusinga ekyasuubirwa.

- Ekintu ekyasinga obulungi _____

- Ekintu ekyasinga obubi _____

8. Ngeri ki gy'olaba omutindo gw'ebayoyerwa?

[] gwali gwawaggulu nnyo

[] gwawansi nnyo

[] gumala bumazi.

9. Olina ky'oyizeeyo okuva mu pulogulaamu y'okutendeka

mu bukulembeze [] Yee [] Nedda.

Oba Yee, wandiikayo ebintu ebyomugaso bisatu (3)

(a) _____

(b) _____

(c) _____

10. Otegedde bulungi ebigerendererwa bya pulogulaamu y'okutendeka mu bukulembeze? [] Yee [] Nedda.

11. Olinayo ebirowoozo ebiyinza okwongera amaanyi mu pulogulaamu y'okutendeka mu bukulembeze?
-
-
-

EBIBUUZO EBY'OKUKUBAGANYAAKO EBIROWOOZO

1. Okupima kuno kukuyamba kutya okuddukanya kkampu ennungi?
2. Kintu ki ekisinga okuba ekikulu ky'oteekwa okunoonya mu kupima oluvannyuma lwa kkampu?

OKWEGEZAAMU OKUYAMBA KU KUTEGEERA

NGA SSENTEBE W'AKAKII-KO AKAFUGA KKAMPU Y'ABA-VUBUKA, OYAGALA KUTEGEKA-WO KKAMPU ENNYWEVU MU KISEERA KINO N'EKIJJA. NAYE OLWOKUBA ABASINGA OBUNGI KU BAGYETABYEMU BAPYA, TEBASALAWO OKUKUWA EKI-FAANANYI NGA BAKULABA MAASO KU MAASO. ERA, TEBAMANYI KYAKUSUUBIRA. AKAKII-KO KAKUSABYE ALIPOOTA. TE-BABADDE MU KKAMPU, NAYE BALINA OMUTINDO GWE BAA-GALA.

1. *Wandiika by'oteekwa okukola, mu kiseera ki era ani anaabeeramu okukukunyaaanyizaako ebyokussa mu alipoota yo.*
2. *Weewandiikireyo akantu k'onoo-kozesu ng'akakuyamba okunnyonyola abaneetaba mu kkampu engeri n'ensonga lwaki balina okujuza ffoomu z'ogenda okugaba.*
3. *Salawo ffoomu ki z'ogenda okuko-zesa singa obudde bw'olina buku-mala kukozesaako bbiri zokka.*

Okuwumbawumba

Wali obadde awo ne weebuuza lwaki eddiini eyettendo eno esobola okuba n'abagoberezi abaawansi bwe bati? Tuyinza tutya okunnyonnyola olukonko luno olunene wakati w'Obusiraamu n'Omusiraamu? Waliwo ekikyamu.

Mu butuufu, obuzibu buli mu babaka – ffe – wabula si bubaka. Kiva ku butasoma bwaffe n'entegeera gye tutegeeramu eddiini yaffe. Obusobozi bwonna n'amaanyi weebiri.

“... sso ng'ekitiibwa kya Katonda ne Omubaka we n'Abakkiriza naye Abanna-nfuusi tebamanyi. (63:8).

... وَلِلَّهِ الْمُرْسَلُونَ وَالْمُؤْمِنُونَ
وَلِكُنَّ الْمُتَوَقِّيُّونَ لَا يَمْلَأُونَ سُورَةَ الْفَاقْدُونَ

Naye gano maanyi agasoboka okuganyulwamu. Twetaaga okugatwala mu maanyi agatambula agayinza okukyusa embeera zonna (ez'abantu n'ebifo). Ekitabo kino kigenderera okuleetawo amaanyi ag'obusobozi agoomunda nga kigatwala eri okuyimirizaawo okuzuukuka okwetaagibwa. Ebijiiko bya sukaali bitaano mu kikopo kya caayi tebijja kumuwoomya, sso ng'ate bw'omutabula ofuna obuwoomi. Ekitabo kino kye “ekitabuzi” Allah bw'anaaba ayagadde.

Oluvannuma lw'okutegeera ekitabo kino, bw'oba osobola okweraba nga “omuyima” ateereddwa ku nsi okulowooza n'okuteekateeka engeri gy'oynza okusiramulamu embeera y'ensi, n'okwongera ku bikwetoolodde, ekitabo kiba kifunye ekignererwa kyakyo. Kifunza ebiseera ebyetaagibwa okufuna emisomo okuva ku myaka 10, okutuuka ku mwezi oba omwaka okutwala ewala.

Ekitabo kigezaako kukuvuga nga kikuyisa mu nteekateeka y'obuntuntu obwangu obukolebwa n'obutakolebwa, okukuwa essuubi okutegeera kalonda wa Da'awah ayigibwa n'omuzaale mu kyasa kino. Wadde abamu bayinza okuwakana nga bagamba nti obukulembeze kitone kizaale ekisikirwa, tukkiriza nti ekitundu kinene ku kyo kisobola okufunibwa. Ekitabo kino kigezaako okujuza omuwaatwa nga kiraga engeri gye tuyigamu kiki ekyetaagisa okuba omukulembeze ku ddaala ly'omuntu ssekinnamu n'eddaala erya bona. Tulina okwekkirizaamu nti, nga Allah (S.W.T) akkirizza, singa ekitabo kitegeerwa kyonna ne kissibwa mu nkola, ekitono ennyo okubuuka okutuuka ku bitundu 50% kujja kufunibwa mu bibala n'engeri Obusiraamu gye butuukirizaamu emirimu gyabwo. Okuganyulwa okwo kujja kweyolekera mu bintu ng'ebirowoozo, okuwuliziganya, ensirika, enkunjaana n'enkiiko. Ekitabo kino kyegattiddwako obutabo omuli eby'okukola okugonza omulimu gw'oku-somesa essuula ezenjawulo. Obutabo bw'ebi'okukola tebuteereddwa mu kitabo kino.

Ekitabo kino tetukitwala nti ky'ekisembayo, wabula tukitwala ng'ekisumuluzo ky'omulyango gw'okwongera amaanyi mu ntambula n'okulongosa empisa okuva omuntu lw'azaalibwa okutuusa lw'afa.

Tusaba nti Allah (S.W.T.) ajja kukuluñjamya mu kkubo eggolokofu (asswiraata al mustaqiim).

Ebitabo Ebironeddwamu

Qur'an

1. Ali, Abdullah Yusuf, *Meaning of the Holy Qur'an*: Text and Translation, Amana Corporation, Brentwood, Md: 1411/1991.
2. Asad, Muhammad, *The Message of the Qur'an* (with Arabic Text). Dar al Andalus, Gibraltar, Spain 1980.

Sunnah

1. Abu Dawud, *al Sunan*, 4 vols. ed. by M.M.'Abd al Hamid, 2nd imp. Cairo, 1369/1950.
2. Bayhaqi, Abu Bakr al, *al Sunan al Kubra*. 10 vols, Hyderabad, India. 1344A.H.
3. Bukhari, Muhammad b. Isma'il al, *al Jami' al Sahih*, 9 vols, ed. by M. al Nawawi, M. Abu al Fadl and M. Khifaji, Cairo, 1376 A.H.
4. Ibn Hanbal, Ahmad b Muhammad, *Kitab al Ashribah*, ed. by Subhi Jasim, Baghdad, 1369 A.H.
5. Ibn Majah, Muhammad Ibn Yazid, *al Sunan*, 2 vol. ed. by M.F.A. Baqi, Cairo, 1374A.H.
6. Muslim Ibn Hajjaj al Qushayri, *al Sahih*, ed. by M.F.A. Baqi, Cairo, 1374 A.H.
7. Nasa'i, Ahmad ibn Shu'ayb al, *Kitab al Du'afa*, Hyderabad, India.
8. Shafi'i, Muhammad ibn Idris al, *AI Risalah*, Bulaq, Cairo, 1321 A.H.
9. Tirmidhi, Muhammad ibn 'Isa al, *al Sunan*, ed. by M. A. Shakir and others, S vols, Cairo.
10. Daraqutni, Abu al Hasan al, *al Sunan*, 4 vols., ed by Hashim Yamani, Dar al Mahasin, Cairo, 1386 AH.
11. Darimi, 'Abd Allah ibn'Abd al Rahman, *al Sunan*, 2 vols., ed. by M. A Rahman, Damascus, 1349 A.H.
12. Daylami, Abu Mansur al, *Firdaws alAkhbar bi Ma'thur al Khitab*, ed. Fawwaz Ahmad Zumurli and Muhammad al Mu'tasim billah al Baghdadi, Beirut, Dar al Kitab al Arabi, 1987.

Ebirala

1. Ahmad, Mumtaz (ed), *State, Politics and Islam*, American Trust Publications, Indianapolis, Indiana 1986.
2. Altalib, Hisham, *Report of the MSA training Course* (Unpublished), The MSA of the US and Canada, Indianapolis, Indiana, 1976.
3. Al 'Alwani, Taha J., *Adab al Ikhtilaf Fi al Islam* (Arabic), International Institute of Islamic Thought, Herndon, Virginia, 1987.
4. Association Management, American Society of Association Executives, Washington, D.C.

5. Duncan, J., *Essentials of Management*, Dryden, Hinsdale, Illinois, 1975.
6. Drucker, PF., *Management: Tasks, Responsibilities, Practices*, Harper & Row, New York, 1974.
7. Fisher, R., and Ury, W., *Guide to Yes - Negotiation*, Houghton Mifflin Company.
8. Hamid, A W., *Companions of the Prophet*, (adapted from Arabic), Umran Publications, London, 1982.
9. Mirza, M. Yaqub, *Youth Activities and Camps*, The MSA of the US and Canada, Plainfield, Indiana, 1979.
10. Nu'mani, Shibli, *Life of Umar the Great* (Translated from Urdu by Muhammad Saleem, She Muhammad Ashraf), 1981.
11. Orner, Abdel Hadi M., *Let Us Learn: Issues of Your Concern*, Beloit, Wisconsin, 1987.
12. Safi, Louay, *Islamic Leadership* (Unpublished), Detroit, 1990.
13. Ibn Taymiya, Imam Taqi al Din Ahmad, *Public Duties in Islam* (Translated from Arabic by Muhtar Holland), Islamic Foundation, Leicester, England, 1982.
14. Terry, G.R. and Stephen G. E, *Principles of Management*, 8th ed., Richard D.Irwin, Inc., Homewood, Illinois, 1982.
15. Unus, Iqbal J. and Beekun, Rafik, *A Management Guide for Islamic Organizations* (Unpublished), Plainfield, Indiana, 1982.

Waliwo ebitabo ebirala bye tutasobodde kusongako mangu okusobola okubiteeka mu lukalala lwebitabo ebyeyambisiddwa. Amangu ddala nga twakabilaba tujja ku bigatta ku lukalala luno mu bitabo byaffe ebinaafuluma mu biseera ebyomu maaso.

Awasangibwa bino

Awasangibwa Aaya

402

Awasangibwa Hadiisi

402

Awasangibwa Aaya

Abange mmwe Abakkiriza! Mutye Katonda era bulijjo mwogere ebigambo ebyamazima. (33:70).

(ebinnyonnyola).

Oyo eyatonda okufa n'obulamu alyoke abagezese (ayolese) ani mummwe asinga okukola emirimu emirungi. Era Ye Waamaanyi atalemwa, Omusonyiyi ennyo. (67:2).

Ekitundu Ekisooka, olup. 15

Era nti: "Omuntu ajja kubalibwako byokka bye yateganira." Era nti: "Okutegana kwe kugenda kulabwa, oluvannyuma akusasulwemu empeera ezisinga okutuukirira." (53:39-41)

Essuula 1, olup. 17

Tetwatuma mubaka yenna mu baakusooka, oku-ggyako (twatuma) basajja (sso si Bamalayika) okuva mu bantu boomubbuba (si mu byalo) nga tubawa obubaka. Abaffe tebatambula mu nsi ne balaba enkomerero y'abo abaabasooka bwe yali? Ddala ennyumba y'enkomerero y'ennungi eri abo abaty Katonda. Abaffe temutegeera? (12:109).

Essuula 1, olup. 18

Abaffe temulaba nti Katonda yabagondeza ebyo byonna ebiri mu ggulu zonna n'ebiri mu nsi, era n'abajuliza ebyengera by'ebirabika n'ebiekwese? Ne mu bantu mulimu abo abakaayana ku bikwata ku Katonda nga tebalina kumanya wadde obulunjamu wadde Ekitabo ekiwa ekitangaala! (31:20)

Essuula 1, olup. 19

٦٧) يَأَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا تَقْوِيمُ اللَّهِ
وَقُولُوا قُلَّا سَدِيرًا (سورة الأحزاب)

١) لَئِذْنَكَ الْإِنْسَنَ فِي أَخْسَنِ تَقْوِيمٍ ٢) ثُمَّ رَدَدَهُ مَسْفَلَ
سَفَلِينَ ٣) إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
فَلَهُمْ أَجْرٌ غَيْرُ مُتَنَوْنَ (سورة العنكبوت)

٤) وَأَنَّ لَيْسَ لِلْإِنْسَنِ إِلَّا مَا سَعَى ٥) وَأَنَّ سَعْيَهُ سَوْفَ
يُرَى ٦) ثُمَّ يَعْرَفُهُ اللَّهُ أَلْجَزَهُ الْأَوْقَنَ (سورة النجم)

٧) وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ إِلَّا رِجَالًا لَّوْجَاهُ الْهَمِ
مِنْ أَهْلِ الْقَرْبَى أَفَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا
كَيْفَ كَانَ عَيْنَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَلَدَارُ الْآخِرَةِ
خَيْرٌ لِّلَّذِينَ أَتَقْرَأُوا أَفَلَا تَعْقِلُونَ (سورة يوسف)

٨) أَلْزَمْتُمُ الَّلَّهَ سَحْرَكُمْ مَا فِي السَّمَاوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ
وَأَنْسَيْتُمْ عَيْنَكُمْ بَعْدَهُ طَبِيعَةً وَبَاطِنَةً وَمِنَ النَّاسِ مَنْ يُجَدِّلُ
فِي اللَّهِ بِغَيْرِ عِلْمٍ وَلَا هُدُى وَلَا كِتَابٌ مُّنِيرٌ (سورة لقمان)

Soma (nga otandika) n'Erinnya lya Katonda wo; Oyo eyatonda (ebitonde byonna) - eyatonda omuntu, nga amuggya mu kitole ky'omusaayi: Soma! Era Katonda wo ye Mugabi asinga - Oyo eyayigiriza okuwa-ndiisa ekkalaamu, yayigiriza omuntu bye yali tamanyi (96:1-5)

Essuula 1, olup. 24

Muteekereteekere abalabe amaanyi gonna ge muba musobodde n'embalaasi ezoo-latalo, nga mubikozesa okutiisa omulabe wa Katonda era omulabe wammwe, n'abalala abatali abo be mutamanyi, naye Katonda abamanyi... (8:60).

Essuula 1, olup. 24

Bwe muba mugaanye (okugoberera amazima), agenda kubawaanyisaamu aleetewo abantu abalala abatali mmwe, era baleme kubafaanana. (47:38)

Essuula 2, olup. 39

Mutuukirize emirengo (gy'ebintu bye mulenga) n'ebipimo (bye mupima). Temukendee-zanga ebintu by'abantu (bye mubalengera n'okubapimira). Era temwoononera mu nsi (Katonda) gye yamala okulongoosa (bwe yabatumira omubaka). Ekyo ky'ekirungi gyemuli bwe mubeera Abakkiriza. (7:85).

Essuula 2, olup. 39

"Mugende eri Falaawo mazima ye yeekuza n'abula n'ayitwawo. "Mwogere naye mu bigambo ebigonvu, mulabe oba yeebu-lirira oba n'aty (ebibonyoobonyo byange)." (20:43-44)

Essuula 2, olup. 41

"Ebyo bye musinza, atali Katonda, mannya bunnya ge mwetuumira mmwe ne bajajjammwe, nga Katonda teyassa (mu Kitabo) bujulizi bwonna. Okusalawo kwa Katonda Yekka. Yalagira Yekka gwe muba

① أَقْرَأْتَهُ سِرِّكَ الَّذِي خَلَقَ ② خَلَقَ الْإِنْسَنَ مِنْ عَلَىٰ
③ أَزْوَدْتَهُ كَثْرَةً ④ الَّذِي أَعْمَلَ فِي الْأَرْضِ
⑤ عَلَّمَ الْإِنْسَنَ مَا لَيْسَ (سورة العنكبوت)

٦٠ وَأَعْذُّهُ أَنْهُمْ مَا أَسْتَطَعْتُهُمْ مِنْ قُوَّةٍ وَمِنْ رِبَاطِ
الْحَيْلِ تَرْهِبُونَهُمْ، عَدُوَّهُمْ وَعَدُوَّكُمْ وَمَا هُنَّ مِنْ
دُونِهِمْ لَا يَعْلَمُونَهُمْ اللَّهُ يَعْلَمُهُمْ ... (سورة الأفال)

... وَلَيْلَتْ تَتَوَلَّ إِلَيْهِمْ مَمَّا مَغَرَّكُمْ
ثُرَّلَاهُمْ كُوْنُوا أَمْتَلَكُمْ (سورة محمد)

... فَأَقْوِفُوا السَّكِينَ وَالْمِيزَانَ وَلَا بَحْسُوا
أَكَاسِ أَشْيَاءَهُمْ ... (سورة الأعراف)

٤٩ أَذْهَبُهَا إِلَىٰ فِرْعَوْنَ إِنَّهُ مُطَدِّنٌ ٥٠ فَقُولَاهُ مُقْلَدٌ
لَعَلَّهُ يَذَكُّرُهُ أَوْ يَخْشَىَ (سورة طه)

٥١ مَا تَبْدِدُونَ مِنْ دُونِهِ إِلَّا سَمَاءَ سَمِّيَّتُهُمْ أَسْمَهُ
وَإِبَاؤُكُمْ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ بِهِ مِنْ سُلْطَنٍ إِنَّ الْمُكْرَمُ لِلَّهِ
أَمْرًا لَا يَعْبُدُونَ إِلَّا إِيمَانُ ذَلِكَ الَّذِي نَهَىٰ
وَلَكِنَّ أَكْثَرَ الْأَنْسَابِ لَا يَعْلَمُونَ (سورة يوسف)

musinza. Eyo y'eddiini entuufu ennambulukufu naye abasinga obungi tebamanyi. (12:40)

Essuula 2, olup. 42

(Jjukira) Katonda wo lwe yagamba Bamalayika nti: "ŋjenda kuteeka mu nsi omusigire." Baagamba (mu ngeri y'okwagala okumanya n'okwewuunya) nti: "Ogendena kuteeka mu nsi (omuntu) oyo agenda okwonooneramu ayiwe n'omusaayi – nga ate ffe (tuli wano) tutendereza amatendo Go, era ne tukutukuza (tetukugattako kirala kyonna)." (Katonda) yabagamba nti: "Nze mmmanyi ebyo bye mutamanyi." (2:30)

Essuula 3, olup. 45

N'amanyisa Adamu amannya g'ebintu byonna, oluvannyuma n'abyolesa eri Bamalayika n'abagamba (nga abagezesza) nti, "Mumbuulire amannya g'ebintu bino bwe muba nga mwogera mazima." (Bamalayika) baamugamba nti: "Okutenderezebwa kukwo. Okumanya kwaffe kukoma ku ebyo byokka by'oba otuyigirizza. Ddala Ggwe amanyi buli kimu, alina ensonga mu buli ky'aba okoze." (2:31-32).

Essuula 3, olup. 46

Twabagamba nti: "Mwenna muve mu Jjana mukke (ku nsi). Okulunjjamya okuva gyendi bwe kunaaba kubajjidde, abo bonna abanaa-goberera Okulunjjamya kwange, tebajja kuba na kutya era si baakunakuwala. (2:38).

Essuula 3, olup. 46

Oyo eyatonda okufa n'obulamu alyoke abagezese (ayolese) ani mu mmwe asinga okukola emirimu emirungi. Era Ye Waamaanyi atalemwa, Omusonyiyi ennyo. (67:2).

Essuula 3, olup. 46

٤٧ ﴿ وَإِذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمُتَّكَبَةِ إِنِّي جَاعِلٌ فِي الْأَرْضِ خَلِيلًا
قَالُوا أَجْعَلُ فِيهَا مُفْسِدًا وَنَسِيقًا أَلِيمًا وَخَنْ
شِيْحَ مُحَمَّدَ وَنَقْدُسُ لَكَ قَالَ إِنِّي أَعْلَمُ مَا لَا تَعْلَمُونَ
(سورة البقرة) ٤٧

٤٨ ﴿ وَعَلِمَ مَادَمَ الْأَمْمَةَ كُلُّهَا فِي عَرَضِهِمْ عَلَى الْمُتَّكَبَةِ
فَقَالَ أَلَيَّ شَوَّفْتِ بِأَسْمَاءِ هَؤُلَاءِ إِنْ كُنْتُ مَدِيرِي
٤٩ ﴿ قَالُوا سَبِّحْنَاكَ لَا عِلْمَ لَنَا إِلَّا مَا عَلَمْنَا
إِنَّكَ أَنْتَ الْعَلِيمُ الْحَكِيمُ (سورة البقرة) ٤٩

٥٠ ﴿ قَنَا أَغْيِطُوا مِنْهَا بَيْسِمًا فَإِمَّا يَأْتِيَنَّكُمْ مِنْ هُنَّ
فَعَنْ تَبِعِ هُدَائِي فَلَا حَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ (سورة البقرة) ٥٠

٥١ ﴿ الَّذِي سَلَقَ الْمَوْتَ وَالْحَيَاةَ يَبْلُوكُمْ إِنَّكُمْ
لَمْ تَسْعَ إِلَّا وَهُوَ الْعَزِيزُ الْغَفُورُ (سورة الملل) ٥١

Abaffe abantu balowooza nti bajja kule-kebwa boogere bwogezi nti: "Tukkirizza," nga tebagezesebwa. (29:2)

Essuula 3, olup. 46

① أَعِسَّ النَّاسَ أَنْ يُرَكِّوْا أَنْ يَقُولُوا
مَا نَكَأْوْهُمْ لَا يُفَتَّشُونَ (سورة العنكبوت)

Tujja kubagezeseza ddala oktuusa lwe tunaayolesa abo abalwana mu Kkubo lyaffe mu mmwe n'abagumiikiriza era ne twolesa ebibakwatako. (47:31)

Essuula 3, olup. 47

② وَتَبَلُّوْهُمْ حَوْنَ الْمُجَاهِدِينَ مِنْكُوْ
وَالصَّدِيقِينَ وَتَبَلُّوْالْخَيْرَكُوْ (سورة هود)

(Yusufu) bwe yasajjakula twamuwa okuteggeera ensonga n'okumanya. Bwe tutyo bwe tusasula Abakkiriza (abagumiikiriza). (12:22)

Essuula 3, olup. 47

③ وَلَمَّا بَلَغَ أَشْدَهُ مَا يَتَّهِي حَكْمًا وَلَمَّا
وَكَذَّلَكَ بَغْرِي الْمُحْسِنِينَ (سورة يوسف)

Era obuvunaanyizibwa bwaffe kutuusa (bubaka) obunnyonnyofu. (36:17)

Essuula 3, olup. 47

④ وَمَاعَيْتَنَا إِلَّا أَلْبَلَغَ الْمُؤْمِنُونَ (سورة هس)

Buulirira! Mazima ggwe obuvunaanyizibwa bwo kubuulira. Tobalinaako maanyi (gasobola kubakaka kukkiriza) (88:21-22).

Essuula 3, olup. 47

⑤ فَذَكَرْ إِنَّمَا أَنْ مَذَكَّرْ
⑥ لَتَّ عَلَيْهِمْ يُصْبِطُونَ (سورة العاشية)

N'olw'ekyo, jjukiza okujukiza bwe kuba kugasa (gye bali). (87:9).

Essuula 3, olup. 47

⑦ فَذَكَرْ إِنْ تَقْعَدَ الْذَّكَرَ (سورة الأعل)

Koowoola (abantu) okudda eri Ekkubo lya Katonda wo n'amagezi n'okubuulirira okulungi era okubaganye nabo ebirowoozo nga okozesa ekkubo erisinga obulungi. Ddala Katonda wo y'asinga okumanya embeera z'abo ababa babuze okuva ku Kkubo lye era y'asinga okumanya embeera z'abalunjamu. (16:125).

Essuula 3, olup. 47

⑧ أَنْعِ إِنْ سَيْلَرِيكَ بِالْحِكْمَةِ وَالْمَوْعِظَةِ الْمُخْسَنَةِ
وَجَدِلُهُمْ بِأَلْقِي هِيَ أَحْسَنُ إِنْ رِيكَ هُوَ أَعْلَمُ بِيَنَ
ضَلَّ عَنْ سَيْلِيَهُ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهْتَدِيَينَ (سورة العنكبوت)

Tewali kukaka (ku by'okuyingira) mu ddiini. Mazima Ekkubo ly'obuluŋŋamu lyeyolese okuva ku ly'obubuze. Oyo yenna awakanya ebisinzibwa byonna (ebirala) n'akkiriza Katonda Omu Yekka aba yee-kutte ku kikwatibwako ekinywevu, ekita-genda kukutuka. Katonda awulira byonna, amanyi buli kintu. (2:256).

Essuula 3, olup. 48

Ddala ggwe tosobola kulunŋjamya oyo gw'oba oyagadde naye Katonda y'alunŋjamya oyo gw'ayagala. Era Ye y'asinga okumanya abalunŋjamu. (28:56).

Essuula 3, olup. 48

Gamba nti: "Lino Kkubo lyange. Nkoo-woola (abantu) okudda eri (okusinza n'okugondera) Katonda mu bumativu nze n'oyo yenna angoberera. Okwawulwa kwa Katonda. Era siri mu Bamusinzabibumbe. (12:108)

Essuula 3, olup. 48

Ani ayogera ebigambo ebirungi okusinga oyo akoowoola (abantu okudda) eri Katonda, n'akola n'emirimu emirungi era n'agamba nti: "Ddala ndi omu ku Basiraamu." (41:33).

Essuula 3, olup. 48

Alina Bamalayika abagoberegana (nga abamu bavaawo abalala ne baddawo), mu maaso g'omuntu n'emabega we. Bamukuuma olw'ekiragiyo kya Katonda. Katonda takyusa mbeera abantu gye babaamu oktuusa nga bakyusizza ebyo ebibali mu myoyo... (13:11)

Essuula 3, olup. 49

﴿٦﴾ لَا إِكْرَاهٌ فِي الدِّينِ قَدْ تَبَيَّنَ الرُّشْدُ مِنَ الْفَيْ نَفَّعَ مَنِ يَكْفُرُ
بِالظَّنُونَ وَتَوَسَّلَ بِاللَّهِ فَقَدْ أَنْتَسَسَكَ بِالْعِزَّةِ الْوَافِقَ
لَا أَنْفَصَامَ لَهُ وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلَيْهِ﴾ (سورة البقرة)

﴿٧﴾ إِنَّكَ لَا تَهْدِي مَنْ أَحْبَبْتَ وَلَكِنَّ اللَّهَ يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ
وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهَدِّدِينَ﴾ (سورة القصص)

﴿٨﴾ قُلْ هَذِهِ سَبِيلُنَا دُعُوا إِلَى اللَّهِ عَلَى بَصِيرَةٍ أَنَا وَمَنْ
أَتَّبَعَنِي وَسَبِيلُنَا اللَّهُ وَمَا أَنَا مِنَ الْمُشَرِّكِينَ﴾ (سورة يوسف)

﴿٩﴾ وَمَنْ أَحْسَنُ فَوْلَادِيَنْ دَعَاهُ إِلَى اللَّهِ وَعَمِلَ
صَنْلِحًا وَقَالَ إِنِّي مِنَ الْمُسْلِمِينَ﴾ (سورة هملت)

﴿١٠﴾ لَمْ يَعْلَمْ مَعْقِبَتِهِ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَمَنْ خَلَفَهُ يَخْفَلُهُنَّهُ مِنْ أَمْرِ اللَّهِ
إِنَّ اللَّهَ لَا يَغِيِّرُ مَا بِقَوْمٍ حَتَّى يَغِيِّرُوا أَنفُسَهُمْ...﴾ (سورة الرعد)

Yabagamba nti: "Bantu bange! Mumbuulire! Singa mbeera ku bunnyonnyofu okuva eri Katonda wange era n'angabirira ebyobugagga ebikkirizibwa okuva gy'ali (ekyo kijjaana okubaziyiza okukola ebikyamu?) Ssaagala nze kukola ekyo kye mbagaana. Nze kye njagala kwe kulonggoosa nga obusobozi bwange we bukoma. Okulunjama kwange kuli eri Katonda Yekka. Ye gwe nneesize era gy'ali gye nzize (mu kwenenya). (11:88).

Essuula 3, olup. 49

Ekirungi tekyenkanankana na kibi. (Ekibi) kiggyiseewo ekirungi ekikisinga, (ojja kulaba nga) oyo wakati wo naye awali obulabe nga ali nga owooluganda owoomukwano (gwe weeyabiza). (41:34).

Essuula 3, olup. 50

Abo, bwe tuba tubawadde obuyinza mu nsi, basaala esswala nga bwe kyetaagisa ne batoola ne zzaka ne balagira okweysi obulungi ne baziyyiza okukola ebikolwa ebibi. Era eri Katonda y'ezzibwa ensonga (z'ebitonde) zonna. (22:41)

Essuula 3, olup. 56

Era abo abaayanukula Katonda waabwe kye yabayitira (okumwawula n'okumusinza) ne basaala esswala nga bwe kyetaagisa nga n'ensonga zaabwe bazimala na kwebuzaganya, ate nga ne ku bye tuba tubagabidde bagabako. (42:38).

Essuula 4, olup. 56

Ku lw'okusaasira okuva eri Katonda, wa-beera mugonvu gyebali. Naye singa wali mukalubo (mukambwe), atalina kisa wadde okusaasira mu mutima, bandikudduse (ne bakwabulira). Kale basonyiwe obeegayiri-rire Katonda abasonyiwe, era obeebuuzengako mu nsong. Naye bw'oba omaliridde (okukola ekintu) weesige Katonda. Katonda ayagala abamwesiga. (3:159)

Essuula 4, olup. 56

قالَ يَقُولُ أَرَأْيَتْمِنِ كُتْ عَلَىٰ بَنْوَتِنَ رَبِّ وَرَدْفَنِ
مِنْهُ رِدْفَا حَسَنَاً وَمَا أَرِيدُ أَنْ أَخَالِفَكُمْ إِنْ مَا أَنْهَنَ كُمْ عَنْهُ
إِنْ أَرِيدُ إِلَّا لِأَصْلَحَ مَا سَطَّعْتُ وَمَا تَرَفَّيْتُ
إِلَّا يَأْتِيَ اللَّهُ عَلَيْهِ تَوْكِيدٌ وَالْيَمِنُ أَنِيبٌ (سورة هود)

وَلَا نَسْتَوِي لِلْسَّنَدَ وَلَا الْتَّيْنَةَ أَدْفَعْ بِأَنْقَىٰ هِيَ أَخْسَنَ
فَإِذَا الَّذِي يَتَنَاهُ وَيَنْهَى عَدْوَهُ كَانَهُ وَلِيٌ حَمِيمٌ (سورة فصلت)

۱۱۰ ۱۱۰ الَّذِينَ إِنْ مَكَثُوكُمْ فِي الْأَرْضِ أَقْامُوكُمْ الصَّلَاةَ وَمَا تَرَأَوْا
الْزَّكُورَةَ وَأَمْرُوكُمْ بِالْمَعْرُوفِ وَنَهَا عَنِ الْمُنْكَرِ ...
(سورة الحج)

۱۱۱ ۱۱۱ وَالَّذِينَ أَسْتَجَابُوا لِرَبِّهِمْ وَأَقْامُوكُمْ الصَّلَاةَ
وَأَقْرُؤُوكُمْ شُورَىٰ بَيْنَهُمْ وَمَا زَقَّنُوكُمْ بِمُتَقْشِفُونَ (سورة الشورى)

۱۱۲ ۱۱۲ فَإِمَّا رَحْمَنَ مِنَ الَّهِ لِنَتَ لَهُمْ وَلَوْكُنَتْ قَطْنًا
عَلَيْهِ الْقَلْبُ لَا يَنْفَعُونَ حَوْلَكُمْ فَاغْفُ عَنْهُمْ
وَاسْتَغْفِرُوكُمْ وَشَاوِرُوكُمْ فِي الْأَمْرِ فَإِذَا عَزَّتْ
ذَرْكَلَ عَلَى الَّهِ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَقْلِبِينَ (سورة آل عمران)

Katonda abalagira okuzzaayo ebitereso eri bannyini byo (ababa babibateresezza) era nti bwe mubanga mulamudde abantu mu-balalulenga n'obwenkanya. By'ababuulirira birungi nnyo. Ddala Katonda awulira buli kimu, alaba byonna. (4:58)

Essuula 4, olup. 57

... Temukkiriza bukyayi n'obulabe abantu bye babalinako okubaggya ku kwenkanya. (Mmwe) mubeere benkanya: ekyo ky'eki-semesterera okutya Katonda... (5:8).

Essuula 4, olup. 57

Abange mmwe Abakkiriza! Muyimirire nnyo ku bwenkanya, nga muli abajulizi ku lwa Katonda, ne bwe muba nga mmwe mwewaako obujulizi ova nga mubuwa ku bakadde bammwe ova ku booluganda. (Gwe muwaako obujulizi) bw'abeera nga mugagga ova mwavu, Katonda (omugagga n'omwavu) y'asinga okubabeerako n'obuvunaanyizibwa. N'olw'ekyo temugoberera obwagazi (bw'emitiima gyammwe), ne mulemwa okwenkanyankanya. Bwe mukyusa obujulizi bwammwe ova ne mugaana okubuwaayo, mazima Katonda Mukenkufu nnyo (ow'ebyo bye mukola). (4:135)

Essuula 4, olup. 58

... era abamu ne tubasitula amadaala ku bannaabwe, abamu balyoke bafuule bannaabwe abaweeereza. Naye okusaasira kwa Katonda wo (obwannabbi bwe yakuwa) kwe kulungi okusinga ebyobugagga bye bakunjaanya. (43:32).

Essuula 4, olup. 65

... Ddala oyo abasinga ekitiibwa eri Katonda ye oyo abasinga okutya (Katonda) ... (49:13)

Essuula 5, olup. 68

٤٦ إِنَّ اللَّهَ يَأْمُرُكُمْ أَنْ تُوَدُّوُ الْأَمْنَىٰ إِنَّ أَمْلَاهَا
فَإِذَا حَكَمْتُمْ بَيْنَ النَّاسِ أَنْ تَحْكُمُوا بِالْعَدْلٌِ... (سورة النساء)

... وَلَا يَجْرِي مِنْكُمْ شَيْءٌ قَوْمٌ عَنْ
أَلَا تَعْلُو أَعْدُلُو أَهُمْ أَقْرَبُ لِلتَّقْوَىٰ... (سورة المائدة)

٤٧ إِنَّمَا الَّذِينَ مَأْمُونُوا كُنُوا فَرِيقًا بِالْقِسْطِ شَهِدُوهُ لِهِ
وَلَوْ عَلَىٰ أَنْفُسِكُمْ أَوْ إِلَيْهِمْ وَالْأَفْرَادُ إِنْ يَكُنْ
غَنِيًّا أَوْ فَقِيرًا فَإِنَّمَا أَوْلَىٰ بِهِمَا... (سورة النساء)

... وَرَفَعْنَاهُ بَعْضُهُمْ فَوْقَ بَعْضٍ دَرَجَتِ لِسَخْدَ بَعْضُهُمْ
بَعْضًا سُخْرِيًّا وَرَحَّتْ رَيْكَ خَيْرٌ مَحَاجِمُهُونَ (سورة الزمر)

... إِنَّ أَكْثَرَهُمْ كُنُّوا عِنْدَ اللَّهِ أَنْفَقُوكُمْ... (سورة الحجرات)

Ku lw'okusaasira okuva eri Katonda, wabeera mugonvu gyebali. Naye singa wali mukalubo (mukambwe), atalina kisa wadde okusaasira mu mutima, bandikudduse (ne bakwabulira). Kale basonyiwe obegayirire Katonda abasonyiwe, era obeebuuzengako mu nsonga. Naye bw'oba omaliridde (okukola ekintu) weesige Katonda. Katonda ayagala abamwesiga. (3:159)

Essuula 7, olup. 96

Abange mmwe Abakkiriza! Lwaki mwogera byemutakola? (61:2)

Essuula 8, olup. 104

... Naye bw'oba omaliridde (okukola ekintu) weesige Katonda. Katonda ayagala abamwesiga. (3:159).

Essuula 8, olup. 104

Abange mmwe Abakkiriza! Muyimiriringawo ku lwa Katonda nga muli abajulizi abenkanya. Temukkiriza bukyayi n'obulabe abantu bye babalinako okubaggya ku kwenkanya. (Mmwe) mubeere benkanya: ekyo ky'ekisemberera okutya Katonda. Era mutye Katonda. Ddala Katonda amanyi nnyo byonna bye mukola. (5:8)

Essuula 11, olup. 156

"Katonda wange! Nnyanjululiza ekifuba kyange, onnyanguyize omulimu gwange gwe njendako; onsumulule ekinnemesa okwogera obulungi ku lulimi lwange, basbole okutegeera bye mbagamba.." (20:25-28)

Essuula 12, olup. 167

"Mbatuusaako Obubaka bwa Mukama wange era gye muli ndi ababuulirira omwesigwa" (7:68)

Essuula 14, olup. 188

٤٣ ﴿ قِسَارَ حَمَّةٍ مِنْ أَلَهِ لِنَتَ لَهُمْ
وَلَوْكُنْتَ فَطَّاعَلَيْظَ الْقَلْبِ لَا تَنْصُوتُ مِنْ حَوْلِكَ
فَاغْفِرْ عَنْهُمْ وَأَسْتَغْفِرْ لَهُمْ وَشَارِذُهُمْ فِي الْأَمْمَةِ
فَإِذَا عَزَّمْتَ فَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَوَكِّلِينَ
(سورة آل عمران)

٤٤ ﴿ يَأَيُّهَا الَّذِينَ مَا مَسَنُوا لَمْ نَقُولُنَّ مَا لَا تَفْعَلُونَ
(سورة الصاف)

... فَإِذَا عَزَّمْتَ فَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ
إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَوَكِّلِينَ (سورة آل عمران)

٤٥ ﴿ يَأَيُّهَا الَّذِينَ مَا مَسَنُوا كُنُوْأَفَوْمِيْتَ لِلَّهِ شَهَدَةَ بِالْقُسْطِ
وَلَا يَجْرِي مِنْكُمْ شَنَآنُ قَوْمٍ عَلَى أَلَا تَعْدِلُوا أَعْدُلُوا هُوَ
أَقْرَبُ لِلتَّقْوَىٰ وَأَنْقُوْلَهُ إِنَّ اللَّهَ خَيْرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ
(سورة المائدة)

٤٦ ﴿ قَالَ رَبِّ أَشْجَعَ لِسَدْرِيٍّ وَبَرِّيْتَنِيْ أَمْرِيٍّ وَأَحْلَلْ
عَقْدَةَ مِنْ لِسَافِ (٤٦) يَقْهَوْأَقْوَلِ (سورة طه)

٤٧ ﴿ أَتَلْفُكُمْ رِسَالَتِ رَبِّيْ وَأَنَّا لَكُمْ نَاصِحٌ أَمِينٌ
(سورة الأعراف)

“... ddala mbatuusizzaako Obubaka bwa Katonda wange era ne mbabuulirira...”
(7:93).

Essuula 14, olup. 188

...لَقَدْ أَبْلَغْنَاكُمْ رِسَالَتِنَا وَنَصَّخْنَا لَكُمْ...
(سورة الأعراف)

[Ibliis] n'abalayirira [Adamu ne mukyala we] nti yali mubuullirizi omwesimbu
(7:21).

Essuula 14, olup. 189

٦٠ وَقَاتَلُهُمَا إِنِّي لِكُلِّ مِنَ النَّعِيْمِينَ (سورة الأعراف)

... ate nga ffe ddala tumwagaliza birungi?
(12:11).

Essuula 14, olup. 189

...وَإِنَّ اللَّهَ لَنَصِحُّونَ (سورة يوسف)

“Nze mazima nnabatuusaako Obubaka bwa Katonda wange, era ne mbawa amagezi amalungi, naye temwayagala babawa magezi.” (7:79)

↙ Essuula 14, olup. 190

...لَقَدْ أَبْلَغْنَاكُمْ رِسَالَةَ رَبِّنَا وَنَصَّخْنَا لَكُمْ...
وَلَكِنَّ الْجِنَّةِ لَا يَحْبِّبُونَ النَّعِيْمِينَ (سورة الأعراف)

Ojjukize nga oyita mu kubabuulirira.
Ddala okubuulirira kugasa Abakkiriza.
(51:55).

Essuula 14, olup. 190

٦١ وَذَكَرْنَا فِي الْكِتَابِ شَفَاعَ الْمُؤْمِنِينَ (سورة النساء)

Abo aboogera ku Katonda nga bayimiridde, batudde era nga bagalamidde ku mbiriizi era ne bafumiitiriza ku kutondebeba kw'eggulu zonna n'ensi (nga bwe bagamba nti): “Katonda waffe! Bino byonna tewabitonda awatali nsonga, okutenderezebwa kukwo. Tuwonye ebibonyoobonyo by'Omuliro.” (3:191).

Essuula 14, olup. 190

٦٢ الَّذِينَ يَذْكُرُونَ اللَّهَ قَيْنَمًا وَقَعُودًا وَعَلَى جُنُوبِهِمْ
وَسَقَعَتْرُونَ فِي خَلْقِ أَنْشَاءِنَا وَالْأَرْضِ رَبَّنَا مَا خَلَقَتْ
هَذَا بَنِطْلًا سُبْحَانَكَ فَقَنَاعَذَابَ النَّارِ (سورة آل عمران)

(Rahmaani) Omusaasizi ennyo! Yayigiriza (Nnabbi we) Kulaane. Yatonda omuntu. Yamuyigiriza okwatula. (55:1-4).

Essuula 15, olup. 195

٦٣ الرَّحْمَنُ ٦٤ عَلَمَ الْفَرْمَانَ ٦٥ خَلَقَ الْإِنْسَانَ
٦٦ عَلَمَ الْبَيَانَ (سورة الرحمن)

Mazima Omubaka azze gyemuli Mazima Omubaka azze gyemuli nga ava mu mmwe. Ekibazitowereza kyonna kimukaluubiriza. Abalunkanira (muyingire Ejana). Era akwatirwa Abakkiriza ekisa, musaasizi nnyo gyebali. (9:128)

Essuula 15, olup. 197

Ku lw'okusaasira okuva eri Katonda, wabeera mugonvu gyebali. Naye singa wali mukalubo (mukambwe), atalina kisa wadde okusaasira mu mutima, bandikudduse (ne bakwabulira)... (3:159).

Essuula 15, olup. 197

Ekigambo kyonna ky'ayatula wabeerawo malayika amulondoola (okukiwandiika) nga ali naye wonna w'aba ali. (50:18)

Essuula 15, olup. 199

Abange bakyala ba Nnabbi! Oyo mu mmwe akola eky'obujeemu obwenkukunala, ekibonyoobonyo kye kijja kukubisibwamu emirundi ebiri. Era ekyo bulijjo kyangu ku Katonda. (33:30).

Essuula 25, olup. 289

Era (jjukira) Katonda wammwe lwe yalan-girira nti: "Singa munaaba munneebazziza nja kubongera. Naye bwe munaawakanya (ne mugaana okunsiima n'okunnneebaza) mazima ebinerezo byange bikakali." (14:7)

Essuula 25, olup. 292

Buli bantu balina ekiseera ekigere. Ekiseera kyabwe bwe kiba kituuse (eky'okuvaawo) tebayinza kukirindirizaako ssaawa n'emu wadde okukyanguyaako. (7:34).

Essuula 25, olup. 298

Yonna gye mulibeera okufa kujja kubasangayo ne bwe mulibeera mu bikomera ebyamaanyi (4:78)

Essuula 25, olup. 298

﴿لَتَذَاجِهَ كُمْ رَسَاشَةً قِنْ
أَفْشِيْكُمْ عَزِيزٌ عَابِرٌ مَاعِنْهُ خَرِبَشٌ
عَبِيْكُمْ بِالْمَغْرِبِينَ رَهْ وَقْرَجَشٌ﴾ (سورة العنكبوت)

﴿فِيَمَا رَحِمَهُ مِنَ الَّهُ يُلَمِّ ثَلَمْ وَلَوْكَتْ فَطَّا
غَلِظَ الْقَلْبُ لَأَنَّفَضُوا مِنْ حَوْلَكَ ...﴾ (سورة آل عمران)

﴿مَا يَنْفَظُ مِنْ قَوْلٍ إِلَّا لَدَيْهِ رَقِيبٌ عَيْدَ﴾ (سورة فاطحة)

﴿يَنْسَأَهُ الَّتِي مَنْ يَأْتِ مِنْكُنْ يُفْحَشُهُ شَيْئَنَهُ يُضَعَّفُ
لَهَا الْمَذَابُ ضَعْفَيْنِ وَكَانَ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا
﴾ (سورة الأحزاب)

﴿وَإِذَا تَذَذَّتْ رَبِّكُمْ لَوْنَ شَكَرَتْ لَأَزِيدَ كُمْ
وَلَوْنَ كَفَرْتُمْ أَنَّ عَلَيَّ لَشَيْدَ﴾ (سورة إبراهيم)

... فَإِذَا جَاءَهُ أَجْلُهُمْ لَا يَسْتَأْخِرُونَ
سَاعَةً وَلَا يَسْتَقْدِمُونَ﴾ (سورة الأمراء)

﴿أَيْنَمَا كَوْنُوا يُدِيرُكُمُ الْمَوْتُ
وَلَوْكُمْ فِي رُوعٍ شَيْئَنَهُ ...﴾ (سورة النساء)

.... era oyo atya Katonda (ne yeewala ebibonerezo bye) amuteerawo ekkubo ery'okusimattuka embeera (enzibu), n'amugabirira n'okuva mu makubo g'atasuubira. Era oyo eyeesiga Katonda, Katonda y'amumalira (ensonga ze). Ddala Katonda atuukiriza ky'aba ayagadde (teri ayinza kumulemesa). Ddala Katonda buli kintu yakiteerawo ekigero (ekkomo n'ekiseera). (65:2-3)

Essuula 26, olup. 307

Nti ddala bo be bookuyambibwa. era nti ddala eggye lyaffe (ery'Abakkiriza) ly'eryokuwangula. (37:172-173).

Essuula 32, olup. 355

Abange mmwe abantu! Ddala Ffe twabatonda mu musajja n'omukazi ne tubafuula amawanga n'ebika mumanyagane. Ddala oyo abasinga ekitiibwa eri Katonda ye oyo abasinga okutya (Katonda). Ddala Katonda amanyi buli kimu, Mukenkufu nnyo. (49:13).

Essuula 35, olup. 378

"... sso nga ekitiibwa kya Katonda ne Omubaka we n'Abakkiriza naye Abannanfuusi tebamanyi. (63:8).

Olup. 393

Okusaba kwabwe omwo kulibeera nti 'Subhaanaka Allaahumma (okwawulwa kukwo, Katonda waffe)' ate okubalamusa kugenda kubeera 'Salaamu (emirembe gibabugaane muwonye ebibonyoobonyo)', ate okufundikira okusaba kwabwe kubeere, 'Alhamdu lillaahi rabbil aalamiina (amatendo amajjuvu ga Katonda alabirira ebitonde byonna)'. (10:10).

Olup. 418

... وَمَن يَتَّقِيَ اللَّهَ يَجْعَلُ لَهُ شَرِيكًا ⑦ وَرُزْقُهُ مِنْ حَبَّتْ
لَا يَحْتَسِبُهُ وَمَن يَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَهُوَ حَسِيبٌ إِنَّ اللَّهَ بِأَمْرِهِ
قَدْ جَعَلَ اللَّهُ لِكُلِّ شَيْءٍ وَقَدْرًا (سورة الطلاق)

۲۰ إِنَّمَا لِمَنِ الْمَضْرُورُونَ ﴿۲۰﴾ وَلَذِكْرُ جُنَاحَنَ الْفَلَيْلِيْنَ
(سورة الصالات)

۲۱ يَأَيُّهَا النَّاسُ إِنَّا خَلَقْنَاكُمْ مِنْ ذَرَّةٍ فَإِذَا
وَجَعَلْنَاكُمْ شَمُومًا وَقَبَّالَ لِتَعَارِفُوا ... (سورة الحجرات)

... وَلَلَّهِ الْعِزَّةُ وَلِرَسُولِهِ وَلِلْمُؤْمِنِينَ
وَلَكُنَّ الْمُتَفَقِّيْنَ لَا يَعْلَمُونَ (سورة المائدah)

۱۰ دَعَوْنَاهُمْ فِيهَا سَبَّحَنَكَ اللَّهَمَ رَبَّهُمْ
فِيهَا سَلَّمَ وَمَا يَرِدُ دَعَوْنَاهُمْ أَنَّ الْحَمْدُ لِلَّهِ
رَبِّ الْعَالَمِيْنَ (سورة يونس)

Awasangibwa Hadiisi

«إِنَّ اللَّهَ كَبَرَ الْإِحْسَانُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ، فَإِذَا قَاتَلْتُمْ فَأَخْسِنُوا الْقِتْلَةَ، وَإِذَا ذَبَحْتُمْ فَأَحْسِنُوا الذَّبْحَةَ، وَإِنَّمَا أَحَدُكُمْ شَفِرَةٌ، وَلَيْرَخٌ ذَيْخَةٌ»

Allah yalagira okuyisa obulungi buli kintu. Bwe muba musse mutte bulungi. Bwe muba musaze (ekisolo) musale bulungi. Omuntu mu mmwe awagale ky'agenda okusazisa, era ky'agenda okusala akiwummuze bulungi.

Olup. 15

«الْخَلْقُ عِبَادُ اللَّهِ، أَحَبُّهُمْ إِلَيْهِ الْفَعَلُونَ لِعِبَادِهِ»

Abantu bayimiridde ku Allah, asinga okubeera okumpi gy'ali y'asinga okubeera ow'omugaso eri abantu.¹

Olup. 18

«اَرْحَمُوا مَنْ فِي الْأَرْضِ بِرَحْمَكُمْ مَنْ فِي السَّمَاءِ»

Musaasire abali ku nsi, Oyo ali mu ggulu nammwe abasaasire.²

Olup. 18

«جَعَلْتُ لِي الْأَرْضَ مَسْجِدًا وَطَهُورًا»

Ensi yonna yanfuulirwa muzikiti na kkubo lya kwetukuza.³

Olup. 20

«سَيِّدُ الْقَوْمِ خَادِمُهُمْ»

Omukulembeze w'abantu ye muweereza waabwe.⁴

Olup. 21

«إِنَّ هَذَا الدِّينَ مَتِينٌ فَلَا يُؤْغِلُ فِيهِ بِرْفَقٌ»

Eddiini eno nnyweevu, giyingiremu n'obukwatampola.⁵

Olup. 38

¹ Sahih Muslim

² Sunan al Tirmidhi

³ Sahih Muslim, Sunna Abu Dawood, Sunan al Tirmidhi, Sunan al Nasa'i, Sunan al-Darimi, ne Musnad ibin Hanbal.

⁴ Sunan al Daylami ne Sunan al Tabaraani.

⁵ Musnad Ahmad ibin Hanbali.

«اللَّهُمَّ أَعِزُّ الْإِسْلَامَ بِأَحْبَبِ هُدْنِينَ الرَّجُلَيْنِ إِلَيْكَ،
بِأَبِي جَهْلٍ (عُمَرَ بْنَ الْحَكَمِ) أَوْ بِعُمَرَ بْنَ الْخَطَّابِ»

Ayi Katonda! Nyweza Obusiraamu n'omu ku basajja bano ababiri gw'osinga okwagala:
Abu Jahli (amakulu Amuri Ibin Hishaam) oba Umaru Ibin al Khatwaabi⁶

Olup. 38

«كُلُّكُمْ رَاعٍ وَكُلُّ رَاعٍ مَسْؤُلٌ عَنْ رَعْيِهِ»

Buli omu mu mmwe alina ky'alabirira ate buli alina ky'alabirira ajja
kubuuuzibwa ku ky'alabirira.⁷

Olup. 51

«الَّذِينَ تَصْبِحُهُمْ فَلَنَا لَمَنْ؟ قَالَ اللَّهُ، وَلِرَسُولِهِ، وَلِكَاتِبِهِ، وَلِأَئِمَّةِ الْمُسْلِمِينَ وَعَامِلِيهِمْ»

Eddiini kuwa magezi mu bwesimbu." Twamubuuza nti: 'ku lw'ani?' yaddamu nti: "Ku lwa Allah,
Ekitabo Kye, Omubaka We, n'abakulembeze b'Abasiraamu, n'abantu baabulijjo.⁸

Olup. 59

«النَّاسُ مَعَادُونَ خَيْرُهُمْ فِي الْجَاهِلِيَّةِ خَيْرُهُمْ فِي الْإِسْلَامِ، إِذَا فَتَهُوا»

Abantu bali nga ebirombe [mu mbeera zaabwe]. Bwe batyo abaali babasinga obulungi mu
jaahiliyyah [ebiseera by'obutamanya] era be bajja okubasinga obulungi mu Busiraamu; bwe
baliba bategedde bulungi Obusiraamu.⁹

Olup. 68

«إِنَّمَا النَّاسُ كَانُوكُلُّ مَائِةٍ، لَا يُوجَدُ فِيهَا رَاحِلَةٌ»

Abantu bali nga ennjamiya mu kikumi oyimza obutasangamu emu
gy'osobola okutambilirako (okwebagala).¹⁰

Olup. 108

«يَدُ اللَّهِ مَعَ الْجَمَاعَةِ، وَمَنْ شَدَّ شَدَّةً إِلَى التَّارِ»

Omukono gwa Allah guli wamu n'abangi. Naye oyo eyeyawula (ku banne) yeeyawula
kuyingira Muliro.¹¹

Olup. 148

⁶ Musnadu Ahmad ibn Hanbal ne Sunau al Tirmidhi.

⁷ Sunan al Tirmidhi, Sunan Abu Dawuda,
Sahih al Bukhaari ne Sahih Muslim

⁸ Sahihih Muslim.

⁹ Sahihih al Bukhaari, Sahihih Muslim, Sunan al Daarimi, Musnadu Ahmad ibn Hanbal.

¹⁰ Musnad Ahmad ibn Hanbal, Sahih al Bukhaari, Shih Muslim, Sunan al Tirmidhi ne Sunan ibn Maaja.

¹¹ Sunan al Tirmidhi.

«الَّذِينَ التَّصْبِحُونَ»

Eddiini kwe kubuulirira okwesimbu.¹²

Olup. 188

«الْمُؤْمِنُ مِرَاةُ الْمُؤْمِنِ»

Omukkiriza ndabirwamu ya mukkiriza munne.¹³

Olup. 191

«لَا يُؤْمِنُ أَخْدُوكُمْ حَتَّىٰ يُحِبَّ لِأَخِيهِ مَا يُحِبُّ لِنَفْسِهِ»

Temujja kufuuka bakkiriza oktuusa lwe munaayagaliza abalala ebyo bye mweyagaliza.¹⁴

Olup. 191

«تَبَسُّمُكَ فِي وَجْهِ أَخِيكَ صَدَقَةٌ»

Okumwenya nga otunuulidde muganda wo eyo saddaaka nnamba.¹⁵

Olup. 203

«مَا مِنْ فَجْرٍ يَوْمٌ يَتَشَقَّقُ إِلَّا وَيُنَادِي مَلَكَانِ، يَا ابْنَ آدَمَ أَنَا يَوْمٌ جَدِيدٌ، وَعَلَىٰ عَمَلِكَ شَهِيدٌ، فَتَرَوْذُ
مَنِي فَائِي لَا أَغُورُ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ».

Buli lunaku olukya bamalayika babiri bakoowoola nti: "Owange omuntu, ndi lunaku lupyera ndi mujulizi ku mirimu gyo, nolwekyo nkoleraamu ekinaakugasa kubanga nze sigenda kudda oktuusa ku Lunaku lw'Enkomerero."¹⁶

Olup. 206

«مَنْ أَسْتَوْرِي يَوْمًا فَهُوَ مَغْبُونٌ»

Oyo ennaku ze ebbiri ezenkana, ddala abeera afiiriddwa.¹⁷

Olup. 210

¹² Swahiih Muslim

¹³ Sunan Abi Dawud.

¹⁴ Swahiih al Bukhaari ne Swahiih Muslim.

¹⁵ Sunan al Tirmidhi

¹⁶ Enjigiriza z'omubaka.

¹⁷ Sunan al Daylami

«مَنْ لَمْ يَشْكُرِ النَّاسَ لَمْ يَشْكُرِ اللَّهَ»
Omuntu ateebaza bantu teyeebaza Allah¹⁸

Olup. 292

«أَخْبِطْ حَبِيبَكَ هُونَا مَا، عَسَى أَنْ يَكُونَ بِغِيَضَكَ يَوْمًا مَا، وَآبِغُضْ بِغِيَضَكَ هُونَا مَا، عَسَى أَنْ يَكُونَ حَبِيبَكَ يَوْمًا مَا»

Yogala mukwano gwo nga olekamu, kubanga olunaku lumu ayinza okufuuka omulabe wo, ate kyawa omulabe wo nga olekamu kubanga lumu ayinza okufuuka mukwano gwo.¹⁹

Olup. 294

«رَوَحُوا الْقُلُوبُ سَاعَةً وَسَاعَةً، فَإِنَّ الْقُلُوبَ إِذَا كَلَّتْ غَيْثٌ»

Musanyuse emitima wakati w'essaawa, olwokuba emitima bwe gikoowa, gifuuka mizibe gy'amaaso.²⁰

Olup. 379

«أَدْبَنِي رَبِّي فَأَحْسَنْ تَأْدِيبِي»

Katonda wange yansomesa empisa ennungi, era yankuza bulungi.²¹

Olup. 382

«إِنْ قَاتَثَ السَّاعَةُ وَيَدِ أَخْدِحُكُمْ فَسِيلَةً فَأَسْتَطَاعَ أَنْ يَفْرَسَهَا فَلَيَغُرِّنَّهَا»

Essaawa y'okuzuukira bw'ejjanga n'esanga omuntu mu mmwe nga alina endokwa y'omuti mu mukono n'asobola okugisimba, agendenga mu maaso n'okugisimba.²²

Olup. 387

«مِنْ حُسْنِ إِسْلَامِ الْمُرْءِ تُرْكَةٌ مَا لَا يَعْنِيهُ»

Ekiraga Obusiraamu bw'omuntu obulungi, kwe kuleka ebitamukwatako.²³

Olup. 389

¹⁸ Sunan Abu Dawud, Sunan al Tirimidihi, ne Masnada Ahmad ibn Hanbal.

¹⁹ Sunan al Tirmidhi.

²⁰ Sunan al Daylami.

²¹ Al Sam'aani, Adabu al Imla.

²² Musnad Ahmada b. Hanbal.

²³ Sunan Al Tirmidhi

«لَا ضَرَرَ وَلَا ضِرَارٌ»

Tewabangawo okulumya wadde okuddiza mu kulumya.²⁴

Olup. 389

«مَنْ فَرَّجَ عَنْ مُسْلِمٍ كُرْبَةً مِنْ كَرْبَلَاءَ، فَرَّجَ اللَّهُ عَنْهُ كُرْبَةً مِنْ كَرْبَلَاءِ الْقِيَامَةِ»

Oyo yenna aggyirawo Omusiraamu ekirumya mu birumya ebiri ku nsi, Allah ajja kumuggyirawo ekirumya mu birumya by'okulunaku lw'okuzuukira.²⁵

Olup. 389

«لَا يُؤْمِنُ أَخْدُوكُمْ حَتَّىٰ يُحِبَّ لِأَخِيهِ مَا يُحِبُّ لِنَفْسِهِ»

Omuntu mummwe tayinza kubeera mukkiriza (owannamaddala) okutuusa lw'ayagaliza muganda we ekyo naye kye yeeyagaliza.²⁶

Olup. 389

«الْمُسْلِمُ أَخْوَوُ الْمُسْلِمِ لَا يَظْلِمُهُ وَلَا يُخْذِلُهُ»

Omusiraamu muganda wa Musiraamu munne: tamulyazaamaanya era tamwabulira...²⁷

Olup. 389

²⁴ Sunan Ibin Maajah

²⁵ Sunan Ibin Maajah

²⁶ Sahiih Bukhaari ne Sahiih Muslim

²⁷ Sahiih Muslim



Okusaba kwabwe omwo kulibeera nti ‘Subhaanaka Allaahumma (okwawulwa kukwo, Katonda waffe)’ ate okubalamusa kugenda kubeera ‘Salaamu (emirembe gibabugaane muwonye ebibonyoobonyo,)’ ate okufundikira okusaba kwabwe kubeere, ‘Alhamdu lillaahi rabbil aalamiina (amatendo amajjuvu ga Katonda alabirira ebitonde byonna)’. (10:10).

أحدث إصدارات المعهد العالمي للفكر الإسلامي

مسألة المعرفة ومنهم البحث عند الغزالي



تتميز هذه الدراسة عن صوفية الغزالي، رحمة الله، بأنها حققت النظرة المعرفية التي يتبناها، ومنهاج البحث التي تسندها وتبعداً لهذه فانيها وفقت في ملائحة واستنباط معالجة العديد من القضايا التي حفل بها فكره، وهي متشعبة، ونجحت في وضعها في مكانها المناسب من البنية المنطقية والمنهجية

في فكره، فأثبتت، من غير شك، بأن خطاب الغزالي متancock الروى متلاحم الأجزاء، على عكس ما أشياع عنه، الأمر الذي خفف حدة الإشكالية التي اصطبغ بها وساعد، وبالتالي، على تخلصه مما ألحق به من أوهام أو ألمقى به من مثالب.

وتقع هذه الدراسة في 374 صفحة وهو من إصدارات المعهد بالاشتراك مع دار الفكر في سوريا.

العنف وإدارة الصراع السياسي بين المبدأ والخيار



يكتسب هذا البحث أهميته من الرؤية والطرح الجديدين اللذين يقدمهما، مت分成اً بمنهجية شمولية تحليلية منضبطة بالرؤى القرآنية والسياسات النبوية في هذا المجال.

والكتاب يضع في أسلوب علمي إسلامي أحد محاله وشروط التقدم والاستقرار للأمة الإسلامية، وهو بذلك إضافة ثرية لكل مثقف مسلم يُعنى بمستقبل الأمة وحاضر همومها.

يقع الكتاب في 61 صفحة وهو من إصدارات عام 2000

نحو نظام معرفي إسلامي



وهوأعمال الحلقة
الدراسية التي عقدتها المعهد
في الأردن صيف عام 1998
وقام بتحريره د.فتحي حسن
ملكاوي.

ويتضمن الكتاب
ثلاث عشرة ورقة عرضت
في الحلقة الدراسية، مع
التعقيبات الخاصة بكل
ورقة والمناقشات
ال العامة لكل جلسة، وتعریف بالمشاركين
في الحلقة، ومستخلصات من مداخلات المشاركون، إضافة إلى
مخاطب لمشروع كتاب منهجي حول النظام المعرفي الإسلامي.
يقع الكتاب في 510 صفحات وصدر صيف عام 2000.

قواعد المقاصد عند الإمام الشاطبي



يعرض الكتاب حول "قواعد المقاصد"
موضوعاً جديداً من موضوعات
علم مقاصد الشريعة الإسلامية،
يستهدف بيان أهمية ضبط هذا
العلم المتسع عن طريق قواعد
محددة، حتى لا يدخل فيه ما ليس
منه، ولا يخرج منه ما هو من
صنيع مذاولاتة.

ويعمد المؤلف إلى دراسة هذه
القواعد عن طريق ما ساقه الإمام
الشاطبي في كتابه "المواقف في
أصول الشريعة"، وأظهر أثر المقاصد
في ضبط عملية فهم النصوص، حتى يأتي هذا الفهم صحيحاً
رأشاً، متبعاً بغاية المشرع ومقصده.
وتقع الكتاب في 488 صفحة وهو من إصدارات عام 2000
بالاشتراك مع دار الفكر في سوريا.


ومن إصدارات المعهد الجديدة:

١- العطاء الفكري لأبي الوليد بن رشد.

٢- جمال الدين الأفغاني: عطاؤه الفكري ومنهجه الإصلاحي.

٣- في مصادر التراث الاقتصادي الإسلامي.

٤- بطاقات الانتمان: دراسة فقهية إصلاحية.



Arabic numerals replace Roman numerals for easier referencing.
Surah names transliterated.

Identifiable Juz' division markers.

Now available in Madinah script.
Newly reset and improved for clarity.

More appropriate Islamic terminology used throughout, e.g., "Allah" instead of "God" and "Messenger" replaces "Apostle"

New easier to read completely reset type with updated spelling and transliterations.

Extensive running commentary revised and clarified to avoid misinterpretation.

Deluxe Hard Cover (6x9)	ISBN 0-915957-76-0	1824 pages	\$ 21.95
Soft Cover (6x9)	ISBN 0-915957-32-9	1824 pages	\$ 14.95
Pocket Size (4x6)	ISBN 0-915957-77-9	1824 pages	\$ 12.50

amana publications


PRESENTS ITS NEWEST 2001 11th EDITION

THE MEANING OF THE HOLY QUR'AN

The Classic Work of ‘Abdullah Yusuf ‘Ali

Published with a newly compiled
comprehensive index

Arabic Text Facing English Meaning



مجلة إسلامية معارف

مجلة فكرية فصلية تصدرها المعهد العالمي للغذاء الإسلامي

رئيس التحرير

جمال البرزنجي

أعضاء هيئة التحرير

التيجاني عبدالقادر * محبي الدين عطية * لؤي صافي * فتحي ملكاوي

قيمة اشتراك في إسلامية المعرفة

الاشتراك السنوي

أرجو قبول / تجديد اشتراكي بـ () نسخة اعتباراً من ()

ولمدة () عام.

طيه صك / حواله بريدية. بقيمة

إرسال فاتورة

الاسم

العنوان

في باقي دول العالم:

للأفراد ٥٠ دولاراً أمريكياً للمؤسسات ١٠٠ دولار أمريكي

للأفراد ٢٥ دولاراً أمريكياً للمؤسسات ٧٠ دولاراً أمريكياً

التاريخ _____

التسديد

شيك مصرفى مسحوب على أحد المصادر الأجنببة لأمر المركز الدولى للخدمات الثقافية
(International Center for Cultural Services)

أو

تحويل المبلغ إلى العنوان التالي:

International Center for Cultural Services - Bank of Kuwait & the Arab World s.a.l Main branch
Account No. 10.02 4612. 61352.00 - Telex: 23778 P 22383 Bencott Le Beirut - Lebanon

سعر العدد:

لبنان ٥٠٠ ليل. * سوريا ٧٥ لين. * الأردن ٢٠٠ دينار واحد * الكويت ١٠٠ دينار * الإمارات العربية ٢٠ درهماً * البحرين ١٥ دينار * قطر ٢٠ ريالاً * السعودية ٢٠ ريالاً * الجمهورية اليمنية ١٥٠ ريالاً * مصر ٤ جنيهات * السودان ٦٠٠ جنيه * الصومال ٢٠ شلنداً * تونس ٢ ديناراً * تونس ٢ دينار * المغرب ٢٠ درهماً * موريتانيا ٢٥٠ درهماً * قبرص ٣ جنديهات * اليونان ٣٠٠ دراخماً * فرنسا ٤٠ فرنكياً * الجزائر ٤٠ ديناراً * إيطاليا ٥٠٠ ليرة * بريطانيا ٤ جنديهات * سويسرا ١٤ فرنكياً * هوندا ١٠ فلورون * أمريكا وسائر الدول الأخرى ١٠ دولارات.

International Center for Cultural Services

P.O. Box: 153242

Telefax: 961-1654250

Beirut, Lebanon

THE AMERICAN JOURNAL OF ISLAMIC SOCIAL SCIENCES

What are Muslim Intellectuals saying about Islam and Muslims? How are the thinking Muslims negotiating with modernity without losing their traditional intellectual heritage? Does Islam have anything to offer to the contemporary world, or has it lost its relevance due to the unstoppable onslaught of secularism/modernization/westernization/globalization which continues to spread throughout the globe?

For answers which might surprise you, read the American Journal of Islamic Social Sciences (AJISS). We have spent the last 15 years answering these and other questions of concern to contemporary Muslims.

AJISS is a refereed academic journal published quarterly by the Association of Muslim Social Scientists (AMSS) and the International Institute of Islamic Thought (IIT). It publishes research articles, books reviews, conference reports and abstracts of doctoral dissertations relating to various Islamic sciences, social science disciplines and philosophy with particular attention to their attendant epistemological paradigms.

SUBSCRIPTION INFORMATION:

Bill Me

Check Enclosed

(Subscriptions are for one calendar year)

(\$30.00 Individual-\$45.00 Institution)


Name:

Address:

City:

State:

Zip:



IIIT Publications


SOCIAL JUSTICE IN ISLAM

Dina Abdulkader

Using the two sources of maqasid and maslaha, and through the examination of the dialectical link between fiqh and reality, the author shows their indispensability as important methodological tools for the study of the social sciences and, indeed, of social phenomena.

216 pp.

\$14.95



CONTEMPLATION


An Islamic Psychospiritual Study

Malik Badri

Combining the rich traditional Islamic wisdom with contemporary knowledge, the author advances a unique approach to the understanding of the human psyche and the self that gives a central position to meditation and contemplation as forms of worship in Islam.

136 pp.

\$13.95




THE VICEGERENCY OF MAN

'Abd al Majid al Najjar

The Vicegerency of Man is a truly contributioin to the debate on Revelation and reason that has always been a central issue in Islamic thought. The book aims to clarify the relationship between reason and Revelation and to show that far from being mutually exclusive, they both contribute to a correct portrayal of reality.

90 pp.

\$9.95



A THEMATIC COMMENTARY


ON THE QUR'AN

Shaykh Muhammad al Ghazali

No exegesis is by itself sufficient for a full understanding of the Qur'an. But this work is an indispensable companion in the quest for a better comprehension of, and a closer affinity with, the sacred text.

804pp.

\$24.95



IIIT Publications

(English Language)

Islamization of Knowledge

- Toward an Islamic Theory of International Relations: New Directions for Methodology and Thought, *AbdulHamid A. AbuSulayman*, 2nd ed., 1993, 240 p.
- Islam and Economic Development, *M. Umer Chapra*, published jointly with the Islamic Research Institute (Pakistan), 1st ed., 1993, 166 p.
- Contribution of Islamic Thought to Modern Economics (Vol. 2), *Misbah Oreibi (ed.)*, 1998, 274 p.
- Islam and Other Faiths, *Ismail Raji al-Faruqi*, published jointly with The Islamic Foundation, 1998, 370 p.
- Islamization of Knowledge: Historical Background and Recent Developments, *Danjuma Abubakar Maiwada*, 1999, 42 p.
- Economic Guidelines in the Qur'an, *S.M. Hasanuz Zaman*, 1999. 398 p.
- Islamization of Knowledge: A Research Guide, *Bashir Shehu Galadanci, (ed.)* 2000, 90 p.
- Islamization of Knowledge: Background Models and the Way Forward, *Sa'idu Sulaiman*, 2000, 59 p.

Issues in Contemporary Islamic Thought

- The Ethics of Disagreement in Islam, *Taha Jabir al Alwani*, 4th ed., 2000, 158 p.
- Madinan Society at the Time of the Prophet, *Akram Diya' al Umari*, (2 Parts in one volume), 2nd ed., 1995, 472 p.
- Thematic Commentary on the Qur'an (Vol. 1), *Shaykh Muhammad al Ghazali*, 1997, 175 p.
- Thematic Commentary on the Qur'an (Vol. 2), *Shaykh Muhammad al Ghazali*, 1998, 204 p.
- Thematic Commentary on the Qur'an (Vol. 1+2), *Shaykh Muhammad al Ghazali*, 1999, 204 p.
- Thematic Commentary on the Qur'an (3 Vols. in one), *Shaykh Muhammad al Ghazali*, 2000, 804 p.
- Proceedings of the IIIT Lunar Calendar Conference, 2nd ed., *Imad-ad-Dean Ahmad*, 1998, 76 p.
- Tawhid: Its Implications for Thought and life, *Ismail Raji al Faruqi*, 5th ed. 2000, 236 p.
- Contemplation: An Islamic Psycho Spiritual Study, *Malik Badri*, 2000, 136 p.

Occasional Papers

- Outlines of a Cultural Strategy, *Taha Jabir al Alwani*, 1st ed., 1989, 20 p..
- Islamization of Knowledge: A Methodology, *Imad al Din Khalil*, 1st ed., 1989, 32 p.
- The Qur'an and the Sunnah: The Time-Space Factor, *Taha Jabir al Alwani/Imad al Din Khalil*, 1st ed., 1991, 68 p.
- Laxity, Moderation and Extremism in Islam, *Aisha B. Lemu*, 1st ed., 1993, 48 p.
- Islamization: Reforming Contemporary Knowledge, *AbdulHamid AbuSulayman*, 1st ed., 1994, 48 p.
- Toward Global Cultural Renewal, *Mona Abul-Fadl*, 1st ed., 1995, 32 p.
- The Islamization of Knowledge: Yesterday and Today, *Taha Jabir al Alwani*, 1st ed., 1995, 40 p.
- Missing Dimensions in Contemporary Islamic Movements, *Taha Jabir al Alwani*, 1st ed., 1996, 72 p.

Human Development

- Leadership: Western and Islamic, *Muhammad Anisuzzaman / Md. Zainul Abedin Majumder*, 1996, 67 p.
- Islamic Business Ethics, *Rafik Issa Beekun*, 1997. 80 p.

Perspectives on Islamic Thought

- Nationalism and Internationalism in Liberalism: Marxism and Islam, *Tahir Amin*, 1st ed., 1991, 106 p.
- Theories of Islamic Law: The Methodology of Ijtihad, *Imran Ahsan Khan Nyazee*, 1994, 344 p.

Islamic Methodology

- Crisis in the Muslim Mind, *AbdulHamid AbuSulayman*, 2nd ed., 1997, 160 p.
- The Vicegerency of Man, *'Abd al Majid al Najār*, 1st ed., 2000, 90 p.

Academic Dissertations

- Business Ethics in Islam, *Mushtaq Ahmad*, published jointly with International Institute of Islamic Economics (Pakistan), 1995, 211 p.
- Qur'anic Text: Towards a Retrieval System, *Hani Attiyah*, 1st ed., 1996, 288 p.
- Working Principles for an Islamic Model in Mass Media Communication, *Suhaib Jamal al Barzinji*, 1998, 94 p.
- The Variant Readings of the Qur'an : A Critical Study of Their Historical and Linguistic Origins, *Ahmad A. M. 'Abdallah*, 1998, 191 p.
- Social Justice in Islam, *Deina Abdelkader*, 2000, 1st edition, 216 p..

Supplementary Social Studies Teaching Units

- I am a Muslim: A Modern Storybook (kindergarten), *Susan Douglas*, published jointly with Kendall/Hunt Publishing Company, 1st ed., 1995, 142 p.
- Eid Mubarak! Islamic Celebration Around the World (1st grade), *Susan Douglas*, published jointly with Kendall/Hunt Publishing Company, 1st ed., 1995, 108 p.
- Muslims in Our Community & Around the World (2nd grade), *Susan Douglas*, published jointly with Kendall/Hunt Publishing Company, 1st ed., 1995, 68 p.
- Traders & Explorers in Wooden Ships (5th grade), *Susan Douglas*, published jointly with Kendall/Hunt Publishing Company, 1st ed., 1995, 72 p.
- Islam & Muslim Civilization (6th grade), *Susan Douglas*, published jointly with Kendall/Hunt Publishing Company, 1st ed., 1995, 106 p.
- Muslims Cities Then & Now (3rd grade), *Susan Douglas*, published jointly with Kendall/Hunt Publishing Company, 1st ed., 1996, 288 p.
- Introduction to Geography: Where in the World Do Muslims Live? (4th grade), *Susan Douglas*, published jointly with Kendall/Hunt Publishing Company, 1st ed., 1996, 147 p.

Islamic Law and Jurisprudence

- Islamic Law of Business Organization Partnerships, *Imran Ahsan Khan Nyazee*, 1997, 89 p.
- Islamic Jurisprudence, *Imran Ahsan Khan Nyazee*, 2000, 405 p.

Comparative Religion

- Muslim Understanding of Other Religions: A Study of Ibn Hazm's Kitab al-Fasl fi al-Milal wa al-Ahwa' wa al-Nihal, *Ghulam Haider Aasi*, Published jointly with the Islamic Research Institute, 2000, 231 p.

Abasaasaanya Ebitabo Byaffe

Egypt

Center of Epistemological Studies, 26-B Al Jazirah al Wosta Street, Zamalek, Cairo.
Tel: (20-2) 340-9825 Fax: (20-2) 340-9520

France

Librairie du Monde Arabe, 220 Rue Saint Jacques 75005 Paris.
Tel: (33-1) 4329-4022 Fax: (33-1) 4329-6629

India

Genuine Publications & Media (Pvt.) Ltd., P.O. Box 9725, Jamia Nagar, New Delhi 110 025.
Tel: (91-11) 630-989 Fax: (91-11) 684-1104

Jordan

IIT Office, P.O. Box 9489, Amman.
Tel: (962-6) 639-992 Fax: (962-6) 611-420

Morocco

Dar al Aman for Publishing and Distribution, 4 Zangat al Ma'muniyah, Rabat.
Tel: (212-7) 723-276 Fax: (212-7) 200-055

Saudi Arabia

International Islamic Publishing House, P.O. Box 55195, Riyadh 11534.
Tel: (966-1) 465-0818 Fax: (966-1) 463-3489

United Arab Emirates

Reading for All Bookshop, P.O. Box 11032 Dubai.
Tel: (971-4) 663-903 Fax: (971-4) 690-084

United Kingdom

- Zain International, 84 Whitehorse Lane, London EI 4LR U.K.
Tel. and Fax: (44-171) 704-1489
- The Islamic Foundation, Markfield Conference Centre,
Ratby Lane, Markfield, Leicester LE67 9SY
Tel: (44-530) 244-944/45 Fax: (44-530) 244-946
www.Islamic-Foundation.org.uk/IslamFound

USA

- **Astrolabe Pictures**, 201 Davis Drive, Suite 1, Sterling, VA 20164
Tel: (703) 404-6800 Orders: 1-800-39-ASTRO
Fax: (703) 404-6801
online order: <http://www.astrolabepictures.com>
- **amana publications**, 10710 Tucker Street, Beltsville MD, 20705-2223.
Tel: (301) 595-5777 Fax: (301) 595-8888
Email: ig@igprinting.com
<http://www.amana-publications.com>
- **Islamic Book Service**, 2622 East Main Street, Plainfield, IN 46168
Tel: (317) 839-8150 Fax: (317) 839-2511
- **Halalco Books**, 108 East Fairfax Street, Falls Church, VA 22046
Tel: (703) 532-3202 Fax: (703) 241-0035

The International Institute of Islamic Thought (IIIT)

The International Institute of Islamic Thought (IIIT), a cultural and intellectual institution, was established and registered in the United States of America at the beginning of the fifteenth hijrah century(1401/1981) with the following objectives:

- To provide a comprehensive Islamic outlook through elucidating the principles of Islam and relating them to relevant issues of contemporary thought;
- To regain the intellectual, cultural and civilizational identity of the Ummah through the Islamization of the humanities and sciences; and
- To rectify the methodology of contemporary Islamic thought in order to enable it to resume its contribution to the progress of civilization and give it meaning and direction in line with Islamic values.

The Institute seeks to achieve its goals through:

- Holding specialized academic conferences and seminars;
- Supporting and publishing selected works of scholars and researchers in universities and academic centres in the Muslim world and the West; and
- Directing higher university studies toward furthering work on issues of Islamic thought and the Islamization of knowledge.

The Institute has a number of overseas offices and academic advisors to help coordinate and promote its various activities. The institute has also entered into joint academic agreements with several universities and research centres around the world.

**The International Institute of Islamic Thought
P.O. Box 669, Herndon, VA 20172-0669, USA
Phone: (703) 471-1133; Fax: (703) 471-3922
<http://www.iiit.org>
E-mail: iiit@iiit.org**

Endagiriro Eno Eyinza Kukuyamba mu Ki

Kati, n'okusinga bwe gwali gubadde, abavubuka Abasiraamu abasajja n'abakazi, beetaaga okulongoosa ebitone n'obukodyo bye bakozesa ng'abantu kinnoomu wamu n'engeri gye bakolera awamu mu kirindi. *Endagiriro* eno ekuwa amakubo amangu abantu abo abaagala okufuna obukodyo obwo ge bayinza okukozesa.

Endagiriro eno essira esinga kuliteeka ku ku byetaago by'okutendeka abavubuka Abasiraamu abasajja n'abakazi nga eyita mu kufunza ebizze biyitibwamu abakulembeze Abasiraamu okumala ebyasa ebiwera. Bwe batyo abakulembeze ab'akakyo kano bajja kusobola okutandikira abakulembeze baabwe we baakoma, okusinga okuddamu okukola ebintu ebirungi bye bimu abaabasooka bye baakola wamu n'okuddamu okukola ensobi ze baayitamu.

Okukozesa ekkubo eryangu mu ngeri ya Kola ne Tokola, *Endagiriro* eno ejja kusobozesa agikozesa okutegeera sayansi wa da'awah ekimala n'engeri gy'ayinza okuteekebwa mu nkola mu mulembe guno.

Ng'ebintu ebyamagezi ebirala, n'obukulembeze bwetaagisa okukola ennyo ku mutu ataazaalibwa na kitone kino. Abantu abeekika ekkyo, *Endagiriro* eno be yateerwawo. Tulina obwesige nti, nga Allah ayagadde, omuntu agikozesa ajja kukuba oluta lunene okugenda mu maaso mu bintu ebikwata ku kukulaakulana n'okugenda mu maaso, ng'ayita mu nkokesa ennungi ey'amakubo agalambikiddwa mu *Ndagiriro* eno. Nga wayise ekiseera wajja kubaawo okugenda mu maaso okulabibwako mu bintu ebikwata ku ndowooza, enzirukanya y'emirimu, enkola y'emirimu, n'ebyempuliziganya nga okwo kw'ogasse n'obukodyo obwetaagisa mu kuddukanya kkampu, enkuinjaana, n'enkiiko.

Endagiriro eyongerezeddwako n'ebitabo ebikolerwamu ebintu ebitali bimu ebijja okwongera okutwalako ewala okutegeera obukodyo abakulembeze abalungi bwe beetaaga okukozesa.